# ENKOLAGANA WAKATI W'OMUZADDE N'OMWANA

# ENKOLAGANA Y'OMUZADDE N'OMWANA

## EKITABO EKIRAGIRIRA ENGERI Y'OKUKUZAAMU ABAANA

Hisham Altalib
AbdulHamid AbuSulayman
Omar Altalib

Kyavvuunulwa
Umar Juma Nsereko

THE INTERNATIONAL INSTITUTE OF ISLAMIC THOUGHT
LONDON • WASHINGTON

© The International Institute of Islamic Thought, 1434ah / 2013ce

The International Institute of Islamic Thought
P.O. Box 669, Herndon, va 20172, USA
www.iiit.org

London Office
P.O. Box 126, Richmond, Surrey, tw9 2ud, uk
www.iiituk.com

Ekitabo kino kikuumibwa amateeka agafuga ebikubibwa mu byapa. Nga oggyeeko ebyajjululwamu mu mateeka n'okukkiriziganya okwakolebwa n'abaaweebwa layisinsi, teri kitundu kyonna kikkirizibwa kuddamu kufulumizibwa nga tewali lukusa luwandiike okuva mu bafulumya ekitabo kino.

ISBN 978-1-56564-582-0 hardback

*Ebirowoozo n'endaba ebiri mu kitabo kino by'abo abalina kye bawandiise, naye tebirina kutwalibwa nga eby'abafulumizza ekitabo. Abafulumizza ekitabo, abawandiisi, abagolodde ensobi, oba abantu abalala abalina kye bakoze mu mulimu guno tebalina kukubibwa mu mbuga wadde okubeera n'obuvunaanyizibwa mu nkozesa y'ekitabo, oba okussa mu nkola endaba, ebizuuliddwa, ebituukiddwako, oba amagezi agaweereddwa mu kitabo kino. Abafulumya ekitabo tebavunaanyizibwa ku bubaka obuweereddwa era si baakusasulira abo ababa bayisiddwa obubi nga kino kiva ku kukukozesa obubaka obuli mu kitabo. Abafulumya ekitabo tebavunaanyizibwa ku bifaananyi oba ebigambo ebikozeseddwa mu kitabo nga bisimbulizibwa mu byafulumizibwa awalala kye kimu biri mu kyapa oba ku mitimbagano gy'empewo. Wadde nga buli kisoboka kikoleddwa okulaba nga buli kiwandiikiddwa mu kitabo kino kjjuvu era kituufu, abafulumya ekitabo tebavunaanyizibwa ku butuufu bw'obubaka obuggyiddwa ku mitimbagano gya kompyuta egikooneddwako mu kitabo kino, era tebawa bweyamo nti byonna ebiri ku mitimbagano bituufu era bisaanira oba nti bijja kusigala bwe bityo.*

Typesetting and cover design by Ian Abdallateef Whiteman
Illustrations and picture research by Hanna Whiteman
Images © iStockphoto
Image p.62 © Timstirling | Stock Free Images & Dreamstime Stock Photo
Image p.144, www.morguefile.com/creative/hogg
Image p.226 http://blog.timesunion.com/parenting/11891/mamas-boys-get-second-chance-at-home/
Image p.250 http://www.stockfreeimages.com © Akhilesh | Stock Free Images & Dreamstime Stock Photos
Image p.250 http://www.stockfreeimages.com © Spepple22 | Stock Free Images & Dreamstime Stock Photos
Image p.333 © Mnj7th | Stock Free Images & Dreamstime Stock Photos
Image p.425 © Derocz | Stock Free Images & Dreamstime Stock Photo
Printed by Gutenberg Press Ltd, Malta

# Abawandiisi

## Hisham Yahya Altalib




Dr. Hisham Yahya Altalib yazaalibwa Mosul, Nineeva, mu Iraq mu mwaka 1940. Alina diguli mu by'obwayinginiya bw'amasannyalaze okuva mu ssettendekero w'e Liverpool (e Bungereza) gye yafuna mu mwaka gwa 1962 ne ddiguli eyookusatu (Ph.D.) era mu by'obwayinginiya bw'amasannyalaze okuva mu Yunivasite y'e Purdue mu Lafayette, Indiana, mu Amerika gye yafuna mu 1974.

Bwe yali akola nga yinginiya w'amasannyalaze, Dr. Altalib yatandika okujjumbira emirimu gy'Obusiraamu mu Amerika ey'obukiikakkono, okukyagenda mu maaso n'okutuusa olwaleero. Akoze mu bifo bingi eby'obuvunaanyizibwa mu bitongole by'Obusiraamu eby'enjawulo, nga mwe muli omulimu ogw'enkalakkalira gwe yasooka okukola nga omukulu w'ekitongole ekivunaanyizibwa ku by'obukulembeze mu kibiina ekigatta abayizi Abasiramu ab'omu Amerika ne Canada (MSA) (mu 1975–1977) era nga omuwandiisi omukulu mu International Islamic Federation of Student Organizations (IIFSO) mu 1976. Ateeseteese ensirika nnyingi ez'okutendeka n'emisomo mingi mu Amerika n'ebweru waayo.

Yali omu ku baatandika era n'akulira ekibiina ekya SAAR Foundation (mu 1983–1995), era y'omu ku baatandika ekibiina International Institute of Islamic Thought (IIIT) mu 1981, era ye yawandiika ekitabo ekiyitibwa Mithāq al-Sharaf al-Da'awiy (mu Luwalabu) n'ekitabo ekimanyiddwa ennyo ekiyitibwa A Training Guide for Islamic Workers, ekyakavvuunulwa mu nnimi ezisukka mu 20.[1] Kati akola nga akulira ebyensimbi mu IIIT.

Muzadde alina n'abazzukulu.

## Abdulhamid Ahmad Abusulayman



Dr. AbdulHamid Ahmad AbuSulayman yazaalibwa Makkah mu 1936, eyo gye yamalira emisomo gye egya haaya. Alina diguli mu by'obusuubuzi okuva mu ttendekero ekkulu ery'e Cairo, University of Cairo (mu 1959), ne diguli eyookubiri mu byobufuzi okuva mu ttendekero ekkulu ly'erimu (University of Cairo) mu 1963, ne diguli eyookusatu (Ph.D.) mu by'enkolagana y'amawanga agenjawulo okuva mu ttendekero eriyitibwa University of Pennsylvania mu 1973. Akoze mu bifo eby'obuvunaanyizibwa bingi mu bulamu bwe, omuli okubeera omuwandiisi w'akakiiko ky'eggwanga akateesiteesi, Saudi Arabia mu 1963–1964; omu ku batandisi ab'ekibiina Association of Muslim Social Scientists (AMSS) mu 1972; omuwandiisi omukulu owa World Assembly of Muslim Youth (WAMY) mu 1973–1979); omukulu w'ekitongole eky'ebyemisomo gy'ebyobufuzi (Political Science) mu ttendekero erya King Saud University, Riyadh, Saudi Arabia mu 1982–1984; era Omukulu w'ettendekero eriyitibwa the International Islamic University (IIU), Malaysia mu 1988–1998. Abadde musaale mu kuteekateeka entuula n'emisomo gy'ekikugu mingi egiri ku ddaala ly'ensi yonna. Dr. AbuSulayman kati ye

[1] Ebitabo bino byombi byavvuunulwa ne mu Lulimi Oluganda – bya muvvuunuzi.

Pulezidenti wa International Institute of Islamic Thought (IIIT) era awandiise ebitabo bingi n'obutabo ku ngeri y'okuzza obuggya Abasiraamu mu bitundu byabwe ebyenjawulo, nga mwe muli The Islamic Theory of International Relations: New Directions for Islamic Methodology and Thought; Crisis in the Muslim Mind; Marital Discord: Recapturing the Full Islamic Spirit of Human Dignity; Revitalizing Higher Education in the Muslim World ne The Qur'anic Worldview: A Springboard for Cultural Reform.

Muzadde alina n'abazzukulu.

## Omar Hisham Altalib



Dr. Omar Hisham Altalib yazaalibwa e Kirkuk, Iraq mu 1967 n'agenda ne bazadde be mu Amerika mu 1968. Yafuna digulu esooka mu Byenfuna okuva mu ttendekero George Mason University mu 1989 ne diguli esooka endala mu Byempangaala y'abantu era alina diguli eyookubiri gye yafuna mu mwaka 1993 ne diguli eyookusatu (Ph.D.) gye yafuna mu 2004 mu Byempangaala y'abantu okuva mu ttendekero eriyitibwa University of Chicago. Yaweebwa omudaali oguyitibwa Graduate Student Fellowship okuva mu National Science Foundation mu 1989–1992 era n'afuuka pulofeesa mu Byempangaala y'abantu mu ttendekero eriyitibwa Daley College, Chicago mu 1998 ne mu Indiana University Northwest, Gary, Indiana mu 1999. Yakolako nga pulofeesa omuyambi mu By'empangaala y'abantu n'ebikwata ku bumenyi bw'amateeka mu ttendekero eriyitibwa Ashland University, Ohio mu 2000–2003 era n'akolako nga Senior Knowledge Engineer mu Science Applications International Corporation mu Alexandria, Virginia (2005–2006). Yali pulofeesa omuyambi mu Byempangaala y'abantu mu ttendekero eriyitibwa International Islamic University, Malaysia mu 2009–2011. Dr. Altalib awandiise ebitabo bingi n'emiko ku maka, ebyenjigiriza, wakufu, ebibiina eby'obwannakyewa n'ebikwata ku by'empangaala y'abantu. Atera okwetaba mu misomo egy'ebyekikugu era atambudde mu nsi eziwera.

## Okwebaza

Gwali mukisa gwamaanyi nnyo olukiiko lw'Abayima ba International Institute of Islamic Thought (IIIT) okusalawo okuteeka obwesige n'okukwasa abawandiisi obuvunaanyizibwa obw'amaanyi bwe buti obw'okukola omulimu guno.

Twebaza ne ssekwebaza yenna Dr. Ahmad Totonji, Dr. Fathi Malkawi, Dr. Jamal Barzinji, ne Dr. Yaqub Mirza, olw'okusigala nga batambuza ekigaali kya IIIT awo wonna we twabeerera nga tukola butaweera okumaliriza ekitabo kino.

Okusiima kwaffe kugenda eri abo abaayitaayita mu kitabo kino ne bawaayo ebirowoozo eby'omugaso okulaba nga bongera okulongoosa ekyapa naddala Batoul Tu'mah, Zainab Alawi, Michèle Messaoudi, Wanda Krause, Maida Malik, Sara Mirza ne Gasser Auda. Okwebaza kwaffe era kugenda eri Dr. Iqbal Unus, Lina Malkawi ne Zeena Altalib olw'ebyo eby'ettendo bye baakola.

## Okwebaza kwaffe era kugenda eri:

Akbar Ali Mir, Ashraf Sabrin, Saif Altalib, Zaid Altalib, Noha Altalib ne Mahmoud Sherif abaakuba mu kyapa era ne bakola kkopi ennyingi ez'ekitabo nga kikyali mu bubage.

Dr. Tanveer Mirza ne Salma Ashmawi, abaaleeta ebyokulabirako ebiva mu bulamu obwabulijjo nga bayita mu misomo egy'okukubaganya ebirowoozo egyategekebwa mu ADAMS (All Dulles Area Muslim Society) mu Herndon, Virginia, USA.

Junaina Abdullah, eyayamba okwetegereza obutambi bw'ebifaananyi ku buzadde, ne Layla Sein olw'ebyo ebigenda ewala bye yakoonako mu kuwabula.

Hasan Altalib, olw'okuleeta ebiwandiiko eby'omuwendo ebyesigamizibwako n'ebyo bye yawabulamu ku ngeri y'okwanja ensonga, ebiri mu kitabo, n'enteekateeka y'ebigambo.

Tubadde baamukisa okubeera ne Salwa Medani mu woofiisi yaffe oyo eyakola obutaweera ku biwandiike mu bwino n'okulaba nga ayongera okubitereeza buli lukedde. Twafuna omukisa munene olw'okubeera kwa Shiraz Khan mu woofiisi yaffe mu London. Muntu wanjawulo era omukugu mu kwetegereza ekitabo era nga zaabu mu kuyiiya n'okwogera by'azudde era ensibuko y'okuzzaamu amaanyi eyeewuunyisa.

Tulina ebbanja ddene eri Dr. Imad-ad-Dean Ahmad, akulira ekibiina ekiyitibwa Minaret of Freedom Foundation, olw'okwekenneenya kwe okujjudde obwegendereza, ne bye yayongeramu eby'omuwendo, n'ebirowoozo ebyongera ekitabo omutindo omulungi.

Tusiima nnyo Sylvia Hunt olw'okwekenneenya okw'amaanyi, ne Salma Mirza olw'okusomamu mu bikubiddwa mu kyapa, ne Abdallateef Whiteman olw'okutegeka obulungi ekitabo.

Okwebaza kwaffe okwenjawulo kugenda eri Hanna, muwala wa Abdallateef, olw'ebifaananyi ebinnyonnyola ebirabika obulungi ennyo.

Okusiima kwaffe okugenda ewala kuli eri abakozi ba IIIT abakola mu wofiisi yaffe e London olw'omutindo gw'omulimu gwabwe n'okulabirira okufulumya kw'ekitabo kino nga kiwedde.

Ebirowoozo eby'omuwendo n'okulengera ewala okw'ekikugu ebya bakakensa mu byenjigiriza n'ebyomwoyo ebya Dr. Ishaq Farhan, Dr. Abdul Latif Arabiyyat, Dr. Mahmoud Rashdan, Dr. Fathi Malkawi, ne Dr. Abdul Rahman al Naqeeb abo abaakola ekinene okutumbula omutindo gw'ekitabo kino.

Twebaza aboomumaka gaffe olw'okuteekawo embeera ey'okubeesabeesa n'okuzzaamu amaanyi okuweweeza ku kanyigo ke twesangangamu nga tuli ku mulimu guno. Tusiima mu ngeri eyenjawulo Dr. Ilham Altalib munne wa Dr. Hisham emyaka kati 46. Tekuba kuzzaamu kwe maanyi okutaaliko kkomo n'okwesubya kwe ebirungi ebingi osanga ekitabo kino tekyalifulumye. Bye yakoonako eby'omuwendo era ebirengera ewala ku buzadde byali nsulo eyaamaanyi era etekutukawo eyayamba omulimu guno okuvaamu ebibala. Obudde obusinga obungi obweyambisibwa mu mulimu guno bwali bweyazike okuva ku biseera ebyawaka okutwalira awamu naddala okuva ku ebyo eby'abazzukulu baffe Yusif ow'emyaka omusanvu ne Ameen ow'emyaka etaano.

Okutendereza kwonna kwa (Katonda) Oyo amanyi byonna era Owamaanyi agataliiko kkomo, eyatuwa amaanyi okumaliriza eddimu lino.

## Kiweereddwayo Olwa

BANNYAFFE NE BAKITAFFE abaagalwa, abo abaatubunduggulira omukwano, okwewaayo, n'ekisa mu bulamu bwaffe bwonna, nga okukula kwaffe bakitwala nga ekikulu era nga baatukuza ne batulabirira mu ngeri yonna gye baasobola. Wadde nga tebaali batendeke kimala era nga tebaasoma kugenda wala mu masomero, baagoberera bye baalaba bakadde baabwe bakola, ne bakozesa amagezi amazaale, amagezi agaabulijjo, n'ebyakakasibwa nti ab'emirembe egyayita bye baakozesanga n'ebyobugunjufu bye baalina, ne batusomesa empisa ennungi, eddiini, n'okweyimirizaawo. Katonda abunduggule emikisa ku myoyo gyabwe.

Abazadde bonna ku nsi olwaleero, abalafuubana ennyo okukuza abaana abalungi, abo, wadde nga ebigendererwa byabwe birungi, naye tabalina bulungi kumanya na bukugu obw'okutegeeragana mu ngeri ey'amagezi n'abaana baabwe, n'okuteekawo enkolagana ey'essanyu n'omukwano mu maka n'embeera y'omumaka ffenna gye twettanira.

Amaka gonna omuli abazadde abaagala okukuza abaana baabwe bafuuke abasajja n'abakazi ab'obuvunaanyizibwa, abalina ebitendo n'ebitone eby'okuba abantu abalungi, abeesimbu, abavumu, ab'ekisa, abayiiya, abakkiriza, era abalina ebirowoozo ebizimba n'okwagala okwetongola okw'obuvunaanyizibwa.

Abakyala baffe n'abaana baffe, abo abagumidde ebizibu enfaafa n'obugubi emyaka gino gyonna nga boolesa obugumiikiriza obutakoma n'okutuwagira olutatadde, awo wonna we tubeeredde nga tuli ku mulimu ogw'okuwandiika ekitabo kino.

Abo bonna be twogeddeko waggulu tuwaayo ekitabo kino ku lwabwe.

Tusaba Katonda Oweekisa ekingi, Omu era Yekka, akkirize okulafuubana kwaffe okwesimbu nga tugezaako okuleeta obumu, emirembe, n'okutereeza enkolagana y'abantu.

## Ebiri Munda

EBYAFAAYO BY'EKITABO KINO xxi
EBIRUUBIRIRWA N'EBIGENDERERWA xxii
EBYANJULA xxv

EKITUNDU EKISOOKA (Essuula 1-7)
Obuzadde: Okuteekawo Omusingi 1

ESSUULA 1
**Okubeera Omuzadde Omulungi: Kitegeeza Ki era Tutandikira Wa?**
Ebyanjula 4
Emitendera Omwana Mw'ayita Okukula 5
Engeri Gye Tukuzaamu Abaana Baffe: Enkola Ez'enjawulo Ez'obuzadde 6
Kiki Ekiyinza Okuwa Ekifaananyi ku Ngeri Obuzadde Gye Bukolebwamu? 10
Entandikwa Y'okubeera Omuzadde Omulungi: Okutunuulira Omulimu Ogwolekedde Omuzadde 11
Okuganyulwa Mu Nsonda Ezivaamu Amawulire Agakwata Ku By'obuzadde 14
Okukozesa Ensulo Omuva Amawulire Agakwata ku By'obuzadde 16
Okubeera Omuzadde Kwalisomeseddwa Mu Bibiina Ebyawaggulu Mu Masomero? 19
*Endagiriro Ya Bungereza Ey'amasomero Ga Haaya* 20
Okufundikira 23
Ebyokukola 1-7 24

ESSUULA 2
**Amaka: Lwaki Makulu? Go Gakola Mirimu Ki?**
Ebyanjula 29
Okujjulukuka Okufuuka Abazadde 29
*Abaana Kye Baleeta Ku Butebenkevu Bw'obufumbo* 30
Obugazi Bw'amaka mu U.S. Kati n'Emabegako 34
Amaka Agaddukanyizibwa Omuzadde Omu 35
*Emisingi Egirina Okugobererwa Mu Maka Ag'omuzadde Omu Okutambula Obulungi* 38
*Obwamaama Alabirira Yekka Omwana Kye Bwakola Ku Bannabbi: Ismaaila, Musa, Yesu, Ne Muhammadi ﷺ* 39
Omuzadde Omu Asobola Okumalira Omulala? 40
*Okutunuulira Ku Busiraamu N'okwawukana Kw'abafumbo* 41
Obukulu Bw'amaka Mu Busiraamu 44
*Ebigendererwa By'amaka Okusinziira Ku Kulaane* 45
*Kiki Ekyatuuka Ku Maka Amasiraamu?* 48
*Okukula Kw'omwana N'ebyenjigiriza Ebirungi* 50

*Okutunuulira N'obwegendereza Ku Bwetaavu Bw'enkola Y'ebyenjigiriza Ennungi* 52
Amaka mu Amerika 54
*Ebitera Okumala Gatwalibwa Nga Ebituufu Ku Buzadde Mu Amerika* 55
*Ebiyigibwa Mu Kusanjaga Abantu Okwali Mu Columbine High School* 59
*Okusomesa Abaana Ebintu Ebikulu: Okukubaganya Ebirowoozo Wakati W'Abatayagala N'abakkiriza Okukyuka* 60
Amaka Mu Mawanga G'abasiraamu Nga Ogageraageranyizza Ne Amerika (U.S.) 61
*Bulaaya By'etuusizza Ku Nkola Y'obuzadde Ey'abasiraamu* 64
Okubeera Omuzadde Mu Bungereza Ne Amerika 65
Ddembe Oba Mazima? 65
Wa Aw'okukuliza Abaana: Ekyekango Eky'ebyobuwangwa Ekyava Mu Kusenguka Wakati W'obuva-njuba N'obugwanjuba 69
Ebintu Bibiri Ebibula Mu Ndowooza Ya Bulaaya 71
Emisingi Emikulu Egy'enzikiriza Nga Ogigeraageranyizza N'emisingi Gy'enneeyisa Ennungi Ezitambulira Mu Bantu 71
Ekyokulabirako Eky'amaka Nga Tukozesezza Eby'obulimi: Abaana Bali Nga Ebimera, Abazadde Bali Nga Abalabirira Ebimuli 74
Ebyokukola 8-15 75

## ESSUULA 3

### Obuzadde Obulungi: Okuteekawo Ebigendererwa Ebirungi

Okuteekawo Ebigendererwa Ebirungi: Omutendera ogusooka mu Kussa mu Nkola Obuzadde Obulungi 77
Okwekaliriza Ebigendererwa 82
*Ebigendererwa Ebiggyibwa Mu Aaya Ya Kulaane: Okusaba Kw'abakkiriza* 82
*Ebigendererwa Ebiggyibwa Mu Hadiisi Za Nnabbi* ﷺ 84
Caayi N'ebintu Ebirina Okusoosowazibwa Mu Maka 86
Okufundikira: Amaaso Go Togaggya Ku Kirabo 87
Ebyokukola 16-20 88

## ESSUULA 4

### Ekigendererwa Ekisinga Obukulu: Okukuza Abaana Abaagala Katonda

Ebyanjula 92
Ekkubo Eririwo Kati Ery'okunnyikiza Obukkiriza Mu Baana Baffe 93
Embeera Ey'okwemalira Ku Bikwata Ku Muntu Yekka: Obuteetaba Bulungi Mu Nsonga Ezikwatira Ku Bantu Bonna Awamu 94
Obutaba Na Buvunaanyizibwa Obwassekinnoomu Obumala 97
Obuwangwa Obukyusiddwa: Okudda Emabega N'okukkiririza Mu Maanyi Agatali Ga Bulijjo 99
Ekkubo Eryenkamunkamu: Enkola Erengera Ewala 100
Yigiriza Abaana Okwagala Kulaane 102

Yigiriza Abaana Okusaala: Okujjukira Katonda Okutakutukawo 104
Yigiriza Abaana Tawbah (Okwenenya) 105
Yigiriza Abaana Ebikwata ku Nnabbi Muhammadi ﷺ Ne Bannabbi Abalala 105
Yigiriza Abaana *Adaab* (Empisa) 106
Kiki Ky'olina Okusooka Okubuulira Abaana: Baagala Katonda Oba Katonda Abaagala? 107
Ebyokukola 21–25 109

ESSUULA 5

**Okukola ku Kusoomooza N'ebizibu Ebitalengererwawo**

Ebyanjula 114
Okusoomooza Okw'amaanyi Okutera Okwolekera Abazadde 114
*Obutaba Na Bumanyirivu* 115
*Akanyigo Aka Buli Lunaku* 115
*Omulimu Ogukamula Ogwa Buli Lunaku: Okukkiriza Nti Omulimu Gw'obuzadde Gwa 24/7* 115
*Obuzadde Mulimu Ogutamala Gakyuka* 115
*Obuzadde "Kusiga" Okw'ebiseera, Amaanyi, Ne Ssente, Okw'ekiseera Ekiwanvu* 116
*Abazadde Bamu Ku Bintu Ebingi Ebirina Kye Bikola Mu Kukyusa Abaana* 116
*Amabujje Tegasobola Kwogera* 117
*Obuzadde Butambulira Ku By'okuyiga Eby'enjawulo* 118
*Taata Ne Maama Balina Okukolera Awamu Nga Ttiimu* 118
*Okubeera Omuzadde Omulungi Bukugu Obwetaaga Okuddukanya* 118
*Abaana Engeri Gye Bategeeramu Bazadde Baabwe Eyinza Okubeera Ekyennyume Kya Bazadde Baabwe Kye Bagenderera* 119
*Manya Eky'okubuulira Abaana Na Ddi* 119
*Okumala Gayingiza Birowoozo Bikyamu Mu Baana* 119
*Okusomooza Okw'omuntu Okulabikira Mu Kifaananyi Ekirungi* 120
Eby'okuyiga Ku By'obuzadde Okuva Ku Moses Mu Bayibuli: Moses Biki By'agamba 121
Okufundikira 121
Ebyokukola 26 122

ESSUULA 6

**Endowooza Enkyamu Ezitera Okubeera Mu Bantu, Ebigwawo Nga Tebiraze, N'enzikiriza Enkyamu Ebirina Okwewalwa**

Ebyanjula 125
Okuggyayo Amazima Ku Ndowooza Enkyamu Ezitera Okutwalibwa Nga Entuufu N'ebigwawo Nga Tebiraze 125
*Okumala Gakozesa Enkola Ejja Esikirwa Mu Ngeri Eyeekizibu Ky'amaaso* 125
*Okumala Gakoppa Abalala* 125
*Okukozesa Abaana Baffe Okutuukiriza Ebyatulema* 125

*Okusigira Eky'obuzadde* 126
*Okulowooza Nti Okwanja Ensonga Obulungi Kimala Ku Baana* 126
*Omuntu Okulowooza Nti Ayyinza Okuwangula Olutalo Lw'aba Aggudde Ku Baana Be* 126
*Abazadde Okwesigama Ku Ky'okuba nNa Be Bakulu Era Abafuga Abaana* 127
*Abazadde Okulowooza Nti Bayinza Okuyisa Abaana Baabwe Bonna Mu Ngeri Y'emu* 127
*Okuyisa Omwana Nga Omuntu Omukulu Omutono* 127
*Okugulira Abaana Buli Kye Baagala* 128
Okuggyayo Amazima ku Ndowooza Ezimu Enkyamu ku Buzadde 128
Ebyokukola 27–28 132

ESSUULA 7

**Ebintu Bwe Byononeka**

Ebyanjula 134
Obusungu, Okwewaggula, Okwesunguusula, N'amaziga 135
*Amakubo Agamu Ag'okugunjula Omwana Ow'omutwe Omunene* 135
Okutulugunya (ku ssomero): Omwana wo Naawe 136
Omwana Wo Bw'aba Atulugunyizibwa, Kiki Ekiddirira? 136
Abavubuka (Abatiini): Obutakkiriziganya Na Kirowoozo Eky'emyaka Gy'ekivubuka 137
Obusungu Mu Bavubuka Baffe (Abatiini) Ne Mu Ffe 140
Okubeera Omuzadde Ow'omuvubuka (Omutiini) Aliko Obusungu Naffe Kituleeta Obusungu 140
Kiki Kye Tuyinza Okukolera Abavubuka Baffe (Abatiini) Naffe Okwekolera? 141
Egimu Ku Misingi Egy'empuliziganya Ennungi 141
Ebyokukola 29–30 143

EKITUNDU EKYOKUBIRI [Essuula 8–13]

Okukulaakulana Kw'omwana

ESSUULA 8

**Okuzimba Empisa Tekulinda**

Ebyanjula 149
Emitendera Gy'okukula 151
Enjigiriza Ku Nneeyisa Z'abantu Zineesigika Kukoma Wa? 151
Emitendera Gy'okukula Kw'omuntu Mu Kalaane 153
Ekyamagero Ky'okufuna Olubuto, Okubeera Olubuto N'okuzaala. 155
Emitendera Egyenjawulo Egy'okukula Kw'omuntu Okuva Lw'azaalibwa Okutuusa Lw'akaddiwa 156
*Okuzaalibwa – Emyezi 4* 157
*Emyezi 5-18* 158
*Emyezi 18-36* 158

*Emyaka 4-7* 160
*Emyaka 7-14* 161
*Emyaka 11-13: Abawala Okugenda Mu Nsonga* 162
*Emyaka 13-15: Abalenzi Kwe Bafuukira Abasajja* 163
*Emyaka 14-21* 164
*Okutegeera Abatiini* 164
*Emyaka 21-40: Abavubuka Kwe Bafuukira Abantu Abakulu* 167
*Emyaka 40-65: Emyaka Egyawakati* 168
*Emyaka 65 N'okusukkawo: Shaykhukhah (Okukaddiwa)* 168
Okuganyulwa Mu Mitendera Gy'okukula 169
*Okuyonsa Mu Myaka Ebiri Egisooka* 169
*Okwagala N'okutya Katonda* 169
*Okukwata Eby'okuyiga Ku Mwoyo* 169
*Emirimu Gya Da'awah* 170
*Okwegendereza Okunenya Abaana Abavubuse* 170
*Okuzimba Okwetegereza Mu Mwana Kwongerwemu Amaanyi* 170
*Okuyiga Olulimi Olwokubiri* 170
Okukwata Kulaane Ebuvanjuba N'ebugwanjuba 171
Eky'okukola 31 172

ESSUULA 9

**Ekkubo Erituusa Ku Mwana Omulamu: Endiisa, Okukuba Dduyiro, N'otulo Otumala**

Ebyanjula: Obulamu Bwe Bulina Okukulembezebwa 174
Ekiseera Omwana Ky'amala Mu Lubuto 174
Okuzaala Nga Kuwedde: Obutakkaanya Ku Kugema 175
*Okuvumirira Eddagala Erigema* 176
Obuyonjo N'okweyonja 178
Obulamu: Enkola Z'obusiraamu 178
*Mu Kabuyonjo* 179
*Enviiri N'enjala* 179
Endya 182
*Okulya Ekisusse (Funduukululu)* 182
*Imaamu Ghazaali By'agamba Ku Mpisa Z'okulya* 184
Ebikwata Ku Baana N'endiisa 185
*Ekiseera Ky'olubuto* 185
*Okuva Omwana Lw'azaalibwa Okutuusa Ku Myaka Kkumi* 185
*Abatannaweza Myaka Kkumi N'abayisa Mu Kkumi* 186
*Ekyokulabirako Ky'emmere Y'abaana Ab'emyaka 2-10* 186
*Ebibuuzo Ebitera Okubuuzibwa* 187
Kulaane By'eragira Ku Mmere 192
Abaana N'okukola Dduyiro 194

*Abaana N'engatto 195*
*Engeri Y'okutumbula Abaana Bye Basobola Okukola* 195
*Ebiseera Ebisaana Okukoleramu Dduyiro* 196
Okwebaka 197
*Engeri Obuteebaka Gye Bukosaamu Obulamu* 198
Ebitamiiza: Okunywa n'Okuziyiza Okukozesa Ebiragalalagala 200
*Abaana N'okukemebwa* 201
*Obubonero Obusooka Obukulaga Nti Omwana Akozesa Ebiragalalagala: Abazadde Balina Kukola Ki?* 202
*Okwemaanyiiza Ebiragalalagala Bw'okugeraageranya N'enkolagana Y'amaka Ennungi* 204
*Enteekateeka Z'okubudaabuda Omulwadde Nga Amaze Okusiibulwa Mu Ddwaliro: Eddiini Nga Ekkubo Eritangira* 205
Obumenyi Bw'amateeka 206
Ebyokukola 32 – 38 208

## ESSUULA 10

### Okuyonsa

Ebyanjula 212
Okuyonsa Bye Kwogerwako Mu Kulaane 213
Emigaso Egy'ekisawo n'Egyomwoyo Egiri Mu Kuyonsa 215
Okuyonsa Nga Bwe Kuyimiridde Mu U.S. Ne U.K. 217
Ekifo Omukolerwa N'okuyonsa Mu U.S. 218
Ekifo Omukolerwa N'okuyonsa Mu U.K. 218
Amata g'Abaana Amatabule, Endyambi N'obulwadde 219
Endaba Ya Imaamu Ali Ne Ibin Hazm Ku Bikwata Ku Kuyonsa 221
Ebbanga Ly'okuyonsezaamu 221
Ebintu Ebiyinza Okuba Ebyomugaso Eri Bamaama Abayonsa 222
Maama Ayonsa Bye Yandiridde Buli Lunaku: Eky'okulabirako 223
Eggwanga Ery'amaanyi: Mu Bintu Ebirabwako 224
Eky'okukola 39 227

## ESSUULA 11

### Obwongo Bw'omwana: Bukozese oba Bufiirwe!

Ebyanjula 231
Akadirisa K'emikisa 231
Okukula Kw'obutoffaali N'omutimbagano Gw'obwongo 232
Okulaba 234
Eddoboozi 234
Ennyimba 234
Embeera Y'ebirowoozo 235

Okuzitoowererwa Mu Bwongo Kuyinza Okuddamu Okuwagala Omutimbagano Gw'enneeyisa 236
Okutambuza Ebiyungo 236
Ebigambo Ebipya N'okukwata Ku Mwoyo Mu Buto 237
Obwongo Bukyuka Butya 237
Abazadde Baaliyogedde Ebigambo Ebigasa N'amabujje Gaabwe 238
Pulogulaamu Ya Head Start Mu U.S. Ey'abaana Nga Tebannatandika Kugenda Ku Ssomero 239
Abazadde Bayinza Kukola Ki? 240
*Obwongo Obulowooza Mu Ngeri Entuufu* 240
*Obwongo Bw'ennyimba* 240
*Obwongo Bw'olulimi* 240
Obusiraamu, Okuyimba, N'ebivuga 241
Ebifaananyi, Ebibajje N'ebibumbe Mu Busiraamu 242
Okukulaakulanya Obwongo Bw'abaana Abaakatandika Okutambula 243
*Okussa Ebirowoozo Ku Bintu Ebikulu Ebikwatagana Mu Mbeera Eyeetoolodde Abaana* 243
*Okujjumbiza Abaana Okwetaba Mu Bintu Ebikolebwa* 243
*Okwogera N'abaana N'okunnyonnyola Ekibagambiddwa* 243
*Okugenderera N'embeera Ennungi, Eteeberezeka, Era Esasula* 244
*Okuwagira Okussa Mu Nkola N'okwaniriza Okuddiŋŋana Ebintu* 244
Obuwanguzi Bw'obuntu Busalwawo Nga Emyaka Etaano Teginnatuuka?! 244
Eky'okukola 40 246

ESSUULA 12

**Okukuza Abaana Abalenzi N'abawala: Balina Enjawulo?**

Ebyanjula 248
Okwawukana Okwenjawulo: Okukozesa Amagezi Bw'okigeraageranya N'okukozesa Embeera Z'ebirowoozo Ezisibukako Enneeyisa 248
Omutimbagano Gw'embeera Y'ebirowoozo Oguvaako Enneeyisa 251
Ebyeyambisibwa Okumanya Ebyetoolodde 251
Ekifo Omuntu Ky'abeeramu 252
Okulabira Mu Kyenyi 253
Ebirowoozo Mu Buwangwa Ku Balenzi N'abawala 254
Ennaku 254
Enjawulo mu By'okwegatta 254
Ekyama Ekiri mu Njawulo Mu Kikula Ky'abantu: Mirimu Gyakukola, Si Kusukkuluma 254
Abasajja N'abakazi Abamerika Kye Basinga Okusoosowaza: Okunoonyereza 256
Okwawula Wakati W'ebikula By'abantu Kutandika Ddi? 257
Ekifo Ky'obuzadde: Nga Tutunuulidde Ekikula 262
Lwaki Wabeerawo Obutenkana? 262
Bataata Abatabeerawo Kye Bakosa Abaana 262
Endowooza Enkyamu N'ebintu Nga Bwebiri Ku Kya Bataata Abalabirira Abaana 263
Ebyetaago Ebyenjawulo Eby'abalenzi N'abawala 264

*Akawala Akato Bye Keetaaga* 264
*Akalenzi Akato Bye Keetaaga* 266
Engeri Ey'amagezi Ey'okukwatamu Enjawulo Z'ekikula 267
Okutabula Ekikula N'okuva Mu Mbeera 267
Abawala N'abalenzi Bayiga Mu Ngeri Za Njawulo 269
Okwawula Abalenzi N'abawala Mu Masomero Ne Mu Bibiina 271
Obuzadde N'ekikula Ky'abantu: Nga Twogerera Mu Busiraamu 273
Ekkubo Lya Katonda Ly'ekkubo Erisingira Ddala Obulungi: Eby'okulabirako Ebya China, Bugirimaani, Ne Buyindi 276
Eby'okukola 41-43 277

ESSUULA 13

## Okwegatta n'Okusomesa ku By'okwegattaS: Kiki Kye Tulina Okubuulira Abaana Baffe?

Ebyanjula 280
Okusomesa Ku By'okwegatta Kye Kiki? 280
Ku Lutimbe Lwa Amerika 281
Bamaama N'abawala Mu USA Kye Bategeera 284
Emisingi Gy'enneeyisa Ennungi N'ebyokwegatta: Olwaleero N'eggulo 285
Lwaki Okusomesa ku By'okwegatta? Tuteekeddwa Okubisomesa? 286
Kiki Abaana Kye Balina Okusomesebwa? 288
Okukozesa Obubi Eby'okwegatta! Kikulu Kukoma Wa? 289
Ennono Ya Bulayimu Egaana Obwenzi 292
Ensonga Eri Emabega W'ekibonerezo Ky'obwenzi 292
Endwadde Ezisaasaanyizibwa nga Ziyita mu Kwegatta (STDs) 293
Okwagalana Okw'abalenzi N'abawala 294
Abaana Okufuna Abaana: Okuggyamu Olubuto N'okuzaala Omwana Atali Wuwo Mu Busiraamu 298
*Okuggyamu Embuto* 299
*Abaana Aboole Mu Busiraamu* 299
Ebisiyaga N'abazadde 300
Enjigiriza Y'ebyokwegatta Eyeekisiraamu 304
Obuvunaanyizibwa Bw'abazadde Eri Abaana 307
Okwegatta N'obuyonjo: Okusuulumba, Enviiri Mu Bitundu Eby'ekyama, Okukomola, Amazzi Agazaala 307
Abaana Abavubuse N'okwekuuma 309
Engeri Obusiraamu gye Bugonjoolamu Ekizibu Ky'okwegatta: Ekkubo Ery'okuziyiza 311
*Ensonyi (Hayaa)* 313
*Ennyambala* 318
*Okwetabula Okwakyeyonoonere Ne Khalwah Tebikkirizibwa* 319
*Okusikirizibwa Kw'abemyaka Egyenkana N'ensonga Endala* 319
*Kiki Ekirina Okukolebwa* 320

*Okukeera Okuyingira Obufumbo* 321
Okusoberwa Ku Ky'enkola Y'ebyenjigiriza Bw'obigeraageranya N'obufumbo Obukeere 323
Okukuuma Abaana Obutasobezebwako Bantu Bakulu 324
*Emyaka Emituufu Okumanyisa Abaana Ebikwata Ku By'okwetunda* 325
*Owooluganda Bw'asobya Ku Mmwana W'omuntu Oba Omwana N'akakibwa Omukwano* 327
Enteekateeka Y'emisomo Gy'okusomesa Ku By'okwegatta Eyeekisiraamu 329
Eby'okukola 44-45 331

## EKITUNDU EKYOKUSATU [Essuula 14–23]

## Okuzimba Enneeyisa Y'omuntu N'embeera Ze

### ESSUULA 14

**Okuzimba Enneeyisa Y'omuntu N'embeera Ze**

Ebyanjula 333
Embeera Kye Kiki? 334
Okuzimba Enneeyisa Y'omuntu 335
Embeera Z'omuntu Tezikoma Kumpi, Zirina Emirandira Egikkira Ddala Wansi 336
Obuntu Kye Kiki? 337
Ek'yokukola 46 338

### ESSUULA 15

**Okuzimba Obuvumu**

Ebyanjula 344
Emisingi Egitandikirwako Egy'obuvumu N'obutiitiizi 345
Okutegeera Engeri Okutya Gye Kukulaakulanamu Mu Baana 348
Abaana Beetaaga Okuyiga Okwoleka Empulira Y'omunda N'obuvumu Bw'omubiri 349
Wakati W'obuvumu N'okuba Abawulize 350
Abaana Okusikirizibwa Ab'emyaka Gyabwe 350
Abazadde, Obuzira N'enkola Ey'ebyobuwangwa 352
Eby'okukola 47-53 354

### ESSUULA 16

**Okuyigiriza Omukwano**

Ebyanjula 359
Omusingi Gw'okukulaakulanya Ebirowoozo 360
Omukwano: Nga Bwe Guva Mu Magezi Amayiiya Ne Kulaane 361
Ebimu Ku Biyinza Okuyamba Abazadde 362
Omwanawo bw'agamba nti, "Sikwagala"! 364

Omwana Asooka (Omuggulanda) 364
Lwaki Abazadde Baagala Abaana Baabwe? 366
Omukwano N'abazadde Okwekkiririzaamu 367
Engeri Y'okukulaakulanya Okulumirirwa 367
Okunoonyereza: Engeri Ennyingi Z'oyinza Okuyitamu Okufuula Abaana Bo Abawulira Nti Baagalibwa. 370
Kyalibadde Kirungi Abazadde Okuyigiriza Abaana Obukyayi? Ebiseera Ebimu! 371
Eby'okukola 54 372

ESSUULA 17

**Okuyigiriza Obwesigwa N'amazima**

Ebyanjula 375
Abazadde Beesige Abaana Baabwe Naye Bakakase entambula Zaabwe 376
Emisingi Emikulu 377
Okuzingira Awamu Enneeyisa N'ebintu Ebirala Mu Nsi 378
Lwaki Abaana Balimba? Okujjanjaba Obulimba 380
Okujjanjaba Obulimba N'enkola Ey'obunnabbi 383
Eby'okukola 55-56 384

ESSUULA 18

**Okuyigiriza Obuvunaanyizibwa**

Ebyanjula 387
Okuzimba Omusingi: Endowooza Nga Ensi Bw'agiraba 388
Emikisa Egiba Ku Buli Mutendera Gw'okukula Ogw'enjawulo 390
Emisingi Egirina Okugobererwa 391
Ebiyinza Okukolebwa 394
Kwasaganya ebya Kyeyagalire N'obuvunaanyizibwa. Eby'okulabirako 395
Eby'okukola 57-58 398

ESSUULA 19

**Okuyigiriza Okwemalirira**

"Obuteemalirira" Obugenda Bukula Mu Amerika 401
Ebitwalibwa Nga Ebituufu 403
Ebintu Ebifunibwa Ku Myaka Egy'enjawulo 404
Leka Abaana Abatandika Okutambula Beezuulire Ekkubo 405
Okweraliikirira Okw'okwawukana: Engeri Y'okukwatamu Enneeyisa Ey'obuteetengerera 405
Abatiini – Ebintu Nga Bwebiri 406

Enkola Y'okukuzaamu Abaana Ky'ekola: Eyeesigamiziddwa ku Kukozesa Obuyinza Nga Ogigeraageranyizza Ku Eyo Eyeesigamiziddwa Ku Kukozesa Amaanyi 408
Obukodyo Bw'okuzimba Okwetongola mu Baana. 411
Ebintu Ebimu Ebiyinza Okuyamba Abazadde 414
Kuwa Magezi Oba Kwetongola: Omuwala Ne Nnyina 416
Abazadde Bwe Baba Tebaagala Mikwano Gya Baana Baabwe 418
Okuyamba Abaana Okukola Okusalawo Kwongera Amaanyi Mu Kwemalirira Kwabwe 420
Emitendera Omuyitibwa Okusalawo 421
Eby'okukola 59-61 422

ESSUULA 20

**Okutumbula Eky'obuyiiya**

Ebyanjula 426
Ebintu Ebikulu Ebikwata ku Kuyiiya 427
Okuyiiya Okweyolefu mu Byafaayo 429
Okusannyalaza Obuyiiya Bw'abaana 430
Endowooza Enkyamu Ezibiikiriza Obuyiiya 431
Engeri Z'okukulaakulanyaamu Obuyiiya 432
*Embuuza Y'ebibuuzo Erimu Obuyiiya* 433
*Eby'okukola Ebyoleke* 433
*Obumanyirivu Obw'enjawulo* 433
*Okukubaganya Ebirowoozo Okutaliiko Kukugira* 433
*Emizannyo Egirimu Obuyiiya* 433
*Okuwandiika Kw'abaana* 434
*Ebitone By'abaana* 435
Edowoooza Enkyamu: Birowoozo "Byangeri" Oba "Tebirina Mugaso" 436
Abazadde Bye Bayinza Okukola 437
Okwogera ku By'okuzannyisa 437
Eby'okukola 62 – 65 440

ESSUULA 21

**Okwekkiririzaamu Nga Okugeraageranyizza N'abaana Aboonooneddwa**

Okwekkiririzaamu 445
Butya Bw'oyinza Okwewala Okukuza Omwana "Omwonoonefu" 447
Okwesunguusula: Tokkiriza Okukaaba Omwana Kw'akozesa Nga Eky'okulwanyisa 448
Eby'okukola 66-68 449

ESSUULA 22

**Okulondera Omwana Wo Emikwano Emituufu**

Mikwano Gy'omwana Wo 453
Ebizibu Ebimu Ebiva Mu Mikwano Emibi 454
Okunyigiriza Kw'abaana Ab'emyaka Egyenkana Mu Ssomero Okwa Buli Lunaku 455
Okulonda Emikwano Emituufu 455
Butya Nga Omwana Wo Alonze Emikwano Emikyamu 456
Lwaki Wabaawo Okusikiriza Mu Batiini? 457
Amaka Mu Bifo Ebitali Birungi 459
Eby'okukola 69-71 460

ESSUULA 23

**Engeri Terefayina, Obusimu Bu Buliwendinkufuna, Vidiyo N'emizannyo Gya Kompyuta Gye Byonoonamu**

Ebyanjula 463
Olukalala Lw'ebibuuzo Eri Abazadde 463
Ebibi Ebiva Ku Terefayina 464
Ebyangungu Ebikwata Ku TV 470
Omugenyi 470
Olukalala Olw'ebiyinza Okukolebwa Mu Maka Mu Kifo Ky'okulaba TV 473
Eby'okukola Ebiyinza Okudda Mu Kifo Kya TV 474
Ebirala Ebiyinza Okukolebwa Ebisinga Obukulu 475
Ebizibu Ebiva Mu Kukozesa Ennyo Omutimbagano Gwa Kompyuta (Yintaneti) 478
Emizannyo Gya Kompyuta 479
Mu Bufunze 481
Ebyokukola 72-76 482

**OKUWUMBAWUMBA 485**

**EBYEYONGERAKO 1 489**

*Aaya za Kulaane ne Hadiisi za Nnabbi Muhammadi ku Buzadde* 489
Aaya Za Kulaane Ezirondeddwamu 490
Hadiisi Za Nnabbi Muhammadi ﷺ 491

**EBYEYONGERAKO 2 493**

*Olukalala Olw'ebyokukola* 494

**EBITABO N'EBIWANDIIKE EBYEYAMBISIDDWA 497**

**EBINNYONNYOLA EBY'OLUWALABU 527**

# Ebyafaayo By'ekitabo Kino

EKITABO KINO kyawandiikirwa bazadde bonna, awatali kufaayo ku be b'ani era bali ludda wa. Wabula endowooza erimu, kitundu ku kwolesebwa okwa International Institute of Islamic Thought (IIIT) okw'ekiseera ekiwanvu okw'okuzuukusa amawanga g'Abasiraamu okuva mu bwebaffu n'okupondooka bye balimu basobole okuddamu okukwata ekifo kyabwe mu by'amagezi agagenda mu maaso ago agaali gabamanyiddwako mu bugunjufu bwabwe obw'amaanyi. Okusobola okulaga okwolesebwa ku bikwata ku buzadde, ekitabo essira kiriteeka ku kuzza obuggya ebirowoozo ku bikwata ku magezi n'omwoyo nga kuyita mu byanjigiriza. Wadde nga okulandulula amakubo agavaako okuseebengerera mu byamagezi mu mawanga g'Abasiraamu tekukoleddwa mu kitabo kino, naye okutereeza Endowooza Y'ekisiraamu gwe mulamwa ogusinga obukulu mu bitabo ebifulumizibwa IIIT n'emisomo egitegekebwa okusobola okuyamba okuzza obuggya Ebyamagezi Ebyabasiraamu.

Mu nkola eriwo, kyetaagisa nnyo abazadde okuba nga bamanyi engeri y'okukuzaamu abaana okuva emisingi egy'ebyomwoyo egikwata ku nneeyisa ennungi n'embeera z'omuntu lwe biva awaka nga gitumbulwa mu biseera by'omwana ebisooka. Bwe tutyo essira tujja kuliteeka ku ngeri okutendekebwa okufuna obukugu mu by'obuwangwa, eby'okusoma, n'empangaala n'abantu ebikolebwa awaka bwe guli omusingi gw'okukulaakulanya eby'amagezi eby'omwoyo ebituufu n'ebirowoozo ebivaako enneeyisa y'omwana. Wadde nga awaka y'ensibuko y'entegeka y'enneeyisa erina ky'ekola ku mitendera gy'engeri omwana gy'asalawo ekirungi n'ekibi, tekimala okumanya obumanya ekituufu n'okukikola mu ngeri empangirire. Okwagala kw'omuntu n'ebirowoozo ebifuga enneeyisa ye birina okukkiriza era ne byegomba ekyo obwongo kye butwala okuba ekituufu era ne bikola ekyetaagisa; era wano omulimu gw'omuzadde we gubeerera omukulu ennyo. Amasomero n'amatendekero g'ebyenjigiriza gasomesa ebyafaayo, obwoleke, obukugu obutali bumu, era ne gawa amawulire, nga ebyo birina okujjuulizibwa n'awaka w'omwana n'obulamu obwawaka, kubanga obulamu bwawaka bwe butumbula enneeyisa, empangaala n'amaanyi g'ebirowoozo ebifuga enneeyisa.

Omulimu guno gugendereddwamu okubaako ne kye gwongera ku nkulaakulana y'omwana n'okumukuza n'engeri ezenjawulo ez'okutumbula eby'obukulembeze mu muntu. IIIT ezze etegeka emisomo mingi era n'efulumya ebitabo ebikulu okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino nga bino mwe muli: *A Training Guide for Islamic Workers* (nga kino kivvuunuddwa mu nnimi ezisukka mu 20), *Dalīl Maktabat al-Usrah al-Muslimah* (Endagiriro y'Ebitabo Ebirina Okubeera mu Maka Amasiraamu), ne *Azmat al-Irādah wa al-Wujdān al-Muslim* (Akatuubagiro mu Kwagala kw'Omusiraamu n'Omwoyo).

Ekirowoozo ky'okuwandiika ekitabo ku nkolagana wakati w'omuzadde n'omwana kyaleetebwa mu lutuula lw'olukiiko olw'abayima ba IIIT mu mwezi ogw'omunaana (August) mu mwaka 1994 ku kizinga Tioman, e Malaysia. Kyali kitabo kyakusatu mu bitabo ebyali eby'okufulumizibwa nga bikwata ku nkulaakulana y'omuntu n'empuliziganya y'abantu nga byali byakusaasaanyizibwa ekibiina. Emabegako ddala, nga akolera ku kusaba kwa IIIT, Dr. Isma'īl al Fārūqī yawandiika ekitabo mu 1982 ekiyitibwa *Tawhīd: Its Implications for Thought and Life* (ekitabo ky'ekisiraamu ekitendeka ku nsonga z'obukkiriza ne 'aqīdah). Nga wayise ekiseera, mu 1991, IIIT ne International Islamic Federation of Student Organisations (IIFSO – ekibiina ekigatta abayizi) baafulumya ekitabo ekiganzi ennyo A Training Guide for Islamic Workers, ekitabo ekyokubiri mu bitabo bino, n'ekigendererwa eky'okugunjula Abasiraamu mu bukugu obw'omuntu ssekinnoomu, abantu abangi ne mu bukulembeze. Ekitabo kino ky'ekyokusatu mu lujegere lw'ebitabo bino.

Olw'okutwala amaka nga ekintu ekikulu, Dr. AbdulHamid AbuSulayman, Omukulu w'ettendekero erya International Islamic University, Malaysia wakati wa 1988 ne 1998, yatandikawo essomo ery'obuwaze (omuntu mwe yaweebwanga Dipulooma) nga likwata ku maka n'obuzadde n'ekigendererwa eky'okusomesa abayizi obukulu n'emigaso egiri mu kubeera omuzadde omulungi wamu n'okufulumya abasomesa abamala ab'okusomesa essomo eryo.

Okwongereza ku ebyo, abatandisi ba IIIT baatandikawo emisomo egiwera nga gikwata ku kutendeka mu by'obukulembeze nga gyategekebwa mu mitendera esatu. Ekirowoozo ky'okufulumya ekitabo ku by'obuzadde kyaweebwa enkizo mu mutendera ogwokusatu:

**Omutendera 1** (1975–1990) gwali ku kunnyonnyola, okweteekateeka, okusaasaanya amawulire, n'okukunga. Gwakola ku bukugu n'amakubo ag'obujjumbize obwali bwetaagisa mu kutereeza enkola ennungi n'okukola omulimu. Omutendera guno gwavaamu okufulumya ekitabo A Training Guide for Islamic Workers (1991), ekitabo ekyokubiri mu bitabo ebyogeddwako waggulu.

**Omutendera 2** (1991–2000) gwafuula okutendeka enkola nga kino kikolebwa abatendesi abakugu omwali Dr. Omar Kasule mu Kuala Lumpur, Dr. Iqbal Unus mu Washington, Dr. Anas al-Shaikh-Ali mu London ne Dr. Manzoor Alam mu New Delhi. Baategeka pulogulaamu z'okutendeka eziwera mu nsi ezitali zimu.

**Omutendera 3** essira gwali gwa kulissa ku buzadde mu kyasa ekya abirimuekimu. Wadde nga emitendera ogusooka n'ogwokubiri gyali gyolekezebwa bavubuka, kyeyongera okweyoleka nti okuzimba enneeyisa y'omuntu nakyo kyali kikulu nga kitandikira ku kuzaala. Mu mbeera eyo, IIIT yasalawo essira okulissa ku mulimu abazadde gwe bayinza okukola nga bakozesa obukugu mu buzadde obulungi okukuza abatuuze abalungi n'abakulembeze ab'enkya abazimbiddwamu ebitendo eby'obukulembeze obwesimbu mu maka amatuufu n'embeera y'awaka eyinza okukuza abaana obulungi. Era eyo ye nsonga eyavaako okufulumya ekitabo kino.

Okukuza abaana si mulimu mutene. Gulina kinene kye gukola ku baana ki be tukuza, mbeera ki mwe tuwangaalira, era gye biggweera na bugunjufu ki bwe tulekera emirembe egiddako. Bwe kutyo kwalirowoozeddwako nnyo era ne kuweebwa enkizo. Twagala nnyo nga gye tukomezza enzikiriza eno era tukubiriza ne tusaba n'abawandiisi okwongerayo buli mulamwa oguwandiikiddwa mu kitabo kino nga bayita mu kunoonyereza okweyongerako n'okuwa ebiyamba mu kusomesa emiramwa. IIIT yamala dda okuteekawo ttiimu ez'ebyamagezi eziwera okugezaako okwongereza ku miramwa gino era egivvuunudde mu nnimi enkulu mu nsi. Ekitabo kino ddaala erisooka mu kutumbula eky'obuzadde obulungi ku ddaala ery'ebintu nga bwe bitambula mu bulamu obwabulijjo.

Okusinziira ku bakugu abawera, "ekyokusuubula ekisinga obunene ku nsi, omulimu ogusinga obukulu, okusiga mu bantu okusinga obulungi kwe kukuuma, okulabirira n'okukuza abaana."

# Ebiruubirirwa N'ebigendererwa

Ekitabo kino ekyangu okusoma kyolekezebwa biliyoni emu ey'abazadde abali mu nsi yaffe olwaleero, Abasiraamu n'abatali Basiraamu, n'abatali bazadde, ne bajajja n'abeŋŋanda abaagala okuganyulwa mu magezi ge kiwa. Tekigendererwamu kuganyula bayivu n'abakugu mu bintu ebyenjawulo bokka. Essira eryenjawulo liri ku bigendererwa eby'okukuza abaana, okunokolayo ku bizibu n'okuwa amakubo ag'okubigonjoolamu, wamu n'okulambika amakubo omuyinza okuyitibwa okutumbula n'okukuza abantu abalongoofu, abalina empisa era abajja okwolesa ebitendo by'obukulembeze.

**Ebigendererwa ebikulu eby'ekitabo kino bye bino:**

• Okukkaatiriza obukulu bw'okubeera abazadde abalungi mu kukuza abaana ne mu maka, nga kino kiyita mu kufuula obuvunaanyizibwa bw'okubeera omuzadde omulimu era ekintu ekirina okusoosowazibwa, si mu bigambo bugambo naye ne mu bikolwa.

• Okulaga abazadde "butya" bwe basobola okufuna ebyokuyiga ebyetaagisa n'obukugu obw'okussa mu nkola obukodyo obutuufu obw'okubeera abazadde okusobola okukuza abatuuze abalongoofu abeeyisa obulungi era abalina empisa, abalina ebitendo ebibasobozesa okufuuka bulooka okuzimbirwa ebitundu omuwangaalira abantu n'obugunjufu bw'abantu obw'ebiseera ebyomumaaso.

• Ekisembayo, okuyamba abazadde okutondawo embeera y'amaka ejjudde essanyu, etambulira awamu era eyamba okutuukiriza emirimu gy'amaka, omuli enkolagana eyamba abantu boomumaka bonna.

Mu kitundu ekisooka, twogera ku nsonga eziri emabega w'okubeera omuzadde omulungi, nga tunnyonnyola kye kitegeeza ne butya bwe kiyinza okuteekebwa mu nkola okusobola okugonjoola eky'okuzza obuggya ensi y'Abasiraamu awamu n'abantu bonna okutwalira awamu. Era tulaga mu bufunze embeera y'obuzadde nga bw'ekolebwa olwaleero, nga mwe muli okutunuulira ensibuko y'amawulire agali mu nsi z'Abasiraamu n'amawanga agaakula ku bikwata ku buzadde. Twagala okulambulula engeri y'okukuzaamu abaana abalina empisa ennungi era abeeyisa obulungi abalina ebitendo ebisobola okukyusa embeera y'abantu. Amakubo n'ebikozesebwa ebyetaagisa okwongera amaanyi gennyini n'ebirowoozo ebifuga enneeyisa byogerwako mu kitundu ekyokubiri. Ekitundu Ekyokusatu essira kirissa ku kuzimba enneeyisa era kinnyonnyola okulaba ennyo terefayina n'okukozesa ennyo kompyuta n'emizannyo gya vidiyo kye bikola ku baana n'obulamu bw'amaka nga kiraga ebintu ebiyinza okukolebwa okusikira enkozesa embi ey'ebintu ebyo.

Ku nkomerero ya buli ssuula, tutaddeyo eby'okwegezaamu ebyangu nga byakukolebwa bazadde n'abaana. Ekigendererwa ekikulu kwe kwongera amaanyi mu kwogeraganya n'empuliziganya ennungi wakati w'abantu abali mu maka bonna olwo buli omu asobole okutegeera obulungi munne, bonna beeyagalire mu biseera byabwe, basobole okwetaba mu kusalawo, era bawaanyisiganye obukugu. Kino kijja kuyamba okutandikawo enkolagana ennungi mu maka n'embeera y'amaka ejjudde essanyu. Ebintu bitono nnyo ebyetaaga eby'okukozesa okuva ebweru okugeza okukozesa amaterekero g'ebitabo, okwebuuza ku bazadde abalala, oba okufuna amagezi ag'ekikugu. Tuwa ekirowoozo mu ngeri ey'amaanyi nti amaka gakole ebintu bino awaka oba ku mmeeza z'ekyeggulo ekiba kitegekeddwa wabweru w'amaka. Kisuubirwa nti okukubaganya ebirowoozo kuno okwetabiddwamu abantu bonna be kikwatako kujja kujjuza emiwaatwa emikulu egiriwo mu kukola obuzadde okwa buli lunaku, nga kino kiyamba mu kukubaganya ebirowoozo ebikwata ku nsonga z'amaka ezoomunda ezitatera kukwatibwako era nga ebiseera ebisinga teziteekebwako maanyi. Okuku-

baganya ebirowoozo okw'ekika kino n'okufumiitiriza ebikwata ku maka bigendererwa ebikulu ku bwa byo.

N'ekisembayo, ekitabo kino n'ebintu bye kyogerako bijja kugoberezebwako ebitabo ebirala ku nsonga y'emu, nga biri wansi w'emiramwa gino ebiri:

**1: (a) Okutegeera Omulimu Gw'abazadde mu Kusomesa, Enzikiriza, N'okutendeka mu Bukugu Obutali Bumu; (b) Amaka Amasanyufu: Kkulizo Eririna Okubeerawo Okusobozesa Okukuza Abantu Abalina Obusobozi Bw'okubeera Abakulembeze.**

Ku ludda lwa 1 (a) kye tulowooza kwe kuyamba abazadde okutegeera n'okukkiriza omulimu gwabwe mu kukulaakulanya engeri abaana baabwe gye bategeeramu Obukkiriza n'obukugu mu bukulembeze. Ku ludda lwa 1 (b) essira lijja kuba ku kuteekawo embeera y'amaka agalimu essanyu era agataliimu mirerembe okukola nga "ekkulizo" ery'abantu abatya Katonda abasobola okufuuka abakulembeze nga bawulira muli obuvunaanyizibwa mu bintu ebyetaagisa mu mbeera ezaabulijjo. Ebintu omuli empuliziganya ennungi, okutendereza, okuwabula, obusungu, n'ebiseera aboomumaka bye bamala bonna madaala ageetaagisa okuzimba n'okuteekawo embeera entuufu. Okwongereza ku ebyo, ekirowoozo nti "abaana balabi balungi, naye balanduluzi ba nsonga babi" kiba kunnyonnyolwa. Ebyokwegezaamu ebyoleke bijja kuleetebwa abazadde balabe engeri abaana gye bakwatamu abantu abalala mu bulamu obwabulijjo nga mwe muli baana bannaabwe, bajjajja n'abooluganda abalala, abagenyi, baliraanwa, abanaku, abantu b'omu kitundu, ensolo, embeera y'ekitundu, n'ensi yonna okutwalira awamu.

**2: Eby'okulabirako Ebiraga Obuzadde Obulungi Birina Okuleetebwa: Abazadde – Bannabbi.**

Abazadde bajja kulagibwa obukulu bw'enneeyisa yaabwe ku bikwata ku kukula kw'omwana. Okuva abaana lwe bali abakoppi abalungi, abazadde bateekeddwa okubeera abakoppebwa abasinga obulungi mu ngeri yonna gye basobola, olwo abaana nga bayita mu kubakoppa nabo babeere balungi okukoma gye basobola.

Obulamu bwa Nnabbi Muhammadi ﷺ buwa eky'okulabirako ekisinga obulungi ku ngeri ey'okukoppamu omuntu okubeera taata, jjajja, owoomukwano ennyo eri abaana n'omukulembeze omulungi ennyo. Mu butuufu, mu kuyiga enneeyisa ya Nnabbi ﷺ n'okukozesa enneeyisa ye nga eky'okugoberera, tujja kuteekawo ekipimo kwe tunaatambuliza amagezi agagenda okuweebwa mu kitabo kino kyonna.

N'ekisembayo, singa abazadde bakola kyonna ekisoboka ne bassa bulungi mu nkola amagezi ge tubawadde, tusuubira okuteekawo ekintu ekirungi ekiyinza okuddiŋŋanwa: okusobola okukuza abaana abalamu obulungi era abasanyufu abakolagana obulungi n'abantu b'omukitundu era nabo ekiseera nga kituuse abaliba abazadde abawa ekifaananyi ekirungi.

Singa abazadde mu kiseera kyonna mu bulamu bwabwe baba babuuziddwa nti: "Kyamugaso ki kye wakola mu bulamu bwo?" bayinza okuddamu n'omutima gumu bwe bati: "Nnali muzadde musuffu." Oba era jajja omusanyufu!

# EBYANJULA

ABANTU baatondebwa mu ngeri esinga obulungi naye era basobola okubeera abatategeerekeka. Olw'ensonga eyo, okukuza omwana kyetaagisa okumanya okwesigamiziddwa ku kumanya okw'omu kibiina n'okwoleke okukwata ku kukuza amabujje n'abaana abalala. Okuva abantu abasooka obusoosi okubeera abazadde lwe batabana bumanyirivu bumala mu by'obuzadde, baba beetaaga okuyiga engeri y'okukwatamu abaana ne bwe baba tebanneetondeka mu nnabaana.

Ebyembi, wadde nga tulafuubana nnyo okukuŋŋaanya ebyobugagga, n'okubeera n'ennyumba, mmotoka, n'ebibajje ebirungi, tetufaayo kuteeka maanyi ge gamu mu kukuza omwana, nga tusuubira oba okumala gakitwala nti ebintu bijja kutambula bulungi ne bwe tuba tetulina kye tukoze. Okukuza abaana tekulina kulekebwa mukisa, kubanga zzaala akulimu n'ebizibu ebiyinza okuvaamu bingi.

Abazadde ebiseera ebisinga okumanya bakufuna kuva mu kugezesa n'okuyigira mu nsobi era ebibala ebirungi bayinza okubifuna mu baana abasembayo okusinga ku be baba baasookerako, olw'obumanyirivu bwe baba baafuna okusooka. Wabula, ekizibu kiri nti amasomo gano amakulu ennyo we gayigirwa, kitera okuba ekikeerezi nga tekikyagasa. Abaana abaasooka baba bamaze okukuzibwa era nga bafuuse bantu bakulu, ekikifuula ekitasoboka okuganyulwa mu biba biyigiddwa.

Okukuza abaana obulungi kintu kirungi era tekiyinza kumala galekebwa nnagalaale. Okubakuza mulimu ogujjudde okusoomooza, era ogwetaaga okufiibwako entakera. N'olwekyo, tulina okukkiriza obukulu bw'okuyitaayita mu mulimu ogutwolekedde mu biseera eby'omu maaso n'obuvunaanyizibwa obulimu obwesimbu bwe tuba twewadde ne bakyala oba abaami baffe, n'aboomu maka gaffe.

Ekintu ekikulu mu kukuza abaana, kye tussaako essira wonna mu kitabo kino, kye ekyempuliziganya. Empuliziganya ennungi wakati waffe n'abaana eba ejja kubayamba okufuuka abantu abakulu abasanyufu era ab'obuvunaanyizibwa. Kikulu nnyo okumanya butya na ddi we twogerera n'abaana, n'ekisinga obukulu, butya bwe tubawuliriza n'obugumiikiriza n'okubategeera. Abazadde, mu kwagala kwabwe abaana baabwe okutaliiko kakwakkulizo konna, beetaaga okutandika okwongera ku bukugu mu byempuliziganya nabo n'okubawuliriza. Empuliziganya kintu ekikolebwa okuva ku mpuyi ebbiri, era tekulina kuyimirizibwa. Abazadde balina okuyamba abaana okukulaakulanya obusobozi bwabwe bwonna awatali kukozesa maanyi. Okumanya bamaama ne bataata abalala bye bajja bayitamu mu mbeera ezimu mu bulamu obwabulijjo, kuba kujja kuyamba abazadde okukozesa obukugu n'obukodyo obupya bwe baba bayize okuyita mu mbeera enzibu.

Abazadde era beetaaga okuddamu okwetegereza enkola ezaadiba kubanga ekintu okuba ekikadde tekitegeeza kuba zaabu. Ebiseera bwe bigenda bikyuka, embeera empya zizuuka nga zeetaaga okukwatibwa n'okukolwako mu ngeri ndala erimu okuyiiya. Mu butonde, abazadde bonna baba beesunga abaana baabwe okuvaamu abantu abasinga obulungi. Tujja kwogerako ku nsobi abazadde ze batera okukola mu butali bugenderevu n'ebizibu ebingi bye batera okusanga.

Ekintu ekirala kye tugenda okwogerako mu kitabo kino kwe kutumbula ebitendo "by'obukulembeze" mu baana. Kino kiyinza okulabika nga eky'engeri okukirowoozaako. Wabula, mu nsonga eno twagala okukinogaanya nti bwe twogera ku bukulembeze, tetutegeeza kunoonya amaanyi n'obukulu mu ngeri ey'ekiralu, wabula okutumbula abantu abaliba n'ebitendo by'empisa eby'amaanyi, enneeyisa, n'ebitendo ebirala ebyetaagisa abantu okubeera bammemba abajjumbize mu kitundu nga balina n'omwoyo oguwulira obuvunaanyizibwa mu bintu ebikwata ku bantu abaabulijjo.

Ku bavubuka bangi olwaleero, amaka gakkakkana mu ddaala ne gatuuka ku kuba woo-

teeri n'ebirabo by'emmere (abantu mwe basisinkanira okulya)  Okutondawo embeera y'amaka agasingako obusanyufu era agalimu emirembe eri abazadde n'abaana kintu ekirina okukolebwa. Awaka si kifo bufo, wabula kkulizo, kadaala, era siteegi abantu b'omumaka mwe bali nga abazannyi era nga empuliziganya bye biwandiike bye bagoberera. Buli muntu alina okuzannya ekifo kye. Kyennyamiza okulaba nga olwaleero abazadde bangi n'abaana tebasobola kukwatagana bulungi, olwo ne babeera mu maka agatatambula bulungi. Abazadde n'abaana abamu buli omu atya munne oba abuusaabuusa munne, era bangi ku bano tebamanyi ngeri ya kulongoosaamu nkolagana yaabwe. Bayinza n'okuva ku by'okugezaako buli omu okutegeera munne era mu kuggwaamu essuubi n'obusungu bayinza okumalamu enkolagana amaanyi n'ekivaamu okugiggyirawo ddala.

Wadde nga okubeera omuzadde buvunaanyizibwa bukulu nnyo, tebwalisuuliddwa wabbali olw'essuubi okuggwaawo. Ekiseera tekinnayita okuvvuunuka okusoomooza era tukyasobola okutereeza enkolagana yaffe singa twewala okwekubagiza olw'ensobi ze twakola emabega. Tekirina makulu okugamba nti: "Kale singa twakola bwe tuti oba tetwakola bwetuti." Okwekubagiza, n'okudda ku kuwoza nti "kale singa" kya mutawaana ate nga tekirina kalungi kayinza kukivaamu okuggyako okwongera okwerumya. Ne bwe tuba twakola okusalawo okukyamu okwavaamu okulumya abantu b'omu maka gaffe, tuteekeddwa okukissa mu bwongo nti ebigendererwa byaffe byali binoonya kufuna ekisinga obulungi. Twetaaga okukozesa ekiseera kitono okutunula emabega, n'ebiseera bingi okutunula mu maaso gye tulaga. Mu kifo ky'okujjuza obwongo bwaffe na biki bye twali tusobola okukola oba bye twali tuteekwddwa okukola, kiba kirungi essira okulissa ku biki bye tuyinza okukola kati olw'ebiseera eby'omumaaso ebisingako obutangaavu. Tuyinza era okuwa abaana baffe obweyamu okwetereeza nga tuyita mu kufuuka abazadde abalungi, nga tutunuulira emabega nga essomo mu bulamu n'ebiseera eby'omu maaso nga omukisa ogw'okusobola okukyusaako. Kisobola okuyamba okutunuulira ebiseera ebyemabega nga ejjinja eryomuwendo (mabo) erimaze okuyooyootebwa oba enkokoto emaze okukwata, ate ebiseera eby'omu maaso ne tubiraba nga ebbumba erigoyeddwa erikyetaaga okuwumbwamu ebintu.

Olwaleero abazadde bangi (nga naffe mw'otutwalidde) abeegomba nti kale singa baali bamanyi amakubo n'obukodyo bw'okubeera abazadde abalungi nga tebannafuna baana. Singa ekyo baakikola, waalibaddewo okulongoosa kwamaanyi mu ngeri y'okukuzaamu abaana baabwe. Abazadde abasinga obungi bajja kuwulira muli nti ebiseera bingi ddala ebyalikozeseddwa mu kutereeza enkolagana n'abaana. Okutunula emabega ku bulamu bwaffe, kirabikirawo nga kiruma nti waliwo ebintu bingi mwe twaliggye ebyokuyiga ebyatuyitako, n'ebiseera ebyomuwendo bye twaligabanye. Tusuubira nti abaana baffe bajja kutusonyiwa ensobi zaffe era tusuubira nti abo abatandika obutandisi okubeera abazadde bbo bajja kwewala ensobi bwe zityo. Era tusaba Katonda Oweekitiibwa ataase buli muzadde asobole okwewala okuyiga essomo lye mu ngeri enzibu, naye okuyigirawo!

Ekkubo lye tukutte mu kitabo kino kwe kuluŋŋamya nga essira tuliteeka ku kugema sso si kujjanjaba. Tetugamba nti tusobola okuvumula emize nga okukozesa ebiragalalagala, okunywa ebitamiiza, obulwadde bw'ekiwuubaalo, obumenyi bw'amateeka n'obulwadde obuva ku kwegatta mu by'abafumbo. Wabula, tuyinza okuwa amakubo agayinza "okugema", n'endagiriro y'amaka eyinza okukendeeza ku mikisa gy'okugwa mu bintu nga bino nga tuyita mu kutegeeza abantu.

Okukuza abaana obulungi kyetaaga obukugu n'okwetegeka, abaana basobole okubeera abawanguzi era abeeyagaza bazadde baabwe. Ekyomukisa, ebintu bingi n'obukodyo ebikwata ku kukuza abaana obulungi kati weebiri okusinga embeera bwe yali emabega. Wadde nga tewali kkubo

lya kusaliikiriza mu ky'okubeera omuzadde, nga bwe watali kkubo lya kusaliikiriza mu bintu byonna ebyomugaso, ekiseera tekinnayita okutandika okubeera omuzadde asingako, kubanga kati oli muzadde era ojja kusigala nga oli muzadde, kye kimu abaana bo balina emyaka 4 oba 40.

Essuubi ly'omuzadde yenna kwe kukuza omwana n'afuuka omuntu omukulu awangaalira mu ssanyu era atuukiridde buli ludda. Ekitabo kino kijja kukubisaamu emirundi egiwera emikisa gyo egya kino okukituukiriza n'okutuukiriza ekirooto kyo eky'okubeera n'enkolagana ennungi era ematiza n'abaana bo. Omugezi omu lumu yagamba bw'ati: "(Ekikulu) si wwa ebirooto byo gye bikutwala wabula gy'otwala ebirooto byo." Wadde nga ekiseera ekituufu eky'okukuzaamu omuvubuka wo obuungi gyali myaka kkumi emabega, ekiseera ekiddako obulungi lwe lwaleero, kati kikozese. Katonda Oweekitiibwa ajja kukusaasira olw'ekigendererwa kyo ekirungi n'okulafuubana kwo.

Tutaddemu emiwendo mingi egy'okubala gye tusimbulizza mu bifo ebiwera kiwe omusomi essuubi n'awookukebera. Emiwendo gikyuka buli kiseera, era gikozesebwa bukozesebwa nga endagiriro naye si kulaga ebintu nga bwebiri obutakyuka.

Abakugu bangi balina kye boogedde ku ngeri ekitabo kino gye kirabikamu n'engeri ey'okukifulumyamu. Abamu ku baakiysaamu amaaso baawa amagezi kifulumizibwe mu butabo bungi, abalala ne bawa ekirowoozo nti ebisomesebwa mu kibiina byawulwe mu byoleke ebikwata ku mbeera eyaabulijjo, sso nga abalala baalowooza nti kiba kisingako okufulumya ekitabo mu ngeri y'endagiriro eya "DIY" (kyekolere wekka) ebirowoozo mwe bigattirwa wamu n'ebintu nga bwe bitambula. Tulaba obukulu n'emigaso ebiri mu ndaba ezenjawulo. Wabula, kati tuleese ekitabo ekisooka mu ngeri bw'eti gye kirimu. Tusuubira okufuna endaba n'abantu bye bagyogerako okuva mu basomi baffe ebirowoozo byabwe tusobole okubissa mu bitabo byaffe ebinaafuluma mu biseera eby'omumaaso, nga bya kufulumizibwa mu bugazi obwenjawulo n'enkuba mu byapa ezenjawulo.

Tekisoboka omuntu okutuukiriza eby'obuwangwa bya buli ggwanga mu kitabo ekimu; wabula, kisuubirwa nti ebitabo ebivvuunuddwa mu nnimi ezenjawulo bijja kukozesebwa okuyamba abasomi ab'ekika ekyo nga bayambibwako abasomesa n'abakulembeze.

Okuvvuunula *aaya* okuva mu Kulaane Eyeekitiibwa mu Luzungu tugoberedde kuvvuunula kwa Yūsuf ʻAlī ne Muhammad Asad nga abawandiisi bakyusizzaamu katono we kibadde kyetaagisa.

Omulimu guno y'entikko y'ebintu abawandiisi bye baayiga mu Mawanga G'abasiraamu N'agabazungu. Gugezaako okutaba awamu ensonga eziri mu bubaka obutukuvu, okuluŋŋamya kwa Nnabbi ﷺ, n'ebintu abantu bye baatuukako okuva mu byasikirwa Abasiraamu n'ebyobuwangwa by'Abazungu. Gugezaako kulaga engeri ebintu byombi eby'amagezi, buli kimu bwe kijjuuliriza kinnaakyo bwe biba nga byetegerezeddwa era ne bipimibwa bulungi. N'olwekyo, guteeka ettoffaali mu nsi y'Enkolagana Wakati W'abazadde N'abaana.

**ABAWANDIISI**
Ogwolubereberye (Gatonnya) 2013,
Washington, D.C., USA





## Yajja akaaba mu 1969

N'AMAZIGA MU maaso maama n'agamba bw'ati: "Muganda wange Altalib, nkusaba onnyambe. Oyo muwala wange. Nnamukuza ne mmuwa buli kintu kye yasabanga. Kati aweza emyaka kkuminamwenda naye yadduse awaka ekiro ne muganzi we. Kati simanyi gy'ali."

Nnamubuuza nti: "Mwannyinaze, otegeeza ki bw'ogamba nti wamuwa buli kimu?"

Yaddamu nti: "Emmere, ebyokwambala, ebyokuzannyisa, ssente – buli kye yeetaaganga!"

Nnamubuuza nti: "Wamusomesa eddiini, Kulaane, obulamu bwa bannabbi, ebyafaayo by'Obusiraamu?"

Yaddamu nti: "Nedda, naye nnamuwa buli kintu!"

Nneegamba muli nti: "Kitalo! Tukuza abaana baffe nga tebamanyi Katonda era nga tebaweereddwa kutendekebwa kwamaanyi mu mpisa, naye ne tubalowooza okufuuka abalongoofu nga Abu Bakr, 'Umar, ne 'Alī! Emicungwa n'amatunda tebimera ku muvule! Tuli mabega nnyo emyaka kkuminamwenda! Tetuwangaalira ku mugaati gwokka."

Kyatwala omwaka mulamba ogw'obugumiikiriza, omukwano, n'amagezi okuzza omuwala ne bba (eyali muganzi we) eri okusaasira kwa Katonda n'okweyagala n'obulamu obulongoofu n'abaana bana mu myaka ena egyaddirira mu bufumbo.

Bw'oba ddala nga oyagala okubaako ne ky'okolera abaana bo, weetaaga okuba n'enkolagana nabo NGA OMUNTU. Beetaaga okumanya nti weesigika era nti ojja kubeerawo ku lwabwe wonna we baba bakwetaagidde. Okusiga ebiseera, ssente, n'amaanyi mu baana bo kwe "kusiga" kw'oyinza okukola!! Omwana wo akwegayirira nga bw'agamba mu ddoboozi ery'omwanguka nti Maama, Taata, bambi:

"Tonkulembera, nnyinza okulemererwa okukugoberera, Tontambulira mabega, nnyinza obutasobola kukukulembera, Tutambulire wamu era beera mukwano gwange." (Albert Camus)

# EKITUNDU EKISOOKA

## Obuzadde: Okuteekawo Omusingi

ESSUULA 1: Okubeera Omuzadde Omulungi: Kitegeeza Ki era Tutandikira Wa? 3

ESSUULA 2: Amaka: Lwaki Makulu? Go Gakola Mirimu Ki? 28

ESSUULA 3: Obuzadde Obulungi: Okuteekawo Ebigendererwa Ebirungi 79

ESSUULA 4: Ekigendererwa Ekisinga Obukulu: Okukuza Abaana Abaagala Katonda 91

ESSUULA 5: Okukola Ku Kusoomooza N'ebizibu Ebitalengererwawo 113

ESSUULA 6: Endowooza Enkyamu Ezitera Okubeera mu Bantu, Ebigwawo nga Tebiraze, N'enzikiriza Enkyamu Ebirina Okwewalwa 124

ESSUULA 7: Ebintu Bwe Byonooneka 133



ESSUULA 1

# Okubeera Omuzadde Omulungi: Kitegeeza Ki Era Tutandikira Wa?


- Ebyanjula 4
- Emitendera Omwana Mw'ayita Okukula 5
- Engeri Gye Tukuzaamu Abaana Baffe: Enkola Ez'enjawulo Ez'obuzadde 6
- Kiki Ekiyinza Okuwa Ekifaananyi ku Ngeri Obuzadde Gye Bukolebwamu? 10
- Entandikwa Y'okubeera Omuzadde Omulungi: Okutunuulira Omulimu Ogwolekedde Omuzadde 11
- Okuganyulwa Mu Nsonda Ezivaamu Amawulire Agakwata Ku By'obuzadde 14
- Okukozesa ensulo omuva amawulire agakwata ku by'obuzadde 16
- Okubeera Omuzadde Kwalisomeseddwa Mu Bibiina Ebyawaggulu Mu Masomero? 19
  *Endagiriro Ya Bungereza Ey'amasomero Ga Haaya 20*
- Okufundikira 23
- Ebyokukola 1 – 7 24

# Ebyanjula



OMUNTU BW'ALAba amaka omubukadde essanyu nga abagalimu bawangaala bulungi, nga embeera y'awaka ejjudde emirembe n'obutebenkevu, ate ebyo byonna nga obitadde ku bbali nga mulimu abaana abagendera ku mbeera era bannaddiini, kino tekimala gagwawo bugwi. Kiba kiva ku kukola ennyo n'okulafuubana okuteekawo enkolagana ennungi wakati w'abazadde n'abaana. Okubeera omuzadde omulungi kiva mu kusiga okuba kukoleddwa okumala ekiseera ekiwanvu era kye ekisumuluzo eky'obuwanguzi obwamaanyi mu nneeyisa, eby'omwoyo ne mu nkula y'abaana ey'omubiri.

Ekinyusi kiri mu kuba nti, okubeera omuzadde omulungi kuteekawo embeera ennungi era ey'omukwano omwana mw'ayinza okukulira obulungi. Embeera bw'etyo omwana mw'aba awaangaalira nkulu nnyo mu kuteekawo enkolagana erongoosa empuliziganya n'esembeza kumpi abazadde n'abaana. Empuliziganya evaamu ebibala yeetaaga endowooza ennungi, si eyo ey'obwannalukalala oba emala gasalawo, wabula ewa abaana amaanyi okulafuubana okubeera abalungi abasukkulumye.

Okubeera omuzadde Omusiraamu kulimu ebizibu ebiwera. Abazadde abasinga tebafuna misomo mu by'obuzadde era tebaba na kumanya kumala, obumanyirivu wadde obukugu. Beesigamira ku ngeri gye bawuliramu n'amagezi agaabulijjo, ebitera okuba nga bya va dda ku mulembe era nga byasikirwa okuva ku bajjajja abaali batamanyi nnyo oba nga ku bbo okubeera omuzadde kulina amakulu ganjawulo mu byobuwangwa. Waliwo abalala nga bbo **bayigirize** naye nga bakopperera mpisa za Bazungu enkoppa ey'ekizibu ky'amaaso. Abazadde era bayinza okugoberera bazadde bannaabwe ne baliraanwa baabwe abatalina kumanya kungi. Abazadde abamu bagezaako okukozesa abaana baabwe okutuukiriza ebirooto byabwe ebyabalema okutuukiriza. Waliwo abalala abalagajjalira oba abatereka obuvunaanyizibwa bw'obuzadde. Olw'obutaba na kumanya kumala oba obutabeera na biseera, eby'okukola eby'obuzadde babirekera bakozi ba waka, abasomesa, aboolugand a, terefayina, n'emizannyo gya kompyuta. Enkola bw'eti naddala, esinga kusangibwa mu mawanga amagagga agasima petulooli, eyo "omuze" ogw'okuyingiza mu ggwanga abakozi okuva mu mawanga amalala gye kulina ebizibu ebingi bye kutuusizza ku nneeyisa y'abaana.

Tulina ekigendererwa eky'okuyamba abazadde okutereeza ebyo byonna bye twogeddeko waggulu, n'okumalawo oba okukendeeza ensobi ze bakola nga tebamanyi. Mu ngeri emu, tuwa enkola ya "yinsuwa" ennungi eri ebizibu ebiba bitaalengererwawo abazadde bye batera okugwamu.

Ebyembi, okubeera omuzadde olwaleero kitera okumala gatwalibwa bwe kityo nti kisoboka awatali kumala kulowooza ku mulimu guno omunene kye gwetaaga. Oyinza okwebuuza nti bameka mu ffe abazadde abaali balowoozezza n'amaanyi ku mulimu ogutuweebwa? Kiba kijja kuyamba singa ekyo tukikola, kubanga tuba tujja kutegeera nti okubeera abazadde kyetaaga okubeera n'obukugu obwakyo, okukola enteekateeka n'okukitemera empenda.

## LOWOOZA KU BIBUUZO BINO WAMMANGA:

*Ekibuuzo 1:* Mulimu ki ogwetaaga okumanya eby'entambuza y'emirimu, okutegeera omuntu, okumanya embeera z'abantu, ebikwata ku muntu, enfumba y'emmere, n'ebyempuliziganya?

*Ekibuuzo 2:* Mulimu ki oguteetaaga ddiguli, ebbaluwa yonna oba layisinsi okugukola?

*Ekibuuzo 3:* Mulimu ki ogusinga obutategeerwa oba okulagajjalirwa?
*Ekibuuzo 4:* Mulimu ki ogusinga okugumira okuyisibwa obubi n'okukolebwa obubi?
*Ekibuuzo 5:* Mulimu ki omukulu ennyo ogukwata ku bulamu bw'abantu abato n'abakulu?
*Ekibuuzo 6:* Mulimu ki ogusinga okubeera omusomesa omulungi eri abaana?

**Okuddamu: Okubeera omuzadde.**

Kirowoozeeko bw'oti: okukozesa bamakanika, abakozi b'amazzi, abakozi b'amasannyalaze, oba abasawo tumala kukakasa nti balina ebisaanyizo ebimala okukola omulimu gwe twagala okubawa, naye abasinga mu ffe tufuuka abazadde awatali kumala kutendekebwa kwonna. Tusomera emyaka 16 okufuna diguli ya yunivasite, naye tuyinza okumala gafuuka bazadde nga tuli batiini, awatali na kumala kwetegekera buvunaanyizibwa bwe tuba twolekedde. Era wadde nga tukimanyi nti tuba tuteekeddwa okubeera ne layisinsi okuvuga mmotoka, okuyigga ensolo, oba okubuusa ennyonyi, naye muli tetuwulira nti kyetaagisa okutendekebwa okubeera abazadde.

Olwo kiki abasinga mu ffe, wadde nga emitima gyaffe gibeera mirungi, kye tukola bwe tuba tulabirira abaana? Wadde nga endoowooza n'amagezi bingi ebiriwo abazadde bye bayinza okweyambisa, ebyo bisuulibwa muguluka abazadde ne bagenda mu maaso, nga tebeefiiriddeeyo, okukola nga bulijjo nga eno bwe basuubira nti byonna bijja kutambula mu mbeera esinga obulungi. Bayinza n'okuteekamu ku maanyi, ne bagenda ne mu nkiiko ezigatta abasomesa n'abazadde (PTA) ku ssomero, ne balondoola ebintu mu ngeri eyaabulijjo, ne bafaayo ku bubonero omwana bw'afuna mu bigezo, ne bafulumako okukyakalako nga aboomumaka olw'okuba balina okubeerayo, era ne bakola ebintu ebirala bingi eby'okweraga. Naye ekitali ekyo, abazadde tebalina kirala kye bakola.

Wadde nga tewali kyakulabirako kye tuyinza okukozesa amangu ekizingiramu byonna omuntu by'ayinza okukoppa, waliwo emitendera egiyinza okukwatibwa okutuyamba okutuukiriza ekigendererwa kyaffe. Nga tuli mu kkubo eryo, tumanya nti ekkubo ery'okubeera omuzadde omulungi bulijjo libeera liri mu kukolebwa era nti wadde nga tuyinza okubaako ne bye tuyinza okukola okugenda mu maaso, tetusobola kwanguyiriza mitendera kugiddusa. Tonoonya "makubo gasaliikiriza" okutuuka ku kubeera omuzadde omulungi kubanga tegaliiyo.

**ENDOWOOZA MUKAAGA, TEWALI BAANA; ABAANA MUKAAGA, TEWALI NDOWOOZA**



"Nga sinnawasa, nnalina endowooza ku ngeri y'okukuza abaana; kati nnina abaana mukaaga naye sirina ndowooza yonna."

JOHN WILMONT, OMULOODI W'E ROCHESTER
(Brown 1994)

## Emitendera Omwana Mw'ayita Okukula

Ka tutandike n'okusooka okutegeera nti abaana bayita mu mitendera egyenjawulo egy'okukula. Kyamugaso eri abazadde okumanya emitendera gino, kubanga mu buli mutendera ebyetaagisa n'obwetaavu eri obuzadde bikyuka. Emitendera omwana mw'ayita okukula giyinza okuteekulu-

lwamu bwe giti: abaana abato abatandika okutambula, n'abali okumpi okutandika okusoma (emya-ka 0-7); abatannavubuka (8-11); abaakavubuka (12-14); abavubuka (15-22). Mu buli gumu ku mitendera gino, abaana beetaaga ebintu ebyenjawulo okuva eri abazadde omuli ebintu ebikalu, engeri y'okuyisibwamu, eby'omwoyo, empangaala n'abantu.

Ebyembi, omwana akula okuva mu mbeera ey'okwesigamira ku mulala okudda mu mbeera ey'okuba nga talina gwe yeetaaga kwesigamirako. Kikulu eri abazadde n'abaana okutegeeragana obulungi ku ngeri gye bayinza okuyita obulungi mu biseera bino ebyenjawulo. Abalina endowooza ekkiririza mu kukoonagana kw'abantu boogera ku ngeri abazadde n'abaana abavubuse bwe bavuganyaamu buli omu okuba nga y'asinga amaanyi n'okufuga ebintu ebikozesebwa. Buli omu ayagala okuba nga y'afuga omulala, era ebiseera ebisinga baba balina ebirowoozo byanjawulo ku butya ebintu (omuli ssente, ekifo n'ebiseera) bwe birina okukozesebwamu. Abaana bwe bagenda nga bavubuka n'okufuuka abakulu, abazadde beetaaga amaanyi gaabwe okugakyusa bagaggye ku baana baabwe bagazze ku bulamu bwabwe bwennyini. Ate ekibalo kikyuka abazadde bwe bakaddiwa oluusi ne beesigamira ku baana baabwe. Obutaba na gwe weesigamako kulina okukyuka kusikirwe buli omu okwesigamira ku mulala mu kuwaŋŋana amagezi, okwebuuzaganya, n'okugabana wakati w'abazadde n'abaana na buli omu okufa ku munne.

## Engeri Gye Tukuzaamu Abaana Baffe: Enkola Ez'enjawulo Ez'obuzadde

Naffe ka tukkirize nti waliwo enkola nnya enkulu abazadde bangi ze bakozesa (naye enkola z'okubeeramu abazadde zonna teziggweera mu miteeko gino ena).



1) **Eyookuwa ebiragiro / Ey'obwannaakyemalira:** Abazadde baba baagala kubagondera mu buli ngeri era bawa ebibonerezo ebikakali eri oyo aba abajeemedde.

2) **Akozesa obuyinza:** Abazadde basuubira abaana baabwe okukola bye baba babalagidde, naye nga nabo bakola abaana bye baba babasabye. Abazadde ab'ekika kino bannyonnyola bulungi amateeka gaabwe era ne bawa ensonga ze baba bamaze okulowoozaako ezikwata ku mateeka ago n'abaana bye balina okutambulirako. Bwe batyo abaana bamanya nti bazadde baabwe bye babaagaza tebamala gabiteekawo oba okuba nga biba tebimaze kulowoozebwako bimala gajja oba ebitalina makulu.

3) **Abateefirayo:** Abazadde abakkiriza abaana baabwe okukola nga bwe baagala. Tewatera kubaawo butakwatagana, kubanga abazadde bano baleka abaana okusalawo kye baagala.

4) **Abagendera ku kya bangi:** Abazadde bagezaako okuteesaganya n'abaana baabwe, era baleka abaana okwenyigira mu kusalawo.

Okutwalira awamu abettanira eby'empangaala y'abantu basinga kwagala buzadde obukozesa obuyinza. Weetegereze engeri gy'okolamu nga omuzadde olabe wa w'ogwa mu miteeko gino ena. Weebuuze lwaki walondawo okukozesa enkola eyo oba lwaki wagwa mu "nkola gy'okozesa". Okwenoonyerezaako okwekika kino kuba kujja kukusobozesa okuddamu okulowooza ku makubo g'okozesa, essira n'olissa ku bintu ebirungi ate n'ogezaako okulongoosa ebibulamu.

Waliwo enzikiriza esaasaanye ennyo, naddala mu bazadde Abasiraamu n'abamu ku bantu abatono mu kitundu, nti enkola ey'obuzadde obukozesa obuyinza (*Authorita rian*) ly'ekkubo erisinga okukola eriyinza okuyitibwamu okutan gira enneeyisa embi mu baana baabwe. Ekinyuma kwe kuba nga enzikiriza eno yeesigamizibwa ku ndowooza erabika essira okulissa ku kutangira enneeyisa embi okusinga okuwagira ebirowoozo ebirungi n'enneeyisa ennungi. Okufuga n'okutya bisoosowazibwa ku nkolagana ennungi mu maka era ekiva mu kino kiyinza okubeera abaana abatasobola kukwatagana bulungi n'ebyetaago by'embeera y'abantu mu kitundu ekivaako ebizibu ebingi mu mbeera y'ekitundu okutwalira awamu. Olw'ensonga eno, era n'olwokuyaayaanirwa kw'enkola eno, tusazeewo okugendako ewala mu kugitunuulira.

Enneeyisa esinga okulabika mu bazadde Abasiraamu kwe kussa mu nkola amateeka okutaliimu kuddirira n'okukina ku balala, n'obutabaawo kwogeraganya, okukubaganya ebirowoozo, okwenyigira mu nsonga n'okwebuuzaganya. Ensigo z'enkola y'okukozesa obuyinza zisigibwa mu maka okuviira ddala mu buto, oluvannyuma ne zisaasaana ebweru w'amaka ne zigenda ku ssomero, ziizo mu bitongole eby'abantu b'ekitundu, n'oluvannyuma mu gavumenti n'ebitongole by'ebyobufuzi.

Mu maka munda, taata alina obuyinza obukozesa amaanyi ku baana n'okulagira, abaana abakulu bakozesa obuyinza ku bato, n'abalenzi ku bawala. Abasajja okutwalira awamu be "baami" abasukkuluma ku bakyala era nga embeera yonna temuli ndowooza ya kukolera wamu na buvunaanyizibwa. Ekyo kyawukana ne Nnabbi ﷺ kye yakubiriza eky'obusumba bwe yagamba nti:

Mwenna muli basumba era mwenna mujja kubuuzibwa ebyo bye mwaweebwa okukola [mu busumba bwammwe]. (AL-BUKHĀRĪ)

Tetugamba nti abazadde bano tebafa ku baana; ekituufu kiri nti baagala nnyo era bafa nnyo ku maka gaabwe. Awamu n'ekyo, mu kugezaako okubeera abakambwe n'okubeera mu mitambo bye bakola bibaleetera kubuutikira maka. Okugatta ku ekyo, okubuutikira amaka (okufuga), si ky'ekimu n'okutendeka, ebiseera ebimu bye batera okutabula. Enkola y'okufuga eno (okubuutikira) teyamba kukuza baana abalungi mu nneeyisa, mu by'omwoyo ne mu birowoozo. Okukuza abaana ab'amaanyi, abazadde beetaaga okwogera nabo mu ngeri ey'okwebuuza ezingiramu buli omu. Kulaane egamba nti:

> *Ensonga zaabwe abazimala mu kwebuuzaganya. (Kulaane 42:38)*
>
> *Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wabeera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, baalikudduse (ne bakwabulira). Kale basonyiwe obeegayiririre Katonda abasonyiwe, era obeebuuzengako mu nsonga. Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga.*
>
> *(Kulaane 3:159)*

Wadde nga ekkubo ery'okukwasa abaana omukono ogw'ekyuma liyinza okuvaamu abaana okulabika nga abawa bazadde baabwe ekitiibwa, ekitiibwa kye balabikanga ababawa kirabikira kungulu naye nga munda temuli katiibwa na kamu okuggyako okutya, mu kifo ky'obumativu n'omukwano. Okutya, okw'ebiti ebibiri okuyigibwa obuyigibwa n'okwomubutonde okujja we kyetaagisiza, kujja kulambululwa mu ssuula eye 15. Enkola eno ey'okukozesa obuyinza esangibwa ne mu nteekateeka

y'ebyenjigiriza, eyo ekitiibwa abayizi kye bawa abasomesa gye kitazimbirwa ku kwagala kwe balina eri okusoma, wabula ku kutya okunyiiza abasomesa nandiki n'ebibonerezo bye babawa. Ekiyinza okuvaamu gwe mutindo gw'abayizi okukka mu by'okusoma. Ekkubo ery'okukwasa amaanyi liwagirwa enteekateeka y'ebyenjigiriza mu mawanga agamu, eyo okusoma gye kwesigamizibwa ku kuyigiriza okukozesa ekkubo ly'okukwata ebisomesebwa ku mwoyo, okusinga okubitegeera n'okwetaba mu bigenda mu maaso mu kusoma. Abazadde n'amasomero, abakolera ku nkola eno, tebalina kyamaanyi kye bayinza kwenyumiririzaamu. Kye baba basobodde okukola kyokka kwe kuyamba mu "kufulumya" abantu nga enneeyisa yaabwe mu by'empangaala n'abantu ebikwatagana obulungi n'ebitongole eby'obwannaakyemalira n'enkola ey'okukozesa obuyinza. Endowooza bw'eti eyeefaanaanyirizaako ey'obuddu gye tusanga mu bitongole bya gavumenti, ebibiina by'obufuzi, emigendo egirwanirira ebitundu, ebitongole bya poliisi, amagye g'eggwanga, ne mu makolero. Abantu abatono abawona enkola y'ebyenjigiriza eno era ne batagendera ku bufuzi bw'obumbula obw'ebitundu mwe bawangaalira, bafuna obuyambi butono. Beeyisa mu ngeri ya kinnanfuusi ne bagoberera abantu abangi kye baliko, ekitali ekyo baba tebajja kugya mu mbeera era babeere amaggwa agali ku bbali agafumita enkola enkyamu ennyo, nga n'ekiva mu kino kwe kubonaabona n'okumalibwamu amaanyi.

Kimanyiddwa bulungi nnyo nti obuvunaanyizibwa bw'okugonjoola ekizibu ky'okusannyalala mu by'amagezi, n'ebizibu ebiri mu birowoozo ebyo ebyasannyalaza Umma, bwonna bwetikkibwa balowooleza Umma n'abakwatibwako ensonga z'ebyenjigiriza. Wabula, wadde nga balina kinene eky'okukola, naye gye biggweera tulina kutunuulira bazadde okufuna ekyokukola. Abazadde bwe bamala okumatira, baba bajja kukola kyonna kye basobola okulaba nga bakuza abaana abalamu obulungi, abatagenda na muyeye, era abeeyisa obulungi nga bwe kyetaagisa abasobola okwetikka eddimu ly'obukulembeze, era abasobola okuleeta enkyukakyuka ennungi mu bitundu mwe bawangaalira, nga mu ngeri eyo baba baggya kukyusa embeera y'okukona eri mu Umma.

**Olwaleero embeera y'obuzadde enakuwaza eyinza okunnyonnyolwa bw'eti:**

- Obutamanya obubuutikidde abazadde, nga eno nkonge ebalemesa okunoonya okumanya n'okuyiga obukodyo;
- Embeera y'okutya evaamu "endowooza y'ekiddu" omutali kuyiiya n'okutandika ebintu ebipya;
- Okukoppa n'okugoberera abalala ("endowooza ey'eggana") awatali kusengejja; ne
- Enkwata y'ebintu ey'okubuutikira n'okukozesa obukambwe awaka ne mu bifo eby'abantu bonna.



Obuzadde buyinza okutandikawo oba okusanyaawo amaka, ekitundu, n'obugunjufu. Okuzimba obugunjufu tekukoma era si mulimu ogukolebwa omulundi ogumu ne guggwa; wabula kkubo lya bulamu bwonna era mutendera ogukyukakyuka ogutakutukawo. Bulina entandikwa naye tebulina nkomerero. Obugunjufu bweyongera okukula, okulongooka, n'okutumbuka. Kintu kyakugenda nga kiyigibwa, kivumbulwa, na kulongoosa (ihsān). Tukubiriza abazadde okulowooza ku kifaananyi ekinene, n'okulowooza ku bizibu enkola yaabwe ey'obuzadde, ky'eyinza okutuusa ku kitundu mwe bawangaalira kyonna okutwalira awamu. Abaana bwe bakuzibwa mu mbeera y'okutya n'okunyigirizibwa, bafuuka abatya okukola ebintu ebiyinza okuteeka obulamu bwabwe mu mbeera enzibu era ne batya n'okusalawo. Ekivaamu bamaliriza tebakyalina kwewulira nga abalina obuvunaanyizibwa era ne bawuliranga abatasobola kusalawo. Abaana abatya basobola okufuna endowooza y'okwefaako bokka ebatuusa ku buteetaba mu nsonga ezikwata ku bantu bonna, era ekyo kibalemesa okubuuza obuyinza abakulembeze gye babuggya, n'ekivaamu bwe bufuzi obukozesa obubi obuyinza era obwannaakyemalira. Abaana abakulira mu mbeera bw'etyo bamaliriza bagumiikiriza enguzi ne badduka n'obuvunaanyizibwa bwabwe mu kitundu mwe bawangaalira. Omwoyo gw'okukolera awamu nga ttiimu gugenda gubula, ekigaana okutandikawo ebitongole ebyetaagisa mu kuzimba ebitundu. Embeera ey'akaddannyume era ekkiririza mu mizimu n'amaanyi agenjawulo etasengejja na bipakirwa mu bwongo bw'abaana ne mu birowoozo by'abwe omuba temuli kintu, eremesa okubaawo okweyongera mu maaso okwassayansi ne tekinologiya.

Ebiseera ebya zaabu eby'obugunjufu bw'Obusiraamu byeyongera nnyo amaanyi kubanga ensonga zino zonna zaakuumibwa mu birowoozo abaana bwe baabeeranga bakuzibwa. Okugeza, enkola y'okuyonsa abaana yatwalibwanga nga ekitundu ku kubakuza, nga essira liteekebwa ku kukula kw'omwana mu birowoozo n'omwoyo. Mu butuufu, okuddamu ekibuuzo ekigamba nti "lwaki obugunjufu obwamaanyi bwe butyo bwakkakkana ne bufuuka obusembayo wansi mu byawansi?" kuli mu nsonga emu enkulu: engeri gye tukuzaamu abaana baffe, okuviira ddala mu kubazaala. Essira obutalissa ku buzadde obulungi, kye kintu ekisooka ekibula mu kulafuubana okwamaanyi era okuzze kukolebwa entakera mu byafaayo by'Obusiraamu okugezaako okwezza obuggya.

## Kiki Ekiyinza Okuwa Ekifaananyi Ku Ngeri Obuzadde Gye Bukolebwamu?

Waliwo akakwate wakati w'engeri gye tukolaganamu ne bazadde baffe n'engeri gye tukolaganamu n'abaana baffe? Abazadde abayisa obubi abaana batera okwekwasa nga nabo bazadde baabwe bwe baabayisa obubi nga baana bato. Ekyebuuzibwa kiri nti: Ebintu ebirungi omuntu bye yayitamu nga akyali muto ne bazadde be abamuzaala biyinza okuwa ekifaananyi ku ngeri gy'aba ajja okubeeramu n'enkola ennungi, efa ennyo ku bituuka ku baana be era obuzadde obuwa ekyokukola? Waliwo okusikira enkola y'obuzadde ejja eyingiragana mu mirembe egyenjawulo?

Omuzadde bye yajja ayitamu mu kiseera kye nga omwana, birina kye bikola ebijja byetuuma ne bivaako engeri gye yeeyisaamu nga afuuse omuzadde. Okutwalira awamu, abazadde abaa-yita mu mbeera y'okuyambibwa mu kiseera ekimu mu buto baafuuka abazadde abalina ekisa, abalumirwa, era ekyokulabirako eri abaana baabwe. Obuzadde obulimu okuyamba bukwatagana n'ekiseera ekirongooseddwa eky'okumanya ebintu ku myaka esatu. (Baumrind 2008)

Abazadde abasajja batera okweyisa mu ngeri eyawukanako n'eya bamaama ku baana baabwe amabujje n'abaavula. Wadde nga bataata ne bamaama abasinga obungi bafaanana mu ngeri gye beeyisaamu eva ku baana bye bakola, okubakozesa bye baagala, okubalaga omukwano, n'okubasomesa, bataata batera okubazannyisa mu ngeri erimu okukozesa amaanyi okusinga ku bamaama. Wabula abazadde bombi bakozesa ku maanyi bwe baba bazannyisa abaana abalenzi okusinga ge bakozesa ku bawala. Obuyigirize bwa bamaama ne bataata nabwo bulina akakwate ku ngeri abaana baabwe gye baba bajja okusomamu ne mu bintu ebirala. Ekinyuma, kwe kuba nga emyaka taata gy'aba yamala mu ssomero gye gikoma obungi, maama naye eyo gy'atera okukoma okuyamba abaana. (Ricks 1985)

Nga oggyeeko eky'okukozesa engeri bazadde baffe gye baatukuzaamu nga endabirwamu, ebiseera ebimu tetukkiriziganya na nkola ya bazadde baffe mu kukuza abaana. Wayinza okubaawo enjawulo mu ngeri y'okulabiriramu abaana mu mirembe egyenjawulo. Kumpi kimukyakubiri ekya bajjajja balowooza nti bazzukulu baabwe bakuzibwa mu ngeri yanjawulo eyawukana ku yaabwe gye baakuzaamu abaana baabwe. Ekimuekyokubiri eky'abo boogera kaati nti abaana baabwe baginya bazzukulu baabwe okusinga bbo bwe baakolanga nga be bazadde. Abatawera kimukyakubiri bagamba nti emirimu gy'awaka abaana baabwe gye bawa bazzukulu baabwe mitono okusinga bbo gye baawanga abaana baabwe era nti bazzukulu baabwe balina emikisa mingi okusinga bo gye baawa abaana baabwe (Zogby International 2006).

Nga tebafudde ku biseera byabwe eby'obuto, "amaka mwe bava," obuyigirize, oba ennyingiza yaabwe, abazadde abalungi bakivumbula nti okufuna abaana abaabwe ku bwabwe kakisa ke baba bafunye okuddamu okulowooza ku ngeri bbo ze baakuzibwamu. Bayinza okukola bye bimu oba okulongoosaamu ku ngeri bazadde baabwe gye baakwatangamu abaana baabwe nga bwe bagenda bakula.



Wabula gye biggweera, abazadde ne bwe bakola batya, abaana baabwe baba baakufuuka bantu abeetongodde era nga be bavunaanyizibwa era ababuuzibwa ku bikolwa byabwe. Abazadde kyokka kye basobola okukola kwe kubawa obuyambi n'okubaluŋŋamya. Luliba olwo essanyu ne lyagala okubayuza nga balangirira nti: "twali bazadde balungi."

## Entandikwa Y'okubeera Omuzadde Omulungi: Okutunuulira Omulimu Ogwolekedde Omuzadde

Okubeera omuzadde omulungi kutandika omwana tanneetondeka munda. Omuntu nga tannayingira bufumbo yeetaaga okulonda omubeezi omulungi. Oluvannyuma lw'okufumbirwa, maama ali olubuto alina okufa ku bulamu bwe, n'endya, wamu n'okwewala ebintu by'ayingiza mu mubiri ebiyinza okuvaako ebizibu. Taata alina okulabirira maama mu ngeri yonna gy'asobola, okumuggyako nga bwe kisoboka emirimu n'obuvunaanyizibwa ebisinga obungi, era n'amusobozesa okuwummula ekimala, okwebaka, n'okufuna emirembe. Wano, mu bufunze, tuwa abazadde emirimu egiboolekedde n'okumanya n'obukugu ebyetaagisa okubeera abazadde abalungi. Kiyamba okumanya okusoomooza okutuufu abazadde kwe babeeramu we kukoma baleme kuyisaawo oba okunyooma ebizibu bye baba bagenda okusanga. Bwe baba balowooza nti okubeera omuzadde kintu kyangu, baba tebajja kuwulira muli bwetaavu okubweteekateekera. Bwe baba balowooza nti buzibu nnyo, baba bajja kuggwaamu essuubi ebintu babiveeko.

Wadde nga okubeera omuzadde kiyinza okubeera nga ky'ekintu ekisinga okuvaamu ebibala, okuzaaamu amaanyi, era gye biggweera nga ky'ekintu ekisinga okuleeta essanyu mu bintu omuntu by'ayitamu, naye era kuyinza okubeera nga kwe kusinga okwetaaga ebintu ebingi. Obulamu bw'omuntu bwonna bujjudde okugezesebwa okujja kugoberegana, era nga okukuza abaana kwe kusoomooza okusingayo. N'olwekyo, ebirooto birina okuteekebwa ku bbali ebintu ebimu bitwalibwe nga bwebiri mu butuufu bwabyo. Obuzadde obulungi si bwangu, era tebuyinza kubulamu nsobi. Abaana baba bajja kussa obugumiikiriza bw'abazadde baabwe mu kugezesebwa, era ne bwe batabeera kumpi awo, baba tebajja kubava ku mitima n'ebirowoozo. Obulamu bw'omuntu bukyukirawo nga afunye abaana.

Abaana bonna balina talanta n'ebintu bingi bye basobola okukola, nga n'abazadde bonna bwe bali. Okubeera omuzadde si kintu omuntu ky'alina okweŋŋanga yekka. Abazadde bangi balina omutimbagano gw'abantu abangi abayinza okubayamba mu kulabirira abaana baabwe, nga mwe muli abasomesa, abakozi b'awaka, abooluganda, abakulembeze b'eddiini, n'abeemikwano.

Abakyala olufuna embuto, tuyinza okutandikira ku kukola ebintu ebigenda okwogerwako wammanga. Kiyamba okukuuma ekifaananyi ekigazi mu mutwe okusobola okwewala okutabulwa ebintu ebingi ebirina okukolebwa n'ebitalina kukolebwa. Tandika n'okugezaako okutegeera emisingi gino omunaana egiggya wammanga gigezeeko okukuyamba okulaba obulamu bw'amakaago n'awaka wonna mu ngeri entereevu obulungi.

Kuuma obuzadde mu ngeri ewa emirembe. Weegambe nti wadde nga tuyinza okukola ensobi "ezeekisiru" ezitali ŋŋenderere, toyinza kwogera nnukuta za kigambo "stupid (busiru)" nga totaddemu U (ggwe) ne I (nze). [Ensobi zikolebwa ggwe nange].

## 1. TEGEERA NTI OMWANA OKUKULA MUTENDERA OMUZIBU OGUTWALA EKISEERA EKIWANVU

Okukuza abaana abalongoofu, abatuuze abalungi, n'abantu abayinza okuvaamu abakulembeze abalungi mu biseera eby'omu maaso, mulimu ogulina okukolebwa buli lunaku ogumala emyaka sso si myezi. Wadde nga omukwano guyinza okutulema n'enkolagana eyinza okukoma, olujegere oluyunga omuzadde n'omwana lugumu nnyo era teruyinza kumala gakutulwa, nga lulwanyisa embuyaga ezisinga okubeera embi, lusigale nga lwe lusinga amaanyi enkolagana esinga obunywevu ku nsi.

## 2. TEEKAWO EBIGENDERERWA EBITUUFU ERA OLAFUUBANE BULI KASEERA OKWONGERA OKUBIRONGOOSA

Ebigendererwa bituyamba okwewala okutabulwa era ne bitulaga eky'okukola. Bitulaga bulungi wwa gye twagala okugenda era butya bwe tuyinza okutuukayo (tutaddewo ekipande ky'ebigendererwa eby'okubeera omuzadde kye tugenda okwogerako mu ssuula eziddako). Awatali bigendererwa oba maapu etambulirwako mu luguudo, abazadde bayinza okukola ensobi nga tebamanyi kubanga baba tebalina bigendererwa birambulukufu kwe bayinza okupimira bye bakola. Kino tekitegeeza nti ensobi tezijja kukolebwa; ziba zijja kukolebwa! Kye tutegeeza kwe kutegeera ensobi n'okuziyigirako mu ngeri y'okufuuka ab'obuvunaanyizibwa okusingako. Ekintu kye kimu kikwata ne ku baana: abaana baffe tubawadde bye twagala bakole mu bulambulukufu? Tubaluŋŋamizza ku ngeri gye tuyinza okuwangaalamu nabo obulungi? Tubawadde obukugu obwetaagisa basobole okukola bye tubaagaza?



## 3. TEEKA MU NKOLA EMISINGI GY'OYIZE ERA OGABANE NE BAZADDE BANNO BY'OZZE OYITAMU MU BULAMU

Bwe twekebejja ebiwandiikiddwa ku by'obuzadde, oba ne tunoonya okuweebwa amagezi ag'ekikugu, tujja kusanga okuluŋŋamya kungi okuyinza okutuyamba. Wadde nga abazadde bayinza okukkiriziganya ku misingi egyawamu, batera okulemererwa okugissa mu nkola (olw'obutaba na bukugu, obumanyirivu oba ebiseera, olw'emirimu gy'awaka egya buli lunaku okubamalawo). Wabula bwe bagabana by'ayitamu ne bazadde bannaabwe, kiyinza okuyamba enjuyi zombi okufuna obukugu mu by'obuzadde. Ky'ekimu tetuli bafumbo oba tuli bafumbo, tuli waka oba tukolera bweru, okubeera omuzadde mulimu mukulu nnyo omuntu gw'atasobola kukola bulungi yekka.

### 4. BEERA EKYOKULABIRAKO EKIRUNGI ERA OSOMESE ABAANA OKWEMALIRIRA

Ekimu ku bintu ebikulu abazadde kye bayinza okusomesa abaana baabwe ky'ekyokwerabirira nga tebaliiwo. Okwewa ekitiibwa, obuvumu, okweteekamu empisa, okwagala, ekisa, okukolagana n'abalala, n'okuba ab'obuvunaanyizibwa bintu abaana bye bayigira awaka. Okwogera obwogezi tekumala kuwa baana ebyetaagisa okufuuka abasajja n'abakazi abeesiimisa. Ekyokulabirako ekirungi eky'omuzadde kisinga okubuulirira okutaggwa.

### 5. SOMESA ABAANA OKWAWULA EKIRUNGI N'EKIBI

Abazadde bwe bawulira emboozi ezikwata ku nneeyisa embi ey'abaana abalala, ebiseera bingi bakyogerako bati: "Omwana wange tayinza kukola bw'atyo. Omwana wange wanjawulo." Kikyamu okulowooza nti omwana waffe ye tasobola kuba na mize era nti gye biriggweera aliba muwanguzi. Ekituufu kiri nti, omwana ayinza okweyisa mu ngeri gye tutaagala. Kino tekiteekeddwa kutugwako bugwi kubanga abaana baffe si baawufu ku nkumi n'enkumi z'abaana be tuwangaala nabo era abatwetoolodde. Okuva ffenna lwe tusibuka mu Adamu ne Eva (abalimu ku butonde bwabwe), ffenna tusobola okwawula ekirungi ku kibi n'okukolera ku kumanya kuno okutuli mu musaayi. Nga twolekedde okusoomooza kwe kumu era nga tuwangaalira mu mbeera esemberaganye, buli muntu aba ajja kukola ensobi, nga enjawulo yokka kwe kuba nga abamu ku ffe baba bajja kukola ensobi nnyingiko okusinga ku balala, era nga abamu ku ffe baba bajja kwenenya era balongoose, sso nga abalala baba tebajja. Wadde nga buli omu wanjawulo ku munne, twolekera ebintu bingi bye tuyitamu ebifaanana. Kizibu okubaawo embeera mu bulamu bwaffe gye tuyitamu nga teri muntu mulala yenna eyali agiyiseemu, mu ngeri emu oba endala.

### 6. KOLA NNYO OKUKULAAKULANYA N'OKUNNYIKIZA EBITENDO EBIKULU EBY'ENNEEYISA

Mu kifaananyi ekinene, okubbulukuka kw'obugunjufu bw'obuntu obwaddala kusoboka singa wateekebwawo ebitongole ebirungi. Ebitongole bino biteekwa okuba nga mulimu bantu abalina embeera ez'amaanyi, ezitayuugayuuga, omutali kweyagaliza, mululu, na nguzi. Abantu bwe batyo era balina okubeera n'ebitendo eby'obwesimbu, obwetoowaze, n'omukwano eri abalala. Ebitendo by'enneeyisa ennungi tebitera kujja na mukisa; biva mu maka amasanyufu, embeera etekyukakyuka n'abazadde abafaayo.

### 7. KULAAKULANYA EKITONE KY'OKWOGERAGANYA

Yogera! Kubaganya ebirowoozo n'abaana ku buli kintu ne ku bintu byonna, ku kye wakoze mu lunaku, ku butya bw'owulira ku nsonga eziriwo, ne ku kiki abaana kye balowooza ku x, y, ne z. Kikulu nnyo abaana okuyiga engeri gy'olambikamu ebirowoozo byo. Okuwuliziganya kufuule ekisoosowazibwa era otegeere omwana wo. Nga oggyeeko okutumbula enkolagana, okwogeraganya era kukulu nnyo mu kukulaakulanya olulimi n'okuyiga okulambika ensonga. Teweekweka mu kulaba ebiri ku terefayina, omutimbagano gwa kompyuta, emizannyo gya kompyuta, weggyeeko omwana. Obutayogera na baana kivaako okutta amagezi n'obutafaayo ku bigenda mu maaso. Mu

kitabo kino tutaddemu essuula nnamba eyogera ku bizibu ebiri mu kulaba ennyo terefayina. Okuwuliziganya kuzingiramu okukubaganya ebirowoozo okwamaanyi n'okuwaanyisiganya okuleeta essanyu. Abazadde bakubirizibwa okusaaga n'okuzannya n'abaana baabwe, kubanga ebintu ebireeta essanyu byongera amaanyi mu nkolagana ne bimalawo n'omuntu okuba nga akaluubiriza. Abazadde batwala ekiseera kinene nnyo mu kukuza abaana ne batuuka n'okwerabira okubafunamu essanyu nga kuno kufiirwa kwamaanyi nnyo. Abaana bawangaalira mu nsi yaabwe, era balina emikisa mingi egy'okuba n'essanyu n'okuzannya. Kikwasa ennaku okulaba abazadde ab'ekkabyo, abakaluubiriza mu mbeera, abasalawo okulaba pulogulaamu za terefayina mu kifo ky'okugenda okulaba abaana bye bakola n'okwetaba mu by'abaana, okubasesa, n'okusanyuka nabo. Okuva obulamu lwe bujjudde okweraliikirira n'ebintu ebiteeka ku bunkeenke, abaana bayinza okuwa eddagala erisinga obulungi okumalawo obulwadde bw'ebirowoozo nga bayita mu kuyamba bazadde baabwe okudda mu nsi yaabwe eyeekito, ne bwe kabeera kaseera katono. Abazadde abamu bawulira nti okuzannya n'abaana baabwe kiraga bunafu oba butatwala bulamu nga ekintu ekikulu. Ekituufu kiri nti bw'oseka n'abaana, oba obakkiriza okuwulira nga beematira era nga tebakyakutya, obunkenke bukendeerera ddala, olujegere lw'omukwano olutalabika ne lugabanibwa, era abaana ne bawulira nga tebakyatya kwennyonnyolako. Okusaaga n'okuseka bitundu bikulu nnyo mu mpuliziganya.

### 8. NYUMIRWA EKY'OKUBEERA OMUZADDE OMULUNGI!

Kino kyongereza ku nsonga eri waggulu. Emisingi egireeteddwa waggulu gigendereddwa kukozesebwa mu ngeri ey'ekisa n'okufunamu essanyu. Ebiseera ebimu abazadde abatwala ewala eky'obuwanguzi essira baliteeka ku kutuukiriza ebigendererwa ne batuuka okuleka essanyu mu maka erifunibwa amangu okubayita mu ngalo. Kino kigenderere. Okubeera abazadde abalungi ndowooza ezingiramu ebintu ebingi era mulimu ogw'ekisa, okuva eky'obuzadde nakyo lwe kiri ekikulu nga okutuukiriza ebigendererwa bwe kuli.

## Okuganyulwa Mu Nsonda Ezivaamu Amawulire Agakwata ku By'obuzadde

**Emu ku ngeri okutandikirwa omuntu okubeera omuzadde omulungi, kwe kwebuuza ku nsonda ezivaamu amagezi eg'ekikugu n'ebyama eby'omugaso.**

*Ensonda Z'ekisiraamu Okuzigeraageranya N'ensonda Ezaabazungu*

Ebiwandiike ku by'obuzadde bingi nnyo mu America Ey'obukiikakkono (Akeeso 1.1). Abazadde Abazungu bafuna ebintu bingi ebikwata ku kubeera omuzadde omulungi; era waliwo ebitabo bingi, amaterekero g'ebitabo, n'emitimbagano ebiwa amawulire agasobola okuyamba okufuula eky'obuzadde ekivaamu ebibala era ekisobola okukola obulungi.



## Ebiseera Ebyomugaso N'OKWETABIRA AWAMU N'abaana

Ebiseera bingi abazadde bayinza okugamba nti bamala ebiseera biwanvu b'abaana baabwe. Ekituufu kiri nti kye bategeeza si kuba na baana baabwe wabula kubeera kumpi n'awali abaana baabwe. Ekitegeeza nti bayinza okubeera mu kisenge ky'ekimu n'abaana naye nga balaba terefayina, nga balina kye basoma, nga bali ku ssimu, nga bakebera mabaluwa gaabwe ku kompyuta, oba nga banyumya na bagenyi. Ekyetaagisa kwe KUBA NGA BEETABIDDE WAMU n'abaana. Kino kitegeeza kusoma bonna, kuzannyira wamu emizannyo, kugonjoolera wamu obukunizo wamu, kufumbira wamu na kuliira wamu, kukubaganyiza wamu ebirowoozo ku bintu ebimu, kusaagira wamu, kugulira wamu ebintu, kuzimbira wamu bulooka, na kwoleza wamu ebintu. Okukissa mu bigambo ebirala, si kubeera bubeezi wamu n'omwana naye nga omwana asigadde yekka mu kiseera ky'ekimu, wabula kwetaba naye na kubeera munne mu by'akola.

Kino kiseera kya muwendo omuli ebiseera ebingi ebimala ebikozesebwa mu KWETABIRA AWAMU. Teri mukozi waawaka, wadde omuntu omulala ayinza okuweebwa obuvunaanyizibwa, asobola okudda mu kifo kya bazadde, ababiri!

HASAN ALTALIB

## Okukozesa ensulo omuva amawulire agakwata ku by'obuzadde

**Erimu ku makubo omuntu g'ayinza okukwata okutandika okukola obuzadde obulungi kwe kunoonya ebintu omuli amagezi g'abakugu ne bye bakoonako.**

Amakubo Ag'abasiraamu nga ogageraageranyizza n'amakubo G'abazungu. Ebiwandiike ebikwata ku by'obuzadde bingi nnyo mu America eyoobukiikakkono (Akeeso 1.1). Ku bazadde abali mu Bulaaya amawulire gali mu bungi ku bikwata ku kubeera omuzadde omulungi; era waliwo n'ebitabo bingi ebiwandiikiddwa, amaterekero g'ebitabo, n'ebibanja ku mitimbagano gya kompyuta ebiwa amawulire okuyamba okufuula eky'obuzadde ekivaamu ebibala era ekitambula obulungi.

Akeeso 1.1 Okubeerawo Kw'ebiwandiikiddwa ku Kubeera Omuzadde

| Etterekero Ly'ebitabo | Ebiwandiiko ebirimu |
|---|---|
| Etterekero ly'ebitabo erya Congress | 2,464 |
| Ekibiina kya Yunivasite 6, USA | 3,215 |
| Fairfax County Public Library, Virginia | 432 |
| Ettendekero ly'Eggwanga e Canada | 362 |

Biggyiddwa mu: United States Library of Congress (www.loc.gov) Fairfax county Public library (www.fairfaxcounty.gov/library) Library and Archives Canada (www.collectionscanada.gc.ca)

Mu kugeraageranya, Abasiraamu abagenda okuba abazadde bwe banoonya amagezi okuva mu biwandiikiddwa eby'Obusiraamu, kiki kye bayinza okufuna? Al-Tall ne al-Qaysi (mu Luwalabu 1990) bakkaatiriza obutono bw'ebiwandiikiddwa ebirungi ku buzadde Ebyekisiraamu. Ebitabo bitono ebiwa obwoleke obujjuvu ku ngeri y'okuteeka empisa ezikkirizibwa n'enneeyisa ennungi mu baana. Abazadde bafuna obuzibu okukozesa ebitabo ebyedda ebyogera ku by'obuzadde. Ebitabo ebikadde bikwatagana na biseera byanjawulo n'okusoomooza okwenjawulo, era bibulamu okuteekateeka okulambulukufu, endagiriro, wamu ne gye biva. Ebintu ebikwata ku by'obuzadde ebiyinza okukozesebwa Abasiraamu byesuddesudde mu biwandiiko ebingi omuli: ebitabo ebikwata ku mateeka, ebitabo ebinnyonnyola Kulaane (tafsiiri), ebitabo eby'ebyafaayo, ebitontome by'abasuufi, n'ebitabo ebikubiriza okukola ebintu.

Dr. al-Za'balawi (mu kitabo kye mu Luwalabu ekikwata ku kukuza abaana abavubuse) agamba nti waliwo ebiwandiikiddwa Eby'ekisiraamu bitono ku kulera omwana, era bitono nnyo ebikwata ku bavubuka bokka. Ekibiina ekigatta abayizi Abasiraamu aboomu America ne Canada (The Muslim Students Association of the United States and Canada [MSA]) kyafulumya ekitabo ky'Ekisiraamu ekyasooka mu kusiiga ebifaananyi eky'abaana mu 1973. Ebitabo eby'ekika ekyo tebyaliwo ekiseera ekyo, era abazadde abaawangaaliranga mu Bulaaya baawuliranga obwetaavu bw'ebitabo by'abaana.

Dr. Manazir Ahsan, Akulira ekibiina Islamic Foundation e Leicester, mu Bungereza, agamba nti wadde nga Abasiraamu mu Bulaaya basobodde okuzimba amatendekero, emizikiti, n'amasomero ebingi naye tebasobodde "kufulumya bitabo mu Luzungu okuyamba emigigi emito okufuna bye gyetaaga okusoma, awaka ne ku masomero" (D'Oyen 1996).

Ebiwandiike ebiriwo bitono nnyo era bingi ddala ebikyetaagisa. Amaterekero g'ebitabo olwaleero gabulamu ebitabo ebikwata ku kukuza abaana n'ebikwata ku by'obuzadde. Ebiwandiike ebisinga obungi bikwata

ku kusoma kw'abakulu, era bitono ebiwandiikiddwa ku kukula kw'abaana n'ebirowoozo by'ekivubuka. Ebiwandiike bingi byawandiikibwa bakugu mu mateeka ku bintu ebitongole ebikwata ku ndagaano z'obufumbo; eddembe ly'abaami, abakyala n'abaana n'obuvunaanyizibwa bwabwe; amateeka agafuga okwawukana kw'abafumbo n'ebikugenderako, n'okugabanya ebyobusika. Waliwo obwetaavu bw'ebitabo Byekisiraamu ebirala ebikwata ku maka n'enkolagana mu booluganda, naddala ku ludda lw'empangaala y'abantu, ebirowoozo, n'okukula kwabwe. Abazadde bwe banoonya amagezi ku bikwata ku nsonga z'amaka, ebitabo bye basinga okusanga biba biwandiikiddwa mu ngeri ya bintu bya mateeka era mu ngeri egoberera empandiika y'entaputa y'amateeka entongole.

Okwo ogattako nti ebitabo by'ebyafaayo ebisomesebwa mu masomero agaawaggulu mu nsi z'Abawalabu bitera obutafa ku ngeri abantu gye bakolaganamu n'engeri buli omu gy'akulaakulanamu, essira okusinga ne birissa ku nsonga ezikwata ku byobufuzi n'okuteekateeka emirembe n'entalo mu mawanga. Omwagaanya mutono oguweebwayo okwogera ku mukwano gw'abantu, okwagalana, n'okuwaŋŋana ebitiibwa Nnabbi Muhammadi ﷺ bye yalaga abaana, ekisa kye yabalaganga nga bali naye, ekitiibwa kye yabawanga, n'engeri gye yayagalanga okwetaba mu mizannyo gyabwe. Nnabbi ﷺ teyafuna mukisa okukuza baana be abalenzi kubanga baafa bato, naye yasobola okukuza bawala be (Fatuma, Zayinabu, Ruqayyah, ne Ummu Kulthuum) era ne yeetaba mu kukuza bazzukulu be n'abaana b'abooluganda lwe n'abaana b'abantu abalala.

Era bw'atyo yakuza muganda we (omwana wa kitaawe omuto) Ali ibin Abi Twalib n'omwana gwe yayola Zayidi ibin Haaritha. Kyewuunyisa engeri Nnabbi ﷺ gye yassa ennyo omwoyo ku baana abato n'okufaayo ennyo ku nsonga zaabwe, n'okubalaga ekisa n'okubawa ekitiibwa nga ate mu kiseera kyekimu yali alina eddimu ly'okuzimba ekitundu ekipya n'eggwanga eppya eryabeeranga buli kiseera nga lyolekedde obulumbaganyi n'okwagala okusaanyizibwawo abalabe baalyo.

Okufaayo kutono abasajja kwe bakola mu by'okulabirira abaana kubanga, ebiseera ebisinga, omulimu ogwo guzze gukolebwa bakyala. Okunoonya n'okunnyonnyola ebyakolebwa abakyala Abasiraamu, abamanyiddwa nga Bamaama Baabakkiriza mu biwandiike eby'Abasiraamu, tebikolebwa kimala. Mu butuufu, ebisinga byabula oba ne bitatwalibwa nga kikulu. Twetaaga okukubiriza abamanyi okunoonyereza n'okwongera okuwandiika ku ngeri bakyala ba Nnabbi ne Baswahaba abakyala gye baakuzangamu abaana. Kino kiba kijja kuyamba okutandikawo essuula empya mu kifo abakyala kye bazannya mu kukulaakulana kw'abantu era kiyambe n'okugaziya etterekero ly'ebitabo ku misomo egikwata ku bakyala. Okwongera ku ebyo, ebiwandiike bino birina okuzingiramu ebikolwa by'abakyala abaakuza obulungi abantu abaafuuka abakulembeze mu biseera bino, kye kimu basajja oba bakazi. Okuggyako nga tukoze ekyo, okuluŋŋamya okugamba nti "Ejjana eri wansi wa bigere bya maama" kujja kukoma ku bigambo bya bunnaddiini ebitalaga bwesimbu.

Essira n'okutuusa kati lizze liteekebwa ku bintu ebitali birambulukufu ebikwata ku mpisa n'ebigendererwa, okusinga okulissa

ku bwoleke n'amakubo agasobola okukulaakulanya enneeyisa ennungi n'empisa mu baana. Tewali kufaayo kumala kuteekebwa ku kutegeera n'okulambulula ebikwata ku kutumbuka n'okukula, ekikifuula ekizibu eri abazadde okussa mu nkola emisingi okuzimbirwa eby'obuzadde mu bulamu bwabwe obwabulijjo. Obukodyo obwoleke, obukugu obugwana, n'ebyokulabirako mu bulamu nga bwe buli byetaagisa nnyo. Ekimu ku byaggya abantu ku mulamwa bwali bufuzi bw'amatwale obwakolebwa ebyasa n'ebyasa ku mawanga g'Obusiraamu. Mu kiseera ekyo kyonna, ekintu ekyasinga okuteekebwa ku mwanjo kyabeera kununula mawanga ago, olwo trabiyah (okuyigiriza n'okutendeka) ne bisuulibwa muguluka. Enkyukakyuka mu mpangaala y'abantu, okuddukanya emirimu obulungi, n'okukulaakulana byateekebwa wansi w'ebintu ebyalina okukolebwa. Okuwandiika ku by'obuzadde teyali nsonga nkulu era tewali kunoonyereza kwamaanyi kwakolebwa ku kino okumala ekiseera ekiwanvu.

Abazza obuggya Obusiraamu okugeza Ibin Sahnuun, Ibin al-Jazzaar, ne Ali al-Qabsy, bonna nga baawangaaliranga Qayrawaan, e Tunis, essira erisinga baalissa ku kuyonsa, n'engeri y'okufugamu empisa n'okubonereza abaana mu kibiina n'okusasula abasomesa. Tewaali kufaayo kumala okwateekebwa ku birowoozo by'omwana n'okukulaakulana kwe, okumuyigiriza, wamu n'ebyobuzadde. Kino kiyinza okunnyonnyola ekitundu ku nsonga eyagaana emigendo egyagenderera okulongoosa tegyasobola kuzza buggya Bugunjufu Bw'Abasiraamu awamu n'okuba nga abaali bagikulembera tebaali bantu baabulijjo mu magezi era nga baali beesimbu mu kulafuubana kwabwe. Okusobola okuteekawo ekibiina ekigenda mu maaso, twetaaga okuba n'okumanya okulungi ennyo ku by'okulabirira omwana n'okuzimba embeera z'obuntu. Era twetaaga ebyenjigiriza ebirungi, obukkiriza obwamaanyi, n'obukugu obutuufu. Kikulu okulaba engeri Kulaane gy'etegeezaamu nga Bannabbi bwe bali ekyokulabirako ekirina okugobererwa. Ebitendo eby'obukulembeze bisobola okukulaakulanyizibwa nga obudde bukyali bwe tuba n'okutegeera ekitone ne sayansi w'okubeera abazadde.

Mu 2002, IIIT yatuma Pulofeesa Mumtaz Anwar ow'ettendekero ekkulu e Kuwait okunoonyereza ku biwandiike ebiriwo nga bikwata ku by'obuzadde obw'Abasiraamu. Yasanga nga tewali bitabo birungi ebyogera ku by'obuzadde ebisobola okukozesebwa Abasiraamu, era nti omuwendo gw'abantu abasobola okusoma n'okuwandiika gwali wansi nnyo mu mawanga g'Obusiraamu, naddala mu bakyala. Abazadde Abasiraamu abasinga obungi beesigamira ku kulaba okwabuli omu ne by'ayitamu mu kukuza abaana, nga ekyo tekimala kukuza baana mu ngeri ematiza. Naye ne mu bazadde Abasiraamu abayigirize, tewali biwandiike biri ku mutindo ogwawaggulu ebimala ku by'obuzadde obulungi era nga tewali kutendeka okutegekeddwa obulungi. Wadde nga kizibu okugeraagerageranya omuwendo gw'ebiwandiike byonna ebiri mu nnimi zonna mu mawanga g'Abasiraamu, tukiggumiza nti tebimala. Ekiri mu giraasi kiri nti waliwo obwetaavu obwamangu okufulumya ebitabo ku by'obuzadde, nga byesigamiziddwa ku kuzimba enneeyisa, era nga bigonjoola n'ebizibu ebiriwo era ebyetaagisa mu bitundu by'abantu olwaleero omuli n'ebizibu ebiri ku ddaala ly'ebitundu.

| Ebitendo bya Ba Nnabbi (Ebisangibwa mu Kulaane) | |
|---|---|
| **Ebigambo Kulaane By'ekozesa** | **تعابير قرآنية** |
| Mwesigwa | صديقا |
| Akwatirwa abalala ekisa era musaasizi | رؤوف رحيم |
| Okumanya n'amagezi | حكما وعلماً |
| Okweyongera (nga eyogera ku Twaluut) mu maanyi g'omubiri n'okumanya | زاده بسطة في العلم والجسم |
| Waamaanyi era mwesigwa | القوي الأمين |
| Mukugu era mwesigwa | حفيظ عليم |

## Okubeera Omuzadde Kwalisomeseddwa Mu Bibiina Ebyawaggulu Mu Masomero?

**Okubeera omuzadde bwe guba nga mulimu ogw'obuvunaanyizibwa, lwaki tetukusomesa nga essomo ettongole mu masomero? Abantu musanvu ku buli kkumi balowooza nti okubeera omuzadde kintu kye tulina okuyiga oba okusomesebwa.**

LONGFIELD NE FITZPATRICK 1999



Ensi ekyuse kinene okuva ku nkomerero ya Ssematalo Owookubiri. Emirembe egy'emabegako abantu ab'amaka agamu baateranga okusula ku kyalo kye kimu oba akabuga akamu. Bajjajja, bassenga, bataata abato, n'abooluganda abakulu baaberangawo okuwa amagezi n'okuyamba ku ngeri y'okulabiriramu abaana. Obulamu bw'amaka kati bulimu okusoomooza okusingako awo. Kati waliwo amaka mangi agaddukanyizibwa omuzadde omu era obufumbo obusasika bugenda bweyongera ne bamaama abakola kati bangi okusinga bwe gwabeeranga. Nga obukodyo bw'okuyigiriza obuzadde obulungi bwe bugenda bukendeera twetaaga okujjuuliriza omulimu "gw'omusomesa akola ogw'obuzadde" ogulekebwa nga tegukolebwa olw'amaka amanene okugenda nga gakendeera. Tutunuulire masomero okutukolera omulimu ogwo? Okwongera ku ekyo, okukuza omwana owookubiri kiyinza okubeera ekyangu okusinga ku asooka kubanga tuba tweyongeddeko okuyiga. Bwe tuba tusobola okuyigiriza bye tuyiseemu, mu ngeri entongole oba eteri ntongole, tekiba kirungi okukikola?

Wadde nga okuteekawo amasomo agakwata ku by'obuzadde kyalibadde ky'ekikolebwa era nga kisikiriza, mu mbeera nga bw'eri, kino kiri wala nnyo. Twetaaga okuba abalambulukufu ku ki ki kye twetaaga okusomesa mu masomo ago. Omulimu gwa "omusomesa akola obuzadde" nagwo buzibu bwereere. Obulamu bw'amaka si ssayansi mwereere: buli ne ku ngeri omuntu gy'awuliramu munda, enkolagana n'abalala, na mukwano. Abo abatakkiririza mu kusomesa ebikwata ku buzadde mu masomero ga haaya bagamba nti eby'obuzadde tebirina kusomesebwa nga ebintu by'okubala ebitakyuka mu bibiina ebiddukanyizibwa ebitongole bya gavumenti.

Ebitongole by'ebyenjigiriza ebyagala okuyingirira mu nsonga z'amaka ezitali za lukale ne bannabyabufuzi abeeyingiza mu buli nsonga tebirina kukkirizibwa kuyingirira nsonga z'enkolagana y'amaka ezitategeerekeka bulungi. Obuyambi bw'ekikugu ku bikwata ku by'obuzadde bwamugaso, naye abazadde tebateekeddwa kusuulira buvunaanyizibwa bwabwe abasomesa n'abakugu. Okuva buli maka lwe gatafaanana gannaago, abazadde baweebwa amagezi okukozesa amagezi agaabwe agalengera ewala, okugendera ku kye bawulira munda, n'okulamula okwabwe nga abantu. Omuntu okuyiga mu nsobi ze kiyamba era okwetongola kw'amaka kulina okukuumibwa obutiribiri. Obuzadde, obutafaanana na kubala, si ssomo erikoma ku bisomesebwa mu kibiina. Abasomesa abasobola okusomesa ebintu ebitali bya bulamu obwabulijjo bayinza obutasobola kusomesa ssomo erikola mu bulamu erikwata ku by'obuzadde.

Okwongera ku ekyo, mu kuwa okuluŋŋamya ku bikwata ku by'obuzadde, twetaaga okubeera abeegendereza okwewala okuyingirirwa okutali kutuufu okuva ebweru mu bulamu bw'amaka awamu n'okufuuka bannaakyemalira. Ekyo kiyinza okukotoggera okwekkiririzaamu kw'abazadde n'okwekubamu ttooci. Abasomesa abatali batendeke tebalina kukola nga bakayunigirizi oba abalamuzi abagonjoola ebitateredde mu maka.

Wabula wadde nga ebyo tubyogedde, waliwo emigaso mu masomo agategekeddwa obulungi gye tutayinza kubuusa maaso. Mu kifo ky'okusuula buli kintu mu kasero, tuteekeddwa okusomesa obukulu bw'obuvunaanyizibwa obuva mu kutandika amaka, wamu n'ekiseera n'ensimbi ebyetaagisa. Ekyokulabirako eky'amasomo ku by'obuzadde ekigenda okuleetebwa wammanga kiggyiddwa mu Bungereza naye n'amawanga g'Abasiraamu gatandise okusomesa eby'obuzadde. Okugeza, kizzaamu amaanyi okumanya nti mu mwaka gwa 1998, ettendekero ly'Obusiraamu ery'e Malaysia (the International Islamic University in Malaysia) lyatandikawo essomo ku bufumbo n'ebyobuzadde ery'abayizi ne dipulooma mu Kuyigiriza Eby'obuzadde okusobola okutendeka abasomesa.

**Okusinziira ku musawo w'obwongo ajjanjambisa okutereeza ebirowoozo Donald Winnicott,**
"Mu bulamu bwange bwonna obw'ekikugu mbadde nneewala okuwa amagezi. N'ekigendererwa ekirungi, abasawo baba balina okwekiika wakati wa bamaama n'amabujje, abazadde n'abaana."

WINNICOTT 1992

## ENDAGIRIRO YA BUNGEREZA EY'AMASOMO GA HAAYA

Nga bwe kyannyonnyoddwa, walina okubeerawo ebipimo ebisengejje obulungi wakati w'abazadde n'amasomero, ebitalina kwonoonebwa n'okutandikawo emisomo egy'obuwaze. Okwongera ku ekyo, wadde ba agenti b'ebyobulamu n'ebibiina ebigabi by'obuyambi bawaayo obuyambi eri abazadde abapya okubayamba ku mbuto, okuzaala, n'okulabirira amabujje, kwo okusomesa engeri z'okuwangaalamu n'abantu n'ebintu ebirina okutwalibwa nga bikulu kuyinza okuleetawo obutakkiriziganya.

Gavumenti y'Abangereza yatandika okusomesa abaana abagenda mu ssomero emisomo emitongole ku by'obuzadde mu mwaka gwa 2000. Amaka okusasika n'amaka omuli omuzadde omu kizibu kyamaanyi mu Bungereza, ate byatuuka ku ddaala eritiisa mu Bulaaya (Woolf 1999). Gavumenti ya Bungereza nga yeesigamira ku magezi agaagiweebwa ab'ebyenjigiriza, abakozi ba gavumenti, n'abakugu mu kusoma ebirowoozo by'omuntu, baatandikawo endagiriro omuli engeri y'okusomesaamu abaana amasomo gano: (Burgess 2009)

- Engeri y'okukwatamu obutabanguko mu bufumbo
- Okubonereza abaana mu ngeri esaanidde
- Amagezi amooleke ku ngeri y'okukwataganyaamu obusungu bw'omwana obw'ettumbiizi mu dduuka
- Ekisuubirwa maama ne taata okukola
- Ebbeeyi n'ebyetaagisa ebyabulijjo mu kukuza abaana
- Okuteeka mu baana n'abazadde eky'okweraba nga ekikulu nga kino kiyita mu kubatendereza.
- Obukulu bw'ebintu ebikalu nga obigeraageranyizza n'omukwano n'okubeera emirembe
- Obuvunaanyizibwa nga bugendera wamu n'eddembe n'okwetwala
- Obukulu bw'obufumbo
- Obukugu mu nkozesa y'ebiseera
- Engeri y'okukwatamu obulwadde bw'ebirowoozo mu bulamu bw'amaka

Gavumenti ya Bungereza yalowooza nti enteekateeka y'emisomo eno yali yaakuyamba okukendeeza omuwendo gw'abawala abafuna embuto n'obumenyi bw'amateeka mu baana. Okuyiga okuwangaalira mu mateeka g'awaka lye ddaala erisooka erituusa omuntu ku kuyiga engeri y'okuwangaalira mu mateeka g'ekitundu n'okwewala okusibibwa mu makomera.

> Wadde nga okubeera omuzadde kulimu okusoomooza, ky'ekintu ekisinga okusanyusa, ekisinga okuvaamu ebibala, n'okuzzaamu amaanyi era ekintu omuntu ky'ayitamu ekisinga okuleeta essanyu, abasinga mu ffe bye tuyinza okufuna.
> (BATOOL ALTOMA, OMUWANDIISI W'EBITABO ERA MAAMA, EBBALUWA EMUKWATAKO NGA YE)

Sayansi gy'afa yenkana yeetaaga amakubo amasengeke, okuteekateeka n'okukwanaganya ebitundu ebyenjawulo, okutegeka, n'okuteebereza.
Ebisomebwa ebitali ssayansi byetaaga amagezi agalengera ewala, obukodyo, okutegeererawo, okwagala, n'amagezi amazaale.
Okulabirira omwana ssayansi, misomo gya magezi, era kulafuubana kwa mwoyo.

**Abaana Baffe Balina Ekibabulako?**

Olw'ebintu ebitategeerekeka mu kulabirira abaana, abazadde abamu balowooza nti abaana baabwe balina ebibabulako. Maama omu yanyumya bw'ati: "emyaka mingi nga tetunnafuna baana, baze nange twewuunyisa baliraanwa bwe twayonja ennyumba zaabwe nga tebaliiwo. Baalina abaana basatu abato, abaasaasaanya eby'okuzannyisa mu buli kafo mu nnyumba. Essaawa mukaaga okuva we twatandikira okuyonja twagwa wansi ku mitto nga ffenna tukooye nga eno bwe tunyeenya emitwe mu butakkiriza. Kino tekiyinza kuba kyabulijjo. Bwe kiba bwe kityo tetulizaala baana. Nga wayise emyaka ebiri nga tufunye n'abaana babiri, kati ntegeera butya ennyumba ya muliraanwa bwe yali eyaabulijjo. Ekisenge kyaffe mwe tusula kati kirina endabika eya wano-waliwo-abaana."

FABER NE MAZLISH 1982

**Abaana By'ebiseera Eby'omu maaso Eby'obuntu – Nga Tuyita mu Baana Tuyinza Okukyusa Ensi**

- Abaana balabika okukola ekyo ky'obakkiririzaamu: Bw'ogamba abaana bo nti "Ekyo mukisobola", baba bajja kukikola. Bw'obagamba nti "Temukisobola," baba tebajja kukikola.
- Eggwanga gwe mugatte gw'amaka agalimu era gwe mugatte gw'abasajja n'abakazi baamu.
- Bwe tuba twagala okukyusa eggwanga, tulina okukyusa awaka.
- Buli mwana ayinza okutuukibwako omutawaana, era wabaawo amaka agayinza okutuukibwako omutawaana.
- Obugezi si kye kintu ky'oli; wabula ekintu ky'oyinza okufuuka.
- Okukyusa amaka tulina okwekyusa ffennyini.
- Abaana bo bwe bakula, omulimu gwo gulina okugenda nga gukyuka okuva ku kubeera omuntu addukanya awaka n'ofuuka eyeebuuzibwako, okuva ku kubeera alabirira awantu okufuuka omuwi w'amagezi omukugu era eyeesigika.

*Katonda takyusa mbeera abantu gye babaamu okutuusa nga bakyusizza ebyo ebibali mu myoyo; Katonda bw'aba ayagadde okutuusa akabi ku bantu [okusinziira ku bikolwa byabwe ebikyamu] kale teri asobola kukazzaayo: kubanga (abantu) tebalina waakubayamba okuggyako Ye. (Kulaane 13:11)*

## Okufundikira

Oba busomeseddwa mu butongole oba nedda, ekintu kimu ekikakafu: Obuzadde obulungi n'ebibuvaamu ku kitundu omuwangaalirwa abantu bigenda kukkiririzibwamu okugenda ewala. Okweŋŋanga ebintu ebikwata ku bufumbo, obuzadde, okukula kw'omwana, n'okulabirira omwana nga tebinnazuuka liyinza okuba ekkubo eddungi eriyinza okuziyiza ebintu ebingi ebyalisobedde abazadde mu biseera ebyomu maaso. Wabula, wadde nga lyalibadde ddaala ddungi okusukkako ku ky'okuyigiriza eby'okwegatta mu by'obufumbo okugenda ku kusomesa ebiva mu nkolagana ey'okwegatta, okuli ku ky'abaana n'engeri y'okubakuzaamu, kino tekirina kulabibwa nga ekidda mu kifo ky'obuvunaanyizibwa bw'abazadde bennyini. Abazadde bwe bamanya omulimu gwabwe kye guyinza okuvaamu n'obuwanguzi bwe guyinza okubatuusaako bbo bennyini n'ekitundu mwe bawangaalira, baba bajja kwagala okutegeera obukodyo ne ssayansi eby'omuntu okubeera omuzadde omulungi era baba bajja kwerekereza mu ssanyu kyonna kye basobola olw'abaana baabwe. Okwesigamira ku gavumenti, amasomero, oba emikutu gy'amawulire okuvaamu abatuuze abawa eky'okulabirako, bwe biba ebirungi ennyo aba zzaala, ate mu bubi ennyo kuba kudduka buvunaanyizibwa bw'abazadde mu ngeri ey'ekigayaavu. Ani ayinza okuteeka n'omutima gumu okulafuubana kwe kwonna abaana babeere bulungi okusinga bazadde baabwe? Tewali bantu balala bonna bayinza kuvuganya!

## Ebyokukola



### EKYOKUKOLA 1: WALI WEEWUUNYIZZA LWAKI?

Yogera n'abaana bo ku bino ebiggya nga oleeta eby'okulabirako eby'aabooluganda lwo ne mikwano gyo bye bazze bayitamu. Lowooza ku lwaki:

Omuntu ayinza okubeera kakensa mu by'okusoma, naye nga yalemwa mu bulamu obwabulijjo
Omuzadde ayinza okuba nga alina omukwano era nga musanyufu w'abeera, naye nga tabeerako na bantu ba waka
Omuntu ayinza okubeera munnaddiini, naye nga takozesa magezi
Omuntu ayinza okuba nga yekkiririzaamu nnyo, naye nga teyeesiga balala
Omuntu ayinza okubeera nga alina ebirowoozo ebirungi ennyo, naye nga ebintu bye byonna bikyankalamu nnyo
Omuntu ayinza okuba nga yeetuusaako buli kalungi, naye nga mukodo nnyo eri abalala
Omuntu ayinza okubeera omugagga, naye nga mukodo

Okubeera omuzadde omulungi kyalikoze kinene mu kutereeza ebintu bino!

### EKYOKUKOLA 2: OBUZADDE BWO OBUKOLA OTYA?

Kkubo ki ery'okulabirira omwana erikusingira obulungi? Ggyamu obunafu bwa mulundi gumu mu nkola yo ey'obuzadde otwale amakubo ageetaagisa okubutereeza. Kino kyogereko n'abaana bo.

### EKYOKUKOLA 3: OLUKALALA OLULAGA EMIZE ABAANA GYE BATERA OKUBA NAGYO

Omwana Wange Wanjawulo?

Abazadde abamu balowooza nti abaana baabwe balungi nnyo okusinga abalala oba babi nnyo okusinga ku balala, nga bali nga abaatondebwa bokka. Ekituufu kiri nti, abaana bagabana ebitendo ebisinga obungi ne bannaabwe bwe bawangaalira awamu. Bwekityo, abazadde okwogera ne bannaabwe ku bye bazze bayitamu kivaamu ebibala. Tegeka olukalala oluliko enneeyisa eteri nnungi esangibwa mu baana bo, oyogere ku ngeri gy'oyinza okutereezaamu buli emu. Okusobola okuzzaamu omwana amaanyi, tandika n'ebintu ebyangu okutereeza.

KOLA OLUKALALA: "KIKI EKIKYAMU KU MWANA WANGE?"

Wano wammanga ze zimu ku nneeyisa ezirimu ebizibu ezaaleetebwa abaana abamu:

Okugwa mu kibiina
Okubeera omugayaavu
Obutayagala kulya oba okulya ennyo

Okukola enviiri z'otayagala
Okwanukula
Okubeera n'emikwano gy'otayagala

Okugaana okusaala
Okugaana okukola emirimu gy'awaka
Okusirika ennyo

Okulayiralayira n'okukolima
Okulaba ennyo TV
Okukuba abantu abalala

Okuddamu ayogera
Okulaba vidiyo ezeentiisa
Okulya emmere ennyingi embi

Obukyafu
Okukola eby'obulabe
Obutawa bantu bakulu kitiibwa

Okulwa ebweru ekiro
Obutayagala kubeera waka Obutayagala kuva waka

Okubba
Okulimba
Okunywa sigala

Okukambuwalira baliraanwa ne bajjajja
Okwambala engoye ze wagaana Okutumbula ennyimba /TV/laadiyo

Obutanaaba bulungi
Okulwa ennyo mu kinaabiro
Okusaasaanya ebintu buli wantu mu nnyumba

**Abazadde bye balina okugenderera:** *Embeera z'olimu zikukkiriza okukola ekyennyume kya kino n'oleka abaana ne bakola olukalala oluliko "kikyamu ki ekiri ku bazadde bange?!" Olina obuvumu n'okulengera ewala okukola eky'okukola kino?!*

### EKYOKUKOLA 4: OKUFUMIITIRIZA KU KITONTOME

Gamba abaawaka okutuula bonna omu ku bbo abasomere ekitontome kino nga bonna bawulira. Saba abaawaka bonna okufumiitiriza ku ngeri buli omu gye yeeyisaamu eri munne era obawe ebirowoozo ku kye bayinza okutereezaamu.

Nagwa ku mugenyi mu kitundu nga ayitawo
"Ooh, nsonyiwa, ssebo" kwe kwali okumuddamu

Yagamba nti, "Nange nsonyiwa; Mbadde sinoonya ggwe"

Twali bampisa, omugenyi ono nange, Buli omu yagenda gye yali alaga nga bw'agamba nti weeraba.

Naye awaka mboozi ndala y'eyogerwa,
Engeri gye tuyisaamu abantu be twagala, omuto n'omukulu.

Oluvannyuma ku lunaku olwo, nga nfumba ekyeggulo
Mutabani wange yayimirira nga teyeenyeenya.

Bwe nnakyuka, kaabula kata mukoone agwe,
"Nviira mpitewo," Nnamugamba mu bunyiikaavu.

Yatambula n'agenda, omutima gwe omutono nga gumenyese.
Ssaamanya nga bwe nnali njogezza obukambwe

Nga ngalamidde mu buliri ntunula,
Eddoboozi ettono lyanzijira ne liŋŋamba nti,
"Bw'oba okolagana na muntu atali wa waka,

Bukkakkamu obwabulijjo bw'okozesa,
Naye abantu baawaka b'oyagala, olabika obayisa bubi.

Genda okebere wansi mu ffumbiro,

Ojja kusangawo ebimuli kumpi n'oluggi.

Ebyo by'ebimuli mutabani wo bye yakuleetedde

Ye yabyerondedde kennyini: ebyapinka, kyenvu ne bululu

Yayimirira mu kasirise aleme kwonoona ekyali kyewuunyisa
Tewalaba maziga agaali gajjudde mu maaso ge amatono.

Ekiseera we kyali kituuse, nnawulira obuswavu,
Era awo amaziga gange gaali gatandise okuyiika.

Nnagenda mu kasirise ne nfukamira ku buliri bwe;
"Zuukuka muto ggwe, zuukuka," bwe nnagamba

"Bino by'ebimuli bye wannondedde?"
Yamwenya, "Nabisanze, wabweru ku muti.

Nnabinoze kubanga birungi nga ggwe
Nnategedde nti ojja kubyagala, naddala ebyabbululu."

Nnagamba nti, "Mutabani, nsonyiwa nnyo engeri gye nneeyisizzaamu olwaleero;
Ssaabadde mutuufu okukuboggolera bwentyo."

Yagamba nti, "Ooh, Maama, si kikulu.
Nkwagala mu mbeera yonna."

Nnamugamba nti, "Mutabani, nange nkwagala,
Era njagala n'ebimuli, naddala ebyabululu."

OMUWANDIISI ATAMANYIDDWA

## EKYOKUKOLA 5: OMUZADDE WA LEERO OKUMUGERAAGERANYA N'OMUZADDE W'EGGULO

Weetegereze ebibuuzo bino obyogereko n'abaana bo:
Oli kumpi n'abaana bo okusinga bwe wali ne bazadde bo ku myaka egyo? (Abazadde Abamerika 76% baagamba nti Ye.)

Oyogera n'abaana bo okusinga bazadde bo bwe baayogeranga naawe bwe wali mu Yunivasite? (Abazadde Abamerika 71% baagamba nti Ye) (Kantrowitz ne Peg 2006)

Saba aboowaka bonna okulowooza ku ngeri ze bayinza okwongeramu amaanyi enkolagana zaabwe n'okusemberagana, nga weeyambisa emboozi za bajjajja n'abooluganda nga bwe kisoboka. Emboozi zino ziyinza okuyamba okunyweza ebintu ebyeyawulidde amaka n'obuzaale bw'abaana. Kiyinza n'okusomesa ebyafaayo by'eggwanga ebitazimbiddwa ku musingi gwa ndaba y'ebintu ey'ekifuzi ky'amatwale etera okusangibwa mu bitabo by'ebyafaayo eby'ensi ezaakula edda.

## EKYOKUKOLA 6: NGA OMUZADDE, OYINZA OKUSSAAWO ENJAWULO!!!

Yogera ku bino n'abaana bo.

Mukwano gwange yaŋŋamba nti: "Kye nkola omwana wange si kikulu. Nze ndi muntu omu!" Singa buli muntu mu nsi eno yalekera awo okubaako n'enjawulo gy'akola kubanga ye "muntu omu yekka," ani yandisigaddewo okukolawo enjawulo? Eno ndowooza nkyamu. Tumanyi nti bannabbi ba Katonda baali bantu sekinnoomu, nga ne Basswahaba abaamaanyi, n'abamanyi, n'abasajja n'abakazi abagezi mu byafaayo bwe baali. Abo baakyusa ensi eno. Lowooza ku Steve Jobs ne Bill Gates.

Bw'omala weebuuze: ani eyakola enjawulo mu bulamu bwo? Yali waaluganda, waamukwano, musomesa, mutendesi, oba mukulembeze wa ddiini? Ebyakutuukako bibuulire abaana obabuuze boogere naawe ku ani eyaleeta enjawulo mu bulamu bwabwe.

## EKYOKUKOLA 7: ABAANA: KIKI KYE MUSUUBIRA MU BAZADDE BAMMWE?

Gamba omu ku baana bo okusoma mu ddoboozi eriwulikika emboozi "Omuti Omugabi" eyawandiikibwa Shel Silverstein. Oluvannyuma buuza abaana kye bakusuubiramu. Kiki, ddi, era mu ngeri ki? Oluvannyuma yogera kiki ky'osuubira okuva mu baana bo!

"Omuti Omugabi" lugero olwawandiikibwa Shel Silverstein nga lukwata ku nkolagana wakati w'omulenzi n'omuti mu kibira. Bulijjo omuti guwa omulenzi ky'ayagala. Mu buvubuka, omuti guwa omulenzi amatabi yeesuubireko. Oluvannyuma omuti gumuwa ekisiikirize atuulemu, amatunda alye, n'amatabi okuzimbisa ennyumba ye. Omulenzi gy'agenda akoma okukula by'ayagaza omuti bigenda byeyongera naye ye tabaako na ky'azzaayo eri omuti omunakuwavu oguyaayaanira okubeera naye. Mu kwewaayo okusembayo, omuti guleka omulenzi, nga kati afuuse musajja mukulu, aguteme asobole okuzimbamu eryato asaabaliremu. Omulenzi aleka omuti, ogumaze okufuuka enduli. Emyaka nga giyiseewo egiwera, omulenzi, nga kati afuuse musajja mukadde, adda eri omuti nga ayagala kifo kisirifu okutuulako n'okuwummula. Omuti gumuwa enduli era ne guba musanyufu okubeerako n'omulenzi.

ESSUULA 2

# Amaka: Lwaki Makulu? Go Gakola Mirimu Ki?


- Ebyanjula 29
- Okujjulukuka Okufuuka Abazadde 29
  *Abaana kye Baleeta ku Butebenkevu Bw'obufumbo* 30
- Obugazi Bw'amaka Mu United States Kati N'emabegako 34
- Amaka Agaddukanyizibwa Omuzadde Omu 35
  *Emisingi Egirina Okugobererwa mu Maka Ag'omuzadde Omu Okutambula Obulungi* 38
  *Obwamaama Alabirira Yekka Omwana Kye Bwakola Ku Bannabbi: Ismaaila, Musa, Yisa, Ne Muhammadi* ﷺ 39
- Omuzadde Omu Asobola Okumalira Omulala? 40
  *Okutunuulira ku Busiraamu n'Okwawukana Kw'abafumbo* 41
- Obukulu Bw'amaka Mu Busiraamu 44
  *Ebigendererwa by'Amaka Okusinziira ku Kulaane* 45
  *Kiki Ekyatuuka ku Maka Amasiraamu?* 48
  *Okukula Kw'Omwana N'ebyenjigiriza Ebirungi* 50
  *Okutunuulira N'obwegendereza ku Bwetaavu Bw'enkola Y'ebyenjigiriza Ennungi* 52
- Amaka mu Amerika 54
  *Ebitera Okumala Gatwalibwa Nga Ebituufu Ku Buzadde mu Amerika* 55
  *Ebiyigibwa Mu Kusanjaga Abantu Okwali mu Columbine High School 59*
  *Okusomesa Abaana Ebintu Ebikulu: Okukubaganya Ebirowoozo Wakati W'Abatayagala N'abakkiriza Okukyuka* 60
- Amaka mu Mawanga G'Abasiraamu Nga Ogageraageranyizza Ne Amerika (United States) 61
  *Bulaaya By'etuusizza Ku Nkola Y'obuzadde Ey'abasiraamu* 64
- Okubeera Omuzadde Mu Bungereza Ne Amerika (United States) 65
- Ddembe oba Mazima? 65
- Wa Aw'okukuliza Abaana: Ekyekango Eky'ebyobuwangwa Ekyava Mu Kusenguka Wakati W'obuvanjuba N'obugwanjuba 69
- Ebintu Bibiri Ebibula Mu Ndowooza Ya Bulaaya 70
- Emisingi Emikulu Egy'enzikiriza Nga Ogigeraageranyizza N'emisingi Gy'enneeyisa Ennungi Ezitambulira Mu Bantu 71
- Ekyokulabirako Eky'amaka Nga Tukozesa Eby'obulimi: Abaana Bali Nga Ebimera, Abazadde Bali Nga Abalabirira Ebimuli 74
- Ebyokukola 8-15 75


## Ebyanjula

AMAKA KYE KIKI era galina kigendererwa ki? Gatambula gatya? Gaba na bigendererwa ki? Kiki ekigafuula agaamaanyi? Kiki ekigatabangula? Kiki buli ali mu maka ky'alina okukola okugayamba okutuukiriza ebigendererwa byago? Obuwanguzi bwago bupimwa butya? Ebyanukula ebibuuzo ebyo byonna birina kye bikola butereevu ku kubeera omuzadde omulungi n'engeri abaana gye bakuzibwamu. Mu ssuula eno, tugezaako bino okubirondoola n'okulandulula n'ensonga endala. Era tujja kumanyisa abazadde n'abasomi ku ngeri amaka gye galinamu obusobozi obwamaanyi okuleetawo enkyukakyuka ennungi mu bitundu abantu mwe bawangaalira. Amaka tegakoma ku kukyusa bagalimu bokka naye gye biggweera n'ekitundu kyonna okutwalira awamu. Era tujja kutaganjula engeri obuzadde bwe bukolebwamu mu Mawanga g'Abasiraamu ne mu Bulaaya.

Mu Ssuula Esooka abazadde twabalaze engeri okubeera omuzadde omulungi gye kuli okukulu, engeri gye kuyigibwamu, era butya ekkubo ly'obuzadde lye tulonda bwe lirina ekinene kye likola ku bantu ba kika ki abaana baffe be bafuuka. Okufuuka abazadde abalungi kigenda wala okusinga okussa obussa mu nkola emisingi emikulu. Obuzadde bwetaaga okutegeera amaka kye kiki n'engeri abagalimu gye bakolaganamu, nga bino bye biteekeddwa essira mu ssuula eno. Essuula eno era ejja kuba nga eddiŋŋana okwogera ku mukwano, okufa ku baana n'okubakuumira mu mirembe. Amaka agalimu embeera ey'omukwano gakola ku byetaago by'abaana n'ebyetaago by'abazadde. Obuzadde obulungi buteekateeka abaana okufuuka abantu abakulu abamanyi bye balina okukola era abawulira obuvunaanyizibwa nga abantu b'ekitundu.

Era twogera ku bintu omuli amaka agaddukanyizibwa omuzadde omu, okusasika kw'obufumbo, okukyuka mu bunene bw'amaka n'embeera y'amaka ebiseera bino mu Mawanga g'-Abasiraamu. Obutali butebenkevu obuli mu maka g'Abasiraamu amangi buyinza okulabika nga obutalina kakwate kaamaanyi ku kulabirira omwana, naye ekituufu kiri nti amaka agatebenkedde makulu nnyo mu kuzimba ebitundu ebitebenkedde era ebikulaakulana. Ebitundu ebigenda mu maaso tebiyinza kubeerawo awatali maka malungi, era kino kituufu naddala ku Mawanga g'Abasiraamu agatannaba kuzza mabega kuddirira kwago.

Abamu "amaka" bagannyonnyola nga ekibinja ky'abantu buli omu alina akakwate ku munne, abalala bagannyonnyola nga ekitundu ku bantu abawangaalira mu kitundu ekimu, n'abandi nti ky'ekibinja ky'abantu ekirimu abazadde n'abaana nga basula bonna mu nnyumba emu. Wadde nga waliwo ennyinyonnyola nnyingi ez'amaka, okunnyonnyola amaka nga bwe gamanyiddwa okuva edda kukwatagana nnyo n'obufumbo n'abaana. Era amaka gagenda gakula kuva mu bufumbo, okuva obufumbo bwe butali kwegatta kwa bantu babiri, wabula okwetabula kwa amaka abiri amagazi. Amaka ag'omulembe (naddala mu Bulaaya) gakyuse nnyo mu myaka egizze giyita, okuva ku maka amagazi okudda ku muzimbo gw'amaka amatono. Okwo oyongerako nti obugazi bw'amaka nabwo bukyuse (abantu babeera n'abaana batono).



Wabula amaka gateekeddwa okubeera nga gasinga omugatte gw'ebitundutundu ebigakola. Amaka kitundu ku by'obuwangwa obugazi, era mu ngeri etuukiridde, byabuwangwa ku bwabyo. Kikulu gyetuli okutegeera obunene bw'ekitundu kye tuzannya mu maka. Amaka nnyumba ntono ey'okusinza, gavumenti entono, era ssomero ettono eririmu obulungi.

## Okujjulukuka Okufuuka Abazadde

Buli lwe tulowooza ku maka, tutera kulowooza ku bazadde n'abaana. Abazadde nga gwe mulundi gwabwe ogusoose okufuna omwana bajjulukuka okuva ku bantu ababiri okudda ku bantu abasatu nga omwana asoose atuuse. Abaana bwe batuuka ku nsi abazadde bayingira omutendera omulala ogw'obulamu. Abazadde bayita mu kiseera eky'okwetereeza olw'enkukakyuka ejja mu ngeri gye bawangaalamu abaana gye baleeta (nga mwemuli ebizibu n'obunkenke awamu n'okusanyuka n'essanyu). Omwana bw'azaalibwa mu maka Amasiraamu waliwo emikolo egimu egikolebwa okwaniriza omwana aba azaaliddwa (Zaydan, Abdul Kareem, mu Luwalabu, 1993):

- Yaziinira mu matu g'omwana azaaliddwa. Haakimu yayogera bw'ati nga abiggya ku Abu Raafi' nti yalaba Nnabbi ﷺ nga ayaziinira mu kutu kwa al-Hasan, mutabani wa Ali, Fatuma olwamuzaala. Okwaziinira mu kutu okwaddyo n'okukimira mu kutu okwakkono eby'omwana azaaliddwa kuba kulangirira nga Katonda bw'ali Omu, nti ne Nnabbi Muhammadi ﷺ mubaka era kujjukiza abakkiriza okusabira omwana mu biseera eby'omu maaso.
- Omwana muwe erinnya nga yaakatuuka awatali kulwa. Kikulu okuwa omwana erinnya eddungi eririna amakulu amalungi (okuva lw'oba nga oteekawo ekyokulabirako eri omwana n'okwagala akigoberere). Lino teririna kuba linnya lya Kiwalabu oba erinnya eririko ebyafaayo, liyinza n'okuba erinnya ery'omuntu atali Musiraamu nga aliko ekyokulabirako eri omwana ky'ayinza okukoppa. Amakulu g'erinnya galina okuba amalungi, era kikulu okulowooza ku kuwa omwana erinnya eryangu okuwandiika n'okwogera mu nnimi ezisukka ku lumu.
- Tegeka aqiiqah (okusanyuka olw'okuzaala) olw'omwana. Aqiiqah (mu Luwalabu) kitegeeza nsolo esalibwa nga saddaaka olw'omwana eyaakazaalibwa. Nnabbi ﷺ yasala endiga emu olw'abazzukulu be al-Hasan ne al-Husayn. Kino kirina okukolebwa ku lunaku olw'omusanvu okuva omwana lw'azaalibwa oba okweyongerayo. Ennyama eyinza okufumbibwa abantu ne bayitibwa ne bagabulwa ku kijjulo (waliimah). Ennyama erina okugabulwa abantu b'omumaka n'abekitundu abaavu n'abagagga. Ensolo erina kuba nnamba nga teriiko kamogo. Mu kusala ensolo edduwa eno esomebwa, "Ntandika okusala n'erinnya lya Allah, ku lulwo era okuva gy'oli Katonda wange Owaamaanyi, eno ye Aqiiqah y'omwana [erinnya]."
- Ahmad ne al-Tirmidhī baayogera nti Nnabbi ﷺ yagamba nti: "Buli mwana aba musingo gwa aqiiqah ye, esalibwa ku lunaku olw'omusanvu okuva lw'azaalibwa, enviiri ze zirina okumwebwa, era omwana alina okutuumibwa erinnya." Wabula kino kintu ekikubirizibwa sso si tteeka. Okwo ogattako nti Nnabbi ﷺ yagamba muwala we Fatuma okupima enviiri z'omwana ku ffeeza (oludda olulala), ffeeza amugabire abanaku. Abayudaaya nabo bakola bwe batyo, wabula Abagoberezi b'enzikiriza Eyeekikristo okubatiza okwabwe kugoberera nkola yaabwe.

### *Abaana kye Baleeta ku Butebenkevu Bw'obufumbo*

Abaana olutuuka bwe bati amaka gateekerwawo mu kanyigo. Okubeera omuzadde, wadde nga kirabo kyamaanyi, bulijjo tekibeera kintu ekireeta essanyu nga ebiseera ebimu bwe kisuubirwa. Olufuuka abazadde, abafumbo balina okumanya nti obulamu tebuliddayo kubeera kye kimu, olwo beetegeke nga bwe kyetaagisa okwaŋŋanga okusoomooza okuba kuboolekedde. Abazadde baba bajja kwetaaga okwerekereza ebintu ebimu bye baagala olw'ebyo omwana omuto bye yeetaaga; era obusobozi obw'okubeera taata oba maama buba bujja kwetaagibwa. Kiba tekijja kuba kyangu, naddala eri maama, okumanyiira obukoowu obuva ku mwana okumwetaaga buli kaseera. Bataata baba tebakyaddayo kutuuka waka basangewo omukyala omusanyufu (abaaniriza n'essanyu), omwana omusanyufu, n'ennyumba eteriimu watateredde, era bataata bangi baba bajja kulaba bakyala baabwe nga bakola ekisusse, nga si basanyufu, era



**Bamaama: Temuyinza Kuba Buli Kintu Buli Kaseera! Teriiyo Maama Ali Awo Nga Talina Ky'akola.**

Togezaako kubeera mufumbo atuukiridde, omuzadde, alabirira amaka, era omuntu alina okukola omulimu ogumuyimirizaawo mu kiseera ky'ekimu. Osobola okukola ebintu ebyenjawulo mu biseera ebyenjawulo. Abaana bakyusa nnyo obulamu bwo, n'olwekyo genda n'enkyukakyuka, beera mukwano gw'amaka, era beera akyuka.

nga tebasobola kwerabirira nga bwe kyali nga omwana tannazaalibwa.

Okubeera maama kirimu okukoowa mu magezi, omubiri, ne mu nneeyisa. Obuteebaka kimala n'okufa ku mwana olutatadde biba birina kye bijja okutwala ku nkolagana ne bw'eba nga y'esingayo amaanyi, era gye biggweera biyinza okuviiramu obufumbo okufuna ebizibu.

Ebyensimbi nabyo byeyongera okufuuka ebikulu abazadde bwe baba balwana okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'awaka n'obwo ku mulimu nga mu kiseera ky'ekimu bwe balabirira omwana. Kino kiyinza n'okubaako ebizibu bye kireeta ku bulamu obw'obufumbo. Obulamu buyinza okuleeta embeera y'okuzitoowererwa mu birowoozo naddala eri abazadde abakola olunaku lwonna. Abazadde abamu beewala okuwaayo abaana baabwe mu bitongole ebirabirira abaana abato ne basalawo okukola mu biwayi okusobozesa omuzadde omu okubeera eka n'omwana. Wadde nga kino kirungi eri omwana, naye si ky'ekisinga obulungi eri abazadde abo ababeera nga emmeeri ebbiri eziyisiŋŋanya ekiro. Mu mbeera bw'etyo enkolagana eyinza okwonooneka ku misinde. Abazadde bayinza okuba n'obutakkaanya obutonotono oba entalo ezaakabi eziva ku ani atera ennyo okulongoosa ennyumba ekiseera ekyo oba okwoza essowaane. Abazadde abawulira nga gubasinga obutawa baana kiseera kimala bayinza okwongera okwonoona embeera nga basazeewo okukendeeza ku "biseera by'obufumbo" bongere ku "biseera by'omwana." Abazadde abalala boonoona abaana nga bayita mu kubawa ebirabo, ssente, n'emmere ennyingi eteriimu mugaso (mu kifo ky'okumala ebiseera nabo), olwo ne baba nga beeyongera bizibu mu nsaasaanya n'okwekaluubiriza obulamu.

Obuzito obwekika ekyo buba bujja kuteeka obufumbo mu kweraliikirira, naddala ebiseera ebitono abafumbo bye balina bwe bifuuka ebiseera eby'okwemulugunya n'okuyomba mu kifo ky'okunyumya okw'omukwano. Ennyombo z'abafumbo wakati w'abazadde zirina kinene kye zikosa abaana. Abazadde bangi ababonaabona olw'obutabaawo mpuliziganya ekibatuusa ku butategeeragana n'obutakkiriziganya obulekebwa nga tebugonjoddwa. Abaana tebalina kuyisibwa nga "abantu abakulu abato" abasuubirwa bulijjo okweyisanga nga abantu abakulu. Kiba kikyamu bulijjo okuyisa abaana nga abatawaanya, nkola yaabwe okulemera ku bintu n'okubuuza ebibuuzo. Ebyetaago byabwe eby'omubiri, enneeyisa n'okukula birina okutuukirira.

Wammanga by'ebimu ku birowoozo ebiyinza okuyamba abazadde okuddukanya ekiseera eky'okujjulukuka okufuuka abazadde. Okukyuka kw'amaka okuva mu kubeera omwami n'omukyala okufuuka bamaama ne bataata kuyinza obutaleeta nnyo kuzitowererwa mu birowoozo.

> Amaka galeke gafe ku maka, olwo ekitundu kiba kijja kwerabirira kyokka.
>
> CONFUCIUS




1. Mulekeewo akaseera olunaku oba mu wiiki ak'okubeerako mwekka nga abafumbo. Muyinza okutambulako mwembi, okukola dduyiro, oba okulyako mwembi. Okwogera ku ssimu mu biseera by'emisana oba okufunayo eddakiika entono nga obudde bukyali buli omu ne yeemalira ku munne kiyamba. Okugabana n'abazadde abalala abeesigika ekiseera ky'okulabirira abaana nayo nkola nnungi.
2. Yogera ne munno ku by'osuubira. Mwogere ku kweraliikirira kwe muyinza okuba nakwo okukwata ku bipya bye mugenda okukola nga abazadde. Mwogere ku mbeera y'obuzadde ky'etuusizza ku bulamu bwammwe, enkolagana yammwe, n'emirimu gye mukola.
3. Mutwale ekiseera mu kulya mwembi, okusinza mwembi, okwegatta mu by'obufumbo, n'okukola dduyiro. Okuva ebyetaago by'omwana lwe biba bijja okubatwalako ekiseera kyammwe kyonna, mufuneyo akaseera ak'okuwuliziganya ne bwe kiba nga kyetaagisa okulindirizaako okwoza engoye oba okwoza ebintu.
4. Mwogere ku butakkaanya bwe mulina; temutya butakwatagana. Okulwana mukutwale nga ekiraga nti waliwo ekitateredde mu nkolagana yammwe, munoonyeze wamu ababawa amagezi.
5. Yogera ne mukwano gwo eyeesigika oba omuntu gwe mukola naye alengera ewala eyali ayiseeko mu kiseera eky'okujjulukuka okuva mu kubeera omufumbo okudda mu kubeera omuzadde. Kino kiyamba okumalawo okuwulira muli nga ali wekka. Kakasa nti oyogera n'omuntu gwe mufaananya ekikula, era togeza kwogera kyama kya munno kyonna.

Okubeera omuzadde kwesigamizibwa ku taata ne maama okukolera awamu – buli omu nga alina omulimu gugwe naye nga gujjuuliriza ogw'omulala. Ne bwe kuba kuzannya na mwana, abazadde batuukiriza ebyetaago byanjawulo. Maama asitula omwana, amuddaabiriza n'amuteeka ku kifuba, era n'amumalirako omukwano n'okwagala. Taata amukuumira wala n'ekifuba, amubuusa mu bbanga (nga awezezza emyaka ebiri) era n'amugoba okumukwata, aleka omwana n'amwebagala ku mugongo, era n'amusuula ku ttaka. Bino byonna bisomesa omwana okwemalirira era ne bimuteeka mu mbeera ey'okumanyiira embeera y'obugubi, obuvumu, n'obutatya. Abazadde bombi beetaaga okutuukiriza bye balina okukola mu kukulaakulanya n'okutumbula embeera z'omwana. Nga taata, okubeera omuzadde kitegeeza kukolera wamu ne mukyala wo; omulimu gwo nga omuzadde akuuma aboowaka te-

guyinza kuwaanyisibwa. Olina okumanya ddi lw'olina "okukola nga omuzadde" era ddi lw'olina "okuba mukwano"– ekitegeeza nti, ddi lw'olina okukuuma ne ddi lw'olina okuleka omwana "okufuna essomo."

Nga tetufudde ku ngeri abaana gye balina kye bakola ku ngeri bazadde baabwe gye bawuliramu eri obufumbo, abaana balina kye bongera ku nkolagana y'obufumbo. Ekifaananyi 2.1 kiraga nti abaana b'abafumbo gye bakoma okubeera abangi, n'obufumbo gye bukoma okuwangaala. Abazadde abalina abaana bakuuma obufumbo nga tebutaataganyizibwa basobole okugenda mu maaso n'okufunira abaana baabwe empangaala esingako obulungi. Abazadde (naddala bamaama) abalina abaana abato bawulira muli nga balina okunyweza obufumbo, ne bwe buba bubanyiga. Wadde nga abaana bayinza

*Abaana Kye Bakola ku Butebenkevu Bw'obufumbo*




OMUWENDO (KU KIKUMI) OGW'ABAFUMBO ABAAWU-KANA BWE TUGOBERERA OMUWENDO GW'ABAANA

okukendeeza oba okwongera essanyu ly'obufumbo, naye ekitaliiko kuwannaanya kwe kuba nti bongera obutebenkevu bw'obufumbo, okuva abazadde lwe bawalirizibwa okwewala obufumbo okusattulukuka. Mu kitabo kye ekiyitibwa *Gross National Happiness,* Arthur Brooks annyonnyola nti mu America abazadde baba basobola nnyo okubeera n'essanyu okusinga abatali bazadde. Ensonga emu kwe kuba nga abaana baleeta amakulu mu bulamu. Abantu bannaddini abafumbo (abalabika okugenda mu kkanisa okusaba emirundi ebiri buli wiiki) batera okubeera abasanyufu okusinga abatali bafumbo si lwakuba nga baba bagagga okubasinga, naye olw'okuba nga obulamu bwabwe buba busingako okubeera obugagga. (BROOKS 2008)



ANI ALINA OKUKOLA KIKI

**Abazadde:** Muteekeewo amaka amasanyufu.
**Abaana:** Muyigire ku bazadde bammwe, era mubayambe.
**Bajjajja:** Mukumeekume amaka okuyita mu mirembe egyenjawulo.
**Abeemikwano:** Muyambe abazadde.
**Abasomesa:** Muyigirize abaana.
**Abatereeza:** Mulage abazadde butya bwe babeera abazadde abalungi.

**Okuwangaala n'Abaana Mutendera Butendera Oguyitawo**

> *Ddala buli awali obuzibu waliwo obwangu. Ddala awali obuzibu waliwo obwangu!* (Kulaane 94:5–6)

Wadde nga abazadde b'abaana amabujje ebiseera ebimu bawulira muli nga obuteebaka kiro si kwakukoma, baba tebannaba na kukimanya, balabira awo nga abaana baabwe bakuze bagenze. Obutafaanana na nkolagana ya bufumbo, enkolagana y'omuzadde n'omwana etambula eyolekera kwawukana. Nga abafumbo bwe baali bokka nga abaana tebannaba kujja, era bajja kusigala bokka omulundi omulala nga abaana baabwe bagenze. Okubeera omuzadde mutendera butendera omukulu mu bufumbo ne mu bulamu. Ku bazadde, ekiseera kye bamala nga bawangaala n'abaana baabwe kiringa kimukyakusatu eky'obulamu bwabwe ate kisinga ku kimuekyokubiri eky'obulamu bwabwe obw'obufumbo. Wabula, omuntu bw'amala okubeera omuzadde, bulijjo aba ajja kuba muzadde. Oluganda terukutukawo abaana ne bwe bafuna ababeezi oba ne bava awaka. Era enkolagana erina okugenda mu maaso ky'ekimu abaana bali kumpi oba beesudde mayiro lukumi okuva we bali. Abazadde oluvannyuma bakula ne bayingira omutendera ogw'okubeera bajjajja.

## Obugazi bw'amaka mu America (United States) Kati N'emabegako

Amaka agagenda gatoniwa galina kye gazze gakola ku nkolagana mu maka. Okubeerawo kw'abooluganda abatono kusobozesa abazadde okufaayo ku baana. Enkolagana y'amaka efuuka yaamaanyi era ennyweevu. Mu kiseera ky'ekimu abaana bayinza obutafuna bukugu obuva mu kulabirira bato baabwe. Omulembe gw'abaana okweyongera (Abamerika obukadde ensanvumuomusanvu abaazaalibwa wakati wa 1946 ne 1964) gwayongerako, nga abazadde ab'ebiseera ebyo, wakati waabwe obukadde bw'abaana obugeraageranyizibwa okuba ekinaana (80) bokka. Wadde nga enfuna yaabwe n'obuyigirize biri waggulu, obugazi bw'amaka gaabwe butono. Ebigema okuzaala n'okuggyamu embuto bingi, ekikifuula ekyangu okubeera n'abaana abatono. Mu biseera eby'emabega abazadde baalowoozanga abaana nga okufumba busswiti: obutono obusooka buyinza obutavaayo bulungi, naye oyinza bulijjo okwongerako obulala!! Olwaleero amaka mangi galina omwana omu oba babiri, olwo ne babassaako essira era ne bafaayo nnyo okubalabirira. Amaka era gaafuuka matono olw'abafumbo okuba nga bombi bakola, abantu okusengukasenguka, n'abazadde okubeera ewala ennyo n'ab'eŋŋanda zaabwe. Mu 1960, Abamerika abakazi 77 ku buli kikumi baabanga bavudde awaka, nga bafumbiddwa era nga we baawerezanga emyaka 30 nga balina abaana. Mu mwaka gwa 2000, Abamerika abakazi 46 bokka ku buli kikumi be baali bavudde awaka, era nga bafunira abaana ku myaka 30! Emyaka egyawakati egy'okukola obufumbo mu United States mu mwaka gwa 2000 gyali 27 ku basajja ate 25 ku bakazi. Mu 1950 emyaka egyawakati egy'okukola obufumbo mu United States gyali 22 ku basajja ate 20 ku bakazi (KANTROWITZ AND TYRE 2006).



## Amaka Agaddukanyizibwa Omuzadde Omu

Mu Amerika (United States), omu ku buli baana bana asula mu maka agaddukanyizibwa omuzadde omu (be baana obukadde 12). Obukadde bw'abazadde Abamerika nga bubiri bamaama abaddukanya amaka bokka ate akakadde kamu bazadde basajja abaddukanya amaka bokka. Omuwendo gw'abazadde abasajja abalabirira abaana bokka kumpi gwekubisaamu mu myaka ekkumi (Leland 1996). Amaka omuli omuzadde omu gagenda geeyongera era kino kiva ku nsonga bbiri enkulu: okusasika kw'obufumbo n'abaana abazaaibwa wabweru w'obufumbo (bino by'ebigambo ebikozesebwa ku mwana azaalibwa abazadde abatali bafumbo).

Obufumbo (n'ebibugenderako) ky'ekintu ekitayagalwa abantu abawangaala ababiri abamu abasalawo okuwangaala bombi nga si bafumbo. Abaana kumpi obukadde busatu mu United States bawangaalira mu nnyumba n'abazadde abatali bafumbo (kumpi abaana ebitundu bina ku buli kikumi, okusinziira ku kitongole ekibala abantu, U.S. Census Bureau): abaana akakadde kamu mu emitwalo kinaana (1.8) baawangaalanga ne nnyaabwe ne muganzi we, ate akakadde kamu mu emitwalo kkumi ne bawangaala ne kitaabwe ne muganzi we. (U.S. CENSUS BUREAU, 2002)

*Okuggyayo ekifaananyi eky'abatali bafumbo abawangaalira awamu:* Okubala abantu okwa 2000 mu United States kwalaga ennyumba obukadde buna mu emitwalo kyenda nga buli akulira ennyumba bw'etyo alina gw'awangaala naye bwe batafaananya kikula naye nga si bafumbo. Kuno kwali kweyongerako kwa nnyumba obukadde busatu akulira amaka mw'awangaalira ne munne atali waakikula kye okuva ku muwendo ogwa 1990.

**Nnyumba Obukadde 105.5 mu USA mu 1999:**

- obukadde 54.5 baali bafumbo.
- obukadde 4.9 baali si bafumbo naye nga bawangaala n'abantu abatali baakikula kimu.
- emitwalo nkaaga tebaali bafumbo nga bawangaala n'abantu abeekikula kyabwe.

**Embeera "Ey'okwawukana Awatali Kumala Kulaga Nsobi"**

Okwawukana awatali kumala kulaga nsobi ye mbeera abafumbo ababiri mwe bakkiriziganya okwawukana era nga omulamuzi tagenda kubasaba kuwa nsonga yonna ebaawukanyizza. Abantu abamu baagala okwawukana okw'engeri eno kuwerebwe. Olw'okwawukana okweyongera ennyo, Ronald Reegan, eyali gavana wa California, nga naye baali baayawukana ne mukyala we ekiseera ekyo, yassa omukono ku tteeka eryasooka mu 1969 erikkiriza abafumbo okwawukana okutaliiko nsonga eweereddwayo. Ekyo nga tekinnaba, omulamuzi okusobola okusattulula obufumbo bwabwe, abafumbo baalinanga okuwaayo obujulizi nti oli gw'ayagala baawukane yalina ensobi gye yabanga akoze (ensonga ezaasinganga okuweebwayo okusobozesa okusattulula obufumbo mwe mwabeeranga obwenzi, okuyisa obubi omulala n'okumusuulawo). Abafumbo, olw'okwagala ennyo okwawukana ne bannaabwe baawalirizibwanga okulimbira mu kkooti oba okupangisa bambega abaabwe ku bwabwe buli omu okuketta munne. Ebbago ly'okwawukana okutaliiko kulaga nsobi lyakolebwa okukendeeza ku bukyayi n'okulyaŋŋanamu enkwe wakati w'abafumbo abaayagalanga okwawukana. Lyasobozesa abafumbo abaayagalanga okusattulula obufumbo okukikola mu mukwano; wadde nga omu yabanga tayagala kwawukana, omulala eky'okwawukana yasobolanga okukituukako awatali kuwaayiriza mulala. Ebitundu byonna, okuggyako New York, byagoberera California ne bikkiriza okwawukana okutaliiko kulaga nsobi. Mu myaka esatu egyaddirira okukkiriza okwawukana okutaliiko kulaga kulaga nsobi, okusasika kw'obufumbo kweyongera nnyo.

LELAND 1996



Omuzadde omu addukanya amaka yekka asubwa emirembe emingi n'emigaso egiri mu magezi amalungi agava ku ntobo y'omutima ey'omuwi w'amagezi omwesimbu: omuzadde omulala.

Tukikkaatiriza nti omwana okuba nga azaaliddwa bweru wa bufumbo obuli mu mateeka, tekitegeeza kufuula omu ku bazadde atali muzadde bulungi. Okukuza omwana nga omuzadde addukanya obw'omu amaka kyetaagisa amaanyi mangi n'okwewaayo awamu n'amagezi amangi n'okwekkiririzaamu mu birowoozo. Okuwa omulimu n'amaka buli kimu kye kyetaaga si kintu kyangu. Okubeera omuzadde addukanya amaka omu kizibu era kikooya, mu mutwe ne mu birowoozo. Okuddukanya amaka obw'omu kyetaaga ebintu bingi okusinga okubeera abazadde ababiri. Omuzadde omu alina okukola emirimu gya bantu babiri (ogwa maama n'ogwa taata): balina okukwanaganya ebyensimbi bokka nga tewali abakwatiddeko, okukola bokka okulaba nga amateeka gassibwa mu nkola, n'okukwataganya obutakkiriziganya bw'abaana n'enneeyisa yaabwe embi, era wadde bino byonna nga bituukiriziddwa bateekwa okugumira embeera y'obuwuubaavu. Kino tekitegeeza nti ebintu bulijjo bisingako obulungi mu maka agaddukanyizibwa abazadde ababiri (ekyo kiri wala),

naye omulimu muzibuko eri abazadde abawangaala bokka, era ebyetaago byabwe eby'ebirowoozo bizibuko okutuukiriza. Abazadde bonna beetaaga okubeera n'ebirowoozo ebirungi n'okutegeera okulungi naddala abo abaddukanya obw'omu amaka. Ku ludda lw'abaana, okukula n'omuzadde omu kiba kitegeeza butafuna kufiibwako na bukuumi bwa muzadde omulala (taata oba maama). Ekituufu kiri nti omuzadde ataliiwo talina kuba muzadde aviiriddewo ddala. Wadde nga baba baawukanye, abazadde bombi bayinza okukola ekinene mu bulamu bw'abaana baabwe.

Abaana abawangaala n'omuzadde omu era baba bayinza obutafuna bulungi nkola eyamba nga abaana abawangaala ne bazadde baabwe bombi gye babeera nayo. Abazadde ab'oludda olumu abaddukanya amaka bokka baba baagala era nga bafa ku baana baabwe, era gye bakoma okuba abayigirize, abalina obukugu obwenjawulo, era n'okumanya, abaana baabwe gye baba bajja okukoma obutayita mu bulumi bwamaanyi.

Wammanga wano tukuleetedde ebirumira ebimu amaka g'abazadde ab'oludda olumu bye gatuusa ku baana (HARPER AND MCLANAHAN 2004):

- Amaka g'omuzadde ow'oludda olumu gaba tegajja kusobola kukuuma bulungi abakazi awamu n'abaana abavubuse bw'ogageraageranya n'amaka agaddukanyizibwa abafumbo ababiri agatambulira ku nkola nga bwe yali.
- Abawala abatakula na bazadde baabwe bombi ababazaalira ddala batera okuba nga baagala nnyo okwegatta mu by'obufumbo mu biseera byabwe eby'obuvubuka.
- Abaana abato n'abavubuse abawangaala nga tebali na bakitaabwe ababazaalira ddala babeera boolekedde ekizibu eky'okuyisibwa obubi mu mibiri, ebirowoozo, n'okukakibwa omukwano.
- Abaana abali mu bibiina ebyawaggulu abava mu maka agaasattulukuka baleeta obucankalano mu ssomero.
- Mu bitundu ebimu, abaana abava mu maka omuli omuzadde ow'oludda olumu bazza nnyo emisango eminene okusinga ku balala.
- Abaana abawangaala n'abazadde ab'oludda olumu batera okuyisibwa obubi oba ne batafiibwako, era batera okukomekkereza nga bali mu makomera.



Emisingi gy'okubeera abazadde abalungi egikiteekeddwa mu kitabo kino gisobola okukola ku bazadde ab'oludda olumu abawangaala bokka nga era bwe gikola mu maka agalimu abazadde bombi. Abazadde bonna boolekera ebizibu bye bimu naye amaka omubeera omuzadde ow'oludda olumu gaba gajja kwetaaga okufaayo ennyo ku bintu bino ebijja wammanga:

1. Okulaga amaanyi nga omuntu. Omuzadde bw'ayonooneka, ensi y'omwana teyinza kutereera kubanga waba tewali muzadde mulala gy'aba anaddukira. Olw'ensonga eyo, omuzadde ow'oludda olumu addukanya amaka yekka yeetaaga n'apima embeera olwo n'abeera mukkakkamu era eyekkiririzaamu. Embeera yaabwe ey'amagezi n'eyeebirowoozo erina okuba nga yaamaanyi.

2. Okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw'emirundi ebiri. Obuvunaanyizibwa bw'omuzadde ataliiwo bwetaaga okutuukirizibwa. Okugeza bataata beetaga okutandika okubeera okumpi mu ngeri gye bawuliramu ne mu birowoozo n'abaana. Waliwo ebitabo bingi ebiyinza okweyambisibwa okuluŋŋamya abazadde mu kino.

3. Okwongera amaanyi mu kwewa ekitiibwa (okwematira). Abaana tebalina kuwulira kuswala nti balina omuzadde omu, era balina okumanya nti nabo balungi nga omuntu omulala yenna awangaala ne bazadde be ababiri. Abazadde ab'oludda olumu abawangaala bokka beetaaga okuwa abaana baabwe awaka awalungi n'obulamu bw'amaka obw'essanyu. Somesa abaana nti Nnabbi Muhammadi ﷺ yafiirwa bazadde be bombi nga akyali muto. Beera mwegendereza obutagenda wala nnyo mu kukola ku nsonga z'abaana nga oyagala "okuzzaawo" mu ngeri emu bye basubwa olw'obutabeera na muzadde waakubiri, era tobakkiriza kukufuga nga bayita mu kukufuula awulira nga alina omusango gwe yazza.

4. Empuliziganya ennungi. Empuliziganya ey'olubeerera wakati w'omuzadde n'omwana yeetaagisa nnyo. Obulamu obw'omuzadde n'omwana buba bujja kufuuka bwangu nga waliwo enkolagana omuli omukwano n'okwagalana era n'embeera y'awaka eyamba.

Ebyo nga tubyogedde, okubeera omuzadde ow'oludda olumu tekitegeeza nti tulina okukuza abaana baffe awatali buyambi bwonna. Amaka gayinza okubeera amalungi era ag'essanyu nga agalimu abazadde ababiri (oluusi n'okugasinga, olw'okuba nga amaka mangi agalimu abazadde ababiri galimu obukuubagano n'obunkenke ebyamaanyi).

## EMISINGI EGIRINA OKUGOBERERWA MU MAKA AG'OMUZADDE OMU OKUGASOBOZESA OKUTAMBULA OBULUNGI

Luno wansi lwe lukalala lw'ebintu abazadde ab'oludda olumu abaddukanya amaka bokka bye bayinza okukola okusobola okukuza abaana obulungi n'okukendeeza ku ntalo wakati w'omuzadde n'omwana.



- Teekawo omutimbagano gw'emikwano n'eŋŋanda. Kola emikwano emirungi era obayite n'abaana baabwe ku mikolo n'ebijjulo balyeko n'abaana bo. Manya amaka amalala agalimu abazadde ab'oludda olumu (jjukira nti wadde nga oli muzadde ow'oludda olumu addukanya amaka, toli wekka mu kino). Mikwano gyo egyomunda giyinza okukuwa obuyambi obutereeza ebirowoozo, okukubeesabeesa, okukuyamba ku bintu ebigwa bitalaze, okulabirira abaana, n'okukudduukirira n'okukusaasira nga oguddeko obuzibu. Yawulawo b'ani b'oyagala okubeera mikwano gyo; londawo abafaayo, abeesigika, abeesigwa era abantu abaamazima abo abalikubeererawo lw'oliba obeetaaga. Bw'oba olina oluganda olugazi, lukuume era mulambulagane. Towulira kuswala okugabana omugugu gwo ogw'obuzadde n'abantu b'omu maka n'okubasaba obuyambi wonna w'oba obwetaagidde.
- Tegeka okugendako ebweru emirundi egiwera n'okusanyukamu ennaku ezimu n'abaana bo. Tereka ebintu ebikujjukiza ebiseera ebyo bikujjukize ggwe n'abaana bo ebiseera n'emikolo ebyessanyu.
- Ebintu ebimu bisalewo n'abaana bo era mwetabire wamu mu kugonjoola ebizibu ebimu. Kino kijja kusitula okwematira kwabwe era bajja kuwulira muli nti bantu abatwalibwa nga ekikulu mu maka. Mu maka agaddukanyizibwa omuzadde ow'oludda olumu, obuyambi bwa buli mwana n'okukolaganira awamu na buli omu byetaagisa buli lunaku. Okukola nga ttiimu n'okugabana emirimu gy'awaka bikendeeza ku buzito bw'oyinza okufuna.

- Tokkiriza obusungu n'okweraliikirira by'olina okubaako ne kye bikola ku baana bo. Bw'oba osobola okulaba ensi nga bwe bagiraba, oba ojja kumanya nti abaana bawulira nti bayinza okufuna ebizibu ekiseera kyonna. Abaana batya nti singa wazuukawo ekintu kyonna ku muzadde waabwe, baba baggya kusigala bokka mu nsi muno. Jjukira okudda eri Katonda akumalire ebyetaago byo byonna, era oluvannyuma lw'okukola byonna by'osobola, ebizibu byo n'okutya bisse mu mikono gye egifaayo.
- Bwe muba mwawukanye ne munno towaliriza baana kuwagirako ludda. Tosaba baana bo kulondawo wakati wo "omuzadde omulungi n'omuzadde omubi". Abaana balina okwagala eri abazadde bombi, era bawulira bubi bwe baba ab'okugaana omu batwale omulala.
- N'ekisinga byonna, beera n'ebirowoozo ebirungi era omuntu akulembeza Katonda mu buli kimu. Jjukira nti abazadde ab'oludda olumu abaddukanya amaka nga balina obukugu mu kubeera abazadde abalungi nabo basobola okukuza abaana bokka. Kino kikole nga oyita mu kuzimba enkola ennungi eyamba – emikwano egikwetoolodde, abooluganda ne baliraanwa. Okukuza abaana abalungi tekiva ku muwendo gw'abazadde, wabula bulungi bwa ngeri obuzadde gye bukolebwamu n'obulungi bw'engeri abazadde gye balabamu ensi.

## OBWAMAAMA ALABIRIRA YEKKA OMWANA KYE BWAKOLA KU BANNABBI: ISMAILA, MUSA, YESU, NE MUHAMMADI ﷺ

Abamu ku bannabbi abatutumufu abaatumibwa eri abantu baakuzibwa mu maka g'abazadde ab'oludda olumu. Tukuleetedde wansi emboozi za bamaama ba bannabbi abo abana. Amaanyi n'okulengera ewala okw'abakyala abo abatutumufu biwa ekyokuyiga eri abazadde bonna.

**Nnabbi Ismaila** عليه السلام

Kulaane emboozi ya Ismaila egyogera bw'eti

*(Omwana) bwe yamala okukula n'atuuka (mu myaka egimala) okumuyamba ku mirimu, yamugamba nti: "Mutabani! Nnalabye (nga ndagirwa) mu kirooto nti nkusale (nga ssaddaaka eri Katonda). Kati lowooza olabe ky'olaba!" (Omwana) yamuddamu nti: "Taata! Kola ky'olagiddwa! Katonda bw'anaaba ayagadde ojja kunsanga mu bagumiikiriza!" (Kulaane 37:102)*

Tukimanyi nti Nnabbi Bulayimu teyawangaala kinene na mwana we omukulu Ismaaila, kubanga yali atuusa bubaka ku bantu be Iraq, Palestine (Bufirisuuti), n'e Misiri. Yali nnyina wa Ismaila, Hajara, eyamukuliza mu kiwonvu ekitaddamu mmere eky'e Makkah. Hajara yasomesa Ismaila okuba omuntu alengera ewala, omwesigwa era eyekkiririzaamu.

**Nnabbi Musa** عليه السلام

*Twalagira nnyina wa Musa nti: "(Omwana) muyonse, naye bw'oba omutiisizza (Falaawo okumutta muteeke mu ssanduuke), omukasuke mu nnyanja era totya wadde okunakuwala, ddala Ffe tuli baakumukuddiza, era tumufuule omu ku Babaka!" (Kulaane 28:7)*

Yali nnyina wa Musa, olw'obwesiga bwe eri Katonda nti yali waakulabirira ebbujje lye, eyakasuka Musa mu mugga. Oluvannyuma yeekuliza omwana nga amaze okugaana okuyonsebwa abakyala abaalina amabeere agatonnya abaali mu lubiri lwa Falaawo. Okwo kwali kweewaayo kwamaanyi kwe yakola! Obulamu bw'omwana we yabussa mu mikono gya Katonda, era n'akuliza mu mwana we ebitendo by'obukulembeze ebya nnabbi omututumufu afaanana bw'atyo!

**Nnabbi Yisa(Yesu)** عليه السلام

*Ne Malayika (Jiburiilu) we yagambira Mariyamu nti: "Owange Mariyamu! Katonda akulonze, n'akutukuza era n'akwawula ku bakyala b'ebitonde (ab'ebiseera bino)." (Kulaane 3:42)*

Yesu yali mwana ataalina kitaawe era nga yakuzibwa nnyina Mariyamu Embeerera. Mariyamu yali maama eyawangaala nga omuzadde ow'oludda olumu eyalina omutindo ogwawaggulu mu kulaga omukwano, okwewaayo, n'ensa. Allah yamwogerako mu ssuula nnamba mu Kulaane nga omukazi eyali asingaokutukuzibwa mu bakyala abalondemu era eyali asinga obukkiriza.

**Nnabbi Muhammadi ﷺ**
Muhammad yazaalibwa nga mulekwa era nnyina, Amina muwala wa Wahab, yali maama eyamukuza yekka. Yamukuza okumala emyaka mukaaga, nga mu gyo mwe yabifunira enneeyisa n'embeera amatendo ebiwa ekyokulabirako. Obuvumu, okulaga omukwano, obwesigwa, okuyiiya n'obutyetya, byonna byamuteekebwamu nnyina.

Bamaama kye bakolera abaana tekisobola kussibwako bbeeyi!
Kwebaza kwenkana wa kwe tuyinza okuwa bamaama olw'omulimu gwe bakola mu by'obuzadde?

- Abaana bajja mu nsi muno nga bamanyi bamaama baabwe be b'ani, maama y'abuulira omwana kitaabwe y'ani!
- Imam Ahmad anyumya nti omusajja yajja eri Nnabbi ﷺ n'amugamba nti, "Nzize kuwera gy'oli okukola hijra (okusenguka) bazadde bange bombi ne mbaleka mu maziga." Nnabbi ﷺ kwe kumugamba nti, "Ddayo eka, mu ngeri y'emu gy'obaleetedde amaziga, ate baleete akaseko ku matama."
- Kigambibwa nti mu kuziika nnyina, Omusiraamu omu yakaaba nga bw'agamba nti, "Lwaki sikaaba nga ogumu ku miryango gyange egy'okuyingira Ejjana kati guggaddwa?"

## Omuzadde Omu Asobola Okumalira Omulala?

Maama tasobola kuddira ddala mu bigere bya taata, ne taata tasobola kudda mu kifo kya maama. Abaana abafuna okwekwata ku bazadde bombi bawangaala bulungi. Bamaama babalaga omukwano, enkwata ennungi, okuyonsa, okugumira ebizibu, n'obugumiikiriza ebitaliiko kkomo. Bataata bo babalaga maanyi, obuvunaanyizibwa, eddoboozi eryomwanguka, enkwata ey'emirundi emingi, amatama aganuubuse: byonna ebirina ekinene kye bikola ku mwana. Okutwalira awa-mu, obutaba na maama kibi nnyo ku baana okusinga ku butaba na bataata. Maama asobola okuwa abaana obukuumi n'omukwano, era essuubi lye lyonna litera kuba ku baana. Abantu abalabirira awaka ekiseera kyonna balaga okufa ku baana okusinga abalala, era abaana mu ngeri nnyingi baba gwe baliko. Abaana bajjuza eby'okukola kwe mu lunaku lwonna. Alina obusobozi n'okuwaayo ebiseera bye byonna ku kujjuza abaana omukwano n'emirembe asobole okubafuula abawanguzi mu bulamu. (George Tremblay ne Allen Israel, 1998).

Waliwo abantu kye batera okutegeera obubi nti omwana omulenzi yeetaaga nnyo taata oku singa maama, era nti omwana omuwala yeetaaga nnyo nnyina okusinga kitaawe. Taata waamu-



gaso nnyo eri omuwala nga bw'ali eri omulenzi, wadde nga mu ngeri za njawulomu. Mu ngeri y'emu, maama waamugaso nnyo mu kukula kw'abaana be abalenzi. Bataata bawa abaana abawala okuwulira amaanyi, obuyambi n'obukuumi. Omuwala yeetaaga taata asobole okukolagana obulungi n'abasajja. Ekitali ekyo, abasajja baba bajja kumulabikira nga abatategeerekeka abaliwo okubeesabeesa abalala.

Bamaama basobola okuzannya ekifo kya bataata ku baana baabwe abalenzi abatalina bataata? Okuddamu kuli nti tebasobola era tekyetaagisa. Enkula y'abaana erina engeri gye yatondebwamu nga ne bwe baba tebajjukira kuba nga baalaba ku kitaawe oba nnyaabwe, bayinza okufumiitiriza obulungi bazadde baabwe engeri gye baafaananangamu era ne babannyonnyola mu ngeri egenda ewala. Abaana bayinza okugattagatta taata omutuufu bw'ayinza okubeera nga basinziira ku bimu ku bye balaba mu nkula n'enneeyisa y'abantu abalala. Maama ky'ayinza okukolera omwana atalina kitaawe kwe kumuyamba okuzimba ekifaananyi kya kitaawe nga amuwadde emikisa okuba ne bajjajja be, bakitaawe abato n'abaana ba bakitaawe abato nga naye w'ali. Mu ngeri y'emu, ayinza okulekera omwana we omulenzi ku musomesa omusajja alaga omukwano era asobola okwesigika, munnaddiini oba imaamu, mu mbeera eyeesigika era esobola okulondoolwa. Nga bakolera ku kuluŋŋamya kwa maama, abasajja bano bayinza okukola nga ekyokulabirako eri omwana we omulenzi eky'abasajja bwe bafaanana.

### Kiki Ddala Ekikulu?

Emyaka amakumiana okuva kati, kijja kuba tekikyagasa kiki ekyali ku akawunti yo mu banka, wasulanga mu nnyumba ki, oba wavuganga motoka kika ki… Ekiriba kigasa gwe mugaso gwe walinanga mu bulamu bw'omwana n'omuzzukulu.



### OKUTUNUULIRAKO KU BUSIRAAMU N'OKWAWUKANA KW'ABAFUMBO

Emu ku nsonga enkulu ezivaako amaka agalimu omuzadde ow'oludda olumu okweyongera, gwe muwendo okulinnya ogw'abafumbo abaawukana. Okwawukana kw'abafumbo tekukkirizibwa mu byobuwangwa ebimu n'eddiini ezimu (okusattulula obufumbo kwali kumenya mateeka mu Brazil okutuusa mu mwaka gwa 1977, Amateeka Gekihindu gaagaananga okusattulula obufumbo, ne Filipine Abakatoliki bagaanibwa okwawukana). Obusiraamu tebuwagira bafumbo kwawukana naye awamu n'ekyo busigala bukukkiriza (bwe kugoberera emisoso egy'amaanyi). Abafumbo Abasiraamu nga tebannaba kwawukana wateekeddwa okusooka okubaawo kaweefube w'abomu maka okubatabaganya n'okunoonya okukkaanya kwabwe. Obusiraamu bulagira wabeewo abooluganda abeesigika

bagezeeko kyonna kye basobola okutaasa obufumbo naddala nga bulina kye buyinza okukosa abaana. Nnabbi ﷺ yagamba nti: "Mu bintu ebyakkirizibwa, ekisinga okutamwa mu maaso ga Katonda kwe kwawukana kw'abafumbo." (Ibin Maajah). Ebyo nga byogeddwa, Obusiraamu n'enzikiriza endala zikkiriza nti obufumbo buyinza okulema. Kiba kyakusaalirwa naye nga kitera okuzuuka.

Abazadde bateekeddwa okukola buli kisoboka okukuuma obufumbo. Okwawukana bwe kugwawo abaana ne bakosebwa, abazadde bateekeddwa okubeera abeesimbu eri abaana baabwe:

- Bwe wabeerawo okwawukana oli n'addamu okufumbirwa oba okuwasa, abaana balina okutegeezebwa n'obwegendereza kiki ekigenda mu maaso, awatali kubikkirira oba okupangawo emboozi. Abazadde beetaaga okukiteeka mu giraasi lwaki baawukanye, era ne bakikkaatiriza nti okwawukana si nsobi y'abaana era abaana baabwe bakyabaagala. Omuzadde talina kumala gabulawo bubuzi nga tannyonnyodde. Kiyinza okuleetera abaana okuwulira obubi. Omuzadde ayinza okukakasa nti ayamba baana okwewala obulumi, naye abaana kino bakitwala nga omuzadde eyali tabaagala kimala okusobola okubannyonnyola ekyali kigenda mu maaso n'okubasiibula nga agenda.
- Toteeka maanyi ku baana okubakkirizisa endaba y'omuzadde omu oba okubaako n'oludda lwe bawagira.

Embeera bw'ebeeramu abazadde nga si be bazaalira ddala abaana, tekiyamba okugezaako okuwaliriza abaana okukkiriza abantu abatabalinaako luganda olw'omusaayi bafuuke nga ababalinako oluganda. Wayinza okubalukawo okusika omuguwa okwamaanyi, empiiga, n'okuvuganya ebyetaaga okukolwako nga oluganda luno olukakaatike lugenda mu maaso. Kisingira wala omwana okukkiriza bba wa nnyina nga "bba wa maama omupya" (oba "muka taata omupya") okusinga okugezaako okwefuula nti ye muzadde we omupya.

### Engeri Okwawukana Kw'abafumbo Gye Kukosaamu Abaana

Nga okwawukana kwakabaawo bwe kuti, ennyingiza y'amaka ekendeera ebitundu 21 ku buli kikumi. Ebitundu asatumumunaana ku buli kikumi abaawukanye oba ababadde mu bufumbo ne busattululwa nga balina baana bawangaalira mu bwavu; omuwendo guli ebitundu 17 ku buli kikumi ku basajja abaweebwa ogw'okukuza abaana. Abaana b'abafumbo abaawukanye baba balabika okuva mu ssomero, baba balabika okufuna abaana ab'ebbali era babeere n'obunafu mu kutegeera.

SELTZER 1989

Abazadde n'abaaliko abafumbo balina okukwata abali mu maka bonna mu ngeri eyeekisa, ewa ekitiibwa, era egumiikiriza abalala. Kulaane etuwa amagezi okweyisa obulungi bwe wabaawo okwawukana:

> *Okugoba omukazi (bba mw'asobolera okumweddiza) kukkirizibwa emirundi ebiri. Olwo mulina okubasigaza mu ngeri emanyiddwa (mu mateeka g'Obusiraamu) oba okubaleka (ekiseera ky'okulinda ne kiggwaako) ne bagenda mu ngeri ennungi. Temukkirizibwa kutwala kantu konna ku bye muba mwabawa, okuggyako bwe baba batidde obutasobola kuyimirizaawo mateeka ga Katonda (okuwangaala obulungi). Bwe muba nga mutidde nti tebajja kusobola kuyimirizaawo mateeka ga Katonda (nga basigadde bafumbo), olwo tewali musango eri buli omu ku bafumbo ababiri, singa omukyala abaako ne ky'addiza bba (ku mahare) okwenunula. Ago mateeka ga Katonda temugalumbagananga. Oyo yenna alumbagana amateeka ga Katonda, abo be bakyamu!*
>
> Kulaane, 2:229

Obugumiikiriza obusaanidde bwetaagisa mu mbeera y'okwawukana mu bufumbo. Abaana abamu bayinza obutakkiririza ddala bakabakitaabwe oba babba babannyaabwe; mu mbeera bwe zityo, kyokka ekiyinza okukolebwa kwe kubeera ow'ekisa era omukwatampola n'okuzannya n'ekiseera. Mudda eyo, abaana baba bajja kuva mu maka batandikewo agaabwe. Obufumbo bwe buggwaawo oluvannyuma lw'ekiseera ekiwanvu eky'ebizibu, okwo kuba kuwona eri abaana. Abaana bayinza okuwulira obubi n'obulungi. Wadde nga bayinza okubeera obulungiko nga tebali na kitaabwe, naye tebayinza kino kukikkiriza bwe baba bakyamwagala era nga beegomba nti singa yali akyali nabo. Abaana beegomba nti singa ebintu byatambula bulungi okusingako. Bba w'omuzadde oba mukyala we afaayo, ayinza okuteekawo olujegere olw'omukwano olugenderera. Bba w'omuzadde oba mukyala we omugezi agamba omwana wa munne bw'ati: "Siri muzadde wo naye bba oba mukyala wa muzadde wo era nkufaako nnyo (nkutwala nga ekikulu)".



Omuzadde ow'oludda olumu addukanya amaka bw'abeera n'omwana avubuse ayolekera ebizibu ebirala ebitali ebyo waggulu. Omuzadde ateekeddwa okubeera omwegendereza obutakkiriza omuvubuka we okumutuunuulira mu buli kimu, oba ye okugezaako okuzza omwana omuvubuka mu kifo ky'omufumbo omulala atali mu maka. Abaana abalenzi abavubuse TEBABEERA babba, n'abaana abawala abavubuse TEBABEERA bakyala b'awaka. Waliwo n'ekizibu ky'okukabasanya, okutulugunya, n'okuyisa abaana obubi mu birowoozo. Abaana abavubuse balina bingi eby'okukwanaganya mu kiseera we baalibeeredde nga bakwanaganya misomo gyabwe. Abazadde ab'oludda olumu abaddukanya amaka bokka beetaaga okwetegeka okuleka abaana okutuukiriza ebyetaago byabwe ebikkirizibwa wabweru w'awaka. Abazadde ne bwe baba mu kiwuubaalo ekyenkana wa, tebalina kwefaako bokka.

Abaana abatali mu mateeka (abebbali) tebali nga abaana abazaalibwa omuzadde afiiriddwako munne oba eyayawukana naye nga awangaala nga omuzadde yekka mu maka. Enjawulo ennene eva ku kwagala okuba ne taata. Taata eyafa asigala awa emirembe egyetaagisa eri abaana, abo abawulira nti baba bakyasobola okumwetuuma n'okuba n'oluganda naye. Kino kiyamba maama okussa mu baana okuwulira muli omukwano n'obutebenkevu. Ayinza okubaluŋŋamya n'okubawa embeera ennungi mwe basobola okuyita okukolera ddala obulungi n'okusukkuluma ku bannaabwe ababa balina bazadde baabwe ababiri era n'obulamu obulabika okusingako obulungi. Nga otaddeko obuyambi obutakutuka, maama ayinza okukuza abaana aboomugaso kasita awa abaana ebisoomooza okubasobozesa okugonjoola ebizibu bye babaamu. Bamaama bano bawa omukisa abaana baabwe okulaga kye bali n'okubazimbamu omwoyo gw'okwekkiririzaamu.

**Amagezi Eri Abazadde Abaawukanye**

- Toteeka bbala ku ndowooza y'abaana ku muzadde omulala.
- Gezaako okukuuma empuliziganya ennungi wakati w'abaana n'omuzadde omulala n'abeŋŋanda ze.
- Abaana bafuule abawulira muli nti baagalwa abazadde bombi.
- Abaana bannyonnyole nti okwawukana kwa bazadde baabwe tekulina kye kukosa nkolagana yaabwe nabo.

## Obukulu Bw'amaka mu Busiraamu

Obusiraamu buteeka amaanyi mangi ku kulaba nga amaka tegasasika. Okusooka kwa byonna, Kulaane ekikkaatiriza nti abantu by'ebitonde bya Katonda ebisinga okuba eby'ekitiibwa, abaaweebwa Omutonzi waabwe obuvunaanyizibwa obw'okubeera abasigire be ku nsi mu kussa mu nkola by'ayagala. Bwe batyo balina okutendekebwa n'okuteekateekebwa okukola omulimu gw'obuyima obwo (istikhlāf). Tekyaggya buzzi okuba nga ekiseera ky'obuto ky'ekisinga obuwanvu bw'okigeraageranya n'ekyensolo zonna. Entandikwa mu "ssomero ly'ebyenjigiriza ery'amaka" lino y'enkolagana ennungi wakati w'omwami n'omukyala. Kino tekirina kubeera nga kizimbiddwa ku musingi nga "ogutambuzibwako bizinesi", oba eddembe n'obuvunaanyizibwa eby'amateeka (wadde nga "amateeka agafuga amaka" geetaagisa okuwa obukuumi obusembayo obutono). Enkolagana wakati w'omwami n'omukyala erina kuzimbirwa ku musingi gwa mawaddah (okulumiriganwa) ne rahmah (okusaasiragana). Awatali musingi guno, okwagala okw'emirundi ebiri okw'abazadde (okwogerwako obulungi mu aaya ya Kulaane 25:74) okw'amaka agajjudde essanyu era amalungi, n'abaana abatya Katonda tekuyinza kutuukirira. Amaka agalimu obuzadde obw'oludda olumu gateekeddwa era okubeera amasaasizi n'okuba nga galaga okulumirwa eri abaana abagalimu.

> *Era abo abagamba nti: "Katonda waffe! Abakyala baffe (oba abaami) n'ezzadde lyaffe batufuulire essanyu eri amaaso gaffe, era otufuule abakulembera abo abatya (ebibonerezo byo).* (Kulaane 25:74)


Amaka makulu nnyo abantu okusobola okufuna okukula okujjuvu okw'ebirowoozo. Omutonzi yatutonda mu ngeri esinga obulungi, nga mwe muli oludda olw'omubiri n'olutali lwa mubiri. Enkula, obuwanvu, langi, entambula, n'endabika byonna byatondebwa mu ngeri ekolera awamu. Katonda era yatusaasira n'atuwa ebika, ebitundu mwe tuwangaalira, n'amawanga.

> *Mazima twatonda omuntu mu kifaananyi ekisinga obulungi.* (Kulaane 95:4)

Mu lugendo lw'obulamu, tukulira mu mitendera mu ngeri ezeewuunyisa ezitali zaabulijjo: okuva mu biseera eby'okukwatibwa nga ekyatika n'obunafu, okuyita mu mitendera gy'okukula n'okuyiga, okudda mu kiseera ky'entikko y'amaanyi, n'okudda mu bunafu bw'emyaka gy'obukadde (omuli okukendeera mu maanyi, okumanya, n'okujjukira). Mu mitendera gino, abazadde bagenda mu maaso n'okukula mu birowoozo, nga bawaayo kinene eri abaana baabwe, abazzukulu, n'amaka gaabwe amanene.

Obwetaavu bw'omukwano omulungi buba bujja kusigala nga tebutuukiridde omuntu bw'atafuna mubeezi. Omuntu mu bufumbo mwokka mw'asobola okufunira omukwano mu birowoozo. Nga Kulaane bw'ekyogera,

> *Bbo (abakyala) kyambalo kyammwe nammwe muli kyambalo kyabwe (buli omu mw'afunira emirembe).* (Kulaane 2:187)



Nga obufumbo bumaze okubeerawo, ekintu kirala kijja ku mwanjo: obwetaavu bw'okufuna abaana n'okutandika amaka. Ku mutendera guno, ebintu bina ebyenjawulo biyinza okuzuuka, buli kimu nga kirina ebikivaamu ebikwata ku birowoozo. Abafumbo bayinza okubeera abagumba, oba ne bafuna abaana abawala bokka, oba abaana abalenzi bokka, oba ne babatobeka abawala n'abalenzi. Buli kimu ku bino kirina kye kituusa ku bazadde n'abaana.

> *Gw'aba ayagadde amugabira abaana aboobuwala ate n'agabira gw'aba ayagadde abaana abalenzi. Oba n'abatobeka nga balenzi na bawala. Ate oyo gw'aba ayagadde amufuula omugumba. Ddala Ye amanyi buli kimu, Muyinza (ku buli kintu).* (Qur'an 42: 49–50)

Okusasulwa ebirowoozo kwe bifuna kweyongera mu maaso nga abazadde bafuna essanyu ly'okulaba abaana baabwe nga bafuna obufumbo, n'oluvannyuma okubalaba nga bafunye abaana abaabwe kubwabwe (abazuukulu baabwe), kino nga kibasobozesa okuwulira okusigalawo nga weebali mu biseera ebyomumaaso.

Enjawulo tugiraba tufunye mwana omu (omulenzi oba omuwala) mu maka. Okuwulira muli tekuba kwe kumu omwana bw'abeera ne baganda be ne bannyina. Era empulira si y'emu omwana bw'aba talina bassenga, bamaama abato, bajjajja abasajja oba bajjajja abakazi. Abaana beeyongera ebbeeyi amaka bwe gabeera amagazi, ate era beeyongeranako amaka bwe gabeera amagazi ennyo (okuva ku njuyi zombi olwa taata ne maama). Emikisa egy'okwongera ebirowoozo okuba n'ebbeeyi gibaawo abaana bwe babeera n'eŋŋanda ennungi. Kino kibaawo mu mbeera ey'okubeerawo emirimu egyenjawulo; ku bakyala: nga omwana, mwannyina w'omuntu, omukyala, maama, ssenga, maama omuto, ne jjajja omukazi, ate ku basajja: nga omwana omulenzi, mwanyina w'omuwala oba muganda w'omulenzi, omwami awaka, taata, taata omuto oba kojja, ne jjajja omusajja.

## EBIGENDERERWA BY'AMAKA OKUSINZIIRA KU KULAANE

Obulamu bw'amaka businziira ku kuteekawo bigendererwa ebituufu eby'amaka, ebiri waggulu w'okufuna obufunyi abaana. Amaka tegazaala baana kukuuma bukuumi mutindo gwa buntu butasaanawo. Okubeezaawo amaka olw'amaka obuka tekikola makulu, n'olwekyo ebigendererwa by'amaka biteekeddwa okuzingiramu ebintu ebisukka ku kubeerawo obubeezi. Kulaane egamba:

> *Abange mmwe abantu! Mutye Katonda wammwe, Oyo eyabatonda nga abaggya mu muntu omu (Adamu), n'amutondamu mukyala we (Haawa), ate n'asaasaanya (mu nsi) abasajja n'abakazi bangi nga abaggya mu bombi. Mutye Katonda (muleme kumujeemera) Oyo gwe mweyambisa nga musaba, era mutye eŋŋanda (muleme kuzikutula). Ddala Katonda Mukuumi wammwe!* (Qur'an 4:1)

Abantu baatondebwa okuva mu mwoyo gumu (nafs), mu mwoyo ogwo mwe mwatondebwa omubeezi, ate mu mwoyo ogwo n'omubeezi waagwo mwe mwatondebwa abasajja abangi n'abakazi.

**Enkola y'amaka ennungi ereeta empisa eziyinza obutayigika mu ssomero**

Wadde nga aaya ekozesa bigambo ebyogera ku muntu omu, ekintu kye kimu kikkaatirizibwa mu njogera eri ku bantu abangi:

> *Katonda era yabateerawo abakyala okuva mu mmwe ate mu bakyala bammwe n'abaggyiramu abaana n'abaweereza, era n'abagabira ebirungi. Abaffe ebikyamu bye bakkiriza ate ebyengera bya Katonda ne babiwakanya?* (Kulaane 16:72)

Eky'okuteeka ku nsi abantu babeeko n'ebintu bye bakola kyogerwako mu aaya eno wammanga:

> *Ne Katonda wo we yagambira Bamalayika nti: "ŋŋenda kuteeka mu nsi omusigire." Baagamba (mu ngeri y'okwagala okumanya n'okwewuunya) nti: "Ogenda kuteeka mu nsi (omuntu) oyo agenda okwonooneramu ayiwe n'omusaayi – nga ate ffe (tuli wano) tutendereza amatendo Go, era ne tukutukuza (tetukugattako kirala kyonna)." (Katonda) yabagamba nti: "Nze mmanyi ebyo bye mutamanyi."* (Kulaane 2:30)

Aaya ennyonnyola obuvunaanyizibwa bwa buli Muntu ku nsi: Muyima era Musigire (khaliifah). Omulimu gw'omuntu ogw'obusigire kwe kukulaakulanya ensi (imraani) n'okubunyisa obwenkanya (adli). Kulaane era eyogera nti obulamu kugezesebwa, era nti tuli wano kusinza na kuweereza Katonda Yekka:

> *Era amajinni n'abantu nnabatondera kimu bansinze.* (Qur'an 51:56)

**Bwe Gamala Okufuuka Amaka, Bulijjo Gabeera Maka!**

Bwe tufa enkya, kampuni oba ekitongole bye tukolera bisobola okutusikiza abalala mu nnaku bunaku. Wabula, amaka ge tuleka emabega gaba gajja kuwulira okufiirwa okumala obulamu bwago bwonna. Ebiseera bingi tubimalira ku mulimu okusinga okubimalira ku maka gaffe, era nga ddala ekyo kikolwa si kya magezi!!

Omuwandiisi tamanyiddwa. Biri ku mutimbagano gwa kompyuta.

**A** Taata

**M** Ne

**A** Maama

**K** Mbaagala

**A** Nnyo

N'olwekyo, ebigendererwa by'amaka muzingiramu: Okusinza Katonda, obusigire, okuwa ekitiibwa ebyengera bya Katonda, okubeezaawo eŋŋanda, n'okukuuma eddembe lya buli omu.

Mu aaya eno wammanga Katonda era annyonnyola enkolagana erina okuba wakati w'abafumbo, essa essira ku butebenkevu, omukwano, n'okusaasiragana mu bali mu maka agamu:

> *Ne mu Bubonero Bwe kwe kuba nga yabatondera abakyala nga abaggya mu mmwe (nga bantu nga mmwe), mulyoke mutebenkerere gyebali era n'ateeka wakati wammwe okwagalana n'okusaasiragana. Ddala mu ekyo mulimu obubonero eri abantu abafumiitiriza.* (Kulaane 30:21)

Wadde nga omukwano mu maka guweebwa ekifo ekyawaggulu, si gwe mukwano ogusinga okubeera ogwawaggulu mu bulamu. Mu bitendo bya Allah mulimu Okufaayo, Obwenkanya, n'Emirembe. Okwagala Katonda Oweekitiibwa ne Omubaka We bye biteekebwa ku ddaala erisinga okuba eryawaggulu:

> *Gamba nti: "Bakitammwe n'abaana bammwe ne baganda bammwe ne bakyala bammwe n'abeekika kyammwe n'ebyobugagga bye mwapakasa n'ebyobusuubuzi bye mutya okuggwaawo n'amayumba agabasanyusa (okubeeramu), bwe biba nga bye mwagala ne bibasingira Katonda ne Omubaka we n'okulwana mu Kkubo lye, kale mulindirire okutuusa Katonda lw'anaaleeta Okusalawo Kwe (ebibonyoobonyo). Katonda taluŋŋamya bantu beewagguzi."* (Kulaane, 9:24)

Omusingi gw'okwagala kwe kwagala Omutonzi waffe. Okwagala Omutonzi gwe mukwano ogusinga okubeera ogwawaggulu. Bw'otyo oyagala bazadde bo, abaana, n'abooluganda ne bwe bakukola ekibi, kubanga okwagala kwo gye bali kuva eri era kwesigamidde ku kwagala kwo Katonda Oweekitiibwa. Ebyengera bye by'akuwa bisigalawo ne bwe weeyisa obubi. Omukwano mu maka kunnyonnyolwa bwe kuti mu Kulaane:



> *… mutye Katonda (muleme kumujeemera) Oyo gwe mweyambisa nga musaba, era mutye eŋŋanda (muleme kuzikutula). Ddala Katonda Mukuumi wammwe! (Kulaane 4:1)*
>
> *Katonda wo yalagira n'akibakakasaako nti musinze Ye Yekka era n'abazadde bombi mubayise bulungi. (Kulaane 17:23)*

Mu nkola eno ey'omukwano n'okufaayo, omuzadde omukazi alina enkizo ku muzadde omusajja, era y'alina okulabirirwa okusooka. Omusajja bwe yabuuza Nnabbi ﷺ nti, "Ani alina enkizo okufiibwako n'okusiima (birr)?" yaddamu nti, "Omuzadde wo omukazi, muzadde wo omukazi, muzadde wo omukazi, oluvannyuma muzadde wo omusajja" (AL- BUKHAARII).

Abaddu ba Katonda Omusaasizi ('ibaadu ul-Rahmaan) basuubira ebintu bibiri bye baagala bibaweebwe: embeera y'amaka ejjuddemu essanyu n'okufuna abakulembeze abalongoofu:

> *Era abo abagamba nti: "Katonda waffe! Abakyala baffe (oba abaami) n'ezzadde lyaffe batufuulire essanyu eri amaaso gaffe, era otufuule abakulembera abo abatya (ebibonerezo byo)." (Kulaane 25:74)*

Essanyu n'eddembe ky'ekigendererwa kya buli omu mu maka (nga mwemuli abazadde, bajjajja, abaana n'abazzukulu). Okufuna abakulembeze abalongoofu ky'ekigendererwa ekyokubiri. Kino kisobola okutuukibwako nga kiyita mu kusomesa abaana okubeera abayima, okusinza Omutonzi, okukulaakulanya ensi (imraan), n'okwagala Katonda ne Ababaka Be. Obutafa ku misingi gino emikulu kuba kujja kuggyako amaka essanyu lyago. Essanyu ly'okubeera omuzadde liva mu kulaba abaana nga beeyisa mu ngeri ennungi nga era enneeyisa yaabwe ekwatagana n'ekigendererwa kyabwe mu bulamu ku nsi.

Ebirowoozo bino biyingize mu mutwe, obikolereko, era obinnyonnyole abaana bo nga bwe bagenda bakula. Lino lye kkubo ery'okusiga ensigo y'obulongoofu n'obulungi mu mitima n'ebirowoozo by'omwana. Omwana ne bw'akula nga yeerabidde Katonda, olunaku lumu ensigo y'obukkiriza ejja kumera era ereete ebibala. Obutukuvu bw'obukkiriza mu nkola entuufu bulina okuliikirizibwa ne "obutukuvu bw'amata ga maama g'ayonsa omwana." Teekamu omusingi gw'empisa ennungi. Tereeza omwana by'asoosowaza bibe bituufu okuviira ddala ku ntandikwa.

Omusingi ogw'obulongoofu bwe gutyo gunyweza obukuumi bw'omwana obutagwa mu bikemo ebitwetoolodde. Tetuyinza kwesigamira ku "kulagirwa eky'okukola" okuva ebweru okusobola okukuuma ekitundu mwe tuwangaalira. Empisa z'omwana ez'omunda, okusobola okwewa ekitiibwa okwomunda, n'amaanyi g'okwefuga by'ebintu ebisinga okukola mu kukuuma ekitundu. Abazadde beetaaga okuyamba abaana okuganyulwa mu kulengera ewala okw'obubaka obutukuvu nga bayita mu kukkaatiriza obukkiriza, obwesimbu, n'okwagala mu bulamu bwabwe nga bakyali bato.

## KIKI EKYASOBA MU MAKA AMASIRAAMU?

Obukulu bw'amaka bugenze bukendeera mu myaka egizze giyitawo. Okweyongera kw'omuwendo gw'abafumbo abaawukana, amaka agaddukanyizibwa abazadde ab'oludda olumu, abantu abawangaalira awamu nga si bafumbo, obufumbo obutali mu mateeka, obwavu n'obutabaawo mirembe, byonna birina kinene kye bituusizza ku baana n'abazadde. Embeera eyo ezingiddemu n'amaka Amasiraamu, era ne gafuna n'ebizibu byago ebigeeyawulidde n'obunafu bwago.

Amaka Amasiraamu ge gaalibadde ekyokulabirako mu buwanguzi n'obetebenkevu. Okuddamu ekibuuzo nti lwaki gagenda goonooneka si kyangu naye emu ku nsonga eri mu kufootooka kwa Umma yennyini. Embeera z'ebyenfuna, enkola eteri ey'ebyenjigiriza nnuŋŋamu n'obukkiriza obwannamaddala okusuulibwa omuguluka – ebyo byonna birina ebizibu bingi bye bituusizza ku maka Amasiraamu.

Wadde nga Ummah by'erina byamuwendo nnyo, tebadde na busobozi kubikuuma buta-

yonoonebwa n'okusaasaana kw'ebikolebwa ebikyamu. Bino birina okutegeerbwa bisunsulwe n'obwegendereza okusoboola okuzzaawo ebitendo ebirungi ebyaliwo ebyawaako Ummah obuwanguzi bwe butyo. Tuteekeddwa okusengejja ebintu ebiyinza okukyamya abaana baffe ekitali ekyo tuba tujja kusigaza abantu abakulu abatali benkamunkamu nga beeyisa mu ngeri eteri nnungi mu bintu ebisinga.

Kulaane eragira Abasiraamu okusoma (iqra'), okukozesa amagezi (ya'qiluuna), okulowooza (yatafakkaruuna), okufumiitiriza (yatadabbaruuna), n'okutegeera (yafqahuuna). Lwaki Abasiraamu balina eddaala erisinga okubeera ewala mu butasoma ate era lwaki be babbikidde mu kukkiririza mu maanyi agatali gaabulijjo (eddogo n'ebyawongo)? Abasiraamu baawangulwa, ne batirimbulwa, era ne bakkakkanyizibwa mu byasa ebitono ebyakayita. Okwo ogattako nti, bwe baamala okunyagibwako ettaka, ebyobugagga, n'essuubi, baafuna ekifaananyi ekibi ku nsi yonna, ebyobuwangwa ebyonooneddwa, n'okubeera n'okwekkiririzaamu okunafu. Baasuulawo embeera zaabwe ezisinga obungi ne balondawo ssente n'obuyinza ku mpisa n'ebintu ebigasa abantu bonna. Obugayaavu n'obuluvu bye bisoosowazibwa ku mirembe n'ebintu abantu bye beetaaga. Ummah eri mu bwonoonefu, enguzi, endwadde, obwavu, n'enjala.

Abasiraamu basaasaanidde mu mawanga 56, nga mangi ku gano gali mu kuyombagana na kulwanagana bokka na bokka. Bakozesa ebintu bingi ne bakola bitono, era ne bawangaalira mu bulamu bw'okuyimirirawo obuyimirizi n'okulya obuli mu kifo ky'okuzimba n'okukulaakulana. Ebyasa eby'okunafuwa byamyumyula embeera zaabwe, gyakyusa engeri gye batunuliramu ensi, gyakyafuwaza ebyobuwangwa byabwe, ne gireetera okukkiririza mu ddogo n'ebyawongo okusaasaana. Kuno ogattako nti, enkola y'ebyenjigiriza eyayingizibwa okuva mu Bulaaya yasaasaanira ebitundu by'Abasiraamu byonna. Emirembe egiriwo gyaggwaamu okwekkiririzaamu, gyafiirwa ebyobuwangwa byagyo, obukkiriza bwagyo, n'obujjajja bwagyo. Abaana baatandika okubuusabuusa kye bali, ekintu ekyeyongera okunafuya okwekkiririzaamu kwabwe, ekitiibwa, n'okwetegeera. Beeyongera okufuuka abatwalibwa obutwalibwa, abatalina mpisa n'obunywevu bw'omwoyo ebyetaagisa okusobola okuba n'enneeyisa ey'obuvunaanyizibwa era ezimba. Okubeera obumu n'okuwangaalira awamu mu kukkiriziganya byayonoonebwa awaka, ku muliraano, ne mu kitundu mwe bawangaalira kyonna okutwalira awamu.

Abasiraamu abakazi n'abasajja baatandika okugoberera mu ngeri y'ekizibu ky'amaaso enneeyisa eteri ntuufu ey'ebyobuwangwa by'abantu abalala, omuli okuyita obwereere, okweraga (tabarruj), okunoonya okwegatta mu by'obufumbo okutali kutuufu, n'okulagajjalira obuvunaanyizibwa obw'eddiini. Kino kyavaamu enneeyisa ereeta obutakkiriziganya, akatyabaga mu byobuwangwa, n'amaka agatali masiraamu wadde okuba ag'omulembe. Okunoonya eby'okufuna n'ebyamasanyu ebitaliimu kulowooza, byamalamu abaana n'abazadde okulowooza ku by'omwoyo ne bibamalamu n'amaanyi.





Bulooka ezizimba ekitundu – amaka – zaatandika okulemererwa. Mu kifo ky'okukuza abatuuze abalina omugaso (abazira, abayiiya, abekkiririzaamu, era ab'obuvunaanyizibwa), Abasiraamu baatandika okufuna abaana aboonoonefu era abeefaako bokka. Abaana bano baanoonyanga kuweebwa mu kifo ky'okubeera abawa, abeerowoozaako bokka mu kifo ky'okufa ku bantu b'ekitundu n'okubeera abaweereza abalungi, era aboonoona n'okuba ab'obulabe okusinga okubeera abayamba.

Abazadde bangi Abasiraamu bawangaalira mu butasoma, obutamanya n'embeera ya tebinkwatako. Abasiraamu bangi balemesebwa mu kulaafubana kwabwe okunoonya okumanya n'obukugu. Ebitundu by'Abasiraamu ebimu biwangaalira mu kunyigirizibwa kwa gavumenti za bamusibiramubbwa. Abasiraamu bangi boolekera ebizibu bino wammanga:

- Obutaba na ddembe limala ery'okulowooza, olw'okunyigirizibwa n'okupikibwamu endowooza ezenjawulo;
- Obutaba na ddembe limala okubuuza ebibuuzo, okwagala okumanya, n'okwogera;
- Obutaba na ddembe limala okukola bizinesi n'okugaggawala, olw'enguzi n'enzirukanya embi ey'emirimu;
- Obutaba na ddembe ly'abakyala limala, nga kino kiva ku butamanya n'okunyigirizibwa abasajja; ne
- Obutaba na ddembe limala ery'abatuuze okulonda abakulembeze baabwe, nga kino kiva ku kutulugunyizibwa n'effugabbi.

Abasiraamu tebasobola kukwataganya bintu bino byonna mu kiro kimu. Naye basobola okutandikira ku kintu kye basobola okufuga, nga nakyo kwe kubeera abazadde abalungi. Abasiraamu okukuza abaana abawanguzi, abalongoofu era abalibeera abatuuze abalungi, beetaaga okukyusa enkola ez'obuzadde ezikozesa obuyinza era ezinyigiriza, nga ze zibuutikidde amawanga gaabwe kati era balongoose mu ngeri ey'amaanyi engeri gye bakolamu eby'obuzadde.

## OKUKULA KW'OMWANA N'EBYENJIGIRIZA EBIRUNGI

Wazze wabaawo kaweefube owaamaanyi okutereeza kisobozesa okumalawo okuddirira mawanga g'Abasiraamu mwe gaatandika okwebbika. Enteekateeka nnyingi zaatekebwawo. Wabula, obyenjigiraza by'abaana, nga kye kintu ekikulu ennyo, tekyali mu byali eby'okukolebwako abalongoosa. Bakakensa abaamaanyi baasomesa ebintu bingi (omwali eddiini, ebyobufuzi, empangaala y'abantu, n'ebyenfuna), nga baakola kinene n'okwewaayo okuddiriza okukyusa embeera y'oddirira kwa Ummah n'okulongoosa embeera yaayo. Wabula, ekirwadde ekyagaana okufuna eggwanga eddongoofu tebyanogerwa ddagala. Obusobozi n'ebiyinza okuva mu Basiraamu sekinnoomu tebikozeseddwa bulungi. Omuwaatwa wakati w'Abasiraamu n'abatali Basiraamu mu by'okuyiiya, okukola obulungi, n'okubaako bye bafuna (mu ssayansi ne tekinologiya) guzze gweyongera kugaziwa okumala emyaka egiwera. Obuvunaanyizibwa obulina okwetikkibwa abayivu n'abebyenjigiriza kwe kuvumbula ekintu ekibulamu n'okufuna engeri gye kigonjoolwamu. Bandikoze nnyo okutunuulira ebintu ebikwata ku kulera omwana, okukulaakulana kw'omwana, n'ebyenjigiriza by'omwana. Bateekeddwa okutandikira ku buzadde awaka. Okuggyako nga omwoyo gw'omwana n'engeri gy'ategeeramu biteekebwako essira okuva mu bazadde n'abaagala okulongoosa, amawanga g'Abasiraamu gaba bubi mu kuddirira mu mpisa n'okudda emabega.





Ebyafaayo biraga nti, abaakolanga ogw'okulongoosa bangi abaatambulira ku nkola enkadde essira baaliteekanga mu bya ddiini n'amateeka n'ebyobufuzi ebigenderako, ekyavaako obutakola bulungi okwabalukawo mu byenjigiriza, amateeka n'ebyobufuzi. Okulongoosa okw'omulembe kungi kwagenda ku ludda lulala era essira ne kulissa ku kukoppa Abazungu abaali babawangudde. Abantu baabulijjo baalekebwa n'ebisuubizo omutaali mulamwa n'essuubi eritaatuukirizibwa. Abalongoosa b'eddiini bangi baakozesa amameeme mangi ne baleeta ebirowoozo okukozesa amakubo agatategeerekeka okugonjoola ekizibu ageesigamiziddwa ku kukoppa emyaka egya zaabu egy'Obusiraamu. Tewaali kussa ssira ku mulimu n'obuvunaanyizibwa bw'abakazi (abakyala awaka ne bamaama) mu kukuza abaana. Tewaaliwo kusomesa na biwandiike bimala ebikwata ku buli nsonga ekwata ku kukula kw'omwana, okuyiga kw'omwana, n'obuzadde. Abantu baabulijjo tebalina kyamaanyi kye baakola ku mulanga ogwakolebwa mu bwesimbu ogwava mu balongoosa, kye kimu abagendera ku nkola enkadde oba abali ku nkola eteri ya ddiini eri ku mulembe. Abasiraamu abasinga baali bakolera ku mbeera eriwo mu kifo ky'okuteekawo embeera. Tewaali byakukola biteeketeeke ebiganyulwa mu makubo agasunsuddwa agava mu kwekenneenya, okusunsula n'okutegeera ekizibu. Abalongoosa tebaatunuulira mateeka ga Katonda (al-sunan al-ilaahiyya) ne ssayansi ow'obutonde, ow'abantu n'empangaala y'ekitundu.

Abasiraamu bateekeddwa okumanya obukulu bw'okukuza abaana abalungi n'ebiyinza okukuvaamu mu biseera eby'omumaaso. Basswahaba ba Nnabbi ﷺ abatutumufu baali bakulu mu myaka Nnabbi ﷺ we yababuuliranga eddiini. Embeera yaabwe yali yafuulibwa dda nga bwe yali mu buto bwabwe. Baakuzibwa nga bantu abeetongodde, abavumu era te-

Mu kunoonyereza okwakolebwa olupapula Washington Post wamu ne Harvard University ebintu ebisoosowazibwa abasajja n'abakazi bangi byazuulibwa okuba: "okweŋŋanga okunyigirizibwa kw'ebirowoozo n'ebyenfuna; okunyweza enjegere eziyunga amaka; okuwuliziganya obulungi n'abaana; n'okwagala ennyo bamaama okumala ebiseera byabwe ebisinga obungi awaka n'abaana baabwe." Okubeera omuzadde omulungi awatali kubuusabuusa ky'ekisooka waggulu mu kusoosowazibwa.

AL-USRA MAGAZINE 2005

baanyigirizibwako bafuzi baabumbula. Nnabbi ﷺ yayogera ku bukulu bw'okuzimba embeera y'omwana: "Ababasinga obulungi nga Obusiraamu tebunnajja era be babasinga obulungi nga Obusiraamu bumaze okujja bwe bategeera (Obusiraamu)." Ebitendo ebikulu eby'omuntu biba byamuteekebwamu dda mu buto. Kye kimu mu biseera nga Obusiraamu tebunnajja oba nga bumaze okujja. Obukkiriza n'obukugu bisobola okusomesebwa omwana oluvannyuma, wabula obubumbwa obulungi tebusobola.


Nnabbi ﷺ bwe yatandikira okubeera Omubaka yalina emyaka 40, Abu Bakr yalina 37, Umaru emyaka yalina 19, Ali 12, ate mukyala wa Nnabbi ﷺ, Khadija yalina emyaka 55. Ebigendererwa ebikulu n'empisa byateekebwawo Kulaane, naye nga amadaala agasooka agatuusa omuntu ku kubituukiriza buba buvunaanyizibwa bwa bazadde. Abazadde bateekeddwa okutandika okuzimba obubumbwa bw'omwana nga obudde bukyali, nga bakozesa amakubo ag'ebisomesebwa ku birowoozo by'omuntu, empangaala y'abantu, empuliziganya n'ebyenjigiriza. Wadde nga empisa z'abantu enkulu n'ebyetaago tebikyuka, obukodyo obw'obuzadde bwetaaga okubeera nga bunoonyerezeddwako bulungi, bukulaakulanyiziddwa, era nga bwongeddwa okutereezebwa okusinziira ku biba biriwo.

Okumanya obukulu bw'okubeera omuzadde omulungi era nti ekifo ky'amawanga kisinga kusalibwawo na ngeri gye tukuzaamu abaana, amasomo mangi gaateekebwawo okwetooloola ensi yonna okussa mu nkola obukugu mu by'obuzadde, n'ensonga okugisaasaanya mu kisaawe ky'abantu bonna. Obutafa ku kakisa kano kikosa kinene, era teri ggwanga liyinza kugumiikiriza kufiirwa kunene bwe kutyo. Emigaso mingi giyinza okufunibwa okuva mu kusomesa amasomo ku by'obuzadde eri abazadde n'abasuubirwa okufuuka abazadde. Okuteekawo ebintu ebiyinza okukolebwa mu bitundu okutumbula engeri abantu gye bayinza okuyigamu okukuza abaana kirimu omugaso ogutayogerekeka. Okutondawo minisitule oba ebitongole ebyeyawulidde eby'obuzadde obulungi mu mawanga agenjawulo kiba kyamugaso nnyo eri abantu.

## OKUTUNUULIRA N'OBWEGENDEREZA KU BWETAAVU ERI ENKOLA Y'EBYENJIGIRIZA ENNUNGI

Bwe tuba twagala okutereeza ebyenjigiriza by'abaana baffe, twetaaga okutunuulira enkaliriza enteekateeka y'ebyenjigiriza mu mawanga g'Abasiraamu. Amasomero g'Abasiraamu agamu olwaleero geemulugunyizibwako ku bikwata ku ngeri gye gategeeramu enkula y'omwana, okugeza, engeri gye gatwalamu ebyemizannyo by'abaana okuba ekintu ekibi. Ebirina okusomebwa tebizimbirwa ku mitendera gy'okukula kw'omwana, kubanga ebiseera ebisinga biba bya kukaakaatika, tebiriimu bulamu, era tebikyukakyuka. Tebifa ku nkula y'abaana ey'okwagala okumanya n'embeera zaabwe ez'okwagala ebyemizannyo egy'omubiri n'egikozesa ennyo obwongo. Mu kifo ky'ebyo, byo byesigamira ku kusoma okw'okuddiŋŋana ebisomesebwa n'okukwata ku mwoyo.


Ebyafaayo biraga nti, waliwo ensoma za mirundi ebiri ezenjawulo mu mawanga g'Abasiraamu. Esooka, waaliwo ebyenjigiriza ebitaali byalukale, ebirungi era nga biteekateekeddwa bulungi, nga byali bya baana b'abantu abali mu madaala agaawaggulu, okugeza abafuzi n'abaga-



gga. Abaana baabwe baasomesebwanga basomesa abatendeke obulungi ennyo era abaabakwasanga ekisa, abaayitibwanga ("mu'addibu" - omugunjuzi) abaabasomesezanga mu mbiri ezitali zalukale. Abasomesa / abagunjuzi bano baaweebwanga ebiragiro okuteekateeka abaana okubeera abakulembeze n'okubeera abasukkulumu. Abafuzi okugeza Mu'aawiyah ibn Abi Sufyaan, Abd al-Malik ibn Marwaan, al-Hajjaaj al-Thaqafi, Haaruun al-Rashiid, n'abalala baasomesebwa abasomesa abatutumufu. Abasomesa bano baaweebwa ebyokukozesa byonna ebyali byetaagisa okuyigiriza abaana mu masomo ag'eddiini, ebyobuwangwa, n'obukugu mu lulimi, wamu n'obukugu obutali bumu n'ebyoleke ebitali bimu. Ekimu ku bizibu ebyali mu nkola eno ey'okusomesa omuntu omu-ku-omu kwe kuba nga abaana baggyibwako ebirungi ebiri mu kusomera awamu ne bannaabwe. Kino kyennyume ddala n'enkola eyookubiri eya kuttaab, amasomero agaalukale, omwasomesebwanga ebitundu bya Kulaane ebimu n'okubala okutandikirwako. Abasomesa n'ebikozesebwa byabanga tebimala era nga tebiri ku mutindo. Abasomesa baakozesanga bibonerezo abituusibwa ku mubiri ebirumya nga ekkubo ly'okubonereza abayizi, baagaananga abayizi okuzannya, era nga bakozesa kukwata bukusu (ku mwoyo) nga ekkubo erisinga obukulu mu kuyigiriza. Enkola eyaliwo edda ey'emirundi ebiri mu byenjigiriza ne we tuwandiikidde enkola y'emu ekyagenda mu maaso n'amaanyi mu mawanga g'Abasiraamu agamu. Abazadde abagagga batwala abaana baabwe mu masomero ag'obwannannyini mu nsi eyo oba ebweru ate abaavu ne babatwala mu masomero gaalukale agatalina bikozesebwa bimala. Amasomero g'obwannannyini agebbeeyi galina ssente ezigasobozesa okukozesa abasomesa abatendeke obulungi era gagoberera enteekateeka y'emisomo ey'ebweru n'egeyawulidde, sso nga era gabeera n'ebikozesebwa ebirungi ennyo omuli amagezesezo, ebintu ebikozesebwa mu kusoma nga bw'olabako, amaterekero g'ebitabo, kompyuta, n'ebisaawe byemizannyo byonna ebitali mu masomero gaalukale. Ebyembi, amasomero gano ag'obwannannyini ag'ebbeeyi mu mawanga g'Abasiraamu gatera okufulumya abayizi abalina endowooza embi ku by'obuwangwa, ebintu ebyedda, n'eddiini.

Akosebwa ennyo mu nsomesa etetuukiridde ye mwana. Okufiirwa kuno "akadirisa k'emikisa" ak'okukuza n'okuyigiriza abantu abasinga obungi mu ggwanga kuzibu okutereeza oluvannyuma lw'ebirowoozo n'emitima gy'abantu sekinnoomu okumala okussibwa mu mbeera yaabyo. Bwe tuba twagala okutereeza Ummah, tulina okukyusa engeri gye tukuzaamu omwana (obuzadde), awamu n'enkola yaffe ey'ebyenjigiriza (enteekateeka y'okusomesa). Bwe kityo, waliwo obwetaavu obw'amaanyi okussa essira ku myaka gy'obuto egisookerwako. Okubeera abawanguzi, tulina okutandikira ku kukwataganya n'abasomesa abasookera ddala: abazadde. Awatali kubuusabuusa abo be basomesa b'omwoyo era abazimba enneeyisa y'omuntu.

Kiba kisaanira okugamba nti ekyokulabirako ekirungi era ekipime obulungi eky'obuzadde tekiriiwo kati mu mawanga g'Abasiraamu wadde mu mawanga ga Bulaaya. Ekitundu kyonna ekinoonya okukyusa mu mpangaala yaakyo kirina okumanya nti obuzadde kye



kisumuluzo ky'okufuna essanyu – mu mpisa, omwoyo, n'ebintu abirabwako. Okusookera ddala, tulina okulongoosa endowooza yaffe n'engeri gye tukolamu eby'obuzadde. Ekkubo ly'okukolamu obuzadde lirina okuzingiramu omutima n'amagezi. Amagezi geetaaga okwanja ensonga, okusengeka ebintu, n'okuteekawo amakubo aganaakola ekiseera ekiwanvu. Omutima gwetaaga okuwulira obulungi munda, omukwano, enkwata ennungi ey'ebintu, n'okusobola okutegeererawo ebintu. Obuzadde obulungi tebuteekwa kubulamu kumanya okwassaayansi oba okukozesa ekitone.

Okuzimba obugunjufu (imraan) kwetaaga ebitongole bingi, ebisobola okutuukiriza ebigendererwa nga biddukanyiziddwa abantu abeesigwa, abayiiya, abasobola okukola emirimu, abakolera mu mbeera ey'okwebuuzaganya. Okukuza abantu abamaanyi mu bwongo, omubiri, omwoyo, n'embeera zaabwe kiyinza okukolebwa mu ngeri esinga obulungi bwe kiba kirekeddwa mu mikono gy'ekitongole eky'amaka – abazadde. Omulimu guno teguyinza kulekerwa masomero, mawulire, ne zi gavumenti, wadde nga ebitongole bino biyinza okuyambako ennyo. Tewali kitongole kiyinza kukola bulungi oba ekyagala mu butonde okutumbula ebikola obulungi abaana okusinga abazadde. Waliwo obuteebalira n'okwagaliza ebyeyawulidde omuzadde, nga wadde buli muntu ayinza okweyagaliza ekisinga obulungi ku nsi kuno, bazadde bokka be baba bajja okwagaliza abaana baabwe okubeera obulungi n'okubasinga.

Abazadde bwe baba bamatiziddwa, baba bajja kuwaayo mu bwesimbu kyonna ekyetaagisa okukuza abaana baabwe mu ngeri esinga obulungi. Omuntu bw'abuulira abazadde ekintu ekiyinza okusinga okuyamba abaana baabwe, bawuliriza. Kye beetaaga kyokka kwe kutegeera butya bwe bayinza okukituukiriza. Ekitandikirwako kwe kutegeeza abazadde obuvunaanyizibwa bwabwe. Okubeera abazadde mulimu gwa buwangaazi bwonna, si myaka etaano egisooka, wadde nga ekiseera kino kye kisinga okubeera ekikulu. Mu mutendera guno ogujja nga bukyali, abazadde be bazannyi abasinga obukulu, wadde nga ebintu gye byeyongera baba n'amaanyi okweyongera okuzannya ekifo eky'amaanyi mu kuteekawo ekifaananyi ky'enneeyisa y'abaana n'engeri gye bawangaalamu bwe baba bamanyi engeri y'okubaluŋŋamyamu entuufu.

## Amaka mu Amerika

Mu kitabo kye, It Takes AVillage to Raise a Child (kitwala ekyalo kiramba okukuza omwana), Hillary Clinton (1996) Omuwandiisi Omukulu Ow'eggwanga (US Secretary of State), yagamba nti ebitundu amakumiana ku buli kikumi eby'abaana abavubuse bafuna embuto nga tebannaweza myaka 20, era nti embuto akakadde kamu n'ekitundu ziggyibwamu buli mwaka. Abamerika bangi bateekateeka okwesanyusaamu ku nkomerero ya buli wiiki Clinton ayongerako nti omuwendo gw'abaana abazaalibwa wabweru w'obufumbo gwabuuka okuva ku bitundu bitaano ku buli kikumi mu 1960 ne gutuuka ku bitundu 25 ku buli kikumi mu 1996. Abaana ebitundu amakumiabiri ku buli kikumi bawangaalira mu bwavu. Obutemu n'okwetta bisaanyaawo kumpi abaana 7,000 buli mwaka; ate abaana 135,000 baleeta emmundu ku ssomero buli lunaku. Abaana, kye kimu bagagga oba baavu, bafuna okuyisibwa obubi, okulagajjalirwa, n'ebizibu ebivaako enneeyisa embi ebyalisobose okwewalika. Omu ku buli Bamerika basatu azitowa nnyo, nga kuno kulinnya okuva ku Mumerika omu ku buli bana mu myaka gye 70.

Omuwandiisi Omukulu Clinton awandiika nti omwana owaabulijjo ali mu myaka 17 egy'obukulu aba amaze okulaba okutta okuwera 18,000 ku TV. Omuyizi Omumerika owaabulijjo aba amaze wakati w'essaawa 15,000 ne 20,000 nga alaba terefayina, bw'omugeraageranya n'essaawa 11,000 z'aba amaze mu ssomero. Omwana omuto Omumerika owaabulijjo

buli mwaka alaba okukwata abakazi okutali kweyolefu n'okweyolefu okusukka mu lukumi, okutemula, okubbisa eryanyi n'obulumbaganyi ku terefayina.

Lwaki omwana omuto nga alaba okuwemuka mu biseera bya Nixon mu 1972 mu wooteeri ya Watergate, alowooza nti kiba kikyamu omuntu yenna okumenya woofisi z'ekibiina kya Democratic Party mu America, sso nga aba yalaba okumenya okufaananako bwe kutyo ku TV buli kiro era nga akubala nga ekikolwa eky'obuzira? Abaana bafuuka abatakyafaayo bwe balaba obuzzi bw'emisango obweyongera buli lunaku era kifuuka kitundu ekyabulijjo ku bulamu bwabwe.

Abazadde beetaaga okuba nga bamanyi obubaka obukyamu abaana baabwe bwe bayinza okufuna, bababakuume obutabatuukako, era beetabe mu kaweefube w'okulaba nga ebikyamu ebibuleeta bikendeera. Ebiwandiike ebingi ebiriwo ku by'obuzadde tebikoze kyetaagisa. Bwe tutyo, twetaaga okwekenneenya lwaki, n'amagezi ago gonna agaweebwa n'emyaka emingi egibadde mu kunoonyereza, obuzadde bulabika okuba nga ate buzzeeyo buzzi okubeera obubi n'okusinga we bwali.


Ekitera okussibwako essira mu Holywood ye ndabika y'omuntu, omubiri ogw'okungulu mu kifo ky'essira okulissa ku bituukiddwako mu by'amagezi n'obulungi bw'empisa n'enneeyisa. Waliwo ebibumbe eby'asajja n'abakazi ebiri obwereeere ebiri mu byererezi ebyolukale. Empaka z'obwannalulungi essira ezirissa ku mibiri gy'abakazi ziteekateekebwa bulijjo nga temuli kulaga byampisa n'ebyomwoyo. Kino kyafuulibwa kyabusuubuzi okutuusa n'okuba nga waliyo empaka z'obwannalulungi ez'embwa n'eza zikkapa! Ensomesa y'Ekisiraamu egamba nti Katonda mulungi era ayagala obulungi mu buli kintu; naye essira liri ku bulungi bw'ebintu mu bubumbwa, enneeyisa, n'empisa.

Bwe kituuka ku bizibu eby'amaka okugeza ebiragalalagala n'ebintu ebikwata ku kwegatta mu by'obufumbo, engeri gye tunnyonnyolamu ekizibu y'etuwa engeri gye tuyinza okugonjoolamu. Bwe tunnyonnyola ekizibu nga ekiva ku byenfuna, okukimalawo era kubeera mu byanfuna. Bwe biba nga bitwaliddwa nga ebisibuka ku by'empangaala y'abantu, ekibigonjoola era kiba kijja kuba mu mpangaala y'abantu; bwe kiba kirabiddwa nga ekikwata ku mubiri okugonjoola era kuba kwa mubiri. Okugeza, kitera okugambibwa nti ekizibu ky'ebiragalalagala kiri mu ngeri gye bisaasaanyizibwamu sso si ngeri gye byetaagibwamu.

Kino kyatuusa gavumenti okusiga ensimbi ennyingi mu bikozesebwa, nga mwe muli amaato n'ennyonyi, okuyimiriza okubituusa ku bantu. Essira wano liri ku byanfuna by'ensonga. Wabula ekituufu kiri nti, kino tekiyambye kugonjoola nsonga era abakulira okusaasaanya ebiragalalagala bagenda mu maaso okufuna amagoba mu busuubuzi bwabwe buno obukyafu. Kye kiseera abantu era batunuulire ekintu kino nga eky'empisa, ebyomwoyo era nga ebikwata ku mpangaala y'abantu olwo bakikoleko nga bwe kyetaagisa.

## EBITERA OKUMALA GATWALIBWA NGA EBITUUFU KU BUZADDE MU AMERIKA

Obutakkiriziganya wakati w'ebigendererwa n'amakubo mu Bamerika bireeta okutabulwa okw'amaanyi mu birowoozo by'abaana. Mu kitabo kye Why Johnny Can't Tell Right from Wrong (Lwaki Johnny tayinza kwawulawo ki-



tuufu ku kikyamu), William Kilpatrick (1993) annyonnyola nti abazadde baagala abaana baabwe okubeera abeesimbu, abeesigika, abalungi, abeefuga bokka, era abawa abalala ekitiibwa. Kiki ekigaana abazadde okuteeka ebitendo ebyo mu baana baabwe? Eky'okuddamu ekimu kiri mu bintu ebikkirizibwa nga ebituufu kye bikola ku kukuza abaana. Tujja kutunuulira ebintu bino mu bulambulukufu mu ssuula eddako, wabula ebimu ebikwata ku maka g'Abamerika tubiraze mu lukalala oluddako wansi. William Kilpatrick takkiriziganya na bino wammanga:

**a) Olw'okuba nga eggwanga lya United States bwe lyali litandikibwawo lyazimbirwa ku musingi gw'endowooza egamba nti buli muntu alina okuba n'obusobozi obw'okwerwanirira, abaana balina okukuzibwa mu mbeera eteriimu kukozesa buyinza.** Omusajja yagenda mu kibira, yazimba ennyumba ye, yalima emmere ye, n'atandika ne bizinesi ye, byonna ebyo nga yeekuuma n'amaka ge obutalumbibwa nsolo, babbi, ne gavumenti engwira. Yadduka aboobuyinza. Abalamazi abenzikiriza ey'ekikristo abaasooka ab'ebibiina ebyenjawulo baatuuka mu gaali Amatwale Ekkuminaasatu ebiseera ebyo, ensi ennene awataali gavumenti oba awaali gavumenti etaali ya maanyi, nga badduka ekibabu ekya gavumenti eza bannaakyemalira mu Bungereza, Bufaransa, ne Bugirimaani, ezaatyoboolanga eddembe lyabwe eryobwebange era ne babamalako eddembe lyabwe. Abamerika bangi, abaganyuddwa mu kya gavumenti okubeera n'obuyinza obutono, balowooza nti kisingako okukuza abaana nga waliwo obuyinza butono oba nga tewali ddala. Wabula, abaana beetaaga okufiibwako abazadde n'aboobuyinza okubakuza nga abantu abalina omukwano, wadde nga ku bakulu ekyo tekyetaagisa.

**b) Ekitwalibwa nti waliwo "Omulenzi Omulungi Omubi." Abalenzi "ababi" balagibwa nga abaagalika era abasanyufu.** Tom Sawyer ne Buster Brown, abazannyi abaganzi ennyo okuva mu bitabo by'emboozi eby'Abamerika, byakulabirako okuva mu by'emabega, Dennis the Menace, Bart Simpson, The Little Rascals, n'abakyamu abalala "abaganzi" abalabikira mu filimu ne ku ntimbe za terefayina byakulabirako ku baliwo kati. Enkola bw'eti esigala mu birowoozo, ekigambo "bugonvu" ne kituuka okufuuka ekigambo ekibi mu bigambo omwana by'akozesa.

**c) Ekitwalibwa nti omukwano gwokka gumala okukuuma "obulungi obw'obutonde" obw'omwana.** Ekirowoozo kino kyaleetebwa Rousseau, eyagamba nti obulungi buba bujja kwerabirira singa abaana baba bakkiriziddwa okukula ku lwabwe. Abazadde kye beetaaga kyokka kwe "kulaga omukwano" abaana baabwe; omukwano, okusinziira ku Rousseau, gutegeeza obutayingirira n'okuwa obwetwaze obujjuvu.

**d) Ekitwalibwa nti "okumanya okw'ekikugu" bulijjo kutuufu era nga tekulibeerako kukyamu.** Abazadde baalekawo obuvunaanyizibwa bwabwe ne badda eri "abakugu" okubayamba mu kukuza abaana baabwe. Abasinga obungi ku bakugu mu kulabirira abaana bagwa mu ndowooza eri waggulu eya "obulungi obw'obutonde," bwe tutyo ne tuba n'embeera ey'ekitwalibwa nga kituufu ekimu ne kiwagira ekirala. Abakugu batera okussa essira ery'amaanyi ku njawulo, okuyiiya n'okukola ebintu nga tebeeyagalidde, eby'abaana. Abakugu abamu baagala abazadde be baba bakyuka okusinziira ku mbeera z'abaana, okusinga abazadde okusomesa abaana okugoberera amateeka n'okugondera ebiragiro.

**e) Ekitwalibwa nti "ebizibu by'empisa biva ku bizibu bya birowoozo."** Ebizibu by'enneeyisa birabibwa nga ebizibu ebiri mu kwewa ekitiibwa oba ebiva mu byetaago by'ebirowoozo ebiba bitakoleddwako. Abakugu mu by'abaana bangi tebakkiriziganya na kirowoozo kigamba nti ebizibu by'enneeyisa biva ku kwagala na "kweyagalira" ku ludda lw'abaana. Ebitabo bingi byawandiikibwa ku "kwewa ekitiibwa" era nga ekigambo "ebitendo" tekirina we kyogerwako. Kikulu okwogerwako nti emiko egiwandiika ku kulabirira abaana mu butabo omuli The Ladies' Home Journal, Women's Home

**Ebyonoono Omusanvu Ebyakabi Ennyo Mu Bukristaayo**
Omululu, obutamatira, obugayaavu, ensaalwa, obusungu obwettumbiizi, okwewulira, n'obuluvu.

Companion, ne Good Housekeeping obw'emyaka 1900, 1910, ne 1980, ekitundu kimukyakusatu eky'obutabo buno kyali ku kukulaakulanya bitendo na bubumbwa.

**f) Ekitwalibwa nti "abazadde tebalina ddembe kuteeka mu baana baabwe bbo (abazadde) bye batwala nti bikulu."** Abantu abamu bagamba nti abaana be bateekeddwa okweteerawo ebintu bye batwala nga ebikulu. Ekituufu kiri nti, abaana tebalina mukisa gwamaanyi kino okukikola, okuva abantu abalala mu bitundu mwe bawangaalira nabo bwe baagala okubakakaatikako bbo bye balaba nga bye bikulu. Abaffe kikola amakulu abazadde okusigala nga bayimiridde buyimirizi nga abatunuulizi naye nga buli muntu omulala (okuva ku bawandiisi b'emizannyo, bakazannyirizi, abalanga eby'amaguzi, n'abayigiriza eby'okwegatta mu by'obufumbo), nga bakola butaweera okulaba nga baguza abaana bbo bye balaba nga bikulu? Engeri emu ey'okunnyonnyola ebintu ebikulu kwe kulowooza ku byonoono.

**g) Ekitwalibwa nti "amaka agaddukanyizibwa omuzadde ow'oludda olumu yekka nago malungi nga ago agalimu abazadde ababiri."** Okuzimba obubumbwa bw'omuntu mulimu muzibu, ne bwe tuba tumanyi engeri gye tugukolamu. Okwawukana kwongera okuzibuwaza okuzimba embeera z'omuntu. Omuwendo gw'abafumbo abaawukana guli waggulu nnyo, nga kino kirina kye kikosa amaka g'Abamerika agasukka ku kimuekyokubiri. Abaana okuva mu maka agaddukanyizibwa omuzadde ow'oludda olumu yekka gabeera n'ekizibu eky'okusobola okugwa mu kukozesa ebiragalalagala, ebizibu by'enneeyisa, n'embuto eziteetaagibwa. Ebyo nga tumaze okubyogera, tetukigaana nti abaana okuva mu maka gonna basobola okukyusakyusa embeera y'ebirowoozo byabwe ennungi. Omukugu mu by'ebirowoozo Omungereza D.W.Winnicott lumu yayiiyaayo ebigambo "maama omulungi ekimala," okutegeeza nti omwana okusobola okufuna okwewulira obulungi, maama ateekeddwa okuba "maama omulungi ekimala" asobola okuwangaala n'omwana ne "obwamaama obusookerwako obufa ennyo ku mwana." Kino kikwata ku bamaama ne bataata mu maka agaddukanyizibwa omuzadde ow'oludda olumu oba ababiri. Omuzadde afaayo mu maka agalimu omuzadde omu ayinziza ddala okukola omulimu omulungi ogw'okukuza abaana okusinga abazadde abatafaayo abawangaalira mu maka agalimu abazadde ababiri. Okwongereza ku ebyo, omuzadde omu alina abooluganda olwewala abamuyambako n'ekifo mw'akola ekirungi eri amaka (bw'aba akola), ayinza okukola omulimu omulungi ogw'obuzadde okusinga omuzadde atalina ky'amanyi nga ali mu maka ag'abazadde ababiri. (Eby'omuzadde omu mu maka twabyogeddeko dda mu ssuula eno).

**h) Ekitwalibwa ekya "amaka agazimbiddwa ku musingi gw'ensi" nga eky'okukoppa ekisinga obulungi okugoberera.** Mu bugunjufu obwe-



dda obw'aba Abeebulaaniya, Abalooma, n'Abayonaani, ne mu America yokka mu byasa eky'ekkuminoomunaana n'ekkuminoomwenda, ekirowoozo eky'obutukuvu bw'amaka lye lyali etteeka, sso si ekijjululwa mu tteeka. Emikolo mingi oba okusoma ebyawandiikibwa byabeeranga waka. Obulamu bw'awaka bwayungibwanga ku kintu ekinene okubusinga, ku kulengera okwewala, n'ekigendererwa. Okulaba okw'emirundi ebiri okw'amaka nga ekintu ekitukuvu ku bwakyo, era nga bwe kiteekebwa mu mbeera entukuvu esingako obunene, byawa abazadde obuyinza obweyongerako, era ne kigattako amaanyi ku njegere eziyunga amaka.

Amaka omuli abaana abagakkiririzaamu gawa ekifaananyi ekiraga nti bali ku mulimu mukulu nnyo: mu kutwala mu maaso obukkiriza, enkola ezze egobererwa, obukugu mu byemikono, filosofe, oba okulengera ewala okw'ebintu nga bwe birina okubeera. Eky'okusaalirwa, amaka mangi olwaleero tegalina kye ganywereddeko. Si "kkanisa entono" oba "bugavumenti obutono," gali nga "buwooteeri obutono oba ebirabo by'emmere": ebifo omuntu w'amala ekiseera awatali kuwulira muli nti alina okubeerawo. Mu butuufu, ebintu ebikulu n'empisa byamalibwamu amaanyi era ne bitwalibwa nga ebitali bikulu okutuusa nti "buli kintu kikkirizibwa" era tewali kifiibwako!

Kiki ekyakyusa amaka okuva ku bantu abawangaalira awamu okudda ku bantu sekinnoomu abagatte awamu, nga buli omu alwana kutuukiriza kye yettanira? Abamerika bangi abakugu mu byebirowoozo bayinza okunenyezebwa. Essira bazze tebaaliteeka ku maka na bufumbo, wabula ku kwawukana kw'abafumbo na ndowooza eyassekinnoomu. Alfred Adler, atwalibwa nga taata wa eby'ensoma y'ebirowoozo ey'Amerika, yatuuma endowooza ye "individual pyschology - ebikwata ku birowoozo eby'omuntu ssekinnoomu" (okusoma ku biwaga omuntu, engeri gy'awuliramu munda, ebimuleetera enneeyisa, ne by'ajjukira mu mbeera y'okuteekateeka obulamu bw'omuntu bwonna). Dr. Sardar Tanveer (kakensa ow'ebyenjigiriza mu University y'e Cincinnati) agamba nti endowooza eya "nze" ne "nze kennyini" bikkaatirizibwa nnyo mu bibiina, abasomesa gye bategeereza abayizi nti: "ggwe osalawo, sso si bazadde bo," "ggwe okola ky'oyagadde." Okugeza, omuwala yagamba jjajja we (omukazi) nti, "Toyinza kumpa biragiro, n'okuba toli mmange." Jjajja yamuddamu nti, "Naye nze maama wa nnyoko." (Misomo ku ADAMS Center, 1997)

Mu mbeera ey'ebyomwoyo, abaana "tebafuna biragiro" kuva ku bazadde baabwe, wabula, bonna abali mu maka ebiragiro babiggya eri Katonda nga bwe babitegeera okuva mu bitabo ebitukuvu. Okubeerawo kw'amateeka g'eddiini amalungi era amalambulukufu agalaga enneeyisa entuufu n'enkyamu, kufuula obuzadde obuzimbiddwa ku musingi gw'eddiini okuba n'obuyinza okusinga obuzadde bw'abazadde abatali bannaddiini.

Enkola y'amaka etambulira ku ddiini etera kusangibwa nnyo mu byabuwangwa by'amawanga g'Obuvanjuba, agalimu okulowooleza okw'amaanyi mu maka n'emikolo gy'amaka. Mu maka g'Abamerika temukyali nnyo nkola ey'edda, era nga mu mikolo gy'olunaku egikolebwa bulijjo obutakutukawo gwe mukolo gw'okulaba terefayina. Kino kireetebwa mu ngeri y'okuzannya mu bugambo obuleetebwa ku pulogulaamu eyitibwa Simpsons, nga ekisesa nti pulogulaamu eyo ya terefayina. Wabula, ebeera nsobi okwogerera awamu n'okulowoozesa nti ebyobuwangwa by'omunsi eziri mu Buvanjuba bisinga ebyo ebiri mu mawanga ga Bulaaya.

> Omusajja bwe yajja ewa Umar ibn al- Khattāb n'amutegeeza nga bwe yali yeetaaga okwawukana ne mukyala we kubanga yali tamwagala, Umar ibn al-Khattwab yamugamba nti, "Okiguddeko! Olowooza nti amaka gazimbirwa ku mukwano? Obusumba bwo n'okufaayo kwo biruwa?"
>
> (AL-HASHMI, 1999)

Enjegere eziyunga amaka mu United States zaanafuyizibwa bwe waazuukawo ekya "okukkiriziganya kw'abantu bonna" okukwata ku maka, nga omuntu by'ayagala nga omuntu bidda mu kifo ky'obuvunaanyizibwa obutaliiko kukugira. Endaba yaffe egamba nti amaka gano tegakola abagalimu bwe bagatwala nga kampuni

egatta emigabo, eyateekebwawo olw'emigaso egigirimu mu kifo ky'okuba nga yeesigamira ku musingi gw'enkolagana ey'obuvunaanyizibwa n'omukwano. Okukuza abaana oba okufuula obufumbo obunaakola ekiseera eky'obulamu bwonna kyetaaga obuteebalira obuyinza okulabika nga obutakozesa magezi bwe bubalibwa ku musingi gw'emigaso egifunibwa bw'ogigeraageranya n'ebiteekebwamu.

Amaka g'Abamerika agakkiririza mu Kristo agalimu eddiini ey'amaanyi gasoma essaala ey'emikisa nga tegannaba kulya, ne gakola emirimu gy'eddiini egy'ekiro n'ebirina okukolebwa ebyabulijjo, ebigoberera kalenda ya kkanisa. Ebikolwa bino biwa amaka ekigendererwa. Obulamu obw'eddiini bwetooloolera waka, ekifuuka ekifo ekitukuvu, era nga ekisoosowazibwa kwe kutumbuka kw'empisa n'eddiini mu baana. Essira ery'amaanyi liteekebwa ku kuwa ekitiibwa abazadde n'abantu abakulu okugeza bajjajja, bataata abato, ne bassenga. Okuwuliziganya n'abooluganda kukuumibwa, era empummula ez'eddiini ziba biseera birungi eby'okusisinkana mu masanyu. N'olwekyo, tekyewuunyisa nti wadde ebibinja by'Abayudaaya ebitambulira ku ddiini ey'enno biwangaalira mu bifo eby'ebibuga ebirimu omugotteko gw'abantu, abaana baabwe tebakozesa biragalalagala, tebeetaba mu kukola bikolwa bya bukambwe, wadde okwegatta mu by'obufumbo okutali kwabuvunaanyizibwa, ebivve abaana abalala abawangaalira mu kibuga bye babeeramu. Ekyo era ky'ekiri ne mu maka g'Abamerika Abasiraamu.

## EBIYIGIBWA MU KUSANJAGA ABANTU OKWALI MU COLUMBINE HIGH SCHOOL

Okusanjaga okwali mu ssomero Columbine High School okwaliwo mu mwezi ogwokuna (April) nga 20, omwaka 1999, mu Littleton, Colorado, kwaleka abafu 15, abantu 26 ne bafuna ebisago, ate ebikumi n'ebikumi ne kubaleka mu ntiisa. Waliwo n'ebikolwa ebirala eby'obukambwe ebyakolebwa oluvannyuma ku masomero mu Georgia, Kentucky, Arkansas, ne Virginia. Omugenzi Pulofeesa Dilnawaz Siddiqui essira yasinga kuliteeka ku kizibu ky'enkuzibwa embi. Abanoonyereza abamu okunenya baakuteeka ku nkola y'amaka eyasasika, abalala baayogera ku bintu eby'obukambwe ebiri ku mpewo n'emitimbagano emirala, sso nga abalala okunenya baakuteeka ku bwangu bw'okufunamu



emmundu n'ebyokulwanyisa ebituusa obulabe ku bantu okugeza nga bbomu ezejjenjeero. Awamu n'ekyo ekintu kimu ekikulu ekyabula mu kunoonyereza ku nsonga eno nga bwe buvunaanyizibwa n'okubalibwa omuntu kw'alina ku bikolwa bye. Enzikiriza, ebigendererwa, endowooza, wamu n'ebigambo ebituvaamu birina ebiyinza okubivaamu. Amagezi Siddiqui's ge yawa abazadde tuyinza okugafunza bwe tuti:

- Okuwuliziganya okw'abantu, ebyenjigiriza, n'enkolagana, biteekeddwa okuba nga bitumbula enneeyisa entuufu.
- Abaana bateekeddwa okuyiga obukkiriza n'ebipimo by'ebintu ebituufu n'ebikyamu.
- Okunnyonnyola ekirungi okwesigamiziddwa ku mbeera nga bw'eri kivaako obuvuyo mu kitundu. Omuntu atambulira ku mbeera agamba nti ekituufu n'ekikyamu bisinziira ku mbeera (sso si misingi egy'olubeerera).
- Omwana akuziddwa obulungi ateekeddwa okuyiga ebintu ebikulu ebibuna buli wamu (okugeza okwogera amazima, obwesigwa, obwenkanya, n'emirembe).
- Ekirungi n'ekibi tebirina kulekebwa kuba na mikisa gyenkana. Tuteekeddwa okusomesa abaana enzikiriza ennungi n'okubayamba okuggyawo endowooza enkyamu nga bwe tusobola.

Mu kifo ky'okulwanirira abamenyi b'amateeka nga abantu abatalina musango abaleetebwa embeera y'ekitundu, tuteekeddwa buli omu okumuvunaana ne tubaleka okusasulira ebikolwa bye baba bakoze. Tulina okupima ebikolwa byaffe nga tubigeraageranyiza ku misingi gye tuteekawo. Tetulina kulowooza nti buli muntu eyaalyesanze mu mbeera gye tulimu naye yaalyeyisizza bw'atyo oba oluusi n'okuyisaawo mu bubi. Okuggyako era okutuusa obuzadde obulungi lwe bubeerawo, tuyinza okusuubira obumenyi bw'amateeka obw'obukambwe buno okugenderera, bwe kutaba kusituka.

> **Abaana, Okubala (okwa culculus), N'empisa**
>
> Abaana tebasuubirwa kuvumbula bokka emisingi ey'okubala okwa culculus. Mu ngeri y'emu, bwe kituuka ku mpisa, ebikwata ku mpisa, n'emisingi gy'enneeyisa ennungi, abazadde baba balina okusomesa abaana baabwe.

## OKUSOMESA ABAANA EBINTU EBIKULU: OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO WAKATI W'ABATAYAGALA N'ABAKKIRIZA OKUKYUKA

Mu mboozi empandiike 'Only Way to Teach Values: Help Kids Discover Them (Engeri Yokka Ey'okusomesa Emisingi Gy'enneeyisa: Yamba Abaana Abato Bagivumbule)' (Chicago Tribune 1998) Eric Zorn agamba bw'ati: "engeri yokka ey'okusomesa ebintu ebikulu kwe kuyamba abaana babivumbule. Abatakkiririza mu nkyukakyuka mu mpangaala y'abantu bakkaatiriza eky'okutumbula enneeyisa esinga obulungi, endowooza ey'empisa, n'enneeyisa ey'empisa ennungi. Abaana nga bwe batasobola kuyiga kubala nga bakozesa eddogo, bwe batyo tebasobola kumala gafuna bitendo bino nga bayita mu bufuusa. Essuubi lyonna okuliteeka mu kuyigiriza enneeyisa n'obubumbwa wabweru w'essomero kiba kya kyanakito mu mulembe amaka mwe gali yegeyege era nga tegalina biseera, n'ebyobuwangwa ebitatwala nga kikulu emisingi gy'enneeyisa ennungi."

Eric Zorn awagira eby'okuyigiriza enneeyisa ennungi mu masomero. Agamba nti abookukkono balwanyisa okuddamu okuyigiriza enneeyisa ennungi mu masomero kubanga kiba kijja kutegeeza okufaananagana okutaliimu kulowooza, obufunda bw'ebirowoozo, n'obutagumiikiriza balala.  Naye abaana abakula nga tebalina kuyigirizibwa nneeyisa nnungi baba balina ekibabulako okufaananako n'omwana akula nga mwavu, mulwadde, talina waka, oba nga atulugunyizibwa.

Zorn akozesa ebigambo bya Larry Nucci nti: "Okutegeeragana okugenda kuzuuka kukkiriza nti abaana tebayinza kuliisibwa buliisibwa buli

kintu ekikwata ku mazima. Balina okwetaba mu nsonga basobole okulowooza n'okukivumbula. Naye mu kiseera kye kimu si bantu bakulu, era waliwo omulimu ogwenjawulo ogulina okukolebwa abali mu byenjigiriza ogw'okubaluŋŋamya. Ekitundu mwe bawangaalira kiteekeddwa okubeera n'emisingi gy'enneeyisa ennungi egikkirizibwamu abantu bonna nga entandikwa – si kintu kya bwereere eri buli omu." Butya kino bwe kikolebwa awatali kukyusa ebyenjigiriza eby'enneeyisa ennungi okubifuula "omugatte gw'ebintu ebyeyambisibwa okukubiriza n'ebisikiriza eby'ebbali ebiteekateekeddwa okufuula abaana abakola ennyo era abakola ekyo ekiba kibalagiddwa", kisigala nga kizibu okusinziira ku Alfie Kohn. Kohn agamba nti enkola eya karoti n'omuggo eyitibwamu okuyigiriza empisa (nga kati lye kkubo erisinga okukozesebwa), ereka abaana n'okutegeera emisingi gy'enneeyisa ennungi okwawansi nga "okukkiriza okutaliimu kuwakanya amazima agaamala edda okuteekebwawo." Okutegeera okw'ekika kino tekusimba makanda mu mbeera z'omuntu, era tekutuusa baana ku kutegeera balala, okutegeera abalala, okubuuza ebigenda mu maaso, n'ebitendo by'empisa ebirala ebitali byangu kutegeera. Okutandika okuyigiriza ebikwata ku misingi gy'enneeyisa ennungi mu masomero kirowoozo kirungi era ekyetaagisa, awatali kubuusabuusa kirungi okusinga obutayigiririza ddala misingi gy'enneeyisa ennungi! Enkola ey'omumakkati erabika okuba nti: Tokakaatika misingi gya nneeyisa nnungi ku baana naye era tobaleka nagalaale, kubanga baba bakyali bato era nga beetaaga okuluŋŋamizibwa. Abazadde balina obuvunaanyizibwa okuluŋŋamya n'okuyamba abaana okuvumbula enneeyisa ennungi bokka wonna we kiba kisobokedde.

> Abaana abakula nga tebayigiriziddwa mpisa balina ekizibu kye kimu nga abaana abakula nga baavu, balwadde, tebalina waakusula, oba abo abakabanyisibwa.

## Amaka mu Mawanga G'Abasiraamu Nga Ogageraageranyizza Ne Amerika (United States)

Okumanya kwaffe okw'obuntu kulina we kukoma, si kumanya okutaliiko kkomo. Waliwo okusoomooza kungi amaka kwe goolekera yonna gye gaba gawangaalira. Awamu n'ekyo amaka agamu goolekera ebizibu eby'amaanyi okusinga amalala. Okumeruka kw'ebibuga, amakolero, n'okutambulira ku musingi ogutali gwa ddiini birina kinene kye bikola ku maka agawangaalira mu kibuga. Ebimu ku bizibu mu bibuga ebinene mu United States bye bino wammanga:

- Okwegatta mu by'obufumbo okuli ebweru w'obufumbo kufuulibwa okusendasenda, okusikiriza, era okwejjenjeero, kino ne kivaako obwamalaaya okusaasaana.
- Amazina ag'ekintabuli, okuwugira awamu, n'amazina ag'obukaba bisaasaanye nnyo mu buli kafo.
- Endagaano y'okusisinkana okw'abasajja n'abakazi, okulimu emibiri okukwatagana (okunywegera, okugwaŋŋana mu bifuba, n'okwekomba), nkola ekkirizibwa eri abasajja n'abakazi okumanyigana, era abazadde bagisomesa abaana nga ekintu ekyabulijjo.
- Okusigala obukunya mu bisenge eby'okukyusizaamu engoye n'ebifo ebinaabirwamu ebyalukale kintu kyabulijjo. Ebiyigo biyinza obutaba na nzigi mu masomero agamu; okwekuuma mu binaabiro tekukyaliwo.
- Okwekuuma nga omuntu tannayingira mu bufumbo tekukyateekebwako ssira limala. Obupiira bu kondomu bugabibwa mu

masomero agamu ne mu makanisa agamu eri abavubuka abatali bafumbo.

- Abasomesa abamu bagamba abaana nti "kola nga bw'oyagala owulire bwe kifaanana" awatali kukugirwa mpisa, era nti okwagala okwegatta n'okwegomba birina okulekebwa biveeyo n'obutabizibiikiriza. Era bayiga nti omuntu, sso si Katonda, y'alina obuyinza obwenkomeredde.
- Okunywa omwenge kwajjenjeero okugumiikirizibwa era ne kuwagirwa.
- Okukozesa ebiragalalagala kusaasaanye nnyo. Emmundu n'ebikolwa eby'obukambwe bintu byabulijjo mu masomero ne mu baana mu bifo ebyalukale. Ebiragibwa ku terefayina bitumbula ebikolwa eby'obu-kambwe.
- Okuggyamu embuto kusaasaanye nnyo. Obunene bw'amaka bugenda bukendeera, nga budda eri amaka amatono bw'ogageraageranya n'amaka amagazi.
- Abasajja bangi bambala obugoye obubakwata, abakazi ne bateekako eby'okwerongoosa n'obuwoowo bireetere okusikiriza abalala mu by'okwegatta. Abantu bangi babikka katono ku mibiri gyabwe kibafuule abasendasenda abalala. Okukola obufumbo nga bukyali tekiteekebwamu maanyi, ekivaako ebikolwa eby'okwegatta okutaliimu buvunaanyizibwa.
- Omuwendo gw'abafumbo abaawukana guli waggulu nnyo n'amaka agaddukanyizibwa omuzadde ow'oludda olumu geeyongerera ku supiidi.
- Eky'abaana okuba n'abaana kigenda kifuuka kyabulijjo, era okuva okukola obufumbo okw'abaana abavubuse (abatiini) bwe kitawagirwa, ekivaamu be bamaama abatali bafumbo okweyongera. Pulofeesa Olasky agamba nti ebitundu 85 ku buli kikumi ebya bamaama abatiini mu myaka gya 1950s baabeeranga bafumbo we baazaa-liranga abaana baabwe (Olasky 1994).
- Ebisiyaga bigenda bifuuka ekintu ekitawaawaaza matu, ekyabulijjo – era ekikkirizibwa mu mateeka. Amawanga agakkiriza obufumbo obw'abantu ab'ekikula ekimu gagenda geeyongera.
- Abakadde bagenda beeyongera abakuumirwa mu bisulo ebijjanjaba, okusinga okuwangaalira wamu n'abaana baabwe n'abazzukulu.
- Omukazi okubeera embeerera nga tannafumbirwa tekisangikasangika. Omukazi embeerera ali mu myaka egy'abiri ayinza okubalibwa nga atasikiriza era ateetaagibwa. Abasinga obungi beegatta nga tebannafumbirwa; okweziyiza okwegatta kuli mu bantu batono ddala.
- Eky'amaka kigenda kikendeera mpola, era okuyunga oluganda (swilat al-rahm) n'emisingi gy'enneeysia emirungi bigenda biggwaamu amaanyi.
- Okumatira mu by'okwegatta mu by'omukwano n'omuntu yenna omukulu aba akkirizza kibalibwa nga nsonga ez'omuntu gwe kikwatako.
- Obulwadde obuva ku kwegatta (STDs) bwajjenjeero, nga mwe muli ne AIDS (Siliimu).
- Amaka gajjulula emirimu gyago n'ebifo mwe gawangaalira buli kiseera; gasenguka nnyo.
- Abakazi bangi balina okwerabirira era teri waaluganda akakatibwako kutwala buvunaanyizibwa bwa kulabirira mukazi nga amuluŋŋamya oba omukuumi we, mu mpisa wadde mu by'ensimbi.
- Abakazi n'abasajja bagenda beeyongera okubeera bakyetwala era bagenda beeyongera okwagala okukola ebintu ebiyinza okubaleetera obuzibu. Amaka agalina abafumbo nga bombi bakola gagenda geeyongera.
- Waliwo enjawulo ntono wakati w'emirimu gy'abasajja n'abakazi.

Ku ludda olulungi, amaka g'omu bibuga mu United States galina emigaso mingi:

- Waliwo okwetaba mu kusalawo kungi ku bintu ebikwata ku bantu bonna era n'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'abalala.
- Omutindo gw'empangaala yaabwe guli waggulu.
- Okusoma n'okuwandiika biri ku ddaala lyawaggulu.
- Waliwo okwetaba kungi mu kufuna ebikozesebwa ebyawamu mu kitundu n'emirimu gyalukale. Wadde nga enjegere eziyunga amaka nnafu, naye okwesigamira ku bitongole eby'ekitundu kintu kyabulijjo mu United States.
- Waliwo eddembe lingi n'engeri nnyingi ez'okusobola okutuukiriza ebigendererwa eby'abantu ssekinnoomu.
- Amaka nkola eddukanyizibwa omusajja omu, okwebuuza mwe kutakolebwa nnyo. Obutenkanankana obusinziira ku kikula ky'abantu abalimu kintu kyabulijjo.
- Amaka agalimu eddiini mangi tegasanyusa era tegatambula mu mbeera yaabulijjo. Ebintu by'eddiini bikolebwa nga emikolo na ku biragiro okusinga okubeera ebiseera by'okunyumirwa mu mwoyo n'okusanyuka.

Okuva amaka Amasiraamu amangi lwe gawangaalira mu bibuga, era nga gagenda geeyongera, kikulu okumanya ebizibu abantu abawangaalira mu bibuga bye bayitamu. Okubeera omuzadde kuzibu nnyo mu kibuga.



Okugeraageranya ku bano, amaka mu mawanga g'Abasiraamu galina ebimu ku bitendo bino:

- Obufumbo mu booluganda kitera okubeera ekintu ekyabulijjo.
- Amaka okutwalira awamu gakozesa nnyo obuyinza era gawa abagalimu obukuumi. Obutafaanana na United States, abaana tebalina kwekkiririzaamu kumala, obuvumu, n'okutandikawo ebintu. Batya okweŋŋanga abakulembeze baabwe n'abantu ababasingako.
- Oluganda olw'amaanyi mu maka lwe luwa obukuumi obusembayo mu bitundu emirimu gy'ekitundu n'omwoyo gw'okukola nga ttiimu mwe biri ebinafu.

## Emboozi z'Abasiraamu Abawangaalira mu Bungereza

Mwami Bakry, ava e Mosul, mu Iraq yali asomera mu ttendekero eryamaanyi ery'ebyekijaasi mu Bungereza. Mu kinaabiro ky'ettendekero, buli muntu yanaaba ali bukunya okuggyako Mwami Bakry, kubanga ye yalekamu engoye ezomunda. Ofiisa we kino kyamwewuunyisa kwe kubuuza: "Lwaki toggyamu ngoye zo ezoomunda?" Mwami Bakry yannyonnyola n'obwegendereza nti Abasiraamu tebalaga bwereere bwabwe (awurah), kubanga okukuuma obwereere kikulu nnyo.

Mwami Muhammadi, nga muyizi mu University ey'e Birmingham, e Bungereza omukyala eyali amupangisa yamubuuza bw'ati: "Lwaki tolina mwagalwa wo omuwala? Oli muntu waabisiyaga?" Yannyonnyola nti okwegatta mu Busiraamu kukkirizibwa wakati wa bafumbo bokka!

Ebyogeddwa waggulu nga ebikola mu bantu bonna tebigendereddwamu kulaga nkola ki esinga obulungi. Bireeta buleesi kyakulowoozaako n'okumanya engeri y'okussa mu nkola amakubo agayinza okulongoosa mu nkola zombi. Ekiriwo kiri nti ebyobuwangwa bya Bulaaya birina kinene kye bizze bikola ku maka n'obuzadde mu mawanga g'Abasiraamu. Bino ebituukiddwako bibadde n'ebibivaamu ebitabuddwa: nga ebimu birungi, ate ebirala bibi.

Mu nkola ey'ebyenjigiriza etegoberera musingi gwa ddiini, abantu baasikira Katonda nga abalina obuyinza obwenkomeredde, era okwagala eby'okufuna kwafuulibwa endowooza ebuutikidde. Okutegeera ensi okwassayansi kusinziira ku bintu ebizze n'ebibireeta. Wadde nga okwogerera mu ssayansi kuno kutuwa ebintu bingi ebisikiriza mu kunnyonnyola embeera y'ebyokufuna ey'ensi, tekuwa ndaba ennenkamunkamu etuyamba okutegeera ensi y'ebyo bye tulaba n'ebiri emabega w'ebyo bye tulaba. Endaba ey'ekisiraamu ey'ensi ekkiririza mu Bwomu bwa Katonda (tawhiid), obwesige bw'omuntu (amaanah), n'obuvunaanyizibwa bw'okukulaakulanya ensi ('imraan – istikhlaaf), n'okubalibwa okujjuvu ku Lunaku Lwenkomerero.

## BULAAYA BY'ETUUSIZZA KU NKOLA Y'OBUZADDE EY'ABASIRAAMU

Olw'okuyiika kw'amawulire n'ebiweerezebwa ku mpewo okuva mu Bulaaya n'okubuutikirwa kw'ebyenjigiriza ebya Bulaaya, enkola etegoberera ddiini erina kinene ky'ekoze ku maka g'Abasiraamu. Mu kitabo kye (ekiri mu Luwalabu) Okudda ku Byenjigiriza Ebyekisiraamu Ebyetongodde [tarbiyah] mu Gavumenti n'Amawanga G'Abasiraamu, Abu al-Hasan al-Nadwi akunga abantu okudda eri okulongoosa enkola y'ebyenjigiriza byonna. Alaga ebibi ebivudde ku by'ensoma ya Bulaaya, ebitabangudde embeera y'omuntu ate ne binafuya enzikiriza. Omulembe gw'abafulumye mu matendekero gavuddeyo ogutalina musingi gwa nneeyisa ennungi, nga amasomero gafulumya bafuzi n'abakozi abalwanyisa eddiini, ne banyigiriza abakkiriza, era ne bannyika amawanga gaabwe mu kwonooneka kw'ebyenfuna. Ebyenjigiriza eby'omulembe ebikakaatibwa ku bitundu omuwangaalirwa Abasiraamu bifulumya bavubuka ebintu be bitabudde, abatasobola kulaafuubanira bigendererwa bya mpisa, oba okuteekawo endaba y'ensi empime obulungi ezingiramu eby'omwoyo n'ebyomubiri.

Ebiyinza okuba ebirungi mu byobuwangwa ebirala biyinza okuba nga tebisaana eri abaana Abasiraamu. Abayivu Abamerika bwe baba boogera ku buwanguzi obwatuukibwako amasomero g'Abajapani, bakikkaatiriza nti ebisinga obungi ku bintu ebirungi ku Bajapani tebituukana na United States kubanga ebyobuwangwa byombi byawukana. Okukoppa okw'ekizibu ky'amaaso okuva mu byobuwangwa ebyenjawulo kuleeta ebizibu bingi. Okubeera omuzadde mulimu ogwetaaga okwegendereza ogulina okukwatibwa n'okumanya n'okulengera ewala.

Amawanga eby'okugendera ku by'Abazungu n'omulembe gabikolerako mu ngeri zanjawulo. Professor Ali Mazrui (owa State University of New York) yannyonnyola nti ekibuuzo "tusobola okutambulira ku mulembe mu byenfuna nga tetugoberedde byabuwangwa bya Bazungu?" bwe kyabuuzibwa Japan, Buturuuki ne Africa, embeera ssatu ze zaavaayo. Abajapani baddamu nti: "Yee. Tusobola okufuna obukodyo bw'Abazungu ne tusigaza omwoyo gw'Ekijapani." Abaturuuki, abaasikira ebya Mustafa Kemal Ataturk, baddamu nti: "Nedda, Okweyisa ekizungu lye kkubo lyokka erituusa ku kubeera aboomulembe." Buturuuki eya Kemal mu kyasa kyonna eky'amakumiabiri yakola kyonna ekisoboka okukakaatika enkola Eyeekizungu ku bantu baayo, nga mwe muli okuwera ennukuta ez'ekiwalabu n'okukozesa ez'ekilattini; okuwera enkufiira; okuwaliriza abakazi okwambala ebyekizungu; n'okuteekawo eggwanga erigoberera enkola eteri ya ddiini obuteerekaamu. Africa ey'ebiseera by'amatwale n'ebiseera ebyaddirira okwefuga kw'amawanga yayanukula nti: "Okussa mu nkola ebyobuwangwa By'ekizungu awatali kukulaakulana mu byanfuna," nga ekyo mu butuufu kye kisinga obubi bw'okigeraageranya n'okuddamu kw'ensi ebbiri (The Association of Muslim Social Scientists Bulletin 2002).

## Okubeera Omuzadde e Bungereza Ne Amerika (United States)

Okunoonyereza okwakolebwa UNICEF, okwateeka ensi engagga 21 mu madaala mu miteeko mukaaga nga bwe zigenda zisiŋŋana (okuwangaala obulungi, obulamu n'obutatuukibwako bizibu, ebyenjigiriza, enkolagana y'abantu abenkana ne mu maka, enneeyisa n'okusobola okutuuka ku bizibu, n'abavubuka engeri bbo gye bategeeramu okubeera obulungi) kwasanga nga United States ne Bungereza zombi zaali wansi mu bibiriebyokusatu eby'emiteeko etaanu ku mukaaga (UNICEF Report 2007). Abaana baakola bubi, wadde nga waliwo eddaala eryawaggulu mu byobugagga eby'ensi, kubanga waliwo obutenkanankana obw'amaanyi n'obunafu mu kuyamba amaka okwalukale mu U.S. ne U.K., n'obunafu bw'ebikolebwa okutuukiriza ebyetaago by'amaka agalina abaana. Kirabika nti America ne Bungereza teziteeka ssente mu baana nga amawanga amalala ku lukalu lwa Bulaaya bwe gakola. Gino wammanga gy'emiteeko emirala emitono egyaleetebwa mu kunoonyereza kuno:

EMITEEKO EGIDDAKO MU KUNOONYEREZA KWA UNICEF

| | |
|---|---|
| Abantu ku buli kikumi abaalya ekyemisana n'aboowaka emirundi egiwera buli wiiki | Ekitundu ky'abaana abaafuna enkolagana "Eyeekisa" oba "ey'okuyamba" okuva mu baana bannaabwe |
| Ebyobulamu gye bikoma | Okulabirira abaana emisana |
| Obujjanjabi nga omuntu tannalwala | Eby'obulamu n'obutatuukibwako bizibu |
| Omuwendo gw'amaka agaddukanyizibwa abazadde ab'oludda olumu | Okufa kw'abaana abazaalibwa |
| Enneeyisa eyinza okuvaamu ebizibu mu baana | Okugemebwa endwadde ezikwata abaana abato |
| Okunywa ebitamiiza | Okufa olw'obuvune n'obubenje wansi w'emyaka 19 |
| Okwegatta mu by'obufumbo okuyinza okuvaako ebizibu | Okulwana mu mwaka oguyise |
| Abaana ku buli kikumi abaabeeranga mu maka agaddukanyizibwa omuzadde ow'oludda olumu oba amaka agalimu aba zadde abatabazaala | Abaana abaatulugunyizibwa mu myezi ebi ri egyayita. |

## Ddembe Oba Mazima?

Ekimu ku bintu ebikulu ebiri mu kukuza abaana ly'eddembe ly'obuntu. Mu mawanga agaakula ag'amakolero, eddembe ku lwalyo lifuuka ekigendererwa. Abazadde bangi bawa abaana eddembe kumpi eritaliiko kkomo, eryo gye biggweera erivaako ebizibu kubanga kye likola kwe kuwagira omwana bye yeegomba ebiyamba ye yekka. Okwagala okutaliiko kkomo kwa mutawaana kubanga kusikira empisa Katonda ze yassaawo n'okuluŋŋamya kwe okw'okusaasira, olwo ne kufuula omuntu omuddu ow'ebyamasanyu ebiri mu bulamu buno obw'ensi. Okusanyusibwa n'okunoonya okunyumirwa bifuukira omwana ebintu by'atasobola kuleka, nga ebireeta "amakulu mu bulamu" ebyenkomeredde. Mu Busiraamu, essira liteekebwa ku kubalibwa n'obuvunaanyizibwa, ebitalina kusikirwa bintu byalusaago eby'endowooza egamba nti "wangaalako kati kubanga enkya tufa". Kulaane ennyonnyola bw'eti embeera y'omuntu eyo:

> *Abaffe olabye oyo eyafuula okwagala kwe "katonda" we, era Katonda n'amubuza okusinziira ku kumanya Kwe. Era n'assa envumbo ku matu ge n'omutima gwe ne ku maaso ge n'ateekako ekibikka. Ani anaamuluŋŋamya nga Katonda amaze okumubuza? Abaffe temwebuulirira?*



*Era baagamba nti: "Obulamu bwokka bwe buno obulamu bwaffe obw'oku nsi (teri bulala): tufa ne tuwangaala, era buwangaazi bwe butusaanyaawo. Sso nga ekyo tebakirinaako kumanya. Wabula bo bafumiitiriza bufumiitiriza.*

(Kulaane 45:23–24)

Okuwona okwegomba kuleeta emirembe egyomunda.

LAU-TZU, OMUTANDISI WA TAOISM – EKYASA EKYOMUKAAGA NGA YESU TANNAZAALIBWA

Obuwanguzi obusooka era obusinga obulungi kwe kuwangula omwoyo.

PLATO, GREEK PHILOSOPHER

Okwefuga kirabo ekitalina kumala gakozesebwa mu ngeri eteri yaabuvunaanyizibwa olw'ebigendererwa eby'okwesanyusa kwokka, awatali kufa ku kuba nga ekikolebwa kituufu oba kikyamu. Okwefuga kintu ekirungi ennyo, kubanga nga tukozesa eddembe eryo tusobola okunoonya EKITUUFU, okukifuna, n'oluvannyuma okukinyweza. Omuntu ky'anoonya ekisembayo ge mazima, nga ky'ekigendererwa ekyawaggulu era ekirimu omugaso. Eddembe bwe likozesebwa n'amagezi olw'ebigendererwa ebyomugaso, lifuuka kirabo eky'omuwendo okuva eri Omutonzi olwo abantu ne basobola okulondawo okukola ekituufu era ne baleka okukola ebikyamu n'ebyobulabe nga beeyagalidde. Abaana beetaaga okuluŋŋamizibwa ku kutumbula empisa ennungi, okukola okulondawo okulungi, n'okutwala amazima okuba nga ky'ekyomuwendo ekikulu ekisingayo munda yaabwe – gasoosowazibwa ku ddembe. Enkola yonna mu nsi erina w'ekoma n'eddembe ly'omuntu lirina okuba nga tteeketeeke bulungi era nga lizimba, nga liriko okukugira okukolebwa okusinziira ku nnuŋŋamya y'empisa, si mu ngeri ya kavuyo oba eyonoona. Abazadde balina obuvunaanyizibwa okuyamba okukulaakulanya mu baana endowooza entuufu n'enzikiriza eyeesigamiziddwa ku nkola egendera ku mpisa nga ensibuko yaayo eri mu Byawandiikibwa Ebitukuvu ebyesigika n'enkola ya bannabbi bonna, emirembe gibeere ku bbo bonna.

Okusobola okukozesa eddembe lyaffe mu bisanyusa Katonda, tuteekeddwa okulikozesa si mu kufuna kumanya okutuufu okutukuvu kwokka naye n'okumanya obutonde bw'omuntu. Okugatta engeri z'okumanya ebbiri kuba kujja kutukuuma obutakolera mu buzibu bw'amaaso n'okwonoona embeera y'obutonde

naffe fennyini. Omutonzi y'asinga okumanya era Yekka y'ali mu kifo ekisinga obulungi okutuluŋŋamya eri ekkubo ettuufu. Nga tukozesa okunoonyereza, n'okugezesa okwassayansi, n'okumanya, tuba tujja kusemberera okuluŋŋama okutuufu okuva eri Katonda era tuvumbule mu kiseera ekituufu ebyanukula ebituufu eri ebintu bye twebuuza.

Twala amaka nga ekyokulabirako. Bakakensa bangi mu by'ebirowoozo n'empangaala y'abantu batugamba nti amaka makulu nnyo era nti ekitundu omuwangaalira abantu kiba kijja kwonooneka singa gaba tegaliiwo. Singa abantu tebaategeererawo bwetaavu eri amaka nga bwe gabeera okuviira ddala ku ntandikwa y'ekiseera, osanga olwaleero tewaalibadde bitundu muwangaalira bantu ebitegeerekeka. Ebintu ebikulu mu misingi baabwe baba kuba batamiivu bawaddanga, abayonooneddwa ebiragalalagala oba abatasosola mu ngeri gye beegattamu mu by'obufumbo, ebyalivuddemu byalibadde bitya?! Obubaka bufaanana omuluŋŋamya omukugu atulaga ekkubo erituyisa mu ddungu; we butali, obuntu bwalibadde bubula ne busaanawo. Eddembe eriruŋŋamiziddwa obulungi livaamu abaana abagunjufu n'ebitundu ebigunjufu, abasobola okuwangaala kubanga basobola okwefuga, balina empisa ennungi, n'engeri entuufu ey'okukozesa embeera y'obutonde.

Ensi nkola etuukiridde: obutoffali obuzimba omubiri, obusirikitu, ne zi seŋŋendo z'emmunyeenye biraga enkola esinga okubeera eyaawaggulu, era nga ebyo byonna ebiteekateekeddwa obulungi bikokolera ku mateeka ne mu nsalo

Mu kaweefube waabwe ow'okuggya eddiini mu kibiina, baakasuka wabweru empisa nga baziyisa mu ddirisa.

gy'enneeyisa ebisookerwako obwesigwa, okussa ekitiibwa mu bulamu n'ebyobugagga, okwekomako obutamala geegatta mu byabufumbo, omwenkanonkano, n'eddembe ery'obutanyigirizibwa, bintu ebyetaagisa ebyobwebange ebisobozesa omuntu okubeerawo. Awatali bintu bikulu ebyo ebitundu tebisobola kukulaakulana, era mu maka emisingi gy'enneeyisa ennungi mwe bisobola okutumbulwa okusinga.

Ebitendo ebyo bikulu nnyo eri abantu era eyo y'ensonga lwaki mu kifo ky'okulinda abantu babyevumbulire (singa kyali kyakusoboka), byateekebwa munda mu muntu, mu bubumbwa bwaffe oba fitrah bwennyini, awamu n'okuba nga byayolesebwa obuntu nga ebintu ebikulu okuviira ddala ku ntandikwa y'okubeerawo kw'omuntu, obulamu bw'omuntu n'ebitundu mw'awangaalira bisobole okutumbuka ku seŋŋendo ono.

Bwekityo, tekyagwa bugwi nti Nnabbi Adam, eyali taata w'obuntu ku nsi, ne Eva, maama w'obuntu, baasomesebwa ebitendo bino ebikulu eby'olubeerera ebisookerwako balyoke babisomesezeewo abaana baabwe, nabo basobole okubisomesa omutindo gw'abantu ogujja mu maaso. Katonda alaga obutukuvu bw'obulamu mu mboozi ya Cain (Qaabiil) ne Abel (Haabiil). Fumiitiriza bufumiitiriza Adam, Eva, n'abaana ze bitalina kubuuka. Okubuusa amaaso ensalo zino kileetera enkola zonna okusaanawo. Omutonzi ensi eno yagiteekawo ku bipimo ebituufu era ebipime obulungi n'okussa essira ku kuba nga buli kimu kijjuuliriza kinnaakyo era nga bikolera wamu. Eky'okubeera mu bipimo ebirungi kuno kwogerwako emirundi esatu mu aaya eno wammanga:

> *[Nga ekolera ku biragiro Bye] enjuba n'omwezi bitambulira ku kubala (okumanyiddwa). N'ebimera ebiranda n'emiti bigondera Katonda. N'eggulu yaliwanika waggulu (mu bwengula), n'ateekawo minzaane (epima buli kintu). Muleme kuwaba kuva ku minzaane (ebipimo). Mukozesenga minzaane entuufu era temukendeezanga mu bipimo!* (Kulaane 55:5–9)

N'olwekyo, emisingi gy'enneyisa ennungi girina okukuumibwa mu buli ngeri yonna. Abantu tebateekeddwa kutyoboola bulamu nga bayita mu kwetta, okwetta ne bwe kubeera nga kye kintu kye baagala nga ebintu tebibagendera bulungi. Abantu tebalina kwegatta mu byobufumbo n'abntu be balinako oluganda olw'okumpi, ne bwe kiba nga ekyo kye baagala. Aba-

**EMBOOZI YA RONALD KELLER**

Twetaaga enkola eteyuuga ey'omwoyo n'emisingi gy'enneeyisa ennungi okusobola okuwangaala nga tuli basanyufu mu mutindo omunywevu. "Nga eyazaalibwa mu DLHG mu ffaamu y'omukyalo eri obukiikakkono bw'obugwanjuba bwa United States, nnakulira mu maka ag'eddiini nga Omukatoliki. Mu buto bwange, Keleziya yawanga ensi y'omwoyo eyali tebuuzibwa bwe wabangawo ekintu ekyali kisinga ensi erabikako eyali enneetoolodde; naye bwe nnagenda nkula, naddala oluvannyuma lw'okuyingira yunivasite y'Abakatoliki ne nneeyongera okusoma, enkolagana yange n'eddiini yatandika okweyongera okubaako akabuuza, mu kukkiriza n'okussa mu nkola. Ensonga emu eyavaako kino kwali kukyukakyuka mu nsinza y'Ekikatoliki n'emikolo okwagwawo mu lukiiko olwa Second Vatican Council eya DLIF, olwalaga omuntu waabulijjo nga Kkanisa bw'etaalina misingi minywevu. Nga boogera bokka na bokka, bannaddiini baayogeranga ku kugendera ku nkyukakyuka n'ebyokusinza okuba nga bituukana n'embeera, naye ku Bakatoliki abaabulijjo, baalabikanga abawammanta mu nzikiza. Katonda takyuka wadde ebyetaago by'omwoyo gw'omuntu, ate nga tewaaliwo bubaka bupya obwakka okuva mu ggulu. Awamu n'ekyo twetooloolerangamu kukyukakyuka, wiiki ku wiiki, mwaka ku mwaka; nga tugattako, twawulako, tukyusa olulimi okuva mu Lulattini okudda mu Luzungu, era ku nkomerero ne baleetamu endongo n'ebivuga ebyabulijjo. Bannaddiini bannyonnyola ne bannyonnyola nga abagoberezi banyeenya mitwe. Okunoonya okutuukana n'omulembe kwaleka bangi nga bamativu nti okuvira ddala ku ntandikwa tewaali kyamaanyi."

NUH HA MIM KELLER 2001

ntu tebalina kubeera batamiivu oba akukozesa ebiragalalagala, olwo ne beeyonoona, amaka gaabwe, n'ebitundu mwe bawangaalira. Abantu baaweebwa obuluŋŋamu nga buyita mu bubaka obutukuvu okuviira ddala eyo mu biseera ebyedda. Okumanya kw'abantu kulina we kukoma era kiyinza okutwala ekiseera ekiwanvu abantu abasinga okusobola okumanyira ddala obukulu bw'amaka, n'okumanya ebizibu ebiretebwa obusosoze mu mawanga, okweggya mu bulamu, okunywa ebitamiiza, okukozesa ebiragalalagala, n'obwenzi. Obuluŋŋamu okuva eri Katonda okuviira ddala ku ntandikwa y'obulamu bw'omuntu ku nsi bwalabula ku bibi ebiyinza okuva mu bikyamu bino okusobozesa obuntu okutegeera empisa ennungi ezisembayo waggulu obuntu ze bulina. Reverandi era omuwandiisi w'ebitabo Dr. Jerald F. Dirks, eyali yayawulibwa okuweereza ekkanisa ya United Methodist Church nga omudyankoni, nga yayingira Obusiraamu mu 1993, bwe yabuuzibwa mu musomo ogumu ogwategekebwa IIIT, ku kintu ekimu ekisinga obukulu mu kutereeza kye yaaliyagadde okuteekebwa mu masomo g'eddiini aga kkanisa, yaddamu nti: "Okuggyamu obulwadde bw'endowooza egamba nti emisingi gy'enneeyisa emikulu n'empisa bisinziira ku mbeera za bantu, ekintu ekigenda kikyuka mu ngeri ey'akabi awatali kukugira kwonna." Obubaka obukulu obusookerwako busigala kye kimu era bukuumibwa era tebukyuka kusinziira ku kwagala kwa mirembe mito egy'abavubuka. Sso nga, ebyetaago ebikulu eby'abantu bisigala nga bye bimu. Enkola y'amaka eteekeddwa okukuumibwa obutiribiri n'okulekebwawo okwewala okusasika kw'amaka agali mu bibuga ne mu bitundu by'amakolero. Abasiraamu bayinza okuyiga ennyo okuva mu bintu ebirungi ebiri mu ddembe ly'enkola y'omu Bulaaya okwetakkuluzaako amakubo g'okulowooza n'okufuga okw'okunyigiriza n'okukozesa obuyinza obubi ebyabafuula abaddu ne bibakuumira emabega wa Bulaaya mu kukulaakulana n'okugenda mu maaso. Abasiraamu baafiirwa endaba yaabwe ey'ensi



yonna nga abazimbi b'obugunjufu. Enkola eya adli ne shuura (enkola y'obwenkanya n'okwebuuzaganya), ebyali biteekeddwa okufuga embeera zonna ez'ebyobufuzi n'ebyenfuna eby'Abasiraamu, n'okuwangaalira mu bumu – nga mwe muli n'amaka n'obuzadde – byasikirwa endowooza ey'effugabbi. Bulaaya yeetaaga okulabikirwa okulongoosa enkola yaayo okugiggya mu ddembe eritaliiko kuluŋŋamizibwa, sso nga ate ebitundu omuwangaalirwa Abasiraamu byetaaga okununulwa okuva mu nkola ey'okunyigiriza eteriiko buweerero. Bino okubissa mu bigambo ebirala, luŋŋamya eddembe mu Bulaaya ate ononule Abasiraamu okubasumulula enjegere z'enkola eteri nnuŋŋamu. Ebitundu byombi byetaaga buli kimu okuyiga ku kinnaakyo n'okuteeka mu bipimo ebirungi endowooza zaabwe n'ebikolwa byabwe nga biri mu kkubo ly'erimu n'ebyassibwa Ebitukuvu ebyesigika.

## Wa Aw'okukuliza Abaana

### Ekyekango Eky'ebyobuwangwa Ekyava Mu Kusenguka Wakati W'obuvanjuba N'obugwanjuba

Amaka bwe gasenguka okuva e Buvanjuba okugenda e Bugwanjuba n'ekyennyume kyakyo, bafuna ekyekango eky'ebyobuwangwa ku buli ludda. Okugeza eno mboozi ntuufu ey'amaka agaagwa ku kizibu agaali gadda ewaabwe mu ggwanga ly'Abasiraamu oluvannyuma lw'okumaliriza emisomo mu ttendekero ekkulu erimu mu America gye baali bazaalidde n'abaana ababiri. Wadde nga baali basobola okukolera mu America, amaka gaasalawo okudda mu Middle East (Buwalabu) abaana baabwe basobole okuyiga Oluwalabu ne Kulaane. Nga baakava mu nnyonyi, abaana baatandika okufuna ekyekango ky'obugunjufu obw'ensi empya ne bagamba nti "Ee, kino ekifo nga kikyafu." Bwe baayingira mu nnyumba mwe baali bagenda okusula, buli

kintu kye baakwatangako kyabakyafuwazanga engalo. Wadde nga abazadde baali bamatiziddwa nti ennyumba yonna yali erongooseddwa, ebiwempe, ebisenge, amadaala, ne balikone tebyali biyonjo n'akatono. Ekizibu kyabwe ekinene kyali engeri gye baali bagenda okusumulula emigugu mu nfuufu nga eyo. Kye baalina okukola kwali kwekwatiramu kwerongooseza nnyumba.

Ekyekango ekyokubiri kyali nti wadde nga ebintu ebyakozesebwa mu kuzimba byali byabbeeyi, abaabikozesa tebaali bazimbi balungi. Enzigi z'ekinaabiro zaali tezeggala bulungi. Buttayiro bwali bulabika bulungi naye nga tebwenkanankana ate nga buseerera nnyo. Eby'amazzi byali bitangalijja naye nga bitonnya. Wadde nga amazzi gaali matono ate nga gakutukakutuka emisana, buttaapu bwali butonnya. Ku mwaliiro ogwokusatu, amazzi gaali tegatuukayo bulungi era nga omuntu yalinanga okujjuza obulobo bw'amazzi n'okugatereka ekiro. Ekyekango ekirala gaali masomero. Amasomero ag'obwannannyini gaali gabbeeyi ate nga ebyenjigiriza mu gaalukale byali katyabaga kennyini. Abasomesa baali beetaaga kutendekebwa ate abaana mu ngeri nnyingi baali tebalina mpisa na bugunjufu. Abazadde baalina okupimamu emigaso n'ebizibu eby'okutwala abaana ku ssomero oba obutabatwalirayo ddala!!

Entambula yali ya kasoobo nga kino kyali kiva ku kusibagana kw'ebidduka n'enguudo obutafiibwako kulongoosebwa. Bbaasi z'essomero ezaali zitudde zaayinzanga okuleetera abaana okukeerewa okumala essaawa eziwera okugenda n'okuva ku ssomero. Bangi baakisanganga nga okutambuza ebigere kyali kyangu ko okusinga okutambulira mu bidduka. Okulambula owooluganda oba owoomukwano, omuntu yalinanga okukola enteekateeka ey'olugendo okufaananako n'ava mu kibuga ekinene okudda mu kirala. Okuvuga mmotoka kwetaagisanga obukugu bungi nnyo n'obuzira (obufaananako omuntu ayingira mu bifo omuli olutalo n'okweŋŋanga okwegezaamu okubi okw'abalabe). Ku mpewo essibwa okuba nga teyali nnungi wagattangako amaloboozi g'ebireekaana. Abaana emirembe gyabaggwaako olw'ebiwoggana ebyalinga buli wamu, ne basalawo okusigalanga awaka. Okuleekaana ku ssomero, mu makubo, n'okuva ku muliraano byatuukanga ne mu bisenge mwe basula. Engeri yokka ey'okuwona ebiwoggana n'okufunamu ku kalembeereza kwalinga kugenda mu byalo ebibaliraanye, ekyo nga nakyo ku bwakyo kirina okusoomooza okwenjawulo.

Kino kifaananyi kimu bumu eky'ekyekango ky'ebyobuwangwa ekiyinza okugwawo okulaga ebintu abantu abasalawo okusenguka bye bayinza okusanga (kye kimu bava Bulaaya okugenda e Bugwanjuba oba ekyennyume kya kino). Tekiyinza kussibwa ku buli mbeera kubanga si buli muntu nti ajja kusanga obuzibu bwe bumu, wadde okugamba nti amaka galina kuwangaalira mu Buvanjuba oba Obugwanjuba. Okwongereza ku mulamwa, buli ggwanga lirina ebintu byalyo ebisikiriza n'ebizibu era buli maka galina embeera zaago ezigeeyawulidde. Tewali kuluŋŋamya kubuna ku wa awasinga obulungi abaana okuwangaalira. Amaka agasalawo okusenguka galina okumanya nti gaguze bintu ebiri awamu omujja okuva ebintu ebirungi n'ebibi (era okusalawo okw'amagezi kwe kwetaagisa okukolebwa). Obulamu ddala kigezo!

## Ebintu Bibiri Ebibula Mu Ndowooza Ya Bulaaya

Mu kukubaganya ebirowoozo emirundi egiwera kwe yakola n'abawandiisi, Dr. Taha Alalwani, omuyima owa IIIT, Virginia, yannyonnyola butya Bulaaya bwe yabulamu endowooza enkulu bbiri: 1) Katonda ye Munene asinga (Allaahu Akbar); ne 2) Katonda y'amanyi okusinga (Allaahu A'lam). Ku ndowooza esooka, abantu bwe batakolera ku buyinza bwa Katonda Owaamaanyi mu bintu byabwe, baba mu butuufu

beerangiridde nga "bakatonda" mu kifo kya Omutonzi Omu era ali Obwannamunigina. Abantu bwe bafuuka abeekuza, ababuze, era ne balowooza nti tebasobola kukola nsobi yonna era nti be basembayo mu kumanya, olwo basobola okuwa ensonga ku kyonna kye baba baagadde okwekola, n'okukola ab'amaka gaabwe, n'ekitundu mwe bawangaalira, n'ensi, n'obutonde obubeetoolodde. Bayinza nga bamanyi oba tebamanyi, okwonoona obwakabaka bw'ensolo n'obwakabaka bw'ebimera, ne boonoona ettaka, ennyanja n'ebbanga. Okwemanya kubatuusa okwonoona enteekateeka n'ebipimo ebituufu eby'obutonde, n'ebbanga eribali waggulu eribeetoolodde (ozone layer). Olw'okuba nga abantu bakkakkanya ekitiibwa ky'obutonde Katonda bwe yatonda, baataataaganya enkola y'obutonde n'embeera (bwe bityo empewo ennungi, amazzi amayonjo, n'ennyama eteriimu biragala n'enva endiirwa ne bifuuka ebyekkekwa). Okubuguma okw'ensi yonna kyabulabe eri okubeerawo kw'abantu. Ne bwe tugenda tutya ewala mu ssaayansi ne tekinologiya, tukyali katundu akatalina bwe kenkana mu nsi ya Omutonzi engazi eteriiko kkomo.

Obwetoowaze buli mu kugamba nti Katonda y'amanyi okusinga (Allaahu A'lam). Okuvumbula kwa ssayansi ne tekinologiya okukoleddwa omuntu okutuuka mu kyasa eky'ekkumineebibiri kuwadde abantu bangi okwewaanira mu kumanya kw'omuntu mu ngeri y'okweku-za. Wabula, ate ekituufu kiri nti, gye tukoma okumanya, gye tukoma okuvumbula nti tetumanyi. Obwetoowaze eri abalala n'okwekkakkanya eri Katonda bikulu nnyo mu kumanya okussikamu ekitiibwa. Abamanyi abatuufu kino bakitegeera nnyo. Abantu balina bulijjo okuvumbula ebintu ebipya mu kumanya. Jjukira nti obwetaavu bwaffe okuyiga buva mu kusaasira kwa Omutonzi Oweekitiibwa Akomererayo, eyatussaamu amagezi era n'atugonnomolako ensi yonna kwe tuwangaalira.

> Kyetaaga muntu kuba musuffu okubeera omwetoowaze owaddala, era kyetaaga muntu mwetoowaze okubeera omusuufu.

Kulaane eyogera bw'eti ku kumanya:

> *...ku kumanya mwaweebwako katono nnyo [mmwe abantu!]*
>
> Kulaane 17:85

> *Era tebasobola kwetooloola ku kumanya Kwe wabula nga bw'aba ayagadde*
>
> Kulaane 2:255

> *Gamba nti: "Singa amazzi g'ennyanja yali bwino awandiika ebigambo bya Katonda wange, awatali kubuusabuusa, ennyanja yaalikalidde nga ebigambo bya Katonda wange tebinnaggwaayo, ne bwe twalireese amazzi g'ennyanja endala okwongerezaako."*
>
> Kulaane 18:109

## Emisingi Emikulu Egy'enzikiriza Nga Ogigeraageranyizza N'Emisingi Gy'enneeyisa Ennungi Ezitambulira Mu Bantu

Amaka ge gatereeza empisa n'emisingi gy'enneeyisa ennungi (okugeza amazima, obwenkanya, omukwano, obuvumu, obwesimbu, n'okuba ow'obuvunaanyizibwa). Bino byonna byesigamizibwa ku ndowooza ey'obukkiriza (aqiidah), emisingi emikulu mu kukkiriza bwe bikulembezebwa ku misingi gy'enneyisa ennungi ekolerwako. Ebibiri si buli kiseera nti bikwatagana. Mu bitundu ebimu, essanyu ly'obulamu mu nsi muno ky'ekigendererwa ekikomererayo. Wabula ku Basiraamu, okufuna obulamu obutaggwaawo ku Lunaku Lwenkomerero nga kino kiva ku kuwangaala obulamu obulungi ku nsi kuno ky'ekigendererwa ekipime obulungi ekisembayo. Kino kitegeeza nti okufuna obuwanguzi mu bulamu obw'oluvannyuma tekikontana na kufuna bulamu bulungi ku nsi kuno; obuwanguzi ku Nkomerero buyinza era bulina kukolebwa awatali kugayaalira ensi eno. Okubeera omulamu ku nsi kuno kkubo bukubo ery'okufuna obulamu obutaggwaawo. Nnabbi ﷺ yawa munnamalungu omu amagezi okuteeka obwesige bwe mu

Katonda naye, mu kiseera kye kimu, agoberere amateeka g'obutonde agassayansi wamu n'amateeka ga ssayansi w'empangaala y'abantu. "Siba ensolo yo [ereme kubula], ate obwesige bwo obuteeke eri Katonda [okusaba Katonda akusaasire nga tonnadda]." Ekipimo ekirungi kyetaagisa wakati w'ebyetaagisa mu bulamu buno obw'ensi n'Enkomerero nga bwe kiri wammanga wano:

> Kolerera obulamu bwo ku nsi kuno nga oli nga agenda okuwangaala olubeerera, ate okolerere Enkomerero nga oli nga agenda okufa enkya.
>
> (ABU-TALIB, 1996)

Abamanyi ba Talmud (eby'Abayudaaya) bagamba nti: Wangaala buli lunaku nga luli nga lwe lunaku lwo olusembayo, kubanga teri amanyi oba ekyo bwe kigenda okuba oba nedda.

Eky'okulabirako ekirungi kwe kugeraageranya embeera y'abantu abaawangaaliranga mu mawanga agaali agabakoministi (bannaakalyakaani). Obukoministi busuubirwa okufa ku bakozi okusinga ku bukapitalisti (enkola ya sitakange), naye ekyaliwo kyali nti abakozi mu mawanga g'abakoministi baawangaaliranga mu bugubi okusinga ne mu nsi eza bassitakange. Wadde nga emisingi gy'enneeyisa egikola mu mawanga g'abakoministi gyagambibwanga okuba nga gifa ku bantu, emisingi gy'enneeyisa egyasimba amakanda kwali butakkirizigaganya, kunyigiriza, na kusaanyaawo bantu abaali mu madaala amalala mu bitubdu.

Amawanga ga Bulaaya ag'ekikapitalisti (agatambulira ku nkola eyassitakange) agaalowoorezanga ennyo mu ky'okufuna amagoba gaakola bulungi okusinga obufuzi bw'abakoministi olw'okubaamu empisa y'Ekikristu ey'okwagala, okugaba, n'okusaasira eyali esiisidde. Eyo y'ensonga lwaki amawanga ago gaateekawo amakubo mangi ag'okufa ku banaku n'abeetaavu, sso nga abantu abangi abaabulijjo wansi w'obukoministi baabonaabonanga nnyo.

Okusaanawo kw'obukoministi gye byaggweera kwasinga kuva ku nneeyisa ey'obufuzi bw'obumbula n'engeri gye bwalabangamu ensi. Endowooza yeesigamye ku kulwana, bulumbaganyi na kwonoona bintu. Wadde nga aboobuyinza beegamba nti baateekawo obufuzi bw'eddaala ly'abantu abakozesebwa, ekyaliwo kyali nti abakozi baasigala nga be bangi abanyigirizibwa, nga kino kyali kyennyume kya bigendererwa ebyalangirirwa okuba nga y'endowooza y'ekimakisi (Marxist ideology).

Endaba y'Abakoministi yali ekoma kumpi, nga tekola bulungi era nga erowooleza mu bire, sso nga embeera mu Bulaaya yali esingira ddala obulungi. Enkola yassitakange tewa mbeera ya jjana ya ku nsi. Nga yeesigama ku ddembe ly'omuntu okuba n'obwannannyini n'endowooza y'okwagala okufuna amagoba, enkola eyo yaleeta embeera y'ebyenfuna n'empangaala y'abantu eteri ya bwenkanya eri abakozi. Wabula emisingi gy'enneeyisa eyasimba amakanda n'okugaba okw'Enzikiriza Eyeekikristu ebiri mu Bulaaya, byasobola okukendeeza ebimu ku bizibu ebiva mu nkola eyo ebyalituuse ku bantu abali mu ddaala ly'abakozi, kino ne kikendeeza ku bulumi obuleetebwa okuyitimuka kw'amakolero. Kino okigeraageranya n'abakulira ekibiina ky'abakoministi abeekolerera nga bayita mu bitongole ebinene bye beetonderangawo. Gye byaggweera nga bantu abali ku ddaala ly'abakozi abaayisibwa obubi mu bufuzi buno. Emisingi gy'enneeyisa egigenda ewala egy'okugaba n'egyeddiini mikulu nnyo mu kugasiza awamu abantu bonna mu kitundu n'abantu sekinnoomu.


Wadde nga ebiwandiiko ebisinga n'okunoonyereza ku by'obuzadde gyebiri mu Bulaaya, naye okumanya kwaffe okw'obuntu kukoma kumpi nnyo. Abantu si bintu ebiba "bikoleddwa mu USA" oba ebiba "bikoleddwa mu China," ebyo bye tulinako okumanya okulungi. Twatondebwa "Omutonzi w'Ensi eno." Omutonzi waffe Yekka era Atufaananya nga bwetuli y'amanyi kalonda yenna atukwatako. Mu kitabo kye, Parenting Experts: Their Advice, the Research and Getting it Right (Abakugu mu By'obuzadde: Amagezi ge Bawa, Okunoo-

Okwemanya + Okumanya → butamanya

Obwetoowaze + Okumanya → okumanya (okubugumizibwako)

Emyaka kikumi egyayita, omukulu wa Balliol College mu Oxford University, e Bungereza, yawandiika ku luggyi ebigambo bwe biti:

"Nze mukulu w'ettendekero lino; kye simanyi okwo tekuba kumanya".
Abantu abakkakkanya abalala gye bamalira nga teri abeeyunira.



nyereza, n'okukifuna mu Butuufu Bwakyo), Jane Rankin, omukugu mu by'ebirowoozo by'abantu agamba nti waliwo omuwaatwa munene wakati w'ebyo abakugu mu by'obuzadde bye babuulirira n'ebyo okunoonyereza okwassayansi okuzze kukolebwa okumala emyaka amakumiasatu egiyise bye kugenda kulaga.

Abakugu mu by'obuzadde abaatikirivu ab'ekyasa eky'amakumiabiri okugeza Benjamin Spock, T. Berry Brazelton, James Dobson, Penelope Leach, John Rosemond, n'abalala baawukana mu nsonga enkulu ez'obuzadde okugeza okukuba akayi ku kabina k'omwana, okuteekawo ensalo, bamaama abakola, okulabirira abaana emisana, okutendeka okuyitiridde, terefayina, n'ebirala.

Wadde nga tulina okuwagira okunoonyereza ku by'obuzadde, nga tukozesa amakubo gonna agaliwo mu by'empangaala z'abantu, eby'obutonde, ne ssayansi w'ebyomwoyo, naye tuteekeddwa okwetoowaza ku ebyo ebiva mu kunoonyereza kw'omuntu. Twetaaga okunoonya okuluŋŋamizibwa n'okulengera ewala okuva eri Okumanya Okutukuvu.

## Ekyokulabirako Eky'amaka Nga Tukozesa Eby'obulimi

### Abaana Bali Nga Ebimera, Abazadde Bali Nga Abalabirira Ebimuli

Ekigambo ky'oluzungu "Culture (ebyobuwangwa)" kiva mu kigambo "cultivation (okusiga)". Abaana n'abantu balina bingi bye bafaananya ebimera. Bombi beetaaga okufiibwako n'okulabirirwa era baba bajja kukulira mu mbeera ebeetoolodde ennungi eba ebategekeddwa. Ku ludda lw'ebimera ebisembayo obuto, mu bitundu omuli okwonooneka okungi, embeera eyeetoolodde esinga obulungi y'ennyumba omulimirwa eyaakiragala engeri ebimera gye byetaaga okuguma nga tebinnajjululwa kutwalibwa wabweru. Ebawa entandikwa, kubanga bwe bisimbulizibwa, ebimera bino bigenda byeyongera okugejja, amaanyi, n'okuba nga bigumira obuwuka okusinga ebimera ebirala. Abaana beetaaga okukuumibwa n'okukuzibwa olw'okukulaakulanya empisa ennungi. "Olwo, batabani baffe, mu buvubuka bwabwe, baliba nga emiti egikuze" (Zabbuli 144:12). Omwana akuliziddwa mu mbeera eyeetoolodde awaka ennungi aba ajja kuba waamaanyi, omulamu mu mubiri, era alwanyisa obulwadde bw'empisa ebiba bisaasaanidde ekitundu. Okugeraageranya kuno, okwangu ennyo okutegeerwa abalimi, si kwangu kutegeerwa bannamakolero, abantu abasinga obungi gye batalina bumanyirivu bungi ku kulima ebimera. Wabula, ekikulu kiri nti abaana basingako ku bimera obumera. Ebimera byo bikkiriza buli kikolebwa sso nga abaana bantu abalina amaanyi, abajjudde amagezi era abasobola okusalawo. Beetaaga nabo okubaako kye bakola mu kukula kwabwe era beetaaga okuyiga okuteeka okukugira ku nneeyisa yaabwe. Abaana basigala nga beetaaga obuyambi obwamaanyi, era nga engeri esinga obulungi ey'omuzadde okubawa kino kwe kuwagira n'okutumbula empisa ennungi ezo lumu ezirifuuka obubumbwa obulungi n'ebitendo ebirungi.

## Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 8: EBITIISA EBIKULU EBISATU EBY'EKYASA EKY'ABIRIMUEKIMU**

Kubaganya ebirowoozo n'aboomu maka: Biki ebireeta ebintu bino ebisatu ebyeraliikiriza era butya bwe biyinza okuziyizibwa okugwawo?

Mu 1997, omugenzi William Buckley (omuwandiisi w'amawulire atakkiririza mu nkyukakyuka) nga bali ne Senator George Mc-Govern (Akkiririza mu nkyukakyuka), mu kutikkira okwali ku ttendekero erya South East State University, Cape Girardeau, yayogera ku bweraliikirivu obukulu bwa mirundi esatu:

Obwatiikirivu obusooka kwe kuzimbulula n'okumalamu amaanyi amaka g'Abamerika, nga bino byavaako omuwendo ogwawaggulu ogw'abaana abazaalibwa abatali mu mateeka. Obwokubiri kwe kwonoonebwa kw'obutonde, ebintu bingi eby'obulabe bwe biyiibwa ku ttaka, mu mazzi, mu bbanga, mu ssemayanja, awayita amazzi, ne mu bibira. Obwokusatu ly'ettamiiro, eryonoonye obulamu bw'abantu n'amaka gaabwe.

**EKYOKUKOLA 9: OKUTEEKA EBITENDO KU BAANA (MU NNUKUTA NGA BWE ZIGENDA ZIGOBEREGANA)**

Abazadde baakutuula n'abaana boogere ku buli kitendo ku bitendo ebijja n'okuleeta amakubo agayinza okussika mu nkola okukiyingiza mu buli mwana.

**Abaana ...**

Beewuunyisa, bakkiririzeemu
Bakkirizika, beesige
Bakola nnyo, balagire
Bantu balungi, sanyuka nabo
Bassanyu, bakkiririzeemu
Baakisa, bayigeko
Baagalika, bafeeko
Baakitiibwa, bawe ekitiibwa
Banjulukufu, basomese
Baamuwendo, batwale nga ekikulu
Babuuza nnyo, bazzeemu amaanyi
Bavaamu bingi, bawagire
Kye balaga era kye bali, beeyagaliremu
Balina talanta, zikulaakulanye
Buli omu yeefaanana, bayambe
Bayonta, bagenderere
Balalu, seka nabo

(MEIJI 1999)

**EKYOKUKOLA 10: OKWOGERA KU KIKI EKIREETERA DDALA OKUKOLA EBIKOLWA EBY'OBUKAMBWE MU BAANA**

Yogera n'abaana bo ebimu ku bintu ebitiisa bye baali bayiseemu. Mu United States, Ettemu Eryali mu Columbine High School lyakuba abantu enkyukwe. Abalenzi babiri omu nga wa myaka 18 omulala wa 17, batta abantu 15 ne batuusa ebisago ku balala 26, nga bakozesa emmundu ne bbomu. Baakubanga amasasi nga bwe baseka nga abali ku TV, filimu n'emizannyo gya kompyuta, bwe baamala nabo ne beekuba amasasi ne bafa. Baali bakoze bbomu 19 eka. Ebikangabwa eby'ekika ekyo tebyali bipya: ebirala nga 22 ebibifaanana mu United States byagwawo mu myezi egyaddirira. Lwaki baakikola? Ani avunaanyizibwa? Kyali kiyinza kitya okutangirwa? Kiki ekisoboka okukolebwa okuziyiza ebikolwa eby'ekika ekyo obutaddamu kuzuuka mu biseera eby'omu maaso? Byakuyiga ki ebisobola okufunibwamu? Tuvumula tutya ebintu ebireeta ebikolwa eby'ekikambwe?

**EKYOKUKOLA 11: ENGERI Y'OKUKWATAMU EBIZIBU BY'EMPANGAALA Y'ABANTU**

Yogera n'aboomu maka go ku bireeta n'ebiva mu kufuuweeta ssigala, okukozesa ebiragalalagala, okufuna embuto ezitali mu mateeka, okunywa ebitamiiza, okwetta, n'abafumbo okwawukana. Leeta ebirowoozo, nga oli wamu n'aboomu maka go, ku biyinza okukoleka okulongoosa ekitundu.

**EKYOKUKOLA 12: EKYOKULABIRAKO EKY'OBUZADDE MU AMERICA EKYA DR. SPOCK (1903–1998): EBYOKUYIGA EBIMU "KOLA NGA BWE NG'AMBA, SSO SI NGA BWE NKOLA!"**

Mutuule mwenna mukubaganye ebirowoozo ku bye muzze muyitamu mu by'obuzadde nga mukozesa emboozi y'obulamu bwa Dr. Spock (Maier, Newsweek, 1998) bye tutadde mu bigambo byaffe wammanga:

Okutegeera embeera y'okukuza omwana mu United States kuba kujja kubeera kukendeevu bwe tutalowooza ku Dr. Benjamin Spock – kakensa mu by'abaana n'endwadde n'ebirowoozo byabwe – kye yakola ku by'obuzadde obw'omulembe. Nnyina yamubuutikiza omukwano, amateeka ne bye yamusuubiramu ebingi.

Yayawukana ne mukyala we eyali omutamiivu waddanga oluvannyuma lwa bombi okumala emyaka 51 mu bufumbo. Dr. Spock yatandika okukola mu by'abaana era n'amanya nti ebizibu by'abaana ebisinga obungi byali mu nneeyisa okusinga okusibuka ku bulwadde: kasunguyira, kunuuna ngalo, kugaana kulya, butayagala kwebaka, na butasobola kutendekebwa kwakisiru mu biseera. Yakula ayagala Freud era yagenda emirundi ebiri mu kwetegerezebwa mu by'obulwadde bw'ebirowoozo.

Yawa nga abazadde amagezi obutapapira baana wabula okubakuuma n'okubafaako n'okubalaga omukwano. "Weesige omwoyo gwo. Omanyi bingi okusinga bw'olowooza." Yayigiriza nti mukwano gwokka abaana gwe beetaaga okuva mu bannyaabwe ne bakitaabwe. Yawulirizanga bulungi nnyo abalwadde be, naye teyawulirizanga baana be. Maama omu bwe yabuuza nti: "Omwana omuto alina okulaba bazadde be nga bali bukunya?" yaddamu nti: "Ekyo kizibu okukiddamu mu ngeri ennyangu."

Amaka ga Dr. Spock gaali tegatambula bulungi. "Bulijjo kiba kizibu okukola omulimu omutuufu ku baana bo okusinga okuguwandiikako." Mukyala we yafuuka munywi lujuuju, yafuna obulwadde bw'omutwe era oluvannyuma yaweebwa ekitanda. Yali taata ateesembereza baana era abaana be ababiri munda baali bawulira nga kitaabwe eyali yabavaako.

Yakkiriza nti yatwalirizibwa nnyo omulimu gwe yali akola olwo amaka ne gatandika buli omu okugwa munne mu kifuba okusobola okusasula ebyayita. Yakkiriza bw'ati, "Ssanywegerako baana bange ababiri nga bato."

Yalagira abaana be okuyitanga bazadde baabwe amannya agasooka – ekikolwa ekyali kiraga obugunjufu n'okugenda mu maaso mu kiseera ekyo. Taata yawulira muli nti okubakuza kwalina kuwa kifaananyi kya bye yakkiririzangamu. Okwefuula nti benkanankana kwali kwekoza; kwali kulaga nsi nti, "Ono mwana wange, ampita nga akozesa linnya lyange erisooka." Dr. Spock bwe yaba nga ayogera n'abaana be, kyabeeranga nga abali mu bigezo ebitali biwandiike. Eddoboozi erikkakkamu erifunibwa mu bitabo bye lyalinanga kitono kye lifaanana eddoboozi eritaliimu kawoowo erinenya lye yakozesanga awaka; yali tamanyi omuliro gwe yali akuma nga taata.

Yakikkaatirizanga nti batabani be baali tebateekeddwa kweswaza oba okuswaza erinnya ly'amaka mu lujjudde. Endaba y'abantu ab'ebweru ennungi oba embi yali nkulu nnyo gy'ali nga omuzadde. Endowooza y'abagenyi n'Abamawulire yali ekola kinene nnyo gy'ali. Batabani be baayambalanga bulungi era baabuulirwanga okubeera abeetowaze era baliraanwa abalungi. John akamwenyumwenyu bwe kamuggwangako oba n'alabika nga avudde mu mbeera, Ben yamujjukizanga mangu okuva mu mbeera eyo." Tobeera waggume, gezaako otunule nga omusanyufu mu bantu," bw'atyo bwe yamulagiranga.

Dr. Spock yalabikanga obutakkiriza ebizibu ebyabeeranga awaka. Batabani be bombi baali bayize buli omu okwesamba munne mu ngeri ewa ekitiibwa. Obukuubagano obwabeerangawo wakati wa Mike ne John ne kitaabwe tebaabulaganga mu lujjudde, bwasigalanga bwabwe bokka. Beekolezanga ku bakwasi b'ebifaananyi n'abasasi b'amawulire abasakira obutabo n'abasasi ba terefayina bwe baayagalanga okubakwata ebifaananyi, era nga babawa enziramu eteri nnambulukufu bulungi era etegenda wala ku nneeyisa ya kitaabwe awaka.

Teyalaga mukwano wadde okulaga bw'awulira muli eri abaana be, abakkiriza mu lujjudde nti: "Tetunywegerangako kitaffe." Dr. Spock abadde akozesebwa nga akabonero okusinga omuntu yennyini, okulaga okukozesa obuyinza okusinga taata omuntu; yali taata atafa ku baana era omukambwe ataafanga ku ngeri abaana be gye baawulirangamu munda.

Spock yeemulugunya ku ngeri gye yakuzibwamu. "Saalaba ku mukwano ogulagibwa (omukwano wakati wa taata n'omwana). Kitange yanjagala, era alina ebintu ebiraga ekisa bye yakola, naye bwe kituuka ku bintu ebiraga omukwano kungulu, ngezaako okusika kitange lwe yannywegerako oba lwe yanywegerako abaana abalala, sijjukira oba kitange yannywegerako oba okunywegerako baganda bange."

Kye tuyigamu: Togoberera birowoozo bya bakugu mu ngeri ey'ekizibukyamaaso. Okumanya bwe kutyo kujja kweyubula era ne kukyuka, era okuggyako nga bye tuvumbula nga abantu tubigattirizaako okuluŋŋamya kw'obubaka, tuba tujja kubula era tuleete bulumi okusinga okufuna ebirungi.

## EKYOKUKOLA 13: OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO KU KYEKANGO KY'EBYOBUWANGWA

Abazadde baakukubaganya ebirowoozo n'abaana ku bye baayitamu mu kyekango ky'ebyobuwangwa. Bayita buli mwana okunnyonnyola okulambula bwe kwamugendera mu nsi endala oba ebyobuwangwa by'abayizi ab'amawanga amalala, eddiini endala oba obuwangwa obulala.

Abaana bwe baba tebalambulangako baaluganda baabwe ebweru, kikulu nnyo, ssente bwe ziba zimala, okunoonyereza n'okuteekateeka amaka okufuna oluwummula mu maaso okusisinkana abooluganda lwabwe emirundi gyonna egisoboka era we kiba tekirina buzibu.

**EKYOKUKOLA 14: ENDOWOOZA Y'ABAKULEMBEZE ABATUUFU**

Kubaganya ebirowoozo n'aboomu maka go ku bigambo bino wammanga:

"Nkigenderedde nga abakulembeze abasinga okukola obulungi tebatera kubeera bazira mu woofiisi za lukale. Abasajja n'abakazi abo si bantu abakulemberamu waggulu mu bigendererwa. Batambula n'obugumiikiriza, n'obwegendereza, era bayita mu mitendera. Bakola kituufu." (Badaracco 2002)

"Abakulembeze bayinza okwagala okutumbula endowooza ey'okulundirwa mu ggana mu bagoberezi baabwe, naye bbo bennyini be balina okugondera endowooza." (Steven B. Sample mu kitabo The Contrarian's Guide to Leadership).

Okufundikira: Okukola ekituufu ky'ekikulu, sso si kintu ekisinga obuganzi oba abantu kye basinga okukola! Kubaganya ebirowoozo ku ani ayinza okunnyonnyola ekituufu era atya! Oyo ye ggwe, nze, ye oba Omutonzi Owoobuyinza?!

**EKYOKUKOLA 15: OKUGABANA EBYAFAAYO BY'AMAKA**

Tuula n'abaana bo mugabane kyonna ky'omanyi ku bajjajjaabwe.

Olwaleero amaka agasinga tegagabana byafaayo byago na baana. Abaana beetaaga okumanya obulamu, ebyatuukibwako, ebyagaana, emirimu, ebyayitibwamu, ebyakolebwanga, n'amaanyi g'abajjajja baago abasajja n'abakazi. Nina Abdullah, omukugu mu by'obuzadde, asomesa bakasitoma be engeri y'okukubamu omuti gw'amaka n'ebikwata ku booluganda. Kino kifaananyi ekiraga obufumbo, okwawukana, obulwadde, n'enkolagana wakati w'aboomu maka, okugeza bassenga, bataata abato, abaana baabwe, ne bajjajja ku njuyi zombi olwa maama n'olwa taata. Nnabbi ﷺ yawagira enkola y'ebika by'Abawalabu ey'okunyumya emboozi ekwata ku bajjajja abedda n'okukwata ku mwoyo ennyiriri okugenda emabega nga bwe kisoboka (Campo, 2009). Abasomaali abamu bamanyi ennyiriri za bajjajjaabwe amakumiabiri era batera okusisinkana mu nkuŋŋaana ez'ekika okugabana bye baba bamanyi ku bajjajjaabwe.



ESSUULA 3

# Obuzadde Obulungi: Okuteekawo Ebigendererwa Ebirungi


- Okuteekawo Ebigendererwa Ebirungi: Omutendera Ogusooka Mu Kussa Mu Nkola Eky'okubeera Omuzadde Omulungi 80
- Okwekaliriza Ebigendererwa 82
    - *Ebigendererwa Ebiggyibwa mu Aaya ya Kulaane: Okusaba kw'Abakkiriza* 82
    - *Ebigendererwa Ebiggyibwa mu Hadiisi za Nnabbi* ﷺ 84
- Caayi N'ebintu Ebirina Okusoosowazibwa mu Maka 86
- Okufundikira: Amaaso Go Togaggya Ku Kirabo 87
- Ebyokukola 16-20 88

**Tugenderera kuzimba abaana abalungi era abaamaanyi,**
**Ani azimba amaka amalungi era agaamaanyi,**
**Ani azimba ekitundu ekirungi era ekyamaanyi,**
**Ani azimba eggwanga eddungi era eryamaanyi,**
**Ani azimba ensi ebukadde emirembe**

## Okuteekawo Ebigendererwa Ebirungi: Omutendera Ogusooka Mu Kussa Mu Nkola Obuzadde Obulungi



ABAZADDE BALINA OKUSSA MU NKOLA obuzadde obw'amagezi. Awamu n'okuba nga abazadde bangi batekateeka kalonda yenna akwata ku mirimu gyabwe n'okuwummula buli mwaka, balemererwa okutuula wansi okukola enteekateeka ebakwatirako bonna awamu nga amaka. Ekituufu kiri nti, abasinga baba tebajja na kukkiriziganya ku birina okubeera mu nteekateeka eyo, bye bettanira, oba ekkubo eririna okukwatibwa ku lw'amaka gaabwe. Awatali bigendererwa, kirabika nnyo nga awaba wajja okuvaamu ebibala ebitono. Okutagala okuva ku mulimu, okudda eka, okugenda ku maduuka, okugenda ku ssomero, okugenda mu kuwummula, n'okuva mu kizibu okudda mu kirala, nga tusuubira nti ebintu bijja kuvaamu ekisinga obulungi, kiyinza okuba eky'obulabe eri ebiseera by'abaana ebyomumaaso nga abazannyisa omuliro, nga tukkiriza ebiseera eby'omuwendo okutuyita mu ngalo nga tetutegedde. Twetaaga ebigendererwa eby'ebiseera ebiwanvu n'amakubo ag'okubituukiriza.

Ekkubo ery'obuzadde eddungi litwala omuntu sekinnoomu n'ekitundu mw'awangaalira okuba ekintu ekimu ekitambulira awamu. Tetuyinza kuzimba kitundu kyamaanyi nga tetulina bantu sekinnoomu abaamaanyi era abalongoofu. Abantu ab'ekika ekyo tebaggyibwa mu bbanga, kubanga beetaaga embeera ebeetoolodde ennywevu gulugulu wamu n'okukolaganira awamu. Ekigendererwa ky'abazadde kwe kufulumya abantu abagenda okubeera abasigire ba Katonda, abaamaanyi era abeesigwa, era abatuuze abagunjufu, nga n'ekigendererwa kyabwe mu bulamu kwe kukulaakulanya n'okulongoosa ekitundu kyonna. Awatali bubaka buno, okubeerawo kw'omuntu kuba tekulina kigendererwa na makulu. Omuntu bye yettanira birina okuzingiramu obulamu buno obw'okunsi n'Enkomerero, ebintu ebiggwaawo wamu n'ebyomwoyo, n'ebyobuntu wamu n'ebyabantu bonna okutwalira awamu. Kino kirina okubeera nga gwe mulamwa oguli waggulu wa gyonna era endaba y'ensi ey'abazadde mu kukuza abaana.





Ekipande ky'Obuzadde Obulungi: Ebigendererwa, Emisingi Gy'enneeyisa Ennungi, Amakubo

| Ekyegombwa ekisooka: Amaka Agessanyu | Ekyegombwa Ekyokubiri: Okukuza Abakulembeze Abatya Katonda (Abalongoofu) | | | |
|---|---|---|---|---|
| Empuliziganya<br>Okutendereza / Okuvumiri ra<br>Endowooza<br>Empulira munda<br>Obukkakamu/Obusungu<br>Kwata, Nywegera, Gwa mu kifu ba<br>Essanyu, Okusaaga<br>Okutegeeragana<br>Ebiseera by'aboomu-maka okuba bonna<br>Ebidda mu kifo kya TV<br>Okuteesa mu maka<br>Ebyendya mu maka<br>Enkwatamu y'obulwadde bw'ebirowoozo<br>Emizannyo ebyemizannyo<br>Okukolera awamu n'abaana | Amaanyi, Obulamu, N'okwewulira Obulungi | Enkula Y'omuntu Ey'obutonde | Okumanya, Amagezi, N'obukkiriza | Obukugu: Okutendekebwa okw'ekikugu |
| | Okulonda omubeezi | Obuvumu | Ebyenjigiriza/ Eby'essomero | Okusoma |
| | Enkulaakulana y'omwana | Omukwano | Eby'okukola Awaka | Okuwandiika |
| | Okuyonsa | Obwesimbu | Okwongera Amaanyi, | Obukugu mu Kompyuta |
| | Eky'amagero ky'obwongo | Eddembe | Okuzzaamu N'okuwagira Abaana | Obukugu Mu Kuvuga Ekidduka |
| | Eby'obulamu | Obuvunaanyizibwa | Okugunjula Nga Okugeraageranya N'okubonereza | Emirimu Gy'awaka |
| | Ebyendiisa | Obwetwaze | Obukkiriza | Enkozesa Ennungi Eya Ssente N'ebiseera |
| | Okukola dduyiro | Obuyiiya | Ensibuko | Okusaba Duwa |
| | Okwebaka | Okwewa Ekitiibwa | Oluganda Olugazi | Okusalawo |
| | Okwegatta obulungi mu by'omukwano | Obwesigwa | | |
| | Okwewala ebitamiiza | Okuwa Ekitiibwa Obugumiikiriza Obwetoowaze N'obukkakkamu | | |

Ka tutandike n'essira okulissa ku kipande ekyo waggulu. Kino tukiyita Ekipande Ky'ebigendererwa By'obuzadde Obulungi. Kino kireeta mu bufunze ebigendererwa bye tulina okuteekawo era ne kiraga engeri gye biyinza okutuukirizibwamu nga tuyita mu kuteeka mu baana emisingi n'ebintu ebyomuwendo mu nneeyisa ennungi okuva mu buto okutuusa lwe bakula.

Ebigendererwa byennyini byonna mu bufunze biggyiddwa mu a) ebintu abazadde bye bettanira ebigenda ewala nga bifunzibwa mu aaya ya Kulaane 25:74, ne b) hadiisi ya Nnabbi Muhammadi ﷺ eggyayo ebyomunda:

> *Era abo abagamba nti: "Katonda waffe! Abakyala baffe (oba abaami) n'ezzadde lyaffe batufuulire essanyu eri amaaso gaffe, era otufuule abakulembera abo abatya (ebibonerezo byo). (Kulaane 25:74)*

> Abantu bali nga amayinja agoomuwendo [oba ebyuma, ebirina embeera ezibyeyawulidde]; abaasinganga obulungi mu biseera by'obutamanya (jaahiliyyah - nga Obusiraamu tebunnaba)

era be babasinga obulungi mu [biseera bya] Obusiraamu, bwe bategeera [ne bamanya]. (AL-BUKHAARI NE MUSLIM)

Nga bwe kinnyonnyoddwa mu kipande, ebigendererwa byawuddwaamu emiteeko eminene ebiri nga ate ogwokubiri gwongeddwa ne gwawulwamu obutundutundu buna. Abazadde beetaaga buli kaseera okuddamu okutunuulira ekipande basobole okumanyiira ebigendererwa byakyo n'emisingi gy'enneeyisa ennungi egirimu, okubisoma, okumanya webiri mu birowoozo byabwe, n'okukipimirako eky'okukola n'enkulaakulana. Kino kiba kijja kukakasa nti tebasirittuka kudda ku kumatira bye baakakola oba okukkiriza emirimu egya buli lunaku mu bulamu okudda mu kifo ky'ebirina okusoosowazibwa eby'obuzadde.

## Okwekaliriza Ebigendererwa

### 1. EBIGENDERERWA EBIGGYIBWA MU AAYA ZA KULAANE: OKUSABA KW'ABAKKIRIZA

EDDUWA abakkiriza gye basaba ye Katonda Owoobuyinza okusooka okubawa okuva mu babeezi baabwe n'abaana baabwe *qurrata a'yun* (essanyu eri amaaso gaabwe). Ebigambo nga bino byogerwa emirundi mukaaga mu Kulaane era nga amakulu gaabyo agookungulu bitegeeza: "ekiwummuza amaaso gaffe, essanyu eri amaaso gaffe, amaaso agasanyusibwa ebintu ebijjudde okusanyusa". Bwe kityo, ekinyusi ky'okwegomba okusooka kiri ku kuba n'awaka n'obulamu bw'amaka obujjudde essanyu.

Kino tekiri ku maka amatono gokka, wabula n'amanene, omuli omubeeezi, abaana n'abazzukulu, bajjajja, bataata abato, bassenga, bamaama abato ne bakkojja, n'abaana baabwe. Obukwakkulizo obumu obuleetawo essanyu mu maka mulimu empuliziganya wakati w'abazadde n'abaana; okulaga omukwano n'okwagala, n'okukozesa obulungi ebigambo ebirungi ebiwaana n'ebiwabula era ebipime obulungi mu ngeri ezimba. Obukwakkulizo obulala obuleeta essanyu mu maka mulimu okuzimba endowooza ennungi ku bantu, okukola ku ngeri omuntu gy'awuliramu munda mu ngeri erimu okubalirira era etwala ebikosa abalala nga ebikulu; okumwenya, okunywegera, okugwa mu kifuba, okukwata n'okusikaŋŋana mu mikono n'abaana; okuwoomerwa emmere n'okukolera wamu emirimu gy'awaka, n'okusaaga na buli omu okukulisaayo n'okwaniriza munne.



Okusaba okwokubiri abakkiriza kwe bakola eri Katonda waabwe be babeezi baabwe n'abaana okufuuka "abakulembeze eri abo abatya Katonda". Ekigambo imaamu n'enkozesa yaakyo mu bungi a'immah kyogerwa emirundi kkumi mu Kulaane. Abataputa Kulaane abatali bamu ebigambo "tufuule ba imaam eri abatya Katonda" babinnyonnyola bati: Tufuule ekyokulabirako eri abalala, ekyokukoppebwa abalala, abasikiriza abalala eri obulongoofu, abaluŋŋamya abalala, abakulembeze b'abantu, abakulembera abo abeekuuma Katonda, ekyokulabirako ekikulu eri abalala, abakulembedde abalala, n'ekyokukoppe bwa abagoberezi baffe.




**Abakulembeze bali wa? Mmwe bakulembeze**

- Ffe bakulembeze be tulinda.
- Obukulembeze tebuli ku kubeera muntu mukulu, buli ku kuweereza kintu ekikulu.
- Tebuli ku kuba nga olina ekifo, wabula engeri ennungi gy'okulemberamu.
- Obukulembeze kwe kukola ekituufu Katonda Yekka bw'aba nga y'alaba.
- Buli omu alina omuntu gw'akulembera. Kye kimu omuntu oyo mukozi, mubeezi, mwana, oba ye yennyini; oli mukulembeze!

Bwe kityo, ekigendererwa ekyokubiri eky'amaka essira kirissa ku kukuza abakulembeze abalongoofu era abalungi era abaluŋŋamya bannaabwe.

Wano twagala okukikkaatiriza nti bwe twogera ku bukulembeze, tetutegeeza okunoonya obuyinza mu ngeri ey'ekiralu, naye okufuna abantu abaamaanyi, abalina enneeyisa ennungi, eddaala eryawaggulu, empisa, n'ebitendo ebirala ebyetaagisa mu bukulembeze obulungi. Okwongereza ku bino, ekigambo "mukulembeze" kiyinza okuba n'amakulu agatali malungi mu kuba nti buli muntu avuganya okufuna ekifo ekyo ekimu. Eky'okuba nga walina kubeerawo "omukulembeze" amanyiddwa omu mu buli kibiina ky'abantu kiyinza okuleetawo okuvuganya okuteetaagisa, era kutondawo okuwulira muli okukotoggerwa. Singa buli muntu ayaayaanira ekifo ekyo olwo b'ani ababeera "abakozi" oba abagoberezi? Ekigendererwa kyaffe kwe kuteeka mu baana omutima okubeera n'ebitendo ebibeera mu bantu abalina obukulembeze obutambulira ku musingi omutuufu. Buli muntu mu kitundu eyeetaba era n'alongoosa embeera gy'aliko oyo aba mukulembeze omutuufu; era eno ye ngeri okugenda mu maaso okwannamaddala gye kutuukibwako.

Okukikkaatiriza, ebitendo by'obukulembeze tebitegeeza kunoonya mu ngeri ey'ekiralu amaanyi, ebitiibwa, ekifo oba ssente. Mu ngeri y'emu era tebitegeeza kusomesa ngeri ya kubuutikiramu na kufuga balala. Ekituufu ky'ekyennyume kya bino! Kye tugamba ky'ekyabaana okukuzibwa ku musingi ogw'okugaba, obwetoowaze, n'ekigendererwa ekigazi, nga basobola okwetegeera nga abantu abalina kye bakola era aboomuwendo mu kitundu. Abantu abasobola okuwangaala mu ngeri ennyangu mu nsi omuli endowooza ezenjawulo era abalina enkizo ey'amaanyi ey'okweteerawo ebigendererwa ebisinga okuba ebyawaggulu, era nga tebaziyizibwa bufunda bw'ebyo bye beesuubiramu. Abaana abatya abantu b'ekitundu obutayagala nzikiriza yaabwe oba eggwanga lyabwe abo si baana abayinza okuweereza ekitundu. Okusinziira ku mbeera mwe tuwangaalira, ebitendo bino birina okuweebwa enkizo. Omuntu bw'atayigiriza baana be kubeera abakkiririzaamu n'okukulembera mu ngeri entuufu, bayinza okukulemberwa amangu, mu ngeri enkyamu.

Omukulembeze ye muntu aluŋŋamya abalala ne bye bakola okusobola okutuukiriza ebigendererwa ebyenjawulo, sso nga Murabbi (omugunjuzi – ayigiriza) ye oyo ateekateeka n'asunsulamu n'abantu ab'okutuukiriza ekigendererwa. Okugeza Nnabbi ﷺ yalonda Amru ibn al-Aasw ne Ubaydah ibn al-Jarraah okukulembera abalwanyi, sso nga yatuma Musw'ab ibn Umayr e Madina ne Mu'aadh ibn Jabal e Yamani nga"abasumba, abatendesi – abagunjuzi, era abawi b'amagezi" okuluŋŋamya n'okuteekateeka abantu abalongoofu ababugumyeko.

MU BUSIRAAMU, EKIGAMBO "MUKULEMBEZE (QA'I-D) TEKYAKOZESEBWA MPOZZI KYANNYONNYOLWA N'EBIGAMBO BINO:

Omulunzi, omusumba, omukuumi (Raa'ī)
Omutendesi era omugunjuzi (Murabbii)
Omuntu akulemberamu abalala, Ekyokulabirako (Imaam)
Omugunjuzi, Omuzimbi w'enneeyisa y'omuntu (Mu'addib)
Omusomesa (Mu'allim)
Omuwi w'amagezi, Omuluŋŋamya (Murshid)
Omutendesi (Mudarrib)



Tekyamala gagwawo bugwi okuba nga Bannabbi bangi baali balunzi ba ndiga, nga mwe muli Swaibu, Moses, Yesu, ne Muhammadi (emirembe gibeere ku bbo bonna). Omulimu gw'obulunzi gwennyini gutegeeza kuba na kisa, kufaayo, na kusaasira bagoberezi. Era gutegeeza bwetoowaze. Bino bye bitendo ebikulu ebyetaagisa mu kukuza abaana; kuba kugeraageranya kulungi okulabira abazadde mu kiti ky'abalunzi abalabirira ensolo zaabwe. N'olwekyo, omukulembeze mulunzi, muwabuzi, mutendesi, mugunjuzi era musomesa.

**Omukulembeze oba Omulunzi?!**

Ekigambo "mukulembeze" (qaa'id) kikozesebwa mu byobuwangwa ebyenjawulo, naye tekikozesebwa mu Kulaane oba mu hadiisi. Mu kifo kyakyo, ekigambo "omulunzi" ky'ekikozesebwa mu hadiisi eno wammanga:
Mwenna muli balunzi era abavunaanyizibwa ku ebyo bye mulunda ebiri wansi w'obukuumi bwammwe. Imaam [ekitegeeza, omufuzi] mulunzi eri abantu be era abavunaanyizibwako, n'omusajja mulunzi eri aboomumaka ge era abavunaanyizibwako. Omukazi mulunzi eri abali mu nnyumba ya bba era agivunaanyizibwako. Omuweereza mulunzi eri ebintu bya mukama we era abivunaanyizibwako. Omusajja mulunzi eri ebyobugagga bya kiaawe era abivunaanyizibwako. Mwenna muli balunzi era muvunaanyizibwa ku ebyo ebiri wansi w'obu-labirizi bwammwe.

(AL-BUKHAARI)

## 2. EBIGENDERERWA EBIGGYIBWA MU HADIISI ZA NNABBI ﷺ

### Nnabbi Muhammadi ﷺ agamba bw'ati:

Abantu bali nga eby'obugagga eby'omu ttaka [oba ebyuma, nga balina enneeyisa eyaabwe ku bwabwe]; abaali basinga obulungi mu bantu [nga Obusiraamu tebunnaba] mu biseera by'obutamanya (jaahiliyyah) era be babasinga obulungi mu [biseera bya] Obusiraamu, bwe bategeera [ne bamanya].

(AL-BUKHAARI NE MUSLIM)

Ebintu bingi ebiyinza okuyigibwa mu hadiisi eno. Essomo erimu kwe kuba nga okuzimba embeera z'omuntu kuteekwa kubaawo mu biseera ebisooka eby'obuto. Kino kikwata ku bantu bonna, Abasiraamu n'abatali Basiraamu (nga bwe kitegeerekekea mu hadiisi). Obuvumu, obuyiiya, obwesimbu, omukwano, n'obwesigwa byaliwo mu bantu bangi abakulu nga Obusiraamu tebunnajja. Abantu abasinga obulungi beebo abalina ebitendo ebyo. Obusiraamu bwongerezaako bukkkiriza,

kulengera wala, kumanya na kuluŋŋamizibwa Katonda. Nnabbi ﷺ atubuulira nti bamusinzabibumbe 'abalina ebitendo ebirungi' bayinza okufuuka Abasiraamu abasinga obulungi, kasita bategeera Obusiraamu.

**Musinzabibumbe Asinga Obulungi → ategeera n'amanya Obusiraamu → Afuuka Omusiraamu Asinga**

Abasiraamu abamu balowooza nti obuvumu, obwesimbu, n'obwesigwa Abasiraamu abatutumufu (okugeza Umar ibn al-Khattaab ne Khaalid ibn al-Waleed) bye baalina byajja bamaze kuyingira Busiraamu. Amazima gali nti, baali bavumu, nga beesimbu, era nga beesigwa ne bwe baali tebannayingira Busiraamu. Obusiraamu bwayongereza ku bitendo ebirungi bye baalina ne bubyongeramu ebirungo eby'okulengera ewala, okumanya, n'okuluŋŋamya okuva eri Katonda.

Hadiisi eno essira eriteeka ku bitendo eby'enneeyisa. Waliwo obukwakkulizo obwetaagisa obulina okubeera mu bakkiriza, okugeza okubeera abalamu mu mubiri n'okwewala endwadde (naddala mu kiseera ky'olubuto n'okuyonsa). Okunywa ebitamiiza, okukozesa ebiragalalagala, okufuuweeta ssigala, n'okwenda bivve eby'obulabe eri omukyala ali olubuto awamu n'omwana atannazaalibwa. Abakyala abalindirira okuzaala balina okwewala okunywa eddagala, okuggyako nga amagezi gabaweereddwa basawo, era, beetaaga okulya emmere ezimba omubiri ennungi n'okwebaka otulo otumala. Okwegendereza okusukkiridde n'okwewala obuwuka obuleeta obulwadde birina okuteekebwa mu nkola.

Ebitendo ebirungi eby'enneeyisa bye tugezaako okukulaakulanya bwe buvumu, obwesimbu, obuyiiya, obwesigwa, omukwano, okuba n'omugaso n'okubeera ow'obuvunaanyizibwa. Bino biriko ekkomo ku kiseera mwe birina okukulaakulanyizibwa. N'olwekyo emyaka etaano egisooka mikulu nnyo. Okwo ogattako nti abazadde beetaaga okusobozesa abaana okufuna obukugu mu kusoma, okuwandiika, okwogera, okuvuga, okuwuga, n'okukozesa kompyuta. Beetaaga okusomesa abaana obugumiikiriza, okuwa abantu ekitiibwa, n'okusalawo mu nsonga ezenjawulo. Obukugu buno gye bukoma okukeera, gye bukoma n'okuleeta emigaso era gye bukoma n'okuggula enzigi z'emikisa eri abaana.

Mikwano gya Nnabbi Muhammadi ﷺ n'abalabe be bonna baamwogerako nga eyali omwesimbu era eyeesigika. Zino ze zaali embeera ze enkulu nga tannafuna na bubaka okuva eri Katonda. Kulaane ekkaatiriza omulamwa gwe gumu oguli mu hadiisi eyayogeddwako (ey'enneeyisa ennungi) bw'eyogera ku Bannabbi nga Noah (Nuuhu), Yunusu (Yuunus), Abraham (Ibraahiim), Ishmael (Ismaila), Moses (Musa), Saulo (Twaluut), Jesus (Yisa), Yosefu (Yusufu), Ayub (Ayyuub), ne Yakobo (Ya'quub) (bonna emirembe gibeere ku bbo). Musa yayogerwako nga "owaamaanyi era omwesigwa," ate nga Nnabbi Yusufu yeeyogerako nga "alina ebisaanyizo, omutendeke era omwesigwa." Ebitendo bino bizingiramu ebisaanyizo ebikulu eby'obukulembeze: amaanyi (ag'omubiri n'embeera z'omuntu), obumanyi obw'ekikugu (obwetaagisa okuba n'okumanya n'obukugu), n'obwesigwa. Okuwumbawumba, bannabbi amakumi abirimubataano abaayogerwako mu Kulaane batendebwa nga abaali abeesimbu, abalengera ewala, abamanyi, abasaasizi, abeekisa, abalumirwa, abaamaanyi, abeesigwa, abagumiikiriza, abatuukiriza endagaano ne bye baba basuubizza. Ebyo ebitendo ebikulu bye twetaaga okussaako essira mu buzadde obulungi okusobola okukuza n'okulaakulanya abaana baffe. Genderera aaya za Kulaane zino wammanga:

> *Era yogera mu Kitabo ku bya Ismaa-iila. Ddala ye yatuukirizanga endagaano era nga Mubaka era Nnabbi.* (Kulaane 19:54)

> *Yusufu kwe kugamba nti: "Nfuula omuyima ku ggwanika ly'ensi eno. Nze ndi mukuumi amanyi(eky'okukola)."* (Kulaane 12:55)

> *Bwe yamala okukakata n'aweza emyaka egy'okutuukirira, twamuwa okutegeera n'okumanya era bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'emirimu emirungi.* (Kulaane 28:14)

*Omuwala omu (atali mufumbo) kwe kugamba nti: "Taata! [Musa] Mufuule omupakasi (omuwe omu ku ffe)! Ddala omusajja asinga obulungi okufuula omupakasi ye (ono) owaamaanyi omwesigwa."* (Kulaane 28:26)

*Nnabbi waabwe yabagamba nti, "Katonda abatumidde Taluut abeere Kabaka wammwe." Baamugamba nti, "Abeera atya Kabaka waffe nga ffe tumusinga okugwanira ekifo ky'obwakabaka ekyo, nga teyaweebwa na bugagga bumala?" Yabagamba nti, "Katonda amulonze n'amwawula era n'amwongera obugazi mu kumanya n'omubiri (ekiwago). Katonda awa obufuzi bwe oyo gw'aba ayagadde. Katonda Mugazi (by'agaba tebimuggwaako), amanyi buli kintu.* (Kulaane 2:247)

*Mazima Omubaka azze gyemuli nga ava mu mmwe. Ekibazitowereza kyonna kimukaluubiriza. Abalulunkanira (muyingire Ejjana). Era akwatirwa Abakkiriza ekisa, musaasizi nnyo gyebali.* (Kulaane 9:128)

## Caayi N'ebintu Ebirina Okusoosowazibwa mu Maka



Omuzadde omu yakwata jjaagi enkalu n'agijjuzaamu obupiira bwa ggoofu. Yabuuza abaana be oba jjaagi yali ejjudde. Baakkiriza nti yali ejjudde. Bwe yamala yalonda obuyinja n'abuyiwa mu jjaagi, n'anyeenya mpolampola. Obuyinja bwakkirira ne bujjuza amabanga agaali mu bupiira bwa ggoofu. Yaddamu n'ababuuza oba jjaagi yali ejjudde. Bakkiriza. Omuzadde yazzaako okusena bookisi y'omusenyu n'agiyiwa mu jjaagi ne gujjuza amabanga agaali gasigaddewo. Yabuuza oba jjaagi yali ejjudde. Abaana baamuddamu nti "Yee." Oluvannyuma omuzadde yaggyayo ebikopo bibiri ebya caayi wansi w'emmeeza caayi eyalimu n'amufuka mu jjaagi, n'ajjuza ebbanga eryali mu musenyu. Abaana ne baseka.

Omuzadde kwe kugamba, "Kati njagala kulowooza nti jjaagi eno y'ekiikirira obulamu bwo. Obupiira bwa ggoofu bye bintu ebikulu – okusinza, omubeezi wo ow'ebiseera ebijja n'abaana bo, obulamu bwo mu mubiri, mikwano gyo, n'ebintu by'osinga okwagala – ebintu ebyo singa buli kintu ekirala kivaawo ne bisigala byokka, obulamu bwo buba bujja kusigala nga bujjuvu. Obuyinja bye bintu ebirala eby'omugaso okugeza omulimu gwo, ennyumba yo, ne mmotoka yo. Omusenyu gwe buli kintu ekirala, okugeza okusanyukamu n'obuntu obutono.

Bw'osoosa omusenyu mu jjaagi, oba tojja kufuna kifo kya buyinja oba obupiira bwa ggoofu. Ekintu kye kimu ekiri ku bulamu. Bw'omalira ebiseera byo byonna n'amaanyi ku buntu obutono, oba tojja kusigazaawo kifo kya kukola bintu bikulu. Essira lisse ku bintu ebikulu ennyo mu kufuna okwesiima ku Lunaku Lwenkomerero n'essanyu mu nsi eno. Saala nnyo; yongera okugaba. Waayo ebiseera ozannye n'abaana bo. Fa ku bulamu bwo. Gendako ebweru ku kyeggulo ne munno. Kozesa ekiseera mu kusoma. Waba wajja kusigalawo ekiseera ekimala okulongoosa ennyumba n'okuggya ebikyafu we booleza ebintu.

Sooka kufa ku bupiira bwa ggoofu, ebintu ebyetaaga okufiibwako okusooka. Ebintu bisoosowaze nga bwe kyetaagisa. Ebisigadde guba gujja kuba musenyu."

Omu ku baana kwe kubuuza caayi kye yali ategeeza. Omuzadde yaseka. "Ndi musanyufu nti obuuzizza. Caayi akulaga nti obulamu ne bwe bulabika butya nga obujjudde, bulijjo waba wajja kubaawo ekifo ky'okunywa ebikopo bya caayi ne mukwano gwo."

## Okufundikira

### Amaaso Go Togaggya Ku Kirabo

Wadde nga essuula eno erambuludde ensonga ezikwata ku bigendererwa n'omuntu bye yettanira, byonna bwe bimala okwogerwa ne bikolebwa, okuteekawo ebigendererwa kkubo erituusa ku nkomerero, era ekirina okuvaamu, eky'okukuza abaana abalongoofu, kirina okuumibwa mu mutwe. Kiba kijja kubeera ne kye kikola ku ngeri omuntu gyakwatamu abaana n'engeri gy'abateekamu ebitendo ebyetaagisa okukola ebintu bazadde baabwe bye babaagala okukola nga bakuze.

**Okutuukiriza ebigendererwa bye tuteekerawo abaana, twetaaga okutunuulira ku mbeera zaffe zennyini n'enneeyisa yaffe. Twetaaga:**

1) Okuteekawo ebipimo ebyenkamunkamu wakati w'okugunjula ku ludda olumu n'okuwagira n'okusobozesa ku ludda olulala.
2) Okussa mu nkola nga bwe tusobola ebyo bye tugamba abaana n'okufuula endaba y'ensi endowooza ebuna mu bulamu, mu mbeera y'okuba n'ensibuko n'omuntu okuba ne gy'agwa. Kkiriza ensobi zo era obeetondere awatali kwekangabiriza na kuleeta byakwewolereza na bikwejjeereza.
3) Ebyo waggulu okubijjuuliriza n'obukkiriza n'okusaala. Katonda Owaamaanyi ayanukula bantu abeesimbu era n'abayamba mu ngeri Ye era mu kiseera ky'aba ayagadde.

**Bayibuli egamba bw'eti:**

"Manyiiza omwana omuto mu kkubo erimugwanira okutambuliramu. Awo newaakubadde nga mukadde talirivaamu."

(Engero 22:6)



Ebiseera ebyomumaaso n'obutebenkevu eby'ensi eno okusinga byesigamidde ku mirembe gy'abantu egiggya. Obuzadde buzannya ekifo kinene mu kutereeza n'okuzza obuggya ekitundu omuwangaalira abantu n'ebivaamu tebiteekeddwa kuyisibwamu maaso. Obuntu bwennyini bwolekera akabi n'okusoomooza ebyamaanyi era twetaaga okufaayo ennyo ku buvunaanyizibwa bwaffe okufuna obukugu obulungi mu buzadde, era n'okubussa mu nkola. Abaana baffe be bajja okuba abazadde ab'ebiseera ebyomu maaso, abo abajja okusomesa abaana baabwe emisingi gy'enneeyisa gye gimu, n'abalala bwe batyo ekintu ekiyinza okutandikawo enkola eyinza okuleeta emirembe gyokka, obwenkanya n'obutebenkevu mu nsi eno. Obulamu tebupimirwa ku mpewo gye tusika bwe yenkana, naye na biseera ebitwala empewo eyo!

## Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 16: OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO KU MBEERA Y'AWAKA**

Gamba buli muntu awaka ayanukule ebibuuzo bino:

Bw'okomawo awaka, muli owulira essanyu?
Bw'oba ova awaka, muli owulira muli essanyu?
Kiki ky'oyinza okukola okufuula embeera y'awaka ey'essanyu okusingako awo?

Londayo ekintu kimu ekyenjawulo ky'oyagala buli omu ku boomumaka okukola okusobola okwongera essanyu awaka.

**EKYOKUKOLA 17: ABAZADDE: MUSOMESE ABAANA BAMMWE**

Mwetegereze ebintu bino wammanga mukubaganye ebirowoozo ku ngeri gye muyinza okubiyigirizaamu abaana bammwe. Mulabe ebintu ebibulamu mu kutendeka abaana bammwe.

- Engeri y'okusimbamu ebimuli bye baagala; (abaana bbo baagala okuzannyira mu bikyafu, okulima, n'okuzannyisa olukoba lw'amazzi).
- Obutamansamansa bikyafu.
- Engeri gye bakukubira essimu nga oli ku mulimu.
- Engeri y'okukuba ennamba 911 (999 oba ennamba ekubwa nga waliwo obuzibu) ddi era ku nsonga ki.
- Okuzzaayo bye baba beeyazise.
- Okusiima ebikoleddwa abalala.
- Obutalumya balala.
- Obutatya nsolo naye okuzikwata obulungi n'okukkiriza nti weeziri.
- Okufuula ekigambo kyabwe ekintu kye balina okutuukiriza.
- Okulongoosa bye boonoonye.
- Okugabana n'abalala n'okufaayo. Essanyu eggabanye n'abalala ssanyu eriba likubisiddwamu emirundi ebiri ate ennaku egabanyiziddwa n'abalala nnaku eba ekendeezeddwako kimukyakubiri.
- Okuwa ekitiibwa obuyinza naye si kubutya.
- Okukola emikwano n'abaana ab'amawanga agenjawulo ne kkala ezenjawulo, wadde abo abatoogera kigambo kya Luzungu na kimu.
- Obutatya kugezaako bintu bipya, naye ebitasobola kuvaamu mitawaana.
- Okulinda emiwendo okukka balyoke bagule ebintu.
- Butya bwe booza ne bazinga bulungi bye baba bagolodde.
- Engeri gye bawaamu ebitabo ekitiibwa.

- Bulijjo obutakeerewa, n'okukuba essimu bwe baba bagenda kukeerewako.
- Okuwaayo ebintu.
- Engeri y'okubeeramu abayonjo n'okulabikamu obulungi.

**Abazadde:**

- Togamba mwana wo nti, "tokaaba"; mubuuze lwaki akaaba.
- Togulira mwana buli kye yeetaaga, ne bw'oba osobola.
- Tovumirira nsobi za baana, naye yogera nabo ku butassaamu maanyi gamala.
- Kkiririza mu busobozi bw'omwana wo.
- Tovunaana munno nga abaana weebali.
- Toteeka terefayina oba kompyuta mu kisenge ky'omwana.
- Tokozesa terefayina nga omuntu alabirira omwana.

**EKYOKUKOLA 18: ENJOGERA EZIMU EZIKOZESEBWA MU BUKYAMU MU BYOBUWANGWA BW'ABAWALABU**

Abazadde beetaaga okunnyonyola oba okuwakanya enjogera ezimu ezikozesebwa ennyo mu by'obuwangwa by'Abawalabu. Zino zitera okukkaatiriza emiramwa egy'omuntu okwefaako yekka, obutabalirira, n'obunnanfuusi.

Bw'oba toli musege, oba ojja kuliibwa emisege. [Eno ewaga okubuutikira abalala n'okubeera n'enneeyisa ey'okuyiikiriza]
Omukono ogutasobola kulumwa gulina okunywegerwa. [Eyogera ku bunnanfuusi] Nfiirayo ki! [Kwefaako wekka, kwerowoozaako wekka]
Bwe nfa ennyonta, tewabaayo nkoba. [Obutabalirira]
Lindirira obubi bw'abo b'oba oyisizza obulungi. [Ndowooza enkyamu ku bantu]

**EKYOKUKOLA 19: ENDABA Y'ENSI EYEESIGAMIZIDDWA KU MUKWANO OMUTUUFU**

Nnyonnyola hadiisi eno, bw'omala onyumye emboozi ezikwata ku mikwano gyo egitaali mituufu, egitaali myesimbu era egitaakolebwa ku lwa Katonda Owamaanyi yekka. Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

"Waliwo abantu mu baddu ba Katonda nga ne bannabbi n'abaafiira mu kulwanirira eddiini bajja kubakwatirwa ensaalwa." Baamubuuza nti, "Mubaka wa Katonda, be b'ani abo?" Yabaddamu nti, "Abo bantu abaagalana ku lw'ekitangaala kya Katonda Allah, si lwa bugagga wadde oluganda. Ebyenyi byabwe bijjuzibwa ekitangaala era bali ku kituuti eky'ekitangaala; tebaba na kutya abantu we babeerera mu kutya, wadde okufuna ennaku abantu we babeerera mu nnaku." Nnabbi ﷺ bwe yamala kwe kusoma aaya, "Muwulire bino! Abantu ba Katonda tebaliba na kutya (ku Lunaku lw'enkomerero) wadde okunakuwala (olw'okuva ku nsi). (ABU DAWUUDA)

**EKYOKUKOLA 20: ABOOMU MAKA OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO MU BUKKAKKAMU: BULIJJO!**

- Buli mwezi wabeewo enkiiko z'aboomu maka okwogera ku mbeera y'ebyobufuzi, ebintu ebikwata ku bantu b'omu kitundu, n'ebyenfuna ebikwata ku buli omu mu maka.
- Kakasa nti tewabaawo kuva mu mbeera okuteetaagisa okuva mu kukubaganya ebirowoozo kuno okuyinza okubeera okw'ebireega bikya.



ESSUULA 4

# Ekigendererwa Ekisinga Obukulu: Okukuza Abaana Abaagala Katonda


- Ebyanjula 92
- Ekkubo Eririwo Kati Ery'okunnyikiza Obukkiriza mu Baana Baffe 93
- Embeera Ey'okwemalira ku Bikwata ku Muntu Yekka: Obuteetaba Bulungi mu Nsonga Ezikwatira ku Bantu Bonna Awamu 94
- Obutaba na Buvunaanyizibwa Obwassekinnoomu Obumala 97
- Obuwangwa Obukyusiddwa: Okudda Emabega N'okukkiririza mu Maanyi Agatali Ga Bulijjo 99
- Ekkubo Eryenkamunkamu: Enkola Erengera Ewala 100
- Yigiriza Abaana Okwagala Kulaane 102
- Yigiriza Abaana Okusaala: Okujjukira Katonda Okutakutukawo 104
- Yigiriza Abaana *Tawbah* (Okwenenya) 105
- Yigiriza Abaana Ebikwata ku Nnabbi Muhammadi ﷺ ne Bannabbi Abalala 105
- Yigiriza Abaana *Adaab* (Empisa) 106
- Kiki Ky'olina Okusooka Okubuulira Abaana: Baagala Katonda Oba Katonda Abaagala? 107
- Eby'okukola 21–25 109



## Ebyanjula

WADDE NGA mu ssuula ewedde twalaze ebimu ku bigendererwa ebikulu n'emisingi gy'enneeyisa ennungi abazadde bye balina okuteekawo mu kukuza abaana, waliwo ekigendererwa kimu ekizingiramu byonna ekyetaaga okukkaatirizibwa okwenjawulo, era ekyo kye ky'okukkiriza Katonda. Okukuza abaana abamanyi Katonda kyanjawulo n'okukuza abaana abaagala Katonda era abamwekuuma. Okwekuuma Katonda gwe musingi omumerukira emisingi gy'enneeyisa ennungi yonna endala era omuba mujja okuva obuwanguzi obwannamaddala. Ebiseera bye tumala n'abaana baffe bigere, n'olwekyo tuba twetaaga okwetegeka, okutegeka olukalala lw'eby'okukola n'obutalulekera biseera bya mumaaso oba okuleka omuntu omulala okutukolera omulimu ogwo, nga tusuubira nti ebyomwoyo n'empisa birina engeri gye bijja okwesengejja biyingire mu baana.

Ekitundu kyaffe kigenda mu maaso n'okutumbula okukozesa amagezi okutali kwenkamunkamu, nga y'endowooza eggya Katonda mu bulamu bwaffe. Weegendereze amasomero agasindiikiriza ebya Katonda okubizza emabega.



## Ekkubo Eririwo Kati Ery'okunnyikiza Obukkiriza Mu Baana Baffe

Nga tetunnalambulula bye tulina okukola, ka tunnyonnyole ebigenda mu maaso mu maka gaffe

Ekkubo eritali dduŋŋamu Abasiraamu bulijjo lye bakozesa mu bulamu bwa leero liyinza okunnyonnyolwa nga erigendera ku mitendera nga bwe girambikiddwa era erigendera ennyo ku mateeka, era kino nakyo kirina kye kikola ku ngeri abaana Abasiraamu gye bakuzibwamu. Enkola ey'eddiini esinga okwettanirwa nga bw'ekolebwa olwaleero etera okwawula obulamu mu bintu bibiri ebikulu: eby'okusinza (*ibaadaati*) n'ebyenkolagana mu bya bizinesi (*mu'aamalaati*). Ku by'okusinza, kino kirina engeri gye kikosaamu obutereevu eby'obuzadde obw'ekisiraamu okuyigiriza Obusiraamu bwe kukoma ku kussaawo amateeka agafuga eby'okusinza, omuli okufuna wuzu n'okusaala emirundi etaano olunaku (sswala), okusiiba mu mwezi gwa Lamanzaane (*swawumu*), okutoola omusolo gw'abanaku (*zzaka*). Era kukoma ku mateeka agafuga enkolagana mu by'empangaala y'abantu, omuli endagaano z'obufumbo (*zawaaj*), endagaano z'okusuubula (*uquudu*), empisa ezirambikiddwa ez'obuntu (*aadaab*), n'okukwata ku mwoyo eby'enzikiriza ebisookerwako (*kalima* oba *shahaada*). Eno y'engeri y'amateeka ey'okussa mu nkola obukkiriza.

Okwongereza ku ebyo, abazadde Abasiraamu n'amaka Amasiraamu bulijjo bigayaalirira obukulu bw'obuvunaanyizibwa bwa Umma n'obuvunaanyizibwa ku bikolwa by'omuntu, essira ne liteekebwa ku kugenda mu maaso okw'abantu ssekinnoomu nga bbo, nga balowooza kitono ku buvunaanyizibwa mu buntu obulina okukolerwa abantu abalala mu kitundu. Ekiva mu kino be baana okuba nga tebajjumbisibwa kwetaba mu nsonga za ggwanga, era nga bwe baba basomeseddwa ebintu ebikulu mu kusaala n'okusoma Kulaane, abazadde beeyozaayoza olw'obuvunaanyizibwa bwe balaba nga bukoleddwa bulungi. Bwe batyo abaana bakula nga balowooza nti okukola ebintu eby'okusinza ebibakwatako nga bbo ky'ekintu ekikulu mu bulamu bw'empisa, era nti kasita bakola emikolo egyo, olwo baba bamazeeyo obuvunaanyizibwa bwabwe bwonna obw'eddiini n'empisa mu bulamu. Kino kye kikola, bwe bulamu obw'omuntu okwefaako yekka n'okwematira, obwo obw'okuyitamu obuyisi n'obwokuba n'endowooza enkyamu ku bintu ebikwata ku bantu bonna. Ebyembi, tebinkwatako ono alina ebizibu bingi kubanga gye biggweera ayonoona obulamu obwabonna n'ekitundu, era ekiva mu kino ye buli muntu obutabeera muwanguzi.

Mu butuufu, okusinza (*ibaadaat*) tekutegeeza kukola mikolo gyokka, naye era kuzingiramu na



byonna ebitekeddwa okukolebwa mu bulamu bw'Omusiraamu okusinziira ku mateeka g'Obusiraamu (Shari'ah), wamu n'emisingi gy'enneeyisa ennungi, okugeza okutumbula ebikolwa ebirungi, okwewala ebikolwa ebibi, okwetaba mu kulaafubana okwawamu, n'okufa ku balala. Emirandira gy'ebitendo bino bwe giba tegisimbiddwa wala mu bintu ebisalawo enneeyisa y'abaana Abasiraamu (*wujdaani*), olwo obuteefiirayo buno baba bajja kubuyingiza ne mu baana be balizaa-

la, era bongere mu maaso enkulungo etekutuka ey'obutafaayo obw'omutawaana. N'olwekyo waliwo obutali bwenkamunkamu mu ngeri eby'enjigiriza by'Obusiraamu gye bissa ennyo amaanyi mu kukola emikolo gy'okusinza nga ekigendererwa ku bwakyo n'obutassa maanyi mu kwekulaakulanya munda n'okufa ku bintu ebikwata ku bantu bonna awamu. Ekigambo *ibaadaat* kitegeeza *dhikr*, ekitegeeza okujjukira n'okwogera ne Katonda Owamaanyi okuteekawo obulongoofu, empisa n'enneeyisa ennungi.

## Embeera Ey'okwemalira ku Bikwata ku Muntu Yekka: Obuteetaba Bulungi Mu Nsonga Ezikwata ku Bantu Bonna Awamu

Ebyembi waaliwo mu byafaayo okwolekaganya obwanga, okwesambagana, n'okwawukana wakati w'abamanyi Abasiraamu ku ludda olumu n'abakulembeze abali b'enguzi aboonoonefu ku ludda olulala. Abakugu mu mateeka Abasiraamu bazze beesambisibwa obulamu obw'abatu bonna era essira ne baliteeka okusinga ku nsonga ezikwata ku bulamu bw'abantu sekinnoomu, ne balekerera ensonga ezikwatira awamu ku bantu bonna n'ebitundu mwe bawangaalira. Bwe bityo, ebintu ebikwata ku nsonga ez'abantu bonna awamu, enfuga ennungi, okwetaba mu byobufuzi, okwebuuza (shuura), obuvunaanyizibwa bw'abatuuze, okunoonya obwenkanya mu bitundu abantu mwe bawangaalira, n'okussaawo oluganda bizze tebitwalibwa nga bikulu nga bwe kyetaagisa. Kino kikyusizza ekifaananyi ky'Obusiraamu ekizingiramu ebintu byonna. Endowooza eyo etunuulira obutunuulizi ebintu ebikwata ku nsonga ez'abantu bonna erina kinene ky'ekoze ku mwoyo gw'okukolera awamu ogwa Umma n'enafuya enkwatagana ey'awamu eyeetagisa okussaawo okufaayo ku bintu ebiruma abantu awamu. Obugunjufu tebuyinza kuwanirirwa na ndowooza ekoma okumpi essa essira ku bintu ebikola ku muntu ssekinnoomu; bulina okujjuulirizibwa n'okussa essira ery'amaanyi ku bikwata ku mpangaala y'abantu n'ensonga ezikwata ku bantu bonna okutwalira awamu. Okubissa mu bigambo ebirala okussa mu nkola ekirowoozo kya *istikhlaaf* (abantu okubeera abasigire) kwetaagisa okukola omulimu gw'okuzimba (okuteekawo obugunjufu obwesigamiziddwa ku bulungi bw'abantu bonna okutwalira awamu) n'okubukulaakulanya, mu mirembe egyenjawulo. Wadde nga okufa ku mateeka agakwata ku muntu n'amaka mu mateeka g'Obusiraamu (*fiqh*) kintu ekyetaagibwa ennyo, ku bwakyo, ekimu kyokka, tekimala kuvaamu bazimbi b'obugunjufu.

Okukubaganya ebirowoozo okw'engeri eyo kuyamba okufuna abantu abalungi n'ebibiina by'abantu ebirungi naye gye biggweera nga tebafaayo era nga bakkiriza buli mbeera. Abantu abakuliziddwa mu by'obuwangwa ebikadde, ebitambulira ku mateeka basobola okufuna wuzu, okusaala esswala zonna, okusiiba, n'okukola emikolo gya hijja, byonna nga babituukiriza bulungi, naye ebyembi tebeeyunira bikwata ku butuuze bulungi, okwetaba mu bintu ebikwatira awamu ku bantu, n'okutumbula obuweereza eri ekitundu. Bwe bafuuka abeesigamira ku gavumenti okubakolera ku byetaago byabwe, mu kifo ky'okwetikka obuvunaanyizibwa bwabwe ku bwabwe



n'obwabantu bonna okutwalira awamu, bafuuka abatasobola kwerowooleza, oba okusalawo ku biseera byabwe eby'omu maaso, oba okwongera ku kumanya kwabwe, oba okwerabirira. Okukissa mu bigambo ebirala, okwesuulirayo ogwannagamba kubuutikira okwetabira awamu mu bikolebwa. Abaana abakuzibwa mu ngeri eno tebafuuka beetwaze, abalina empisa, abalowooza mu ngeri ey'okuyiiya, abakolera awamu nga ttiimu, oba abatandisi b'okugenda mu maaso okw'abantu mu kitundu; mpozzi ate, gye biggweera bakula batiitiizi era abeenoonyeza ebyabwe abatafa ku balala.

Abantu abawangaalira wansi w'okunyigirizibwa aboobuyinza mu byobufuzi n'ebyeddiini bawangaalira mu mbeera embi; aweetaagisa okukyusa mu mbeera y'abantu ey'obugubi bakomekkereza baggyeemu bitundu ebirwadde n'enneeyisa embi ennyo, nga kino kyeragira bulungi mu bugubi obw'embeera y'obutonde n'ebyenfuna mu bitundu mwe biwangaalira. Nga eno bwe beewala akawunti za banka ezifuna amagoba ku kuwola, baba basanyufu okubba emisolo n'okwewala okusasula zzaka, wadde nga okulimba n'okukumpanya bikontana ne Shari'ah. Bawulira muli nga bawanguzi bwe baba basobodde okwewala okukwatibwa olw'okukusa ebyamaguzi n'okubuzaabuza abawooza b'omusolo ku nsalo.



Abazadde abamu essira balissa ku nneeyisa eyeetoolera ku muntu okuva omwana waabwe lw'azaalibwa okutuusa mu kiseera lw'afuuka omuntu omukulu. Amaanyi mangi gateekebwa mu kiki abaana baabwe kye banaayambala okusinga okubasomesa okufa ku balala n'okubeera abeekisa eri abalala, oba okubateekamu okuwulira obuvunaanyizibwa eri abantu, naddala abanaku n'abeetaavu, n'embeera ebeetoolodde okutwalira awamu. Bangi muffe tuyinza okugulira abaana baffe biddole eby'ebbeeyi era ebyonooneka amangu, naye nga tetufa ku mwana omunaku aboonaabona nga asabiriza emmere n'ebyokwambala ku luguudo.

Engeri ey'okutunuulira obulamu bw'eti ezze erumya ebitundu mwe tuwangaalira n'obulamu obw'abantu bonna okutwalira awamu. Okugeza, tuyinza tutya okunnyonnyola ekya Bangladeshi okukuza olunaku lw'okwekutula ku Pakistan? Lwaki tukungiriza nga tuyita mu kujaganya okwawukana kuno mu kiseera we tulabira amawanga ga Bulaaya nga geegatta ne gakolaganira awamu okutumbula ebigagasa, sso nga gaaliko akabwanengo? Brazil erimu obumu wadde nga mulimu amawanga mangi, eddiini nnyingi, era n'abantu aboogera ennimi ezaawukana, nga buli bamu balina ebizibu eby'ebyenfuna n'empangaala y'abantu ebibeeyawulidde. Mu kiseera ky'ekimu, Amawanga g'Abasiraamu n'Abawalabu, wadde nga googera olulimi lumu, n'ebyobuwangwa n'ebibagasa ebimu, nga geeyongera kukutukakutukamu na kweyawula. Amawanga g'Abawalabu "agayombagana" ogatteko n'amawanga g'Abasiraamu "amaavu" gakola kitono nnyo okuyamba abatuuze baago.

Omuwendo gw'Abasiraamu gweyongera, sso si kifo kyabwe mu nsi yonna. Abaffe kisoboka okuba nga eddiini y'ensibuko y'okwekutulakutula, obutabeera bumu, okulowooleza mu buntu obutono n'okwesambibwa? Ebitendo ebibi bwe bityo biyamba? Abasiraamu ddiini yaabwe gye bategeera obubi? Waliwo okwetemamu mu ndowooza ya Umma. Buli muntu yayiga okwerowoozaako yekka, era agezaako okukuuma ebimugasa nga omuntu n'ebigasa amaka ge, mu kiseera kye kimu nga tafa ku bintu ebinene ebigasa Umma n'ebyo ebigasa abantu b'ekitundu, nga mwe muli abooluganda ne baliraanwa. Eby'obuwangwa by'Obusiraamu bifuuse ebirengerera okumpi era ebikyusiddwa, nga temuli kutwala muliraano n'omwoyo gw'okukolera awamu nga ttiimu nga ekikulu ekirina

okubeera nga akabonero kaabyo. Abasiraamu beetaaga okuziikula emitwe gyabwe okuva mu musenyu.

Geraageranya embeera eno n'endowooza Abu Bakari gye yalina, bwe yali ayagala okuwaayo ebyobugagga bye byonna eri abantu b'ekitundu. Nnabbi ﷺ yamubuuza nti: "Kiki ky'olekedde abaawakago?" Yaddamu nti: "Mbalekedde Katonda ne Omubaka We." Ekikolwa kya Abu Bakari tekaali kabonero ka bukkiriza bwe kyokka, wabula n'obumativu bwe yalina nti Nnabbi ﷺ n'abantu b'ekitundu baali bajja kusobola okumulabirira n'abantu b'omu maka ge singa waali wa kubalukawo obwetaavu bwonna. Singa Abu Bakari yali alowoozezza nti abantu b'omu maka ge baali ba kubonaabona batuuke n'okusabiriza ku nguudo, yaalisigazizza ebyobugagga ebisinga obungi n'agabako bitono.

Embeera etesanyusa eriwo kati mu nsi y'Abasiraamu teyinza kunenyezebwa kuba nti ensi eyo nnene nnyo erina ekitundu ekigazi ekirimu amawanga g'abantu amangi aboogera ennimi ennyingi ezenjawulo, oba nti amawanga gafugibwa abafuzi bamusibiramubbwa oba nti gaayita mu kaseera ak'obugubi ak'abafuzi b'amatwale n'ebirala. Obusiraamu bukubiriza okubeera mu mirembe n'okuwangaalira obulungi awamu mu kitundu. Olwaleero Abasiraamu bakola ekitundu kimukyakuna eky'abantu abali mu nsi yonna. Obuteegatta bwabwe tebuyinza kuteekebwa ku Busiraamu kubanga Obusiraamu buyigiriza bumu, luganda, kukolera wamu, na kusaasiragana. Era tebuyinza kuteekebwa ku nsonga ez'ebyobufuzi n'ebyenfuna kubanga okuseebengerera kw'ebyenfuna n'ebyobufuzi kulina ekikuleeta. Ekibuuzo kisigalawo nti: Kiki ekivaako ekyo?

Tukkiriza nti eky'okuddamu kiri mu aaya ya Kulaane egamba nti:

> *Ddala Katonda takyusa mbeera abantu gye babaamu okutuusa nga bakyusizza ebyo ebibali mu myoyo.*
> (Kulaane 13:11)

Tetuyinza kukkaatiriza nsonga eno okugimalayo: embeera embi abantu gye babeeramu esinziira ku kibalimu. N'olwekyo, embeera y'obulamu bwaffe eyinza kukyusibwa singa tuba tutegedde butegeezi endaba ya Kulaane n'okukyusa embeera yaffe eyoomunda. Kino kisoboka nga tuyita mu buzadde obutuufu.

Okuyiga tekukoma era kuyinza okufunibwa okuva mu kibaya okutuuka mu ntaana. Wabula obuzadde obulungi, bukulu nnyo mu kuteekawo ebintu ebikwatira ku bantu awamu okugeza okuwulira obuvunaanyizibwa, okwewaayo, n'okufa ku balala.

Emisingi gy'enneeyisa ennungi gino girina okuteekebwa mu muntu mu biseera bye ebisooka eby'obuto nga kino kikolebwa abazadde abamukulizaamu embeera ey'ebirowoozo, ey'empangaala n'abantu n'eyoomwoyo ezimba obuntu bwe. Bino birina okumuteekebwamu nga obudde bukyali, awo we kibeerera ekyangu era we kisobokera okukolebwa obulungi okusinga mu biseera by'obukulu. Ebitabo bya fiqhi (amateeka g'Obusiraamu) bikulu okukozesebwa mu kuzimba emisingi gy'eddiini n'ebyobuwangwa mu kukulaakulana kw'Omusiraamu, era bwe bityo birina kinene kye biyinza okukola ku kuzimba omuntu.

N'olwekyo, kikulu okuddamu okwetegereza ebitabo bya fiqh nga mugattibwamu ebibulamu ebikwata ku nsonga ezikwata ku bantu mu bitundu mwe bawangaalira n'obuntu bwonna okutwalira awamu. Oludda luno lunnyonnyolwa bulungi mu Kulaane ne Hadith:

> *N'abo abaawangaaliranga mu Madiina ne batebenkerera ku Bukkiriza, olubereberye (nga abasenze abapya tebannajja), baagala abo abaasengukira gye bali era tebawulira kusaalirwa mu mitima gyabwe olw'ebyo (bannaabwe) bye baweebwa, era basukkulumya (abaasenguka) ku bbo bennyini ne bwe baba nga nabo balina obwetaavu. Oyo awonyezebwa obuluvu bw'omwoyo gwe, abo be bookwesiima.* (Kulaane 59:9)



Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> Oyo atafaayo ku nsonga z'Abasiraamu si omu ku bbo.
>
> (IBN MASUUD)

Okuggyako nga tufuddeyo ku balala mu bitundu mwe tuwangaalira, okugeza abanaku, bamulekwa (abato), baliraanwa, n'abo abali mu bwetaavu, tetujja kusobola kubeera abalungi nga bwe tusobola okubeera. Nga bwe tukiraba mu ssuula al-Maa'uuna mu Kulaane:

> *Abaffe olabye oyo alimbisa okusasulwa kw'emirimu gy'abaddu (ku Lunaku lw'enkomerero)? Ye oyo asindiikiriza mulekwa omuto, n'atakubiriza (mwoyo gwe n'abantu abalala) okuliisa abanaku. Ekiwonvu (mu Muliro) eky'ebibonyoobonyo kyakubeeramu (Abannanfuusi) abo abasaala; abo abalagajalira esswala zaabwe; abo (abasaala) olw'abantu babalabe, ne bakodowalira obuntu obukozesebwa obutonotono.*
>
> (Kulaane 107:1-7)

Waliwo okukwatagana obutereevu era okw'amaanyi wakati w'okusinza okw'omuntu n'ekitundu okubeera obulungi. Emikolo gy'okusinza giteekeddwa okukwatagana n'okufa ku bamulekwa (abato), okuliisa abanaku, n'okuyamba baliraanwa. Ekigendererwa ekyaddala eky'okusinza kwe kuteekateeka omuntu asinza okuweereza bantu banne. Okubeerawo kw'abasabiriza ku nguudo z'amawanga g'Abasiraamu kiraga nga bwe watali kuwulira buvunaanyizibwa, okwo okwasimba amakanda olwaleero mu bantu.

## Obutaba na Buvunaanyizibwa Obumala Obwassekinnoomu

Abantu bangi bawulira obuvunaanyizibwa butono obwabwe, obw'abalala oba obw'ebiseera byabwe ebyomu maaso oba tebabuwulirira ddala. Mu bitundu okukola ennyo n'okukozesa amazima gye bivaamu emigaso emitono oba obutaviiramu ddala migaso eri omuntu, omuntu byombi abyewala, era n'anoonya obuwagizi okuva mu balala, nga ayagala batuukirize by'ababanja bye balina okumukolera, mu kiseera ky'ekimu nga yeegaana nti ye alina ekimubanjibwa ky'alina okutuukiriza ekimukwatako n'aboomu maka. Ekirowoozo ky'obuvunaanyizibwa eri omuntu yennyini tekiriimu mu bitundu omuwangaalirwa Abasiraamu. Era kiva butereevu mu nziki-

riza ey'okusoosowaza ebikwata ku bantu bonna ku bigasa omuntu ssekinnoomu esaasaanye mu nsi y'Abasiraamu. Omuntu teteekeddwa kutabula okufa ku bantu abalala n'okusoosowaza eky'abantu bonna, kubanga okusoosowaza eky'abantu bonna kitegeeza kusukkulumya ebikwata ku bantu ku bikwata ku muntu ssekinnoomu. Okulowooleza mu bika n'amawanga y'enkola y'okusoosowaza eby'abantu abangi ebyali bisinga okusigalira emabega mu nsi y'Abasiraamu. Mu nsangi zino, bino byasikizibwa okubeera omuddu wa gavumenti. Mu bigambo eby'ekiyivu, okusoosowaza eky'abangi kituusa ku "ndowooza ey'awamu," oba endowooza egendera ku bangi kye baliko, ebyo nga tebikwatagana na ndowooza eyasooka ey'omuntu ssekinnoomu (ijtihād), eyavaako okugenda mu maaso okw'omuntu. Mu bigambo eby'ebyenfuna, eggya mu bantu ssekinnoomu ebisikiriza omuntu okukola n'amaanyi, n'ebafuula abantu abatali bakozi abalindirira okukozesa ebintu abalala bye bakola. Mu by'ebirowoozo, enkola eyo eggya mu bantu okweraba nga khulafa (abasigire). Okusoosowaza eby'abantu bonna (n'obutafa ku kigasa omuntu ssekinnoomu) kutumbula enkola ey'okwesigama ku balala, awo omuntu w'atabeerera na kwewuliramu mugaso na kitiibwa. Mu by'empisa, kutuusa omuntu ku kubeera omutiitiizi mu by'empisa. Ku ludda lw'ebyobufuzi, kuleetera abantu okuvuganya mu bubinjabinja nga buli bamu bagezaako okukakaatika endowooza yaabwe ku balala oba ku "musajja ow'amaanyi" akakaatika endowooza ze ku balala mu kitundu.

Bw'ogeraageranya n'ebiri waggulu, Kulaane eragira butereevu abantu okulondawo okukkiriza obuvunaanyizibwa bwabwe nga bakhulafaa n'okwewaayo eri okusalawo kwa Allah, nga ebakubiriza okulafuubana okwetuusaako ekirungi bbo n'abantu abali mu bitundu mwe bawangaalira, n'ekitundu kyonna okutwalira awamu. Bwe tuba ddala nga twagaliza abalala ekyo kye tweyagaliza, olwo tuba tujja kwagala abalala babeere nga balowooza bulungi, nga balina obuvunaanyizibwa, era nga beetongodde.

Mu mawanga mangi ag'Abasiraamu, abaana basomesebwa kubeera ba tebinkwatako era abatwala buli kintu nga bwe kibagambiddwa. Bayiga amateeka agaava edda ku mulembe (agatakyakola). Zzaka esomesebwa nga omusolo ogwesigamizibwa ku muwendo gw'eŋŋamiya z'olina. Abayizi basomesebwa okuwaayo ebisero by'eŋŋano n'entende eri abanaku. Ebitabo by'amateeka bikyalina essuula ezoogera ku ngeri y'okukwatamu abaddu n'amakubo amatuufu ag'okubagulamu n'okubatundamu! Abavubuka Abasiraamu basomesebwa ebintu ebyaggwa edda ku mulembe ebitakyagasa. Akakisa akoomuwendo koonoonebwa: ak'okutumbula eky'okusaasira n'okufa ku byetaago by'abantu abalala. Obutabaawo bulungi kusaasira bwe kutyo buba bukendeevu bwamaanyi mu nneeyisa ennungi ey'emirembe gya Umma egy'omumaaso.

Ensonga eri emabega w'okusomesa omwana ebikwata ku zzaka si kumanya ngeri ya kubalamu omuwendo oguweebwa ku ŋŋamiya, entende, n'eŋŋano, naye okumuteekamu okutegeera ebirowoozo eby'amaanyi ku kukolagana kw'abantu mu bitundu mwe bawangaalira, ekisa, okwewaayo, obugabi, wamu n'obukulu bw'okugabana n'abantu abatalina mwasirizi n'abeetaavu. Ekiri ewala mu bukulu okusinga ku bintu ebikalu ebiri mu nsonga eno kwe kuyingiza mu mitima gy'abantu okuwulira munda okusaasiragana n'okutegeera embeera abalala gye bawangaaliramu, wamu n'okutegeera okubonaabona kw'abatalina mwasirizi n'abali obubi mu bitundu abantu mwe bawangaalira. Nkola ya bwasseruganda na ssanyu lya kuwaayo nga bayita mu zzaka n'engeri endala ez'okugabamu ebyetaaga okukkaatiriza ku myaka emimpi egyo, sso si miwendo egy'okubala egikooya.

## Obuwangwa Obukyusiddwa: Okudda Emabega N'okukkiririza mu Maanyi Agatali Ga Bulijjo

Abasiraamu bangi olwaleero batunula mabega mu kifo ky'okubeera abatunula mu maaso, era bakola ekintu kimaze kugwawo mu kifo ky'okukola nga tekinnaba. Balinda ekizibu ne kigwawo olwo ne badduka okubaako kye bakikolera (naye nga tebatera kuwangula), mu kifo ky'okukola enteekateeka n'okulowooza ku biyinza okujja mu maaso okusobola okutangira ekizibu okugwawo nga tekinnaba. Bali nga omuvuzi wa mmotoka atunula mu kalabirwamu akalaba emabega ko-kka mu kifo ky'okutunula mu ndabirwamu ey'omumaaso. Ekizibu ekirala ekigaana Abasiraamu okugenda mu maaso, kwe kukkiririza mu maanyi agatali ga bulijjo, eddogo, n'okubbinkira ennyo mu nsi y'amajinni. Obugunjufu Bw'Obusiraamu bwazimbirwa ku misingi gy'okumanya, ssayansi, okutunuulira ensonga awatali kyekubiira, n'okukozesa amagezi. Kizzaamu amaanyi okumanya nti abamanyi Abasiraamu, wadde nga baali bakkiririza mu byamagero ebitali byabulijjo ebya bannabbi bonna, mu kiseera kye kimu bakkirizanga nti ekyamagero Nnabbi Muhammadi ﷺ kye yalekera obuntu ekyaddala yali Kulaane. Obubaka bwa Kulaane bukwata ku magezi g'omuntu era bwesigamidde ku kukozesa magezi. Kulaane eragira okunoonyereza, okulowoolereza, okuvumbula, n'okulowooza. Gino gye miramwa egibuutikira era egiggya giddiŋŋanwa mu Kulaane. Endowooza bw'eti abazadde mwe balina okukuliza ebirowoozo by'abaana baabwe, basobole okukula nga bakkiririza mu kukozesa amagezi nga mu kiseera ky'ekimu bakuuma okukkiriza kwabwe okwamaanyi mu Katonda n'Olunaku Lwenkomerero. Obuwangwa tebuzimbirwa ku kukkiririza mu maanyi agatali gaabulijjo n'eddogo. Omuntu awulira emboozi ezeewuunyisa ku bantu abadda ku ky'okuwonya "okwamaanyi" g'emizimu, amajinni, emmunyeenye, n'obufuusa nga bakola ku nsonga z'amaka, mu kifo ky'okunoonya okuvumulwa abasawo ab'omubiri n'abebirowoozo. Enkola ey'ekika kino ŋŋenyi eri emisingi n'ekinyusi ky'Obusiraamu era ekosa amagezi g'abaana. Omulimu gwaffe nga abazadde kwe kunnyikiza endowooza entangaavu ezimbirwa ku musingi gwa ssayansi eyo Kulaane gy'essaako essira. Kulaane ekkaatiriza al-ssunan al-Ilaahiyyah, amateeka g'obutonde agafuga obulamu bw'omuntu n'ensi erabwako. Amateeka gano ag'obutonde agava eri Katonda gaakola mu bujjuvu ku Nnabbi ﷺ nga bwe kinnyonnyolwa mu aaya zino:

> *Kakensa Omufalansa Roger Garaudy yannyonnyola bw'ati ebikwata ku bugunjufu bwa Bulaaya:*
>
> Obugunjufu bwa Bulaaya obuliwo kati obunyirivu n'enkola y'amateeka bwabiggya ku bugunjufu bw'Abalooma n'Abayonaani, empisa zaabwo ne buziggya ku Bukristo, ate ssayansi ne bumuggya ku Basiraamu mu Spain.
>
> (AL HEWAR MAGAZINE 2002)

*Gamba nti: "Sisobola kwetuusaako bingasa wadde okweggyako akabi akaba kantuuseeko okuggyako ebyo Katonda by'aba ayagadde. Singa nnali mmanyi ebikusike, nnaalifunye ebirungi nfaafa era tewali kabi konna kaalintuuseeko. Nze ndi alabula kyokka, era awa obuwi amawulire ag'essanyu eri abantu abo abakkiriza."*

(Kulaane 7:188)

*Gamba nti: "Nze ndi muntu buntu (nga mmwe). Ntumirwa bubaka nti ddala Katonda wammwe ali Katonda Omu. N'o-*

> *lwekyo oyo asuubira okusisinkana Katonda we, akole emirimu emituufu era tagatta ku Katonda ekintu n'ekimu."*
>
> (Kulaane 18:110).

Ekigendererwa kino n'endowooza eya ssayansi byavaako obugunjufu obw'amaanyi obwali butalabwangako mu nsi. Mu mulembe ogwazaabu, Basiraamu be baayamba Bulaaya okuva mu Myaka Egyekizikiza (mwe baali bennyika okumala ebyasa n'ebyasa) era ne babazza mu biseera by'Obulabufu. (Al-Hassani 2011).

Buvunaanyizibwa bwa bazadde okusooka oluvannyuma abasomesa okukuza abaana abategeera ennyo, abalina obusobozi obwenjawulo n'ebitendo eby'amaanyi, abalina okutegeera okugenda ewala okw'amateeka ga Katonda n'agobutonde, ensi, ne ssayansi ow'abantu n'ebitundu mwe bawangaalira.

## Engeri Ennenkamunkamu: Enkola Erengera Ewala

Tusaba abazadde okutunuulira mu bwesimbu enzikiriza z'eddiini yaabwe. Okutegeera okw'amagezi ku nkola n'ebyetaagisa mu ddiini yo biba bijja kuba ne kye bikola ebigasa ku ngeri gy'okuzaamu abaana bo. Kikulu okubeera omuzadde mu ngeri etereeta mbeera ya kutya, okwemalira ku byokka ebikwata ku muntu yekka, okudda emabega, n'okukozesa amaanyi.

Abamanyi abaasooka (ulama, fuqahaa n'abawalimu) essira baaliteeka ku kusinza n'emikolo (*ibaadaat*). Kulaane eyogera ku *dhikr*, ekitegeeza okwogera ku Katonda Oweekitiibwa. Ebintu ebi-



**Endaba Enkyamu ku By'eEnsi: Obunafu N'okutya**

Nnabbi Muhammadi ﷺ yagamba bw'ati:

"Wajja kujja ekiseera amawanga amalala lwe galibagwako ekiyiifuyiifu babalumbe nga abayala bwe bagwa ku ssowaane y'emmere." Swahaba omu yamubuuza nti: "Mubaka wa Katonda! Ekyo kiriva ku butono bwaffe?"

Nnabbi ﷺ yaddamu nti: "Nedda, mujja kuba bangi mu kiseera ekyo, naye nga muli nga ebyovu ebibeera ku mayengo g'ennyanja. Allah ajja kujja mu mitima gy'abalabe bammwe okubatya kwe balina gyemuli n'ekitiibwa kye babawa, era ajja kuteeka mu mitima gyammwe obunafu (wahn)." Waliwo eyabuuza nti: "Wahn kye kiki, Mubaka wa Katonda?" Nnabbi ﷺ yaddamu nti: "'*Wahn'* kwe kwagala ebintu by'oku nsi n'okutamwa okufa." (Abū Dāwūd)

biri bikulu mu kusomesa abaana. Abazadde beetaaga okutegeera endaba y'Obusiraamu ey'ensi n'okugisomesa abaana ku myaka gye batandikiramu okwawula ekirungi n'ekibi. Abaana era balina okubuulirwa nti obuvunaanyizibwa bwaffe kwe kukulaakulanya obulamu ku nsi okusinziira ku nneeyisa ennungi n'okutambulira ku mateeka Katonda ge yateerawo abantu, era nti okusinza kkubo ery'okutuukiriza ebigendererwa ebyo. Ekyo kiba kijja kubatuusa ku kutegeera ekigendererwa ky'obulamu kyonna nga kwe kulafuubana okukola ekintu ekituufu.

Nga abazadde, enneeyisa yaffe y'eba ejja okufuuka ekyokulabirako abaana kye baba bajja okugoberera. N'olwekyo, tuteekeddwa buli kaseera okudda ku dhikr okwejjukanya obuvunaanyizibwa bwaffe okukola ebyo ebijja okutumbula obulamu bwaffe n'okusanyusa Katonda. Naddala, tusabibwa okukola kyonna ekisoboka okuwangaalira mu bulamu obulungi ku nsi, okulabirira obutonde bwaffe obutwetoolodde, okunoonya okumanya, n'okuyamba okununula abanyigirizibwa. Abaana baba bajja kubeera n'okutegeera amakulu gennyini n'ekigendererwa kya *ibaadat* bwe balaba bazadde baabwe nga bazikola, era nga basomeseddwa nti obulamu bwakolebwa kubeera bigezo eri ebitendo by'abantu na kulafuubaniramu kukola kye basobola mu mbeera zaabwe ezibakwatako n'ebikwata ku bitundu mwe bawangaalira.

Aaya ezijja wammanga ziteekawo omusingi ogw'okulaba ensi mu birowoozo by'omwana:

*Gamba nti: "Esswala zange, n'ebisolo bye mpaayo nga ssaddaaka, ne bye nkola mu bulamu ne bye ndireka emabega nga nfudde byonna bya Katonda alabirira ebitonde byonna. Talina kituufu kumusinzizaako. Era ekyo kye nnalagirwa era nze omusaale mu Basiraamu."*

*Kulaane* 6:162-163)

*Esswala eziyiza (omuntu) okukola ebivve n'ebintu ebikyamu. Ne Katonda okuboogerako kye ekisinga obunene. Katonda amanyi ebyo bye mukola.*

(Kulaane 29:45)

*… era ne bawa omunaku ne mulekwa (omuto) n'omuwambe emmere awamu n'okuba nga (ntono) nabo bagyagala. (Nga bwe babagamba muli nti:) "Ffe tubaliisa lwa kunoonya kusiimibwa Katonda kwokka. Tetubaagalamu kutusasula wadde okutwebaza."*

(Kulaane 76:8-9)

*Katonda yalagaanyisa abo mu mmwe abakkiriza ne bakola n'emirimu emituufu nti ajja kubasikiza ensi nga bwe yagisikiza abo abaabasooka era nti ajja kubasobozesa okussa mu nkola eddiini yaabwe eyo gye yabasiimira, era nti, oluvannyuma lw'okutya kwabwe, ajja kubakyusiza embeera bafune emirembe, babe nga bansinza nga tebangattako kirala kyonna. Naye abo abagaana okukkiriza nga kino kimaze okujja, abo be bajeemu.*

(Kulaane 24:55)

## Yigiriza Abaana Okwagala Kulaane

Abazadde okusobola okukuza abaana abaagala Katonda, beetaaga okubalaga Kulaane ereme kubeera ekitabo ekitukuvu obutukuvu ekirina okusomebwa ku mikolo egy'eddiini egimu oluvannyuma ne kiterekebwa okumala omwaka omulamba. Abaffe essira lirina kuteekebwa ku kuwa mawulire oba lirina kuteekebwa ku birala ebisinga obukulu ebikwata ku kukulaakulanya enkola y'omutima n'omwoyo eby'omwana? Okufuna okumanya n'amawulire bigenderera okumala obulamu bw'omuntu bwonna, kyokka nga okukulaakulana kw'enneeyisa n'omwoyo ebirungi kulina kubeera mu biseera bye ebisooka, n'okusinga nga tannatuuka mu myaka gya kivubuka.

Ekiriwo kati be Basiraamu okutiisatiisa abaana entakera okuviira ddala ku myaka gyabwe emito nga bababuulira Omuliro (jahannama), nga balwawo okwogera ku Mukwano gwa Katonda, Okusaasira, n'Ekisa, oba obulungi bw'Ejjana. Essira tulissa ku ngeri gye baliggyiira mu Muliro singa bajeemera Katonda oba bazadde baabwe oba bwe bakola ensobi. Mu kiseera kye ekimu, tugayaalirira okwogera ku ngeri gye bajja okusasulwa empeera era baweebwe ebyengera mu Jjana singa beeyisa bulungi, bagondera Allah, bagondera abazadde baabwe, bayamba abalala, era ne bakola ebituufu. Lubeerera tutiisatiisa abaana ne tubajjukiza ebibonerezo nga bali nga abamenyi b'amateeka ababi ennyo, sso nga tetutera kubagamba bibazzaamu amaanyi oba okubabuulira ku kwagala kwa Katonda n'empeera ze bayinza okweyoolera olw'okweyisa obulungi. Mu mbeera nga eyo, abaana bagenda okukula nga babuutikiddwa entiisa n'okutya. Batereka endowooza embi n'obutaba na kwekkiririzaamu era, mu mbeera esembayo obubi, bamalibwamu amaanyi ku bikwata ku ddiini yaabwe.

Abasomesa bulijjo okusomesa abaana Kulaane bakutandikira ku Kitundu ekisembayo (juzu amma oba ekitundu ekya 30). Ekitundu kino kirimu essuula ennyimpi ezakkira mu kiseera ky'e Makka ku ntandikwa y'okukka kw'Obubaka. Essuula zino ennyimpi zaali zoolekezebwa balyake abaanyigirizanga abantu era abaali abeekuza abeemanyi nga baali ba mu ggwanga ly'Abakurayishi n'abakulembeze baabwe abakambwe bamusinzabibumbe (okugeza Abu Jahali ne Abu Lahabi). Mu ssuula zino ezaasooka okukka Kulaane ebigambo ebyolekeza abo abaabonyaabonya Abasiraamu, abatta abamu ku Basiraamu, abaakola enkwe okutemula Nnabbi ﷺ, era abaakoleeza entalo okusanyaawo Abakkiriza. Essuula zino zaali zigendereddwamu okuzza abalyake ku kkubo ettuufu, era aaya bwe zityo ez'amaanyi zaagwa mu matu gaabwe nga laddu, kubanga zaalimu okulabula okw'amaanyi. Tunula ku byokulabirako nga bino wammanga:

> *Emikono gya Abu Lahabi gifiiriddwa (ne gitabaako kye giganyulwa). Era naye afiiriddwa (talina ky'aganyuddwa).*
>
> (Kulaane 111:1)

> *Ekiwonvu (mu Muliro) ky'ebibonyoobonyo ebikakali kyakubeeramu buli yenna ageya abantu nga akozesa olulimi oba amaaso n'ebisige.*
>
> (Kulaane 104:1)

> *Mazima amawulire g'Olunaku olujja okubuutikiza abantu entiisa gakutuuseeko. Ebyenyi by'abantu ebimu (ebya Abatakkiriza) ku Lunaku olwo biriba bikkakkanyiziddwa, nga batawaana, bakoowa. Baliyingira Omuliro ogubabula ne bookebwa. Baliweebwa ebyokunywa okuva mu nsulo ezeesera, nga ekyokulya kyokka kye balina kye ekimera eky'obutwa ekyamaggwa.*
>
> (Kulaane 88:1-6)

> *Ekiwonvu (mu Muliro) ky'ebibonyoobonyo kyakubeeramu abo abakendeeza ku bye bapima ne bye balenga.*
>
> (Kulaane 83:1)

> *Gamba nti: Abange mmwe abaagaana okukkiriza!*
>
> (Kulaane 109:1)

> *Ensi bw'eriba ekankanyiziddwa olukankanya.*
>
> (Kulaane 99:1)

Wadde nga ebigambo ebikambwe bwe bityo byali tebyolekezebwa baana bato abatalina musango, kyennyamiza okuba nga olwaleero ze aaya z'ezimu ezisooka okubasomesebwa. Ensonga evaako okusomesa essuula zino kwe kuba nga nnyimpi era zibalibwa nga nnyangu okukwata ku mwoyo. Mu kifo ky'okutiisa abaana ku myaka emito bwe gityo nga tuyita mu kussa essira ku Muliro n'ebibonerezo, twetaaga essira okulissa ku kwagala kwa Katonda, okusaasira kw'abazadde, n'obulungi bw'Ejjana. Kino kituukana n'ebirowoozo byabwe nga kibissaamu okuwulira obutebenkevu, okwagala, ebbugumu, ekisa n'obuweweevu mu myaka gino emito. Kiba kisingako okutandika n'okulaga Omukwano gwa Katonda, Okusaasira, Ekisa, Okusonyiwa, n'Okugaba, nga okwo kw'ogasse ebitendo Bye ebirungi ebingi ebirala. Abaana era balina okutegeezebwa nti balungi era nti Katonda abaagala nga tebannasomesebwa nti balina okwagala Katonda. Emitendera girina kuba omukwano gwa Katonda gye bali (okusooka) n'oluvannyuma (ekiddako) obuvunaanyizibwa bwe balina okwagala Katonda.

Abaana bwe batandika okutegeera, abazadde bayinza mu ngeri eyempola okuyingizaamu eby'Omuliro nga ekibonerezo ekiweebwa akoze ekibi. Essuula ezirimu okulabula n'okutiisa olw'okukola ebyonoono ebinene zirina kuleetebwa nga abaana basobola okufuna eky'okuyiga okuva mu suula ezo mu kifo ky'okufunamu okutya. Kino kitera kuba mu biseera by'obuto ebisembayo waggulu n'emyaka gy'ekitiini, abaana we babeerera basuumuseemu era nga basobola okutegeera okusingako ebirowoozo ebitategeerekeka bulungi n'ebizibu ebiyinza okuva mu bikolwa byabwe.

Tulina okubeera abeegendereza mu ngeri gye tukulaakulanyaamu amagezi n'ebirowoozo by'abaana baffe, naddala bwe tuba tusomesa Kulaane. Kikulu nnyo abazadde okulonda aaya ezisinga okutuukana n'embeera ne zissibwako essira mu mitendera egyenjawulo egy'okukula kw'abaana. Basswahaba ba Nnabbi ﷺ abasinga obungi baatandisibwa Kulaane nga bantu bakulu. Mu myaka egyo, Kulaane yalina kinene kye yali eyinza okubakolako. Obuvumu bwabwe n'enneeyisa eby'amaanyi bye baalina byanywezebwa era Kulaane n'ebalaga omutindo gw'empisa ogwawaggulu. Abakugu mu ssayansi wa Kulaane, nga bakolaganira wamu n'abakugu mu byenjigiriza ne bannassayansi akwata ku mpangaala y'abantu, bayinza okuwa abazadde amagezi ku ngeri gye bayinza okusomesaamu abaana, nga kw'otadde n'emitendera gya aaya nga bwe zirina okusomesebwa okusinziira ku myaka



gy'abaana. Awatali kubuusabusa, aaya zonna eza Kulaane ziba zaakusomesebwa mu bulamu bw'omuntu bwonna. Wabula, ekibuuzo kiri nti: zirina kuddiriŋŋana zitya? Aaya ki ezirina okussibwako essira ku myaka ki? Ekirabika obulabisi kiri nti tekisaana kutandikira ku juzu yonna eya 30 olw'ensonga y'okuba nga erimu essuula ennyimpi 37. Ekibalibwa nga kyangu okujjukirwa tekirina kuba nga kye kyokka ekirowoozebwako.

Abazadde abatayogera Luwalabu balina okunnyonnyola abaana baabwe amakulu ga aaya mu nnimi zaabwe enzaaliranwa. Ekituufu kati kiri nti essira lisinga kuteekebwa ku kusobola okusoma obusomi Oluwalabu n'okukwata aaya awatali kufa ku kumanya makulu gaazo. Abazadde bakubirizibwa n'amaanyi okufuna ebitabo ebivvuunula Kulaane obulungi n'okwongereza ku by'okuyiga byabwe eby'okusoma amasomo g'okunnyonnyola Kulaane (tafsiiri), olwo basobole okutandika okuteekawo okukwanaganya wakati w'endaba ey'ensi n'obubaka obuli mu Kulaane.

Kino abazadde bwe baba tebasobola kukyekolera, bayinza okufuna omusomesa bbo ne balabirira biki n'engeri ki abaana gye basomesebwa. Amaloboozi agaakwatibwa ku butambi galina okuteekebwako gawulirwe awaka mu biseera ebigere abaana basobole okumanyiira amaloboozi ago. Kikulu nnyo okuteekawo enkola enteeketeeke obulungi egobererwa mu kusoma abaana basobole okumanyiira okusoma Kulaane buli lunaku. Okusoma Oluwalabu nga olulimi olwokubiri nakwo kuyamba abaana okuyiga Kulaane n'okugikozesa mu mbeera yaayo bokka. Ebitabo by'abaana ebirungi bingi ebifulumiziddwa ebirimu emboozi ezikwata ku bannabbi eziggyibwa mu byawandiikibwa, n'ebyokuyiga ebiyinza okuggyibwa mu mboozi ezo. Abazadde balina okugula oba okweyazika emboozi ezo okujjuuliriza okusoma Kulaane olwo abaana bamanyiire era babeere nga tebalina buzibu na Kulaane.

## Yigiriza Abaana Okusaala: Okujjukira Katonda Okutakutukawo

Waliwo okusaba okumpi kwa mirundi mingi okuleeta mu bwongo ekirowoozo kya Katonda okuba nga alaba buli kintu era afaayo ku buli kimu, Oyo abeera naffe buli we tubeera. Zino nnyangu okutandika era ziyamba abaana okufuna embeera y'okwebaza Katonda, n'okunoonya okuluŋŋama n'obukuumi okuva gy'ali. Era zirwanyisa okugezaako kwonna okwerabira Katonda ebbali. Abazadde, okugeza, balina okwebaza Katonda mu ddoboozi eriwulikika nga tebannalya, ne bwe baba bamaze okulya, ne bagamba abaana okuddamu dduwa (du'a) nga bwe bagyogera. Era, ne bwe baba bayingira mu nju, bwe baba bafuluma, bwe baba bagenda okwebaka, ne bwe baba bagolokoka okuva mu buliri, balina okulaba nga basoma edduwa. Kino kireeta embeera y'okusiima. Gamba bugambi nti Bismillaah (mu Linnya lya Katonda) bw'oba otandika okukola ekintu kyonna abaana baba bajja kukiraba era bakikoppe. Wadde nga ku ntandikwa kiba kijja kulabika nga ekitakola makulu era nga tekisanyusa, naye kisasula okukiremerako. Ekinaava mu kino enkola eno eba ejja kuteeka mu baana enkola eya *dhikr* era efuule okwogera ne Katonda Owaamaanyi ekyabulijjo mu bulamu bwabwe. Era bajja kumanya okunoonya obuyambi bwa Katonda mu buli kintu.

Bwe kituuka ku sswala, era, kino kirina okufuulibwa ekikulu ekikolebwa abazadde mu bulamu bwa buli lunaku. Abazadde be bawa abaana baabwe eky'okulabirako ekisinga obulungi. Okwaziina kw'esswala (adhān) kukolere mu maaso g'abaana era ekiseera ky'esswala okifuule ekintu ekikulu ennyo. Terefayina (TV) erina okuggyibwako era buli omu alina okweteekateeka olwo esswala etandike mu mbeera entuufu. Abazadde balina okusaala nga abaana baabwe babalaba mu bukkakkamu n'okussa omwoyo ku kye baliko. Ebiseera bingi wabaawo okupapa okumala ess-

wala, era okupapa kuno abaana baba bakulaba era baba bajja kukukoppa babe nga tebassaayo mwoyo nga basaala. Walina okubaawo dduwa esomebwa nga sswala tennatandika ne bw'eba ewedde, abaana basobole okuyiga okukola ekintu kye kimu; kuyinza okubeera okusaba ekintu kyonna ky'owulira nga weetaaga okuva eri Katonda Owaamaanyi.

## Yigiriza Abaana Okukola Tawbah (Okwenenya)

Abaana beetaaga okutegeera nti ebikolwa byabwe birina ebibivaamu, nti okweyisa obubi kuswaza era Katonda akumanya, era nti beetaaga okwenenya bwe baba bakoze ebikolwa ebibi. Tekimala abaana okugamba obugambi nti nsonyiwa ne biggweera awo. Abaana beetaaga okutegeera nti okwenenya kw'omuntu olw'okukola ensobi kweetaaga kwolekezebwa Katonda. Kino era kiggulawo oluggi lw'okutya Katonda, era kisobozesa abazadde okusomesa abaana baabwe omukwano gwa Katonda n'okusaasira kwe. Abaana olwo lwe bayinza okuteekawo enkolagana ey'amaanyi naye.

Abaana baba tebajja kwebaza bazadde baabwe olw'okubasomesa; mpozzi ate bayinza kufuna kwesunguusula na ngeri yonna ey'okukulwanyisa. Awamu n'ekyo, okunnyonnyola entakera embeera mu ddoboozi ekkakafu n'okulaga omukwano nga okwenenya kumaze okukolebwa kuba kujja kuwanirira mu baana enkola y'okwenenya n'okwewala okukola ebikolwa ebikyamu. Oluvannyuma eyo nga abaana bakuze, bwe baliba balumizza omuntu oba nga bakoze ekikyamu ku balala, baba bajja kumanya eky'okukola okutereeza embeera eri Katonda.

## Yigiriza Abaana Ebikwata ku Nnabbi Muhammadi ﷺ ne Bannabbi Abalala

Abazadde baweebwa amagezi okusiga ssente mu kutandikawo etterekero ly'ebitabo ettono ne bulijjo okussaawo embeera y'okusoma n'abaana baabwe. Bayinza okusoma oba okunyumya emboozi ezikwata ku Nnabbi ﷺ (nga mwe muli obulamu bwe, obuto bwe, enneeyisa ye n'obubaka bwe yaleeta), emboozi ezikwata ku bazzukulu be, n'emboozi ezikwata ku bantu b'oku mulembe gwe (Basswahaba be). Emboozi ezikwata ku bannabbi zisobozesa abaana okuyingira mu nsi ya bannabbi, okufuna engeri gye babeeteekako ennyo n'okubatwala nga eby'okulabirako ebirungi. Emboozi zino zeetaaga okuzimbirwa n'okwolekezebwa emyaka ebaana gye babaamu n'okwetooloolera ku bintu ebiyinza okuyamba abaana. Abazadde era basobola okusomera abaana emboozi z'abasajja n'abakazi abatutumufu n'empisa z'abakulembeze mu byafaayo byonna.

Somesa abaana ku bintu ebyatuukibwako olw'obugunjufu bw'Obusiraamu. Twala abaana mu tterekero ly'ebyedda (museum) basobole okulaba obukugu bw'Abasiraamu mu by'okusiiga, ebyafaayo, n'ebizimbibwa. Amaterekero g'ebyedda bifo bya byewuunyo ebireetera abaana okuyingizibwamu ebirowoozo ebipya nga biyita mu byafaayo, era birimu ebintu bingi eby'abaana, abazadde bye bayinza okweyambisa. Waliwo n'ebifo ebirungi ku yintaneti ebikwata ku nsonga eno, okugeza, "1001 inventions," ekiraga ebintu Abasiraamu bye bazze bakola mu myaka lukumi: http://www.1001inventions.com. Abazadde era bakubirizibwa okuteeka ssente mu kufuna kkopi y'ekitabo, "1001 Inventions: Muslim Heritage in Our World (ekyogera ku bintu olukumi Abasiraamu bye baayiiya)".

Kino kitabo ekyangu okusoma, ekinnyonnyoddwa obulungi n'ebifaananyi ebiyisaayisa omuntu mu myaka olukumi egya ssayansi ne tekinologiya ne mu bulamu bw'abavumbuzi mu byasa ebyomu makkati abo okuvumbula kwabwe okwayamba okutuusa ensi w'eri olwaleero. Ebifo ku mitimbagano gya yintaneti n'ebitabo n'obuyinja obuliko amaloboozi n'ebifaananyi ebiraga obulungi obungi obw'ensi kwe tuwangaalira nabyo nsulo ya maanyi ey'okuluŋŋamya. Abaana balina okulagibwa obutambi obulungi obwa filimu, naddala obwo obulaga ebyewuunyo by'obutonde (okugeza ekyamagero ky'enjuki).

Okwo ogattako nti, abaana bwe bagenda bakula, ebintu ebiva mu nsi etezimbiddwa ku musingi gwa ddiini biba bijja kubaako kinene kye bikola ku ntegeera n'ebirowoozo byabwe. Beera mwetegefu okunnyonnyola emiramwa okugeza ogukwata ku ndowooza y'entandikwa y'obutonde (theory of evolution). Abaana bajja kuba bangu ba kubuzaabuzibwa mu ntegeera n'endowooza oluyingira bwe bati mu nsi engazi, era abazadde baba tebajja kuba baabuvunaanyizibwa bwe baleka obukkiriza okuyingira abaana nga buyita mu mbeera y'okwesengejja kw'Obusiraamu. Okumanya Katonda n'ebitonde bye bwe kunnyikizibwa mu baana, abantu abatambulira ku by'ensi biba bijja kubeera byangu okukwataganya. Abaana beetaaga omusingi omunywevu era omugumu ogubasobozesa okukasuka n'obutafaayo ku bagezaako okukyusa endaba entuufu ey'ensi.

## Yigiriza Abaana Adaab (Empisa)


Endowooza y'Obusiraamu ku nneeyisa buzingiramu n'endowooza y'empisa (adaabu). Abaana balina okusomesebwa okugamba nti bambi ne weebale, awamu n'okugamba nti al-hamdu-lillah (amatendo ga Katonda), insha'Allāh (Katonda bw'anaaba ayagadde), ne al-salaam alaykum (emirembe gibeere ku mmwe). Ebiseera bingi, okulamusa okulungi bwe kuti kukkirizibwa okukyuka ne kufuuka "hi", "hello", oba "bye". Abaana beetaaga okusomesebwa adaab ez'okulya okulungi n'okunywa okulungi, okwambala engoye ennungi (ez'ekitiibwa, n'engeri y'okweyisaamu mu ngeri ewa ekitiibwa mu kitundu.

Kikulu okukuuma abaana n'awaka mu mbeera ennyonjo, entegeke obulungi, era enteeketeeke nabo basobole okunnyikira enkola bw'etyo. Toyonoona baana; ebiseera ebimu, kisingako okufumba ammere eyaabulijjo okusinga okufumba emmere ey'okwejalabya, basobole okuyiga okuwa ekitiibwa emmere singa baba baweereddwa emmere ewooma ennyo. Okwebaza ennyo buli kiseera n'okuwaana abaana biyinza okuyingiza mu baana okwemanya n'okwewulira. Tekyetaagisa okubagulira buli kyakuzannyisa kye baba basabye; bwe baba baagadde ekintu, ebiseera ebimu baleke bakikolerere nga bayita mu kukola obulimu bw'awaka obutonotono.

SOMESA ABAANA:

Katonda abaagala, yabatonda era n'atonda n'ensi mugyeyagaliremu.

Awatali kubuusabuusa baba bajja kwagala okuteekawo enkolagana n'Oyo abaagala era abafaako, era n'okweyongera okumumanya n'okumanya ebimukwatako ebisingako.



Balina okujjukizibwa nti Katonda Owaamaanyi ayinza okubawa ekisingako. Okugeza, okufunawo ekintu ekirala ekiyinza okudda mu kifo ky'ekyo kye baagala, bwe baba tebasobola kufuna kye baagala, kiteekateeka abaana okuyita mu bulamu obw'omu maaso mu nsi eyaddala, era emisingi gy'enneeyisa ennungi yonna n'okugunjulwa biba bijja kubayamba mu bulamu bwabwe obwomu maaso.

## Kiki Ky'olina Okusooka Okubuulira Abaana: Baagala Katonda Oba Katonda Abaagala?

Abaana bwe basomesebwa okugamba nti, "Njagala Katonda, yantonda era n'atonda n'ensi, n'enjuba n'omwezi" baba baweereddwa bubaka ki? Ekisooka, abaana baba tebamanyi Katonda, kubanga ekyo kirowoozo ekiri mu bbanga kye baba nga tebannategeera mu kiseera ekyo. Kibakwatirako wa okwagala oba obutayagala kintu kye batamanyi? Okwongereza ku ekyo, ku baana, okubeerawo kwabwe awamu n'ensi ebeetoolodde bintu ebiriwo era si kintu ekitali kyabulijjo. Wabula, ensonga bw'ebeera ekyusiddwa abaana ne basomesebwa nti "Katonda abaagala, yabatonda era n'atonda n'ensi mweyagaliremu," baba bajja kwagala nnyo okumanya ani Oyo abaagala era abafaako era abaagaliza okusanyuka n'okubeera obulungi. Awatali kubuusabuusa, baba bajja kwagala okubeera n'enkolagana n'oyo abaagala, abafaako, n'okweyongera okumanya ennyo ebimukwatako.

Waliwo akakwate kaamaanyi wakati w'okusinza, obulamu, n'ekwewaayo mu kwesiimiira eri Okwagala Kwa Omutonzi. Enneeyisa yaffe ennungi erina okwesigamizibwa ku kwagala ennyo okumusanyusa, Ensibuko y'Obulungi n'Amazima Esembayo. Engeri y'okusanyusa Katonda kwe kugoberera ebiragiro Bye n'okuluŋŋamya kwe okusobola okutumbula omutindo gw'obulamu bwaffe wamu n'ogwabantu abatwetoolodde. Twongera amaanyi mu by'omwoyo byaffe nga tuyita mu kubeera abalungi, abakola ennyo, abeesigwa, ab'omugaso, era abayamba abalala, bwe tutyo nga tweyongera okubeera okumpi ne Omutonzi. Twewa obuyambi nga tuyita mu kuyamba abalala, nga tuwa ekitiibwa eddembe ery'obulamu, ebintu, n'ekitiibwa; era ne mu kutumbula obwenkanya, okusaasira, n'eddembe, okwewala effugabbi, n'okulwanyisa obufuzi bw'obumbula. Okulafuubana okwo kwonna kwetaagisa okumanya okutakutukawo n'okujjukira Katonda N'ebitendo Bye ebirungi.

Okutuukiriza emikolo gy'eddiini kwongera okumanya kuno amaanyi wamu n'omukwano gwaffe eri Katonda Ow'amaanyi. Mu ngeri eno, tuba tujja kufuna okusaasirwa n'okusinza okulungi okuyinza okutuwa amaanyi okuwangula mu kukola ekirungi era ekituufu.

## Manya Ky'oli: Ekizibu mu Byenjigiriza By'abawalabu

Waliwo okukaaba okwomwanguka eri okuyiga, eddembe, ne ijtihād (okunoonyereza): Alipoota ya United Nations Arab Human Development (2009) eraga embeera etiisa wonna mu Buwalabu ey'akakyo kano bwe tudda mu by'okugenda mu maaso mu bya ssaayansi n'okunoonyereza. Abawalabu b'olwaleero bakoobeera bwe tutunuulira amawanga gonna ne mu kukuuma obukuumi embeera y'ebyobuwangwa byabwe ebigagga. Okunoonyereza okwa UN okwa 1991 kwalaga nti Amawanga g'Abawalabu ge gakoobera mu kuba n'omuwendo omutono ogw'ebifulumizibwa mu byapa n'ebitabo mu nsi yonna. Bulaaya y'ekulembera nga ekubisaamu emirundi egisukka mu etaano mu muwendo gw'ebifulumizibwa bw'ogigeraageranya n'amawanga g'Abawalabu.

Alipoota eraga enjawulo eyeeyongera okugaziwa wakati w'Amawanga ga Buwalabu n'ensi ezisigadde. Mu kwagala ennyo okufuga, amawanga g'Abawalabu agafugisa omukono ogwekyuma gaasannyalaza obuyiiya n'okukubaganya ebirowoozo kwonna. "Eddembe lyonna eryawambibwa ensonga ez'obulimba ez'ebyokwerinda, okwazibwa, n'abalondoozi abeeteekawo okulabirira empisa z'abantu eryo liba ddembe erikotoggeddwa. Ebyasooka okukosebwa mu kukotoggera kuno mwe muli obuyiiya, okuleeta ebipya, n'okumanya." *(The Economist 2003).*

Abazadde tebalina kwewala buvunaanyizibwa bwabwe eri abaana baabwe omulimu ogwo ne bagulekera gavumenti. Abazadde, nga eky'okulabirako ekirungi n'abasomesa abasookerwako eri abaana baabwe, bateekeddwa okweŋŋanga okusoomooza ne bafuuka empagi enkulu mu kugezaako okukyusa ekitundu.

Abazadde ky'ekisumuluzo ekikoleeza omutendera gw'enkyukakyuka ennungi; abavuzi be batereeza abayivu n'abayigiriza abo abasomesa abazadde eky'okukola n'engeri y'okukikolamu. Abazadde bwe babeera abamativu, baba bajja kukola ekyetaagisa nga baagala. Balina kye basobola okukola ekigenda ewala ku baana baabwe era bayinza okukyusa enneeyisa y'emirembe egiggya mu maaso.

## Ebyokukola



### EKYOKUKOLA 21: OKUGENDA MU MAASO OKW'ABAJAPANI NGA OKUGERAAGERANYIZZA N'OKUDDA EMABEGA OKW'AMAWANGA G'ABASIRAAMU

Mu nsisinkano eteri ntongole ey'ebibinja bisatu eby'abafumbo, mukubaganye ebirowoozo ku bintu bino wammanga:

Lwaki emawanga g'Abasiraamu mangi tegagenze mu maaso, sso nga Japan ne Bugirimaani, agaayisibwa obubi ennyo mu Ssematalo Owookubiri, kati gali mu mawanga agali ku mwanjo mu byenkulaakulana mu nsi yonna?

Lwaki amawanga g'Abasiraamu agamu gakyasuula ebikyafu mu migga, galina ebyenjigiriza ebinafu, era gatunda ebintu ebisookerwako (ebikozesebwa okuweesa ebirala) ku busente obutono gasobole okubikomyawo nga ebintu ebiwedde okukolebwa ebigulibwa ku buwanana bwa ssente? Okugeza, tani y'ebikomo ebiweesebwamu ebyuma etundibwa ebweru ku ddoola 2,000 ate n'ekomezebwawo nga kompyuta n'ebyamasannyalaze mu bukadde n'obukadde bwa ddoola.

Lwaki amawanga g'Abasiraamu agamu galina emiwendo minene egy'abantu abatasomye nga waliwo etteeka lya Kulaane eribalagira okusoma (iqra')?

### EKYOKUKOLA 22: OKUTEEKAWO OLUTINDO OLUYUNGA ABAANA NE OMUTONZI WAABWE – NGA BUKYALI!

Wadde nga esswala ettaano ezirina okusaalibwa buli lunaku zitujjukiza Katonda mu ngeri enteeketeeke obulungi, waliwo ebintu ebirala bingi bye twetaaga tusobole okuteekawo olutindo ne Omutonzi nga tuzisaala.

Abaana beetaaga okusomesebwa okukola dhikr ezitakutukawo eri Omutonzi (okujjukira Omutonzi okutakutukawo). Emu ku ngeri ennungi kwe kubasomesa okukwata ku mwoyo edduwa ezaasomebwanga Nnabbi okuva mu kiseera we bagolokokera okutuusa mu kiseera ky'okwebaka. Zino tezitwala kiseera kiwanvu era zongera obulungi ku mbeera y'ebirowoozo byaffe era ne ziteeka bye tugenda okukola mu kkubo ettuufu (naddala mu biseera eby'emirundi ebiri, bwe tuba tutandika okulya ne bwe tuba tumaze okulya). Abazadde bayinza okulondawo ekintu kimu oba bibiri ne bakola ekisoboka okukiteeka mu nkola obulungi nga tebannagenda ku kiddako. Somesa abaana amakulu g'edduwa zino.

(Bwe kiba ekizibu ebigambo okubisomera mu Luwalabu, kikkirizibwa okubyogera mu lulimi olunnansi oba mu Luzungu).

Okuzuukuka: Amatendo amajjuvu gonna ga Katonda, Oyo atuzzizza engulu oluvannyuma lw'okufaako era gy'ali gye tugenda okudda nga tuzuukidde.

إذا أفاق من نومه قال: الحمد لله الذي أحيانا بعد أن أماتنا وإليه النشور

---

Okulaba Ekitangaala kya Mmambya Nga Esala: Twabukeesezza era obufuzi bwonna mu nsi n'eggulu bwa Katonda. Amatendo amajjuvu gonna ga Allah.

إذا رأى نور الفجر قال: أصبحنا وأصبح الملك لله والحمد لله

---

Okuyimirira mu Ndabirwamu: Amatendo amajjuvu gonna ga Katonda Oyo eyatereeza okuntonda. Katonda wange, nkusaba otereeze enneeyisa yange nga bwe watereeza engeri gye wantondamu.

إذا نظر إلى المرآة قال: الحمد لله الذي خلقني فسواني، اللهم حسن خُلُقي كما أحسنت خَلْقي

---

Okwambala: Amatendo amajjuvu gonna ga Allah Oyo ampadde eky'okwambala okubikka obwereere bwange [ebitundu ebyekyama] era n'alungiya obulamu bwange.

إذا لبس ثوباً قال: الحمد لله الذي كساني ما أواري به عوراتي وأتجمل به في حياتي

---

Okuyingira Masjid: Katonda wange, nkusaba onzigulirewo emiryango gy'okusaasira kwo, era ompe amawanika g'okumanya okuva gy'oli.

إذا دخل المسجد قال: اللهم أفتح لي أبواب رحمتك وانشر علي خزائن علمك

---

Okulya: Amatendo amajjuvu ga Oyo atuwadde eky'okulya n'atuwonya ennyonta era n'atufuula Abasiraamu.

إذا أكل طعاماً قال: الحمد لله الذي أطعمنا فأشبعنا وسقانا فأروانا وجعلنا مسلمين

---

Okunywa Amazzi: Amatendo amajjuvu gonna ga Katonda Oyo eyafuula amazzi agawooma olw'okusaasira kwe n'atagafuula agakaawa oba ag'omunnyu olw'ebyonoono byaffe.

إذا شرب الماء قال: الحمد لله الذي جعل الماء فراتاً برحمته ولم يجعله ملحاً أجاجاً بذنوبنا

---

Okuyingira Ekiyigo: Nsaba Katonda amponye Sitaane eyagobwa mu kusaasira. Katonda wange, nkusaba omponye ebikyafu n'ebyenyinyalwa.

إذا دخل الخلاء قال: أعوذ بالله من الشيطان الرجيم اللهم إني أعوذ بك من الخبث والخبائث

---

Okufuluma Ekiyigo: Katonda wange, nkusaba onsonyiwe. Amatendo amajjuvu gonna ga Katonda ankuumye obutatuukibwako mutawaana era n'ampa obulamu obulungi.

إذا خرج من الخلاء قال: غفرانك الحمد لله الذي أذهب عني الأذى وعافاني

---

Okufuluma Ennyumba: Mu linnya kya Allah, Ye gwe nneesize. Ye gwe nsaba okumponya okubula oba okubuzibwa.

إذا خرج من البيت قال: بسم الله توكلت على الله اللهم إني أعوذ بك أن أضل أو أُضل

---

Okuyingira: Mu linnya lya Allah, tuyingira, mu Linnya lye tufuluma, era Ye gwe twesigamirako.

إذا دخل البيت قال: بسم الله دخلنا وبسم الله خرجنا وعلى الله توكلنا

---

### EKYOKUKOLA 23: OKUSIIMA EBYENGERA N'OKUSAASIRA KWA KATONDA

Mu mwoyo gwa dduwa zino entongole (waggulu), abaana basabibwa okukola okusaba kwabwe eri Katonda Owaamaanyi mu lulimi lwabwe era edduwa ezo okuzikubaganyaako ebirowoozo ne bazadde baabwe.

### EKYOKUKOLA 24: OKUTEEKA EBIZIBU MU KIFO KYABYO

Lagira omu ku baana asome emboozi eno mu ddoboozi eriwulikika era mugikubaganyeeko ebirowoozo, nga mugattamu bye muyiseemu mu bulamu. Okusiima ebintu ebisembayo obutono Katonda by'aba atuwadde kuleeta okumatira mu mutima, ne kutumalako ensaalwa, okuwulira obubi, n'okuwulira ennaku. Kino ky'ekyama ky'okubeera n'essanyu n'okuvumulwa okuwankawanka n'okweraliikirira.

> Waliwo omukyala omuvubuka gwe nnategeerako eyalina ebizibu ebyamaanyi. Bazadde be baali baayawukana, nga alabirira nnyina eyali omulwadde, sso nga mu kiseera ky'ekimu yali akola omulimu olunaku lwonna ate nga alina n'ebizibu mu by'ensimbi. Awamu n'ekyo, obulamu bwe yabutwalanga nga obw'essanyu: "Bwe mba nsobola okuzuukuka kumakya ne ntambula ku bigere byange, mbeera bulungi nga sirina mutawaana!"

Okukissa mu bigambo ebirala essira liteeke ku ky'olina era otunuulire (olafuubane okufuna) ekisinga obulungi ky'osobola okufuna mu bulamu. Hadiisi eno wammanga eteeka mu bufunze endowooza eno ey'amaanyi. Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> "Oyo yenna azuukuka kumakya nga talina mutawaana mu bantu be, nga mulamu mu mubiri, nga alina emmere emumala okuyita mu lunaku, aba nga ensi yonna ekuŋŋaanyiziddwa ku lulwe." (AL TIRMIDHĪ AND IBN MĀJAH)

### EKYOKUKOLA 25: EBINTU MUSANVU EBY'OKUSOMESA ABAANA

Leka abaana basome hadiisi eno wammanga, oluvannyuma olowooze ku musingi guno oguteeke ku bulamu obwabulijjo.

> "Waliwo ebiti by'abantu musanvu abo Allah b'ajja okusiikiriza n'ekisiikirize Kye ku lunaku lwe watalibeera kisiikirize kyonna okuggyako ekisiikirize Kye: omukulembeze omwenkanya, omuvubuka akulidde ku kusinza Allah, omusajja omutima gwe oguwanikiddwa ku muzikiti w'agulekera okutuusa lw'akomawo (ku muzikiti), abantu babiri abaagalana ku lwa Katonda era nga basisinkana olw'ekyo ne baawukana olw'ekyo, omusajja ajjukira Katonda nga ali yekka amaaso ge ne gakulukusa amaziga, omusajja agaana okusendasendebwa omukazi ow'ekitiibwa era omubalagavu, nga bw'agamba nti 'ntya Allah', n'omusajja awaayo ku lwa Katonda n'akweka ky'awaddeyo omukono ogwakkono ne gutamanya ogwaddyo kye gugabye." (AL-BUKHAARI NE MUSLIM)



ESSUULA 5

# Okukola ku Kusoomooza N'ebizibu Ebitalengererwawo


- Ebyanjula 114
- Okusoomooza Okw'amaanyi Okutera Okwolekera Abazadde 114
  - *Obutaba na Bumanyirivu* 115
  - *Akanyigo Ka Buli Lunaku* 115
  - *Omulimu Ogukamula Entuuyo Ogwa Buli Lunaku: Okukkiriza Nti Omulimu Gw'obuzadde Gwa 24/7* 115
  - *Obuzadde Mulimu Ogutamala Gakyuka* 115
  - *Obuzadde "Kusiga" Biseera, Maanyi Na Ssente, Okw'ekiseera Ekiwanvu* 116
  - *Abazadde Bamu Ku Bintu Ebingi Ebirina Kye Bikola Mu Kukyusa Abaana* 116
  - *Amabujje Tegasobola Kwogera* 117
  - *Obuzadde Butambulira Ku By'okuyiga Ebyenjawulo* 118
  - *Taata ne Maama Balina Okukolera Awamu nga Ttiimu* 118
  - *Okubeera Omuzadde Omulungi Bukugu Obwetaaga Okuddukanya Obulungi Ebikozesebwa* 118
  - *Abaana Engeri Gye Bategeeramu Bazadde Baabwe Eyinza Okubeera Ekyennyume Kya Bazadde Baabwe Kye Bagenderera* 119
  - *Manya Eky'okugamba Abaana na Ddi* 119
  - *Obutamala Gayingiza Birowoozo Bikyamu Mu Baana* 118
  - *Okusomooza Okw'omuntu Okulabikira Mu Kifaananyi Ekirungi* 120
- Ebyokuyiga Ku By'obuzadde Okuva Ku Moses Mu Bayibuli: Moses Biki Moses By'agamba 121
- Okufundikira 121
- Ebyokukola 26 122

## Ebyanjula

MU SSUULA ENTONOTONO ezisembyeyo tugezezzaako okulaga ebitendo eby'enteekateeka ennungi era ezingiramu buli kintu era ne tukoona ku gamu ku makubo amakulu ag'okuteeka kino mu nkola. Era tukkaatirizza obukulu bw'omuntu okukozesa amakubo ag'obutonde, awamu n'enteekateeka, nga eky'okuluŋŋamya ku kukuza abaana abalungi. Ekkubo lye tukozesezza likyukakyuka ekimala okusobozesa abazadde okweteerawo omusingi ogwabwe n'okukola okusalawo okwabwe mu kutumbula amaka gaabwe, n'ekigendererwa ekikulu nga kye ky'okukuza abaana abatya Katonda, abawulira obuvunaanyizibwa, era abalina obukugu mu ngeri gye bawangaalamu n'abalala. Era tukikkaatirizza nti okukuza omwana omulungi kirina ebikivaamu ebigazi okusinga ku ky'okubeera kwaffe n'obutebenkevu mu birowoozo n'obulamu bw'amaka amasanyufu; toffaali kkulu mu kuzimba ekitundu omuwangaalira abantu n'obugunjufu bwennyini. Wabula, enteekateeka ennungi, wadde nga efuula omulimu omuzibu ogw'obuzadde okubeera omwangu bwe gutyo, naye teba nzijuvu okuggyako nga esobola okuluŋŋamya omuntu okumuyisa mu kusoomooza okuyinza okubalukawo n'ebizibu ebitalengererwawo eby'okubeera omuzadde. Mu ssuula eno essira tujja kulissa ku bizibu ebimu eby'okubeera omuzadde, n'okuwa eby'okukola ebyamagezi agaabulijjo. Okusooka tujja kutunuulira okusoomooza okw'engeri ezimu enkulu n'oluvannyuma, mu ssuula eddako, tutunule ku bizibu ebimu ebitalengererwawo. Wadde nga ebimu ku bino twabyogeddeko mu ssuula ez'emabega, kisuubirwa nti okubiraba nga ettu mu kijja kusobozesa abazadde okweyongera okutegeera ensi gye bawangaaliramu n'abaana baabwe n'ensonga enzibu ze bagenda okweŋŋanga.

## Okusoomooza Okw'amaanyi Okutera Okwolekera Abazadde

**Okubeera omuzadde omulungi kwangu bw'okukola nga tomanyi butya, ate kuzibu bw'oba omanyi.**

Abaana bagamba nti: Bazadde baffe batumazeeko EMIREMBE!

Abazadde bagamba: Abaana baffe batumazeeko EMIREMBE!

**MULEKERE AWO BULI OMU OKULEEKAANIRA OMULALA!**

Mutegeere ebizibu we biva

Mulandulule Ensonga Muzigonjoolere Wamu:

**Mu Bugumiikiriza!**



Obulamu bwaffe kugezesebwa okugenda kugoberegana, n'okukuza abaana kwe kumu ku bisinga okubeeramu okusoomooza. Awamu n'ekyo, ebbeeyi y'okuyita okugezesebwa okw'obuzadde terina muwendo. Kiyamba abazadde okumanya obuzito bw'okusoomooza okuboolekedde basobole obutayisaawo oba okunyooma omulimu oguboolekedde. Bwe balowooza nti okubeera omuzadde kyangu, baba tebajja kuwulira bwetaavu kukwetegekera. Bwe balowooza nti kuzibu nnyo, baba bajja kuggwaamu essuubi era babiveeko. Tujja kugezaako okunokolayo ebizibu, nga tusuubira nti abazadde bajja kussa ekikkoowe n'okumatira okuvumbula nti tebali bokka mu lutalo luno. Kiba kyamuwendo okukubaganya ebirowoozo n'abazadde abalala ku bizibu bino, era abazadde bangi bajja kwewuunya olw'ebintu ebingi bye bafaananya ne bannaabwe.

Bino bimu ku byokulabirako eby'okusoomooza okw'amaanyi okwolekera abazadde:

### OBUTABA NA BUMANYIRIVU

Kuno kusoomooza kwamaanyi omwana asooka okuzaalibwa bw'atuuka. Mu mbeera nnyingi teri muzadde ku babiri aba amanyi eky'okukola. Wadde nga bayinza okuba nga baawulira mu bigambo, baba tebalina bukugu bumala mu bikolwa. Okubuuza abazadde abalala kiyinza okuyamba ennyo; kuno kutendekebwa omuntu nga ali ku mulimu awatali batunuulizi balondoola.

**Omuzadde Akozesa Okutu, Mu Bigambo!**
Edda okuluŋŋamya omwana kwali kwangu, nnyoko we yakusikiranga okutu n'akutwala.

### AKANYIGO AKA BULI LUNAKU

Abazadde bulijjo babeera mu kanyigo nga kava ku ngabanya y'emirimu eyeesigamiziddwa ku kikula ky'omuntu. Bamaama bangi basiiba waka sso nga bataata bakolera bweru. Olweggulo, bamaama baba baagala kufulumako bweru, sso nga bataata basinga kwagala kusigala waka. Kino kiyinza okuleetawo obutakkaanya abazadde buli omu bw'atagezaako kutegeera munne.

**Obwataata si Kufuna Bufunyi Ebikozesebwa**

Bwe tugenda tukula, tuteekeddwa okumanya nti okubeera taata omulungi si kuleetera buleetezi baana mmere oba okubafunira aw'okusula.

### OMULIMU OGUKAMULA ENTUUYO OGWA BULI LUNAKU: OKUKKIRIZA NTI OKUBEERA OMUZADDE MULIMU GWA 24/7

Tewali ssaawa ntongole za kukola buzadde era tuyinza n'okukkiriza ne tutwala ekiriwo nti omulimu gw'obuzadde gukolebwa essaawa abirimunnya olunaku, ennaku musanvu mu wiiki, era wiiki ataanomubbiri mu mwaka, awatali luwummula. Tewali kintu kiyitibwa "kunoba" ku bikwata ku baana b'omuntu. Omuntu bw'afuuka omuzadde aba alina okwewaayo obuwangaazi bwe bwonna, era tewali kintu kirina kwekiika mu kkubo lya kwewaayo kuno.

**Kiki Ekisinga Obuzibu: Okubeera Taata oba Pulezidenti wa America (United States)?**

"Nnyinza kukola ekimu ku bintu ebibiri, nnyinza okubeera pulezidenti wa America, oba okufuga muwala wange Alice. Sisobola kubeera byombi."

*Theodore Roosevelt (1858–1919),*
*Pulezidenti wa America*
(Porter and Cervantes 2007)

"Ekigambo kyange ekimu kigonderwa bukadde na bukadde … naye siyinza kufuna kya bawala bange abasatu okukka wansi okulya ekyenkya mu kiseera ekituufu."

*British Officer Wavell*
*(1883–1950)*
(Shaw 1998)

### OBUZADDE MULIMU OGUTAMALA GAKYUKA

Omwana bw'azaalibwa bw'ati, obuzadde tebuyinza kulindirizibwako, kuddamu kuweebwa kiseera oba okulagajjalirwa. Abaana balina essaawa zaabwe ez'obulamu, era abazadde balina okutegeera abaana baabwe engeri gye bagenda bakulamu. Abazadde tebayinza kukooloobya kukula kwa mwana, wadde okukwongeramu emisinde. Bwe bagezaako okukuyingirira, baba bajja kwereete-

ra bokka akatyabaga. Ensi eri ku misinde, naye abaana tebali. Kyamagezi okugendera ku misinde gy'obutonde: era ekyama kyabwo bugumiikiriza.



## OBUZADDE "KUSIGA" BISEERA, MAANYI, NA SSENTE OKW'EKISEERA EKIWANVU

Obuzadde mutendera ogugenda akasoobo era



mbeera ya kwenyigiramu. Kiyinza okutwala emyaka egiwera nga abazadde tebannamanya oba omwana waabwe muntu mulongoofu oba mugwenyufu.

## ABAZADDE BAMU KU BINTU EBINGI EBIRINA KYE BIKOLA MU KUKYUSA ABAANA

Abazadde beetaaga okumanya ensi abaana baabwe gye bakuliramu (ekyuka buli kiseera). Okugeza okukulaakulana mu tekinologiya kulina okusoomooza kwamaanyi kwe kuleese (nga kuyita mu terefayina, yintaneeti, amasimu ag'omu ngalo, ebisenge abantu kwe banyumiza ku yintaneeti, ennyimba, obuyinja bwa DVD, n'emizannyo gy'oku kompyuta). Okwegomba abazannyi ba filimu n'abayimbi nakwo kugenze kuyingiwala. Bwe baba nga tebataddeeko kyuma ekimu oba ekirala mu masannyalaze, abaana baba beetooloddwa ebintu ebirala ebingi ebikyusa ebirowoozo. Abazadde tebali bokka mu kisaawe ky'okukuza abaana era boolekera okuvuganya okuva mu terefayina, yintaneeti, n'abaana ab'emyaka egimu n'abaana baabwe. Waliwo ebintu bingi ebirungi n'ebibi ebirina kye bikola ku baana. Wadde nga abazadde be batenderezebwa – oba okunenyezebwa – olw'abaana baabwe kye baba bafuuse, babeera bamu ku bintu ebingi ebirina kye bikola ku kukula kw'omwana. Okutunuulira ekifaananyi ekinene (embeera omwana mw'awangaalira mu kitundu), abazadde abalina ekigendererwa ekirungi era ababa beewaddeyo tebasobola kukendeeza ku bizibu bya yintaneeti, okukendeeza ku bukambwe bw'abamenyi b'amateeka ababeera ku nguudo, oba okulongoosa ku lulimi olubi era oluwemula laadiyo ne terefayina bye

bikozesa. Wadde nga abazadde be basooka mu kubaako ne kye bakola eky'amaanyi ku nneeyisa y'omwana n'enkula ye, gye bigenda beeyongera okukula, abaana ab'emyaka gyabwe gye bagenda beeyongera okubaako n'ekyamaanyi kye bakola ku nneeyisa yaabwe, ekyo ne kisigala bwe kityo okutuusa omwana bw'ayingira mu myaka gy'okuyingira mu matendekero agaawaggulu. Mu kiseera ekyo, abaana batera okutwala empisa n'enneeyisa ebya mikwano gyabwe. Abavubuka abato batera okwekwata ku bubinja bwa bannaabwe bwe bawangaala, era bayinza okutandika okwesamba bazadde baabwe. Abooluganda nabo balina kinene kye bakola era ebiseera ebimu ekitwaliriza ekiseera mu nkula ya baganda baabwe; baba byakulabirako na kifaananyi (okusinziira ku myaka) buli omu eri munne. Mu kiseera kye kimu bayinza okubeera ensibuko y'okuvuganya n'okukwatiragana ensaalwa. Ebintu ebiri mu mbeera eyeetoolodde abaana nabyo birina kye bikola ku baana, okugeza ekifo mwe bawangaalira, obugazi bw'amaka, ekifo ky'amaka mu kitundu, eddiini esinga amaanyi mu kitundu, n'enkolagana ey'emitindo gy'abantu.

## AMABUJJE TEGASOBOLA KWOGERA

Lowooza bulowooza ku ngeri gyekiri ekizibu okwogeraganya n'ensolo, oluvannyuma olowooze ku baana amabujje. Tebasobola kwogera mu bulambalamba, bwe kityo ne kiba kizibu okumanya bye beetaaga, engeri gye bawuliramu muli, ne bye balowooza. Tuba tulina kuteeba buteebi ekituufu. Omwana omuto si muntu mukulu omutono, era omuntu omukulu si ye mwana omuto omunene. Amagezi ge tuwa kwe kusomera abaana amabujje Kulaane, kubanga abaana abato bajjukira ebigambo nga tebannasobola kubyogera.

---

**Endowooza Etesuubirwa!**

Bwe nnali omulenzi ow'emyaka ekkumineena, kitange yali talina ky'amanyi nga sisobola kugumiikiriza kya musajja mukadde oyo okumbeera okumpi. Naye bwe nnafuuka ow'emyaka abirimugumu, nneewuunya engeri gye yayigamu ebintu ebingi mu myaka omusanvu.

MARK TWAIN

**Aha, Aha! Kati Mmanyi ….**

Abaana banyooma bazadde baabwe okutuusa lwe baweza emyaka 40, we beesangira nga bafuuse nga bbo – bwe batyo ne baba nga batutte mu maaso enkola.

QUENTIN CREWE, AMERICAN WRITER

**Entegeera Y'abaana Ekyuka**

Oo, okubeera ekitundu nga omuntu omuyitirivu nga omwana wange bwe yalowooza nti kye nnali nga akyali muto, era ekitundu eky'omuntu omusiru kyokka nga omwana wange omutiini bw'andowooza okubeera kati.

REBECCA RICHARDS
(BROWN 1994)

**Obuzadde Buvunaanyizibwa Bwetaagisa Kati**

"Tuwulira nga gutusinga okuba nga tuzze tukola ensobi nnyingi n'ebikyamu bingi, naye omusango ogusinga obubi gyetuli kwe kulekerera abaana, olwo ne tulagajjalira ensulo y'obulamu. Bingi ku bintu bye twetaaga biyinza okulinda. Omwana talinda. Kati ky'ekiseera amagumba ge lwe geetondeka; omusaayi gwe lwe gukolebwa; n'ebirowoozo bye lwe bitandika okukula. Ku ye tetuyinza kugamba nti nkya. Ye ye lwaleero."

G.MISTRAL
NOBEL LAUREATE, CHILE, 1986

## OBUZADDE BUTAMBULIRA KU BY'OKUYIGA EBYENJAWULO

Okubeera obuzadde kwetaaga obukugu obw'emirundi mingi (nga obusinga tuba tetubuwulira muli). Okubeera omuzadde kulimu ebisomesebwa bingi, okugeza ebyokuyiga ebikwata ku birowoozo by'omuntu, empangaala z'abantu, ebyenfuna, ebyobusawo, eby'enkula y'abantu, okuddukanya emirimu, n'okukuba ebifaananyi.

Obuzadde kintu ekizaale ate mu ngeri y'emu ekiyigibwa. Ensi etwetoolodde nga egenda ekyuka n'etwolekeza n'okusoomooza okugenda kweyongera entakera, obukugu mu buzadde obulungi bugenda bweyongera. Okufuna obuyigirize obwawaggulu (kye kimu mu ssaayansi oba mu misomo egitali gya ssaayansi) tekikola maka amamativu era agatudde entende. Okuwuliziganya kusigala nga kukulu nnyo mu kuleetawo embeera y'obuzadde obulungi era obuvaamu ebibala.



## TAATA NE MAAMA BALINA OKUKOLERA AWAMU NGA TTIIMU

Okukolera awamu nga ttiimu si kyangu era kusoomooza kwamaanyi eri abazadde. Abafumbo balina okuba nga bakwatagana okusobola okukolera awamu. Munno gw'olonda si mukyala bukyala oba mwami bwami, wabula maama oba taata ow'ebiseera eby'omumaaso. Bameka mu ffe abalowooza bwe batyo nga tebannafumbiriganwa? Okukolera awamu nga ttiimu tekwetaaga mukwano na bwesimbu byokka: kwetaaga n'okumanya, obukugu, n'endowooza ennungi. Kikulu nnyo abazadde obutazannya muzannyo gwa buli omu okunenya munne ebintu bwe biba tebigenze bulungi, nga buli omu avunaana omulala okuleeta ekizibu oba obutakola kimala. Mutabani oba muwala waabwe aba akyuka buli kaseera, era okujjulukuka okuva mu mbeera y'obuto okudda mu y'obukulu okulungi kwetaaga abazadde bombi okuyambagana n'okukolaganira awamu okw'amaanyi.

## OKUBEERA OMUZADDE OMULUNGI BUKUGU OBWETAAGA OKUDDUKANYA OBULUNGI EBIKOZESEBWA

Kiyinza okusoboka okupangisa omubalirizi w'ebitabo okukola ku by'ensimbi eby'amaka, omusomesa okulabirira ebyenjigiriza, oba omujjanjabi (nansi) okulabirira ensonga ezikwata ku bulamu. Wabula, omulimu gw'okuddukanya amaka teguyinza kulekerwa balala; abazadde bwe baba tebasobola kuddukanya maka teri aba asobola kugaddukanya. Okuddukanya amaka kyetaagisa abazadde okukiwa omukwano, okwagala, ebiseera, n'okuteekayo ebirowoozo. Kino kitundu ekitayinza kwawulwa ku buzadde, wabula ekirina okukolebwa abazadde bombi bennyini. Omuntu alina kutunula butunuzi ku nkola y'Ekimaakisi bye yayitamu mu Soviet eya Russia, abantu abatali bazaalira ddala omwana oba aboomu maka mwe baaweerwanga omulimu ogwalibadde gukolebwa abazadde. Ekintu kye kimu kyagezebwako aba Spartan mu Buyonaani (Greece). Ekyavaamu kwe kulemererwa okutoogerekeka ku baana abaaweebwayo. Okuddukanya ebiseera n'ebintu ebikozesebwa kweyongera okufuuka okukulu eri abazadde abaddukanya amaka agatambuzibwa omuzadde omu, abo abalina okukwataganya entambuza y'ebiseera, okusinga ku maka agaddukanyizibwa abazadde bombi.

## ABAANA ENGERI GYE BATEGEERAMU BAZADDE BAABWE EYINZA OKUBEERA EKYENNYUME KY'ABAZADDE BAABWE KYE BAGENDERERA

Abaana bayinza okuvvuunula obuyambi bazadde baabwe bwe bagezaako okubawa nga okubayingirira, okubafaako n'okubaagala ne babiraba nga okubatwala nga abaana abato amabujje, n'amagezi ge babawa ne bagatwala nga okubafuga. Wadde nga ekintu nga bwe kirabika kikulu nnyo, naye endaba y'abaana ey'ebintu bwe kityo bwe kiri. Eyo ye nsonga ekifuula ekikulu okubuuza abaana bye balowooza, bwe bawulira, ne bwe bayinza okweyisa ku nsonga eba eguddewo. Buuza abaana: Mwayagadde kye nnabakoledde?

## MANYA EKY'OKUGAMBA ABAANA ERA DDI

Eby'okuyiga abantu abakulu bye bayinza okuggya mu mboozi, biyinza obutaba bye bimu n'abaana bye bayinza okuggyamu. Okwongereza ku ebyo, kisendasenda nnyo abazadde okwagala okukozesa obutamanya bw'abaana n'obutaba na mutawaana okuteeka mu nkola ekintu ekitakaluubiriza bulamu bwa muzadde. Okugeza, abaana bwe baba balya enkomamawanga, abazadde abamu babalagira okulya ensigo zonna obutakkiriza nsigo n'emu kugwa ku ngoye oba entebe oba emmeeza (okwewala okubiteekako ebbala eritajja kuvaako mangu). Wabula, mu kifo ky'okwesiba ku kituufu, n'okukakasa nga abaana bassa mu nkola abazadde kye baagala, abazadde abamu badda mu kujubisa. Bategeeza abaana nga mu nkomamawanga bwe muli ensigo eyenjawulo eva mu Jjana (olwo abaana basobole okwagala ennyo okulya buli nsigo balemwe kusubwa nsigo eyo eyeemikisa). Mu ngeri y'emu, mu maka mangi empeke z'omuceere zaanaazibwanga ne ziyonjebwa. Okukakasa nti tewali muceere gwonooneddwa mu mbeera eyo, abazadde abakyala baayinzanga okutegeeza abaana baabwe okubeera abeegendereza ennyo obutasuula mpeke yonna kubanga mu mpeke ezo mwabeerangamu emu eyenjawulo eyabanga evudde mu Jjana. Buno bukodyo obwamagezi era obwomugaso abazadde bwe bakozesa obutayonoona biseera byabwe na ssente zaabwe, wamu n'okusomesa abaana empisa, obuyonjo, n'okubeera ab'obuvunaanyizibwa. Wabula abazadde bateekeddwa okubeera abeegendereza ne bannyonnyola abaana, kasita batuuka ku myaka egy'okwawulawo, nti ebyo tebyali bituufu, olwo basobole okuggya mu birowoozo byabwe okukkiririza mu maanyi agataliiyo. Ekyobulimba ekisinga okusaasaana ekigambibwa abaana ky'ekya Santa Claus, alabikira mu biseera bya Ssekukkulu (Christmas) n'ayiira abaana ebirabo. Kaba katyabaga kennyini abaana bwe batandika okukkiriza nti Santa Claus mukulu nnyo okusinga Katonda.

## OBUTAMALA GAYINGIZA BIROWOOZO BIKYAMU MU BAANA

Abazadde abamu ab'omutima omulungi banyumya ebintu bino ebyabagwako:

Ekyagwawo 1: Saleem bwe yagaana okuyingira mu kinaabiro ky'essomero erisookerwako, omusomesa yamubuuza ensonga. Yaddamu bw'ati, "Bazadde bange baŋŋamba nti obuyigo busulamu majinni ne Sitaane. Ntya okusigala nago nzekka."

### Okubuulira Omwana Wo: Kiki Era Ddi?

Ku myaka ki emboozi eno kw'esaana okubuulirwa abaana? Empologoma, omusege n'ekibe byayigga ente, embuzi, n'akamyu. Empologoma kwe kugamba omusege nti: "Gabanyaamu omuyiggo. "Omusege gwaddamu nti: "Ente yiyo, embuzi yange, ate akamyu ka kibe."Empologoma yakkakkana ku musege n'egutta. Bwe yamala kwe kukyukira ekibe: "Ggwe omuyiggo ogenda kugugabanya otya?" Ekibe kyaddamu nti: "Akamyu ke kagenda okuba ekyenkya kyo, embuzi ebe ekyemisana kyo, ate ente kibe ekyeggulo kyo." Empologoma yabuuza ekibe nti: "Amagezi ago wagayigira wa?" Ko ekibe nti: "Ngayigidde ku mutwe gw'omusege ogubetenteddwa." Emboozi eyo bwe baginyumiza abaana, baba bajja kuyigamu kutya, butiitiizi, na bunnanfuusi. Wabula bwe baginyumiza abantu abakulu, baba bajja kuyigamu bwegendereza na butamala gapapa. Okumanya ekiseera ekituufu kikulu nnyo bwe kituuka ku kunyumya emboozi n'okubaako by'osomesa omwana.


Ekyagwawo 2: Omulenzi omuto, Hamid, yasoberwa. Baamugamba nti bamalayika tebayingira mu binaabiro, ate nga mu kiseera kye kimu baamugamba nti waliwo bamalayika babiri abamubeera ku bibegabega okuwandiika buli ky'akola. Bamalayika abo ababiri bamugoberera nga agenda mu kinaabiro?! Ekyo yali tayinza kukiteebereza bwe kiba!

Abazadde abamu bawa ennyinnyola embi eri abaana baabwe ku bikwata ku kugaana okulya embizzi. Abaana kino bakigaziya nti embizzi bisolo bibi ebirina okukyayibwa n'okukolebwako ebikolwa eby'obukambwe. Abazadde balemererwa okunnyonnyola abaana nti ebisolo byonna birungi ebyatondebwa Katonda, wabula ebimu si birungi kuliibwa. Byonna byatondebwa olw'ekigendererwa ekirungi, era tulina okubeera abeekisa eri ebisolo byonna n'ebimera.

Abazadde abamu abayita we balina okukoma naye nga emitima gyabwe mirungi bawa obubaka obukyamu ku bantu abakola ensobi. Tebaawula wakati w'ekikolwa ekibi n'akikoze. Bwe batyo bakyawa omuntu aba anywedde sigala n'ekikolwa ky'okufuuweeta sigala kyennyini. Kino kireetera abaana okukyawa abantu mu kifo ky'okubaagala n'okugezaako okutereeza ensobi zaabwe. Ekivaamu ky'ekyabaana okulowooza nti basukkulumu nnyo ku balala era ne batandika n'okwemanya.

## OKUSOMOOZA OKW'OMUNTU OKULABIKIRA MU KIFAANANYI EKIRUNGI

Nga beetooloddwa ebirimbalimba eby'endabika ennungi, etumbulwa obutabo bw'emisono, awazanyirwa filimu n'abayimbi ab'amannya, abaana (naddala abatiini abawala) bayinza okwanguwa okugwa mu bitimba eby'okulya okutali kuteeketeeke n'okwegomba okususse okw'ebyokwekolako n'ebyambalo. Okufaayo kuno okuzimbulukusiddwa ku ndabika y'omuntu kwongerwamu omuliro amawulire ag'ebyobusuubuzi obubaka bwago nga bugamba nti obulungi buli mu kubeera mutono.



Ku baana, okuva mu myaka gy'obuto obutalina mutawaana okuyingira ekiseera ky'okugeegeenya ebikolebwa mu bulamu bw'ekikulu bituukira ku myaka mito nnyo mu kiseera we watabeerera na kukakasa okwetaagisa nti bamanyi ekintu ekisembayo obulungi eky'okukola ekisinga obulungi. Kino kiteeka obunkenke ku bazadde abaagala abaana baabwe okweyagalira mu buto bwabwe. Obukulu bw'okuyingiza empisa ennungi ezitegeerekeka, okwekkiririzaamu, n'enneeyisa ennungi, bwe kutyo kufuuka kukulu nnyo okutalekeka. Abazadde beetaaga okuba nga bamanyi ebyonoona abaana n'engeri obulango bw'amaguzi bwe bubakabawazaamu nga tebannatuuka. (Williams 2002)

Okuwulira kw'abaana muli nti balina kye batuuseeko kulina kuva mu bintu ebikwatagana n'abantu b'ebitundu mwe bawangaalira, empuliziganya n'enkolagana mu maka naye si ku kuwulira okutuukirira okukulemberwamu ebibeera mu mawulire n'ebyokumpewo (kwe kugamba ssente, amaanyi n'ekitiibwa).

## Ebyokuyiga mu by'Obuzadde okuva ku Moses mu Bayibuli: Moses Biki By'atugamba

Wulira, ggwe Yisirayiri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu. (Ekyamateeka, 6:4)

**Essomo 1:** Teekangawo okusoosowazanga okutuufu! Abazadde basomesa batya abaana engeri y'okusoosowaza ebintu? Si kikulu kiki kye tumanyi, bwe tuba tetumanyi kiki ekikulu. Bwe twerabira ekikomererayo (Katonda), tufuuka abaddu eri ebiriwo kati.

> Era onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna. (Ekyamateeka, 6:5)

**Essomo 2:** Enkolagana nkulu okusinga amateeka. Eteeka ekkulu mu mateeka lye: Ssa essira ku mateeka Amatono, Amakulu, Agagendera ku mbeera, era Agakyusa omuntu. Amateeka si mabi, wabula enneeyisa gagikyusa kuva kungulu okudda munda, mu kifo ky'okuva munda okudda kungulu. Naye omukwano gukyusa omutima era ne guzzaamu omuntu amaanyi.

> Era ebigambo bino bye nkulagira leero binaabanga ku mutima gwo. (Ekyamateeka, 6:6)

**Essomo 3:** Yingiza nnyo munda ebyawandiikibwa. Kikulu abazadde okutegeerera ddala ebigambo bino okuva eri Katonda nga tebannagezaako kubiyingiza mu baana baabwe. Ebigambo bino birina okubeera ekitundu ku bazadde nga tebinnafuuka kitundu ku baana. Abazadde tebayinza kugaba kye batalina, n'olwekyo balina okussa mu nkola bye babuulira abalala. Bwe kiba tekisoboka kukolebwa waka, tebalina kugezaako kukitunda bweru.

> Era onoonyikiranga okubiyigiriza abaana bo. (Ekyamateeka, 6:7)

**Essomo 4:** Si muwendo gwa biseera ky'ekikulu, naye omuwendo gw'omutindo gw'ebiseera. Abazadde balina okwaniriza "ebiseera ebirungi okusomesaamu" era babyetegekere bulungi bwe biba tebituuka ku lwabyo. Abazadde batera okwagala okuwa abaana buli kintu okuggyako ekintu kye beetaaga ennyo okusinga ebirala: Obudde. Ebitundu mwe tuwangaalira essira birissa ku kukola, sso si ku maka. Ekikulu si kusoosowaza nkozesa yaffe ey'ebiseera wabula okutegeka ebiseera omukolerwa bye tuba tusoosowazizza.

> Onoobyogerangako bw'onootuulanga mu nnyumba yo, era bw'onootambulanga mu kkubo, era bw'onoogalamiranga, era bw'onoogolokokanga. (Ekyamateeka, 6:7)

Essomo 5: Ekyomugaso okujjukira era kiba kikulu okuddibwamu. Abazadde balina okussa mu bigambo, okukkaatiriza, okuddiŋŋana, n'okunnyonnyola obulungi emisingi gy'enneeyisa ennungi. Kikulu okutuukira ku nsonga, okufunza obubaka, n'okussa obubaka mu bigambo ebyangu. Laga Obuulire: Abazadde bayinza okwanjula abaana baabwe eri ab'eŋŋanda zaabwe, abakulembeze, ababaka ba Palamenti, Ba-imaamu, abasumba n'abagenyi, abalimu ebintu ebirungi abazadde bye baagala abaana baabwe bayige.

## Okufundikira

Awamu n'okusoomooza okwo kwonna, okubeera omuzadde kyeyagaza, kikoleka era kisasula nnyo eri abazadde bombi. Okusoomooza kwa biti bingi (abaana okwonoona bannaabwe, okwegatta mu by'obufumbo ku mikutu gy'empewo, okuweereza obubaka obubi, n'okuddukanya emirimu obubi). Okufuna ebirowoozo ebibi, ebizibu ebigwa obugwi, n'obulimba mu mboozi bingi ddala (nga bwe tujja okulaba mu ssuula eddako).

## Ekyokukola



### EKYOKUKOLA 26: OKULAGA EBIROWOOZO EBIKULU

Abaana bo bannyonnyole bino wammanga (nga oleeta ebyokulabirako ebibyo):

Si kikulu biki by'omanyi bw'oba tomanyi biki ebikulu (ebisoosowazibwa).
Ekikulu si kusoosowaza ntegeka ya biseera byaffe naye okutegeka ebiseera by'ebintu bye tuba tusoosowazza.
Omutima gwo gujjuzeemu omukwano eri Katonda olwo osobole okuwa abalala omukwano. Toyinza kugaba ky'otalina.

Ku bazadde: Ssa mu nkola ekyo ky'obuulira abalala. Ekifaananyi kimu kigyamu ebigambo 1000. Ekyokulabirako ekissiddwa mu nkola kisinga ekifaananyi emirundi 1000.



ESSUULA 6

# Endowooza Enkyamu Ezitera Okubeera mu Bantu, Ebigwawo nga Tebiraze, N'enzikiriza Enkyamu Ebirina Okwewalwa


- Ebyanjula 125
- Okuggyayo Amazima Ku Ndowooza Enkyamu Ezitera Okutwalibwa Nga Entuufu N'ebigwawo Nga Tebiraze 125
    - *Okumala Gakozesa Enkola Ejja Esikirwa mu Ngeri Ey'ekizibu Ky'amaaso* 125
    - *Okumala Gakoppa Abalala* 125
    - *Okukozesa Abaana Baffe Okutuukiriza Ebyatulema* 125
    - *Okusigira Eky'obuzadde* 126
    - *Okulowooza Nti Okwanja Ensonga Obulungi Kimala Ku Baana* 126
    - *Omuntu Okulowooza Nti Ayinza Okuwangula Olutalo Lw'aba Aggudde Ku Baana be* 126
    - *Abazadde Okwesigama Ku Ky'okuba Nga Be Bakulu Era Abafuga Abaana* 127
    - *Abazadde Okulowooza Nti Bayinza Okuyisa Abaana Baabwe Bonna mu Ngeri Y'emu* 127
    - *Okuyisa Omwana Nga Omuntu Omukulu Omutono* 127
    - *Okugulira Abaana Buli Kye Baagala* 128
- Okuggyayo Amazima Ku Ndowooza Ezimu Enkyamu Ku Buzadde 128
- Ebyokukola 27–28 132

## Ebyanjula

MU SSUULA EWEDDE TUKIKKAATIRIZZA nti okukuza omwana omulungi ebikuvaamu ebigazi okusinga eky'abazadde okuwummula mu birowoozo n'obulamu bw'amaka obweyagaza; toffaali ekkulu erizimba ekitundu abantu mwe bawangaalira n'obugunjufu. Tukoonye ku bukulu bw'okuba n'ekigendererwa era ne tulambulula okumu ku kusoomooza abazadde kwe balina okutegeera bwe baba bakuza abaana. Mu ssuula eno essira tugenda kuliteeka ku kuggyayo amazima ku bintu ebimu ebitwalibwa nga amagezi amalungi mu kbeera omuzadde omulungi, nga tuggyayo ebimu ku bizibu abazadde bye batera okugwamu nga tebabyetegekedde, era ne tulaga engeri y'okubyewala. Era tuggyayo endowooza enkyamu ezitera okutwalibwa nga entuufu. Ensonga endala lwaki tutunuulira ebizibu ebitera okugwawo nga tebyetegekeddwa kwe kuba nga enteekateeka ennungi ey'okubeera omuzadde, wadde nga egonza omulimu ogw'obuzadde omuzibu, eba tejjudde okuggyako nga esobola okuluŋŋamya abazadde okuggyawo enkonge eziyinza okuzibuwaza omulimu gw'obuzadde.

## Okuggyayo Amazima Ku Ndowooza Enkyamu Ezitera Okutwalibwa Nga Entuufu N'ebigwawo Nga Tebiraze

### OKUMALA GAKOZESA NKOLA EJJA ESIKIRWA MU NGERI EY'EKIZIBU KY'AMAASO

Abasinga mu ffe tusikira enneeyisa ezimu okuva ku bazadde baffe. Enneeyisa zino si bulijjo nti ziba za mugaso, era ezimu ziyinza okuba nga zaggwa dda ku mulembe oluusi n'okuba ez'obulabe. Omuzadde omukazi omu yagamba bw'ati: "Olwafuna olubuto bwenti, nafuuka maama wange." Abazadde abamu, olw'okulaga obukkakkamu n'okusiima, boogera nti bazadde baabwe baakola omulimu ogwettendo bwe baali babakuza. Bangi mu ffe bye twayitamu byali kufuna mukwano mungi n'okufaayo okuva mu bazadde baffe abatwagalizanga ebirungi, Katonda asaasire emyoyo gyabwe. Wabula si bonna nti baafuna amakubo, okumanya, oba obukugu ebyali byetaagisa okukozesa mu buzadde obulungi.

### OKUMALA GAKOPPA ABALALA

Okumala gakoppa y'engeri enkyamu ey'okukola obuzadde. Buli mwana wanjawulo mu ngeri ezimu era ekiyinza okubeera ekirungi ku mwana omu kiyinza obutabeera kirungi ku mulala. Abazadde beetaaga okugezaako okumanya engeri esinga obulungi ey'okukwatamu abaana baabwe. Bwe baba beebuuza ku bazadde abalala, balina okuba nga bamanyi amakubo agenjawulo agakozesebwa mu buzadde, kubanga gaawukana kinene mu kubeera ag'omugaso mu kuteekebwa mu nkola ku mbeera zaago ezenjawulo. Abazadde abamu bakkiriza eby'abaana oba babawuliriza, sso nga abalala bakambwe era nga bannaakyemalira.

> **EKYEKANGO EKIPYA MU BULI KIGERE EKISIMBULWA MU KKUBO**
>
> "Bataata abapya bayiga mangu nti okukuza abaana ngeri emu ey'okumala gayiiya eky'okukola okumalamu amaanyi."
>
> (BILL COSBY, ACTOR)
>
> "Okubeera omuzadde si kintu kye wayiga engeri y'okukikolamu; kintu kye wakola abaana bwe baamala okutonnyawo."
> (ELKIND 1995)

### OKUKOZESA ABAANA OKUTUUKIRIZA EBYATULEMA

Eno nsibuko ya nneeyisa ya buzadde enkyamu. Waliwo abazadde abayita mu baana nga baagala okutuukiriza ebiruubirirwa ebyabwe bye ebyabalema okutuukiriza, olwo ne basindiikiriza abaana baabwe okubituukiriza. Okugeza, omuzadde eyaloota okubeera omusawo oba yinginiya n'ata-



fuuka, ayinza okulagira omwana we akole obusawo oba obwa yinginiya, wadde nga omwana ayinza okuba nga ky'ayagala. Abaana si nyongeza ya bazadde baabwe. Nabo balina bye baagala ne bye baluubirira ebyetongodde.

Kisendasenda abazadde okulaba abaana baabwe nga ablina okutwala mu maaso ebyabwe. Bagezaako okutereeza ensobi zaabwe bo nga bayita mu baana baabwe, n'okulongoosa bye baasobya bazadde baabwe mu biseera ebyayita. Abazadde bwe baba nga tebaali bazannyi ba goofu balungi baagala abaana baabwe babeere bakyampiyoni ba goofu. Abazadde bwe babeera abanafu mu kubala, baagala abaana baabwe babeere nga kafulu Einstein. Abazadde bwe baba tebaasobola kufuuka bannabyabufuzi, baba baagala abaana baabwe okuwangula buli kuvuganya mu byobufuzi. Obuzadde si kubeera bato omulundi ogwokubiri, era abaana si bwe buzadde bwabwe obutono ennyo. Okuviira ddala ku ntandikwa, abaana bantu abateekeddwa okussibwamu ekitiibwa nga bwe bali sso si mu mbeera gye balina okufuuka.

## OKUSIGIRA EKY'OBUZADDE

Kitera okumala gatwalibwa nti obuzadde buyinza okukolebwa maama oba taata. Ekituufu kiri nti, taata tasobola kudda mu kifo kya maama, wadde maama okudda mu kifo kya taata, nga omukono ogwaddyo bwe gutayinza kudda mu kifo kya mukono ogwakkono wadde omukono ogwakkono okudda mu kifo ky'omukono ogwaddyo. Buli muzadde alina omulimu ogw'okukola omukulu era ogwenjawulo. Ne bajjajja, abooluganda abalala, oba abakozi tebayinza kutwala kifo kya bazadde. Abo bonna si basika balungi ab'abazadde.

## OKULOWOOZA NTI OKWANJA ENSONGA OBULUNGI KIMALA KU BAANA

Enkolagana z'abazadde n'abaana tezizimbirwa ku ndowooza egoberera amagezi yokka, kubanga enneeyisa n'engeri omuntu gy'awuliramu muli biyingira mu kibalo. Abazadde tebasobola kumatiza baana kulya bibala n'ebivaavava nga babagambye bugambi nti: "Kirye; kirungi gy'oli, kikuwa ebiriisa ebikulu eri omubiri n'ebirungo ebikusobozesa okusigala nga oli mulamu era owaamaanyi." Wadde nga okusengeka n'okwanja ensonga kuyinza okubeera okukulu, naye tekumala.

## OMUNTU OKULOWOOZA NTI AYINZA OKUWANGULA OLUTALO LW'ABA AGGUDDE KU BAANA BE

Wadde nga abazadde bayinza okuwangula entalo ezimu wano na wali, gye biggweera abaana baba bajja kwesasuza n'okuwoolera eggwanga n'okubakyawa. Abazadde bayinza okugaana muwala waabwe ow'emyaka ekkumi okukola by'ayagala eby'ekiralu, naye bw'atuuka ku myaka 13, ayinza okutoloka awaka n'abula n'afuna olubuto bw'atyo n'awangula olutalo bazadde be lwe baamuggulako. Mutabani waabwe ayinza okubabbako mmotoka n'akola akabenje akaamaanyi. Abazadde balina eky'okukola kimu kyokka: okusikiriza abaana okudda ku ludda lwabwe. Kino kikolebwa kitya? Nga bayita mu kuwuliriza, okukubaganya ebirowoozo, omukwano, okusengeka ensonga n'okubategeera. Ddimu lya kwegendereza eryetaagisa obugumiikiriza n'empuliziganya ennungi.



## ABAZADDE OKWESIGAMA KU KY'OKUBA NGA BE BAKULU ERA ABAFUGA ABAANA

Abaana bamanyi nti nabo gye biriggweera baliba bafuuse ab'amaanyi. Abazadde bwe bakozesa amaanyi okutiisatiisa n'okukwata obubi abaana baabwe, ne babafuula ababatya, olwo abaana bayinza okukozesa obukodyo bwe bumu mu nneeyisa bwe batuuka mu myaka egy'obukulu. Abazadde bwe bafuula abaana baabwe abawulira muli nga bali ku ludda lumu, olwo abaana baba bajja kubeera n'enkolagana ennungi n'abalala. Baba bajja kukizuula nti amaanyi ga bazadde baabwe gongereza ku maanyi gaabwe. Abazadde abakozesa eryanyi ku baana baabwe tebamanya nti baba kukozesa mukwano n'okusikiriza mu kifo ky'okukozesa eryanyi, baalifunye ekintu ky'ekimu, oluusi n'okusingako. Amaanyi n'omukwano bwe biba biyinza okuleeta ebibala by'ebimu, olwo lwaki olemera ku ky'okukozesa eryanyi?

> **Bayise Buyisa Nga Abalenzi N'abawala**
>
> "Tokuza bazira, okuza batabani. Bw'obayisa nga abatabani, baba bajja kufuuka abazira, ne bwe kiba mu maaso agago gokka."
>
> (SCHIRRA 2001)

## ABAZADDE OKULOWOOZA NTI BAYINZA OKUYISA ABAANA BAABWE BONNA MU NGERI Y'EMU

Abazadde bayinza okulowoza nti abaana baabwe bonna bafaanana. Kino si bwekiri. Abaana mu maka agamu bali nga ekisaganda ky'ebimuli; bulijjo waliwo omu omumalirivu okutunula ku ludda olulala abitegeka lw'atayagala. Abaana baawukana mu ngeri gye bagumiramu okunyigibwa embeera, mu busobozi bwabwe okuyiga, mu ddaala lye balina mu kukkiririza mu mbeera y'ekitundu, ne mu bye baagala. Abazadde bategeera mangu enjawulo eya buli mwana – enjawulo gy'alina ku buli mwana omulala gwe bamanyi n'abaana be baba basomyeko. Kyewuunyisa abooluganda engeri gye bayinza okwawukana ekinene. Okwawukana okumu kuyinza okubeera mu kwawukana kwabwe mu kikula ne mu bintu bye balina okukola mu bitundu mwe bawangaalira ebyesigamiziddwa ku kikula ky'abantu.

## OKUYISA OMWANA NGA OMUNTU OMUKULU OMUTONO

Abazadde mu bukyamu bayinza okulowooza nti abaana balina okuyisibwa nga abantu abakulu abatono. Al-Jarajrah (1988, mu Luwalabu) annyonnyola nti omwana si kintu ky'ekimu nga omusajja omutono, nga Abayonaani n'Abaruumi bwe baalowoozanga. Ategeeza nti ekiseera ekisinga okubeera ekikulu ennyo mu bulamu bwaffe ky'ekyobuto. Obuntu tebwategeera ebintu byonna ebikwata ku nsi y'omwana okutuusa mu makakti g'ekyasa eky'amakumiabiri, Jean Piaget bwe yayogera ku kiseera ky'abaana okukula okw'okumanya. Ekyali kibuutikidde okusooka kyali kugoberera nzikiriza ya bamusinzabibumbe ey'Ekiyonaani n'ekirooma ey'okulowooza omwana nga akantu akakulu akatono, era ekyava mu kino, kwe kussa ku baana abato ebirowoozo by'ebimu ebyakozesebwanga ku bantu abakulu. Ekituufu kiri nti tebenkana n'akamu (≠): Omwana si muntu mukulu omutono, Omuntu omukulu so mwana omuto omunene.

Mu butuufu abazadde beetaaga okutegeera endowooza y'abaana baabwe, ekitali kyangu. Kyangu okutegeera ebyetaago by'omwana eby'omubiri (kwe kugamba nti omwana ebbujje

bw'aba omuyala omuwa ekyokulya, bw'aba akooye omwebassa, oba bw'aba ajjuzza pampa ye ogyoza). Ebyetaago eby'omwoyo eby'omwana omuto bizibu okutegeera. Kizibu ekimala abantu abakulu okutegeera omwoyo gwabwe ogw'ekikulu, wadde nga bayinza okwetegeera okusinga abantu abalala.

**Abaana Batendeka Bazadde Baabwe**

"Omugaso oguli mu bufumbo si kuba nga abantu abakulu bazaala abaana wabula okuba nga abaana bafuula abantu abakulu kyebali."
(PETER DE VRIES IN COLOROSO 2002)

### OKUGULIRA ABAANA BULI KYE BAAGALA

Abazadde tebalina kwanguyiriza kugulira baana baabwe buli kye baagala; tebalina kusanyusa mwana mu buli kimujjira. Abazadde tebali awo kulindirira kutuukiriza byetaago by'abaana byonna wabula okubasomesa, okubawa eby'okukola ebyawaka, n'okubayamba okutegeera nti obulamu buliwo kuwaayo na kutwala. Ekizibu kino kizuuka kumpi nga tekitegeerekese abazadde bwe bamanyiira okugulira abaana abato ebintu, era nga tebannategeera kigenda mu maaso, beesanga babuutikiddwa ebintu abaana abakulumu kati bye basaba omuli ebyambalo, bu CD, DVD, n'ebyokuzannyisa.

## Okuggyayo Amazima Ku Ndowooza Ezimu Enkyamu Ku Buzadde



Okukuza abaana kwetaaga okujubisa okusobola okusikirza abafumbo abawera okukola omulimu gw'obuzadde ogwetaaga okukola ekiseera kyonna kubanga ekitundu ekiwangaalirwamu abantu tekisobola kugenda mu maaso awatali bammemba bapya. Abazadde abamu bakkiriza nti okulera abaana muzannyo, nti abazadde abalungi baba bajja kuzaala abaana abalungi, nti omukwano n'okumanyirawo eky'okukola bimala abantu okubeera abazadde abalungi, nti abaana bajja kusiima okwewaayo abazadde kwe bakola ku lwabwe, nti obuzadde kyabutonde ekijja bwe kityo, era nti empisa z'awaka nnyangu okuyingiza mu baana. Enzikiriza zino tezeeragira mu buzadde nga bwe buli. Wansi tukuleetedde mu bufunze ezimu ku nzikiriza abantu ze balina ku buzadde ezitawagirwa bintu nga bwe biri, sso nga n'olumu ne tuddamu okwogera ebigambo by'abalala nga tukozesa ebigambo ebyaffe. (Knox and Schacht 1997)

**Enzikiriza 1: Okulabirira abaana bulijjo kintu ekisanyusa.** Abaliba abazadde balaba obulango bwa terefayina obw'abazadde abato nga bazannya n'abaana baabwe mu byererezi, olwo ne balowooza nti kuno kwe kulabirira abaana: omuzannyo n'essanyu ebitakoma. Ebintu ebibeerawo byawukanira ddala ku kifaananyi ekyo.


Eky'okuba omuzannyo kitegeeza nti omuntu ayinza okukikola oba okukireka, sso nga abazadde bateekeddwa okusigala n'abaana ne bagenda mu maaso n'okubalabirira, ky'ekimu bye bayitamu bibasanyusa oba nedda. Olutandika, tebayinza kukivaamu ne bwe baba baagadde.

**Enzikiriza 2: Abazadde abalungi balina kuvaamu baana abalungi.** Abantu bangi bakitwala nti abaana abafuuka "abakyamu" (abakozesa ebiragalalagala, ababbi, bamalaaya, oba abazannyi b'emizannyo ab'ekikwangala) baba ne bazadde baabwe abataakola muli-mu mulungi. Abaana bwe bakyama

**OKUBEERA OMUZADDE KUKOOYA, EBISEERA EBIMU**

Waliwo ebiseera obuzadde we bulabikira nga okuliisa omumwa ogugenda okukuluma (okweyolera akabwa akanaakuluma).

okunenya kwonna tutera kukuteeka ku bazadde. Naye, abazadde abalungi bangi abakoze kyonna ekiri mu busobozi bwabwe bayinza okufuna abaana abayinza okubbulukuka nga bakyamu (okugeza, lowooza ku mwana wa Nnabbi Nuuhu). Ate oyinza okusanga abazadde ababi naye abaana baabwe ne babeera abalungi (okugeza lowooza ku byokulabirako bya bannabbi Musa, eyakulira mu maka ga Falaawo, ne Bulayimu, kitaawe gwe yeefuulira).



**Enzikiriza 3: Abaana basiima.** Abazadde abasinga obungi balowooza nti bwe bawa abaana buli ke beetaaga, baba bajja kumanya okwewaayo n'okwerekereza abazadde kwe baakola. Kino bulijjo si bwe kirina okubeera. Abazadde abalaga abaana omukwano, okufaayo, n'okulabirira bayinza obutasiimibwa baana. Abazadde abamu balowooza nti abaana baabwe bajja kubasiima bwe babawa ebintu ebikalu (okugeza engoye, ebizannyisibwa, kompyuta, ne mmotoka). Endo-wooza bw'etyo ebiseera bingi eba nkyamu. Abaana abamu balo-wooza nti balina bubeezi okufuna buli kimu bazadde baabwe kye babawa, era tebawulira muli buvunaanyizibwa okusiima bazadde baabwe bye baba babakoledde.

**Enzikiriza 4: Okubeera omuzadde kya mu butonde.** Abantu abamu balowooza nti tewali bwetaavu bwa kutendekebwa mu ngeri y'okubeera abazadde. Mu mawanga mangi mulimu amasomo agayigiriza abantu okuvuga mmotoka okusinga agakwata ku by'obuzadde.

Waliwo enjawulo eziwera wakati wa bamaama abapya n'abo abalina obumanyirivu. Bamaama abapya tebasobola bulungi kutegeera ebiruubirirwa n'ebyetaago by'abaana baabwe, era tebamanyi enneeyisa gye balina okusuubira mu baana bwe bagenda nga bakula. Bamaama abalina obumanyirivu, ku ludda olulala, bategeera bulungi engeri abaana gye balowoozaamu ne bwe beeyisa. Awatali kutendekebwa, abantu batera okuddamu okukola ensobi bazadde baabwe ze baba baakola.

**Aleeta Ekirowoozo, Naye Katonda Assa mu Nkola**

Oyinza okweteekateekera obulungi ennyo omwana wo, naye bw'atuuka, buli kintu ekitateekateekeddwa Kizuuka

**Enzikiriza 5: Ebintu amaka bye gatwala nga ebikulu byangu bya kuyingiza mu baana.** Ku bantu abangi, emisingi gy'enneeyisa ennungi mu maka bitegeeza bino wammanga:

- Okuwa ekitiibwa abantu abakulu n'abantu abalala.
- Okukkiriza enjawulo eziri mu bantu.
- Okusobola okukubaganya ebirowoozo mu ngeri enzikakkamu ku bintu bye batakkiriziganyaako n'okufuna engeri ekkirizibwako ey'okubigonjoolamu.
- Okwesiba ku kintu ekirungi, ne bwe kiba kizibu kino okukikola.
- Okukola n'okukuuma obweyamo.

- Okukuuma ekitiibwa ky'omuntu ekiseera kyonna.
- Okuyamba abalala n'okuweereza abantu b'ekitundu.

Kyeyoleka bweyolesi nti ebintu ebyo byonna waggulu n'ebirala ebitwalibwa nga ebikulu bingi si byangu bya kusomesa.

**Enzikiriza 6: Okumanya ekyokukola, amagezi amazaale, n'okwagala bimala.** Abazadde mu ngeri y'emu beetaaga okuyigirizibwa n'obukugu. Obuzadde bintu ebitono ebijjira okumukumu ebitakutuka, butategeeragana obugwawo mu biseera ebiyenjawulo, n'okuwanjaga okugwawo obugwi, ebyetaagisa okubaako eky'okubikolera mu kiseera ekituufu. Eky'okubikolera kireeta ebivaamu, engeri ebivaamu lwe kulina kye kukola ku mbeera z'omwana, mu bulungi oba mu bubi. Okukola ku byetaago by'omwana okutuufu kwetaaga obukugu era kuteekeddwa okuyigibwa.



Embeera z'omwana zireetebwa ebyo by'ayitamu n'abantu abenjawulo n'embeera ezenjawulo. Ebitendo ebifuula omwana ky'ali tebiyinza kumala gasomesebwa. Tewali muntu ayinza kusomesebwa bwesigwa na kumubuulira, obuvumu n'okuwandiikiragana, n'okubeera omusajja oba omukazi n'okwesengejja. Okuzimba embeera z'omwana n'enneeyisa kwetaaga okumanya ebirowoozo by'omwana n'emitendera omwana mw'ayita okukula. Abazadde baagala abaana baabwe abatiini okubeera n'omutima omusaasizi, okwewaayo, n'obuvumu. Kino okukikola, abazadde beetaaga okuyiga amakubo amatuufu okuzza ebintu ebyegombebwa ebyetaagibwa mu bivaamu ebirungi.

### Eddalu n'Amagezi!

"Eddalu liba ssikire; olifuna kuva mu baana bo."
Sam Levenson (Brown 1994)

"Ekitone ky'okubeera omugezi kkubo lya kumanya kiki eky'okuyisaako amaaso."
William James (Lazear 1993)

### OBUMANYIRIVU OBUGGYA OBUTEREEVU

OBUZADDE BUYINZA OKUYIGIBWA MU BUMANYIRIVU OBUGGYA OBUTEREEVU, NAYE OBUMANYIRIVU MUSOMESA MUZIBU: ASOOKA KUKUWA KIGEZO, N'AKUSOMESA OLUVANNYUMA. GEZAAKO OKUSOMA EDDUWA ENO: "KATONDA WANGE, NSOBOZESA OBUTAYIGA BULI SSOMO MU BULAMU OKUVA MU BUMANYIRIVU OBUGGYA OBUTEREEVU."

**Enzikiriza (Myth) 7:** Endowooza embi ey'Okwewaayo nga Saddaaka. Abazadde abamu bakkiriza (mu kuwulira obulungi kwe balina) nti balina okwemalawo ku lw'abaana baabwe. Okwongera ku ebyo, balowooza nti eddiini ekyo ky'eyagala. Ekituufu kiri nti ebyobugagga n'abaana bibalibwa nga eby'okwesanyusa n'okwenyiriza eby'abazadde, si ngeri emu ey'okubonaabona n'okutulugunyizibwa.

> *Abaana n'ebyobugagga byakwewunda bya ku nsi kuno. Naye emirimu emituufu egisigalawo gye egisinga obulungi mu mpeera eri Katonda wo era gye egisinga okuwa essuubi.* (Kulaane 18:46)

Abazadde, naddala bamaama, tebateekeddwa kukola kwewaayo okutaliiko kkomo olw'abaana baabwe, ne bakola nga abaweereza olw'okutuukiriza ebyetaago by'abaana. Bamaama nabo balina okuyambibwa n'okuweerezebwa. Balina okwefaako okusooka, oluvannyuma ne bafa ne ku baana.

**Enzikiriza 8: Obuvunaanyizibwa Obusooka Waggulu Obw'omuzadde Y'enkolagana ye N'abaana.** Ekituufu ky'ekyennyume ky'ekyo, obuvunaanyizibwa obusooka bwe bw'omuntu ku ye yennyini, si nkolagana ye n'abantu abalala.

> *Olunaku olwo omuntu alidduka muganda we, ne nnyina ne kitaawe, ne mukyala we n'abaana be: buli omu ku bo, ku Lunaku olwo, alibeera n'ebimutawaanya (nga talina gw'afaako).* (Kulaane 80: 34–37)



Teekawo ekipimo ekituufu wakati wo, abaana bo, ne Omutonzi wo. Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> Omubeezi wo akulinako ky'akubanja, omubiri gwo nagwo gukulinako bye gubanja, Omutonzi wo naye alina by'akubanja, kale buli omu muwe ky'abanja. (AL-BUKHAARI)

Muno muzingiramu okufa ku bulamu bwo, okwesanyusa, ebyetaago ebikkirizibwa mu mateeka, omukwano n'okugenda mu kuwummula.

## Ekyokukola



### EKYOKUKOLA 27: EBIZIBU OMUNTU BY'AYITAMU

Mu by'ozze oyitamu nga omuzadde, oyinza okunnyonnyola lwaki okubeera omuzadde kuzibu era butya? Kino kikolere mu nsisinkano y'awaka n'abaana bo. Kiyinza okuggula amaaso gaabwe ku bizibu by'obulamu nga bwebiri.

### EKYOKUKOLA 28: OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO KU BUZADDE

Nnyonnyolaaaya zino nga muli mu awaka, nga aboowaka bonna weebali, oluvannyuma mukubaganye ebirowoozo, nga mwogera mu bulambulukufu ku kubonaabona n'essanyu ebiri mu kukuza abaana. Muleete emboozi zennyini ez'abantu be mumanyi!

> Taata omu yagamba bw'ati: "Abaana baatondebwa kubonyaabonya bazadde baabwe," sso nga Kulaane egamba nti:
>
> *Abaana n'ebyobugagga byakwewunda bya ku nsi kuno. Naye emirimu emituufu egisigalawo gye egisinga obulungi mu mpeera eri Katonda wo era gye egisinga okuwa essuubi.* (Kulaane 18:46)
>
> *Abange mmwe Abakkiriza! Ddala mu bakyala bammwe ne mu baana bammwe mulimu abalabe bammwe. Mubeekengere (temubagondera)! Naye bwe mutanonooza nsobi ne mubasonyiwa, ddala Katonda Musonyiyi nnyo, Omusaasizi olubeerera.* (Kulaane 64:14)
>
> *Ddala ebyobugagga byammwe n'abaana bammwe kugezesebwa (gyemuli), sso nga eri Katonda y'eri empeera ezaamaanyi. (Kulaane 64:15)*

ESSUULA 7

# Ebintu Bwe Byonooneka


- Ebyanjula 134
- Obusungu, Okwewaggula, Okwesunguusula, N'amaziga 135
    - *Amakubo Agamu Ag'okugunjula Omwana Ow'omutwe Omunene* 135
- Okutulugunya (Ku Ssomero): Omwana Wo Naawe 136
- Omwana wo Bw'aba Atulugunyizibwa, Kiki Ekiddirira? 136
- Abavubuka (Abatiini): Obutakkiriziganya Na Kirowoozo Eky'emyaka Gy'ekivubuka 137
- Obusungu Mu Bavubuka Baffe (Abatiini) Ne Mu Ffe 140
- Okubeera Omuzadde Ow'omuvubuka (Omutiini) Aliko Obusungu Naffe Kitukwasa Obusungu 140
- Kiki Kye Tuyinza Okukolera Abavubuka Baffe (Abatiini) Naffe Okwekolera? 141
- Egimu Ku Misingi Egy'empuliziganya Ennungi 141
- Ebyokukola 29–30 143

## Ebyanjula

TEWALI bukakafu obwenkomeredde nti enkolagana yonna eba ejja kuvaamu ebibala nga muno mw'otwalidde n'eyoomuzadde n'omwana. Ebintu biyinza era bitera obutagenda bulungi. Bwe watunula n'okwenyumiriza ku mwana wo omuwere nga alabika obulungi, awatali kubuusabuusa wali ojjudde essuubi n'okusuubira ebirungi. Wasaba ofune ebiseera eby'ettendo bye wayagala okubeera n'omwana wo, era wasuubira mukwano, kukugondera, na kukussaamu kitiibwa. Walowooza muli nti: "Enkolagana eyeewuunyisa evaamu ebibala yali egenda okubeerawo"

Nga wayise emyaka kkumineetaano, oyinza okulowooza muli nti: Kiki ku nsi kuno ekitaagenda bulungi?" Wakola buli kimu kye walina okukola, wakola buli kye wali osobola, era wagezaako mu ngeri esembayo okukuza omwana wo n'omukwano, n'okugunjula, n'obukkiriza. Naye kijja kitya nti omwana wo yafuuka omuvubuka Kiwagi Nantagambwako?

Omuzadde omu kyamubuukako okulaba nga omwana we eyali omugezi ennyo nga mu buli ngeri yali asuubirwa kuyitira waggulu nga mulamu bulungi okukisanga nga yali alina ekimubulako mu ngeri y'ebivaako enneeyisa ye. Yali teyakula mu nneeyisa ey'ebirowoozo. Abazadde abamu bayinza obutakiraba nti abaana baabwe balina ekizibu mu mbeera y'ebirowoozo, naddala omwana bw'aba akola bulungi ku ssomero era nga talina kikyamu ku mubiri ne mu magezi. Ekituufu kiri nti ayinza okubeera nga y'omu ku basinga mu kibiina, naye nga alina ekimubulako mu mbeera z'ebirowoozo. Okulabula oba okwogera kuyinza okuva mu basomesa, ab'emikwano, oba abooluganda, era abazadde abalina okubaako ne kye bakolawo okulabula kuno balina okukutwala nga kukulu nnyo.



**Maama omu agamba bw'ati: "Tusula mu kitundu ekimu ekirungi ku njegoyego z'ekibuga, abaana baffe baasomera mu masomero agasinga obulungi, era twamala ebiseera bingi n'abaana nga amaka: nga tugenda mu nsiisira, tuseeyeerera ku muzira, era nga tuwuga. Mutabani waffe kati ali mu kkomera. Lumu, ekiro, yakwatibwa mu kumenya edduuka mu kitundu eritunda ebibala ne bamukuba essasi mu kugulu. Twakoma okwebuuza kiki ekitagenda bulungi. Alina emyaka abirimuesatu, era yatwalirizibwa amayengo g'emikwano egy'abavubuka abaasalawo nti balina okubba ekiro kimu."**

Essuula eno etunuulira ekiyinza okukolebwa ebintu bwe biba tebitambula bulungi. Kisingako essira okulissa ku ngeri y'okukwatamu ebizibu okusinga amaanyi okugassa ennyo ku byayita oba okwebuuza wwa we twakolera ensobi nga abazadde. Mu ngeri y'emu etunuulira eky'obusungu, okwesunguusula, okucunya, n'enneeyisa embi ey'abavubuka abatiini. Era etunuulira empuliziganya eteri nkugire nga ekkubo ekkulu eriyinza okugonjoola ebizibu ebiba biguddewo. Tewali buzibu, ne bwe buba bunene butya, obutayinza kugonjoolwa. Ebintu bwe byonooneka, ate nga emikisa mingi nti bijja kwonooneka, kino tekirina kumala gatwalibwa nga okulemererwa ku ludda lw'abazadde. Si tteeka nti eba nsobi yo oba ensobi eŋŋenderere okuva ku ludda lwo. Mutabani wo oba muwala wo akyukakyuka, era ekiseera okujjulukuka okuva mu buto okufuuka omuntu omukulu kuleetawo obutakwatagana. Tolina kwesalira musango oba okugusalira munno. Abazadde tebeetaaga kwekubagi-

za n'ebizibu byonna obuzadde bye buyitamu. Enkonge ziyinza okuvvuunukwa n'obuzadde obulungi, era buyinza okuba era buba bujja kuba ekintu ekisanyusa nga kiyitiddwamu. Essuubi ly'omuntu n'essaala ze, wamu n'okufuna okumanya, obukugu, n'okuluŋŋamizibwa okuva ku bazadde abalala, bintu ebirina okufunibwa okusobola okutuuka ku buwanguzi.

## Obusungu, Okwewaggula, Okwesunguusula, N'amaziga

Abaana bayiga era ne bakula buli kiseera, era ekimu ku bintu bye baba ab'okulozaako kwe kufugibwa abazadde n'amaanyi gaabwe. Luno luyinza okufuuka olutalo lwa buli muntu ky'ayagala. Tewali kusomesa ne bwe kwenkana wa okuyinza okuyimiriza abaana ab'omutwe omunene, ababa bajja okuleekaana batabule ennyumba yonna bwe baba basobola okufuna kye beetaaga mu ngeri yaabwe; oba abayinza okukaaba olutatadde okutuusa lwe bafiibwako. Abazadde bayinza okutuusibwa ku ddaala ly'okutonnyesa amaziga, era nga ekintu ekyangu kwe kuta ebintu. Kino ky'ekintu ekikyamu okukola, kubanga, gye biba bijja okuggweera, akakodyo kaba kajja kukola buli omwana w'aliba ayagala okufiibwako. Okuwoggana, okukuba, n'okukaka abaana nabyo te-bigonjoola kizibu.

Eky'okukola kwe kukozesa ekkubo ery'amagezi ery'okugunjulamu eriba lijja okusomesa abaana okuwa ekitiibwa amateeka go n'okufuga awaka okukuleka mu mikono gyo.

### AMAKUBO AGAMU AG'OKUGUNJULA OMWANA OW'OMUTWE OMUNENE

*Okugunjula kwongera ku mutindo gw'empisa, okubonereza kussa wansi omutindo gw'empisa.*

- Yogera mu ddoboozi eryabulijjo, nga bw'onogaanya ebiyinza okuva mu kweyisa obubi. Omwana essira alina kulissa ku binaava mu kujeema. Kino bwe kitakola, olwo amakanda gasse ku ddoboozi ne ku kutunuulira omwana mu mmunye. Lino ly'ekkubo eritandikirwako nga tewannaba kikolebwa. Kozesa eddoboozi eggumu, erikkakkamu, era toleekaana yadde okuboggola.
- Leka omwana amanye nti ky'oyogera okitegeeza era mutunuulire butereevu mu mmunye. Mujjukize emirundi egiwera mpolampola era mu ngeri ennambulukufu. Bw'atawuliriza, musemberere, nga bw'ogenda mu maaso n'okukozesa eddoboozi erikkakkamu n'akumutunuulira obutereevu mu mmunye. Ddamu era mu ngeri enzikakkamu.
- Kino bwe kitakola, olwo kozesa etteeka ly'okulaga ebivaamu: omwana muwe olukalala lw'ebintu ebiba bijja okuzuuka (ebinaa vaamu) singa tebawuliriza. Ebinaavaamu biteekeddwa okuteekebwa mu nkola bisobole okuweebwa ekitiibwa, ekitali ekyo abaana baba tebajja kukutwala nga ategeeza ky'oyogera ne bw'obalabula otya. Bwe baba baleekaana, nga bawoggana, nga balaga obusungu, naawe teweeyisa mu ngeri y'emu. Omwana mutegeeze mpola ebinaava mu nneeyisa ye era okakase nti ategedde gy'alina okukoma mu kugonda. Muwe ekiseera okukolera ku ky'ogamba, era togezaako kwagala akolerewo. Kino bwe kikolebwa, tambula oveewo.
- Waliwo "ebivaamu" bingi abazadde bye bayinza okukozesa. Londoola abaana bo, manya biki bye basinga okwagala, era biki ebikola amakulu amangi gye bali, obiwambe okumala akaseera. Kiyinza okuba ekyokuzannyisa kye basinga okwagala, oba olugendo lwe baagala ennyo. Omwana bwe yeetonda oba n'akkakkana, musasule n'okumulaga omukwano omungi olw'okuba omulungi. Omwana bw'agenda mu maaso n'okweyisa obubi, ekibonerezo oyinza okukigobererezaako ekirala osobole okunyweza ky'ogamba.
- Teekawo "ekifo ekibi" omwana w'ayinza okubeera nga ggwe eno bw'ogenda mu maaso n'emirimu gyo nga totawanyizibwa, okutuusa omwana lwe yeetonda. Bwe yeetonda musonyirewo weerabire mangu ebibaddewo okusobola okukyusa embeera. Ekirowoozo kye "ekifo," kino erinnya lyonna ly'oba osazeewo okukiwa kwe kuba nga

ebirowoozo kibijja ku mwana olwo n'awulira nga aggyiddwako eddembe ly'okubeera n'abalala. Ekiseera kino si kya kunyumizaamu, omwana yeetaaga okulekebwa yekka. Ekifo kino ky'oba olonzeewo kirina okuba nga tekizzaamu maanyi oba ekisirifu, naye nga si ky'ekisenge ky'omwana. Bw'ateekebwa mu kifo kino, pima ekiseera ky'ateekeddwa okubeerayo. Bw'agezaako okwogera mu kwewolereza oba mu busungu, tokifaako.

- Abaana basasule bwe beeyisa obulungi. Tobagula nga oyagala beeyise bulungi oba bwe beesunguusula. Eno enkola si nnungi abaana mwe batayinza kuba na kyamugaso kye bayigamu.


## Okutulugunya (ku ssomero): Omwana wo Naawe

Okutulugunya kuyinza okuba ne kye kukola omwana w'omuntu yenna era okulaba obubonero bw'okutulugunya nga obudde bukyali kiyinza okuwonya omuntu okulumwa mu mutima n'ebirowoozo okwennyika. Okutulugunya kuzuuka omwana bw'akijjanyizibwa, n'akyokoozebwa oba n'alumbaganibwa. Abazadde beetaaga okubeera obulindaala kubanga abaana bangi bwe baba batulugunyizibwa batya okubuulira bazadde baabwe. Labuukirira enneeyisa y'omwana wo eteri yaabulijjo ogikoleko mu bukkakkamu bwe wabaawo ekintu ekikyamu. Omukutu gwa yintaneti (http://www.bullying.co.uk), kifo ekikola ku kutulugunyizibwa. Gugamba bwe guti, Abaana nga 16 mu UK betta buli mwaka olw'obulwadde bw'ebirowoozo obuva ku kutulugunyizibwa. Amasomero gaabwe bulijjo gagamba nti tegalina kye gamanyi ku biki ebibadde bigenda mu maaso. Naye abatulugunya bamanyi bulungi bye babadde bakola ne mikwano gyabwe nagyo giba gimanyi. Kiba kikeerezi okwejjusa omuntu nga amaze okufa, oba n'atuusibwako obuvune obw'amaanyi obwetaagisa okugenda mu ddwaliro okujjanjabibwa".

## Omwana Wo Bw'aba Atulugunyizibwa, Kiki Ekiddirira?

Abaana abasinga obungi baba tebajja kwogera ku kutulugunyizibwa. Engeri abazadde gye bakwataganyaamu ensonga eno nkulu nnyo, n'olwekyo obutava mu mbeera oba okubuuza omwana akana n'akataano ky'ekisumuluzo. Okubuuza omwana ebibuuzo nga "essomero libadde litya olwaleero?" kuyinza okuyamba okuggya ku mwana amawulire amakulu. Wabula abaana bangi bayinza obutayagala kwogera ku bintu bwe bigenze ku ssomero ku lunaku olwo era ne balaba okubabuuza nga okubayingirira. Okulaba enneeyisa eteri yaabulijjo kiba kikulu.

Abaana beetaaga okuwulira muli nga batebenkevu era nga tebalina kye batya okusobola okwogera ne bazadde baabwe ku bintu okugeza okutulugunyizibwa, oba ebintu ebyabulijjo ebitabasanyusa mu bulamu bwabwe. Empuliziganya eteriimu kutya nkulu okuteekebwawo mu biseera ebisooka eby'obuto bw'omwana. Okubeera n'enkolagana enzigule bw'etyo n'abaana bo ebasobozesa okwogera nga tebatidde ku bintu bye batya n'okuwulira muli nga basobola okukutuukirira bwe baba balina ebizibu, ekyo ne kirokola ku biseera n'amaanyi. Okulagira omwana wo okukubuulira "ekitagenda bulungi" kiba tekijja kuvaamu bibala omwana bw'aba tawulira mirembe kwogera naawe ku nsonga ezo.



EKIBANJA KYA 'BULLYING ONLINE' KU YINTANETI KYAKOLA OLUKALALA OLULIKO OBUBONERO OBUMU OBULAGA NTI OMWANA WO ATULUGUNYIZIBWA BANNE.

| | |
|---|---|
| • Ebyambalo ebiyulise | • Okulumbagana baganda be ne bannyina |
| • 'Okubulwako' sente | • Okutandika okukola obubi ku ssomero |
| • Okukyawagana n'egyali mikwano gye emirungi | • Obuteebaka bulungi |
| • Olukaalikaali n'okufuna obusungu obwamangu | • Okweraliikirira |
| • Okubeera omusirise era ali mu birowoozo | • Okudda eka n'embale era nga awulubadde |
| • Okwagala bulijjo okusigala awaka | • Okusaba ebintu ebibbiddwa okuddizibwawo |

AMAKUBO MANGI AGAYINZA OKUKOZESEBWA KU BIKWATA KU KUTULUGUNYIZIBWA

• Amasomero agasinga obungi gaateekawo enkola ey'okulwanyisa okutulugunya. Okutuukirira essomero omwana wo mw'asomera ly'ekkubo eririna okutandikirwako. Okutegeka ensisinkano n'omusomesa w'omwana wo okukubaganya ebirowoozo ku nsonga eno ly'ekkubo eriddirira.

• Toyigiriza mwana okwesasuza, kubanga gye biggweera, kuno tekuba kugonjoola kizibu wabula ate kuyinza okuvaamu emitawaana emirala. Okukuba omuyizi omulala tekulabika kumalawo kizibu, ate kiyinza okuleetera omwana wo okuwummuzibwa oba okugobwa mu ssomero.

• Sigala nga oli mukkakkamu nga omuzadde, era tokubagana, oba okwanguwa okutuukirira abazadde b'omwana atulugunya omwana wo. Wadde nga kino omuzadde ky'atera okusookerako okukola, ebiseera ebimu kyongera kwonoona bintu. Kiba kisingako abakozi ku ssomero be baba batuukirira abazadde b'omwana eyakoze eky'okutulugunya.

• Yogera n'omwana wo buli kiseera n'essomero okulaba oba okutulugunya kwayimirira. Bwe kuba tekuyimiriranga ddamu oyogere n'abakulu b'essomero.

• Yamba omwana wo okufuuka omugumu eri okutulugunyizibwa nga azimba okwekkiririzaamu kwe. Okugenda mu bibiina by'okutendekebwa okulwanyisa emikono n'amagulu n'okuyiga okwerwanako biyinza mu kino.

• Somesa omwana wo amakubo g'okwetaasaamu. Musomese engeri y'okunoonyaamu obuyambi okuva mu bantu abakulu bw'awulira nga atiisibwa munne atulugunya. Yogera ku ani gy'ayinza okuddukira amuyambe era omuddiremu kiki ky'ayinza okwogera. Kakasa omwana nti tateekeddwa kuwulira nga omusango gwe gusinga.

• Saba abasomesa okufunira omwana wo ebintu by'ayinza okukola mu kiseera ky'okuwummulako ne mu kiseera ky'ekyemisana mu kifo ekitaliimu mutawaana.

• Weebuuze ku mitimbagano gya Yintaneti oyige butya abazadde abalala bwe baakola n'amakubo ge baakwata. Okugeza omutimbagano (http://www.stopbullyingnow.hrsa. gov).

## Abavubuka (abatiini): Obutakkiriziganya na Kirowoozo Eky'emyaka Gy'ekivubuka

Emyaka gy'okuvubuka giyinza okubeera egy'okusoomooza mu kukuza abaana. Dr. Imad al-Dean Ahmed agamba nti mu mbeera eyeetoolodde omwana ey'okwetongola, abaana abali mu myaka egy'okuvubuka bayinza okubeera abakulembeze. Emyaka gy'okuvubuka giyinza okunnyonnyolwa nga "ekiseera ekiri wakati w'okulaga obubonero obusobozesa omuntu okuzaala n'emyaka gy'obukulu". Awamu n'ekyo, mu bitundu ebyenjawulo eby'abantu abedda, okutuuka emyaka egizaala kwabalibwanga nga entandikwa y'obukulu. Eddiini ezassibwa kino zaakiteeka mu kusinza kwazo n'amateeka. Mu Buyawudi, omuvubuka nga akuba ekirayiro alangirira nti, "Olwaleero, ndi mu-

sajja." Mu Busiraamu, omuwala afuuka omukazi bw'atandika okusuulumba era okusaala kutandika okufuuka etteeka ku muntu atuusizza emyaka gy'okuzaala. Emyaka egiri wakati w'okutuuka okuzaala n'obukulu kiseera abavubuka abatandise okukula mwe beetaagira okuweebwa obuvunaanyizibwa okubayamba okufuuka abakulu mu birowoozo ne mu mubiri.

Mu kakyo kano, okugenda mu ssomero okwabonna kwasikira enkola y'okuyigira ku mulimu okwaliwo mu biseera ebyedda. Okusobola okukaka abantu okubeera ku nkola y'okubeera mu ssomero, kyetaagisa okuziyiza embeera y'okweyisa nga abakulu. N'ebifo byokka omutendekerwa abantu ku mulimu mu bifo bingi tebikkirizibwa okutuusa nga ekiseera ekimanyiddwa eky'okubeera mu ssomero (nga gy'emyaka 17 – 18 egyobukulu). Okukaka abaana okubeera mu nkola y'essomero okwadda mu kifo ky'abazadde kyetaagisa okwefuula nti abaana abavubuse baba bakyali baana mu kifo ky'okubabala nga abantu abakulu abatannatuuka. Ekirala ekyateekebwa mu mateeka, nga kigenderere, ky'ekyokuba nti abaana bonna bakula nga bawezezza emyaka 18 oba 21. Ekituufu kiri nti, abaana bakula mu mubiri nga bawezezza emyaka 19, wadde nga bakula mu mutwe (kutegeera) mabega nnyo, ate nga mu nneeyisa, abantu bayinza okukulira ku myaka egyawukana ennyo (nga n'abamu balabika obutakulira ddala).

Mu biseera ebyayita, okukwata abaana abavubuse nga abantu abakulu kyawagiranga obusobozi bwabwe obw'amagezi n'obukulembeze ne kyongera amaanyi mu kukula kwabwe mu birowoozo. Enkola eriwo kati, ey'okukwata abantu abavubuse nga abaana abato, kyongera maanyi mu buteetengerera kuva ku bazadde baabwe era ne kimalamu amaanyi mu kwewulira kwabwe nga abantu abalina omugaso. Mu bantu ab'edda, abantu abalina emyaka 15 beetabanga mu kusomesa, mu kukola bizinesi, mu bikolebwa abatuuze ebyenjawulo, mu ntalo, era ne bafuuka abafumbo. Mu bantu b'omulembe guno, ab'emyaka egyo bayisibwa nga abaana abato. Olw'okusoma okwaddala bateekeddwa okulinda okutuuka mu matendekero amakulu, bwe kitaba kulinda kumalako matendekero agasomesa abalina diguli.

Okulindiriza kuno okuwa abantu abakulu abavubuse obuvunaanyizibwa kirina kinene kye kikosa. Ky'ekivuddeko ebizibu ebingi abantu bye balimu ebikwata ku bantu baabwe abavubuse. Okusookera ddala, si buli muntu avubuse nti asaanidde okusoma. Waliwo okutamwa kungi okuva mu bantu abavubuse bangi enkola y'essomero mwe bakuumirwa. Abo abasaanira okubeera mu ssomero batamwa nnyo okuyisibwa nga abaana abato. Abo abagaanibwa okusuubula mu mateeka okutuusa lwe baweza emyaka 16 beetaba mu busuubuzi obutatambulira ku mateeka (okugeza okusuubula enjaga n'ebiragalalagala). Abo abaalinoonyezza ekifo kyabwe mu bantubalamu bayinza okwenoonyeza ebifo mu bibiina by'abamenyi b'amateeka. Abo abaalikoze obulungi mu misomo egitali mitongole nnyo oba emisomo egyawaggulu bayinza okutuula mu kwekyawa mu bibiina by'amasomero. Bangi basangibwa n'obulwadde obwa "obutali butereevu obuva ku butafiibwako nnyo" kubanga ebirowoozo byabwe biba tebiteredde wamu (nga essira tebalitadde ku biba bibaweereddwa ku ssomero bye basanga nga tebizzaamu maanyi n'akatono okutwaliriza ebirowoozo byabwe).

Okwongereza ku ekyo, abavubuka abasajja n'abakazi, abaalibadde mu mulembe omulala, nga obutonde bwabwe obulina kye bwetaaga babumalidde mu bufumbo obutukuvu, tebeeziyiza kuzaala olw'okuba nga balina okulindako eby'okuyingirira obufumbo, wabula bafuna baana wabweru w'obufumbo – oba ne beewala okuzaala abaana nga bayita mu kugenda mu bulwaliro okuggyamu embuto.

Eddagala ery'okuvumula ebizibu bino mu mateeka liri bweru wa kitabo kino. Wabula, kikulu nnyo eri abazadde obutakola nsobi abantu ze bakola mu kakyo kano. Abantu abakulu abavubuse tobayisa nga abaana abato. Bayise nga bwe waaliyisizza abantu b'okola nabo mu kifo mw'okolera. Beera nga omanyi nti beetaaga okuluŋŋamizibwa n'obumanyirivu, naye okubeera mu kiseera ky'ekimu nga bamanyi nti beetaaga okuteekebwamu

ekitiibwa, obuvunaanyizibwa, n'okuweebwa amagezi. Bawagire okutwala obuvunaanyizibwa obungi nga bwe kisoboka. Bawe n'obumu ku buvunaanyizibwa obw'ebyensimbi: Omulimu gw'oku Lwomukaaga, oluusi, bamanyiira ensi y'okukola n'okufuna mwe baggya ensimbi.



## Obusungu mu Bavubuka Baffe (Abatiini) Ne Mu Ffe

**ANGER (EKITEGEEZA OBUSUNGU) ENNUKUTA EMU Y'EKYAWULA KU DANGER (OMUTAWAANA)**

Obusungu mu baana abavubuse oboolyawo nga y'enneeyisa esinga obuzibu okwaŋŋangibwa abazadde. Linda Lebelle (Focus Adolescent Services) annyonnyola era n'alandulula ensonga eyo, nga akozesa ebyokulabirako bino ebibiri wammanga okulaga ensonga eyo:



Ekyokulabirako 1: Karen ali mu ddaala eryomwenda (alina emyaka nga kkumineetaano) era abadde awulira nga tewali kikyetaagisa kubeera mu ddaala eryo. Ne bw'agezaako atya, alaba takyagya mu ddaala eryo. Eggulo yagezezzaako okwetaba mu muzannyo gw'essomero, naye bwe yayimiridde ku siteegi, ekyokukola kyamubuze n'ayimirira buyimirizi mu makkati g'okumugezesa okuzannya ekitundu kye. Kati, buli omu ku ssomero ateekeddwa okuba nga akimanyi era Karen akakasa nti bamusekerera. Talibamanyisa butya bw'awulira obubi munda. Amanyi kye balowooza era batuufu – si mulungi ekimala era talisobola kutuuka ku mutindo. Bonna Karen yabakyawa.

Ekyokulabirako 2: Chris yakuba ekikonde mu kibatu nga ali mu kisenge mw'asula. Naye ekyo tekyamumalira. Yakwata akakebe ka sooda gwe yali anywa n'akakasuka mu lukuubo. Sooda owaakitaka anaanuukamu yakulukutira ku bisenge n'asaasaanira ne ku kiwempe. Yalekaanira waggulu nga bw'agamba nti, "Toyinza kunkaka …!" "Sirina gyendaga naawe! Nja kukola kye njagala!" Chris yakkirira ku madaala era n'afuluma nga ayita mu wankaaki. Kitaawe yamugoberera, nga bw'amuleekaanira adde mangu mu nnyumba, naye yali amaze okuyingira mu mmotoka ye era

nga yagivulumudde dda. Chris yali awulira bubi eri kitaawe. Yalina ebintu ebisingako obulungi bye yali asobola okukola okusinga okugenda okukyalira abooluganda. Ye ne mikwano gye baali balina enteekateeka, era kitaawe yali tagenda kuddukanya bulamu bwe. Yamanya nti yali waakuwulira bulungi bw'afuuweeta ku njaga.

*Abantu bano ababiri kiki ekibagatta?*

Balwana n'obusungu. Tebafuna kye beetaaga era ebintu tebitambula nga bwe baalirowoozezza. Bawulira obutali bumativu bungi oba obutakwatagana n'omuntu oba ekintu ekibaleetera okumanya nti bulijjo ebintu tebiri mu mikono gyabwe.

*Obusungu ngeri omuntu gy'awuliramu, sso si nneeyisa gye yeeyisaamu.*

Obusungu bulina engeri nnyingi – okuviira ddala ku kukwatibwa obusungu n'okutamwa okutuusa ku kwagala okwabika n'okulaga essungu – era okulaga obusungu buno – enneeyisa – kwe tulaba. Karen afuga obusungu bwe era ne yeesamba abalala. Chris takkiriza era n'ayonoona ebintu. Baba bajja kugenda mu maaso n'enneeyisa yaabwe, eyinza n'okweyongera okubijja, okutuusa lwe balisalawo okwetunulamu ekiviirako ddala obusungu bwabwe.

*Obusungu buyinza okubeera obw'omutawaana ku bulamu.*

Obusungu nneeyisa etiisa. Endaga yaabwo embi eyinza okuzingiramu ebikolwa n'ebigambo eby'obukambwe eyeeyoleka, ebikolwa eby'obukyayi, okuwaayiriza, enneeyisa eteri ya mu bantu, okujerega, okukozesa ebiragalalagala, okwesamba abantu, n'obutaba mutereevu mu mutwe. Kino kiyinza okwonoona obulamu, ne kyonoona enkolagana n'abalala, ne kirumya abalala, ne kikonzibya emirimu, ne kiremesa okulowooza okulungi, ne kikosa obulamu, ne kyonoona n'ebiseera eby'omumaaso.

Naye waliwo oludda olulungi; buyinza okutulaga nti waliwo ekizibu, kubanga obusungu kintu ekirina kwe kiva ekireetebwa okutya. Buyinza okutuyamba okugonjoola ebintu ebitakola mu bulamu bwaffe ne butuyamba okweŋŋanga ensonga zaffe ne tukola ku nsonga eziri emabega w'obusungu, naddala:

**ENSONGA EZIREETA OBUSUNGU**

| | | | |
|---|---|---|---|
| **Okubasobya** | **Okweraliikirira** | **Okukozesa ebiragalalagala** | **Ennaku ku mutima** |
| **Okulwala ebirowoozo** | **Ettamiiro** | **Ekyekango (entiisa)** | |



## Okubeera Omuzadde Ow'omuvubuka (Omutiini) Aliko Obusungu Naffe Kutukwasa Obusungu

Abatiini boolekera ebintu bingi ebikwata ku nneeyisa. Boolekera ebibuuzo ebya kiki kye bali, okwawukana, enkolagana n'abalala, n'ekigendererwa. Enkolagana wakati w'abatiini ne bazadde baabwe nayo egenda ekyukakyuka abatiini bwe bagenda beeyongera okwetongola.

Kino kiyinza okuleeta okulemesebwa n'okusoberwa ebireeta obusungu n'embeera etekoma ey'enneeyisa ey'okwesasuza ku bazadde n'abatii-

ni. Okuggyako nga tukoze eky'amaanyi okukyusa enneeyisa eyaffe, tetusobola kuyamba batiini okukyusa eyaabwe. Twetaaga okubaako kyetukolera buli mbeera mu kifo kyabuli omu okusasula omulala n'embeera. Ekigendererwa si kuzibiikiriza busungu, wabula okufuga enneeyisa eyo n'okugiraga mu ngeri efuga embeera.

## Kiki Kye Tuyinza Okukolera Abavubuka Baffe (Abatiini) Naffe Okwekolera?

Wuliriza omutiini wo era essira olisse ku ngeri gy'awuliramu muli. Gezaako okutegeera ensonga okuva ku ludda lw'omwana; beera eyessa mu kifaananayi kye. Okunenya n'okussa omusango ku mwana byongera kuzimba bisenge era ne bikomya empuliziganya yonna. Babuulire bw'owulira muli, koma ku bintu ebiriwo, era okole ku kiseera ekiriwo. Laga nti ofaayo era olage omukwano ewuwo. Ssaawo embeera buli omu mw'abeerera omuwanguzi. Jjukira nti obusungu tebulina kuvaamu nneeyisa erimu okulaga obukambwe.

Noonya obuyambi obw'ekikugu ku mutiini wo, ggwe, n'abantu b'omu maka go bwe wabeerawo ebintu ebiraga obukambwe, obulumbaganyi obutakoma, obulwadde bw'ebirowoozo, oba okutya nti wayinza okubaawo okugezaako okwetta.

## Egimu Ku Misingi Egy'empuliziganya Ennungi

Mu nsi ey'ebirooto buli kintu kigenda bulungi era okusinziira ku nteekateeka: mu nsi eyaddala ebintu bigenda bubi. Ebiruubirirwa abazadde bye baba bajja okuteekawo, emisingi gye baba bajja okukozesa, n'okulafuubana kwe baba bajja okuteeka mu maka, biba bijja kulema, okuggyako nga waliwo empuliziganya ennungi. Ebintu bwe bigenda obubi tokkiriza madaala ga busungu, okulemesebwa oba okuggwaamu amaanyi okulinnya. Lowooza mu kimpoowooze ensonga nga bwe ziri era okozese empuliziganya ennungi.

Waliwo emisingi egimu egy'empuliziganya ennungi egiyinza okukozesebwa. Gino giba gijja kugonjoola okwesunguusula okw'obusungu kungi n'entalo z'omu maka eziba zijja okutandika okweyoleka abaana nga tebannatuuka mu myaka egigenda ku ssomero, bwe batuuka mu myaka egigenda ku ssomero, n'oluvannyuma bwe batuuka mu myaka gy'obutiini.

Leka abaana bo boogere era obawulirize awatali kubalaga nti bye boogera byakito oba obutaba mugumiikiriza. Bawagire okwogera ku lunaku lwabwe nga bwe lugenze, okunyumya emboozi, oba okwogera ku kizibu kyonna. Gezaako obutabakutulamu mu bye boogera. Engero n'enfumo ezedda (omwo omwayogererwanga emboozi n'okukubaganya ebirowoozo ebyali ekitundu ku bulamu bw'abantu n'amaka) kati byasikizibwa bintu ebirabwa olwaleero (TV, filimu, n'emizannyo gya vidiyo). Okwogera kulina emigaso mingi; kuwa abaana okwekkiririzaamu mu kweyogerako, kubafuula aboogezi abalungi, era ne kubasigamu obusobozi obw'obutonde okukubaganya ebirowoozo ne bazadde baabwe ku nsonga ezitaliimu makulu n'enkulu ennyo. Wadde nga ggwe nga omuzadde bulijjo oba okooye era nga oba ojja kukisanga nga kizibu okwogera, awamu n'ekyo, okwogera kulina omugaso era kusaanidde. Omwana gw'oyogera naye aba ajja kukula akolagane naawe nga omuntu okusinga okwogera naawe nga omuntu abawa obuwi eby'okulya n'ebyokwambala. Kiba kijja kusobozesa abaana okuwulira nga balina akakwate ku bazadde awaka. Empuliziganya ennungi eba ejja kusomesa abaana enneeyisa n'okussa mu balala ekitiibwa ebyetaagisa nga bakolagana n'abalala, naddala okussa ekitiibwa mu muzadde. Abaana tobakkakkanya, oba okubafuula abasiru. Weegendereze enneeyisa yo: erina okubeera ey'obwetoowaze, ewuliriza, era efugibwa. Ekigendererwa kwe kufuula abaana abekkiririzaamu era abawulira emirembe, (engeri ebbiri ez'obuntu ze baba bajja okugenda nazo mu bulamu bwabwe obw'obukulu).

**Abalala tubavunaana "okwogera ennyo," naye abaffe twali tubavunaanye "okuwuliriza ennyo?" Okuwuliriza kutegeeza kufa ku balala. Gye tukoma okwogera ennyo, abaana baffe gye bakoma okwanguwa okukoma okutuwuliriza.**

Ggwe oba otandika okukubaganya ebirowoozo n'abaana bo mu ngeri ey'ekisomi. Kubaganya ebirowoozo ku nsonga era ogeraageranye ebirowoozo ebyenjawulo. Kino kijja kusomesa abaana okulowooza okusunsula era kubawe omuzinzi ogw'amagezi. Tonyooma magezi g'abaana oba okugoba ebirowoozo byabwe ku nsonga yonna.

Ekiseera ekirungi okwogereramu ky'ekiseera ky'ekyemisana. Abazadde bwe batandikawo empisa y'okuggyako terefayina, n'okuliira awamu emmere ku mmeeza oba wansi, baba bajja kufuula obulamu obwangu abaana bwe bagenda bakula. TV etwaliriza ebirowoozo era ne yeekiika mu kwongera amaanyi mu nkolagana, naddala mu biseera by'okulya emmere, nga ako ke kakisa akalungi ak'okutandikawo n'okufuna olujegere oluyunga amaka. Tolemererwa kufuga embeera nga oyita mu kulemererwa okufuga obusungu, oba okukozesa obukodyo bw'okutiisa abaana osobole okubafuga. Kisingako okwewala okuwuliziganya okutuusa nga okkakkanye obusungu.

Kikyazuulwa, ne mu kyasa eky'amakumi abirimukimu, nga bamaama abamu batiisatiisa abaana baabwe n'ebintu ebikanga (okubaziyiza okukola ebintu ebimu okugeza okufuluma ebweru ekiro). Bamaama baayiiyaayo ebintu ebitiisa (oba ne bawa amajinni ekifaananyi ekitali kyago) nga bagayita amannya agenjawulo (okugeza dujjerah, su'luwwah oba daamiyyah, nga bika bya majinni bye bafumiitiriza obufumiitiriza ebitonde ebyebisse byonna mu lugoye oluddugavu nga birina ebigere nga eby'endogoyi) okukozesa okutya nga ekkubo ery'ofugirako abaana. Wadde nga obukodyo obutiisatiisa bwakolanga okukuumira abaana awaka ekiro era ne batatuukibwako bizibu ku mibiri gyabwe, obukodyo obwo bwazzanga omuliro bwe bwazimbanga okutya okutategeerekeka mu birowoozo by'abaana. Bayinza okukula nga batya enzikiza, okubeera bokka, ebisenge ebifunda, ebisolo, okubwatuka kwa laddu, ebimyanso, n'abantu ab'ebbali. Wadde nga oluvannyuma nga bakuze baba bajja kukizuula nti ebintu ebyo ebitiisa tebyaliyo, obuzibu mu birowoozo n'enneeyisa ne mu mwoyo biba byagwawo dda nga tebikyakyusika. Emu ku nsonga lwaki abazadde beeyuna okukozesa enkola eno kwe kuba nga tebasobola kutaganjula nsonga kugenda wala, ate n'obutaba bulungi na makubo malala agayinza okugonjoola ensonga.

**Yogera n'abaana okusinziira ku ddaala lye balimu, okusinga okubayitirirako nga ekikulekule ky'omuntu. Beera alaga omukwano gyebali, omukono gwo guteeke mpola mu gyabwe bw'oba oyogera nabo, oba bakwateko n'omukwano, olwo babeere nga bawulira olujegere olubayunga naawe, era bafuuke abamanyiira okunnyonnyola kye bawulira munda.**



## Ebyokukola



### EKYOKUKOLA 29: EBIBUUZO ERI ABAZADDE N'ABATIINI N'EBYOKUDDAMU

Eddaala erisooka ery'okutegeera n'okufuga obusungu kwe kwefuuza muli. Abazadde n'abatiini balina okutuula wansi bonna beebuuze ebibuuzo bino okusobola okuleetawo embeera y'okwetegeera. Ekigendererwa wano kwe kutandikawo okukubaganya ebirowoozo sso si kuwa byakuddamu:

Obusungu buva wa?
Mbeera ki ezireeta okuwulira obusungu kuno?
Ebirowoozo byange bitandika na bintu ebisembayo waggulu okugeza "oteekeddwa," "olina," "bulijjo", "togezanga?"
Ebintu bye nsuubira si bya mu buntu? Mbeera ki etennagonjooka gye nnimu kati?
Ekinkozesa ekyo bulumi, kufiirwa, oba kutya?
Mba ntegeera obubonero obulaga obusungu (okugeza okufunya ebikonde, okussiza okumukumu, okutuuyana)?
Nonda ntya engeri y'okulagamu obusungu? Obusungu bwange mbwolekezza ani oba kiki?
Nkozesa obusungu nga ekkubo ery'okwesamba abalala, oba okutiisatiisa abalala?
Nkozesa empuliziganya ennungi?
Essira nditeeka ku kinkoleddwako okusinga ku kiki kye nnyinza okukola?
Nvunaanibwa ntya ku ekyo kye mpulira muli?
Nnyinnyonnyola ntya engeri obusungu bwange gye bweyolekamu? Enneeyisa yange y'enfuga, oba nze nfuga enneyisa yange?

### EKYOKUKOLA 30: EKYOKUKOLA EKY'OKUGONJOOLA EKIZIBU

Kuŋŋaanya abafumbo ba mirundi ebiri oba esatu okukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye mwalikuttemu omuvubuka mu kyokulabirako ekijja wammanga. Bwe mumala mugeraageranye ebirowoozo byammwe n'engeri Nnabbi ﷺ gye yakwatamu ensonga.
Omuvubuka yajja eri Nnabbi ﷺ nga amusaba amukkirize asigale nga ayenda. Basswahaba kino kyabayitirirako era ne batandika okumunenya mu busungu. Kyokka Nnabbi ﷺ yabagamba nti, "Mumundeetere kumpi wano." Bwe yatuula, kwe kumubuuza ebibuuzo bitaano ebiddiriŋŋana bwe biti: "Ggwe [eky'okwenda] okyagala bakikole nnyoko, muwala wo, mwannyoko, ssenga wo, oba nnyoko omuto?!" Ku buli kimu ku bibuuzo ebitaano, omuvubuka yaddangamu nti: "Omubaka wa Allah! Ndayira Katonda, sisobola! Allah anfuule engabo ekutangira!" Nnabbi ﷺ yamuddamu nti, "N'abantu abalala tebaagala kikolebwe ku bannyaabwe, bawala baabwe, baanyinaabwe, bassengaabwe, oba bannyaabwe abato!" Oluvannyuma Nnabbi ﷺ yamussaako omukono n'asaba bw'ati, "Allah, nkusaba omu-

sonyiwe ebyonoono bye, omutukuze omutima, era okuume obwereere bwe." (Ahmad). Omuvubuka teyaddayo kwetantala kufuna kirowoozo kyakwenda!

Nnabbi ﷺ yayogera n'omuvubuka, nga ayita mu kitiibwa kye yeewanga, era n'amuyamba okufuna okwefuga mu mutima. Okutiisa, okuwoggana n'okumutiisatiisa okumussaako ebibonerezo n'Omuliro tebyaliyambye mu mbeera bw'etyo.

Tuyinza okulaba nti ekkubo bwe lityo liraga enjawulo wakati w'okumanya okw'omubitabo n'okutegeera ekugenda ewala okw'ebintu munda ebivaako enneeyisa y'omuntu. Omuvubuka yali anoonya ekiyinza okugonjoola ekizibu kye nga bw'avumbula n'ebikwata ku kwegomba kwe okwegatta n'abakazi. Nnabbi ﷺ teyamubuulira bikwata ku byonoono ebituusa omuntu ku bibonyoobonyo n'Omuliro; wabula, yazimbira ku kitiibwa n'okumanya munda omuvubuka bye yalina. Yakozesa ekkubo ery'ebyomwoyo okutuukiriza ebigendererwa eby'empisa n'eddiini. Kino si kintu ekyesudde, naye essomero ly'endowooza eririna emirandira mu kkubo eddungi erissa essira ku kugonjoola ebizibu eriyamba ku kukula kw'omwana.

# EKITUNDU EKYOKUBIRI

## Okukulaakulana Kw'omwana


ESSUULA 8: Okuzimba Empisa Tekulinda 148

ESSUULA 9: Ekkubo Erituusa Ku Mwana Omulamu: Endiisa, Okukuba Dduyiro, N'otulo Otumala 173

ESSUULA 10: Okuyonsa 211

ESSUULA 11: Obwongo Bw'omwana: Bukozese Oba Bufiirwe! 230

ESSUULA 12: Okukuza Abaana Abalenzi N'abawala: Balina Enjawulo? 247

ESSUULA 13: Okwegatta N'okugunjula Mu By'okwegatta: Kiki Kye Tulina Okubuulira Abaana Baffe? 279





ESSUULA 8

# Okuzimba Empisa Tekulinda


- Ebyanjula 149
- Emitendera Gy'okukula 151
- Enjigiriza Ku Nneeyisa Z'abantu Zineesigika Kukoma Wa? 151
- Emitendera Gy'okukula Kw'omuntu Mu Kalaane 153
- Ekyamagero Ky'okufuna Olubuto, Okubeera Olubuto N'okuzaala 155
- Emitendera Egyenjawulo Egy'okukula Kw'omuntu Okuva Lw'azaalibwa Okutuusa Lw'akaddiwa 156
  - *Okuzaalibwa – Emyezi 4* 156
  - *Emyezi 5-18* 157
  - *Emyezi 18-36* 158
  - *Emyaka 4-7* 160
  - *Emyaka 7-14* 161
  - *Emyaka 11-13: Abawala Okugenda Mu Nsonga* 162
  - *Emyaka 13-15: Abalenzi Kwe Bafuukira Abasajja* 163
  - *Emyaka 14-21* 164
  - *Okutegeera Abatiini* 164
  - *Emyaka 21-40: Abavubuka Kwe Bafuukira Abantu Abakulu* 167
  - *Emyaka 40-65: Emyaka Egyawakati* 168
  - *Emyaka 65 N'okusukkawo: Shaykhukhah (Okukaddiwa)* 168
- Okuganyulwa Mu Mitendera Gy'okukula *169*
  - *Okuyonsa Mu Myaka Ebiri Egisooka* 169
  - *Okwagala N'okutya Katonda* 169
  - *Okukwata Eby'okuyiga Ku Mwoyo* 169
  - *Emirimu Gya Da'awah* 170
  - *Okwegendereza Okunenya Abaana Abavubuse* 170
  - *Okuzimba Okwetegereza Mu Mwana Kwongerwemu Amaanyi* 170
  - *Okuyiga Olulimi Olwokubiri 170*
- Okukwata Kulaane Ebuvanjuba N'ebugwanjuba 171
- Eky'okukola 31 172

## Ebyanjula

**Abazadde bwe bassa essira ku kubeera abazadde abalungi; baba beetaaga okutandika okuyiga empisa amangu ddala, anti guno gwe musingi ebintu ebisigadde kwe bizimbirwa. Empeera eneevaamu ejja kuba yaawaggulu ddala.**

OKUZIMBA EMPISA KUTANDIKA mu buto mu myaka omwana mw'atandikira okukula. Mu bufunze emitendera gino egy'omuwendo omwana mw'ayita okukula empisa z'obuntu n'enneeyisa mwe bitandikira okukulira. Ebyembi, emisomo egisinga obungi egitegekebwa okubangula abantu mu by'obukulembeze gitera kuba gya bantu bakulu abato ne balekebwa ebbali. Ebitabo ebyawandiikibwa ku kukulaakulana kw'omuntu mu nsi ezisinga obungi ez'Abasiraamu byonna bitera kuyigiriza bakulu, abasomera mu masomero ga siniya, *kolegi* oba mu matendekero agawaggulu n'okusingawo.

"Okuzimba empisa" kitegeeza ki? Empisa (okugeza, obuzira, okwagala, eddembe, obwesigwa, obuvunaanyizibwa n'obuyiiya) zikola omusingi ogw'obuntubulamu era zitandika okukulira mu muntu okuva mu buto. Bwe ziba zinywedde kiba kizibu okuziggya mu muntu oba okuzikyusa wadde okuzizimba nga amaze okukula zino ze mpisa ezifuula omuntu ky'alibeera mu biseera bye eby'omumaaso, era abazadde balina okutwala obudde okuzizimba nga bafuba nga bwe basobola. Wadde nga okumanya, obumanyirivu n'emirimu gy'omumutwe byonna bikulu mu kuyamba omuntu okutuuka mu bulamu obweyagaza,



naye bisobola okuggya oluvannyuma era ebitendo ebyo bisobola okukulaakulanyizibwa nga n'omwana bw'akula. Biyamba nnyo okulongoosa empisa enkulu ezisookerwako, biruŋŋamya era ne bigasa abantu okuba ab'omugaso era abagezi. Empisa enkulu esookerwako bwe ziba nga zizimba omubiri gw'omuntu, ate obuyigirize n'obukkiriza bizimba omwoyo gwe.

Omuntu omutiitiizi tasobola kukeera nkya nga afuuse omuzira nga maze okukula wabula alina okusoma omusomo ogukwata ku buzira. Bwekityo n'omuntu eyakula nga alina obukyayi tajja kumala gafuuka alina omukwano ogwannamaddala olw'okuba asomye ebitabo ebyogera ku kwagala, okufaayo n'obusaasizi. Omulimba tasobola kukyukirawo n'afuuka ow'amazima era omwesigwa nga awulidde okubuulirirwa okukubiriza amazima. Abantu abasinga obungi empisa zaabwe enkulu ezisookerwako bwe zimala okunywera (eziraga kyebali n'engeri gye beeyisa) kiba kikalubo nnyo okubakyusa oba okubatereeza ekikula kyabwe. Engeri esingayo obwangu era esinga obulungi kwe kuyigiriza empisa ennungi nga bakyali mu myaka egy'obuto nga empisa ezo zitandika okukula

Tuyinza okufuna ebyokulabirako bya Basswahaaba omuli Abu Bakar Asswiddiiq, Umar bin Al-Khattwaab, Khalid bin Al-Waliidi n'abalala. Ebyafaayo byabwe bituyigiriza nti empisa nga obuzira, obwesigwa, amazima n'obukulembeze zonna abasajja bano baazirina era baakula nazo okuva mu buto. Obusiraamu bwazongerezaako bwongereza ne bujjuuliriza. Ku mpisa ezo ennungi ze baalina ez'obuntubulamu. Obusiraamu bwayongerako obukkiriza, amagezi n'okuyiga. Obusiraamu bwabateekamu obugunjufu bwabwo, ne buteekamu entegeera empya, endaba gye baalabamu ensi n'ekigendererwa mu bulamu bwabwe ne bikyuka, obunywevu bw'empisa zaabwe tebwakendeera nga bamaze okuyingira eddiini empya wabula nga beeyongera kubeera na maanyi. Kino Kulaane ekinnyonnyola nga kyasobokanga okutuukibwako Bannabbi n'abantu abalala. Kulaane etutegeeza nti omuntu bw'akula n'aweza emyaka amakumiana (40) Katonda amuwa okumanya n'amagezi.



*Bwe yamala okukakata n'aweza emyaka egy'okutuukirira, twamuwa okutegeera n'okumanya era bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'emirimu emirungi.*
Kulaane, 28:14.

**Ye Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:**

"Abantu balinga byabugagga eby'omuttaka (mu mpisa zaabwe) abaabasinga obuntubulamu mu kiseera ky'obutamanya nga tebannayingira Busiraamu era be babasinga obuntubulamu mu Busiraamu bwe baba bategeera (BUKHARI NE MUSLIM)

Omukungu wa Poliisi omulungi n'omuzzi w'emisango bombi beetaaga okuba n'obuvumu, abavumu era abawulize okusobola obulungi emirimu gyabwe n'okugasa ebibiina byabwe. Wabula enjawulo eriwo nti omukungu wa Poliisi akozesebwa empisa ezo (obuvumu n'obuwulize) olw'okuweereza abantu sso nga omumenyi w'amateeka akozesa empisa ze zimu olw'okukola ebikolobero wadde nga empisa ez'obuvumu n'obuwulize zeetaagisa nnyo, naye ziteekwa okubaamu omulamwa n'omugaso, bwe kitaba kityo olwo empisa ezo ziba zifuuse zaakabi era ez'omutawaana.

Bulijjo Obusiraamu buwa endagiriro ku bintu ebisinga obungi, ate bwe kituuka ku maka buwa endagiriro ennambulukufu era enzijuvu era ne buwa endagiriro ku ngeri omuntu gy'alondamu omubeezi, okwogereza, okutuusiza ddala endagaano y'obufumbo lw'ewandiikibwa (nga mw'otwalidde omulimu ogukolebwa abayima oba abazadde n'abajulizi). Obusiraamu era buwa endagiriro ku by'okwegatta mu by'omukwano, okufuna olubuto, okuluggyamu, okuzaala, okutuuma omwana erinnya, ebikwata ku lulyo oluzadde, okuyonsa, okulabirira omwana, okukola ekiraamo wamu n'okulaga ani alina obuvunaanyizibwa bw'okulabirira omwana, okumuyigiriza, okumutendeka enjawulo n'okufaanana mu kikula ky'obutonde, eddembe n'obuvunaanyizibwa eby'omwana, omwana okuzza omusango, okulabirira bamulekwa, omuntu okukuza abaana abatali babe, ebifa ku kubeera nnamwandu, okukuza abaana n'okubalabirira, okuta omukyala, okumulabirira, ebifa ku kutuula Idda (ekiseera ky'omukyala kyarindiramu bw'aba agobeddwa oba nga afiiriddwako bba), ebifa ku kiseera ky'okwawukana, okugenda mu nsonga ez'abakyala, enkolagana y'abaana abooluganda, okubeera, n'abooluganda olw'ewala, eŋŋanda ez'obuko, bajjajja, abazzukulu, baliraanwa, n'ebikwata ku nnyambala.

Essuula eziddako ziyamba abazadde okussa essira ku kuzimba empisa n'enteekateeka ez'okusomesa omwana.



**OMWANA OMUTO KAKUNIZO AKENJAWULO!**
"Ensi y'omwana yeewuunyisa nga kizibu abantu abakulu okugitegeera. Tetegeerekeka nga yalema abazadde, abakugu, bakakensa, abatendesi, n'abayizi okugitegeera okugimalayo."

(ABU AL HUB 1979)

## Emitendera Gy'okukula

Ekitundu kino kiggya kwogera ku mitendera gy'okukula egyetaagisa era egisobozesa abazadde okutunuulira ensenvula y'okukula kw'omwana waabwe okuva ku mutendera ogumu okudda ku mulala n'okutegeera obulungi ebyetaago ebyeyawulidde ebya buli mutendera. Nga oggyeeko okulaga okukula kw'omubiri n'ebirowoozo we kuba kutuuse, mu myaka gy'okukula kw'omwana, abazadde era bajja kulagibwa engeri gye bayinza okusinziira ku bintu ebiwerako ebikwatagana na buli mutendera olw'okutuuka ku bibala ebirungi ebinaava mu nkuza y'abaana baabwe okulya emmere eba ebaweereddwa bagimalewo naye abaana ne beerema.

Mu biseera ebiddako okwagala okulya kweyongera mu baana ne batandika okulya ennyo mu ngeri ya kyeyagalire. Kino kiba tekivudde ku bazadde kulemerako wabula ku kukula kw'abaana. Mu ngeri y'emu, abavubuka bayinza okwesuulamu jjulume ne batawuliriza bya bazadde baabwe oba eby'abalala. Naye bwe beeyongera okukula enneeyisa eyo ekendeera. Ekyo kiba kiva ku mitendera omuntu gy'ayitamu okukula egy'obutonde. Abasawo bawa abazadde amagezi okumanya ekigenda mu maaso nga obubonero bw'okukula bweyolese. Singa obubonero buno bulema okweyoleka mu biseera we busuubirwa, ekyo kiba kitegeeza nti waliwo ekitali kituufu ku bulamu bw'omwana.

Eky'okwekuumisa ky'omuzadde ekisinga obulungi kwe kumanya ekigenda mu maaso. Tebasaanidde kutya kubuuza musawo waabwe abannyonnyole. Era tebasaanidde kweraliikirira singa omwana waabwe alwawo okutuuka ku buli mutendera gwa kukula mu kiseera ekisuubirwa. Abaana bakulira ku sipiidi yaabwe eyabategekerwa. Naye era enkula eyinza okusinziira ku musaayi era nga kino kyawukana okuva ku buli muntu. Bwe baba baagala okutuuka ku buwanguzi, abazadde basaanidde okussa ebbali ekyo kyebaagala abaana babeere balekere abaana omukisa beesalirewo kyebanaabeera. Naye basaanidde okukwata abaana ku mikono okubatuusa ku birooto byabwe kubanga bantu balala abeetongodde. Abazadde baweebwa amagezi okumanya ebintu nga bwe bitambula mu buttonde era ekyama ekirimu kwe kuba abagumiikiriza.

## Enjigiriza Ku Nneeyisa Z'abantu Zineesigika Kukoma Wa?

Wadde nga Abasiraamu basiima endowooza (enjigiriza) za Ssayikoloje (enneeyisa z'abantu) eziriwo mu bantu olwaleero, bateekeddwa okwegendereza endowooza ezikwata ku kukula kw'omuntu n'enneeyisa ye. Ekyo kiva ku nsonga emu nti enjigiriza ezo zikyukakyuka ate nga abakugu

mu nneeyisa z'abantu (ssayikoloje) baayawukana mu nsonga nnyingi. Abasiraamu tebali mu bubuze, anti balina okuluŋŋamizibwa okw'obubaka obuva eri Katonda. Kino kibakuumira ku kkubo ettuufu ne batalengejjera wakati w'endowooza ezeekuba endobo.

Ekyokulabirako kwe kukaayana okutakoma wakati w'obutonde n'enkuza ne wakati w'obuzaale oba omusaayi n'ekifo omwana mw'akulira. Ebyo bikaayanya abakugu mu nneeyisa z'abantu, omukugu Wright (1998) agamba nti:

> Abayivu mu by'omwoyo bayinza okulekera awo okunoonyereza ku nkuza y'omwana omulungi kwe bamazeemu emyaka ekikumi (100) – si lwa kuba nti bazudde enkuza eyo naye lwa nsonga nti enkuza eyo teriiyo. Abazadde tebalina kyamaanyi kye bayinza kukola ku kukyusa empisa z'obuntu omwana z'aneeyisaamu okumala ebbanga eddene.

Judith Harris (1998) ye yagamba nti; ekitundu kimu kyakubiri (½) ku nneeyisa y'abaana tekirina kakwate na buzaale bwe. Ekifo omwana w'akulira ekisinga obukulu ye bweru w'amaka mw'abeera, eyo abaana gye bafunira empisa za bannaabwe ne bafuna ekifo ekibasaanira n'abantu bwe banaawangaalanga. Bamanyibwa nga bakulembeze, oba abalungi, oba ab'ekyejo oba ab'empisa embi n'enneeyisa zaabwe ez'obuntu ne zitandika okukula. Abazadde bwe baba n'omukisa basobola okutereeza enneeyisa z'omwana mu maka. Naye ate okusukka eka omwana abeera muntu mulala, era eyo ye wasangibwa emirandira gy'omuvubuka ayolekedde okufuuka omuntu omukulu.

Mu butuufu endoowooza ezifa ku nneeyisa y'omuntu ezigamba nti omuntu asobola okukuza omwana n'amufuula omuntu omulungi nga akozesezza ekkubo limu eddungi, ezo si ndowooza ntuufu. Ekituufu kiri nti abatunuulizi b'enneeyisa z'omuntu baakizuula nti abalongo abafaanana era nga bakulidde wamu baawukana ku balongo abafaanagana naye nga tebakulidde



wamu. Enjawukana mu ani yasooka okuzaalibwa oba gwe bazzaako nayo ebalibwa nti nkulu. Abazadde bayinza okuyisa abaana abasinga obuto mu ngeri eyenjawulo, oba bayinza okukyusibwa oba okukosebwa embeera mwe bawangaalidde okugeza, singa batiisibwatiisibwa baganda baabwe abalala. Omwana omulenzi mu kibuga Arkansas mu Amerika yakuba banne ku ssomero amasasi, naye mutoowe nga takola bw'atyo lwaki? Okusosolwa ku ssomero kwe kwamuleetera okuwulira muli nti tayagalwa eka okusinga muganda we? Okuboolebwa ku ssomero kye kyamunyiiza ne kimuleetera obutagasibwa mu ndera gye baamulera sso nga muganda we yagiganyulwamu? Eyo ye ngeri y'okuleramu abaana eteekeddwa okukozesebwa okukola ku byetaago by'omwana ebitali bimu? Oboolyawo tewali muntu amanyi kyakuddamu.

Obubaka bwa Harris obukkirizika kwe kuba nti abazadde batera nnyo okukakasa nti bebavaako enneeyisa ennungi. Naye oluusi ebivaamu biyinza okuba ebirala. Ennaku zino, waliwo enkuza

etali nnungi egenda mu maaso mu kugezaako okutereeza abavubuka abenkana mu myaka abeekinywi.

Abazadde bayinza okukendeeza ku maanyi ge bakozesa – ssaayansi akyalemeddwa okwanukula ebibuuzo bino. Banaalinda kutuusa ddi olwo ssaayansi abategeeze engeri gye banaakolagana-mu n'abaana baabwe. Abantu bateekeddwa okwesigama ku mateeka ga Katonda n'Ababaka be agatakyukakyuka. Kino tekitegeeza kuwakanya njigiriza z'abamanyi b'enneeyisa z'abantu (bannassayikoloje). Naye okunoonyereza okw'amaanyi kulina okukolebwa nga tekulese bweru kuluŋŋamizibwa kw'eddiini kisobozese okuyamba amaka mu nkuza y'abaana. Enjigiriza ezitaava wa Katonda zijja kuleeta obuzibu bungi okusinga emigaso. Ekyokwanukula ku nkuza y'omwana kisinziira ku nkozesa ennungi wakati w'obubaka bwa Katonda ne tugattako okuluŋŋamya amagezi ag'obuntu. Embeera eno eteekeddwa okugenda mu maaso.

## Emitendera gy'okukula kw'omuntu mu Kulaane

Ebiddako ze *aaya* za Kulaane ezikwatagana n'emitendera egyenjawulo egy'okukula kw'omubiri gw'omuntu.

*Omuntu atunuulire (ajjukire) yatondebwa mu ki!*
*Yatondebwa mu mazzi agasambattuka (agajja n'amaanyi),*
*Agafuluma wakati w'omugongo (gw'omusajja) n'amasaabiro (g'omukazi). (Kulaane, 86:5-7)*



*Abange mmwe abantu! Bwe muba mu kubuusabuusa eky'okuzuukira, ddala Ffe twabatonda mu ttaka oluvannyuma (mmwe ne tubatonda) mu ttondo ly'amazzi (agazaala), oluvannyuma mu kitole ky'omusaayi, oluvannyuma mu kifi ekitondeddwako (ebiyungo) n'ekitatondeddwako, tulyoke tuboolese (amaanyi gaffe). Era tuleka mu nnabaana (mu lubuto) kye tuba twagadde okumala ekiseera ekigere, oluvannyuma ne tubaggyamu nga muli baana bawere mulyoke mutuuse ekiseera ky'okunywera (ne musajjakula). Mu mmwe mulimu oyo afa (nga muvubuka) era mu mmwe mulimu oyo azzibwa mu myaka egy'obuteesobola egy'obukadde (n'awutta) alyoke abe nga takyalina ky'amanyi (nga afuuse nga omwana omuto) oluvannyuma lw'okuba nga yali amanyi bingi. Era olaba ettaka nga kkalu (tekusobola kudda kintu). Naye bwe tulitonnye saako enkuba lyenyeenya ne lisituka ne lyeyongera olwo ne limeza buli kkala esanyusa okutuunuulira.*
*(Kulaane, 22:5)*

*Katonda era yabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temulina kye mumanyi. Yabawa amatu n'amaaso n'emitima oboolyawo ne mwebaza.*

(Kulaane, 16:78)

*Katonda ye Oyo eyabatonda nga muva mu bintu ebinafu oluvannyuma lw'obunafu n'abawa amaanyi (nga muvubuse), oluvannyuma lw'okubeera n'amaanyi n'abawa obunafu n'envi (nga mukaddiye). Atonda ky'aba ayagadde era Ye y'amanyi buli kimu alina obusobozi ku buli kintu.*
(Kulaane, 30:54)

*Mazima twatonda omuntu nga tumuggya mu bbumba erigoyeddwa.*
*Oluvannyuma ne tumufuula ettondo ly'amazzi (agazaala) mu kifo ekitebenkevu (nnabaana wa nnyina).*
*Oluvannyuma ettondo ly'amazzi ne tulifuula ekitole ky'omusaayi (ekikutte), oluvannyuma ekitole ky'omusaayi ne tukitondamu ekinyama, ekinyama ne tukitondamu amagumba, oluvannyuma amagumba ne tugambaza ennyama. Oluvannyuma ne tuggyamu ekitonde ekirala. (Katonda) awa emikisa. Ye Mutonzi asinga.*
*Ate ebyo byonna nga biwedde ddala mugenda kufa.*
*Ate nga mumaze okufa ddala mujja kuzuukizibwa ku Lunaku lw'okuzuukira.*

(Kulaane, 23:12-16)

Waliwo emitendera mingi egiyitibwamu okutonda n'okukula ebyogeddwako waggulu. Emitendera egyo giyinza okunnyonnyola bw'eti:

- Enfuufu – ebbumba eddungi. Kino kye kintu abantu mwe baatondebwa, nga ssaayansi bwakikakasa: baatondebwa kuva mu ttaka, era bwe bafa baziikibwa mu ttaka era mwe baliggyibwa nga bazuukira.
- *Nafs Wahidah* – Omwoyo ogumu, muno mwe mwatondebwa Adamu ne Hawa. Kisaanidde okwetegereza nti ekigambo zawju (omugogo) kikozesebwa mu Kulaane nga kitegeeza omu ku bafumbo oba omugogo oba abafumbo bombiriri (omwami n'omukyala).
- Okuzaalukuka – Mu bafumbo ababiri abaasooka, emitendera egyayitibwamu gye gino: Nutfah: eggi erimaze okuwakisibwa (amazzi g'omusajja n'eggi ly'omukazi) → Alaqah: Ekitole ky'omusaayi ekifaanana ekinoso (eddobo) → Mudghah: Omwana ali mu lubuto (kinyama kifaanana nga ekifi ky'ennyama ekigaayiddwa) → Izaman: amagumba → Lahman: (Ennyama) ebikka amagumba.
- Ekitonde ekirala ye mwana ali mu lubuto (olubuto bwe luba luwezezza emyezi nga ena (4) olwo omwana ali mu lubuto akula okuyita mu mutendera omulala ogw'obulamu okufuna ekifaananyi eky'obuntu. Omwana aba takyali kintu buntu, wabula aba afunye omwoyo n'agabana ku bitendo by'abazadde eby'obuzaale. Aba abeegasseeko mu ngeri eyenjawulo nti abeera n'eddembe lye sso tabeera na buvunaanyizibwa ku mutendera guno.
- Omuwere (Tiflan) – Azaalibwa muwere, abeera muntu atalina kumanya era abeera teyeesobola.
- Okumuggya ku mabeere (fiswaluhu) nga wayise ebbanga eritasukka myaka ebiri (2). Omwana omuwere ayonka okumala ebbanga eritasukka myaka ebiri. Okuyonsa kusaana kubeere mu mitendera etaano (5).
- Okuvubuka – Olwo omwana abeera atuuse mu myaka gy'okwelooterera (al-hulum) oba omuwala okugenda mu nsonga z'abakyala. Ebitundu by'omubiri gwe ebimufuula omusajja oba omukazi biba bikuze. Olwo basobola okuzaala n'okufuuka abazadde.
- Obusajja (Ashudd) – Kwe kukula n'afuuka omusajja oba omukazi. Yusuf Ali agamba nti emyaka omuntu kw'akulira n'abeera n'amaanyi amajjuvu giri wakati wa 18 ne 32, wadde nga Nnabbi ﷺ waliwo lwe yakkiriza abavubuka ab'emyaka 15 okwetaba mu ntalo. Abantu abamu bakula mangu abalala balwawo. Abakula amangu emyaka kwe bafunira amagezi amangi gibeera 40 okuyisiza ddala mu myaka egya wakati.
- Obukadde (Shaykh – Okukaddiwa, Shayba – envi, Ardhal –Al 'Umr – okukaddiwa ennyo ne da'f – okunafuwa) Okukaddiwa ennyo, okuwutta n'okweyongera obunafu. Kutegeererwa ku kukendeera mu kumanya okutuusa omuntu lw'afuuka atamanyi oluvannyuma lw'okumanya okulungi kwe yalina. Awo omuntu abeera ayise mu mitendera gino: obunafu, amaanyi, amaanyi amangi, obunafu n'obunafu obususse obuleetebwa okukaddiwa ennyo.

- Okufa – Omuntu bw’amalayo ekiseera omutonzi kye yamugerera, omubiri ogwava mu ttaka guddayo mu ttaka okulinda olunaku lw’Okuzuukira.
- Okuzuukira (ba’th) – Kuno kwe kufundikira emitendera gy’okutonda.

> *Mu (ttaka) eryo mwe twabatonda era mu lyo mwe tubazza era mu lyo mwe tujja okubaggya omulundi omulala. (Kulaane, 20:55)*

Obulamu obutaggwaawo – okuwangaalira mu Ggulu (Ejjana) oba Omuliro okumala ekiseera ekigere oba olubeerera, nga ekyo kisinziira mu bikolwa byaffe n’okusaasira kwa Katonda. Kino kye kijjuza enkulungo y’okutondebwa kw’omuntu, okuva mu kuggwaawo okudda mu bulamu obutaggwaawo. Kulaane eteeka emitendera gino egyenjawulo mu kifaananyi ekitegeerekeka mu nsi yonna. Abantu tebaaliwo. Oluvannyuma Katonda yatonda ekitonde kimu omwoyo (omuntu). Mu mwoyo ogwo mwe yatonda omukyala wa gwo (tetumanyi ntonda eyo bweyali kubanga Kulaane teyagitunnyonnyola). Oluvannyuma abaagalana bombi baafuna okwagalana, enkola ey’okwaza abantu empya yaggya nga eyita mu kwegatta mu byekifumbo, empapasa entongole eweesa omuntu ekitiibwa yaggyawo olw’okukuuma olulyo lw’omuntu n’amaka omuli taata, maama n’abaana.

## Ekyamagero Ky’okufuna Olubuto, Okubeera Olubuto N’okuzaala

D’Oyen (1996) annyonnyola nti amazzi ga taata w’omwana bwe gawakisa eggi ly’omukazi mu kiseera ekyo eggi erimaze okuwakisibwa liba lisingako katono ku katonnyeze k’ennyukuta “.” mu bunene ate bwe wayitawo wiiki ntonotono liba lifaananako ekifi kye’nnyama ekigaayiddwa. Bwe wayitawo wiiki nnya lifuna ebiyungo ebimu ebibeera ku muntu era mu kiseera kino omwana aba n’omutima omutono ennyo oguba gutandise okukuba okutuusa okufa. Olwo omutima guba guweza inchi emu obuwanvu! Omwana bw’amala mu lubuto emyezi ena, aba aweza inchi mukaaga mu buwanvu era abeera afuuse omuntu amaze okutondebwa nga aliko engalo, obugere n’ebisige. Wadde nga omwana aba tasobola kussa ku lulwe nga n’amaaso gaba teganazibula, abeera awulira okukuba kw’omutima gwa maama we, eddoboozi lye n’amaloboozi amalala naye nga omutwe gw’omwana gubeera wansi mu mazzi. Omwana atandika okusamba ne yeegolola nga bweyeekyusiza ku buli ludda nga bw’anuuna n’engalo ye ensajja. Oluusi amira ne ku mazzi agali mu kisawo mw’abeera n’okumira kwe ne kuwulirwa maama we awulira okusamba kw’omwana n’okusiriikirizaamu. Omwana bw’agenda akula taata we ayinza okukwata ku lubuto lwa nnyina n’awulira okusamba kw’omwana n’okusiriikirizaamu.

Olumu nnyina tasobola kukomba ku mpeke y’otulo kubanga omwana aba ayagala kwekyusa awo nnyina w’agendera okwebaka. Ateekeddwa okulya emmere erimu ebiriisa kisobozese omwana okukula. Buli mwana lwe yeeyongera okukula n’okugejja nnyina aba tasobola kulya mmere nnyingi anti aba talina wagiteeka! Olubuto bwe luweza emyezi musanvu omwana abeera muzito era nnyina akaluubirirwa obuzito obwo. Abakyala ab’embuto balina okufiibwako n’okuyambibwako eka. Emyezi bwegiba ginaatera okuwera omwenda, omwana abeera azitowa wakati wa laatiri 6 ne 10 era aba aweza obuwanvu obuli wakati wa insi 18 ne 21. Aba takyekyusakyusa nga ali mu lubuto ekiseera kiba kituuse awangaalire mu nsi ey’ebweru w’olubuto.

Omwana bw’atuuka okuzaalibwa ekinywa ekisinga obugumu mu mubiri ekimanyiddwa nga nnabaana kitandika okwetugga kisobole okusindika omwana afulume. Okufaananako n’ebisolo omubiri gw’omukyala gwatondebwa mu ngeri egusobozesa okuzaala awatali buyambi bwa musawo. Okuzaala guba mukolo gwa ddembe ssanyu wadde nga oluusi balaga ku Ttivvi nga bwekuli okw’omutawaana. Wadde nga okuzaala kuyita mu bulumi obuva mu kwemiima n’okutugga bamaama abasinga baba ba-



gumu era nga bazira abeewaayo ku lw'omwana. Bwe balera ku mwana mu ngalo zaabwe beerabira obulumi bwonna bwe baba bayiseemu.

Katonda annyonnyola embeera ow'olubuto gy'ayitamu Wahnan'ata Wahnin ekitegeeza obulumi ku bulumi oba obunafu okweyongera ku bunnaabwo. Waliwo omukyala ow'olubuto w'awulirira okusiiyibwa kw'omubiri obutasobola kuwummula, okunyiiganyiiga, okukyukakyuka mu mbeera ze wakati w'ennaku n'essanyu n'okweraliikirira. Katonda kye yava amuwa olukusa okulya mu Lamanzaani aliwe ennaku ezo mu biseera ebirala nga alina obusobozi. Mu kiseera w'azaalira n'oluvannyuma lwa kwo nga wayise ennaku 40, esswala ettaano zimusonyiyibwa. Kino kiyigiriza omwami we n'abooluganda okumuyamba, okumubudaabuda mu birowoozo n'okumujuna ku mirimu. Bateekeddwa okukakasa nti ali mu bulamu bulungi nga bamuwa emmere erimu ebiriisa, okumusobozesa okwebaka obulungi n'okumuwummuza ebirowoozo bye mu kiseera ky'okuyonsa.

## Emitendera Egyenjawulo Egy'okukula Kw'omuntu Okuva Lw'azaalibwa Okutuusa Lw'akaddiwa

Emitendera gy'okukula gitwaliramu okukula kw'omubiri n'okwebirowoozo era byombi birina okukolebwa mu ngeri esaanidde. Emyaka egyogerwako mu buli mutendera gya kugeraageranya.

> **Emitendera gy'okukula okusinziira ku 'Umar ibn al-Khattwaabi**
> Okukula yakwawulamu emitendera gino wammanga:
> Omwana alabirirwa okumala emyaka musanvu afuuka omuyambi okumala emyaka musanvu; okukula kwe mu buwanvu kukoma ku myaka 23; obwongo bwe bukoma okukula ku myaka 35 ate okusukka awo abeera akozesa bumanyirivu (Tuffahah, 1979).

Waliwo ebibuuzo bibiri ebikulu: Ddi empisa lwe zikula? Waliwo ekiyinza okukolebwa oluvannyuma okwongera okuzizimba? Wadde tewali muntu asobola kuddamu bibuuzo ebyo mu butereevu, naye waliwo emitendera egyawamu egiyamba okutuuka ku kwanukula. Emitendera egyo gye gino wammanga:



### OKUZAALIBWA – EMYEZI 4

Omwana bw'azaalibwa nga Kulaane bw'egamba mu *aaya* (16:78) "Abantu bazaalibwa tebamanyi, naye nga Katonda aba yabawa Okuwulira, okulaba n'okufumiitiriza nga bye by'okuyamba okufuna okumanya era nga bateekeddwa okwebaza Omutonzi ebyengera ebyo." Okutunula kw'omwana kubeera kumala gatambuza maaso

ge, oluvannyuma atandika okwetegereza abantu. Atunuulira maama we okusinga emirundi gy'atunuulira abantu abalala. Yeekanga bw'aba awulidde ebireekaana ate n'atemya bw'alaba ekitangaala ekingi, agolola emikono gye n'agikomyawo, n'akyusa omutwe gwe okutunuulira ku ludda olwaddyo ne kkono. Waba wajja kuyita ekiseera kitono batandike okumanya amaloboozi ga bazadde baabwe, era batandike okumwenya, okukola obuloboozi obutono n'okuvaamu ebigambo ebitategeerekeka. Emyezi bwe giwerera 4, omwana abeera asobola okwevulungula. Omutwe gw'omwana omulenzi gubeera muneneko okusinga ogw'omwana omuwala (Spock 1974).

Ebiseera omugemerwa abaana birina okugobererwa. Si kirungi kubuusa mwana oba okumusundasunda, kubanga obwongo bubeera tebunnanywera bulungi. Omwana bw'akaaba nga tasirika ate nga omubiri gwe tegwokya, omuzadde alina okwebuuza oba ekimukaabya kwe kwagala okumukyusa pampa (Nappi)? Ayagala kulya? Kwebaka? oba ayagala kumulera? Ekikaabya omwana kiva ku ky'aba yeetaaga. Okukaaba mbeera ya bulijjo wadde nga abazadde kibawa akaseera akazibu. Abazadde bateekeddwa okulaba omusawo, singa balaba nga omwana akaaba ekisusse nga ne bwe bamusirisa tasirika.

## EMYEZI 5-18



Omutendera guno gulabika gwe mukulu okusinga emirala mu kuzimba endowooza z'abantu eri obulamu. Abaana batandika okwewulira nti bantu abeetongodde, okugeza bayinza okwagala okwekwatira ebikopo byabwe oba eccupa era baba tebaagala kubalera kiseera kiwanvu nnyo. Batandika okukwatagana ne bazadde baabwe. Omuzadde bw'aba waamukwano, abaana balowooza nti abantu bonna bali bwe batyo. Okwagala okuli mu muzadde kuteeka okwagala mu mwana. Ate omuzadde bw'aba talina mukwano nga teyeekakasa eri omwana we n'omwana aggya kukula mu ngeri efaananako etyo. Era omwana abeera alowooza nti abantu bonna beeyisa batyo. Olwo abaana nabo batandika okweyisa mu ngeri eyo. Bwe baba beerowoozaako nga bbo, abaana ku mutendera guno batuuka okulowooza nti balabika bulungi oba tebalabika bulungi, baamugaso oba nti si baamugaso. Abaana bwe baba baafuna enkwatagana ntono ne bazadde baabwe abaana abo tebafuna nkwatagana nnungi n'ebintu ebirala wadde n'ebirowoozo. Okuyonsa kuyamba nnyo mu kukula kw'omubiri n'ebirowoozo by'omwana.

Abazadde bateekeddwa okwebuuza ku dokita singa omwana mu bbanga lino aba tannayavula nga tasobola kuyimirira nga ayambiddwako, oba nga tayatula oba okusonga ku bintu. Emyezi bwegiwera 6 omwana abeera asobola okutuula nga tebamukwatiridde okusobola okukunuukiriza ekintu nga akozesa omukono gumu oba okukiteeka mu mukono omulala n'okuyiga erinnya lye. Abaana abamu beebaka ekiro kyonna. Erinnyo ly'omwana erisooka limera awezezza emyezi mukaaga. Omwana asuubirwa okusitula omutwe gwe, okutunula nga yeekaliriza, abeera awulira era nga alaba bulungi. Abazadde balina okumanya enjawulo wakati w'okukaaba kw'omwana okutegeeza nti; "enjala ennuma" n'okukaaba okutegeeza nti njagala ggwe (omuzadde). Okutwalira awamu abaana abawala bakula mu kukozesa obwongo mangu ddala okusinga ku balenzi, mu bintu nga; okunyeenya endege, naye nga mu mubiri abalenzi bakula mangu okusinga abawala.

Ku myezi mwenda omwana abeera asobola okwavula n'ayonoona n'ebintu. Asobola okwawula amaloboozi era n'agezaako okugageegeenya. Olumu akuuma akakwata ebintu kayamba omwana okukwata ebintu ebitonotono n'okubukoonaganya. Omwana bw'atandika okwavula aba atandise okwegazaanya. Abaana abamu beetengerera basobole okuyimirira, batambula. Kumpi buli kintu omwana ky'akwata

akiteeka mu kamwa kubanga k'akozesa okugezesa ebintu. Emikono gy'omwana gisobola okutuuka ku bintu omuzadde by'atasuubira.

Omwana bw'aweza omwaka gumu aba asobola okutambula, okwogera ebigambo ebitonotono n'okweriisa. Asobola okuyita "Maama" ne "Taata". Wadde amakulu g'okubonereza tegategeerekeka, omwana ye ategeera amakulu g'ekigambo "nedda." Kiba kikulu okuluŋŋamya omwana okumuggya ku kukola ebitasaana mu ngeri eteriimu kukoonagana. Abaana abatannaweza mwaka gumu tebamanya nti beeyisa bubi, wabula nti ensi nnene era ngazi nga beetegefu okugifunamu obumanyirivu.

Wakati w'omwaka 1 ne 2 omwana aba ayize okutambula. Olwo aba asobola okusamba akapiira, okudduka, okulinnya amadaala nga yeekutte ku byuma ebigeetoolodde ebbali wa go. Omwana aba asobola okuwandiika volongoto nga akozesa ebikalaamu ebya langi n'ebya mmaaka. Abaana abato ab'emyaka gino bakolera ku mitima kye gibalowoozesa kubanga tebaawula mpisa nnungi ku mbi. Ekisingako obulungi kwe kuggya omwana mu kifo ekimu mw'abadde akolera ebitaggya n'omuzza mu kifo ekirala mu ngeri y'okuteereeza empisa ze. Ebbanga ly'amala mu kifo ekirala liba lya ddakiika emu buli mwaka. (Ekitegeeza nti bw'aba wa myaka ebiri ekifo mw'omutadde asaana amalemu eddakiika bbiri). Ku myaka gino, omwana aba talina kulowooza oba okugondera ky'omugamba. Abazadde basaana okuteerawo abaana ebintu bye baba banaalondako sso si kubabonereza. Amateeka gasaana gabeere matono nnyo nga bwe kisoboka, naye nga kikulu obuteekuba ndobo.

OLULIMI N'EBITUNDU BY'OBWONGO EBISENGEKA ENSONGA KISOBOZESE OMWANA OKUWULIRIZA KULAANI ESOMEBWA, ENNYIMBA EZA SOFT MUSIC (ENSEENEEKEREVU) EZISAANA, ENNYIMBA Z'EDDIINI N'EBITONTOME. KINO KIYAMBA OBWONGO BW'OMWANA OKUKULA.

Abazadde balina okutunula enkaliriza, era abazadde balina okufunira omwana oby'okuzannyisa ebiwerako nga; okumuwa by'anaakozesa okukuba ebifaananyi, okumuwa bbulooka z'azimbisa mu kuzannya. Abazadde balina okwebuuza ku dokita waabwe singa omwana abeera tassaayo birowoozo ku ky'akola. Omwana okusunguwalasunguwala kimalamu amaanyi (eri abazadde be) naye nga si nsonga erina okweraliikiriza. Okuwulira kw'omwana kukula mangu okusinga okulaba; omwana ayanukula nga awulidde okuleekaana. Emyezi nga teginnawera mukaaga aba talaba bulungi, okutegeera kw'omutima kwe kugoberera okuwulira n'okulaba.

## EMYEZI 18-36

Abaana ku mutendera guno bafuna entegeera ey'okwerowoozaako nga abaawufu ku bantu abalala nga balina ne byebeetaaga nga bo. Omwana yeesanga nga abeera mu mbeera za mirundi ebiri ezitakwanagana: okwemalirira oba okwesigamira ku balala, obuyonjo oba obujama, enkolagana ennungi oba okubeera atakolaganika naye, obuntubulamu bw'omwana ku nkomerero y'omwaka gwe ogwokusatu businziira ku nkolagana gy'alina oba okweyogerera ky'ayagala n'embeera ye mu kufuga obusungu gye yazaalibwa nayo n'omukwano gw'aba afunye mu kaseera kano oguba gutandise okwonooneka.

Ekyokulabirako, singa abazadde baba balina obuyinza bungi nga omwana ateeka buteesi mu nkola olw'embeera gy'akuliddeko, ekyo kiyinza okumufuula omugonvu ennyo. Ate abazadde bwe baba aba-

## Enjawukana Ku Mpisa Z'okweyamba Wakati W'abakugu N'okunoonyereza Kwa Ssayansi

Brazelton ategeeza abazadde okuwaananga abaana baabwe nga beeyambye mu ngeri entuufu, naye "tebasaanye kubawaana nnyo" nga ekigendererwa kwe kuleetawo embeera ey'okwetaaya. Agamba nti okuyigiriza abaana empisa basobola okugoberera ebibayigirizibwa n'okukoppa abalala – naddala abalina emyaka ebiri.

Leach ye agamba nti tofaayo okuba nti otendeka omwana nga tannaweza myezi 15 era tosuubira mwana nti aggya kwesigika (okuyiga) ka bube budde bwa misana, nga tannaweza myaka esatu. Naye tomujeeja olw'ensobi gy'aba akoze kubanga kino kiyinza okumukisa okuyiga.

Ate Rosemond akakasa nti singa obusobozi bwa maama okuba n'obuyinza bulwawo n'asigala nga alabirira bulabirizi mwana olwo omwana aba taggya kukula bulungi era aggya kufuna obuzibu mu nneeyisa ye mu myaka gye egy'obukulu.

Okunoonyereza okwakolebwa kwakakasa nti abaana bayigira mu biseera byanjawulo. Okutendeka abawala kutwala emyezi nga mwenda (naye okw'abalenzi kusukkawo) era okugezesa emirundi emingi kukola.

(LEMONICK 1999)

kambwe nga tebakozesa bukodyo ate ne balekawo emiwaatwa eri omwana okuzzaayo omuliro, olwo omwana asobola okufuuka omukambwe okubasingako. Abazadde bwe baba abanyiikaavu mu mbeera yaabwe obuyonjo ne babufuula ekintu ekikulu, omwana aba aggya kuba muyonjo nnyo era yeegendereza.

Abazadde bwe baba balina obweraliikirivu ku baana, nga babalondoola nnyo, era abaana singa bakyusibwa abazadde, kiyinza okubafuula abatasobola kweyimirizaawo nga bayimiridde ku balala ekisusse, okuyonsa kuteekeddwa okukoma ku myaka ebiri kisobozese abaana okuyiga okweyimirizaawo ebiseera ebisinga. Abakugu mu nneeyisa y'omuntu bagamba nti omwana empisa ze zitandika okuzimbibwa nga wa myaka esatu. Naye waliwo enneeyisa ezisobola okukyusibwa nga agenze akula ne mu bukulu singa ekifo mwali oba embeera gy'alimu bikyuka.



Waliwo n'empisa endala ezizimbibwa ku mitendera egy'omumaaso nga omwana yeeyongeddeko okukula. Endowooza y'omwana eri abantu b'ekikula nga ekikye (balenzi banne oba bawala banne) yesinziirako ekika ky'abantu b'anaafuula mikwano gye n'omuntu gw'anaawasa oba gw'anaafumbirwa.

Mu myaka ebiri egisooka, omwana akula mangu era akyuka nnyo. Buli mwezi wabeerawo eky'okuyiga ekipya. Emyaka bwegisukka ebiri omwana atandika okukula empola.

Abaana badduka awatali kusanga buzibu era batandika n'okubuuka, okuwalampa n'okufumitafumita ebintu, era baba basobola n'okuvuga obugaali obw'emipiira esatu. Batandika okukoppa ebikolwa n'ebigambo. Basobola okukuba ebifaananyi eby'enkulungo oba eby'ensonda ennya wadde nga tebiteredde bulungi era asobola okuzannya obweso oba obukunizo obwangungu. Balina okuba nga beetaaga okuyiga enkozesa ya kabuyonjo. Ku mutendera guno omwana aba ayagala okwogera emboozi ennyimpi (sentensi) era abeera amanyi ebigambo nga ataano (50).

Abazadde balina okuba abagumiikiriza singa omwana ayitiriza ebibuuzo ebitandika ne "Lwaki". Kiba kikulu okwongeramu n'omwana amaanyi eri ebyo by'ayagala okumanya okusinga okupapa n'omulemesa. Okumwagazisa n'okumulondera ebifo ebituufu bwe bukodyo obuyinza okumuyigiriza empisa. Kino kye kiseera ekituufu okuyigiriza omwana okukolagana ne banne nga; okugabana nabo n'okukola mu mpalo ne banne. Singa omwana ayogera mu ngeri eteriimu magezi, obutafa ku banne, n'okugwa emirundi egiwerako, ebyo byonna abazadde balina okubitegeeza omusawo waabwe ow'ebyobulamu n'obwongo. Enjawulo yeeyongera okweyoleka. Abawala bakula mangu naye abalenzi batandika okukula amangu okusinga ku bawala. Bonna bwe baweza emyaka esatu bateekeddwa okuba n'ebigambo 250.

## EMYAKA 4-7

Abaana bwe baweza emyaka ena egy'obukulu balya kitono okusinga kye balya nga balina emyaka ebiri kubanga baba tebakyakulira ku misinde era baba tebakola nnyo. Abaana bagenda mu maaso n'okukula buli mwaka, ne bayiga ebintu ebipya buli lunaku okutuusa lwe batuuka mu myaka egy'ekivubuka (13 - 19) ne baba nti bakyuse nnyo! Amaanyi omwana g'afuna ku myaka ena n'etaano gabeera mangi (baba baagala okutambula, okudduka n'okukongojja), ne kireeta abazadde okujulirira omutendera gw'okwavula! Omwana ku mutendera guno abeera asobola okukasuka omupiira n'okuvuga akagaali ak'emipiira esatu.



Ku mutendera guno abazadde balina okunnyonnyola lwaki enneeyisa gundi ebalibwa nti mbi n'okutegeeza ebiyinza okuvaamu (naye nga omuzadde alina kubinnyonnyola mu bufunze). Omwana bw'akola ekirungi muzzeemu amaanyi era omusasule ate bw'akola ekikyamu mubonereze. Omuzadde ateekeddwa okutunula enkaliriza okulaba oba omwana atayagalira ddala kuva ku mukadde we. Omwana ateekeddwa okutendekebwa mu mpisa za kabuyonjo nga tannaweza myaka etaano era alina okuba nga atayagala okubeera omukozi k'abeere yekka oba nga ali ne banne.

Abaana mu kiseera kino baba beetegereza enjawulo wakati w'abalenzi n'abawala era baagala okumanya amannya g'ebitundu by'omubiri. Guno gwe mutendera gw'okubuuza kubanga abaana babuuza ebibuuzo bingi (nga mwe muli n'ebikwata ku kikula ky'omuntu). Abazadde balina okwanukula ebibuuzo bino. Bwe batakikola abaana bajja kunoonya okwanukulwa okuva eri mikwano gyabwe, ate nga bayinza okubaanukula mu ngeri etali ntuufu (Jaber 1977).

Buli mutendera gwe bayitamu, abaana beeyongera okukyukakyuka mu mbeera ne mu birowoozo ne bakyuka mangu okuva ku nneeyisa emu okudda ku ndala: okugeza ne balekera awo okwagala kwe babadde nakwo ne bakyawa era ne banyiiga, ababadde abasanyufu ne bafuuka abanyiivu. Abaana batandika okutya enzikiza, ebisolo, okufa ne Katonda. Batya okwawukana ne bazadde baabwe n'okutya abazadde okubafaako. Abaana okutya bakuyiga kuva ku bazadde baabwe n'abantu abalala ababeetoolodde. Babakoppa mu kutya ebiwuka nga; nnabbubi, ebifo

ebitaliimu bantu n'ebireekaana ennyo. (Jaber 197)

Abaana bayinza okukolera bannaabwe obuggya era kino kiyinza okuleetawo obulumbaganyi. N'olwekyo kikulu nnyo abazadde okuyisa abaana baabwe mu ngeri y'ekyenkanyi era mu ngeri ennungi. Ekyokulabirako ku nsonga eno tukisanga mu kyafaayo kya Nnabbi Yusufu, baganda be bwe baamukolera obuggya be bagezaako okumutuusaako obulabe.

Abaana bwe bagenda bakula okumanya nti baakikula kimu n'omu ku bazadde kiba kikulu mu ngeri omuzadde gy'ayinza okukyusa enneeyisa yaabwe. Abaana abalenzi beetegereza kitaabwe nga akola emirimu mu nnimiro, abawala nabo balaba nnyaabwe nga akola egy'awaka. Abazadde basobola okusiga mu baana okwagala wamu n'okuwa ekitiibwa eri buli omu ku bbo n'eri abaana. Ebintu okubikolera awamu nga: okuzannya, okusoma n'okuwa ebisolo emmere, byonna biyamba okuleetawo obwesige, okwekakasa, n'okwogeraganya olwatu. Abaana bayiga eddiini nga bamaze kulaba bazadde nga bakola emikolo gy'eddiini wamu n'okuba nti nabo bagyetabamu. Empisa ennungi bwe ziteekebwa mu baana nga tebannava mu maka ga bakadde baabwe, abaana ne bwe banaaba bakuze baggya kukola ebintu ebituufu ebibasuubirwamu.

## EMYAKA 7-14

Gino gye myaka egy'okutandika okusoma okwa pulayimale era omwana kw'atandikira okuvubuka. Abalenzi n'abawala bwe beeyongera okukula batandika okufaanana n'okweyisa nga abantu abakulu abasajja n'abakazi. Enkyukakyuka zino zitandikira wakati w'emyaka 9 ne 13 mu bawala ate mu balenzi wakati w'emyaka 11 ne 15. Ekiseera kino kiyitibwa kaabuvubuka abaana we bakulira ne bafuuka abantu abakulu abasobola n'okuzaala abaana nga bbo. Enkyukakyuka nnyingi mu mubiri, mu bwongo, mu birowoozo ne mu mwoyo ezijjawo mu kiseera kya kaabuvubuka. Abaana bakizuula nti bakyuseeko mu ndabika, era muli bawulira nga banjawulo era nga balowooza mu ngeri yanjawulo okusinga bwe baali mu mwaka nga gumu oguyise.

Omuwala anaatera okuvubuka ayinza okugejja nga anaatera okutandika okukula ennyo era mu myezi mitono n'aba nga yeeyongeddeko insi eziwerako. Ebisambi bye bigejja, amabeere ge nago bwe gatyo. Amera ebyenkwawa era n'amera n'enviiri okumpi n'ebitundu bye ebyekyama. Omulenzi naye ayita mu mitendera gye gimu okukula, era ayinza n'okulya ennyo. Ebibegabega bimugaziwa. Enviiri zimera mu nkwawa, mu bitundu bye ebyekyama, ne mu maaso ne mu kifuba. Eddoboozi lye litandika okugejja ne lifaanana ery'abasajja. Abawala n'abalenzi bayinza okwesanga nga buli myezi emitono egiyitawo engatto ziba tezikyabatuuka. Kino kye kiseera abazadde mwe balina okuteeka essira ery'amaanyi ku kuzaala okusingako emabega.

ENKYUKAKYUKA ZINO ZIRABIKA (WAKATI W'EMYAKA 7 - 14)

- Abaana bakosebwa nnyo okunenyezebwa; banyiiganyiiga era ne baba nga bakyukakyuka ne bava mangu mu mbeera.



- Abaana babeera nnyo ne mikwano gyabwe, kyamugaso abazadde okubawerekerako n'okubalabirira nga bakyalidde bannaabwe.
- Abaana baba n'ensonyi era kyetaagisa okubazzaamu amaanyi boogere byebalowooza era ebirowoozo byabwe biweebwe ekitiibwa.
- Ebinywa by'emibiri gyabwe bikula mangu era baba baagala nnyo okwenyigira mu mizannyo nga: okudduka, okuwalampa emiti, okuwuga, okuzannya omupiira ogw'ebigere n'ogwokubaka.
- Beerabirira nnyo mu kwefunira ebyokulya, engoye n'ebirala ebikwata ku buyonjo. Kino kye kiseera eky'okukolagana ne bannaabwe. Bayigirize edduwa esomebwa nga bakola buli kimu ku ebyo.

Kino kye kiseera we babeera nga tabannatandika kwegatta mu by'omukwano. Baagala nnyo okubeera ne bannaabwe ab'ekikula kyabwe. Si kirungi kubaleka ne balaba ebifaananyi ebizuukusa obwagazi bwabwe ebiyinza okubeera ku ttivvi mu butabo bw'amawulire n'ebitabo ebirala. Bwe baba bawezezza emyaka 10 tebalina kusula mu buliri bwe bumu wabula baawulwenga.

## Emyaka 11-13: Ebiseera By'abawala Okugenda Mu Nsonga

Abawala abasinga batandika okussuulumba wakati w'emyaka 11 ne 13 (ekiseera eky'omwezi lwe kitandika). Okumala ennaku eziri wakati we 3 ne 7 omuwala avaamu omusaayi omutonotono mu bukazi bwe buli mwezi. Kano kabonero akalaga nti omuwala asobola okuzaala. Omusaayi tegulina buzibu era tegumuluma (kiba kyabutonde kubanga abantu baatondebwa bwe batyo). Omusaayi guno guva mu nnabaana. Amagi g'omukazi gavaamu eggi limu eriba likuze buli mwezi, omusaayi olwo gwekuŋŋaanyiza mu nnabaana omwana mw'akulira. Bwe waba tewali nkwanso ya musajja eggi terisobola kukula era oluliba lwa lyo lukaddiwa. Ekiddirira nnabaana alifulumiza mu musaayi ogw'omwezi. Buli lwe wayitawo ennaku eziwera 27 – 30 ozigoberera embala y'omwezi, olugendo olwo luddibwamu.

**Obulumi bw'okugenda mu nsonga**

Abakazi bukadde na bukadde beemulugunya nti bayisibwa bubi mu kiseera ky'okugenda mu nsonga. Obuzibu buno buyinza okumala ennaku eziwerako era buli wakati w'embeera eyaabulijjo n'oluusi ne bubeera bwa kabi.

Obubonero kw'olabira mwe muli okuzimba, okukakanyala kw'ebinywa, amabeere okugonda, omutwe okubobba oguleeta n'emmeeme okusinduukirira ate nga gulumira ludda lumu ne kireetera n'amaaso obutalaba bulungi nga embeera eyo ereetebwa kugenda mu nsonga, okuvaamu omusaayi omungi oba okulwa mu nsonga, okubeera mu mbeera ey'obuteetegeera n'obukoowu. (KALB 2003)

Omulundi ogusooka omuwala okugenda mu nsonga guba gwa byafaayo mu bulamu bwe. Kino kitegeeza nti abeera akuze era aba afuuse omukazi akuze mu butongole. Okutandika n'akaseera ako n'okweyongerayo, omuwala abeera avunaanyizibwa okutuukiriza ebimukakatako mu ddiini (okufaananako omukazi yenna Omusiraamu). Ebimukakatako mwe muli okusiiba, okusaala n'okwebikkirira bwe waba waliwo abasajja abatamuzira kufumbirwa. Ekitundu kimu kyakubiri ku bakazi bonna mu nsi bafuna embeera eteri nnungi mu kiseera ky'okugenda mu nsonga. Bayinza okukakanyala ebinywa, okwewulira nga bakoowu, oba okubeera abanyiiganyiiga olw'ensonga entono. Era abakazi tebakkirizibwa kusaala, okutuula mu muzikiti oba okukwata ku Kulaane nga bali mu nsonga. Esswala ezibayiseeko mu biseera ebyo teziriyibwa. Ebigoye ebiziyiza omusaayi bikozesebwa okukuuma engoye nga nnyonjo. Omukazi bw'ava mu nsonga, akakatibwako okunaaba bw'amala okunaaba nga yeetegekera okusaala.

## Emyaka 13-15: Abalenzi Kwe Bafuukira Abasajja

Abalenzi bavaamu enkwaso bwe baba batuuse ku myaka gy'obukulu ne bavubuka okufuuka abasajja. Bwe beerooterera ekiro obusajja bwabwe bukangabala ne buvaamu enkwaso (hayawaan manawi). Gano gaba mazzi agaggya olw'okwelooterera okubaawo ekiro. Anti enkwaso ebeera mu mazzi agagikuuma mwewangaalira era bwe gajja akawale akoomunda katoba. Guno teguba musulo era tewali kisaana kuleeta buswavu. Kitegeeza nti omulenzi akuze n'afuuka omusajja asobola okufuuka taata w'omuntu (okuzaala). Olwo nno abeera avunaanyizibwa ku mirimu gyonna egimukakatako mu ddiini (okufaananako omusajja yenna omusiraamu). Abalenzi abamu tebeerooterera kuvaamu mazzi ago, naye bwe baweza emyaka 15 egy'obukulu babalibwa nti bafuuse basajja bakulu, okusinziira ku mateeka g'obusiraamu (shariah). Babeera n'obubonero obulala

> "Olina omwana ow'ettendo. Naye oluvannyuma bw'aweza emyaka kkumi neesatu, okukola ebikyamu ne kumutwaliriza n'afuuka omuntu gw'otamanyi atakuwa ku kalembereza yadde."
>
> JILL elkenBERRY (BROWN 1994).

ku mibiri gyabwe obulaga nti bakuze (okugeza nga; okugejja kw'amaloboozi gaabwe). Mu ngeri yonna, abalenzi n'abawala beteekeddwa okuyimirizaawo esswala n'okusiiba okuva ku myaka 12 wadde nga obubonero obulaga nti bakuze buluddewo okweyoleka ku mibiri gyabwe.

Abalenzi n'abasajja abamu batigaatiga obusajja bwabwe nga baagala bukangabale buveemu n'amazzi agazaala nga babunyonyoogera kubanga baba bawulira bulungi nga bavuddemu amazzi agazaala. Ekyo kiyitibwa okwemazisa. Omuze ogwo abantu abamu ababeera mu nsi ezikulembeza eddembe lyabwe bakubiriza okukikola nga bagamba nti tekyagaanibwa (tekiri haraamu). Okwemazisa okw'abakazi n'okwabasajja kibalibwa mu bintu Obusiraamu bye butayagala. Era omuntu bw'akangabaza obwereere bwe ateekeddwa okufuna wuzu empya nga tannasaala. Omu-



ntu yenna eyeemazisa ateekeddwa okweyonja n'anaaba omubiri gwe gwonna nga yeteekerateekera okusaala.

## Emyaka 14-21

Ku mutendera guno eddoboozi ly'omulenzi lyeyongera okugejja, okusaakaala n'okweyongera okufuuka ery'ekisajja. Ate eddoboozi ly'omuwala lyeyongera okuba eggonvu n'okufuuka ery'ekikazi. Ebinywa by'abalenzi byeyongera okuguma, ate abawala amabeere gaabwe geeyongera okugejja nabo ne bagejja. Abalenzi amagulu gaabwe n'emikono byeyongera okuwanvuwa, ebibegabega bigaziwa n'ebigere ne bigejja. Enviiri zimera mu byenyi byabwe, mu nkwawa ne ku bitundu ebiriraanye obwereere bwabwe. Amagulu n'emikono bikula mu ngeri eteriimu mwenkanonkano okumala ekiseera ekitono, ekyo ne kireeta entambula n'enkwata y'ebintu eteri ntereevu. Abavubuka baba beetaaga okufuna ekiseera okutereeza ebiyungo byabwe.

## Okutegeera Abatiini

Oluusi abavubuka basalawo ensonga nga basinziira ku kucamuukirira awatali kufumiitiriza. Emitima gyabwe giyinza okuwangula amagezi gaabwe endowooza zaabwe enkyamu ne zifufuggaza okulambika ensonga nga bakozesa amagezi n'ebirowoozo ebituufu. Abavubuka bafaayo nnyo ku mbeera ezibakwatako; bamala ebiseera bingi nga batya ku mbeera eneebatuukako ne ku ndabika yaabwe. Bayinza okwambala obuuma obutereeza amannyo agaba gaakyama, era bafuna embalabe n'obubala mu byenyi, n'okweraliikirira nti bawanvu nnyo oba bampi ekiyitiridde, bagevvu nnyo oba bakovvu nnyo. Bino byonna ebiba bisaliddwawo abavubuka bibaleetera okunyiiganyiiga n'okweraliikirira.

Ebiragiro ebibeera mu butoffaali bw'omubiri ebivaako omubiri okukula amangu era ebiragiro bye bimu biyinza okukyusakyusa mu mbeera ye: abalenzi bayinza obutafuna mirembe oba okubeera abanyiivu awatali nsonga etegeerekeka ate abawala nabo bayinza okukaaba oba okunyiiganyiiga awatali nsonga nnene. Oluusi abavubuka baagala bayisibwe nga abantu abakulu, naye nga bye bakola bya kyanakito. Wadde embeera eno ebuzaabuza, ebeera mbeera ya bulijjo ssinga teva mu nteeko okulemagana. Abantu abalamu obulungi bayiga okufuga n'okuddamu okwetegereza ensonga nga tebannateeka bye balowooza mu nkola.

Ibn Sina (Avicenna) agamba nti omwana alina okutandika okusomesebwa Kulaane mu kiseera omubiri gwe n'obwongo we bibeerera ebyeteefuteefu. Ateekeddwa okusomesebwa ennyukuta n'eddiini. Ayigirizibwa ebimu ku bikwate ebyogera ku mpisa, ebiwaana okusoma, n'okuvumirira obubuya, ebyogera ku bazadde, okukolera abantu obulungi, okuwa ekitiibwa abanafu n'abaavu n'okuyamba. Omwana bw'amala okuyiga Kulaane n'olulimi, olwo alina okulagibwa eby'okukola ebimuwummuza ebirowoozo (nga ebyemizannyo) ebikwatagana n'obusobozi bwe n'okwagala kwe. (Al-Ibrashi 1976).



Ku ludda olulungi obwongo n'okutegeera bitandika okukola obulungi omwana w'awereza emyaka 13 oba 14 era abavubuka ne batandika okuyiga ebintu ebikalubo bye baali batategeera mu kusooka. Kiba kiseera kirungi okuyiga emirimu egyetaagisa mu bulamu nga; okufumba, okulabirira abaana, n'okutegeka eby'awaka. Abavubuka bayiga ebintu bingi ebinaabayamba mu nkolagana n'abantu nga; okwogera mu bantu n'okuwangaala nabo n'okwenyigira mu bibii-

na ebitali bimu. Abaana era bayiga okuba n'obuvunaanyizibwa ku nsonga ezibakwatako n'ezikwata ku bantu abalala. Bayinza n'okukola emirimu (ku makya) ate nga bwe basoma (akawungeezi). Bayinza n'okukolera ddala emirimu okumalako olunaku lulamba oba ne bakola egy'obwannakyewa.

**Obusiraamu bwateekawo amakubo agakuuma obuvubuka ku mutendera nga guno:**

- Okukkakkanya ku maaso nga olabye omuntu ow'ekikula ekirala.
- Okuzannya emizannyo gikendeeze amaanyi gebalina.
- Okusiiba ku bbalaza n'olwookuna.
- Okusaba olukusa nga tonnayingira nju ya mulala
- Okuleka okweyawula kw'omukazi n'omusajja ne babeera bokka nga tewali muntu mulala (khalwah).
- Abalenzi n'abawala bateekeddwa okwawula obuliri (wadde nga bayinza okusula mu kisenge kye kimu) kasita baweza emyaka 10. Mu Bungereza etteeka erikwata ku by'amayumba (Housing Act 1985) liragira abaana abawezezza emyaka 10 abalenzi n'abawala okwawula ebisenge ebisulwamu. Kino kiyinza okuba nga kinene nnyo kubanga abantu bonna ssinga bassa etteeka lino mu nkola, yonna gyebali ensi yonna ejjula bizimbe.

Ku ludda olulala olw'ebirowoozo bino bisaanidde okwetegerezebwa:

- Abavubuka batandika okwagala okumanya ekibaawula okwerowoozaako nga bbo. Baagala okubeera n'ekifo n'ekiseera nga bali bokka. Naye bwe bagenda bakula batandika okulowooza ku bibuuzo nga bino; Nze ani? Lwaki wendi? Obulamu kye kiki? Lwaki ebizibu bingi mu nsi? Kino kye kiseera abavubuka we babuuliza ebibuuzo ku bintu bye baba basomye nga banoonya okwanukulwa n'ebirowoozo ebipya. Kino kye kivaamu akaleega bikya n'okukaayana ne bazadde baabwe. Abavubuka baterera ku myaka egiri wakati wa 16 ne 19. Ekiseera omwana w'afuukira omuntu omukulu (okuva ku myaka 11 okutuuka ku 19) kiwanvu era kizibu ekyetaagisa buli muntu w'awaka okubeera n'obugumiikiriza wamu n'okutegeera.
- Abavubuka obusobozi bwabwe obulowooza bukula: Batandika okutegeera n'okufumiitiriza ku bintu. Bayinza okusuubira ebizibu ebinajja mu maaso n'okubisalira amagezi okubivvuunuka mu kiseera ekyomumaaso okwawukanako mu myaka gyabwe egyasooka we baalowoolezanga ku biriwo mu kiseera ekyo, kati baba basobola okukwataganya wakati w'ekiseera ekyayita ekiriwo n'okyomu maaso. Bategeera bulungi amakulu g'ennaku, wiiki, emyezi, emyaka n'emirembe. Baba batandise okutegeera ebyafaayo kye bitegeeza n'obukulu bwabyo. Olwo ebibuuzo bye babuuza biba bisusse ebintu ebirabwako n'ebinoonyereza ku nsibuko y'obulamu, enfaanana y'obulamu obw'oluvannyuma ebigenderwa, amakubo, empisa n'enneeyisa, entandikwa y'ensi n'enkomerero ya yo, obulamu bw'oku nsi n'obwenkomerero.



- Abavubuka batandika okwekwata ennyo ku ddiini: Ekiseera kya kaabuvubuka kiyitibwa ekiseera eky'okufaayo ennyo ku ddiini, abavubuka we bbakubaganyiza ennyo ebirowoozo ku Jjana n'Omuliro, ebibi n'okwenenya okuzuukira n'obulamu obw'olubeerera okusalawo n'okugera, eddembe

n'obumalirivu ku ky'oyagala okukola. Bwe baba mu myaka abiri batereera era ne baba nga batunuulira obulamu mu ngeri enneenkamunkamu.

- Abavubuka baagala nnyo okulowooza ebitasoboka n'okuba mu birowoozo ebitaliimu (eby'obukoola bw'omuti okufuuka ssente, eby'okutambulira ku mazzi n'okubuukira mu bbanga. Bino bibaawo nga batuuse ku mutendera guno. Eno ebeera ngeri ntuufu abavubuka abasuumuse gye boogereramu ku bye baagala mu mitima gyabwe. Kino kye kimu ku biraga okukula kw'obwongo, era kino kya buttonde bwe kiba tekituuse we kisaana kukoma (tekisaanidde kuyitirira mu mbeera yaabwe nga bali bokka oba nga bali wamu n'abantu abalala).
- Abavubuka bakolokota nnyo bannaabwe nga batandikira ku bazadde baabwe. Bayinza okukolokota abazadde baabwe nga ensonga ekwata ku ngoye zaabwe, emmere, bye baagala, enkuza ya baganda baabwe abalala olwo nga bageraageranya enkola ya bazadde baabwe n'eya bazadde ba bannaabwe bwe benkana. Bayinza n'okukolokota amasomero, abantu be bawangaala nabo ku kyalo, wamu ne gavumenti, ne bawolereza okuleetawo enkyukakyuka ey'amaanyi okutereeza embeera.
- Abavubuka, bakkiririza nnyo mu birowoozo: Okukkiririza mu birowoozo kulabika nnyo mu bavubuka kubanga tebaba na bumanyirivu mu bulamu bwennyini nga bwe butambula.

**Okulowooza Okuva mu Bbanga = Obutaba na Bumanyirivu → Ebitasoboka**

Abavubuka abalowooza ebitaliimu bayinza n'okugaana okufigibwa bazadde baabwe oba abantu be bawangaala nabo naddala ssinga endowooza zaabwe n'amagezi ge baba baleese ematiza. Abavu buka bayinza okupondooka ne batawummuza birowoozo era ekivaamu be bawulira muli nga balekeddwa bokka era nga balekeddwa ttayo. Abavubuka abalowooza ebirowoozo ebitali bikakafu -



Wali weebuuzizza lwaki okwekalakaasa mu nguudo okubeera mu nsi ezisinga kubeeramu bayizi emirundi mingi? Si nsonga oba kubadde Turkey, Misiri, Malaysia, Indonesia, Iran oba ne Amerika… Ensonga lwa kubanga abavubuka baba baamaanyi nnyo, babuguumirira, baagala kye baliko, era bakkiririza nnyo mu ndowooza zaabwe ez'okuleeta enkyukakyuka oba obwannalukalala. Kino kiri kityo olw'omutendera gw'okukula abavubuka gwe babaako.

**EBINTU BWE BIDDIIRINNGANA**

**Ekintu ekimu kiyinza okuleeta ekirala mu ngeri eno wammanga;**

**Ebirowoozo ebyereere eby'ekivubuka wamu n'obutaba na bumanyirivu → abazadde okumuvaamu n'okukuubagana n'aboomu kitundu → obukuubagano → okusigala mu bbanga → okuboolebwa → okukola ebitajja olw'okuggwamu essuubi → obutaba na ssuubi → obutaba ba mutima gwagala ky'oliko → bwannakigwanyizi → okufuuka binsobedde.**



bafuuka abateesobola abatalina ssuubi era bayinza obuteekakasa ne balekeraawo okwesiga abantu bonna abalala.

- Abavubuka bawulira muli nga babuze: Abavubuka baba n'ebyokweronderawo okukola ebiwerako mu bulamu bw'ensi eno. Naye olw'okuba beesalirawo bokka eby'okukola nga tebeebuuzizza ku bazadde oba ku bantu abalina obumanyirivu, balemwa okusalawo ekituufu ekisaana. Ekyetaagisa ennyo ku mutendera guno kwe kuleetawo embeera ey'okubayamba nga tebategedde butereevu era nga tebakakiddwa, olwo basobole okusalwo ekituufu eky'okukola.
- Abavubuka bawulira muli nga batuuse ku buwanguzi: Baagala okuwulira nga batuuse ku buwanguzi beekakase nti balina kye basobodde okukola ne kituukirizibwa bulungi. Obuvunanyizibwa obuba bulambuluddwa obulungi bubayamba okutuuka ku buwanguzi. Bwe baba tebalina buvunaanyizibwa bubaweereddwa muli bawulira nga basuuliddwa era nga tebalaba nti balina omugaso. Ate okubawa emirimu emingi oba emikalubo ennyo kibaleetera okulowooza nti tebalina kye basobola era tebasobola kutuuka ku buwanguzi. Ekyetaagisa kwe kubawa emirimu egy'ekigero.
- Abavubuka balina okukwata ebintu ku mwoyo: Okukwata ku mwoyo kwa mirundi ebiri: Okukwata okuva mu kuddiŋŋana ekikwatibwa (kukwata bukusu) n'okukwata okw'okutegeera.
- Okukwata okw'okuddiŋŋana okuyimba ekikwatibwa. Okuyiga obutereevu okw'okukwata obukusu kwe kuddamu okusoma ebikwatiddwa ku mwoyo nga abikutte abitegeeramu katono oba obutabitegeerera ddala. Okukwata okw'okutegeera kwe kumanya amakulu g'ebyo ebikwatiddwa ku mwoyo n'okukwanaganya n'ebirala n'okusengeka ensonga eziri mu ebyo ebikwatiddwa ku mwoyo. Okukwata obukusu kutandika mu buto era kutuuka ku ntikko nga omwana awezezza emyaka 15 egy'obukulu (al-Sayyid 1975). Oluvannyuma obwogi bw'okukwata butandika okukendeera. Naye okukwata okw'okutegeera kutandika ku myaka gya luvannyuma era ne kweyongera okukulaakulana okutuusiza ddala mu myaka egya wakati. Omuntu bye yakwata mu buto biba binywevu nga enjola ezaayolebwa ku jjinja naye ate okukwata mu myaka egy'obukulu kufaananako okuwandiika ku mazzi (byerabirwa mangu).

## Emyaka 21-40: Abavubuka Kwe Bafuukira Abantu Abakulu

Gino gye myaka omuntu kw'akulira, w'abeerera n'amaanyi amangi era wano abantu abasinga we bazaalira ennyo. Yusuf Ali w'omukyasa ekya 19 ne 'Umar bin Al-Khattwaab eyaliwo mu kyasa kya 7 bombi bassa kimu nti ebirowoozo by'omuntu bikulira ku myaka 40 egy'obukulu: emyaka egiddako okukula kw'omuntu kusigala mu bumanyirivu.

## Emyaka 40-65: Emyaka Egyawakati

Emyaka egya wakati gye myaka omuntu mw'aba takyakulira mu mubiri wabula okukula kwe kubeera mu kuyiga, okutendekebwa n'obumanyirivu. Obunafu mu mubiri (da'f ) butandika okujja empolampola mu mubiri.

## Emyaka 65 n'okusukkawo: Shaykhukhah (Okukaddiwa)

Obukadde bujja ne bumalira mu buwangaazi obufuula omuntu omunafu (ardhal al – 'umur), okumanya n'okujjukira we bitandikira okuseebengerera. Abantu bwe bawangaala ennyo okumanya kwabwe kukendeera. Kifaananako okujjukira (memory) kompyuta kw'ekozesa okugenda nga kukendeera. Obulwadde bw'okuwutta bukwata abantu ne kubaggyako okujjukira. Obulwadde buno era buyitibwa shaykhukhah (okukaddiwa), da'fan (obunafu) ne Shaybah (okukaddiwa n'okumera envi).

Olugendo lw'obulamu lutandika na kuzaala mwana abeera talina ky'amanyi, wabula n'aweebwa okuwulira, okulaba ne fu'ad, omutima ogulumirirwa (era ogufumiitiriza). Katonda akoowoola abantu bamwebaze (la'allahum tash-kuruun). Abaana bakula ne bava mu bunafu amaanyi ate omuntu akaddiwa n'addayo mu bunafu (shaybah). Wakati w'okuzaalibwa n'okukaddiwa abantu bafuna okumanya era Katonda abakubiriza bafune okutegeera n'amagezi agoobuntu (la'allahum ta'aqiluun). Mu mutendera ogusembayo mu bulamu ku nkomerero y'olugendo lwe twogerako – abantu bateekeddwa okweyisa obulungi beewale amazambi amanene. Omuntu bw'aweza emyaka 60 aba talina kye yeekwasa ekiba kimukozesa ebibi, nga Nnabbi ﷺ bw'agamba nti: "Omuntu bw'aweza emyaka 60, Katonda Omusonyiyi ennyo aba yamuwa dda ebyokwekwasa ebimusonyiyisa." (BUKHAARI)

**Gye tukoma okukaddiwa gyetukoma obutajjukira, naye engeri gyetusengekamu ensonga esigala nga y'amaanyi. Ekyo kyengera kyennyini!**



Beesiimye abo abaatandika okutendereza Katonda nga bakyali bato ne bakula okutuuka mu myaka egy'amagezi ne balaba era ne bategeera ekyagendererwa mu kutonda abantu okubateeka ku nsi.

**Omwana takulira ku ntambula ya ssaawa. Buli mwana akulira ku sipiidi ye na ku ngeri ye. Essaawa y'omwana eyomunda eyenjawulo abazadde gye balina okwekaliriza.**

## Okuganyulwa Mu Mitendera Gy'okukula



**Omwana ke kakisa kaffe**

Omutima gw'omwana guba muyonjo ate nga mwereere. Mu butonde gusobola okutereka buli kintu n'okusikirizibwa buli kintu (Imaam Ghazaali)

Omwana mwetegefu okukkiriza buli ekimusomesebwa era akkiriza ebiragiro byonna ebiba bimuweereddwa. (Ibn Miskawayhi)

Kano kaseera ka zzaabu atasangika abazadde ke balina okukozesa okubeera n'abaana baabwe n'okubayigiriza ennyo nga bwe basobola!

OKUYONSA MU MYAKA EBIRI EGISOOKA: Guno gwe mutendera ebintu ebikulu mu butonde bw'omwana mwe bizimbirwa. N'ekivaamu ye mwana omulamu obulungi mu mubiri ne mu birowoozo. Omwana bw'aba akyali muto, obwongo bwe, obusuwa obugatta obwongo n'enkwatagana y'ebitundu ebitali bimu bitandika okukula. Obuvumu, obuyiiya, okwagala, amazima, endowooza, olulimi, okuzimbibwa ku mutendera guno. Nga oggyeko emigaso gy'ekisawo emirala egy'okuyonsa, bamaama basiiga abaana baabwe emigaso mingi mu birowoozo byabwe. Okwagala, okusaasira n'okwewa ekitiibwa bye bimu ku bye babasiiga mu myaka ebiri egisooka omwana gy'amala nga ayonka. Bamaama abayonsa nabo baganyulwa olw'akakwate akabeerawo mu nneeyisa wakati waabwe n'abaana be bayonsa.

OKWAGALA N'OKUTYA KATONDA: Abaana beetaaga okulagibwa okwagala nga bakyali bato, okubalaga essuubi, n'empeera okuva eri Katonda Omusaasizi ennyo ow'Ekisa ekingi. Ebikwata ku kubategeeza ebifa ku kutya ebibonerezo n'omuliro biteekedwa okulinda okutuuka nga bawezezza emyaka kkumi n'okweyongerayo, we basobolera okukuba ebifaananyi mu bwongo bwabwe ku bintu ebibayingirizibwa ne babitegeera. Okusinziira ku birowoozo byabwe ebiba bisobola okukyusibwa amangu mu myaka egisooka, obusobozi bw'abaana okuba n'eddembe, obuyiiya n'okulowooza bicankalanyizibwa bwe baba nga bulijjo batiisibwa kwokebwa muliro ku nkomerero. Okukanga abana n'okubatiisa kibamalamu obuvumu, obusobozi bw'okwaŋŋanga ebizibu, okwesa-lirawo n'okwekakasa bo be nnyini.

OKUKWATA EBY'OKUYIGA KU MWOYO: Sseeka Muhammad Ghazaali mu kitabo kye 'Engeri gye tukolaganamu ne Kulaane' (1992) aleeta omulamwa ogukwata ku kiseera we tulina okujjumbira okukwata Kulaane n'ekiseera wetulina okuteekera essira ku kutegeera. Omulamwa gwali gwa kibuuzo ekyetaaga okwanukulwa. Yali anoonya okwanukula okutuufu. Kirabika kaakati nti okukwata kwe kulina okussibwako essira okusinga okutegeera amakulu okutuusa mu myaka egy'ekkumi, olwo ne tutandika okussa essira ku kutegeera n'okuvvuunula amakulu (tafsiir) okuva ku myaka kkumi neesatu okweyongerayo. Mu ngeri eno obusobozi bw'obwongo buba bukozeseddwa ku makungula agaddako agaba gavudde mu kusooka okukwasa omwana oluvannyuma n'azzaako okutegeera.

**EMIRIMU GYA DA'AWAH:** Gino girina okwongerwamu amaanyi omwana nga ali mu myaka egiri wakati wa 13 – 19, kuba mu kiseera kino abaana baba bategeera ebintu ebibasome-sebwa ebitalabwako nga; Ejjana, Omuliro n'Enkomerero. Amaanyi gaabwe n'ebirowoozo byabwe ku mutendera guno bibeera waggulu era okwagala kwabwe kuyinza okuluŋŋamizibwa okudda eri ebikolwa ebirungi, okujjumbira eby'omwoyo, n'okwerekereza olw'okufuna ekirungi ekigasa abantu bonna. Ebirowoozo by'omwana ali mu myaka egyo egy'ekitiini, byetaaga okuba nga birimu okukozesa amagezi. Abaana beetaaga okwongera amaanyi mu mikolo gy'okusinza basobole oku-fuga ebirowoozo byabwe mu biseera we wabeererawo ebizibu n'okubongera amaanyi mu kwesiga Katonda (tawakkul).

**OKWEGENDEREZA OKUNENYA ABAANA ABAVUBUSE:** Abavubuka balina okutendekebwa nga tukozesa obukodyo tuleme kubakosa mitima n'okutyoboola ekitiibwa kye bessaamu. Ekigende-rerwa kwe kuluŋŋamya okukula kwabwe, sso ssi kubamalamu kwekakasa kwe balina. Okuba-zzaamu amaanyi n'okubatumbula ly'ekkubo erisaana okukozesebwa ku mutendera guno. Obuggya n'okugerageranya baganda baabwe abalala engeri gye bayisibwamu abaana babirowoozaamu nga abavubuka. N'olwekyo kyetaagisa okuyisa abaana bonna mu ngeri ennungi era ey'obwenkanya.

**OKUZIMBA OKWETEGEREZA MU MWANA KWONGERWEMU AMAANYI:** Mu biseera bya kaabuvubuka, abavubuka batandika okwagala okwetegeera, okutegeera ab'okukyalo kwe bali, ensi yonna n'okutegeera ebyo ebitalabika (al-ghayb). Kino kye kiseera ekituufu okwogera ku njigiriza entuufu ekwata ku bw'omu bwa Katonda (Tawhiid), okufuula omuntu omusigire ku nsi (Isti-khlaaf), okuzimba ensi n'okugireetamu obugunjufu ('Imraan) ebikwata ku nsi nga bwetugirabamu, ekigendererwa mu bulamu, enkolagana omuntu gye yeeyisaamu nga ali yekka, nga ali n'abalala n'ebimwetoolodde n'engeri gy'akolaganamu ne Katonda.

**OKUYIGA OLULIMI OLWOKUBIRI:** Kino tekisaana kulinda myaka kusoba mu kkumi. Kyetaaga kutandikako nga omwana tannaweza myaka 10. Kino kye kiseera amaloboozi we gatandikira okukula nga gayitira mu bwongo, wamu n'obusuwa obugatta ku bitundu by'ombiriri ebirala. Singa omwana ayiga okusoma amaloboozi g'ennyukuta z'olulimi olwookubiri nga bw'asoma olulwe nga akyali muto ddala ekyo kye kisingako obulungi. Abaana balina obusobozi bungi okuyiga ennimi eziwerako mu buto awatali kukisangamu buzibu. "Obwongo obusinga obuto buba n'amagezi mangi nnyo agabusobozesa okuyiga olulimi, ate omuntu bw'ayiga ennimi bbiri nga muto kimwanguyira okuyiga olulimi olwokusatu oba olwokuna gye bujja. Bwogeraageranya n'abantu abakulu oba abaana abasoma siniya, abaana abato basobolera ddala okuyiga ennimi engwira nga Olugirimaani kumpi kwenkana bannyini lwo ne bageegeenya amaloboozi g'olulimi olwatufu olukozesebwa mu bifo ebitongole (Glod 2006). Mu ngeri y'emu asobola okuyiga oluwalabu n'ennimi endala.

### Hafiz omusiiriya ow'emyaka ena n'ekitundu (4½).

Omwana amanyiddwa mu byafaayo okuba nti yakwata Kulaane yonna nga wa myaka enna n'ekitundu (4½) ye Abdullah Ahmad Shghalah eyazaalibwa mu kibuga Aleppo, Syria mu mwaka 1996. Yatandika okukwata Kulaane nga wa myaka esatu nga agimalako nga wa myaka ena n'ekitundu. bwe yaweza emyaka etaano egy'obukulu yakwata Hadiisi 1,000 eza Nabbi ﷺ ate n'akwata n'obunyiriri 1,000 obw'ebitontome.

Ekyafaayo kino kyatandikira ku dduuka lya taata we bwe yawulira omwana we ow'emyaka ebiri nga ayimba (atontoma) ekitontome kya Ummu Kulthum ekigamba nti "Abantu bandyazaamanyizza (Zwalamuuni an-Naas). Ekyo kyaliwo nga omwana yaakawulira ekitontome ekyo ku leediyo y'aboomuliraano eyali ereekaana. Abazadde kwe kusalawo obwogi bw'okukwata omwana bwe yalina babuzze ku kukwata Kulaane. Baatandika okumusomera essuula entonotono naye bwe baazisomanga omulundi ogwokubiri omwana Abdullah nga abeera azikutte ku mwoyo, era nga azaatula bulungi okusinziira ku mateeka ga tajiwiidi.

Abdullah bwe yaweza emyaka etaano yafuna ekirabo ky'okusoma Kulaane mu mpaka z'eggwanga Syria ezaali ez'abaana abali wakati w'emyaka 14 okutuuka ku 30. Ye mwana omuto eyasooka okuwangula empaka za Kulaane. (AL-USRAH MAGAZINE 2005)

## Okukwata Kulaane Ebuvanjuba N'ebugwanjuba

Enkola esangibwa mu nsi ensiraamu ey'okuwandiisa abaana abatannasoma mu masomero agakwasa Kulaane evuddemu ebibala. Wadde nga Abasiraamu abasinga obungi (ebitundu bina ku bitaano) tebamanyi luwalabu naye basobola okukwata Kulaane yonna newankubadde nga tebagitegeera. Ekyo kiva ku bwongo obwogi bwe balina okuva mu buto. Okuvvuunula amakulu ga Kulaane kuyinza okujja oluvannyuma nga omwana asussizza emyaka ekkumi. Mu nsangi zino enkola ey'okukwata tessibwamu maanyi mu Bulaaya, ka kube kukwata Bayibuli, ebitontome oba emizannyo gya katemba. Wabula Abakristu ab'edda baakwatanga Bayibuli ku mwoyo. Abaana abawalabu Abakristu abamu bakwata Kulaane ku mwoyo. Kino kibawa enkizo mu kwongera okuyiga ebigambo ebikozesebwa, olulimi, okwongera okwogiwaza obwongo bwabwe ne butereka ebintu bingi n'okubiggyayo okubikozesa nga kyetaagisizza.

**Okukwata kulaane mu buto kiyamba okukola obulungi mu siniya**

**Dr. Yusuf Khaliifa** (eyaliko minisita w'ebyenjigiriza mu Sudan) yagamba bw'ati:
Okusinziira ku bumanyirivu bwaffe ku masomero agakwasa Kulaane agenjawulo (Khalawi) ne ku masomero amalala mu Sudan, kyakakasibwa nti abaana abakwata Kulaane baba n'obwongo bwogi obusobola okutereka, n'okuggyayo ebiba bikwatiddwa okubikozesa, n'okutegeera ebisomesebwa ebikalubo n'obukunizo. Abaana bano ababa bataasomako mu masomero agaabulijjo, baweebwa omusomo gwa myaka ebiri okubateekateeka okuyingira zi yunivaasite. Abaana kyenda ku kikumi ebigezo by'eggwanga. Baali ku mutindo gumu ne bannabwe abalala abaasoma mu masomero g'ekizungu mu myaka 12.
Abdullah (1994) yakizuula nti okukwata okw'omubuto kusobola okuyamba okwogiwaza eky'okukwata emyaka gye gigenda gyeyongera mu bulamu bw'omuntu.

## Ekyokukola



### EKYOKUKOLA 31: AMAGEZI ERI ABAZADDE

Taata ne maama: Mukubaganye ebirowoozo ku nsonga zino wammanga, bwe mumala musalewo ku ngeri gye munaaziteekamu mu nkola ku baana bammwe.

- Abaana bo bawe ekisukka ku kye basuubira era okikole nga oli musanyufu.
- Tokkiririza mu buli ky'owulira oba okusaasaanya sente zonna z'olina.
- Bw'ogamba nti 'Nkwagala', kitegeeze (kikolereko).
- Bw'ogamba nti 'Sigenderedde', tunuulira gw'okigambye mu maaso.
- Tosekereranga birooto bya baana bo. Abantu abatalina birooto tebalina bintu bingi.
- Bwe mufuna obutakkaanya, lwana bulungi olutalo. Toyita muntu linnya (ly'atayagala)
- Topimanga ddaala lya bantu nga osinziira ku mbeera bakadde baabwe gye balimu.
- Omuntu bw'akubuuza ekibuuzo ky'otayagala kuddamu, mwenya obuuze nti 'lwaki oyagala okukimanya?'
- Okwagala okungi n'okutuuka ku buwanguzi obw'amaanyi byombi bibaamu akabi kanene.
- Omuntu bw'ayasimula mugambe nti 'Katonda akusaasire'
- Bwoba ofiiriddwa, ate tofiirwa kufuna kyakuyiga.
- Weewenga ekitiibwa: wa abalala ekitiibwa: era twala obuvunaanyizibwa ku byonna by'okola.
- Tokkirizanga enkaayana entono okukosa oluganda olw'omusaayi olunene.
- Bw'okakasa nti osobezza, teekawo amakubo ag'okugigolola.
- Bwoba oyanukula essimu beera musanyufu.  Akukubidde aggya kuwulira essanyu eryo mu ddoboozi lyo.
- Ebiseera ebimu bimale nga oli wekka.

**Abazadde mutegeere egimu ku mitendera gy'okukula kw'abaana bammwe**

- **Emyaka egy'okutereeza: 1 – 7**
- **Emyaka egy'okukoppa: 8 – 12**
- **Emyaka egy'okuba n'amaanyi mu mutima (agakola) 13 n'okweyongerayo.**

ESSUULA 9

# Ekkubo Erituusa Ku Mwana Omulamu: Endiisa, Okukuba Dduyiro, N'otulo Otumala


- Ebyanjula: Obulamu Bwe Bulina Okukulembezebwa 174
- Ekiseera Omwana Ky'amala Mu Lubuto 174
- Okuzaala Nga Kuwedde: Obutakkaanya Ku Kugema 175
    - *Okuvumirira Eddagala Erigema* 176
- Obuyonjo N'okweyonja 178
- Obulamu: Enkola Z'obusiraamu 178
    - *Mu Kabuyonjo* 179
    - *Enviiri N'enjala* 179
- Endya 182
    - *Okulya Ekisusse (Funduukululu)* 182
    - *Imaamu Ghazaali By'agamba Ku Mpisa Z'okulya* 184
- Ebikwata Ku Baana N'endiisa 185
    - *Ekiseera Ky'olubuto* 184
    - *Okuva Omwana Lw'azaalibwa Okutuusa Ku Myaka Kkumi* 185
    - *Abatannaweza Myaka Kkumi N'abayisa mu Kkumi* 186
    - *Ekyokulabirako Ky'emmere Y'abaana Ab'emyaka 2-10* 186
    - *Ebibuuzo Ebitera Okubuuzibwa* 187
- Kulaane By'eragira Ku Mmere 192
- Abaana N'okukola Dduyiro 194
    - *Abaana N'engatto* 195
    - *Engeri Y'okutumbula Abaana Bye Basobola Okukola* 195
- Ebiseera Ebisaana Okukoleramu Dduyiro 196
- Okwebaka 197
    - *Engeri Obuteebaka Gye Bukosaamu Obulamu* 198
- Ebitamiiza: Okunywa N'okuziyiza Okukozesa Ebiragalalagala 200
    - *Abaana N'okukemebwa* 200
    - *Obubonero Obusooka Obukulaga Nti Omwana Akozesa Ebiragalalagala: Abazadde Balina Kukola Ki?* 202
    - *Okwemaanyiiza Ebiragalalagala Bw'okugeraageranya N'enkolagana Y'amaka Ennungi* 204
    - *Enteekateeka Z'okubudaabuda Omulwadde Nga Amaze Okusiibulwa Mu Ddwaliro: Eddiini Nga Ekkubo Eritangira* 205
- Obumenyi Bw'amateeka 206
- Ebyokukola 32 – 38  208

## Ebyanjula: Obulamu Bwe Bulina Okukulembezebwa

Omulwadde yabuulira abasawo obulumi bwe yalimu. Bwe yamala, omu ku basawo kwe kumugamba nti, "Omalira ebiseera bingi nnyo ku ssente nga okuuma ebyobugagga bya biizinesi zo nga ebyuma n'ebizimbe naye ekyobugagga ekisinga gy'oli okiragajjalira – omubiri gwo!"

ABEDDA KYE BAGAMBA NTI "okuziyiza kusinga okuwonya" ejja kusigala nga ntuufu era abazadde balina okugiteekako omwoyo. Tebasaana kulinda mbeera mbi kujja ne balyoka bayiiya eky'okugikolera. Abazadde bwe bakola ensobi yonna ekwata ku bulamu bw'omwana eyinza okukosa ebiseera bye eby'omumaaso. Abazadde balina obuvunaanyizibwa bwa mirundi ebiri; okulabirira obulamu bwabwe bombiriri n'obwomwana. Ekyomukisa omubi, abantu abasinga mu kifo ky'okusaasaanya obusente obutono mu kugema basaasaanya mudidi nga omulwadde waabwe ali mu kasenge akabeeramu abalwadde abayi. Okukola ekintu ekituufu mu kiseera ekituufu kukekkereza ate kubeera kwangu, era kuvaamu amagoba. Obutafaayo butuleetera okwejjusa n'okunakuwala. Ekyakabi ennyo kwe kuba nti obulamu bw'omwana buyinza okwonooneka ne butaddayo kutereera.

Tekiba kizibu okumanya nti omuntu azzizza gwa nnaggomola ssinga alagajjalira obulamu bw'abaana be singa balwala sso ng'abadde asobola okubagema awatali kusanga buzibu. Oluusi omuntu yeesanga obudde buweddeyo okutaasa embeera ne bw'afuba atya ne bw'asaasaanya sente ze ezenkana wa.



Kale nno obulamu bwe busooka. Tekisoboka kuba na famire nnungi, omulimu omulungi okusoma okulungi oba ebiseera eby'okweyagala singa omuntu taba na bulamu bulungi. Era amagezi amalungi gaba mu mubiri omulamu obulungi era okukula kw'omwana okwetaagisa mu bwongo n'enneeyisa mu birowoozo tebiyinza kubaawo okuggyako nga omubiri gwe mulamu ddala. Abazadde balina okukakasa nti abaana baabwe bafuna amazzi amayonjo, okukuuma obuyonjo awaka, okubawa emmere erimu ebiriisa, okubagema mu biseera ebituufu, okukola ekisessayizi n'okuba n'omusawo abajjanjaba. Okukuza abaana abalamu kutandika omukyala tannafuna lubuto; n'olwekyo omusajja ateekeddwa okufuna omukyala omulamu n'omukyala bw'atyo.

## Ekiseera Omwana Ky'amala Mu Lubuto

Maama w'omwana ali mu lubuto alina obuvunaanyizibwa ku mwana we. Emmere erimu ebiriisa, otulo otumala, okugendanga ew'omusawo bulijjo n'okukola dduyiro byonna byetaagisa eri ayagala okusumulukuka obulungi. Omukyala ow'olubuto ateekeddwa okwewala obulwadde obuleetebwa obuwuka bu bbakiteeriya, era talina kukozesa bintu byakabi nga: ebiragalalagala ebyakabi, emmere etali nnungi, n'omwenge. Okunywa ssigala kimu ku bintu eby'obulabe ow'olubuto by'alina okwewala. Omwana ali mu lubuto afuna buli kimu okuva ku maama we (eby'okulya, omukka gw'assa ogwa okisijeni nga byonna biyitira mu nsungwe n'ekirira). Okunywa ssigala tekukoma kusembeza butwa eri omwana ali mu lubuto naye era kulemesa entambula y'emmere okuva eri maama we okumutuukako. Soma ebigambo ebibeera ku pakiti za ssigala gwe bakolera mu Amerika!

**OKULABULA KW'OMUSAWO ALONGOOSA**

**Okufuuweeta ssigala kuleeta kookolo w'amawuggwe, obulwadde bw'omutima, okuzibikira obusawo bw'ama wuggwe, era kuyinza okuleeta obuzibu ku mwana ali mu lubuto.**

Singa omukyala ow'olubuto afuna akawuka alina okulaba omusawo amangu aleme kukosa mwana ali mu lubuto. Kino era kirina okukolebwa omukyala bw'aba ayonsa. Endwadde ziyinza okuziba omwana amaaso, okuggala amatu, okutabuka omutwe oba okulwawo okutegeera ebyogerwa. Bamaama b'abaana balina okwekebeza omusaayi, mu kiseera we babeerera embuto kisobozese okuziyiza obulwadde obuyinza okwonoona obwongo bw'omwana oba obuyinza okumutta.




**Ekifo Omutanywera Sigala: Awali Okwagala, Wabaawo Ekkubo!**
Ensi zisobola okukendeeza okunywa sigala mu kigero ekiwerako singa beewaayo okukikola. Kyabeerawo ko mu Amerika.

**Okunywa Sigala Tekukkirizibwa** – Mu mwaka gwa 1985 obubuga obwa Musupaali obwalina amateeka agettanira okufuna empewo ennyonjo bwali 202, omwaka 2003 we gwatuukira bwali buweze 1631.

Nga etteeka olitadde ku bbali, abazadde bateekeddwa okukuuma abaana baabwe baleme kubeera mu bifo ebinywerwamu sigala ka bibe waka oba ebweru w'awaka.

## OKUZAALA NGA KUWEDDE: Obutakkaanya ku Kugema

*Ensonga eziwagira n'okuwakanya okugema zireeteddwa wammanga abazadde basobole okwesalirawo nga basinziira ku kumanya.*

Omwana ng'azaaliddwa, abasawo bateekeddwa okumukebera, naddala amaaso, amatu n'okukebera ebiyungo oba bikola. Bw'aba mulenzi alina okutayirirwa olw'okutangira obulwadde obuyinza okumulumba nga si mukomole. Abazadde bangi bamanyi omugaso gw'okugema era bagoberera ennaku zaakwo. Naye 80% ku bbo tebamanyi nti emirundi omwana gy'agemebwa egisinga obungi gibaawo nga tannaweza myaka ebiri. Kyewuunyisa engeri gye tugemamu obukoko nga bukyali mu ggi nga ebulayo ennaku ssatu bwalulwe bwetutyo ne tugema n'ennyana nga tezinnazaalibwa, naye ne tulemwa okugema abaana baffe nga tebannaweza myaka ebiri.

Abaana bo banyumize ekyafaayo ky'okugema endwadde; "Dokita Edward Jenner eyaleeta ekirowoozo ky'okuvumbula eddagala erigema endwadde mu mwaka 1796, kino kyafaayo kya buyiiya. Mu busawo waliyo ebirowoozo ebirungi bya mirundi esatu: ebirowoozebwako buli omu, ebitalowoozebwako buli omu n'ebyalowoozebwa Dokita Edward Jenner. Yasooka kuwulira baliraanwa be mu byalo bye Gloucestershire, England, nga bagamba nti abantu ababa bakwatiddwa obulwadde bwa Cowpox (kawaali akwata ekibeere ky'ente) tebatera kulumbibwalumbibwa kawaali (smallpox) ow'amaanyi awo Jenner n'ateebereza nti obulwadde buli obusoose buteekateeka omubiri okulwanyisa obulwadde obusembyeyo. Endowooza eno basawo banne baagiwulira nga etajja bulungi mu magezi. Anti mu biseera ebyo ebigambo nga "Okugema okubeera mu mubiri" (immune system) n'obuwuka obulumba omubiri (germs) tebyaliwo. Lwakubanga ebyo byombi baali tebabirowoozangako (Carmicheal 2007).

**Okugema kuyinza okuyamba ennyo!**



Endwadde mukaaga zinnamutta ezikwata abaana mwe muli; olukusense, polio, akafuba, tetanaasi, ekifuba ekiraakiira n'okuziyira – zitta abaana bukadde na bukadde buli mwaka. Abasinga obungi baba baana bato abataliisibwa bulungi ne kireetera emibiri gyabwe obutalwanyisa ndwadde. Eddagala erigema endwadde ezoogeddwa waggulu limanyiddwa okumala emyaka mi-ngi era limazeewo endwadde ezo mu nsi nnyingi ezikyakula. Kumpi buli mwana mu Amerika agemebwa endwadde ezo ez'amaanyi, naye abaana abali mu kadde mu nsi ezikyakula boolekedde akatyabaga kubanga tebasobola kufuna ddagala erigema endwadde. Abaana amakumi abiri ku buli kikumi mu nsi ezikyakula tebalina ddagala ligema era buli mwaka abaana obukadde busatu be bafa mu nsi yonna olwokuba eddagala erigema endwadde.
(Biggyiddwa mu katabo: "Ku lw'abaana: Ekirabo ky'obulamu, okusomesa n'essuubi – UNICEF 2003).

Wabula ye Jenner yali akkiririza bulungi mu ndowooza ye. Ne maama w'omwana omu yali amukkiririzaamu. Yakkiriza Jenner okukebera omwana we ow'emyaka 8 eyayitibwanga James Phipps, kawaali w'ente bwe yalumba eggana lye ekiseera ky'obugonvu nga kyakaggwa (spring). Dokita Jenner yaggya amasira mu mulaalo eyakamanga ente z'omukyala oyo n'agateeka mu mpiso n'agakuba omulenzi eyalina obulwadde bwa kawaali. Omusawo yalindirira okumala ebbanga eriwerako n'alaba nga omwana takwatibwa bulwadde bwa kawaali. Bwe yamala yalangirira obuwanguzi era nti yali ntandikwa ya mulembe mupya (ogw'okugema endwadde). Awatali kubuusabuusa Jenner bwe yategeeza abantu ekirowoozo kye baamubala nti yali agudde ddalu; tekyewuunyisa kubanga abaleeta enkyukakyuka bwe baba.

Eddagala erigema likyusizza ensi yonna ne limalawo obulwadde bwa kawaali era liyambye nnyo okumalawo polio n'olukusense mu nsi ezaakula. Eddagala erigema libalibwa mu bintu ebikulu ebyekisawo ebyavumbulwa mu byasa ebibiri ebiyise, era nga (okugema) kukkereza ensimbi. Eddagala erigema terivumula bulwadde; wabula libuziyiza, era nga ekyo kye kisingako obulungi. Singa abantu 100 bagemebwa endwadde, omugaso teguba gumu gwokka ogw'okuba abalamu bulungi naye era ekyo kiyamba okuziyiza abalala be baaliziise okufuna obulwadde obugemeddwa.

Buli mwaka eddagala eryeyambisibwa okugema litaasa obulamu bw'abantu bangi. Mu bitundu bingi ebya Afrika, Asia ne Latin Amerika, abaana tebatuukibwako ddagala lya kubagema obutafaananako mbeera eri mu nsi ezaakula edda, ekivaamu, be baana abo okufa, era tewali n'omu k'abe wa agemebwa bulijjo mu ngeri esaanidde okumutaasa endwadde zinnamutta – Siriimu, akafuba, omusujja gw'ensiri, nga endwadde ezo zitta abantu bukadde na bukadde buli mwaka. Kubanga wadde obukugu mu ddagala n'obusawo bikulaakulanye, naye eddagala eddungi erigema endwadde ezo terinnabaawo.

## OKUVUMIRIRA EDDAGALA ERIGEMA

Abantu abasinga tebamanyi mitawaana giddako oluvannyuma lw'okugema abaana abato ennyo. Abawakanya eddagala erigema bagamba nti abatendereza okugema okutambula obulungi oluusi baba beerabidde nti ekyo kiba kivudde ku kulongoosa mbeera ya bya bulamu eby'abantu bonna (naddala ebikwata ku kufuna amazzi amayonjo, okubeera mu bifo omutali mujjuzo, endya ennungi n'okubeera mu mbeera eyeeyagaza).

"Eddagala erigema lyonna libaamu obutwa, endagabutonde (DNA) okuva mu mubiri gw'ebisolo n'embuto eziba ziggyiddwamu n'ebizimba omubiri nga biri mu kifaananyi ky'obuwuka bu Vayiraasi ne bu bakiteeriya. Obukugu obukozesebwa (tekinologiya) businziira ku saayansi ayiseeko emyaka egisoba mu bikumi ebibiri era (saayansi) oyo agamba nti eddagala erigema liyamba mu kuteekateeka omubiri okulwanyisa endwadde. Obutwa obutabulwa mu ddagala erigema buleeta ebizibu ebiyinza okulemesa omubiri okulwanyisa endwadde n'okukosa obusimu bw'omubiri kubanga si kyangu kumala ddagala eryo mu mubiri, likunngaanira mu bwongo ne mu bitundu ebirala, ne lyonoona obusimu. Ebiriisa ebya puloteni ebiggyiddwa ebweru (w'omubiri) n'endagabutonde, singa tebisaabululwa n'okuggyibwa mu mubiri biyinza okwesolossa mu mbubi z'obutoffaali."
(httb:// www.know.vaccines.org/parent.html)

Enteekateeka y'omubiri erwanyisa endwadde kigitwalira emyaka egiwerako okukula, era okutuuka awo emala kulumbibwa buwuka bu bakiteeriya ne bu Vayiraasi (olwo omubiri ne guyiga okububufulumya nga gukozesa omusujja, eminyira, okutuuyana n'okububufuka). Okugema kulemesa abaana okugema kw'obutonde okukolebwa omubiri okwaliyambye omuntu obulamu bwe bwonna n'atakakwatibwa ndadde (nga olukusense, wayirindi (simaama) amambulugga, nnamusuna n'ekifuba ekiraakiira). Okugema bwe kuba kuwedde, omubiri gusigala gulindiridde ekintu ekiyinza obutajja. Ekiddirira enteekateeka y'omubiri erwanyisa endwadde (abaserikale b'omubiri) efuuka mpuliddekakuba n'okugireetera entondo.

**Abawakanya okugema bagamba nti obulamu obulungi y'engeri esinga obulungi esobola OKUGEMA endwadde.**

**Ebiwuka tebiri "wabweru" nti bitulindiridde. Singa tuba balamu mu mibiri gyaffe munda, omubiri gusobola okulwanyisa yegu (sennyiga), olukusense, oba kyonna ekiba kitwetoolodde. Ekikulu kwe kuba nti omuntu asobola OKULUMIZIBWA endwadde.**

**(Sinclair 1995), (Head 1999)**

Abasawo abakugu mu kujjanjaba abaana bawa (abazadde) amagezi okukebezanga abaana baabwe bulijjo nga bawezezza emyaka mukaaga, munaana n'ekkumi ate okuva ku myaka kkumi na gumu babakebezenga buli mwaka omulundi gumu. Okukebeza abaaba kuno kulungi kubanga bwe wabaawo obulwadde bujjanjabwa mangu ne buwona okusinga obutabakebeza obulwadde ne butamanyibwa ne bufuuka obw'olukonvuba (obutawona). Ensi ezimu zaagifuula nkola okukebera abayizi abatandika okusoma ku buli ntandikwa ya ttaamu esooka mu mwaka, era kino kirungi. Obulemu mu baana (nga obutawulira bulungi, obutalaba bulungi, oba obutayogera bulungi) byonna biyinza okuzuulibwa mu kukebera okw'engeri eno. Abazadde amaanyi basaana bagamalire ku kugema ndwadde. Ng'oggyeko okugema, ebyetaago ebisookerwako ebireeta obulamu obulungi mwe muli obuyonjo, endya ennungi, okusula obulungi, n'okukola ekisessayizi.

**Okugema ky'ekyokufuna ekisinga okuba ekyebbeeyi mu nsi yonna**

Ddoola 15 zimala okugema omwana wadde nga tusobodde okukola omulimu omunene mu myaka 20 egiyise ne tusobola okugema abaana 80 ku buli 100 mu nsi yonna, naye abasoba mu bukadde obubiri bakyafa buli mwaka olw'obutaba na byabulamu busookerwako sso nga bya ssente ntono.

**Okukkaatiriza ensonga eno, kiri eri bazadde okwesalirawo nga bamaze okumanya oba batwala abaana baabwe eri abasawo okugemebwa oba obutakikola.**

## Obuyonjo N'okweyonja.

Obuyonjo ly'ekkubo erisinga okuba ery'amaanyi mu kulwanyisa endwadde ezireetebwa obuwuka bwa bakiteeriya ne Vayiraasi. Mu mbeera eya bulijjo obuwuka buyitira mu ngalo zaffe ne bugenda mu bitundu by'omubiri ebirala (abantu bwe bakwata ku maaso gaabwe, emimwa, ennyindo n'amatu). N'olwekyo omuntu bw'anaaba engalo ze emirundi egiwera buli lunaku obuwuka obubaamu bukulukutira mu mazzi g'anaabye.

Omuwandiisi w'ebitabo Omumerika Rose Wilder Lane 1886 – 1968 mu kitabo kye *"The Discovery of Freedom"* nti, "Abantu bavunaana Nnabbi Muhammadi ﷺ nti yali mukambwe, naye nze nnakizuula nti obukambwe bwe bwali ku kintu kimu obuyonjo n'okweyonja."

Nnabbi Muhammadi ﷺ yawaana eky'okwetukuza emirundi etaano buli lunaku omuntu nga tannasaala n'agamba nti, "Esswala ettaano zifaananako omugga ogukulukuta ng'ayita ku mulyango (gw'enju) y'omu ku mmwe n'anaababira omwo emirundi etaano buli lunaku."

(MUSLIM)

## Obulamu: Enkola z'obusiraamu

Okulunngamya kwa Nnabbi ﷺ ku kweyonja tekukoma ku kunaaba ngalo zokka, ekyenyi, n'emikono emirundi etaano olunaku. Enjigiriza eno etukubiriza okunaaba engalo nga tugenda okulya n'oluvannyuma lw'okulya ne buli lwe tuva mu kabuyonjo.

Okukuuma omutindo gw'ebyobulamu omulungi n'okweyonja kye kirabo Obusiraamu kye bwawaayo mu by'obusawo. Tuyinza okukikkaatiriza nti amazzi amayonjo n'omuntu okweyonja bitaasa obulamu bw'abantu okusinga eddagala lyonna erirwanyisa obuwuka obuleeta endwadde nga oligasse wamu. (Abasiraamu) baafuna ekyokuyiga okuva ku bikolwa n'ebigambo bya Nnabbi ﷺ, okugeza yagamba nti; "Obuyonjo kitundu kyakubiri eky'obukkiriza (Essuula eyogera ku Buyo-

### Abasajja, N'abakazi N'okweyonja



Bwe kituuka ku mpisa y'okuyonja engalo, mu U.S. ne U.K., abakazi be basinga abasajja obuyonjo. Okunoonyereza okwakolebwa Michigan State University mu biyigo bya bbaala, ebirabo by'emmere, n'ebifo ebirala ebyalukale mu U.S. kwakizuula nti ebitundu 15 ku buli kikumi eby'abasajja tebaanaabiranga ddala ngalo, bw'obageraageranya n'abakazi ebitundu 7 ku buli kikumi. Okunoonyereza era kwakizuula nti: Ebitundu 5 ku buli kikumi eby'abantu abaakozesanga ekinaabiro bokka be baanaabanga engalo okumala akaseera akaneneko akamala okutta obuwuka obuleeta endwadde. Abantu ebitundu 33 ku buli kikumi tebaakozesanga ssabbuuni ate ebitundu 10 ku buli kikumi bbo tebaanaa biranga ddala mu ngalo. Mu U.K. mu kusoma okugazi, ebitundu 99% eby'abantu abaabuuzibwa ku kaabuyonjo ali mu bifo ebiddaabirizibwamu mmotoka baagamba mbu baanaabanga engalo nga bagenze mu kaabuyonjo. Wabula, ebyava mu kuwandiika kw'akuuma k'amasannyalaze byalaga nti abasajja ebitundu 32 ku buli kikumi n'abakazi ebitundu 64 ku buli kikumi be bokka abaanaabanga engalo (BBC 2012). Ekkubo lyokka ery'okulwanyisa okusaasaana kw'obulwadde kwe kunaaba engalo n'amaanyi okumala obutikitiki 15-20 ne ssabbuuni n'amazzi. Amerika esaasaanya ssente ezisukka mu buwumbi omwenda obwa ddoola buli mwaka nga zikozesebwa okujjanjaba endwadde eziva ku butanaaba mu ngalo!

(HYDE NE SANSONI, ASM, 2005)

**EKIBUUZO:** Ab'obuyinza mu Spain mu kiseera ky'okuyigganya Abasiraamu n'Abayudaaya, baazuulanga batya abantu abaali Abasiraamu mu mutima naye nga beeyita Bakristu oluvannyuma lw'okubakaka okukyuka.

**OKWANUKULA:** Omuntu bwe yasigalanga nga muyonjo nnyo, olwo (nga kigambibwa nti) ateekwa okuba nga akyali Musiraamu naye nga agezaako okwefaanaanyiriza Omukristu.

njo n'obukkiriza / Ekitabo kya Muslim) era yagamba nti, "Omubiri gw'omuntu gulina bye gubanja nnannyini gwo." (Al-Dahabi 2004).

Nnabbi ﷺ bwe yalwala yakozesa eddagala ery'ekinnaansi era oluusi yannyonnyola enkozesa ya lyo. Yali w'amaanyi era nga mulamu bulungi eyeenyigiranga mu mirimu egy'amaanyi (nga mwe muli n'entalo ze yalwana omwali n'okusima oluwonko okwetoolooza ekibuga Madiina bwe kyali kinaatera okulumbibwa omulabe). Buli mwaka yatindigganga olugendo olugenda mu mpuku y'olusozi Hira buli mwaka ekyo nga kyali kyetaagisa amaanyi.

Abazadde bateekeddwa okussa essira ku kweyonja kw'abalenzi n'abawala nga tannaba kuvubuka, bwe baba bakifubyeko nga bukyali kiba kirungi nnyo. Obuyonjo bw'abaana buteekwa okufiibwako ennyo. Abaana nabo balina okuvunaanyizibwa ku kusaala, okusiiba, wamu n'emirimu emirala egyakakasibwa mu ddiini okufaananako abantu abakulu. Kale nno balina okukuzibwa obulungi bakuumenga emibiri gyabwe nga miyonjo, engoye zaabwe nga zitukula n'ebifo ebibeetoolodde bibe biyonjo.

## OBUYONJO MU KABUYONJO

Abasiraamu kibakakatako okukuuma engoye zaabwe ez'omunda nga nnyonjo wamu n'ebitundu byabwe ebyekyama. Obuwale obw'omunda ne sitookisi birina okukyusibwa buli lunaku bireme okuwunya. Era biteekwa okwozebwa muleme kussigala bbala wadde olusu. Nnabbi ﷺ yatukubiriza okweyonja ennyo nga tumaze okweyamba (istinjaa), nga tusooka kweggyako bukyafu obw'omusulo n'empitambi nga tukozesa amazzi oba ebintu ebirala ebitukula ate nga bikalu okugeza obupapula bu toyireti ppepa nga tukozesa omukono ogwa kkono. Ebitundu byekyama biteekeddwa okunaazibwa ne bitukula ate ne bikazibwa. Amaka Amasiraamu galina okubaamu olupiira lw'ammazi mu kabuyonjo oba ebintu ebissibwamu amazzi nga obudomola bukozesebwe mu kweyonja ate bwe tuba tulya tukozesa mukono ogwa ddyo obukyafu buleme kwegatta na mmere (wadde nga tuba twanaabye bulungi engalo nga tuvudde emmanju).

Nga tumaze okwetukuza n'amazzi ekisinga kwe kwesiimuula ne tukala (naddala abawala) kiyambe okuziyiza okukwatibwa obulwadde, obuyinza okujja mu kawale akoomunda akatakaze. Abawala beesiimuula kuva mu kitundu eky'omu maaso okudda emabega sso si kuva mabega nga badda mu maaso. Era kirungi akawale ak'omunda kabeere nga tekamiima ate nga ka ppamba kasobole okuyisa empewo era kasobole okukala amangu obutafaananako akawale ka nayilooni ne polyester. Engalo zirina okunaabibwa ne ssabbuuni oluvannyuma lw'okukozesa kabuyonjo enjala n'engalo zireme kusigalamu lusu lwonna. Nnabbi ﷺ yatukubiriza obutakuza njala.

## ENVIIRI N'ENJALA

Enviiri ezimera mu nkwawa (ebyenkwawa) n'ezo eziriraanye ebitundu ebyekyama ziyinza okuleeta olusu. Bwezeegattako okubeera mu kifo ekyekusifu ate nga kiweweevu (kitobye) enviiri zikifuula ekisulo ky'obuwuka bubakiteeriya mwe busobola okukulira obulungi. Ebifo ebyo bwe bimwebwa olusu lukendeera era si kyangu kikwatibwa bulwadde obutawaanya nga okusiiyibwa mu bitundu ebyo oba okukwatibwa ensekere z'omungoye. Nnabbi ﷺ yagamba bwa'ti:

> Obadde okimanyi nti obulwadde 98 ku buli kikumi obukwata abaana buva ku kuteeka engalo zaabwe mu kamwa?
> Ziyiza obulwadde obwo nga oyita mu kuwa omwana eby'okuzannyisa ebimuzza mu nteeko...
> (GOOKIN 1996)

Ebikolwa bitaano bibalibwa mu butonde (fitrah); okutayirira, okumwa enviiri z'omu bitundu ebyekyama, okuggyamu ebyenkwawa, okusala enjala n'okukendeeza amasuulubu. (BUKHAARI)

Ebyenkwawa n'enviiri z'omu bitundu eby'ekyama ziyinza okuggyibwawo nga tukozesezza amakubo amangu (omuli okukuula, okumwa, okukendeeza) nga omuntu akozesa ebizigo ebiggyako enviiri oba amafuta agakola omulimu gwe gumu oba okukozesa ekkubo lya leeza (laser) ery'omulembe. Omulundi gumu mu nnaku 40 gumala oba okwemwa buli nviiri ezo lwe zikula. Obuwoowo okubwefuuyira mu nkwawa kikubirizibwa naddala nga omuntu tannagenda kwetaba mu mizannyo, oba ng'agenda mu muzikiti, aleme okuyisa abalala obubi. Obuwoowo bwonna obw'obutonde bulungi okukozesa. Naye obuwoowo obuziyiza entuuyo bwa bulabe era busaanidde okwewalibwa.

Empisa y'abasajja n'abakazi ey'okukyusa langi y'enviiri zaabwe tekkirizibwa mu Busiraamu, okwo teekako okukuza enjala ne ziba nga mpanvu nnyo (nga eza kamunye), oba okusiiga langi ku njala z'engalo n'ezebigere. Enjala empanvu zikunngaanya obukyafu mu bwangu (naddala nga omuntu ategekera oba agabula abantu emmere). Tezibeereka nazo. Era omuntu kizibu okufuna wuzu n'etuukirira bulungi ng'alina enjala enkulu ennyo kubanga kizibu amazzi okuyingira munda wazo. Naye okusiiga hinna ku njala kikkirizibwa kubanga tagaana mazzi kutuuka ku njala. Abaami bakubirizibwa okukozesa obuwoowo obw'obutonde naddala nga tebannagenda mu muzikiti. Abakyala basobola okwefuuyira obuwoowo nga bali waka waabwe bwe waba nga tewali basajja abatabazira (ab'ebbali).

**Empisa z'obusiraamu ez'obulamu bw'omubiri n'omwoyo:**

- Okuyonsa abaana (tekulina kusussa myaka ebiri).
- Okutayirira abaana abalenzi.
- Obuteegatta mu by'omukwano omukyala ekiseera ky'amala mu nsonga buli mwezi.
- Okunaaba omubiri bulijjo, n'okufuna wuzu emirundi etaano olunaku
- Okunaaba okwetteeka ghusul oluvannyuma lw'okwegatta mu by'abufumbo n'okunaaba okukubirizibwa naye nga si kwa tteeka buli Lwakutaano
- Okunaaba engalo nga tonnatandika kulya, oluvannyuma lw'okulya, n'oluvannyuma lw'okukozesa kabuyonjo.
- Okuyonja amannyo ng'okozesa akaswaki ak'akati.
- Okwebaka ekiro n'okukola emisana.
- Okwewala okwegatta mu by'omukwano okumala ennaku 40 nga omukyala azadde omwana.

Obuyonjo bubalibwa nga "ekitundu ekimu ekyokubiri eky'obukkiriza." Kulaane eziyiza okulya ennyama y'embizzi n'ebintu ebikolebwa mu mbizzi, okulya ebifudde, okulya omusaayi era ne buziyiza n'ebitamiiza byonna. Okusiiba omwezi gumu mu mwaka (ogwa Lamanzaani) guwa omubiri eddembe era kulimu emigaso gy'ekisawo mingi. Okweyawula olw'okusinza n'okusaala nabyo bireeta obutebenkevu mu birowoozo.

Okutayirira abasajja kukendeeza ebitundu 50 ku buli 100 ku kusaasaanya akawuka HPV (Human Pappilloma Virus) akakwata omumwa gwa nnabaana w'abakyala oluusi akawuka ako kayinza okuleeta kookolo akwata omumwa gwa nnabaana w'abakyala mu kiseera nga bawezezza emyaka 24 egy'obukulu. Mu Amerika, akawuka ka HPV ke kasinga okusaasaanya obulwadde obuyita mu kwegatta mu by'omukwana.

**Okuuma Obuyonjo Olw'okubaawo Oba Oliwo Kukuuma Buyonjo? Weewale Okuyitiriza!**

- Omukyala omu yeefunira erinnya "Nannyonjo kubanga yali muyonjo nnyo. Yaliwo kukuuma buyonjo. Ennyumba ye teyaliimu buwuka buleeta ndwadde era nga temuli bbala. Yakaluubiriza abaana be n'abamalako essanyu ery'okuzannya ne bannaabwe n'okubeera nabo nga tayagala bekyafuwaze. Ennyumba yali nnyonjo nnyo ekiyitiridde nga etiisa okubeeramu. Essanyu teryayingiranga mu nnyumba; anti yali nnyonjo ekisusse okuyingirwamu essanyu. Naye ebyembi gye byakoma nga omwami we amugobye, kubanga obufumbo tebwali buyonjo kusobola kumusigaza. Omukyala ayogeddwako yeefiiriza eddembe ly'ebirowoozo nga amaanyi agamalidde ku buyonjo obususse. Abaana basaana bakkirizibwe okweddugaza oluvannyuma ne bayonjebwa. Okuyitiriza ekintu kyonna kyonna si kirungi wadde mu buyonjo.
- Omusawo lumu yanyumya ekyafaayo ky'omulwadde w'omutwe mu ddwaliro ly'abalalu, eyanaabanga engalo ze ne ssabbuuni buli lwe yamalanga okukwata mu ngalo z'abantu wadde ez'abasawo.
- Abaana balina okuyigirizibwa okunaaba mu ngalo nga bakyali bato nga bagenda okulya n'oluvannyuma lw'okulya, okutuusa lw'efuuka empisa yaabwe.

**Zino z'enjigiriza z'Obusiraamu ku by'obusawo**

- Okukuuma obulamu bw'omuntu (n'atafa) kyetaagisa.
- Okuggya omusaayi mu muntu kukkirizibwa (bwe guba gumaze okukeberebwa).
- Okuyamba omuntu okwetta n'okutta omuntu mu ngeri eteriimu bulumi olw'okumuwonya obulwadde obumulemeddeko, ebyo byombi tebikkirizibwa mu Busiraamu.
- Okukebera omulambo tekukkirizibwa (okuggyako nga etteeka lye likiragidde oba ku lw'obulungi bw'abantu bonna).
- Okukuumira omulwadde mu mbeera ey'obutategeera biri ku nsi okumala ebbanga eddene (nga okumussa ku masannyalaze) tekikkirizibwa mu Busiraamu.
- Okuggyamu olubuto tekikkirizibwa (okuggyako nga kigendererwamu kutaasa maama amuzadde).
- Okusimbuliza ebiyungo nga omutima, ensigo, ekibumba, kukkirizibwa (nga biriko obukwakkulizo).
- Okukozesa amakubo aga tekinologiya agatali ga butonde mu by'okuzaala, kikkirizibwa (mu kiseera kye bamala nga bafumbo kyokka).
- Okwagalana oba okufumbiriganwa mu by'omukwano wakati w'abantu ab'ekikula ekimu (ebisiyaga) tekikkirizibwa.
- Okukyusa mu kiyungo olw'okujjanjaba obulwadde obuliko kikkirizibwa, naye okumerusa ekiyungo ky'omubiri kyetaagisa kunoonyerezaako tusalewo oba kikkirizibwa.

- Kikubirizibwa okugaba ebiyungo (okugeza ensigo eri agyetaaga).
- Kikkirizibwa ku mulwadde aba takyasobola kwogera, (abasawo) okugoberera ekiwandiiko kye yakola nga kiraga enzijanjaba gy'ayagala.

## Endya

Ekiseera ekisinga obukulu mu byafaayo by'endya ye z'ennaku 1000 ezisooka (THE ECONOMIST, MARCH 26, 2011)

Endya ennungi yeetaagisa okusobozesa omwana okuba omulamu obulungi. si buli mmeri nti ebaamu ekiriisa; emmere ky'ekyo kye twagala okulya, naye ate ekiriisa ky'ekyo kye twetaaga okulya. Mu myaka ebiri egisooka, bamaama b'abaana balina okuyonsa abaana nga bwe kisoboka abaana basobole okugasibwa (okukula) mu mubiri, mu birowoozo, mu nkwatagana n'abalala, mu bwongo ne mu kuzimba endowooza zaabwe. Omwana bw'aba tannava ku mabeere n'oluvannyuma lw'okuva ku mabeere yeetaaga okulya emmere erimu ebiriisa ebitaliimu.

Emmere eriibwa buli lunaku erina okuba ey'ebika ebyenjawulo nga mwe muli amata, emmere ey'empeke, ebibala, ebivaavava, ennyama, nga byonna biwa omubiri vitamin n'ebirungo ebyetaagibwa omwana akyakula. Ebibala n'enva ez'omuddo byonna birina okwozebwako kubanga biyinza okubaako obuwuka bubakiteeriya, eddagala lye baafuuyira oba obukyafu.

Kulaane eyogera ku bika by'emmere ebyali bimanyiddwa mu biseera ebyo nga egiyita emmere esinga okuba ennungi (azka twa'aaman). Omwo mwe muli ennyama eyenjawulo (ey'ente, ey'eŋŋamiya, ey'endiga, ey'embuzi n'eyebinyonyi n'ebyennyanja), emmere ey'empeke (eŋŋano), empeke (nga ebijanjaalo, kawo soya) ebinyeebwa, ebibala, enva z'omuddo (enzabbibu, ttiini, zaituuni, enkomamawanga, entende, obutungulu, katunguluccumu ne cukkamba), amata, n'omubisi gw'enjuki. Omubisi mu Kulaane gwogerwako nga eddagala erivumula abantu endwadde. Abaana bwe basukka omwaka gumu basaana okukubirizibwa okulya omubisi gw'enjuki.



### OKULYA EKISUSSE (FUNDUUKULULU)

Wadde nga omwana alina okulya emmere yonna erimu ebiriisa n'ebika eby'enjawulo, okulya ekisusse kuteekeddwa okwewalibwa. Kulaane egamba nti:

*Bazzukulu ba Adamu! Mugende eri omuzikiti nga mwambadde engoye zammwe ennungi. Mulye munywe naye temuyitiriza. Katonda tayagala babuuka nsalo* (Kulaane, 7:31).

Weetegereze kiki ky'oteeka mu mubiri gwo "omulungi". Jjukira nti ky'olya kikyusa ku bulamu bwo. Yiga okulya olw'okubeerawo sso si kubeerawo kulya.

Abazadde balina okufunira abaana baabwe amazzi amayonjo omutali ddagala (chemicals). Waliwo entegeera enkyamu egamba nti omwana bw'aba omunene kitegeeza nti mulamu bulungi; kino si kituufu. Naye okwawukanako n'abantu abakulu, abaana abato beetaaga amasavu ag'ekigero mu mmere yaabwe.

### Ebizibu By'omugejjo Mu Amerika



Ffe tuli ggwanga eririisa amaaso gaffe, sso si mbuto zaffe. Gye tukoma okulaba emmere mu maaso awo gye tukoma okulya
(Dr. SANJAY GUPTA, CNN, 2008)

Abazadde: Mulina akakisa okuteeka emmere ey'omugaso eri obulamu awali abaana bammwe mu bifo ebisaanidde mu maka gammwe!

Kimukyakusatu (ebitundu 35 ku buli kikumi oba obuka-dde 78.6) eky'abantu abakulu mu U.S. bannamudiguli: Ebitundu 36 ku buli kikumi eby'abakazi n'ebitundu 33.5 ku buli kikumi eby'abasajja. Bibiribyakusatu eby'abantu abakulu (ebitundu 68.5 ku buli kikumi) balina omugejjo oba bannamudiguli. Ebitundu nga 17 ku buli kikumi eby'abaana (wakati w'emyaka ebiri okutuuka ku 19) bannamudiguli, ate 32 ku buli kikumi balina omugejjo oba bannamudiguli. Abaana abasukka ku omu mu buli kkumi bafuuka bannamudiguli ku myaka wakati wa 2 ne 5 (Statistics for 2011-2012; CDC and FRAC). Omuwendo gw'obwannamudiguli gwekubisizzaamu emirundi ebiri okuva mu myaka gye 70. "Omugejjo" kwe kubeera ebitundu 20 ku buli kikumi egyeyongera ku buzito bw'omubiri obutuufu. Nga abantu tubazzizza mu bikula byabwe, ebitundu 24 ku buli kikumi eby'abasajja n'ebitundu 26 ku buli kikumi eby'abakazi bannamudiguli, ate ebitundu eby'abasajja 65 ku buli kikumi ne 59 ku buli kikumi eby'abakazi balina omugejjo oba bannamudiguli. U.K. erina bannamudiguli abasinga obungi mu Bulaaya Eyeebugwanjuba, nga omuwendo gwa bannamudiguli gwekubisizzaamu emirundi esatu mu myaka 30 egisembyeyo. Mu England, emiwendo egyakolebwa mu mwaka 2011, gyalaga nti ebitundu 25 ku buli kikumi eby'abantu abakulu baali bannamudiguli ate ebitundu 62 ku buli kikumi baalina omugejjo oba baali bannamudiguli. Abalenzi n'abawala nga basatu ku buli 10 (abali wakati w'emyaka 2 okutuuka ku 10) balina omugejjo oba bannamudiguli ate nga ebitundu 16 ku buli kikumi bannamudiguli (NHS 2013).

Omugejjo mu baana guli ku misinde mingi okusinga mu bantu abakulu. Okusinziira ku kitongole kya CDC, obunnamudiguli mu baana bwekubisizzaamu emirundi egisukka ku ebiri mu baana ate ne bwekubisaamu emirundi ena mu bantu abakulu mu myaka 30 egiyise mu U.S. Obulamu bw'okutuula awamu nga kw'otadde emmere eriwo mu bungi n'okulya n'okunywa emmere n'ebyokunywa ebikyamu kye kisingidde ddala okuleeta obwannamudiguli.

(KUCZMARSKI ET AL, 1994)

Omutindo gw'emmere n'okulya ebika byayo ebitali bimu kikulu nnyo; omwana ayinza okubeera n'omugejjo naye nga endya ye si nnungi ebulamu ebiriisa. Abazadde balina bingi bye basobola okukola mu kuyigiriza abaana baabwe okulya mu ngeri etekosa bulamu.

### Omwana Eyagaana Okugamba Nti "Al-Hamdu Lillaahi (Amatendo Amajjuvu Ga Katonda)

Omugenyi eyali akyadde eka yagamba bw'ati omwana we ow'emyaka omusanvu, eyali yaakamala okulya amagi ana, ttoosi z'omugaati nnya, ne sandawiici ezaali zisiikiddwa n'omuzigo, ku kyenkya: "Mwana wange gamba nti Al-Hamdu Lillaahi (amatendo amajjuvu ga Katonda)," ebisomebwa nga omuntu amaze okulya. Omwana yaddamu bw'ati, "Naye taata, enjala ekyannuma! Sinnaba kukkuta! Sinnaba kwagala kugamba nti Al-Hamdu Lillaahi!" Kabakyaza yamanya ensonga lwaki omwana yali tasobola kusitula mwana ku ttaka. Omwana yali nnamudiguli!!

Abazadde Mulina Okwegendereza Okuliisa Abaana Ffunduukululu (kino kiyitibwa Tukhmah).

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> Ekyombo omuntu ky'atasaana kujjuza lubuto lwe. Ennoga entonotono zimala omuntu okuyimirizaawo obulamu bwe, naye bw'aba alemedde (ku kulya ennyo) ekimuekyokusatu eky'olubuto lwe ateekemu emmere, ekimuekyokusatu ekirala ateekemu amazzi ate ekimuekyokusatu ekirala akireke nga kyakussizaamu
>
> (AHMAD, TIRMIDHI N'ABALALA).

Okunoonyereza okwakolebwa mu Denmark kwazuula nti abavubuka abali mu myaka egiri wakati w'e 13 – 19 mu Amerika be basinga okuba bannamudiguli okusinga ab'omunsi endala ezaakula edda eziwera 15. Kumpi kimukyakusatu balya emmere efumbiddwa amangu nga mpakire buli lunaku. Mu nsi yonna endya embi eviirako okufa kw'abaana abali eyo mu bukadde n'obukadde, ate n'ereetera abalala okulemala, abalala ne babeera nga balumbibwalumbibwa endwadde, ate obwongo bwabwe ne bubeera bunafu. Endiisa mu baana ekola kinene okuva omukyala lw'afuna olubuto okutuusa omwana lw'aweza emyaka esatu (UNICEF, 2003). Okuteekawo embeera eyeetoolodde abaana omutali mmere eteriimu biriisa bimala, kkubo ddungi nnyo ery'okuteekawo embeera ennungi ey'okulya okusinga okuwaliriza abaana okulya emmeere ennungi erimu ebiriisa. Abaana abalenzi bwe balya ennyo, olabira ku mbuto zaabwe; ate abawala bwe balya ennyo bagejja amakudde, amabeere n'obubina.



**Omuntu yeesimira entaana ng'akozesa amannyo ge!**

### IMAAMU GHAZAALI BY'AGAMBA KU MPISA Z'OKULYA

Imaamu Ghazaali (1058-1111), yali omu ku basinga obututumufu mu bazza obuggya ebyafaayo by'Obusiraamu, agamba nti:

1. "Omusiraamu tasaana kubeera muntu asooka okugenda we baliira (olujjliro), era tasaana kutunuulira ssowaani z'emmere (ez'abalala) oba okutunuulira abantu nga balya. Ateekeddwa okugaaya obulungi emmere, era tasaana kusiimuula mmere na ngalo ze oba okugisiimuula nga akozesa engoye."
2. "Okwewala okulya ffunduukululu mpisa esaana okuyigirizibwa omwana, nga alagibwa abo abalya ennyo obuteebalira, n'okunenya abaana abalya ennyo kakuuse nga omwana awulira n'okuwaana abo abamatira nga baliddeko kitono.
3. "Omwana alina okutendekebwa okwagala okukulembeza abalala bamusooke okulya n'okumatira n'ekitono ekiba kiriwo. Ateekeddwa okunenyezebwa olw'okwagala ennyo okulya emmere ennungi ennyo, n'ebyokunywa ebisinga obulungi, n'okwambala engoye ez'ebbeeyi ennyo."
4. "Okulya ennyo mu buto ne mu kiseera nga omwana agenda akula (asuumuse) kiyinza okuleetera omuntu omugejjo mu bukulu, ate omugejjo guyinza okuleeta 'obulwadde bw'abagagga'"

## Ebikwata Ku Baana N'endiisa

EKISEERA KY'OBUTO: Okuwa omwana wo entandikwa ennungi, tandika okulya nga omanyi nti omwana wo waali wadde nga tonnafuna lubuto. Wiiki 4 okutuuka ku 6 eziba ziyise ku lubuto, nga oyinza okuba nga tomanyi nti oli lubuto, kiseera kikulu nnyo mu bulamu bw'omwana. Abakyala awaka n'abali embuto balina okulya emmere erimu obutundu obutono ennyo 400 obwa vitamiini B (obusangibwa mu bikoola ebya kiragala, ekibumba n'ensigo) buli lunaku, obuyamba mu kukula kw'obwongo bw'omwana n'omugongo gwe. Mu ngeri eno, ebitundu 50 okutuuka ku 70 ku buli kikumi ku bizibu by'obusimu bw'omubiri biyinza okuziyizibwa. Okugejja kw'omukyala ow'olubuto okumwongerako laatiri 20 okutuuka ku 30 kubalibwa nga tekulina buzibu ku bulamu. (Sutherland ne Stoever 1999)

OKUVA OMWANA LW'AZAALIBWA OKUTUUSA KU MYAKA KKUMI: Okukulira ku misi-nde okubeerawo mu mwaka ogusooka, kukendeera mu mwaka ogwokubiri, nga kukendeerera wamu n'okukendeera kw'okwagala okulya. Mu mwaka ogwokubiri abaana batera kweyongerako laatiri eziri wakati wa laatiri 6 okutuuka ku 8 era bayinza okulabika nga abatakyayagala nnyo kulya. Abaana abato balya ekyo kye baagala bwe baba baweereddwa emmere ey'ebika ebingi mu buli lulya. Abaana bangi abaakatandika okutambula baweebwa emmere erimu amasavu amatono nga bazadde bakikola mu mutima mulungi naye ne kibaviirako. Si kirungi kugerera mwana masavu bw'aba nga tannaweza myaka ebiri. Amasavu nago galeeta amaanyi nga bw'olaba asidi ezirimu amasavu bwe ziyamba okukuuma olususu nga lulamu. Amasavu era gayamba omubiri okunyunyunta vitamiini zino: A,D,E ne K. Omwana bw'aba atuuse okunywa amata g'ente, muwe amata amajjuvu nga togaggyeeko lububi – waakiri okutuusa lw'aweza emyaka ebiri. Okulya emmere ennungi kikulu. Emmere etera okuliibwa mu U.S. yeeyongera ku eyo eyaaliriiriddwa oba ebipimo mu bintu bina: emmere ewa amaanyi okuva mu masavu amakwafu ne sukaali omwongeremu, ensigo ense, ebirungo eby'omunnyo n'amasavu amasaanuuse. Mu kiseera ky'ekimu, omuwendo oguli wansi w'ogwo ogukalaatirwa ogw'ebivaavava, ebibala, ensigo ezitali nse, emmere oba eby'okunywa ebikolebwa okuva mu mata g'ente n'omuzigo by'ebiriibwa (President's Council on Fitness, Sports & Nutrition). Endiisa entuufu eyingera mu kukula okulungi n'okukulaakulana kw'omwana. Eziyiza amasavu amangi mu musaayi n'okulwala puleesa era n'eyamba

okukendeeza okufuna obulwadde obw'olukonvuba okugeza obulwadde bw'omutima, kansa ne sukaali, wamu n'okukendeeza ku kizibu ky'obwannamudiguli, okukendeera kw'obutoffaali bw'omu musaayi, n'okulwala amannyo (CDC).

ABATANNAWEZA MYAKA KKUMI N'ABAYISA MU KKUMI: Wadde nga abaana bangi bamanyi amateeka agasookerwako agakwata ku by'oblamu, naye tebagagoberera. Olwo okuba n'emmere ennungi erimu obulamu abaana abatannaweza myaka kkumi n'abasukkawo gye baba bajja okulya kulimu okusoomooza kwamaanyi. Omwana ow'emyaka omunaana ayinza okulya buli mmere eba emuweereddwa, naye omwana ow'emyaka 14 ayinza okugaana emmere gy'abadde alya omwezi gumu emabega. Okumalawo ekizibu ekyo kwe kukubiriza abaana okuyamba ne beenyigira mu kuteekateeka emmere gye banaalya olwo eky'emmere kireme kubeera nga kizibu. Ekiseera ky'okulya ekirungi kwe kuba nga abaawaka banyumya buli omu ku lunaku bwe lumuyisizza okusinga okuba nti bali mu kugabana mmere. Abavubuka abasuumuse bakulira ku misinde mingi okusinga bwe gwali mu myaka gyabwe egyasooka mu bulamu. Abawala beetaaga ebiriisa ebireeta amaanyi mu mubiri (calories) ebiwera 2,000-2,500 buli lunaku olw'okwongera enkula yaabwe mu maaso, ate abalenzi beetaaga ebiriisa ebiri wakati wa 3,000-4,000, naye ate abaana abakulaakulana ennyo beetaaga ebiriisa bingi. Obwetaavu eri ebiriisa bweyongera mu myaka gy'obuvubuka era mu bawala byetaagisa bingi nnyo nga bawezezza emyaka 15 sso nga ate abalenzi ku myaka 19. Abawala beetaaga ekirungo kya kaliisiyamu (calcium) kingi nnyo okutuusa lwe baweza emyaka 25. Ekirungo kino ekya kalisiyamu kikuza amagumba gaabwe ne kibawonya ebirungo okuggwaamu mu biseera byabwe eby'obukulu. Kikulu nnyo abaana obutayitibwako mmere. Emmere okubayitako kitegeeza nti waliwo ebiriisa ebikulu ebibasubye. Okulya emmere mu budde bwayo wadde kamere katono kye kirungi okusinga okusiiba enjala ate ekyeggulo n'alya emmere nnyingi.



EKYOKULABIRAKO KY'EMMERE Y'ABAANA AB'EMYAKA 2-10

Okusinziira ku kibiina kya Amerika eky'ebyendiisa (American Dietetic Association), emmere abaana gye balina okulya buli lunaku eteekeddwa okubaamu bino:

- Endiisa 6-11 ez'emmere ey'empeke;
- Endiisa 2-4 ez'ebibala;

- Endiisa 3 ez'ebivaavava;
- Endiisa 2-3 ez'ennyama, ennyama y'ebinyonyi, ebyennyanja n'ebijanjaalo ebikalu;
- Endiisa 2-3 ez'amata n'ebirala ebiva mu mata;
- Amasavu amatono ddala, butto ne switi. Ebunyeebwa n'empeke bintu birungi ebivaamu butto.
- Omwaka 1 okutuuka ku 5, endiisa eba ekijiiko kimu eky'ebiriisa buli mwaka ogw'obukulu,
- Okutwalira awamu, emmere ennyingi ennyo ku ssowaani si kirungi.

Abazadde bayinza batya okuyamba abaana baabwe okulya emmere emala ey'ebika ebikulu ebyetaagisa buli lunaku? Okuddamu ekibuuzo kino, (abazadde) balina okukakasa nti emmere ey'omugaso eri obulamu erina okubaawo ne bw'eba nga erimu bipimo bitono.

## EBIBUUZO EBITERA OKUBUUZIBWA

Abaana abasinga obungi bakola bulungi mu ndya erimu ebiriisa wadde nga endya yaabwe si nnenkamunkamu. Emigaso gye bafuna mu mmere gyenkana ¼ okutuuka ku ⅓ eky'emmere eriibwa omuntu omukulu – kitegeeza kajiiko kamu buli mwaka gwa mwana. Abaana baba bajja kulya mmere ebawoomera yokka. Bino wammanga biyamba ku kulya emmere ennungi (Underwood ne Kuchment 2008):

1. ABAZADDE MMERE KI GYE BALINA OKUWA ABAANA?

Emmere bw'eba ejjuddwa, abazadde balina okukakasa nti waliwo ebika by'emmere ebiwerako erimu ebiriisa: ezimba omubiri (puloteni), amata, ekibala oba ebivaavava, omugaati n'emmere endala ewa amaanyi (nga omuceere, emmere ekolebwa mu ŋŋano nga amakolooni, n'obummonde obuzungu). Abazadde balina okuwa abaana baabwe omukisa okulondawo kye banaalya mu mmere eba eriwo. Abazadde tebasaana kuwulira nti balina kukoma ku mmere yokka gye bamanyi nti abaana baabwe gye basinga okwagala. Emmere gy'onoobawa teekamu waakiri ekika kimu ku mmere gye batera okulya – kagubeere mugaati oba kibala. Si kyangu abaana obutaba na vitamiini. N'olwekyo emirundi egisinga tekyetaagisa kuwa baana vitaamiini ezikolebwa okwongereza ku mmere eterina biriisa bimala.

2. KYALIBADDE KIRUNGI OKULYA ENVA Z'OMUDDO N'OKULEKA OKULYA ENNYAMA

Etteeka ligamba kulya mmere ey'ebiriisa ebyenjawulo omuli ennyama n'enva z'omuddo. Katonda ebyokulya bino ebirungi era ebijjudde yabitondera abantu olw'ekigendererwa ekirungi. N'olwekyo, balina okulya emmere yonna eyakkirizibwa, mu ngeri ensaamusaamu. Emmere gy'ekoma okukendeezebwa n'eggyibwa ku lukalala lw'eyo abaana gye balina okulya, obuzibu bw'endiisa embi gye bukoma okukosa abaana. Ennyama, enkoko, n'ebyennyanja bwe biggyibwa mu mmere omwana gy'alya, kiba kizibu omwana okufuna ekiriisa kya ayani (iron).

3. ABAANA TEBASAANIDDE KULYA MMERE ETALIIMU MASAVU. KU MYA-KA EMEKA OMUNTU W'ATEEKEDDWA OKUKENDEEZA KU MASAVU?

Abantu bafuna ebitundu 3 okutuuka ku 8 ku buli kikumi ku birungo bya ayani okuva mu nva z'omuddo ne mu mpeke sso nga ate mu nnyama bafunamu ayani wa bitundu 20 ku buli kikumi. Okulya ebibala ebivaamu vitamiini C (okugeza omucungwa n'ennyaanya) kiyamba okukenenula ayani omulala okuva mu mmere eba eriiriddwa. Emmere y'enva z'omuddo bw'eba y'eriibwa yokka ebeeramu amasavu matono, n'ebyongera amaanyi mu mubiri bitono emirundi egisinga obungi ekyo ne kikaluubiriza abaana okufuna ebirungo ebireeta amaanyi ebyetaagisa mu mibiri gyabwe.

4. OMWANA WANGE TAYAGALA MATA. NGERI KI GY'AYINZA OKUFUNA KALISIYAMU AMALA?

Kikulu nnyo ku baana abatannaweza myaka kkumi n'abo abagisussa okuba nga bafuna kalisiyamu amala kubanga bwe bavubuka amagumba gaabwe gaba kimukyakubiri mu bunene bw'amagumba g'omuntu omukulu bwe genkana. Amata y'emmere enkulu esibukamu ekiriisa kya kalisiyamu eki-gumya amagumba, n'olwekyo abaana bwe baba tebanywa mata, gayinza okuteekebwa mu mmere endala nga ssupu, obuugi ne mu nva. Emmere endala erimu kalisiyamu omungi mwe muli bbongo, omuzigo ne ice cream. Amata aga chocolate gabaamu sukaali mungi okusinga ku mata ameereere, naye gaba gakyali nsibuko ya kalisiyamu.

5. KIBA KITUUFU OMWANA WANGE OKULYA OBUMPWAKIMPWAKI NGA EMMERE TENNAUUKA?

Yee, kituufu ddala, abaana beetaaga okulya obuntu obutonotono. Abaana abato tebasobola kulya nnyo mulundi gumu kubanga embuto zaabwe ziba nfunda, ate nga beetaaga okufuna amaanyi. Beetaaga ekintu ekirimu ebiriisa kye basobola okulya buli luvannyuma lwa ssaawa bbiri oba ssatu. Obwokulya obutonotono era buyamba abaana okufuna ebiriisa bye baba bataasobodde kufuna ku mmere endala (ku mmere y'ekyenkya, ey'ekyemisana oba ey'ekyeggulo). Naye kikulu okuba nga ebiseera ebirirwamu obw'okulya obutonotono okuba nga bitegekeddwa bulungi. Singa abaana balya ekyenkya ku ssaawa emu, tebalina kuweebwa bwakulya butonotono okutuusa ku ssaawa ssatu oba nnya – wadde nga enjala eba ebalumye nga obudde obwo tebunnatuuka. Okunywerera ku biseera ebitegekeddwa kuyinza okubeera okuzibu, naddala singa omwana aba talya nnyo – ndaba abazadde babeera basanyufu okulaba nga balina ke balidde. Abaana ababa bakkirizibbwa okulya obumpwakimpwaki buli lwe baba baagadde bamaliriza balidde kimukyakubiri ku mmere eriibwa abo abalinda emmere n'ebiseera ebitegeke ebirirwamu obuntu obutonotono. Bw'oba oteekateeka obwokulya obutonotono bulowoozeeko nti bulinga emmere entonotono: ebibala n'enva z'omuddo, zipuloteni, sitaachi n'amasavu. Obwokulya obutonotono buyinza okuba obwobutonde nga bubbisi-kwiti obukolebwa awaka (cookies) n'amata, apo, ekipooli ky'ebinyebwa, oba bubbisikwiti obusiige omuzigo n'omubisi ogukamulwa mu bibala.

6. OLW'OKUBA NGA OKULYA EBIBALA N'ENVA EZ'OMUDDO KIKULU, NDI MWERALII-KIRIVU KUBANGA ABAANA BANGE TEBABIRIIRA DDALA. NKOLE NTYA?

Abaana Abamerika abasinga balya olulya 1½ olw'ebibala, n'endya 2½ ez'enva ez'omuddo buli lunaku. Ebibala bingi n'enva ez'omuddo tebiwoomera baana. Naye kiba kikulu okugenda mu maaso nga bibaweebwa, kubanga gye binaggweera nga baliddeko. Okwagazisa abaana ebyokulya bino, omuntu ayinza okugezaako bino:

- Okukuba amata nga gatabuddwamu ebibala ne bikola ekipooli.
- Okubawa ebibala ebikaze – enzabbibu, amenvu, apricot, n'enkenene – nga byereere oba nga bifumbiddwa ne bifuuka bu kkukiizi (cookies) oba nga bikoleddwa mu ngeri ya migaati.
- Okuteeka enva z'omuddo mu ssupu
- Kikulu nnyo okwewala okugulirira abaana. Kituufu abaana bayinza okulya enva ez'omuddo bwe baba banaaweebwa ebiwoomerera oluvannyuma lw'okulya emmere; wabula baba tebajja kuyiga kwagala kulya nva ezo gye binaggweera. Abaana bagamba nti abazadde bwe bakozesa obukodyo okubasikiriza okulya emmere, ekitegeeza nti emmere eyo eba tewooma.

- Abazadde balina okufaayo ennyo okulaba nga abaana balya buli mmere gye baba babateeredde ku ssowaani. Omwana bw'aba agaanye okulya emboga emmyufu n'emboga eziyitibwa *brussels sprout*, oluvannyuma omwana ayinza okuweebwa amata ne bubbisikwiti (kkukiizi) obukolebwa mu byokulya eby'obutonde ne kiyamba okufuna ekirungo kalisiyamu ekigumya amagumba.

**Maama Omu Kye Yakolanga**

Bwe nnali nkyali omuto, baatusuubiranga okulya buli mmere eyateekebwanga ku ssowaani zaffe awatali kusika muguwa. Bwe nnagaananga ennyama ensava n'ebyennyanja, olwo nga mmange ayinza okukola bino:

- Okumbuulira nti bwe baali mu lutalo, n'olutalo nga luwedde gavumenti yagabiranga buli muntu akamere katono;
- Okunjuliza nti waliwo abantu abafa enjala nga bawera bukadde na bukadde mu nsi ezimu;
- Yaterekanga emmere gye ŋŋaanyi okulya ne ngirya ku kijjulo ekiddako;
- Enjala bwe yatulumanga nga emmere tennatuuka, baatuwanga omugaati ne siyaagi. Ekyo ne kigendera awo!

  Si nti buli muntu alina ssente ez'okumansa

SYLVIA HUNT, UK




7. BYAKULYA KI OMULI OBUGOOGWA OBUNGI (OBUYAMBA MU KUGONZA EMMERE ERI MU LUBUTO) BY'OSEMBA BIWEEBWE ABAANA ERA LWAKI?

Abazadde beetaaga okuwa abaana ebibala, enva endiirwa, omugaati ogw'enkyenga, omuceere, ne pasta. Bino bye bimu ku bika by'emmere ebijjuddemu obugoogwa bwe twayogeddeko: ekibala ekya apo, ekibala ttiini, emicungwa, enkenene, ovakkedo, enkenene, obummonde, ebijanjaalo, kawo, eŋŋano eteri nse, omugaati gw'enkyenga, ebisusunku ebivudde ku mpeke (nga kasooli), n'empeke za granola (zifaanana oats). Emmere omuli obugoogwa ekendeeza amasavu n'ebiriisa ebireeta amaanyi mu mubiri okugenda mu byenda, etereka amazzi era omuntu emuleetera okuwulira nga mukkufu ne kimuyamba obutalumwa njala.

8. EKISEERA KYE TULINAMU OBUDDE OBUTONO AWAKA KY'EKYOKUMA-KYA. DDALA TUBA TWETAAGA EKYENKYA?

Yee. Kikulu okukola kyonna ekisoboka okukakasa nti abantu bonna awaka balya ekyenkya, ne bwe kiba kyetaagisa kuzuukuka mangu nga ebulayo eddakiika 15 okutuuka ku budde bw'okuzuukukirako. Abaana abasubwa ekyenkya bafuna obuzibu okussa omwoyo ku bye basoma ku ssomero ne mu kuzannya. Okulya ekyenkya kyongera obwongo okucamuka wamu n'omubiri. Naye olubuto omutali mmere lufuula omuyizi omunafu era atalina busobozi bulungi.

9. MUWALA WANGE MUMALIRIVU OKUBEERA OMUTONO. NGERI KI GYE NNYINZA OKUMUYIGIRIZA OKULYA EMMERE EMUWA OBULAMU MU KIFO KY'OKUBA NTI YASALAWO OBUTALYA?

Okunoonyereza kulaga nti abawala Abamerika ebitundu 18 ku buli kikumi abavubuse baagala okukendeeza obuzito bwabwe. Abamu balekera awo okulya ennyama ne kitegeeza nti balina okulya emmere ey'ekiriisa kya puloteni omungi edde mu kifo ky'ennyama gye baba baavaako (okugeza ebijanjaalo ebikalu, kawo, amata, omuzigo, amagi, n'ebinyeebwa). Singa omwana omuwala aba ayita mu biseera w'asobolera okuzaala, kikulu bazadde be bamunnyonnyole nti yeetaaga olususu lw'amasavu olupya oluli wansi w'olususu olwokungulu nga etterekero erikola amaanyi aganaamuyamba mu kiseera ky'okukulira ku sipiidi. Singa agenda mu maaso n'obutalya kyaggulo abeera asaana kutwala wa musawo n'omukugu mu by'endiisa bamusalire ku magezi g'endya ye nga bw'eneebeera.

10. EBIRO EBIMU, EMMERE ENNYANGU YOKKA GYE TULYA. OTUWA MAGEZI KI?

Abazadde balina okwewala okunywa sooda, ebisiike, ne baaga (burger). Mu kifo ky'ebyo kale balye enkoko enjokye, saladi, amata agataliimu muzigo mungi ne bbongo, Pizza oyinza okugiriira ku nkoko enjokye, oba ebyennyanja by'omukebe (tuna), n'enva endiirwa ez'omugaso eri obulamu.

11. OMWANA WO ASOSOLA EMMERE?

Abakozi abalabirira abaana oluusi mu ngeri enkyamu beetegereza endya y'abaana abali wakati w'emyaka ebiri n'etaano ne babayita "abasosola emmere," sso nga eno mbeera ya bulijjo eterina mutawaana. Omwana oyinza okumuleetera ekika ky'emmere gy'atalyangako emirundi ne giwera 10 nga tannagigezaako. Kikulu abaawaka okuliira awamu. Abaana abato bakoppa enneeyisa ya bazadde baabwe mu by'endya, era bayiga bingi mu mboozi ezikwata ku kulya. Awamu n'ekyo okunoonyereza okwakolebwa ba Harris Interactive kwasanga nga mu Amerika ku maka omuli abaana, abaana ebitundu 26 ku buli kikumi be baatuulanga ku lujjuliro buli kiro okuliira awamu. (Omuwendo gwali ebitundu 36 mu maka omutaali baana). Ate abaana Abamerika ebitundu 51 ku buli kikumi bagamba nti tebaliira mmere wamu n'abeeka buli lunaku. Mu U.K., The Telegraph (2013) baawandiika nti okunoonyereza okumu kwalaga nti amaka ebitundu 20 ku buli kikumi ge gokka agatuula awamu okulya ekyeggulo omulundi gumu oba ebiri buli ssabbiiti ate ebitundu 40 ku buli kikumi gokka ge gatuula okuliira awamu emirundi esatu buli ssabbiiti. Okwongereza ku ekyo, amaka gamu ku buli maka ataano gatuula ne galya nga galaba terefayina. Wakati w'ebitundu 20 okutuuka ku asatu eby'abaana abato n'abavubuse mu mawanga agaakula tebalya kyankya (Deshmukh-Taskar n'abalala, 2010; Corder n'abalala, 2011 nga byayogerwa mu Frontiers in Human Neuroscience 2013) Omwana w'awereza emyaka esatu, okumanyiira kye kintu ekisinga okubeera ekikulu mu kusalawo emmere gy'aba ajja okulya. Wadde nga kumpi ebitundu 92 ku buli kikumi eby'abavubuka Abamerika balya emiddo buli lunaku (NCHS Data Brief 2014), si bino bitera kubeera mu mbeera ya kyipusi. Ebintu ebiva mu nnyaanya, omuli salsa n'omucuuzi gwa spaghetti, nabyo biganzi ku baana. Emmere y'abaana abasuumuseemu gye basinga okwettanira ekyuka okusobola okutuukana n'eyo bannaabwe gye balya. Okunywa amata kukendedde kinene mu U.S. ne U.K. Mu kunoonyereza okwakolebwa wakati wa 1977-1978 ne 2007-2008, omugabo gw'abaana abavubuse mu U.S. abaali tebanywa mata ku nnaku ezimanyiddwa gweyongera okuva ku bitundu 12 okutuuka ku 24, sso nga omugabo gw'abo abaanywanga amata emirundi esatu n'okusingawo buli lunaku gwagwa okuva ku bitundu 31 ku buli kikumi okudda ku bitundu 18 ku buli kikumi. Omugabo gw'abaana abavubuse n'abantu abakulu abatanywa mata ku nnaku ezimanyiddwa nagwo


gweyongera, okuva ku bitundu 41 okutuuka ku bitundu 54 ku buli kikumi, sso nga omugabo gw'abo abaanywanga amata emirundi esatu n'okweyongerako gwagwa okuva ku bitundu 13 ku buli kikumi okudda ku 4 (USDA 2013). Mu U.K. okunywa amata agaamazzi kwakka kumpi ebitundu 14 ku buli kikumi okusinga we kyali mu myaka 2002/3 (DEFRA Family Food Survey 2013 byawandiikibwa aba AHDB Dairy 2015). Okuva mu 1989 okutuuka mu 2008, omuwendo gw'abaana abaakozesanga eby'okunywa ebirimu sukaali um U.S. gweyongera okuva ku bitundu 79 ku buli kikumi okutuuka ku bitundu 91 ku buli kikumi (Lasater G, Piernas C and Popkin BM 2011 cited by Harvard T.H. Chan School of Public Health). Emiwendo okuva mu 1999 okutuuka mu 2008 gyalaga nti wadde nga okunywa sooda kwakendeera, okukozesa eby'okunywa eby'emizannyo oba ebyongera amaanyi mu mubiri kwekubisaamu emirundi esatu mu baana abavubuse (Journal of the Academy of Nutrition and Academics 2013). Awamu n'ekyo, sooda asigala nga ky'ekyokunywa ekiwoomerezeddwa ne sukaali ekisinga okunywebwa ennyo. Okunywa eby'okunywa ebirimu sukaale ky'ekisinze okuvaako okweyongera kw'obwannamudiguli. Sooda owaabulijjo owa owunzi 20 (591 ml) mubaamu obujiiko bwa sukaali 15 okutuuka ku 18 n'okwambuka waggulu obwenkana kaloli (amaanyi mu mubiri) 240. Sooda wa kola ow'okukyuma aweza awunzi 64 (1,893 ml) ayinza okubeeramu kaloli (amaanyi g'omumubiri) awera 700 (Harvard T.H. Chan School of Public Health). Mu U.K. eby'okunywa ebya sukaali, nga okusinziira ku bakugu mu by'endiisa talina kifo mu byakulya by'omwana, yasangibwa okubeera ekintu ekisinga okuvaamu sukaali mu by'okulya by'abaana abali wakati w'emyaka ena n'ekkumi. Banywa ebitundu 30 ku buli kikumi okuva mu by'okunywa ebigonvu n'omubisi gw'ebibala, ebitundu 29 ku buli kikumi okusinga okuva mu bu bisikwiti, keeki n'obumpwkimpaki bw'okumakya, ebitundu 22 ku buli kikumi okuva mu bu sswiti, kyokoleeti, sukaali w'okummeeza, ggyaamu asiigibwa ku migaati, n'ebintu ebirala ebiwoomerera, n'ebitundu 12 ku buli kikumi okuva mu yogati, kkyizi, ayisikuliimu, n'ebirala ebiva mu mata. Abaana abato ab'emyaka 3 ebitundu 12 ku buli kikumi baafuna ekizibu ky'amannyo okuvunda mu 2013 ate abaana ebitundu 28 ku buli kikumi abaafuna ekizibu ky'amannyo okuvunda we baawereza emyaka 5 (Public Health England 2015).

**Kiki ekisaana okusooka? Kukola oba kulya kyankya? Tokolanga nga tonnalya kyankya. Bw'oba olina okukola nga tonnalya kyankya, sooka olye ekyenkya!!**

12. EBIRUNGO BIRUNGI OBA BIBI ERI OBULAMU BW'OMUNTU?

Okunoonyereza okwa bannassayansi mu Yunivasite y'e Cornell (Cornell University) kwakisanga nga ebirungo birina obusobozi obutta ebitundu nga amakumiasatu eby'obuwuka obusirikitu obwo-noona emmere. Mu mmere teekamu obutungulu, katunguluccumu, kaamulali, enniimu n'emiddo mingi n'ebirungo (okugeza entangawuuzi, n'ebirala). (Sherman ne Billingi, 1998)






13. BANNASSAYANSI BABEERA BAKYUSAKYUSA ENDOWOOZA ZAABWE, KATI TUKOLE KI?

Bannassayansi batugamba nti "mwerabire bye mumanyi ku magi, omuzigo (siyaagi) n'omunnyo. Abantu kye bamanyi bulijjo kikyusibwa buli lunaku oluvannyuma lw'okunoonyereza; balabika okuba nga bafuuse abalalu. Ne wiiki teyitawo nga tewannabaawo mukugu asinziira w'ali n'alangirira nti emmere empya ey'ekika gundi oba vitamiini oba okukola ekintu bwe kiti oba embeera bw'eti birongoosa emisuwa gyo oba bigyonoona – era nga bulijjo bwe kitera okuba, amagezi gano amapya gaba gakoonagana n'agaasooka" (Lemonick 1999).

Eky'okuddamu kye kiriwa? Goberera enjigiriza ya Kulaane ne Sunna za Nnabbi ﷺ ezikwata ku byokulya. Endya ennungi kwe kugoberera empisa ennungi ezifa ku ndya etekosa bulamu, era empisa zino zisengekebwa okusinziira ku myaka gy'omuntu. Lya emmere ey'ekigero okuva mu bika by'ebyokulya ebitali bimu.

## Kulaane By'eragira Ku By'emmere


*Abange mmwe Abakkiriza! Temuzizanga ebirungi Katonda bye yakkiriza era temubuukanga nsalo. Katonda tayagala bantu babuuka nsalo. Mulye ku ebyo Katonda by'aba abagabidde, nga bibakkirizibwa era nga birungi. Era mutye Katonda Oyo mmwe gwe mukkiriza. (Kulaane, 5:87-88)*

*Bazzukulu ba Adamu! Mugende eri omuzikiti nga mwambadde engoye zammwe ennungi. Mulye munywe naye temuyitiriza. Katonda tayagala babuuka nsalo.* (Kulaane: 7:31)

*Gamba nti: "Ani oyo eyaziyiza engoye (ennungi) ezo Katonda ze yateerawo abantu n'ebyokulya n'ebyokunywa ebirungi?" Gamba nti: "Ebyo byatonderwa Bakkiriza mu bulamu buno obw'ensi naye nga byeyawulidde bbo bokka ku Lunaku lw'enkomerero. Bwe tutyo bwe tunnyonnyola aaya eri abantu abamanyi. (Kulaane, 7:32)*

*[Nga agamba enjuki] "… bw'omala olye ku buli kibala, okwate amakubo ga Katonda wo agaakugondezebwa (nga tobula)." Mu bibutobuto byazo muvaamu omubisi ogwawukana mu mabala, nga abantu bafunamu eddagala. Ddala mu ekyo mulimu akabonero eri abantu abafumiitiriza. (Kulaane, 16:69)*

*Bwe tutyo (nga bwe twabeebassa era) twabazuukusa beebuuzaganye. Omu ku bbo yabuuza nti: "(Wano) tumazeewo bbanga ki?" (Banne) baamuddamu nti: "Tumazeewo lunaku lumu oba kitundu kya lunaku." (Abamu) baagamba nti: "Katonda wammwe y'asinga okumanya ebbanga lye mumazeewo. Kati mutume omu ku mmwe mu kibuga n'ensimbi zammwe zino eza ffeeza, akebere emmere esinga okubeera ennungi abaleetereko kye munaalya. Kyokka yeegendereze tabaako ne gw'abuulira ku bibakwatako.* (Kulaane, 18:19)




## Endagiriro Y'omusawo W'abaana Eyeewunyisa

Kitaawe w'omwana omu bwe yasumulula endagiriro eyalimu ebikwata ku ndiisa y'omwana we, yasangamu akapapula k'omusawo akabanja ddoola 10 nga kaliko ebigambo bino: "Gulira omwana wo ennyama ennungi; kubanga endaye erimu ebiriisa bitono."
Kino kiraga nga abazadde bwe balagajjalira abaana baabwe ne batabawa mmere ebayamba kukula nga balamu. Okuvuganya kw'abantu mu by'obufuzi n'ebyobugagga n'obulamu obw'okukoppa bireetera abazadde okulagajjalira eky'okuwa abaana baabwe emmere erimu ebiriisa ebyetaagisa mu myaka gyabwe emito nga obudde tebunnayita. Okulabirira abaana mu mubiri ne mu birowoozo kikulu nnyo.

Mu bufunze

- Lya ebika by'emmere yonna mu ngeri yaakigero. Lya katono ku buli kimu sso si kulya nnyo ekintu eky'ekika ekimu.
- Okulya enva z'omuddo zokka n'otalya nnyama, kyetaaga obukugu obwenjawulo na bumanyirivu. Mu mmere yo teekamu ku nnyama.
- Weewale okulya embizzi, omusaayi (kafecce), kalannamye, okunywa ebitamiiza, okunywa enjaga n'okufuuweeta ssigala. Bino byonna si bitukuvu era byabulabe eri obulamu.
- Tojjuzanga lubuto lwo. Lekera awo okulya nga okyayagala okweyongera.
- Teeka omubisi gw'enjuki guteeke mu mmere gy'olya buli lunaku. Mu mubisi gw'enjuki mulimu eddagala erivumula endwadde.
- Kozesa butto wa zaituuni (olive) mu ngeri esaana (kubanga akuyamba okwongera amasavu amalungi mu musaayi, n'ekendeeza amasavu amabi agabeeramu).
- Weewale ekintu kyonna ekiba kiteekeddwamu eddagala (kemiko) oba kye bafuuyiddemu eddagala n'ekyo kye baba bongeddemu ebintu ebitali byabutonde.

## Abaana N'okukola Dduyiro

> *"(Yusufu) mutuwe tugende naye kumakya alye nga bw'ayagala, azannye. Tujja kumukuuma bulungi."* (Kulaane, 12:12)

"Komawo eno!" "Lekera awo okuddukira mu nnyumba!" "Nnabagaana okusambira omupiira mu nnyumba!" Ebyo bye bimu ku bigambo abazadde bye batera okugamba abaana baabwe. ABAZADDE BAKYAMU. Baalibadde boogera kyennyume kya bino. "Mugende muzannye omupiira gw'ensero." "Mugende muzannye omupiira gw'ebigere ne bannammwe." "Mugende mudduke era mubuukebuuke."



### Lwaki Okukola Dduyiro Kikulu eri Omwana Wange?

Omuntu bw'akozesa ennyo ebiyungo bye asuubirwa okuwangaala emyaka egiwerako n'obutafuna ndwaddeza mutima. Okukozesa ebiyungo kuleetera omubiri amaanyi, ebirowoozo, wamu n'emigaso emirala egikwata ku bantu betuwangaaliramu. Abaana abatazannya ne mu bukulu basuubirwa okuba abantu abakulu abatakola mirimu oba abagayaavu okukozesa ebiyungo kiyamba:

- Okukuuma obuzito obulungi
- Okukendeeza ku puleesa
- Okwongera ku masavu amalungi agabeera mu musaayi
- Okukendeeza akabi akali mu ndwadde ya sukaali n'ebika ebimu eby'obulwadde bwa kookolo (kansa)
- Okulongoosa ebirowoozo by'omuntu (nga mw'otwalidde okwekakasa n'okwewa ekitiibwa oba obutenyooma).
- Okusomesa omwoyo gw'okukolera awamu

EKIBIINA KY'OMUTIMA MU AMERIKA

Abaana abakunuukiriza mu bitundu 21 ku buli kikumi ab'emyaka egiri wakati wa 6 ne 17 mu Amerika balina omugejjo. Abaana abagevvu ne bwe baba bafuuse bantu bakulu era basuubirwa okuba n'omugejjo oba bannamudiguli. Embeera ey'omugejjo mu bukulu eyinza okuleeta obulwadde bwa sukaali, obulwadde bw'omutima, okusannyalala, kookolo n'endwadde endala ez'olukonvuba. Ekkubo erisinga obulungi mu kulwanyisa obwannamudiguli n'endwadde endala kwe kukola dduyiro, nga kino kirina kutandika okuva mu buto. Okukola dduyiro kireeta amaanyi, okugonza ebiyungo ne bitakakanyala, n'obugumiikiriza; era kino kikulu nnyo eri abaana ab'emyaka ebiri n'okusingawo. Mu baana, okukola dduyiro kitegeeza kuzannya n'okubeera nga balina kye baliko kye bakola buli kaseera. Omwana alina ky'akola aba asobola okubeera n'ebinywa n'amagumba ebyamaanyi, omubiri omutonoko, n'endaba y'obulamu esingako obulungi. Abaana abatazannya baba balabika okufuna obuwuka, okusannyalala, omugejjo, n'obukendeevu bw'amasavu amalungi mu musaayi. Okukola dduyiro kuyamba abaana okwebaka obulungi okusingako, era ne kibafuula abasobola okwaŋŋanga okusoomooza emirimu egy'ebiyungo n'egyebirowoozo (okugeza okudduka okusanga bbaasi buli kumakya, okukutama okusiba engatto, oba okusoma ebitabo okw'okwetegekera ebibuuzo). Omwana obutaba na ky'akola mu buto ebiseera bingi bw'atyo bw'aba ajja okuba ne mu bukulu. (U.S. Center for Disease Control and Prevention)

## ABAANA N'ENGATTO



Waliwo ebigambo ebinyuvu ebyawandiikibwa mu katabo k'amawulire "Guardian", omuwandiisi Sam Murphy omukugu mu by'okuba n'ebiyungo ebiramu nga tukozesa dduyiro, eyalabula nti abaana okutambuza ebigere omutali ngatto ky'ekisinga obulungi gyebali era n'alabula nti engatto ziyinza okukosa okukula kw'obwongo bw'abaana mu ngeri ey'omutawaana. Ate Tracy Byine (omusawo w'amagulu eyakuguka mu ndwadde ezikwata ebigere by'abaana) agamba nti okutambulira mu bigere nga tebiri mu ngatto kigumya ebinywa n'ebibebenu by'ebigere, kitereeza fuleemu y'omuntu, era ne kirongoosa engeri omwana gy'ateekayo ebirowoozo ku kifo ekimwetoolodde. Engatto tezisaana kwambala lwa kulabika bulungi. Engatto ziyinza okwonoona ebigere ebikyali ebito. Okunoonyereza okwafulumira mu katabo akakwata ku ndwadde z'ebigere ok'omwaka 2007, kwalaga nti engatto z'abaana ezimu ziba nkakanyavu nga tezisobozesa bigere kwetaaya (ne kubaleetera ebigere obutatambula mu ngeri nnyini byo gy'ayagala). Ebigere biyinza okwonooneka singa engatto ziba zibinyiga.

Kyakabi ekigere okukyusibwa ne kigoberera enkula y'engatto, sso nga ekigere kyalirekeddwa ne kikula mu ngeri y'obutonde. Abazadde basaanidde okukulembeza obusobozi bw'engatto sso si ndabika yaayo, bwe baba bagulira abaana baabwe engatto, era balina okukubiriza abaana oluusi batambuze bigere byereere omutali ngatto (naddala nga bali awaka na buli kino we baba bakisoboledde) (Murphy 2010)

## ENGERI Y'OKUTUMBULA ABAANA BYE BASOBOLA OKUKOLA

Abazadde balina bingi bye basobola okukola mu kuyamba abaana baabwe okukolanga dduyiro. Gano ge gamu ku magezi agabaweebwa:

- Kendeeza ku biseera omwana wo by'amala nga alaba ttivvi ne mu kuzannya emizannyo gya vidiyo. Olw'okukuumibwa nga tebataayaaya, abaana bangi balekebwa okulaba ttivvi n'okukola ebibaweebwa ku ssomero okukolera awaka okutuusa bakadde baabwe lwe banaakomawo. Ekisinga obulungi be baana okuba ne bye bakola nga baakava ku ssomero ne basoma oluvannyuma nga olunaku luggwaako.
- Kubiriza omwana okwenyigira mu mirimu egigya mu myaka gye. Abaana abatannaweza myaka ebiri tebalina kulaba ttivvi n'akatono (Ekitongole kya Amerika Eky'abasawo B'abaana).
- Yigiriza abaana nti okukozesa ebiyungo byabwe kyakwesanyusa era nti okukola dduyiro kuli mu bintu bingi (okuzannya, okubuukabuuka n'emizanyo egiwakanirwa). Omwana bw'anaanyumirwa

okukola dduyiro ajja kugenda mu maaso nayo tajja kugirekayo.

- Ebintu ebiyamba omubiri okubeera omulamu tobikozesa nga ekibonerezo. Kiba kibi omusomesa okugamba omuyizi nti nkuwadde ekibonerezo kyakudduka emirundi etaano nga weetooloola ekisaawe olw'ensobi gye wakoze.
- Abazadde kyakulabirako eri abaana baabwe. N'olwekyo, abazadde basaanidde bulijjo okwenyigiranga mu dduyiro. Ggwe nga omuzadde, tambulira ku madaala bw'oba oli mu kizimbe ekiwanvu, lifuti gireke. Mu kifo ky'okuvuga mmotoka, tambuza bigere. Mu kifo ky'okutambula obutambuzi ddukaddukamu.
- Abantu b'awaka bonna bakunge beenyigire mu dduyiro. Abazadde tebasaana kutuula ku ntebe ne balagira abaana bo be aba bakola dduyiro bokka oba okuzannya.
- Okwenyigira mu dduyiro bwe kuba kugattiddwako endya ennungi ogwo gwe musingi gw'enneeyisa y'obulamu obulungi. Bulijjo abaana baliise ebibala, anva endiirwa n'empeke.
- Kubiriza abaana okwenyigira mu bikolwa ebibongera amaanyi, okwesobola mu mubiri, n'obugumiikiriza. Amaanyi gayinza okusondebwa nga omuntu akoze dduyiro ennyangu nga okutambulira ku mitayimbwa, okusimba emikono nga ebigere biri waggulu, oba ekigwo. Bakubirize okukola omuzannyo gw'okutuula nga bava mukugalamira, okwesukuma, n'okwesindika.
- Yigiriza abaana emizannyo egiyamba okussa obulungi. Omutima gujja kuba nga gukubira ku sipiidi ne kiviiramu okussa omukka nga obaka mubake. Kino kyongera omutima amaanyi ne kisaasaanya omukka ogw'obulamu mu butoffaali bw'omubiri bungi. Emizannyo egyogerwako mwe muli gino: omupiira ogw'ensero, omupiira ogwavvole, okuvuga akagaali, okuseererera ku muzira, akapiira ak'ebigere, okuwuga, ttena ey'okummeeza, okutambula, n'okudduka.

## Ebiseera Ebisaana Okukoleramu Dduyiro

Enteekateeka y'ebiseera abaana mwe balina okukolera dduyiro yamugaso nnyo mu kukula kwabwe, era obungi bwa dduyiro businziira ku myaka gy'omwana. Akakiiko k'eggwanga (Amerika) akakola ku byemizannyo n'okuyigiriza emizannyo gy'omubiri (The National Association for Sport and Physical Education - NASPE) kasemba enteekateeka eno wammanga:

| Emyaka | Ekitono Eky'okukola Olunaku | Ebikyogerwako |
|---|---|---|
| Omuwere | Tewali kyetaagisa kiri awo | Okukozesa ebiyungo kuyamba okukulaakulana kw'entambuza y'ebiyungo |
| Omwana ayavula | Essaawa 1½ | Eddakiika 30 eziteekateekeddwa okukoleramu ebintu NE eddakiika 60 ezitakugiddwa (okuzannya nga bw'ayagala) |
| Atannatuuka kusoma | Essaawa 2 | Eddakiika 60 eziteekateekeddwa okukoleramu ebintu NE eddakiika 60 ezitakugiddwa (okuzannya nga bw'ayagala) Okutemaatemamu emizannyo gya dduyiro egyenjawulo nga buli gumu gwa ddakiika 15 oba okusingawo |

**Ekitongole kya Amerika ekirwanyisa endwadde z'omutima kikubiriza bino:**

- Abaana bonna abaweza emyaka ebiri n'okusingawo balina okwenyigira mu by'okukola ebibasanyusa nga si byakaasammeeme, okumala eddakiika ezitakka wansi wa 60 buli lunaku nga bibasaanira okusinziira ku kukula kwabwe era nga byawukana.
- Omwana wo bw'aba tasobola kufuna ddakiika 60 ez'okuwummulamu ezaawamu, gezaako eddakiika asatu asatu emirundi ebiri oba mukozese ebintu by'okukakaalukana byamirundi ena nga buli kimu kya ddakiika 15.

Nnabbi Muhammadi ﷺ yagamba nti:

> "Omukkiriza owaamaanyi y'asinga obulungi n'obuganzi eri Katonda okukira omukkiriza omunafu, naye bonna balina obulungi." (MUSLIM] (Hadiisi etegeeza amaanyi g'obukkiriza n'amaanyi g'omubiri).

Etteeka erigamba nti "bikozese oba bifiirwe" likola ku biyungo by'omubiri, ebinywa by'omutima n'obutoffaali bw'obwongo. Okukozesa ebiyungo dduyiro kyatteeka (si kyakyeyagalire) mu kukula kw'omuntu. Wadde okufuna ebiyungo by'omubiri ebiramu obulungi kirungi, okunywerera mu mbeera eyo kirimu okusoomooza. Okukuuma omubiri nga ebiyungo byagwo biramu bulungi kiyamba amaanyi, endowooza y'obwongo, n'ebiruubirirwa by'omwoyo okweyongera amaanyi. Bw'oba odduse ku lunaku Olwokusooka, n'otoddamu okutuusa ku Lwokutaano, tokubisaamu lugendo mirundi lw'oddamu okudduka ku Lwokutaano nga oyagala okuliwa. Tokola nnyo dduyiro kwemalamu maanyi. Genda mu maaso n'okudduka, okolere mu jjiimu (gym) oba wabweru waayo nga bwe kisoboka.

N'abaana abato (abawere) beetaaga okubaako n'omuzannyo gwe bakola wakati w'ekiseera ky'okulya n'okwebaka. Abaana abatasukka mwaka gumu, oyinza okubebassiza ku migongo gyabwe n'oweta amagulu gaabwe mpolampola ne baba nga abavuga eggaali, osobola n'okubavuunika n'obayamba basitule emitwe gyabwe, n'obagalamiza ku bulangiti nga eri wansi ne beewaliriza okukunuukiriza eby'okuzannyisa oba ebintu ebirala ebitali byabulabe.

## Okwebaka

Kyetaagisa nnyo abaana okwebaka otulo otubamala basobole okuba abalamu obulungi n'okukola emirimu obulungi. Bulijjo omuntu engeri gye yeebakamu mu buto egenda emugoberera mu bukulu. Akakiiko akalwanirira okwebaka otulo otulungi aka Amerika (The Better Sleep Council in the U.S.) kaakola okunoonyereza okwalaga nti abantu ebitundu ⅔ emirimu gyabwe tegyatambula bulungi nga ekyo kyava ku buteebaka: (abasajja ebitundu 26 ku buli kikumi n'abaana ebitundu 13 ku buli kikumi bakkiriza nti baasumagiranga nga bali ku mirimu). Okwebaka kusaana kubeerewo ekiro. Emibiri gyaffe gyategekebwa okuwummulako wakati w'akawungeezi ne kumakya (enjuba w'egwira ne w'eviirayo).

Bwe wabaawo embeera esusse kyetaagisa okulongoosaamu. Ekyokulabirako, mu bukiikakkono bwa Bulaaya ekiro kiba kimpi mu biseera by'ekyeya ate mu biseera by'obutiti ekiro kiba kiwanvu. Mu makkati g'ebiseera by'ekyeya mu bukiikakkono bwa Scotland, enjuba egwa ku ssaawa nga 4.30 (nnya n'ekitundu) ez'ekiro ate n'evaayo ku ssaawa mwenda ez'ekiro (nga wakati w'obudde obwo enjuba emunyeenyamu katono). Mu biseera by'obunnyogovu enjuba egwa ku ssaawa nga 9:30 mwenda n'ekitundu ez'olweggulo ate n'evaayo ku ssaawa 3:00 (ssatu) ez'okumakya.

*Ne tubatonda mu migogo (omusajja n'omukazi),*
*Otulo twammwe ne tutufuula ekiseera ky'okuwummuliramu,*
*Ekiro ne tukifuula nga ekyambalo,*
*Obudde obw'emisana ne tubufuula obw'okunoonyezaamu engeri y'okuwangaalamu.*

Okwebaka emisana tekisoboka kusasula tulo omuntu otuba twamuyiseeko ekiro. Okwebaka otulo otumala ekiro kuyamba omuntu okubeera omulamu obulungi n'okukendeeza akabi k'endwadde eziyinza okumulumba.

Abasiraamu abamu balina omuze gw'obuteebaka ekiro kyonna mu mwezi gwa Lamanzaane olwo ne beebaka emisana! Okukyusakyusa emirimu gy'ekiro okugikola emisana n'egyemisana n'ogikola ekiro si kye kyagenderwa mu kusiiba Lamanzaane. Kino kikyusa enkola y'emibiri gyaffe.

Enjuba bw'eba egudde, mu bwongo bwaffe mulimu ekitundu ekiweereza ebirungo mu bitundu byaffe eby'omubiri nga biragirwa okuwummula byetegekere okwebaka.


Obudde bwe buziba tutandika okwayuuya; ebikoowekoowe by'amaaso gaffe ne bizitowa;

okukola kw'e biyungo ne kukendeera. Bwe tukwatibwa otulo, omulyango oguyingiza ebigenda mu bwongo guggalwa ne butawuliziganya na kifo kibwetoolodde. Okwebaka kikolwa ekifugibwa homone (ekirungo ekibeera mu butoffaali) eyitibwa melatonin ne homone endala seratonin egikulembera. Homone zombi zisobozese omuntu okwebaka obulungi nga n'enzikiza y'ekiro eyamba. Enkola ey'okukyusa obutonde (okukola ekiro ne weebaka emisana) ekyusa essaawa yaffe ey'obutonde eyatutonderwamu etuviirako okuzza obulamu bwaffe n'amaanyi bye twewulira nga tuzuukuse kumakya. Okukyusa essaawa y'emibiri gyaffe eno otulo twaffe tutaataaganyizibwa, era ekivaamu kwe kulemwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'omubiri gwaffe n'omwoyo.

Okwebaka otulo otutumala, kikendeeza okukola kw'obwongo n'amaanyi gaabwo. Ekyo kituuka ne ku biyungo by'omubiri ebirala. Kino kyakabi nnyo eri omuntu ali ku mulimu n'oyo avuga ekidduka, kubanga ebibiri ebyo byetaaga omuntu okubeera omuzuukufu. Okukola kw'obwongo okuba kunafuye olw'okwebaka ekitono kuleetera emirimu obutakolebwa bulungi, okuwaba oba okusobya, n'obubenje. Otulo engeri gye tuba twekuŋŋaanyizza, obwongo bwaffe busigala buwandiise ebbanja ly'otulo otuba twatuyiseeko nga bulumiriza omuntu alisasule yeebake essaawa ezimala olwo otulo tusobole okumuggwaamu obulungi. Bannassayansi abasinga obungi bagamba nti omuntu yaalyebasse essaawa eziri wakati w'omusanvu n'omwenda okufuna otulo otumala okuwummuza ku bwongo n'okusobozesa omubiri gwe okukola obulungi emirimu. Buli lwe twebaka akatono tukola kitono era gye tukoma okuba n'amaanyi amatono. Okubulwa otulo era kuzaala okucankalana kw'empuliziganya y'ebiyungo n'obutalowooza bulungi.

## ENGERI OBUTEEBAKA GYE BUKOSAAMU OBULAMU

Okwebaka otulo otutamala kutaataaganya okuddaabiriza obutoffaali obulwanyisa endwadde ezirumba omubiri n'okuteekateeka obutoffaali obwo ne bubeera bulindaala. Ekyo kireeta okunafuya abaserikale b'omubiri ne kyongera emikisa gy'okulumbibwa endwadde. Okwebaka otulo okulungi kulongoosa entambula y'obulamu bwaffe, okujjukira kw'obwongo, obuzuukufu, wamu n'okukola kw'obwongo n'omubiri. Otulo otulungi tutusobozesa okukola emirimu gyaffe mu ngeri ennungi era ey'obuvunaanyizibwa. Otulo bwe tuba tumala tutusobozesa okwewala okukola ensobi, okusalawo ensonga mu bukyamu, okwonoona ssente, n'obubenje obulala, ebiyinza okumalawo obulamu bwaffe. Emibiri gyaffe n'ebirowoozo byaffe, bikwatagana. Obwongo, obusimu, n'okulwanyisa endwadde mu mibiri byonna biwuliziganya nga empuliziganya eyita mu busuwa bw'obusimu. Okwebaka okuwummuza obulungi omuntu kuleeta amaanyi, kulongoosa embeera omuntu gye yeewulira, okujjukira kw'obwongo, okulowooza n'okulaba byonna byeyongera amaanyi.




**Okwebaka amangu, okuzuukuka amangu bifuula omuntu omulamu mu mubiri, omugagga era omugezi –**
Benjamin Franklin



Nga oggyeeko okutunuza obukoowu n'okusumagira mu nkiiko ezibaawo olweggulo, obuteebaka tulo tumatiza oba okwebaka ku ssaawa ezitasaana kuyinza okutuviiramu obulwadde, nga kookolo w'okukyenda, kookolo akwata ebbeere, obulwadde bw'omutima, sukaali, n'omugejjo.

Abantu mu Bulaaya bakyuse nga kati baagala kukola ssaawa 24 olunaku, ennaku zonna omusanvu mu wiiki, era tebakyebaka budde bumala nga bwekyali edda. Ekireese endwadde y'omugejjo okweyongera olumu kivudde ku buteebaka tulo tumala kubanga essaawa abantu ze beebaka baazikendeeza, kino kyandiva ku kutaataaganya ebiriisa ebizimba omubiri ne homone ezifuga amaddu g'okulya. Okunoonyereza ku mibiri gy'abantu kulaga nti obukendeevu bw'otulo omuntu tweyeebaka buyinza okuteeka omubiri ku bukenke, buleetera homone okukola ebirungo by'okweraliikirira era ne bulinnyisa okukuba kw'entunnunsi (puleesa) ekyakabi ekiyinza okuleeta endwadde z'omutima n'okusannyalala. Abantu abateebaka tulo tumala bafuna okubabuukirirwa mu mubiri nga ekyo kiranga ndwadde ya mutima, okusannyalala, kookolo n'endwadde ya sukaali. Okwebakako emisana kuyambako mu kukendeeza ku buzibu obuva mu buteebaka kiro. Okwebaka kuyamba okulongoosa ebisenge by'emisuwa n'okukola kwa gyo. Eyo y'ensonga lwaki obulwadde bw'omutima n'okusannyalala butera okulumba abantu kumakya. Hormone eyitibwa Melatonin esobola okuziyiza okukula kw'obutoffaali bw'omubiri obwa kookolo kitegeeza nti Melatonin eziyiza kookolo." Ebyo byayogerwa Eva Schernhaamer omukugu mu ttendekero ly'obusawo e Harvard (Harvard Medical School). Singa obeera nnyo mu kitangaala ekiro, omubiri gwo gujja kukola melatonin mutono ddala, ekyo nga kyongera emikisa gy'okulumbibwa kookolo. (Stein 2005)

Mu kunoonyereza okwalimu okwetegere-za abantu abakulu 10,000 kyazuulibwa nti ab'e-myaka egiri wakati wa 32 ne 49 abeebaka essaa-wa ezitawera musanvu ekiro balina emikisa mingi okufuna omugejjo. (STEIN 2005)

Endwadde endala embi ennyo mulimu koo-kolo akwata abasajja abakuliridde (Prostate Can-cer), alabika nga alina akakwate n'obuteebaka. Abantu abataataaganyizibwa mu tulo, oba abo abalwawo nga batunula ekiro, oba abawawamu-ka okuva mu tulo ekiro balina ebizibu bye bimu. Otulo bwe tucankalanamu katono homone ebbiri ghrelin ne leptin nazo zicankalana ate nga ziyamba mu kutereeza ekyagala okulya.

## Ebitamiiza: Okunywa N'okuziyiza Okukoze-sa Ebiragalalagala

Okwongera mu maaso omulamwa gwaffe og-wokussa essira ku mbeera y'omubiri ennungi, abazadde n'abaana bateekeddwa okwewala oku-kozesa ebitamiiza. Ebitamiiza, nga mw'otwalidde ne ssigala, era ayisa bubi bamaama abali embuto, abaana abawere, n'amazzi g'omusajja agazaala.

**Obusente mu kuziyiza obulwadde businga omusimbi omu-ngi mu kuvumula.**
**Ssigala kabeera kakoola ka taaba akazingibwa mu kapa-pula nga kaliko omuliro ku ludda olumu ate ku ludda olulala nga waliyo omugwagwa.**

Omuze gw'okutamiirukuka oba okukozesa ebiragalalagala (enjaga) byetaagisa obujjanjabi bw'eddwaliro, n'obwokuddaabiriza ebirowoozo by'omulwadde oyo abikozesa. Kisuubirwa nti oku-goberera amagezi kuba kujja kuziyiza okutamii-rukuka n'omuze gw'okukozesa ebiragalalagala. Ebizibu ebinene si tteeka nti biva ku kukola en-sobi ennene; biyinza okuva ku mugatte gw'ebintu ebingi ebitono. Abazadde bwe bawangula mu ku-teekawo embeera y'amaka amasanyufu, abaana baabawe baba tebalabika kunoonya kumatira oku-va ebweru w'amaka.

Okutamiirukuka n'okukozesa ebiragalalagala (nga enjaga, marijuwana, cocaine, heroin ne LSD) biyinza okwonoonera ddala obwongo n'ebitundu by'omubiri ebizaala, ebitambuza omusaayi n'ebivunaanyizibwa ku kussa omu-kka. Ebiragalalagala ebyo byonoona obwongo, ne kivaamu okukola obulabe ku balala, okute-geera entegeera eyawukana n'ebiriwo, n'obutaba na nsonga ekozesa muntu by'akola. Enkozesa embi ey'enjaga, okugeza marijuwana, ne bw'e-beera ntono etya, eyinza okuba ensonga evii-rako okutabuka kw'omutwe.

### ABAANA N'OKUKEMEBWA

Abaana bayinza okuyitibwa mikwano gyabwe ne bannaabwe babayigirize okufuuweeta enjaga. Ba-lina okubeera abavumu okusobola okusigala nga tebeetabye mu bikolwa bya kitamiivu basi-gale nga tebakozesa biragalalagala. Emyaka gya kaabuvubuka (14-20) gye egisinga okusoomoo-za mu bulamu bw'omuntu. Kikulu nnyo oku-noonya okumanya n'okutegeera ebikwata ku bi-ragalalagala. Gezaako okuleeta embeera ezenja-wulo n'abaana nga ebifaananyi bayige engeri gye bayinza okwewala okukemebwa oba okuwa-lirizibwa bannaabwe okwonooneka.



Omuntu omu ku babiri mu Amerika anywa omwenge oba yali agezezzaako okukozesa ebiragalalagala ebitakkirizibwa mu mateeka. Okwogera obwogezi ku mitawaana tekigaana bantu kugenda mu maaso na kunywa mwenge oba ssigala – ekyewuunyisa, okulaba firimu eraga ssigala engeri gy'ayonoonamu amawuggwe kiyinza okupikiriza omuntu omufuuweesi wa ssigala okudduka n'agenda okunoonya ssigala afuuweete. N'olwekyo kyetaagisa okwogera ku bizibu n'okusala amagezi ag'okubirwanyisa.

Abazadde basaana okunnyonnyola abaana ensonga ezireetera abantu okukemebwa ne bakozesa ebiragalalagala nga ezisinga ziva ku muntu kwewulira nti bw'akozesa enjaga aba awulira obuvumu oba nti aba awulira ali waggulu mu mbeera. Naye ekiseera ky'omuntu okuwulira nga "ali waggulu" tekiwangaala, era kigobererwa okuwulira obubi ennyo. Okuggyako nga abaana kino kibategeezeddwa, bwe banaasanga abanywi b'enjaga nga beeyagala bajja kulowooza nti bazadde baabwe bye baabagamba nti enjaga mbi byali byabulimba. Abaana balina okutegeera nti okweyagala kw'enjaga kugula muwendo munene, ate nga kufuna katono, sso nga obulumi obukuvaamu busigalawo ekiseera kiwanvu nnyo. Kulaane eyogera ku njuyi zombi nga eyogera ku mwenge ne zzaala. Egamba bw'eti:

> *Bakubuuza ku by'omwenge ne zzaala. Gamba nti: "Ebyo byombi birimu ebibi bingi, n'emigaso (egimu) eri abantu. Naye ebibi ebirimu bye ebinene okusinga emigaso egibirimu…*
>
> (Kulaane 2:219)



N'olwekyo emigaso gy'okunywa okw'ekinyumo okutali kwamaanyi n'ebirungi bye kuyinza okuleeta eri omutima n'obwongo biyinza okubeera ebituufu. Awamu n'ekyo, ebizibu n'obulumi ebituusibwa ku mutima n'obwongo bingi ebisingira ewala emigaso egirimu.

## OBUBONERO OBUSOOKA OBUKULAGA NTI OMWANA AKOZESA EBIRAGALALAGALA: ABAZADDE BALINA KUKOLA KI?

Waliwo obubonero bungi obulaga nti omuntu akozesa ebiragalagala, era buno bwe butera okusangibwa: obupapula bwa feeza obwokeddwa, ejjiiko ezeewese emikonda, ebisaanikira by'emikebe ebyayokeddwa oba obubakuli, endabirwamu, amagirita, emisokoto, obucupa oba obukebe obwalimu eddagala, obupapula bwa ssigala, obucupa obubeeramu eddagala ly'amaaso, obukebe obubeeramu amakerenda, amatondo g'omusaayi mu kinaabiro oba agali ku ngoye z'omuvubuka, okugaana okufunya emikono gy'essaati emiwanvu, okukyuka mu kwagala okulya, okwagala ennyo ebyokulya ebiwoomerera, obuteebaka, okulemwa okuzuukuka kumakya, amasimu agakubwa nga si gaabulijjo, n'okweyisa mu ngeri ey'okukukuta.

Abaana bayinza okwemanyiiza okukozesa ebiragalalagala naye nga si bakyafu mu ndabika wadde okumyuka amaaso, ne bakozesa ebiragala byabwe mu nkukutu. Abazadde bwe baba babuusabuusa abaana baabwe, balina okwetegereza oba emimwa gyabwe n'ennyindo biriko amabwa, n'okulaba oba oluusi balabika nga abatamidde oba nga tebategeera bulungi. Bwe baba batambula n'abaana abanuusa eddagala, olwo abazadde balina okufaayo.

**Ebintu abazadde bye bayinza okukola okuziyiza abaana okukozesa ebitamiiza:**

- Nyweza eddiini awaka mu ngeri yonna esoboka. Obukkiriza ly'ekkubo erisinga mu kwekuuma. Ebiragalagala, omwenge, n'okukuba zzaala bigaanirwa ddala eri buli Musiraamu. Ekigambo khamru (ekiri mu aaya 2:219 mu Kulaane) kitegeeza ekintu kyonna ekitamiiza era kizingiramu buli kintu ekikyusa ku magezi ne kireetera omuntu obutasobola kwefuga.
- Buulira abantu bo abaawaka obubi obuli mu kufuuweeta ssigala, okunywa omwenge, n'okukozesa ebiragalalagala obategeeze nga bwe bikosa obulamu. Kiyamba singa balaba omuntu abikozesa nga byamufuula ekitagasa. Oyinza okuwa abaana omulimu okuwandiika ku kabi akali mu kukozesa ebiragalalagala n'omwenge ne kye bikosa eri ekitundu, ebyobulamu n'ebyenfuna. Abaana era balina okusabibwa okwogera ku mulamwa ogwo eri abantu b'awaka. Ne bwe baba basabye ssente ez'okubayamba mu kunoonyereza, kiba kyamugaso era zisaana okubaweebwa.
- Abakulu okulondoola enneeyisa y'abaana kye kimu ku biyinza okuziyiza embeera eno. Abavubuka tebasobola kweyisa mu ngeri mbi singa abazadde baba babasimbye amaaso. Tebasaana kukkirizibwa kutaayaaya kiro, era tebasaana kulekebwa mu nju bokka nga abazadde bagenze okutambulako. Abazadde balina okugifuula enkola yaabwe okwogeraganya n'okutuula n'abaawaka nga bali bonna, buli lwe kiba kisobose, era bakolere wamu enteekateeka gye banaamalamu ebiseera byabwe nga bali awaka n'ebweru. Okwo kw'ogatta nti okuwa abavubuka ssente ennyingi ze bakozesa buli kye baagala ziba zijja kuboonoona era ekyo kibasobozesa okuzigulamu ebiragalalagala.
- Abazadde beetaaga olw'olumu okwaza ebisenge by'abaana baabwe. Abazadde bayinza okunnyonnyola mu buvumu nga bwe bamanyi nti abaana baabwe balina eddembe ly'obutayingirirwa oba obutalingirizibwa. Abazadde tebalina kugamba nti: "Kino nkikola ku lwa bulungi bwo" wabula bagambe nti, "Nnina obuvunaanyizibwa ku kuba nti ofuna emirembe era nti obeera bulungi." Kino tekitegeeza nti eddembe lyabwe liba libaggyiddwako olw'okubayingirira, naye

kwaza okw'ensonga ennywevu, era abavubuka kye basobola okutegeera. Ensawo z'abavubuka ez'okungoye, ensawo ez'omungalo ne waleti byonna birina okwazibwa mu biseera ebitali bimu naye nga bannannyini byo tebategedde.

- Okulekera ennyo abaana eddembe ne batalingirizibwa kiyinza obutabayamba. Tebasaana kukkirizibwa kubeera na ttivvi zaabwe, essimu ne kompyuta eriko yintaneti mu bisenge byabwe. Ekibiina Alcohol Concern (2009) kyalaga okweyongera mu kunywa omwenge mu baana abali wakati w'emyaka 11 ne 13 e Bungereza.
- Londa emikwano emirungi. Abazadde basaana balondere abaana baabwe emikwano emirungi ku kyalo kwe bawangaalira, mu booluganda ne baliraanwa. Obwo buvunaanyizibwa bwa bazadde era kye kintu ekisaanidde okutakabanirwa.

Ebiseera ebimu, wadde bino byonna biba bikoleddwa okutangira embeera embi, oyinza okusanga nga mutabani w'omuntu oba muwala we agudde mu buzibu. Totya nnyo. Okulumwa omutima, obusungu, n'okubonaabona ebiva mu kino biyinza okubeera ebiyitirivu. Amagezi ag'ekikugu, wamu n'okubuulirirwa, biba bijja kuyamba abazadde okugonjoola ekizibu ekyo. Kikulu abazadde okufuga obusungu bwabwe embeera esobole okudda mu nteeko. Emirundi mingi, obuyambi bw'ekikugu buyamba mu kukola ebintu ebiwerako omuli okuvumula obulwadde oba okubukendeeza era okujjanjaba n'okuyingirawo ge gamu ku makubo ag'amagezi agasaana okulowoozebwako. Abazadde kye batateekeddwa kukola kwe kukweka oba okwefuula abatakwatibwako nsonga, oba ne batasaba buyambi, olw'okutya okuswala kubanga balina omunywi w'enjaga awaka, oba okutya ensonga ezikwata ku by'amateeka. Okuyamba okwewala obusungu obuyitiridde, abazadde bayinza okufumiitiriza nti ekyo tekiri ku mwana waabwe wabula omwana wa mukwano gwabwe azze gye bali nga ayagala kumuwa ku magezi. Kino kiyamba okukkakkanya ebirowoozo, ne kireetera omuntu okulowooza ku ngeri gy'anaanogera ekizibu kino eddagala sso nga ebirowoozo bye tabikosezza. Kino si kizibu kya muntu omu, kubanga eriyo amaka agali mu bukadde n'obukadde agali mu mbeera efaananako bw'etyo. Abazadde beetaaga okwogera n'abaana baabwe ebintu bino wammanga:

**1. Omwenge ye nnakazadde w'ebibi byonna**

Ekyafaayo ekikwata ku bubi bw'omwenge kinyumizibwa Uthumaani bin Affaani nti: Omusajja yawalirizibwa ku bibi ebitaano alondeko kimu: okuyuza Kulaane, okutta omwana, okusinza ebibumbe, okunywa omwenge, n'okwebaka n'omukazi. Yalowooza nti ekibi ekisinga obutono kwe kunywa omwenge. Yagunywa ne yeebaka n'omukazi, n'atta omwana n'ayuza Kulaane, ate era n'asinza ekibumbe. Ekyokuyiga kye tufunamu kiri nti omwenge ye nnakazadde w'ebibi byonna.

**2. Enjaga (Cocaine) Ekosa Omwana Ali mu Lubuto**

Mu makkati g'emyaka gy'ekinaana mu Amerika wagwayo obulwadde obwava ku njaga. Abasawo b'abaana baakizuula nti abaana abaazaalibwa abakyala abanywi b'enjaga tebaali nga baana balala. Baali bawewufu, nga bakankana, nga bakaaba butasirika, bwe baabakwatangako nga beesammula eri, era nga beekanga buli lwe baawuliranga eddoboozi wadde ttono nnyo. Bwe baatuuka mu myaka gy'okusoma, bangi ku bo baali tebasobola kutuula oba okubeera ku kintu ekimu, wadde ku bikolwa bye baayagalanga. Abaana ababa bakoseddwa enjaga nga bano guba mulembe ogufudde ttogge oba ogusaze (Begley 1998)

**3. Si Buli Mwana nti Mutereevu Talina Mutawaana**

Mu mwaka 1987 omukulembeze w'ekibiina eky'abavubuka Abasiraamu MYNA (Muslim Youth of North America) yayita omukulu wa Poliisi mu Herndon ne Virginia, okwogerera mu musomo ogukwata ku kuziyiza ebitamiiza.

Omusomo guno gwali mu ttendekero ly'Obusiraamu IIIT mu Herndon. Omukulu wa Poliisi yanyumya bw'ati:

> Nnafuna okwemulugunya kwa mirundi mingi ku bintu eby'omuwendo ebyabulanga mu kitundu. Nnateebereza omulenzi omu ow'emyaka 14 okuba nga ye yabibba, ne ŋŋenda eri bazadde be nga nnina ebbaluwa enzikiriza okwaza ekisenge kye. Bazadde be baagamba nga bakakasa nti: "Tekisoboka okuba nti mutabani waffe ye yabbye; mulenzi mulungi nnyo." Nnababuuza bwenti: "Mwali mukebedde ekisenge kye?" Baddamu nti: "Nedda, kubanga agamba nti kisenge kye yekka era tatukkiriza kukiyingiramu, era buli ssaawa kiba kisibe." Bwe nnamenya oluggyi ebintu ebyabbibwa nnabisanga mu kisenge, nga mu bino mwalimu zi ttivvi, zi kkamera, zi reediyo, amasaawa, n'ebyokwewunda. Nnawa abazadde amagezi nti: "Wadde mwamuwa ekisenge ekikye yekka, ennyumba mmwe bannannyini yo, buvunaanyizibwa bwammwe okuyingiramu era mulimu gwammwe okugyekebejjanga buli kiseera."

Kino kiyinza okuzuuka ku mwana wo? Tekisobola singa ogoberera amagezi g'omukungu wa Poliisi!

## OKWEMANYIIZA EBIRAGALALAGALA BW'OKUGERAAGERANYA N'ENKOLAGANA Y'AMAKA ENNUNGI

Abazadde basaanye okwebuuza ekibuuzo kino ekikulu: "Tulina enkolagana ennungi n'abaana baffe? Oba tetulina nkolagana nabo?" Enkolagana ennungi kitegeeza omuntu okusanyuka nga alabye abaana be n'abaana ne baddamu amaanyi ne bafuna essanyu nga bamulabye. Abantu bwe bawulira nti balina enkolagana n'abalala, baagala babeere kumpi nabo. Bawulira essanyu okukubaganya ebirowoozo n'okwogeraganya.

Abantu beemanyiiza okunywa ebitamiiza n'okwesiiwa ebiragalalagala bwe bawulira nga tebalina nkwatagana na bigenda mu maaso. Mu U.S., abantu abakulu obukadde 16.6 abalu mu myaka 18 n'okusingawo (ebitundu 7 eby'abantu abali mu kiti ekyo) baalina enkozesa y'ebitamiiza eteri nnungi mu 2013 (National Institute on Alcohol Abuse and Alcoholism). Mu U.K. ebitundu 12 ku buli kikumi eby'abantu abali mu myaka 15 n'okugenda waggulu baalina enkozesa eteri nnungi ey'ebitamiiza mu 2010. Enkozesa y'omwenge ey'ebiseera eby'enjawulo mu baana abali mu myaka ekkumineetaano eri waggulu mu U.K. okusinga mu U.S. – mu U.K. eri ebitundu 23.7 okutuuka ku 30.4 ku buli kikumi sso nga mu U.S. eri ebitundu 13.4 okutuuka ku 19 ku buli kikumi (WHO 2014). Abantu abalina ekizibu ky'okunywa ebitamiiza baba tebaagala kwogera oba okuzannya n'abaana baabwe. Abazadde bwe baba tebakyakwatagana na bigenda mu maaso, okunywa ebitamiiza, okukozesa ebiragalalagala, n'okufuuweeta ssigala bye bisikira okuwulira obumativu kwe bafa okufuna. Beeyunga ku kintu ekiba kijja okubawa amasanyu n'obumativu eby'ekiseera.

Okukozesa ebitamiiza kulina akakwate n'okwetta (ebirowoozo by'okwagala okweggya mu

**AMAGEZI OMUTAMIIVU G'AWA ABAVUBUKA**

**Payinta ya bbiya nnene nnyo, naye eppipa temala!**

Totandiikirizanga kunywa mwenge; ne bw'eba payinta emu bw'eti. Kasita otandiikiriza ojja kubbinkira otuuse ekiseera nga n'eppipa tekyakumala! Ekinaavaamu nga onoonyaayo ekintu ekisingako obukambwe, nga by'ebiragalalagala eby'akabi ennyo.

nsi oba enneeyisa ey'okwetta) n'obulwadde bw'ebirowoozo. Abantu beetaaga okuyiga okukwatagana n'okuba okumpi n'ebeŋŋanda zaabwe. Singa buli omu abuulira munne ku ebyo by'ayiseemu n'okutakabanira awamu, abantu b'awaka bongera okusemberagana n'okuba obumu. Obuvunaanyizibwa bw'abazadde kwe kugenda mu maaso okwetegereza abaana baabwe n'okuyingira mu ddembe lyabwe mu kiseera we kiba kyetaagisiza. Kino kirina kukolebwa awatali kuweera. Kifaananako omuntu asindika ekigaali empola akyambuse akasozi, singa alekera awo okukisindika kijja kuserengeta kigwe.

Abaana bwe baba bagenze ku bubaga, abazadde balina okunoonyereza okulaba ebyazuu-se ku bubaga obwo. Abazadde baba bajja kuwuniikirira abaana bwe banaabategeeza nga bwe baanywedde omwenge n'okukozesa ebiragalalagala nga bali wamu n'ebibiina by'abavubuka eby'eddiini, ebibiina by'abayimbi, abasomesa, abawa amagezi abaana ku masomero, abasawo n'abapooliisi, ku ssomero ne wabweru w'essomero! Abazadde tebalina kuleka buvunaanyizibwa bwabwe nga balowooza nti abaana baabwe bali mu mikono mituufu. Okwesiga abantu tekumala – balina okwekenneenya.

Abazadde balina okunoonyereza ku bakozi abalera abaana baabwe. Abakozi bayinza okukebera mu kabada gy'oterekamu eddagala nga banoonya eddagala eryebasa olwo baliwe abaana beebake, bo beekolere bye baagala awatali kutawaanyizibwa! Mu mbeera eyabulijjo "abalera abaana" abasinga obulungi be bajjajja kubanga baba balina omukwano n'obumanyirivu ebyetaagisa.

Kwatagana bulungi n'abaana bo obeere ekyokulabirako ekirungi. Abazadde kiki kye banaagamba abaana baabwe nga ate bbo abakulu banywi ba ssigala, batamiivu oba nga bakozesa ebiragalalagala? Teri kirungi kiyinza kusikira kya bazadde okubeera ekyokulabirako eri abaana. Awamu n'ekyo, abazadde bwe baba baalemera ku mize gino nga tebasobola kugivaako, ekitono ennyo kye balina okukola kwe kukkiriza ensobi yaabwe. Tegeeza abaana ebibi ebigirimu era obawe amagezi beewale okugwa mu nsobi nga ezo. Balage butya okunywa omwenge n'okukozesa ebiragalalagala bwe biri akatyabaga kennyini. Okuba omulimba oba omunnanfuusi kijja kwongera kwonoona mbeera, kubanga abaana baba bajja kulowooza nti obulimba oba obunnanfuusi bikkirizibwa era tebirina mutawaana.

## ENTEEKATEEKA Z'OKUBUDAABUDA OMULWADDE NGA AMAZE OKUSIIBULWA MU DDWALIRO: EDDIINI NGA EKKUBO ERITANGIRA

Mutabani wo oba muwala wo bw'aba yayiga okukozesa ebitamiiza okumutwala mu ddwaliro guba

**Omwana Ayinza Okuwona Okunywa Ssigala Nga Bazadde Be Bamunywa? Oba Okukozesa Ebiragalalagala? Emboozi y'Omuntu!**

Wadde bazadde bange bombi baanywanga ssigala, nze ssaakikola. Lwaki? Kubanga kitange yaŋŋambanga bw'ati: "Mutabani, nze nnakwatibwa omuze guno omubi, nneegomba okuba nti nguleka, naye sirina buvumu busobola kukikola. Eno yali nsobi era omuze guno gwonoona obulamu bwange."

Bwe nnali nnongoosa ekibindi mwe yafuuweeteranga shiisha oba nargiilah, ekyali kijjudde ebifeetete ebifaananako kkoolaasi n'enziro yaŋŋamba nti: "Mutabani, bino ebifeetete byonna kaakati bijjudde mu kifuba kyange!"

Abazadde bwe baba n'ensobi gye bakola balina okugikkiriza ne bannyonnyola abaana baabwe akabi akavaamu. Oboolyawo, abaana ne bategeera ne bafuna essomo ne beewala emize emibi egyo. Omusingi guno gukola ku buli muze: okufuuweeta ssigala, okunywa omwenge, okulwawo okwebaka, okwebaka okutuusa enjuba okukyuka, okulya ennyo ekiyitiridde, okuluma enjala, okwogerera waggulu, oba okwogera ennyo, obutabeera muwuliriza mulungi, n'okwebaka ekiyitiridde. Wabula, abazadde bateekeddwa okwegendereza ne balonda emyaka emituufu n'embeera mwe balina okutegeereza abaana emize gyabwe (egy'abazadde) abaana baleme kuggya bwesige mu bazadde n'okulema okubawa ekitiibwa.

mutendera gumu ogw'okuwonya obulwadde: enteekateeka z'okumubudaabuda ze ziddako. Zino bwe zitabaawo olwo amaanyi g'abazadde, ag'omwana waabwe, n'ageddwaliro gaba gagendedde busa. Enteekateeka z'okubudaabuda zino zigendererwamu kwongereza ku bujjanjabi obwafunibwa mu ddwaliro kisobozese omulwadde okuwonera ddala.

Abazadde batera okusanga ekiseera ekizibu mu kujanjaba abaana baabwe abasiibuddwa okuva mu ddwaliro. Okujjanjaba kuba kwali kwamaanyi nga n'omwana alabika ali mu mbeera nnungi, olwo abazadde ne batalowooza nti ayinza okuddayo ku nneeyisa ze ezaasooka. Naye kikulu abazadde beeyongere okumujjanjaba! Bakimanye nti mutabani waabwe oba muwala waabwe abeera abulako obutakkaanya bwa mulundi gumu gwokka addeyo ku mize gye giri, essimu emu kw'ayinza okwogerera n'abantu abakyamu, omumiro gumu, olufuuweeta lumu, okucankalana kumu mu mbeera oba olumira lumu oba olunuusa lumu lumumala okuddayo ku kukozesa ebiragala ebyakabi! Okumubudaabuda nga amaze okusiibulwa mu ddwaliro ky'ekiseera olutalo luno we luwngulirwa oba we lulemera!

Scott (1989) agamba nti amalwaliro omujjanjabirwa abantu abakozesa ebiragalalagala kumpi bulijjo gabeeramu endowooza y'ebyomwoyo "amaanyi agasingako waggulu". Kino bakikola wadde nga ebya Katonda tebifiibwako mu kisaawe ky'ebyemisomo egikwata ku ndowooza y'abantu. Abakugu mu kubuddabuda abalwadde bamanti nti enteekateeka z'eddiini zikola bulungi ku balwadde. Tewali kirala kikola bulungi kuzenkana. Okufaayo kw'abazadde kwetaagisa mu bwangu mu mbeera zino: singa omwana aba ayagala kwetta, bw'aba tafugika, bw'aba waabulabe eri abalala, bw'aba ayagala eddagala erimuggyamu obutwa bw'amalagala amabi, bw'aba agenda kutwalibwa mu kifo awabudaabudirwa, oba bw'aba agenda kutwalibwa mu kkomera ly'abaana abato oba nga awangaalira mu bantu abakyamu.

Abazadde bwe baba bawaliriziddwa okugenda mu gavumenti, balina okutegeka okulambula omwana buli wiiki nga bagenda n'omuntu omugezi munnaddiini akwataganye omwana waabwe ne Katonda.

## Obumenyi bw'amateeka


Okukozesa ebitamiiza kuyinza okutuusa omuntu ku bumenyi bw'amateeka n'abonerezebwa. Waliyo abantu abatannaweza myaka 17 naye nga babonerezebwa mu mateeka olw'emisango gye baba bazzizza. Abazadde abasinga obungi tebakakasa nti abaana baabwe luliba lumu ne basibibwa mu kkomera, naye nga ekyo kituuka ku bantu bangi. Embeera eno esobola okuziyizibwa singa abazadde bayigiriza abaana baabwe okugonderanga amateeka n'okugawa ekitiibwa.

Abazadde bwe bavuga ebidduka ku sipiidi etakkirizibwa, ne bagaana okuyimirira nga ebitaala bibakutte, ne babbirira emisolo, ne balimba abaserikale b'okukasitamu, ne babba ku mirimu oba mu makolero gye bakola, ne balimbalimba ku baana baabwe abatagenze ku ssomero, olwo n'abaana baba bajja kufuna endowooza egamba nti amateeka si kikulu. Abazadde bwe batwala poliisi okuba omulabe, n'abaana baabwe tebasobola kuwa poliisi kitiibwa.

Abantu abamu abasenguka okugenda mu nsi endala balowooza nti olw'okuba nga bbo batono mu nsi eyo, amateeka g'ensi eyo tegabakwatako, nga basuubira nti balina eddembe okugamenya. Endowooza eno yawakanyizibwa Shaykh Twaha Jaabir Al-Alwaani, omuyima wa IIIT, ettendekero ly'Obusiraamu ery'ensi yonna. Sseeka agamba nti:

> Omuntu oluyingira ensi engwira aba atadde omukono ku ndagaano n'ensi eyo okugoberera ssemateeka w'ensi eyo n'amateeka gaayo. Ekyo olukimala, Omusiraamu ateekeddwa okussa ekitiibwa mu ndagaano zonna nga Kulaane bw'emulagira, era nga Nnabbi ﷺ bwe yayigiriza. Bw'aba si mwetegefu kugoberera mateeka ga nsi eyo talina kugiyingira oba alangirire nga bw'atali mwetegefu kugagoberera, nga mu mbeera eyo kkooti z'amateeka ziba zijja kumugoba.

Abatuuze mu nsi yaabwe bwe baba balina etteeka lye baba batayagala, bayinza okulikyusa nga bakozesa amateeka nga basinziira mu makubo aga ddemokulasiya nga bwe gaba galambikiddwa mu ssemateeka. Obusiraamu bugaana abantu okutwalira amateeka mu ngalo n'okugassa mu nkola mu ngeri bbo gye baagala. Kino kiba kijja kuleetawo obuvuyo, okutwalira amateeka mu ngalo, n'obutali bwenkanya. Mu kiseera kye kimu, Omusiraamu takkirizibwa kukozesa butali bwenkanya nga yeekwasa nti amateeka g'ensi bwe gatyo bwe balagira. Omusiraamu takkirizibwa kugondera tteeka limulagira kukola haraamu. Etteeka bwe liba si lyabwenkanya, okujeema mu ngeri ey'emirembe ly'ekkubo ery'okulikyusa, nga bwe kyakolebwa Thoreau, Gandhi ne Martin Luther King. Ekiseera kiwanvu nga bano tebannabaawo, Nnabbi Muhammadi ﷺ yawakanya Abakurayishi Bamusinzabibumbe, n'akulembera abantu be mu ddembe awatali kukozesa maanyi ne bagenda e Makka okukola Umura ekyaddirirwa okukola endagaano y'e hudaybiya mu mwaka 630 C.E.





**Ekyobugagga Ekitazzibwawo: Omubiri Gwo nga Ekitereso**

Tulina ebyobugagga ebyensibo, ebyobugagga ebijjulukuka, n'ebyobugagga ebitazzibwawo. Emibiri gyaffe tegizzibwawo. Wadde nga tusobola okugula emmotoka ennyingi, amayumba, n'ebibajje, tulina omubiri gumu gwokka, era Katonda ye yagutwazika. Tuteekwa okugulabirira, okusinziira ku ndagiriro ya Omutonzi. Omulimu gwaffe nga abaateresebwa kwe kutwala obuvunaanyizibwa Katonda bwe yatukwasa ku ky'omuwendo ekyo. Buno butwaliramu ebintu ebiwerako nga: okuguyonja, okuguliisa, okugukozesa dduyiro, okwebaka, okuleka ebitamiiza n'obwenzi.

## Ekyokukola



**EKYOKUKOLA 32: ENTEEKATEEKA Y'OKWEKEBEZA ENDWADDE**
Tuula n'aboomu maka go mukole akeeso k'okwekebeza mu biseera ebigere, nga mwe muli n'okulabirira amannyo. Mwebuuze ku bakola mu materekero g'ebitabo, omusomesa, omujjanjabi, omusawo oba eddwaliro. Kkopi y'akeeso akakomererayo eba yaakuweebwa buli muntu awaka.

**EKYOKUKOLA 33: ENTEEKATEEKA Y'OKUKOLA DDUYIRO**
Nyumya n'abaana bo ku dduyiro ezikolebwa mu maka go. Bwe mumala mukkiriziganye ku dduyiro gye munaatambulirako mukole n'enteekateeka y'ebiseera bye munaagoberera ku bungi bwa dduyiro ze munaakola nga ozongerako mpolampola era mu biseera ebigere. Gezaako okutambuza ebigere mu kifo ky'okulinnya emmotoka era ebiseera ebimu ogyozenga n'emikono mu kifo ky'okugyozesa ebyuma! Wateekeddwa okubaawo embalirira ey'okugula ebinaakozesebwa, okubeera bammemba mu bibiina by'emizannyo n'okukola ku by'endya eriikiriza obulamu.

**EKYOKUKOLA 34: WEETABE BULUNGI NABO N'OKUBALAMUSA N'EKIRAMUSO EKYAMAKULU**
Omulundi ogunaddako abazadde bwe banaasisinkana abaana abamu, mu kifo ky'okubabuuza Haai! Kiki ekigenda mu maaso! Olyotya?" bayinza okugezaako okubalamusa mu ngeri esinga okulaga okufaayo, omukwano, n'okuteekayo omwoyo efaananako bw'eti:

- Mwalidde emmere ennungi leero?
- Mwakoze dduyiro?
- Mwebasse bulungi?
- Mwamwenyezza eri bazadde bammwe? Mikwano gyammwe?
- Mwanywegedde bakadde bammwe oba okubakwatako mu ngalo?
- Muyina gwe mwayambyeko leero?
- Mulina kye mwagabye?
- Mwasadde?

Tekyetaagisa kumalayo lukalala lwonna; ebibuuzo ebitono ku ebyo bimala bulungi.
Yongerako n'ebintu ebirala by'olaba nga bisaana okusinziira ku mbeera abaana gye balimu.

**EKYOKUKOLA 35: EMPISA Z'OKWEBAKA**
Nnyonnyola abaana bo empisa z'okwebaka n'ezookulya:

Ibin Maajah agamba nti: Nnabbi ﷺ yayita ku muntu eyali yeebasse mu muzikiti nga yeebakidde ku lubuto lwe. Yamukoonako n'ekigere n'agamba nti, "teweebaka bw'otyo kubanga Katonda ne Omubaka we ﷺ enneebaka bw'etyo tebagyagala." Mu ngeri y'emu Nnabbi ﷺ yaziyiza abantu okulya nga beebakidde ku mbuto.

Okwebakira olubuto si kirungi eri omugongo n'ebitundu by'omubiri ebiri munda y'omuntu. Okwebakira oludda lwo olwaddyo ky'ekisinga okugasa. Okwebakira ku ludda olwakkono kireetera amawuggwe, olubuto n'ekibumba okwenyigiriza ne kireeta obulwadde bw'ebirowoozo.

Nkola nnungi okugenda okugoberera ekitangaala ky'emisana: genda okwebaka (nga bukyali) nga sswala ya Isha yaakaggwa era ozuukuke mangu okwetegekera esswala ya fajiri nga enjuba tennavaayo. Yali nkola ya Nnabbi ﷺ okwebakamuko oluvannyuma lw'esswala ya Dhuhuri. Abasawo bakizudde nti omuntu okwebakako mu ttuntu kiyamba obwongo n'omubiri okweyongera amaanyi, ne kizza obuggya omubiri nga abantu bakooye emisana, ne kyongera omuntu okukola ennyo, okubeera omuzuukufu, okulongoosa embeera gye yeewuliramu, okumukendeeza obusungu, n'okukendeeza ku bubenje.

**EKYOKUKOLA 36: OKUTEEKAWO EMBEERA ENNUNGI AWAKA**

Abazadde basaanidde okutuula n'abaana baabwe bakubaganye ebirowoozo era bakkaanye ku nteekateeka ennyangu ekwata ku bintu bino BYONNA wammanga ebibeera awaka: Omukwano, essanyu, enseko, empuliziganya eteriiko kukugira, okwesigaŋŋana, okuzzaamu amaanyi, n'okusiima omuntu ky'atuuseeko oba ky'akoze. N'okufaayo ku mbeera z'abaana, okulya, okusaala, okuzannyira awamu, okubagulumiza n'okubawa ekitiibwa, okubanywegera, okubagwa mu bifuba n'okubamwenyera. Abazadde ne bwe baba tebaamanyiira kukola bintu bwe bityo, obudde buba tebunnabayita okutandika okukola byonna oba ebisinga obungi ku byo, nga babikola biva mu ntobo za mitima gyabwe.

**EKYOKUKOLA 37: OKUTEEKAWO OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO KU BUBONERO OBULAGA NTI OMUNTU AKOZESA EBIRAGALALAGALA**

Abazadde basaana batuule boogere n'abaana baabwe eky'okukola singa baba balabye obubonero obulaga nti omwana waabwe akozesa ebiragalagala. Amakubo ge balina okuyitamu mwe muli okwebuuza ku bakugu, okweyigiriza, n'okwogera n'abantu ab'emikwano n'abooluganda abalengera ewala. Okweraliikirira, ennaku ey'amaanyi oba okukuba n'okukaka tebiyamba. (Bino byonna tebiyamba wabula bisajjula mbeera).

**EKYOKUKOLA 38: OKUZANNYA EKIFO KYA OFIISA WA POLIISI!**

Abazadde bayinza okugamba abaana baabwe abali mu myaka ekkumi n'okusingawo bakube akafaananyi nga be boofiisa ba poliisi, balamuzi, oba abakola ku by'embeera z'abantu nga balina okukola emirimu gyabwe. Kiki kye bavunaanyizibwa okukola? Bintu ki ebibaawo mu lunaku lwabwe? Omulimu gwabwe mulungi oba tegweyagaza? Bayinza okukuba akafaananyi nga be bali mu mitambo gy'okulabirira abantu mu ggwanga, nga batunula nkaliriza okulaba abazzi b'emisango, n'abalala?

> Akazannyo kano ak'okuzannya ekifo ky'omuntu omulala kayamba abaana okukakasa nti boofiisa abanoonyereza, abasomesa, abazikiza omuliro, abapoliisi nabo bantu abalina obusimu mu mibiri, abalina amaka, n'ebizibu okufaananako abantu abalala. Abavubuka bwe baba balina ebizibu mu kazannyo kano, olwo bazadde baabwe bayinza okubaleetera abantu bennyini abavunaanyizibwa, nga ofiisa wa poliisi, oba akola ku by'embeera z'abantu, abavubuka basobole okumanya ebirala ebisingawo ebifa kumirimu egyo.

Okugendako mu kkooti nakyo kiyinza okuyamba okubajjukiza. Bwe balaba ekifo nga bwe kifaanana n'okuyiga eky'okukola n'enneeyisa, okwo kuba kusoma kwennyini. Kibalibwa mu bintu ebizibula amaaso okutegeka abaana okulambula ebifo bwe bityo.



ESSUULA 10

# Okuyonsa


- Ebyanjula 212
- Okuyonsa Bye Kwogerwako Mu Kulaane 213
- Emigaso Egy'ekisawo N'egyomwoyo Egiri Mu Kuyonsa 215
- Okuyonsa Nga Bwe Kuyimiridde Mu U.S. Ne U.K. 217
- Ekifo Omukolerwa N'okuyonsa Mu U.S. 218
- Ekifo Omukolerwa N'okuyonsa Mu U.K. 218
- Amata G'abaana Amatabule, Endyambi N'obulwadde 219
- Endaba Ya Imaamu Ali Ne Ibin Hazm Ku Bikwata Ku Kuyonsa 221
- Ebbanga Ly'okuyonsezaamu 221
- Ebintu Ebiyinza Okuba Ebyomugaso Eri Bamaama Abayonsa 222
- Maama Ayonsa Bye Yandiridde Buli Lunaku: Eky'okulabirako 223
- Eggwanga Eryamaanyi: Mu Bintu Ebirabwako 224
- Eky'okukola 39 227



## Ebyanjula

EDDAALA EKKULU ery'okukuzaamu abaana abalamu obulungi, mu mubiri ne mu mwoyo, kwe kuyonsa. Kulaane n'Obusiraamu bikkaatiriza okuyonsa n'oluganda olugoberera oluva mu kubeera nga abantu bayonseddwa omuntu omu (kino kiyitibwa luganda olw'ebbeere, era abaana bayitibwa abooluganda ababbeere). Okugeza, lwaki Salaah, ow'emyaka 20 egy'obukulu enzaalwa ya Buturuuki, tasobola kuwasa Fatuma, omuwala omuvubuka enzaalwa ya Indonesia? Okuddamu kuli nti Salaah bwe yali ow'omwaka gumu, yayonsebwako Ennaku entono nnyina wa Fatuma. Ekikolwa kino kifuula Salaah mwannyina wa Fatuma omubbee-re, era nga bwe batyo tebasobola kufumbiriganwa. Okwo oyongerezaako nti baganda ba Fatuma ne bassenga be ne bamaama be abato nabo olwo bafuuka bannyina ne bassenga ne ba-maama abato aba Salaah, era abooluganda abamuzira okuwasa (mahram). Olw'ensonga eyo okwebikkirira (hijaab) eba tekyabakakatako.

Wadde nga kyangu okutegeera oluganda olw'omusaayi n'oluganda olw'enzikiriza, butya bwe tuyinza okutegeera nti ensika entono ez'amabeere ziyinza okujjulula omuntu owebbali ne zimufuula owooluganda? Kino kinnyonnyola obukulu obw'amata omuntu g'ayonka.

Lowooza ku musaayi oguteekebwa mu muntu. Omusaayi gw'omuntu gwonna ne bwe guggyibwamu n'ateekebwamu omusaayi gw'omuntu omulala, ekyo tekiteekawo luganda wakati waabwe, ne bwe kikolebwa emirundi egiwera. Okuteekamu omusaayi kirina obwetaavu bwe kigonjoola, n'okuteeka ebiyungo by'omulala nakwo kuyamba okulongoosa obulamu bwaffe, awamu n'ekyo tebiteekawo luganda lwonna, ne bwe biba byamaanyi bitya oba nga bigenda wala kukoma wa. Abamanyi bakkiriziganya nti amaterekero g'amata (milk banks) tegakkirizibwa mu Busiraamu (nga bwekiri ku materekero g'omusaayi). Ekituufu kiri nti, oluganda olw'okuyonka luteekebwa ku ddaala ly'erimu nga oluganda olw'okuzaalibwa abazadde be bamu (laba 4:23). Wabula amateeka agafuga ebyobusika tegakwatibwako nsonga eno ey'oluganda olw'okuyonka ku bbeere erimu.

Kulaane amaanyi egateeka ku kuyonsebwa n'okulabirira okw'ekiseera kyonna okuva mu maama alaga omukwano mu myaka ebiri egisooka. Obutabaawo bulungi mukwano n'ekisa eri amwana omuto kiyinza okuvaako omwana obutakula bulungi mu bwongo. Mu lukuŋŋaana mu maka g'obwa pulezidenti w'America mu kisenge ekiteesebwamu olwatuuzibwa Pulezidenti Clinton, abakugu bakkaatiriza awatali kubuusabuusa nti "amagezi g'abaana abato gatandikirawo okukola okuva lw'azaalibwa era gatwala gafuna ekifaananyi eky'ebintu abaana bye

bayitamu mu kiseera ekyo" (Begley and Wingert, 1997). Emyaka ebiri egisooka omwana mw'ayonkera girina kinene kye gikola ku kufuula obwongo bw'omwana kye bubeera.

*Kubafuuliddwa haraamu (kubazira) okuwasa bano: bannyammwe (ababazaala), bawala bammwe (be muzaala), bannyinammwe (bwe muzaalibwa), bassengammwe, bannyammwe abato (baganda ba bannyammwe), bawala ba baganda bammwe, bawala ba bannyinammwe, bannyammwe abaabayonsaako, bannyinammwe ababbeere, abakadde abakazi ababazaalira abakyala, ne bawala ba bakyala bammwe abo be mulabirira abazaalibwa abakyala abo be mwali mwegasseeko nabo mu byobufumbo. Naye bwe muba temwegattangako nabo mu byabufumbo, awo tewali mutawaana (okuwasa bawala baabwe). (Temukkirizibwa) ne bakaabaana ab'abaana bammwe bwoya (be muzaalira ddala), n'okugatta aabooluganda ababiri (mu ddya erimu), okuggyako ebyo ebyayita. Ddala Katonda Musonyiyi nnyo, Omusaasizi olubeerera.* (Kulaane 4:23)

Kkooti z'e Misiri (Egypt) zirina obukwakkulizo butaano obulina okutuukirizibwa oluganda olw'okuyonka okusobola okukakata:

- Okubaawo ennyonsa waakiri taano.
- Buli luyonsa lulina okuba nga lumatizza omwana.
- Buli luyonsa lulina okuba nga lwetongodde, si kuyonsa mwana emirundi etaano lumu mu kwanguyiriza.
- Ennyonsa ettaano ziteekeddwa okukakasibwa abajulizi abeesigika nti zaatuukiriza ebisaanyizo.
- Ennyonsa zonna ettaano ziteekeddwa okukolebwa nga omwana tannaweza myaka ebiri egy'obukulu.

## Okuyonsa Bye Kwogerwako Mu Kulaane

Kulaane eyogera ku kuyonsa mu ssuula nnya ezenjawulo, nga ekubiriza bamaama okuyonsa abaana baabwe okumala emyaka ebiri. Maama alabirira omwana omuto aggyibwako obuvunaanyizibwa obw'okwerabirira, ne bw'aba ayawukanye ne bba, asobole okwemalira ku kulabirira omwana we. Taata w'omwana bw'afa, amuddira mu bigere atwala obuvunaanyizibwa obwo obw'okulabirira maama alabirira omwana. Eby'okusinza biwewulwa eri abakyala Abasiraamu (nga mwemuli ne bamaama); basonyiyibwa okusaala sswala za jjama n'okubuulira okwa buli lwakutaano (basobole okufuna ebiseera bye basobola okukozesa okusinziira ku bwetaavu basobole okutwala eky'okulabirira abaana nga omulimu gwabwe omukulu). Kino kisobozesa bamaama okulabirira abaana baabwe obutereevu okusinga obuvunaanyizibwa buno obw'okwegendereza okubulekera abakozi b'awaka. Mu myaka ebiri egisooka, omwana omuto yeesigamira nnyo ku maama, mu mubiri, omwoyo n'enneeyisa.



Ennywanto teyinza kusikira bbeere eriweeevu n'omukwano gwa maama. Ebiyinza okutuuka ku mwana ku mubiri oba omwoyo biyinza okubeera ebizibu okuvumula oluvannyumako; ekizibu kiyinza okubeera ekyamaanyi era eky'olubeerera. Kulaane eyogera ku kuyonsa mu aaya zino wammanga:

1. *Abazadde abakazi (ababa bagobeddwa nga tebakyadda) be balina enkizo okuyonsa abaana baabwe okumala emyaka emijjuvu ebiri, eri oyo*

*aba ayagadde okumalayo ekiseera ky'okuyonsa. Naye bakitaawe b'abaana balina okuliisa n'okwambaza abakazi ababa babayonseza mu ngeri esaanidde. Omuntu awalirizibwa ekyo ekiri mu busobozi bwe. Omuzadde omukazi talina kuyisibwa bubi olw'omwana we, wadde omuzadde omusajja okuyisibwa obubi olw'omwana we. (Kitaawe w'omwana bw'aba afudde) omusika naye alina (okukola) ekintu kye ekimu. (Abazadde bombi) bwe baba bakkiriziganyizza omwana okumuggya ku mabeere (nga tannaweza myaka ebiri) oluvannyuma lw'okuteesaganya awo bombi tebaba na musango. Ate bwe muba mwagadde okufuna abakazi abalala babayonseze abaana bammwe, tewali musango gwonna, kasita muba nga musasudde ekyo kye mwakkiriziganyaako (nabo) mu ngeri esaanidde. Mutye Katonda, mumanye nti Katonda byonna bye mukola abiraba.* Kulaane 2:233)

2. *Twalagira omuntu (okuyisa obulungi) bazadde be. Nnyina yamuwanirira (mu lubuto) mu bunafu (obugenda bweyongera) ku bunnaabwo, n'okumuggya ku mabeere (nga awezezza) emyaka ebiri. (Omuntu ne mmugamba nti:) "Weebaze Nze weebaze ne bazadde bo ababiri, gyendi y'eri obuddo.* (Kulaane 31:14)

3. *Twalagira omuntu (okuyisa obulungi) bakadde be. Nnyina yabeera n'olubuto lwe nga ayita mu buzibu, n'amuzaala nga ayita mu bugubi. N'ekiseera we yabeerera olubuto ne we yatuukira okumuggya ku mabeere (yabonaabona) emyezi amakumiasatu, okutuusa bw'aba akakase n'aweza emyaka amakumiana, agamba nti: "Katonda wange! Njigiriza nsobole okwebaza ebyengera byo bye wangabira ne bye wagabira bazadde bange era nkole emirimu emirungi gy'osiima era onfuulire ezzadde lyange abantu abalongoofu Ddala nze nneenenyezza gy'oli era ddala ndi omu ku Basiraamu."* (Kulaane 46:15)

4. *(Abakyala abo abali mu kulindirira) mubasuze (mu mayumba) mwe musula, okusinziira ku busobozi bwammwe, era temubafundiriza (mu kusula n'endabirira) musobole okubanyigiriza (bafulume oba beenunule). Bwe babeera bali mbuto mubalabirire okutuusa lwe bazaala abaana. Bwe baba babayonserezza (abaana) mubae empeera zaabwe era muteese mukkiriziganye bulungi (si ludda olumu okunyigiriza lunnaalwo). Bwe muba mukaluubiriddwa (afune) omukazi omulala ajja kumuyonseza.* (Kulaane 65:6)

*Owenfuna engazi asaasaanye (ku mukyala we n'omwana omuto) okusinziira ku bugazi bw'enfuna ye, n'oyo owenfuna enfunda asaasaanye okusinziira ku ebyo Katonda bye yamuwa. Katonda tawaliriza muntu okuggyako ekyo kye yamuwa. Katonda ajja kuteekawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu. (Kulaane* 65:7)



Maama bw'aba tasobola kuyonsa mwana – nga talina mabeere – olwo ogw'okuyonsa guyinza okuweebwa omukyala omupangise. Omukyala omupangise afuuka maama ow'okuyonsa; atwalibwa nga nnyina w'omwana, mu bintu byonna, okuggyako mu by'obusika. Abaana be bafuuka baaluganda (aboolugandа ababbeere) era bba w'omukyala ayonsezza afuuka taata eri omwana omuto. Okufumbiriganwa wakati w'omwana n'abaana ba nnyina eyamuyonsa, baganda be ne bannyina, ne bba wa nnyina oyo, tekukkirizibwa. Taata azaala omwana alina okusasula omusaala gwa maama ayonsa omwana. Taata bw'afa, abamusikira bateekeddwa okuyimirizaawo maama apangisibwa okuyonsa omwana n'omwana yennyini okumala emyaka ebiri omwana gy'amala ku mabeere.

Okuyonsa kyatwalibwanga nga kintu kikulu nnyo mu ggwanga ly'Obusiraamu eryasooka. Mu biseera bya Kaliifa owookubiri, Umar ibin al-Khattwab (mu kyasa eky'omusanvu), buli mwana omuto omwetaavu yaweebwanga ensako okukakasa nti alabirirwa bulungi mu bulamu obweyagaza (Haq 1967).

## Emigaso Egy'ekisawo N'egyomwoyo Egiri Mu Kuyonsa

Amata g'omuntu ge gasaanira omwana w'omuntu mu ngeri ey'enjawulo. Galimu ebikumi n'ebikumi n'okutuuka eyo mu nkumi n'enkumi ez'obulamu obukuuma omuntu obutafuna ndwadde n'okufuna amabwa n'okuzimba era ne buleeta okukula mu mbeera y'obutonde ey'okulwanyisa obulwadde munda, okukula kw'ebiyungo n'okubeera n'ebitundu ebiramu. Mulimu ebintu ebiwera ebireetera omubiri okukula ebirina kye bikola ku mbeera y'ebyenda, emisuwa, obusimu, n'ebitundu ebikola omubisi ogwetaagibwa mu mubiri. Amata g'omuntu gakyuka mu ngeri gye gabeeramu okuva ku mata agasooka nga omwana yaakazaalibwa okutuuka ku mabeere agayonkebwa oluvannyuma, era gaawukana n'emmere eriibwa, buli lunaku, ne mu bamaama ab'enjawulo (Pediatric Clinics of North America 2013).

Ekitundu ekyawandiikibwa mu Environmental Health Perspectives (2008) kyayogera nti:

"Amata g'omuntu gagenda gakyuka mu bungi okuyonsa bwe kugenda kweyongera, nga okusinga obungi kugoberera okukyuka mu mbeera y'omwana omuto.

Amabeere galimu ebintu bingi omuli ebiriisa ebikuza omubiri, ebiriisa ebyongera amaanyi, amasavu, omuzigo, eminnyo egy'enjawulo, ne vitamiini, naye nga ebintu ebirwanyisa obulwadde biva ku bintu ebiyinza okuba nga bikulu nnyo ku mwana okusobola okulwanyisa obulwadde obutera okukwata abaana mu ssande entono ezisooka n'emyezi egisooka ebyobulamu bwe."

Al-Bar and Kandil (1986), boogera ku migaso emingi egiri mu kuyonsa omwana, nga mwe muli:

- Amabeere ga maama galimu ekiriisa omwana kye yeetaaga, mu bipimo ebirungi era mu mbeera esaanidde esobozesa okugaaya n'okuyingira mu mubiri obulungi. Ebiriisa ebiri mu mabeere bigenda bikyuka bigenda bikyuka buli lunaku okusinziira ku byetaago by'omwana. Omwana azaaliddwa nga tannatuuka alina ebirungo ebituufu ebibeera mu mabeere okukakasa nti afuna eby'okulya ebisaanidde. Amabeere gaba gayamba embuto zaabwe ennyangu okukosebwa okukula n'okusobola okulwanyisa obulwadde. Amabeere munagu nnyo okugaayibwa mu mbuto okusinga amata amakolerere.
- Amata agali mu mabeere g'omuntu gaterekebwa mu ngeri ey'obutonde mu bbugumu ettuufu era gabeerawo buli lwe gaba geetaagiddwa.
- Teri cupa zeetagisa kwozebwa wadde bipimo by'ebirungo ebyetaagisa okutegekebwa.
- Okukwatagana okw'omwoyo kubalukawo wakati wa maama ayonsa n'omwana we omuto.
- Okuyonsa kuyinza okuyamba maama okudda ku bunene n'obuzito bwe yaliko nga tannafuna lubuto.
- Amabeere agasooka okuva mu mukazi ayonsa (colostrum) galimu embeera egonza obubi mu lubuto, ekiyinza okuyamba omwana eyaakazaalibwa okufuluma obulungi.
- Amata ag'ente, oba amata gonna amalala agatali mabeere ga mukazi, gaba gasobola nnyo okuleeta obutakkiriziganya na mubiri mu bantu.
- Okuyonsa kukola nga ekkubo eriziyiza okuzaala. Maama ayonsa tatera kufuna lubuto nga akyayonsa, bwe kutyo okuyonsa ne kuba nga kussaawo ekkubo ery'obutonde era eriwa bamaama emirembe eriyamba omukazi okufuna olubuto mu kiseera ekituufu. Abakazi tebagenda mu nsonga ez'omwezi bwe

baba bayonsa (kino kimanyiddwa nga lactational amenorrhoea), n'olwekyo okuyonsa kuyinza okukozesebwa nga erimu ku makubo ag'okwegema okufuna olubuto. Nga NHS bwe bakyogera, enkola eno eba teyeesigika emmere endala oba ebinywebwa ebirala bwe biba nga bye bikozeseddwa mu kifo ky'amabeere (maama ateekeddwa okubeera nga ayonseza ddala omwana ekiseera kyonna nga akozesa emmere enkolerere ntono oba obutagyeyambisiza ddala) n'oluvannyuma lw'omwana okuweza emyezi mukaaga.

- Amabeere gakola nga ensibuko ya zinc esinga obulungi.
- Abaana abaweebwa emmere enkolerere batera nnyo okulumbibwa endwadde mu mwaka ogusooka mu bulamu bwabwe, obutafaanana na baana abayonsebwa (Reviews in Obstetrics and Gynecology 2009).
- Okuyonsa kuzannya ekifo kinene mu kumalayo obusobozi bw'amaanyi g'obwongo bw'omwana. Amabeere galimu obutoffaali obuzimba obukulu ennyo obutayinza kusangibwa mu mmere enkolerere ekozesebwa ku baana awaka. Abaana abato abaayonka okumala omwezi ogumu gwokka beeyongerako obubonero 8 obwa IQ okusinga bannaabwe bwe batuuka mu kusoma okusookerwako, era omuwendo ogwo gugenda gweyongerako okusinziira ku bbanga omwana lye yeeyongera okuyonka" (BBC 2002).
- Okuyonsa kuwa obukuumi ku ndwadde nnyingi. Alipoota eyafulumizibwa Agency for Healthcare Research and Quality mu 2007 yatunuulira okunoonyereza okuwera n'ezuula bino wammanga:
- Okukendeeza ku kusobola okufuna kansa w'amabeere ne nnabaana eri mu bakazi abayonsa abaana baabwe.
- Okuyonkera waakiri emyezi esatu kukendeeza ku busobozi bw'okufuna omutindo gwa sukaali 1 mu baana. Okuyonsa kukendeeza okusobola okufuna sukaali omutindo 2 eyo oluvannyuma mu bulamu.
- Okukendeeza obusobozi bw'okufuna omutindo 2 ogwa sukaali mu bakazi abagenda okuzaala naye nga tebabeerangako na sukaali, nga bayonsa, era buli mwaka gwe bayonsa gulina akakwate n'okukendeera kw'okusobola okufuna sukaali ow'ekika ekyo.
- Okuyonkera waakiri emyezi 6 kulina akakwate n'okukendeera kw'obusobozi bw'okufuna leukemia ow'omubuto, ow'amaanyi ow'ekika kya lymphocytic leukemia ow'amaanyi (okuyonka kukendeeza ekizibu kino ebitundu 19 ku buli kikumi) n'ekika kya myelogenous leukemia ow'amaanyi (nga kukendeeza ekizibu ky'okufuna obulwadde buno ebitundu 15 ku buli kikumi).

Amata g'ensolo gasaanira baana ba nsolo, era ebigalimu byawukana okusinziira ku buli nsolo. Akeeso akajja wammanga kannyonnyola ebitundutundu ebisookerwako ebiri mu mata g'omuntu, ente, embogo, n'embuzi. Amazzi agali mu mata ago agali ebitundu nga 88% era ebisigadde biri nga bwe biragibwa wammanga:

| Amata | % Ekiriisa | %Amasavu | %Sukaali | %Minerals |
|---|---|---|---|---|
| Amabeere | 1.5 | 3.5 | 6 | 0.2 |
| Ente | 3 | 4 | 4 | 0.8 |
| Embogo | 3 | 6 | 4 | 0.8 |
| Embuzi | 3 | 4 | 4 | 0.8 |



**American Academy of Pediatrics ewa amagezi okuyonsa kwokka okumala emyezi nga 6, kuno ne kugoberezebwako okweyongera okuyonsa nga n'emmere egendera ku kuyonsa bw'etandika okuweebwa omwana, n'okweyongera okuyonsa okumala omwaka 1 oba okusingawo, nga bwe kiba kyetaagisizza eri maama n'omwana.**

- Okuyonsebwako kulina akakwate n'okukundeera kw'obusobozi bw'okufa kw'abaana (kukendeeza ekizibu kino ebitundu 36 ku buli kikumi).
- Okuyonkera waakiri emyezi esatu kulina akakwate n'okukendeera kw'obusobozi bw'okukwatibwa asima mu abo abatalina byafaayo bya asima awaka (ebitundu 27 ku buli kikumi obw'okukendeera okwo). Abo abalina ebyafaayo bya asima awaka, waliwo okukendeera kw'ekizibu kyokukwatibwa obulwadde buno ebitundu 40 ku buli kikumi mu baana abataweza myaka 10.
- Waliwo akakwate wakati w'omuntu okuba nga yayonsebwako n'okukendeera kw'obusobozi bw'okufuna omugejjo oba obwannamudiguli mu biseera by'obulamu obw'obuvubuka oba obukulu.
- Okuyonka kulina akakwate n'okukendeera ennyo okw'obusobozi bw'aokufuna bw'okulwala amatu.
- Okuyonka kukendeeza obusobozi bw'okufuna ekizibu ky'amabwa agasaasaanira omubiri.
- Abaana abato abayonsebwa bafuna okukendeera okw'amaanyi mu busobozi bw'okuzimba kw'olubuto okutera okuvaako okusesema n'ekiddukano (okunoonyereza mu Bungereza kwazuula okukendeera kw'obusobozi bw'okufuna obulwadde buno ebitundu 64 ku buli kikumi).
- Okuyonka kulina akakwate n'okukendeera kw'obusobozi bw'obulwadde mu baana obukwata olubuto wansi (waaliwo okukendeera ebitundu 72 ku buli kikumi okw'abaana abaaweebwa ebitanda olw'obulwadde obukwata wansi w'olubuto mu baana abali wansi w'omwaka ogumu abaayonsebwa okumala emyezi 4 oba okusingawo).
- Okuyonsa kuyamba okukendeera kw'obusobozi bw'okuvaamu omusaayi omungi oluvannyuma lw'okuzaala mu bamaama.
- Okwanguwa okukomya okuyonsa oba obutayonseza ddala kulina akakwate n'okweyongera kw'ekizibu ky'obulwadde bw'ebirowoozo okujja oluvannyuma lw'okuzaala.

## Okuyonsa Nga Bwe Kuyimiridde Mu U.S. Ne U.K.

Omuwendo gw'okuyonsa guzze gulinnya mu U.S. Ku baana abaazaalibwa mu 2012, ebitundu 80 ku buli kikumi baatandika okuyonka, ebitundu 51 ku buli kikumi baali bakyayonka ku myezi 6 (okuva ku bitundu 35 ku buli kikumi mu 2000) n'ebitundu 29 ku buli kikumi baali bakyayonka ku myezi 12 (okuva ku bitundu 16 ku buli kikumi mu 2000). Emiwendo gino gya kuyonsa okw'ekika kyonna, sso si kuyonsa okutagattiddwamu mmere ndala. Omuwendo gw'okuyonsa okuteetabiseemu kirala ku myezi 6 gwali ebitundu 22 ku buli kikumi mu mwaka 2012, okuva ku bitundu 10 ku buli kikumi mu 2003 (CDC). Mu U.K., ku ntandikwa omuwendo gw'okuyonsa gwali ebitundu 81 ku buli kikumi mu 2010 (ebitundu 83 ku buli kikumi mu England, 74 ku buli kikumi mu Scotland, 64 ku buli kikumi mu Northern Ireland ne 71 ku buli kikumi mu Wales), okuva ku bitundu 76 ku buli kikumi mu 2005.

Sso nga ebitundu 36 ku buli kikumi ebya bamaama baali bakyayonsa ku myezi 6 mu 2010, omuwendo gw'okuyonsa kwokka okutatabikiddwamu kirala ku myezi 6 gwali ekitundu 1 kyokka (NHS 2012).

## Ekifo Omukolerwa N'okuyonsa Mu U.S.

Emu ku nsonga ezigaana abakazi abamu okuyonsa eyinza okuba ebyetaagisa mu kuyonsa. Abaana abawere bayonka emirundi egituuka mu daziini (12) mu ssaawa 25, ebiseera ebisinga okumala eddakiika wakati we 10 ne 15 mu luyonka olumu. Bino okubikakaatika mu ssaawa z'okukola kizibu.

Mu 2010, akawaayiro akassaawo "ekiseera ekimala okuwummuliramu" kaayisibwa Patient Protection and Affordable Care Act, akeetaagisa abakozesa mu U.S. okuwa "ekiseera ekimala okuwummulamu eri omukozi okusobola okuyonsa omwana okumala omwaka mulamba oluvannyuma lw'okuzaala buli mukozi oyo lwe yeetaaga okuwa omwana amata." Era lyetaaga abakozesa okuwaayo "ekifo, ekitali kinaabiro, ekisiikiriziddwa era ekitamala gatuukibwamu abakozi abalala n'abantu ab'ebbali, ekiyinza okukozesebwa omukozi okuyonsa omwana". Wabula, abakozesa tebalina kusasula bamaama ebiseera ebiwummuddwa okuyonsa omwana.



Okwongereza ku ekyo, abakozesa abalina abakozi abakka wansi wa 50 tebalina kuwa mwaganya eri abakazi abayonsa kasita ekyo kiba nga kijja kubateeka mu buzibu obuteetaagisa (U.S. Department of Labor).

Mu 1993, ekirabo kya UNICEF kyaweebwa kampuni eya John Hancock Mutual Life Insurance olw'okuteekawo ebisenge omuyonserwa abaana mu kampuni (omuli ekyuma ekikamula amabeere eky'amasannyalaze, entebe eziwa emirembe, ne firiigi). Kampuni yakivumbula nti ku bakozi abawera nga 300 abafuna embuto buli mwaka pulogulaamu eyo yasobola okugifissiza ssente (ddoola 60,000 okuva lwe yatandikibwawo) kubanga abaana abayonka babeera balamu bulungi okusinga ku balala, bwe batyo bamaama tebatera kwosa. N'okudda ku mulimu kyangu, bwe batyo abakyala abaakazaala abaagala okufuna oluwummula olumpi beeyongera. Olw'okuba abaana abayonka mu U.S. bafuna obulwadde obukendeera ebitundu 35 ku buli kikumi ku baana abaweebwa amata, bamaama abalabirira abaana baba kubula ku mulimu ebitundu 27 ku buli kikumi ebikka ku bamaama abaakazaala abatayonsa. (Rona Cohen, School of Nursing, University of California e Los Angeles).

## Ekifo Omukolerwa N'okuyonsa Mu U.K.

Mu U.K., omukazi alina ekirowoozo ky'okuyonseza ku mulimu yeetaaga okutegeezaako mukama we mu buwandiike nga bw'ayonsa nga tannadda ku mulimu. Abakozesa mu U.K. beetaagibwa mu mateeka okuteekawo ekifo awantu eky'okuwummuliramu abakazi abalina embuto n'abayonsa, nga mwe muli, we kiba kyetaagisizza, awantu aw'okwebaka. Wabula, ekiseera kino si tteeka eri omukozesa okuteekawo ekifo awantu omukazi w'asobolera okukamula n'okutereka amata. Era si tteeka eri omukozesa okusasula ebiseera omukazi ayonsa oba akamula ama-



beere by'amala nga takola. Obuyigo oba ebifo by'abalwadde tebisaanidde kweyambisibwa kubanga biba biyinza okuba n'obuzibu obw'obuyonjo. Abakozesa balina obuvunaanyizibwa okukwataganya okusaba embeera ennungi ey'okukoleramu "mu ngeri esaanidde", n'okuwa obukuumi n'embeera ey'obulamu, n'obukuumi obutayisibwa bubi, n'obukuumi obw'omuntu obutasosolwa olw'ekikula kye, mu ngeri enneeyolefu n'eteri nneeyolefu.

## Amata G'abaana Amatabule, Endyambi N'obulwadde

UNICEF ne WHO batwala amakampuni agakola emmere y'abaana nga omutemu asooka mu kutirimbula amabujje mu mawanga agakyakula, era bawa amagezi n'amaanyi mangi gavumenti zaago okuziyiza okulanga okukola emmere y'abaana enkolerere. Okugeza UNICEF ebalirira nti omwana aweereddwa emmere enkolerere awangaalira mu mbeera ejjudde obuwuka obuleeta obulwadde n'embeera eteriimu bulamu asobola emirundi wakati wa 6 ne 25 okufa ekiddukano era emirundi ena okufa lubyamira okusinga omwana ayonseddwa. Abaana bano abanywera ku cupa bulijjo baweebwa amata amasaabulule n'ebyokulya ebitabikiddwa n'ebintu ebitali birungi nga mulimu ebiriisa bitono ddala n'obulamu obusirikitu, nga kino kiva ku mazzi agatali mayonjo agava mu makubo agatali ga bulamu ebikozesebwa mu mata amatabule. Amazzi amakyafu, embeera y'obuyonjo eteri nnungi, obutaba na firiigi, n'obutabeera na busobozi okutegeera endagiriro obulungi okusobola okutabula obulungi emmere byonna ebyo byongera bizibu okukozesa emmere enkolerere bye kuyinza okuleeta. Ebiseera ebimu bamaama batabula emmere ey'ebbeeyi esobole okutwalirizaako akaseera. Okuyonka kuwa obukuumi ku ndwadde eziwera. Amabeere si kuba nga ge gasingira ddala okubaamu ekiriisa ekimala ky'oyinza okuwa omwana kyokka, naye era ga bwereere.

Ebyazuulwa UNICEF ne WHO biteebereza nti embeera z'endyambi obukadde 9.4 zizuuka buli mwaka mu mawanga agakyakula, nga ku zino ekitundu ekyowakati ziva ku kuweera baana mata ku ccupa. Mu ngeri y'emu, waliwo obukadde 10 obw'abaana abato abafa buli mwaka mu mawanga agakyakula nga kino kiva ku buwuka obuba mu bitongole by'omuntu ebigaaya emmere. Ekitundu ku kufa kuno kuva ku kuweera baana mata ku ccupa, sso nga okuyonsa kwandibadde kubawonya okufa. Okuyonsa si kwa bbeeyi (okugula amata mu Malaysia okumala emyezi mukaaga kutwala ddoola 300 oba okusingawo). (Allain, 1993)

Endyambi eviirako okufa kw'abaana bukadde 3 buli mwaka – ebitundu 45 ku buli kikumi eby'omuwendo gwonna (The Lancet 2013). Ebitundu bibiribyakusatu eby'okufa kuno kubeerawo mu myezi egisooka egy'obulamu, erakukwatagana n'endiisa eteri nnungi okugeza okuliisibwa mu ccupa oba emmere ennyongereze eteggyira mu biseera bituufu era etesaanira bulungi (WHO 2010). Endyambi mu kufuna olubuto ne mu biseera by'okubeera olubuto kukola kinene mu ndyambi ey'omubuto bw'omwana. Ebivaamu bikosa okukula kw'omwana, era abaana abaliisiddwa obubi babeera n'obusobozi bungi okufuna omugejjo n'okufuna obulwadde nga obwassukaali mu biseera eby'omumaaso eyo. Ekitongole k'ensi yonna eky'emmere (The World Food Programme) kyagamba nti omu buli baana omukaaga mu mawanga agakyakula – akakadde nga kalamba – bali wansi w'obuzito obwetaagisa (bakovvu), ate omu ku buli baana bana abali mu nsi yonna bakula bubi – mu mawanga agakyakula omuwendo guyinza okweyongera waggulu ku omu ku buli baana basatu.



Okuyonsa abaana abali wansi w'emyaka ebiri egy'obukulu kulina kinene kye kuyinza okukola ku kuwangaala kw'abaana nga kusobola okuziyiza okufa okusukka ku 800,000 (ebitundu 13 ku buli kikumi ku kufa kwonna) mu baana abali wansi w'emyaka etaano mu mawanga agakyakula (The Lancet 2013 nga byayogerwa UNICEF).

Ekibiina ky'obwannakyewa Save the Children kibalirira nti ebitundu 22 ku buli kikumi eby'abaana abawere abafa kuyinza okwewalika singa okuyonsa kuba kwatandika mu ssaawa esooka, ate ebitundu 16 ku buli kikumi singa okuyonsa mu ssaawa 24 ezisooka. Mu kiseera ky'ekimu UNICEF egamba nti, "Abaana abayonseddwa balina omukisa emirundi nga mukaaga okuwangaala mu myezi egisooka okusinga abaana abatayonseddwa. Omwana aweebwa amabeere gokka asobola okuwangaala emirundi 14 okusinga  omwana atayonseddwa, era okuyonsa kukendeeza kinene okufaobulwadde bw'olubuto n'ekiddukano, nga ze ndwadde ezisinga okutta abaana (Lancet 2008)." Wabula, okusinziira ku kibiina, abaana ebitundu 39 byokka abataweza myezi mukaaga mu mawanga agakyakula be bayonsebwa ne bataweebwa mmere ndala yonna ate ebitundu 58 ku buli kikumi eby'abaana abali wakati w'emyezi 20 ne 23 be baganyulwa mu nkola ey'okweyongera mu maaso n'okuyonka.

Wadde nga wabaddewo okugenda mu maaso mu kukendeeza okufa kw'abaana mu nsi yonna, ekitundu ekisingako obunene eky'abaana abafa kiri mu baana abaakazaalibwa. Wadde nga amawanga agamu gaagenda nnyo mu maaso mu kulongoosa omuwendo gw'okuyonsa, okugeza Sri Lanka, Cambodia ne Ghana, ebitundu bibiribyakusatu eby'abaana obukadde 92 abatakoma ku kuyonsebwa kwokka bawangaalira mu mawanga 10 gokka, omusanvu ku gano nga tegagenze wala mu kulongoosa okukozesa okuyonsa kwokka: India, China, Nigeria, Indonesia, Philippines, Ethiopia ne Vietnam (Save the Children 2013).

Akatale k'ebikwata ku mata g'abaana ke kasinga obunene mu katale k'emmere y'abaana, nga kakola ebitundu 40 ku buli kikumi. Ekitundu ekisinga okuddukira ku supiidi ennene ke katale ka Asia, era nga ke kasinga obunene (ebitundu 53 ku buli kikumi; UBIC Consulting 2014). Akatale k'amata amakolerere ak'ensi yonna kalimu bbiliyoni za ssente era nga kugenda keeyongera okukula. Okweyongera mu kutunda okw'ebitundu wakati wa 10

ne 20 kubeerawo buli mwaka mu mawanga agayingiza ekitono n'agoomumakkati sso nga kusemberera okubeera awamu obuteeyongera mu mawanga agafuna ennyingiza ennene. Mu bitundu bya East Asia ne Pacific, omuwendo gw'abamaama abayonsa gwagwa okuva ku bitundu 45 ku buli kikumi mu 2006 okutuuka ku bitundu 29 ku buli kikumi mu 2012 (Save the Children 2013). Kkampuni ezimu ezikola eby'okulya ebisikira amata zikozesa amakubo ag'okutunda ebintu agalowoozesa bamaama nti emmere enkolerere kye kintu ekisingira ddala obulungi kye bayinza okuwa abaana baabwe, ne bwe baba nga tebakisobola.

## Endaba ya Imaamu Ali ne Ibin Hazm ku Bikwata ku Kuyonsa

Okuyonsa kubalibwa nga eddembe ly'abaana abato ery'obwebange lye balina ku bannyaabwe. Abazadde abakyala bakubirizibwa okuyonsa abaana baabwe. Ibin Hazm yagamba bw'ati,

**"Maama alina okuyonsa omwana we ne bw'abeera muwala wa kabaka. Obuvunaanyizibwa obwo tebumuvaako, okuggyako nga tasobola kuyonsa." (Ibin Hazm, ekitabo 10)**

Singa enjigiriza y'Obusiraamu egobererwa, ebizibu bingi ebituuka ku baana ne bannyaabwe biyinza okwewalibwa. Ali ibin Abi Twalib ygamba bw'ati:

**"Teri mata omwana g'anywa agalina emikisa okusinga amabeere ga nnyina."**



AKABONERO K'OKUYONSA AK'ENSI YONNA

## Ebbanga Ly'okuyonsezaamu

Abakugu mu kutaputa amateeka g'Ekisiraamu baayawukana ku bbanga, naye ne bakkiriziganya nti okuyonsa tekulina kusussa myaka ebiri. Maama bw'abeera omulamu mu mubiri era nga amabeere ge gakyalimu, kiba kirungi omwana okumuggya ku mabeere nga awezezza emyaka ebiri. Yusuf Ali ayogera ku aaya 46:15 bw'ati:

> Ebbanga ly'okuyonsa erisembayo obuwanvu (emyaka ebiri) era emirundi egisinga likwataganna n'ekiseera omwana ly'atera okumalirayo okumera amannyo mu kamwa. Amannyo g'amata agawansi amasongezo gajja wakati w'emyezi mukaaga n'omwenda, oluvannyuma amannyo g'amata gajja mu biseera ebyenjawulo (nga bwe gawummulamu) okutuusa amannyo amasongezo lwe gavaayo. Amannyo amagego agookubiri gaviirayo ku myezi 24, era bwe gajja omwana aba ajjuzza amannyo gonna agaamata. Ekiseera ekyo, obutonde buba bumusuubira okugaaya n'okubeera nga takyawangaalira ddala ku mabeere. Ku ludda olulala, kiruma maama okuyonsa omwana nga amaze okujjuza olubu lw'amannyo. Amannyo ag'olubeerera gatandika omwana bw'aweza omwaka ogw'omukaaga, ate amannyo amagego agookubiri gajja ku mwaka ogwekkumineebiri. Amagego agookusatu ge mannyo ag'amagezi, agayinza okulabika wakati w'emyaka ekkuminoomunaana n'amakumiabiri, oba obutaviirayo ddala.

Abamu bagamba nti okuyonsa okusussa emyaka ebiri kiyinza okuba eky'obulabe ku mwana mu mubiri, amagezi, ebirowoozo ne mu mwoyo. Mu 1977, ekitongole ekitendeka abasawo b'abaana mu America (American Academy for Pediatricians - AAP) kyawa amagezi nti bamaama bayonse abaana baabwe waakiri okumala ekiseera wakati w'emyezi omukaaga n'ekkumineebiri. Ekiriwo kwe kuba nga ebitundu 20% byokka ebya bamaama Abamerika be bayonsa abaana baabwe oluvannyuma lw'emyezi omukaaga. Oluvannyuma AAP yayongera ku bbanga ne liba omwaka mulamba. Yayogera ku migaso egiri mu kuyo-

nsa (okugeza okukendeeza emikisa gy'okufuna kkansa wa nnabaana, kkansa w'amabeere n'amagumba okubeera amanafu).

Nnabbi ﷺ yayogera ku kuyonsa kw'omukyala omupangise. Wonna we kiba kisobokedde, maama azaalira ddala omwana y'aba alina okumuyonsa, okuggyako nga waliwo ensonga ekwatagana n'obulamu emulemesa okumuyonsa, era olwo omukazi ayonsa asaana apangisibwe. Annyonnyola bw'ati:

> "Mwegendereze ani agenda okubeera muganda wammwe gwe mwayonka ku bbeere erimu! Kozesa omukazi ayonsa omwana bw'aba agenda kufuna obuzibu bw'enjala." (AL-BUKHAARI)

Omugaso ogumu oguli mu kukola endagaano y'obufumbo mu lujjudde kwe kukakasa nti omukazi tafumbirwa mu butanwa mwannyina bwe baayonka ku bbeere erimu oba kitaawe. Kino kiwa abantu omukisa okuvaayo ne bawa obujulizi nti oluganda olwo weeruli.

## Ebintu Ebiyinza Okuba Ebyomugaso Eri Bamaama Abayonsa

(Bisimbuliziddwa mu kitabo: El-Amin 1998)

Wadde nga okuyonsa kkubo lya butonde, naye bukugu obuyinza okwongerwako okutereezebwa. Wano wansi by'ebintu ebiyinza okuyamba bamaama:

- Weeteeketeeke nga omwana wo tannazaalibwa. Soma ku bitabo ebikwata ku kuyonsa. Baako ne by'oyiga mu ddwaliro gy'ogenda oba omuzaalisa oba omuwi w'amagezi ku by'okuyonsa. Weetabe mu lukuŋŋaana olutegekebwa ekibiina ekikola ku by'okuyonsa.
- Okweteeka mu kifo ekituufu kikulu nnyo. Kakasa nti ennywanto y'ebbeere eri yinsi emu oba emu n'ekitundu mu kamwa k'omwana. Teweewetera ku mwana; omwana gw'oba oleeta gy'oli; Akatto katera okuyamba mu nsonga eno.
- Omwana muleke ku bbeere limu okutuusa lwe liggweeramu ddala amabeere (ne ligonda) nga n'engeri omwana gy'ayonkamu n'ekyuka okuva ku kuyonsesa amaanyi n'atandika okuyonka empola. Oluvannyuma musse ku bbeere eddala. Kiba kisingako okumalamu ebbeere erimu (ne ligonda) okusinga okumuyonsa ku mabeere gombi buli limu ne likoma mu kitundu. Ekitundu ekisooka kiri nga amata agakenenuddwamu omuzigo, ekitundu ekyawakati kiri nga amata agalimu buli kimu, ate ekitundu ekyokusatu kiri nga olububi. Olububi luno lwe lutereeza eky'okulya nga bwe kirina okubeera era lwe luyamba omwana obutakaaba nnyo.
- Okuzimba kw'amabeere agamu n'okugaziwa kya mu butonde mu nnaku entono ezisooka. Omwana bw'aba tayinza kuyonka ku nnywanto ezizimbye, kendeeza ku mabeere agalimu nga tonnaba kumuwa.
- Tereeza ennywanto ezizimbye n'okuziteeka mu mbeera entuufu. Kendeeza obulumi nga okozesa ennywanto ezikaziddwa empewo bw'omala oteekeko ebikozesebwa nga omuzigo gwa oliva n'ekiwero eky'ebyoya ebitali bitabikemu kantu.
- Nywa nnyo amazzi. Amajaane ag'ebikoola (bya Fenugreek) ne katunguluccumu byombi bigambibwa okwongera ku bungi bw'amata.
- Kikulu okutandika okuyonsa oluvannyuma lwa ssaawa emu oba bbiri oluvannyuma lw'okuzaala nga omwana yeetegese.

**Omuzadde omukazi omu yagamba bw'ati, "Okuyonsa kwakitalo nnyo. Ne bwe nzuukuka mu matumbibudde, bwe ntunula mu kyenyi ekyo ekito ne mmanya nti mutabani wange nze gwe yeetaaga, butya bwe mba siiyagale kumuyonsa? Emigaso egiri mu ngeri omuntu gy'awulira muli egiri mu kuyonsa mingi gyendi nga era bwe kiri ku mwana wange."**



- Nnyonsa mmeka ezimala? Wiiki 2–3 ezisooka, oyinza okwetaaga okuzuukusa omwana ayonke. Omwana ayonka waakiri buli luvannyuma lwa ssaawa ssatu emisana, ate oluvannyuma lwa ssaawa nnya ekiro. Okuyonsereza omwana kikulu eri omwana okusobola okufuna amabeere. Omwana gy'akoma okuyonka ne maama gy'akoma okufuna amabeere. Omwana wo bw'amala okufuna obuzito obulungi, goberera okwagala kw'omwana okuyonka okupima emirundi gy'ayonkera.
- Okunyweseza omwana ku ccupa ku mata agakamuddwa: Omwana ayonseeko tomuwa ccupa omuli amabeere go okutuusa lw'akakata – kino kitera kubeera wakati wa wiiki 3 ne 5. Ebiseera ebimu kiyamba omuntu omulala atali maama okuwa omwana eccupa esooka, erina okubeeramu amabeere ga maama. Abaana abasinga obungi bwe bagenda bakikola emirundi egiwera, bayinza okuva ku ccupa ne badda ku bbeere ne baddayo ku ccupa bwe batyo.
- Abaana abamu balungi mu kutandikirawo okuyonka, abalala batwalako akaseera okuyiga okuyonka. Ekyo tekirina mutawaana bwe kiba tekikoleddeewo ku ntandikwa.
- Toggwaamu maanyi ku ky'okuyonsa. Maama omu yagamba nti kyamutwalira wiiki mukaaga okutandika okuwulira obulungi, kino ne kigobererwa ekiseera ekiwanvu eky'enkolagana ennungi ennyo mu kuyonsa.
- Ennywanto za maama mu wiiki esooka ziyinza okuzimba oluusi n'okufuna obulumi. Kendeeza ku mata nga tonnayonsa n'oluvannyuma, era oggye amata mu nnywanto nga ozikunya. Ennyanto zo zikkirize okukala n'empewo.

Bamaama banyumirwa okuyonsa. Tekyetaagisa kutegeka mmere, bawulira muli nga bali kumpi n'abaana, era abaana tebatera kulwala wadde okufuna endwadde z'amatu. Nga tebannazaala, bamaama balina okukola olukalala lw'abantu abayinza okubawa obuyambi, bwe batyo bwe baba bafunye obuzibu bamanya mangu wwa ew'okuddukira era ani ow'okuyita.

## Maama Ayonsa Bye Yaaliridde Buli Lunaku: Eky'okulabirako

Bino wammanga ye sampulo y'ebyokulya maama ayonsa bye yandikozesezza:

- okulya ebizimba omubiri emirundu esatu, okugeza enkoko n'ekyennyanja

- okulya emirundi ebiri emmere erimu vitamini C omungi, okugeza emicungwa
- endya ttaano ez'ebintu ebirimu kalisiyamu, okugeza amata oba cheese
- endya mukaaga ez'ebibala n'ebivavava, okugeza ebinyeebwa bya coco ne asparagus
- endya mukaaga eza carbohydrates omugattike, okugeza omugaati gw'eŋŋano ogulimu buli kirungo
- olulya lumu olulimu emmere omuli ekiriisa ekya iron, okugeza ennyama oba ebijanjaalo
- omuwendo mutono ogw'emmere erimu omuzigo omungi, okugeza cheese oba amata agalimu buli kimu
- okunywa giraasi z'amazzi munaana
- vitamini ez'abakyala abali embuto oba abayonsa.

Ebiriisa ebirungi biyamba maama okubeera n'amabeere agamala, bimuwa amaanyi, era ne bimuyamba obutakogga nnyo olw'olubuto. Era kikulu nnyo okunywa ennyo amata ekitali ekyo maama aba ajja kumalibwako Kalisiyamu (eminnyo emikulu mu mubiri) eyo gye buggyako.

## Eggwanga Eryamaanyi: Mu Bintu Ebirabwako

Kulaane ne sunna za Nnabbi ﷺ byogera ku maanyi mu ngeri zaago zonna:

> *… Muli Ekibiina ekisinga obulungi ku byali biggyiddwayo eri abantu: Mulagira okukola obulungi ne muziyiza okukola obubi, era ne mukkiriza Katonda. Singa Bannannyini Byawandiikibwa baali bakkiriza, ekyo kyandibabeeredde kirungi. Mu bbo mulimu abakkiriza naye abasinga obungi bajeemu (abaava ku mulamwa).* (Kulaane 3:110)

> *… Muteekereteekere abalabe amaanyi gonna ge muba musobodde n'embalaasi ez'olutalo, nga mubikozesa okutiisa omulabe wa Katonda era omulabe wammwe …* (Kulaane 8:60)

Nnabbi ﷺ ye yagamba bw'ati: Omukkiriza owaamaanyi y'asinga obulungi era n'okwagalwa eri Allah okusinga omukkiriza omunafu; naye mu byombi mulimu obulungi (Muslim).

Genderera kino, ekigambo 'qawiyy' mu Hadiisi eno kyogera ku maanyi ag'obukkiriza n'amaanyi g'omubiri. Ebitendo ebyogeddwako waggulu, "ekibiina ekisinga obulungi," "muteeketeeke amaanyi gonna ge musobola," ne "omukkiriza ow'amaanyi," bizingiramu amaanyi agoomubiri (ag'obutonde) awamu n'amaanyi ag'obukkiriza n'empisa. Mu byogeddwa mu ssuula eziyise, muyinza okuggyibwamu emiramwa gino wammanga:

Abantu bayinza okuyisa amawanga amalala gonna mu maanyi agalabwako nga bayita mu kugoberera bino wammanga:

- Okulonda ababeezi abalamu obulungi.
- Okwewala enkola zonna ez'ebyokwegatta ezitayita mu bufumbo; kino kiyamba abazadde n'abaana okwewala endwadde eziva mu kwegatta, nga mwemuli ne AIDS.
- Okulya obulungi. Abazadde, abakyala abali embuto, n'abaana balya azka twa'aaman (era ekiyitibwa al-twayyibaat), ekitegeeza: emmere ennungi, ejjudde, erimu ebiriisa, era eteriimu buzibu bwonna. Embizzi, kafecce, ennyama evunze, n'ebisolo ebitugiddwa, tebikkirizibwa kuliibwa. Kulaane essa essira ku mazzi, amata, n'omubisi gw'enjuki; ebibala (entende, enzabbibu, grapes, olives, figs), ennyama (ey'enkoko, embaata, ebyennyanja, ey'ente, n'eyembuzi n'endiga), n'ebivaavava (obutungulu, katunguluccumu, kyukamba, emmere ey'empeke, ebijanjaalo).
- Okweyisa mu bulamu obuyonjo. Obuwuka obusirikitu bumalibwawo na muntu kunaaza ngalo nga tannalya ne bw'aba amaze okulya. Kozesa omukono ogwakkono nga oli mu

kiyigo ate ogwaddyo mu kulya. Funa wuzu emirundi etaano olunaku.

- Okwewala ebitamiiza (omwenge, ebiragalalagala n'okufuuweeta sigala). Omwana ali munda, naddala, aba ajja kukula era aveeyo nga mulamu mu mubiri abazadde bwe beewala okukozesa obubi eddagala n'ebiragalalagala ebirala.
- Okuyonsa abaana abato. Abaana bakula era ne babeera n'enneeyisa ennungi, n'amaanyi mu mubiri ne mu birowoozo (mu mwoyo), nga kino kibafuula abeetegefu okufuuka abantu abalongoofu era abakulembeze b'abakkiriza.

Okuwummula okw'obuzadde kulina okubeera nga kuwanvu okusinga ku wiiki munaana. Okuwummula okweyongerako okutuuka ku mwaka omulamba kuba kujja kuyamba bamaama ebiseera byonna okubimalira ku kufa ku baana (okukuza abakulembeze abenkya, nga nnyina wa Moses bwe yakola).



Okufundikira: emyaka etaano egisooka mikulu nnyo okuzimba omuntu omulamu obulungi era alina empisa ennungi. Mwemuli akadirisa k'emikisa akateekeddwa obutoonoonebwa. Ebiruŋŋamya ebiri waggulu bijja kutuusa abantu okufuuka ekibiina ekisinga obulungi mu bantu bonna.

Oluvannyuma lw'okukuza abaana ab'amaanyi era abalamu, tusobola okubasomesa obukkiriza, amagezi, obumanyi, n'obukugu obwenjawulo. Bino bijja mu kiseera ekyomu maaso mu bulamu bw'omuntu, nga bwe kinnyonnyolwa ku bikwata ku Nnabbi Yozefu, Moses, n'abalala.

> *(Moses) bwe yamala okukakata n'aweza emyaka egy'okutuukirira, twamuwa okutegeera n'okumanya: bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'emirimu emirungi.* (Kulaane 28:14)

Okuyonsa kulina omusingi ogwamaanyi okukola amawanga agasinga obulungi kubanga:

a) Kuwa abaana amaanyi ag'omubiri, amaanyi ag'omwoyo n'amaanyi ag'ebirowozo.
b) Kyakulya ekituukana ennyo n'embeera era nga kituukana n'abaana kinnoomu ekitali mu mata amakolerere agakozesebwa mu kugabirira abaana ku ccupa.
c) Ye ngeri ey'obutonde esinga obulungi mu kuliisa omwana.

Wadde nga okumanya kw'omuntu kubeera kugaziwa n'okukyuka, ebyawandiikibwa ebitukuvu bissa essira ku biragiro ebimu (Ebirina okukolebwa n'Okwewalibwa) abantu basobole okubiganyulwamu.

> *Ddala Kulaane eno eruŋŋamya eri ekkubo eryo erisinga okuba eryenkamunkamu era ewa Abakkiriza abo abakola emirimu emituufu amawulire agessanyu nti baakufuna empeera ennyingi (Ejjana).* (Kulaane 17:9)

**Olwaleero Abasiraamu batyoboola emisingi gy'ebiragiro bya Nnabbi egy'okuwangaala obulamu obulungi. Teri ggwanga ly'Abasiraamu n'erimu eriri ku lukalala lw'amawanga ekkuminaabiri omuli abantu abasinga okuwangaala ennyo mu nsi yonna. Afghanistan ly'erikoobeera ku lukalala lw'amawanga agasembayo okuba n'abantu abawangaala ekitono (abasajja emyaka 43 ate abakazi emyaka 44)! (UNITED NATIONS, 2010)**

## Ekyokukola



EKY'OKUKOLA 39: KINTAWAANYA MULI …

Abazadde n'abaana balina okukubaganya ebirowoozo ku bintu bino ne bakkiriziganya ku ngeri y'okwewalamu okubikola.

**KINTAWAANYA MULI:**

- Pizza, baqlaava ne keeki bwe bitasalibwa bulungi nnyo.
- Abaana bwe bataggyaawo bisaaniiko byabwe, abazadde ne babibaggyirawo.
- Ebisasiro bwe bisuulibwa okwetooloola akalobo omusuulibwaebisasiro, mu kifo ky'okusuubwa munda.
- Abantu okukeerewa okutuuka awali ebifo awali ensisinkano.
- Omwami bw'atuuka ekikeerezi awaka nga teyategeezezzaako mukyala we.
- Abantu okwerabira okusiba obuguwa bw'engatto ne wabulawo abajjukiza.
- Abantu bwe bafuluma mu biyigo nga tebanaabye ngalo.
- Abantu bwe bataggala binaabiro nga bali munda.
- Abantu abaleka ebikopo bya caayi, kaawa, oba amazzi ku mmeeza zaabwe ekiro nga tebiweereddeemu ddala byakynywa.
- Abantu abatasanirira nviiri zaabwe (nga mwemuli n'obukoowekoowe obuwanvu n'ebirevu).
- Abantu abaleka obuuma obusiba empapula ne buppini nga busaasaanidde emeeza ne wansi wonna.
- Abazadde abamwenyera omwana waabwe bw'aba yeeyisizza bubi mu maka ga mukwano gwabwe.
- Abantu abasaasaanya eŋŋambo ne beenyigira mu kugeya (Kulaane kino ekyogerako nga okulya omulambo gw'omuntu).
- Omwana abuuzibwa ekibuuzo omuzadde n'akyanukula mu kifo ky'omwana.
- Abantu abakutula abaana mu bye boogera.
- Akyaza awaliriza omugenyi okulya ennyo.
- Abantu aboogera ebigambo oba ne basaaga nga bakozesa ebigambo ebisosola.
- Abantu abaleka emmere ennyingi ku ssowaane ne bagisuula mu kasasiro.
- Abagenyi abagwa tebalaze.
- Abagenyi abayingirira ne babonereza abaana ba kabakyaza nga tebakkiriziddwa.

- Abazadde abamenya bye basuubizza abaana baabwe awatali kwetonda.
- Abantu abakwebuuzaako awatali kukumalirayo byonna ebikwata ku nsonga.
- Abaana abato abakozesa amadaala agasikibwa mu kifo ky'amadaala agalinnyibwa.
- Katumwa atakumalirayo bubaka bwonna era nga bwe baamutumye.
- Abagenyi abakyalira omulwadde mu ddwaliro ne batavaayo.
- Omuntu akunyiigira n'atakubuulira nsonga.
- Abantu aboonoona ssente, emmere, empapula, eddagala, ebiseera, obutambaala, ne ssabbuuni.
- Abavuzi ba mmotoka abaweereza obubaka ku ssimu era ne babusoma nga eno bwe bavuga. (Mu bifo ebimu kimenya mateeka okukozesa essimu nga bw'ovuga ekidduka).
- Abantu abakukolelera oba ne bakunyiriza mu maaso, nga tebakutte ku mimwa gyabwe ne ku nnyindo.
- Abantu abatasirisa ssimu zaabwe ez'omu ngalo nga bali mu nkiiko, enkuŋŋaana, esswala ne mu materekero g'ebitabo.
- Ebyambalo ne ssookisi eby'abantu ebiwunya.
- Abantu abatobya ku ttaka ne sinki mu kinaabiro ne batabisiimuula kukala.
- Abantu abasukka ku omu okwogera olumu.
- Abavuzi ba mmotoka abamala gafuuwa ŋŋombe zaabwe awatali nsonga.
- Aboogezi bwe baddiŋŋana ekigambo oba emboozi emirundi egiwera nga tekyetaagisa.
- Omuntu okwogerera waggulu ennyo, n'abuzaako abalala emirembe, omulala n'ayogerera wansi nnyo abawuliriza ne batasobola kumuwuliriza.
- Abantu abalekako ettaala we kiteetaagisa.
- Omuntu ayisa abalala mu lunyiriri nga tebamukkirizza.
- Abagenyi abatagoberera ndagiriro kabakyaza z'aba abawadde mu maka ge (olubiri).
- Akyaza abantu okulwisaayo emeere nga alinda omugenyi akeerewa ennyo.
- Abantu aboonoona amazzi ga ttaapu bwe baba banaaza engalo zaabwe.
- Bu ttaapu obutasibwa.
- Abantu abatakozesa obupapula bwe baba baagala kuwandula (bawandula ku ttaka).
- Abantu abataggyaawo bisasniiko mu kkubo mwe bayita.
- Abantu abaziba ekkubo omuyita abantu nga bali mu kunyumya.
- Abantu babiri boogera oba ne beekuba obwama nga olukiiko lugenda mu maaso.
- Omuntu akola ensobi n'atagikkiriza kwetonda mu bwesimbu.
- Abantu bakuyita naye ne batakubuulira mu bulambulukufu oba wanaabaayo emmere oba nedda.
- Mu kuggyayo obupappula obusiimuula engalo mu bookisi oggyayo obupapula bungi.
- Aboogezi abatwala ekiseera ekiwanvu ku ekyo ekiba kibaweereddwa oba ne bakozesaako katono.
- Abantu abatuggubala mu kifo ky'okumwenya.
- Obuuza omuntu n'atakwanukula.
- Abantu ekisenge bakiteekamu enzikiza oba ettaala ezaamaanyi.
- Abantu batawaanya abalala nga babaleekaanira, balingiriza ebitabakwatako, oba ne babasabiriza.

Buli waamu maka asobola okwongera by'atayagala ku lukalala luno.



ESSUULA 11

# Obwongo Bw'omwana: Bukozese Oba Bufiirwe!


- Ebyanjula 231
- Akadirisa K'emikisa 231
- Okukula Kw'obutoffaali N'omutimbagano Gw'obwongo 232
- Okulaba 234
- Eddoboozi 234
- Ennyimba 234
- Embeera Y'ebirowoozo 235
- Okuzitoowererwa Mu Bwongo Kuyinza Okuddamu Okuwagala Omutimbagano Gw'enneeyisa 236
- Okutambuza Ebiyungo 236
- Ebigambo Ebipya N'okukwata Ku Mwoyo Mu Buto 237
- Obwongo Bukyuka Butya 237
- Abazadde Baaliyogedde Ebigasa N'amabujje Gaabwe 238
- Pulogulaamu Ya Head Start Mu U.S. Ey'abaana Nga Tebannatandika Kugenda Ku Ssomero 239
- Abazadde Bayinza Kukola Ki? 240
    - *Obwongo Obulowooza Mu Ngeri Entuufu* 240
    - *Obwongo Bw'ennyimba* 240
    - *Obwongo Bw'olulimi* 240
- Obusiraamu, Okuyimba, N'ebivuga 241
- Ebifaananyi, Ebibajje N'ebibumbe Mu Busiraamu 242
- Okukulaakulanya Obwongo Bw'abaana Abaakatandika Okutambula 243
    - *Okussa Ebirowoozo Ku Bintu Ebikulu Ebikwatagana Mu Mbeera Eyeetoolodde Abaana* 243
    - *Okujjumbiza Abaana Okwetaba Mu Bintu Ebikolebwa* 243
    - *Okwogera N'abaana N'okunnyonnyola Ekibagambiddwa* 243
    - *Okugenderera N'embeera Ennungi, Eteeberezeka, Era Esasula* 244
    - *Okuwagira Okussa Mu Nkola N'okwaniriza Okuddiŋŋana Ebintu* 244
- Obuwanguzi Bw'obuntu Busalwawo Nga Emyaka Etaano Teginnatuuka?! 244
- Ekyokukola 40 246

## Ebyanjula



*Katonda era yabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temulina kye mumanyi. Yabawa amatu n'amaaso n'emitima oboolyawo ne mwebaza. (Kulaane 16:78)*

KULAANE EGAMBA NTI abaana abato bazaalibwa tebalina kye bamanyi. Katonda abawa ebikozesebwa ebibayamba okunoonya okumanya: okusooka nga bayita mu kuwulira, oluvannyuma okulaba, n'ekisembayo ye fu'aad, awatuula okukozesa amagezi, okuwulira okwomunda n'ebisalawo enneeyisa y'omuntu. Omusomo gw'ebintu ebiramu gunnyonnyola nti aweetooloolera okuwulira wasangibwa mu maaso g'obwongo, sso nga aweetooloolera okulaba wali mabega. Wakati w'ebyo byombi weewali aweetooloolera ebintu ebirala mu bwongo. Bino by'ebirimu okumanya ebintu abantu kwe basinziira okuba n'obuvunaanyizibwa eri byonna bye basalawo. Kyewuunyisa okulaba nga Kulaane bulijjo ebigambo bino ebisatu ebyogerera wamu mu nsengeka bw'etyo, nga biri nga ebitasobola kwawulwa: okuwulira, okulaba, n'okwagala.

Twetaaga okutegeera butya obwongo bw'omwana bwe bukolebwa ne bwe bukula. Kino kissa essira ku bukulu bw'omwana byayitamu nga akyali muto ne bwe bimuyamba okukola omutimbagano gw'obwongo olw'okusobozesa okwanja ensonga, okubala, ennyimba, olulimi, n'ebisalawo enneeyisa ye. Bwe tumala kino okukitegeera, tuba tusobola okutegeera lwaki essira liteekebwa ku kuyonsa mu myaka ebiri egisooka.

## Akadirisa K'emikisa

"Okukwataganya abaana abato obulungi, tulina okutegeera enkula y'omibiri gyabwe. Omutimbagano gw'obusimu mu bitundu by'obwongo ebyenjawulo gikula mu biseera ebyenjawulo, wadde nga ebiseera ebisinga okukula kuba mu biseera by'obuto. Ekiva mu ekyo, obusimu obwenjawulo businga kugendera ku muntu by'ayitamu mu bulamu ku myaka egyenjawulo. Abaana bo bawe bye beetaaga okugenderako, olwo buli kintu kiba kisoboka; tagalamu olwo ebivaamu biba bijja kuba kulemwa." (Begley 1996).

Wadde nga obwongo bw'omuntu buzitowa pawundi nga ssatu zokka (gulaamu 1360 gm), bulimu obwesedde n'obwesedde (trilliyoni) bw'omutimbagano gw'obwongo, n'amaanyi mangi agakola ku bintu. Singa tusobola okufumiitiriza ebibuga ebinene ebibiri mu nsi nga byali bikwatagana nga biyungibwa oluguudo olunene, nga n'enguudo ennene endala ziyunga ebibuga bino ku bibuga ebirala mu nsi yonna, era ne tugenda mu maaso okuyunga ebyalo by'omunsi yonna, kino era tekyandisobodde kuwa kifaananyi kirungi eky'obwongo. Era singa tufumiitiriza nti oluguudo olutali lunene oluyunga ekyalo ku kirala lubadde luzimbiddwa, obunene bw'enkwatagana z'enguudo ennene n'eziziddirira era tebyandisemberedde bugazi bwa bwongo, ne bwe tutoogera ku ky'okuba nga ettaka lyonna eriri ku nsi yaffe yonna eno teryandisobodde kubeeramu nguudo ezo. Ekizibu kiri nti, nga tugendedde ku kukula kw'obwongo, enguudo zino bwe ziba ezizimbiddwa mu myaka gy'obuto egisooka, teziyinza kuzimbibwa luvannyumako. Kyannaku! Kino ate ky'ekizuukira ddala, era aka-


kisa akaazaabu kagenda mu maaso n'okwonoonebwa entakera era nga kano kabenje akenkukunala! N'olwekyo, kikulu okuyiga okukulaakulanya okuyu-ngagana kw'obwongo oluvannyuma ne tukola kyonna kye tusobola okulaba nga tubukulaakulanya mu baana baffe.

**Amaanyi Obwongo Ge Busobola Okwetikka**

Obwongo bw'omwana ow'emyaka 3 busobola kwetikka ki?

Bwe tulowooza ku bwongo nga kompyuta esinga okubeera ey'amaanyi era erimu ebintu ebingi gye tuyinza okulowoozaako, ebintu ebyetoolodde omwana biri nga amapeesa agayingiza ebintu by'ayitamu. Kompyuta ejja n'obusobozi bungi okutereka ebintu nga mu myaka egisooka esatu eyinza okutereka ebintu ebisinga abantu abangi ennyo bye bayinza okuteeka mu mutwe. Wabula emyaka esatu oba ena we giggweerako nga amisinde kw'eterekera gigenda gikendeera. Kompyuta ejja kugenda mu maaso n'okukkiriza ebintu ebipya, naye ku misinde egigenda gikendeera. Ekyo kigenda kyeyongera okukendeera bwe tugenda tukula, era bwe tugenda tukaddiwa obutoffaali obuzimba obwongo n'emiwaatwa egiri wakati w'obutoffaali bitandika okunafuwa n'okuggweerera. Tulina okukozesa akakisa kano nga tekannagenda oluvannyuma lw'emyaka esatu. (Kotulak 1993)

OBUDIRISA BW'EMIKISA




Rycus and Huges 1998

Okuddamu okukkaatiriza ensonga, Kulaane eyogera nti omwana azaalibwa talina ky'amanyi: *Katonda era yabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temulina kye mumanyi. Yabawa amatu n'amaaso n'emitima oboolyawo ne mwebaza* (Katonda). (Kulaane 16:78)

## Okukula Kw'obutoffaali N'omutimbagano Gw'obwongo



"Obwongo butimbaganye obuwumbi n'obuwumbi bw'obutoffaali Obumu ku butoffaali buno bwe bufuga okussa, ne buddukanya engeri omutima gye gukubamu, ne bupima ebbugumu ly'omusaayi oba ne

buleeta ebintu ebijja byokka. Awamu n'ekyo nga omwana bw'aba yaakazaalibwa obwesedde n'obwesedde bw'obutoffaali buno buba tebunnakozesebwa; buli nga obuuma bwa kompyuta (bu kkyiipu) nga ekkolero terinnaba kufulumya pulogulaamu ebutambuza. Obutoffaali bwe bukozesebwa, bufuuka obukwataganye mu ntabiro y'obwongo nga bwegasse ku butoffaali obulala; bwe buba tebukozeseddwa, buyinza okufa. Omwana by'ayitamu mu buto bye bisalawo butoffaali ki obukozesebwa, ne buteeka waya ku nkulungo y'obwongo nga alagira kompyuta eky'okukola nga ali ku mapeesa gaayo bw'addamu okuteekateeka entabiro za kompyuta. Mapeesa ki ge bakuba – bintu ki omwana by'ayitamu – bye bisalawo oba omwana akula okubeera omugezi oba atali mugezi, atya oba eyeekakasa, amatiza mu kwogera oba ow'olulimi olwesiba. Omuntu by'ayitamu nga bukyali byamaanyi nnyo nga biyinza okukyusiza ddala engeri omuntu gy'afuukamu." (Nash 1997)

Omuntu w'atuukira okukula obwongo buba buyitamu amakubo g'obutoffaali obugenda bukutula mu bunnaabwo obusukka mu biliyoni ekikumi (obutabalika 100), buno nga butuuka ku bunnaabwo enkumi n'enkumi olwo obwongo ne buba n'omutimbagano gw'obutoffaali obusukka mu bwesedde (trilliyooni) kikumi. Mitimbagano egyo – n'okusinga ku muwendo gwa zi seŋŋendo ezimanyiddwa ku nsi – egiwa obwongo amaanyi gaabwo agatasobola kuvuganyizibwa. Endaba enkadde y'egamba nti ekifaananyi ekigobererwa okuteeka ebintu mu bwongo kiba kyasalwawo dda, nga ennyumba empya, n'obutonde bw'omuntu obuli mu magi agaliikiriziddwa mu lubuto. Wadde nga ekitundu ku butonde kikola kinene mu nkola y'obusimu obwetooloolerwako ebirala, tewali butonde bumala kunnyonnyola okuteekateeka kw'obwongo okutali kwangu. Ekyo kirekawo okuteebereza kwa mulundi gumu; obutonde buyinza okusalawo enkulungo y'obwongo enkulu, naye nga waliwo ekintu ekirala ekisalawo emitimbagano obwesedde n'obwesedde obulungi ennyo. Ekintu ekyo ekirala y'embeera eyeetoolodde (omuntu), obubaka obungi ennyo obwongo bwe bufuna okuva mu nsi y'omwana eyeebweru. Waliwo emitendera eminene ebiri mu kuteekateeka kw'obwongo: ekiseera ekisooka ebintu omuntu by'ayitiramu we biteetaagisa, n'ekiseera ekijja oluvannyuma, we byetaagisa" (Carla Shatz, 1996, University y'e California mu kitabo Nash 1997). Awamu n'ekyo, bwe bumala okuteekateekebwa waliwo ekkomo ku kiseera obwongo kye busoboleramu okwekola. Nga kiyitiddwa "ekiseera ekyakanaayokyani," "ge madirisa g'akakisa obutonde ke buggula, okutandika n'okuzaalibwa kw'omuntu, ate ne bugaggala, limu ku limu, buli mwaka ogweyongerako."

Ebiva mu kino tebiwa ssuubi era bitabula. Nga wabaddewo ebirungo ebirungi mu kiseera ekituufu, kumpi buli kintu kisoboka. Naye, eddirisa eryo bwe lisubibwa, olwo omuntu aba azannyira ku muntu aliko obulemu. Ebintu omwana atandika okutambula by'atuukako mu pulogulaamu y'essomero eya kaasammeeme okugeza nga Entandikwa Eyaamaanyi ebiseera ebisinga kuba kwa kiseera: okusomesa okwakasammeeme kuba kutandise kikeerezi okusobola okuteekateeka obwongo.

Okukeereya okusomesa olulimi olwokubiri nayo nsobi nnene. Nga Chugani bw'abuuza, "Musiru ki eyasalawo nti okusomesa olulimi olulala kwalina kutandikira mu masomero ga waggulu? Awo kiba kizze kikeerezi." (Dr. Harry Chugani, Eddwaliro Ly'abaana ery'e Michigan).

Entabiro ey'obwongo evaako okulaba, okuvaamu eddoboozi, ebintu munda ebifuga enneeyisa, n'awava entambula y'ebintu, biyinza okunnyonnyolwa bwe biti:



## Okulaba

Enkulungo efubutukamu obutofaali bw'obusimu obukola ku kulaba ku myezi 2 okutuusa ne 4, ekyo nga kituukagana n'ekiseera abaana we batandikirira ddala okulaba nti waliwo ebigenda mu maaso ku nsi, era okukula kuno ne kutuuka ku ntikko ku myezi 8, buli katoffaali lwe kakwatagana mu ngeri eyeewuunyisa ku butoffaali obulala 15,000. Omwana omuto amaaso ge agajjudde ensenke nga azaalibwa, wadde nga wabaddewo okulongoosebwa okuggyako ensenke ku myaka 2 egyobukulu, aba ajja kuba muzibe olubeerera. Ebyava mu kunoonyereza okwakolebwa ku kkapa kino bikikakasa.

## Eddoboozi

"Ku myezi 12, abaana abato baba tebakyalina busobozi bwawula wakati w'amaloboozi agatali makulu nnyo mu lulimi lwabwe, n'okujoboja kwabwe kuba kufunye eddoboozi ly'olulimi lwabwe," bw'atyo Patricia Kuhl bw'agamba (University y'e Washington). Kino kinnyonnyola lwaki Abajapaani tebasobola kwawula wakati w'amaloboozi erya L ne R: "elects" ku bo kifaanana ne "erects." N'abantu bangi abatali Bawalabu d. efaanana ne z, d.aalliina ewulikika nga zaalliina.



Okuyiga olulimi olulala oluvannyuma lw'olulimi olusooka (mu kifo ky'okuziyigra okumu) kizibu nnyo. Patricia agamba nti, "Maapu y'entegeera y'olulimi olusooka eremesa okusoma olulimi olwokubiri" Okugeza, enkulungo eziba zaateekateekebwa edda ku Luspanish nga olulimi olusooka, obutoffaali obutakozesebwa buba tebukyasobola kukozesebwa nga emisingi emipya egy'emitimbagano egy'olulimi Oluyonaani nga olulimi olwokubiri. Omwana gwe basomesezza olulimi olwokubiri ku myaka 10 atera obutasobola kulwogera nga olulimi oluzaaliranwa. Eno y'ensonga lwaki kikulu nnyo abaana abato okuwuliriza Kulaane mu buto bwabwe basobole okufuna obukugu mu maloboozi gonna ag'ennukuta z'olulimi Oluwalabu.

Enkulungo zino bwe ziteekebwawo, abaana abato baba bateekateekeddwa okukyusa amaloboozi ne bagafuula ebigambo. Ebigambo abaana bye bawulira gye bikoma obungi, gye bakoma n'okwanguwa okuyiga olulimi. Abaana abato bamaama baabwe abaaboogerera ebisee-ra ebiwera ku myezi 20 baamanya ebigambo 131 ebyeyongera ku by'abaana abaalina bamaa-ma abataafaayo nnyo; ku myezi 24, omuwaatwa guba gweyongedde okugaziwa ne gtuuka ku bigambo 295. Tekyali kikulu bigambo ki bamaama bye baakozesa - ebigambo ebitali bingi nabyo byalabika okukola. Amaloboozi g'ebigambo gazimba enkulungo y'obutoffaali esobola okutwala ebigambo ebirala. Waliwo ebigambo bingi ebipya ebirina okufunibwa era bino bisoboka kufunibwa nga biyita mu kuwulira ennyo ebigambo. Kikulu wano okulaba nti ebivaamu by'ebimu biyinza okufunika ku kukulaakulana kw'olulimi lw'abaana bwe baba ne baganda baabwe bangi aboogera nabo buli kaseera.

## Ennyimba

(Elbert n'abalala ekitabo kya 1995) Okuwuliriza ennyimba nga omwana akyali muto kiddamu okuwagala obutoffaali bw'enkulungo. Obwongo bw'abadongo abasuna ebivuga ebya waaya bwakeberebwa n'ebyuma ebyenjawulo ne kisangibwa nga ebitundu ebikola ku kyalakisajja n'engalo ez'omukono ogwakkono nga byali bigazi nnyo okusinga ku bantu abatasuna bivuga ebyo.

Plato yagamba nti ebivuga byamugaso nnyo mu kuyigiriza. Olwaleero bannassayansi bamanyi ensonga. Bakkiriza nti endongo zitendeka obwongo okulowooza okw'ekika ekyawaggulu. Abayivu baanoonyereza ku maanyi g'endongo nga bayita mu kwetegereza ebibinja bibiri eby'abaana abatannatuuka kugenda ku ssomero. Ekibinja ekimu eky'abaana kyasomesebwanga ennanga (piyano) era ne bayimba buli lunaku. Ekirala tekyabiweeebwa. Nga wayise emyezi munaana ab'endongo nga baali baweza emyaka esatu egy'obukulu baali baakyewuunyo, bwe baafuna ebitundu 90 ku kikumi waggulu wa bannaabwe be baali bazannya nabo mu magezi agategeera obwengula (okusobola okulaba obulungi ebiri ku nsi).

Kyewuunyisa okuba nga obukugu buno oluvannyuma buvaamu obukugu obw'okubala n'obwokufuuka yinginiya. Okusinziira ku munnassayansi Gordon Shaw owa Irvine, California, "okutendekebwa mu ndongo okukolebwa ku mwana nga akyali muto kuyinza okwongera amaanyi mu ngeri omwana gy'asobolamu okukozesa amagezi." (Begley 2000).

Walabika okubeerawo enkolagana ey'amaanyi wakati w'endongo, okubala n'okukozesa amagezi mu kunnyonnyola. Okulowooza okwawaggulu kubeerako obwongo obukufaanana obugenderako. Abasomesa ababeera mu baana abato tebabasomesa kubala okw'ekika ekyawaggulu oba akazannyo ka ceesi. Awamu n'ekyo, abaana abato babeera baagala era nga basobola okukozesa ebivuga. Frances Rauscher (owa University y'e Wisconsin) yasomesa abaana abamu okukuba ennanga (piyano) ate abalala n'abasomesa okuyimba. Nga wayise emyezi 8, abaana abaasomesebwa okukozesa ebivuga "beeyongerako nnyo mu kusobola okukozesa amagezi ku bintu ebiri mu bbanga," bw'obageraageranya ku bannaabwe abataaweebwa misomo mu nnyimba n'ebivuga. Okweyongerako kuno kweragira mu busobozi bwabwe mu buzannyo bw'okuvumbula amakubo, okukuba ebifaananyi by'okubala, n'okukoppa bulooka eza



langi ebbiri nga bwe zigenda zigoberegana. Abaana bwe bakozesa ekikuta ky'obutoffaali nga bayita mu kuwuliriza ennyimba ezitambula empola, baba bawa maanyi enkulungo y'obutoffaali ezikozesebwa mu kubala. Ennyimba zongera amaanyi mu nteekateeka y'obwongo era ne zongera amaanyi mu ngeri gye bukozesebwamu mu mirimu emizibu egy'okukzoesa amagezi. (Nash 1997)

> Abaana balina okukubirizibwa okuyiga n'okukozesa ebivuga.

## Embeera Y'ebirowoozo

Ennyiriri z'enkulungo ezikola embeera y'ebirowoozo ziteekateekebwa nga omwana tannazaalibwa. Oluvannyuma omuzadde n'atandika ebibye. Oboolyawo nga ekisinga okukola ku nneeyisa y'omwana kwe kuziteeka we ziraga (abalabirira omwana bwe baddamu okwetegereza engeri gy'awuliramu munda). Okucamuka n'okuwoggana kw'omwana nga alabye kkapa oba akabwa akato nga kusisinkanyiziddwa kumwenya na kumuteeka mu kifuba, oba okucamuka kwe nga alabye ennyonyi kuwereekerezebwa mu ngeri y'emu, enkulungo ezikola embeera y'ebirowoozo bw'etyo eba eyongerwamu amaanyi. Ekirabika kwe kuba nga obwongo bukozesa

amakubo ge gamu okuleeta embeera y'ebirowoozo okusobola okubaako ne kye bukola ku mbeera eyo. Bw'etyo embeera y'ebirowoozo bw'ekolebwako mu ngeri y'emu, amasannyalaze n'obusimu ebiba biggyiddwayo byongerwamu amaanyi. Wabula, singa embeera y'ebirowoozo emirundi egiwera eyolekezebwa butafaayo oba okuddibwamu okubi (okugeza, omwana omuto yeewulirira mu kuzimba ennyumba empanvu mu bibumbe bya maama ebisinga obulungi, maama n'awulira nga tekimusanyusizza) enkulungo ezo zitawaanyizibwa era ne ziremwa okuweebwa amaanyi. Ekisumuluzo wano kye "emirundi egiwera": ekigambo ekibi ekimu kiba tekijja kukosa mwana obulamu bwe bwonna. Ngeri gye kiddiŋŋamu y'enkulu, era eyinza okubeera eyaamaanyi. Mu kunoonyereza okumu, omwana maama we ataayolekezanga kucamuka kutuuka ku ddaala lya mwana, yakula nga tammuka bulungi nakamu, nga tasobola kucamuka wadde okubeera n'essanyu.

## Okuzitoowererwa Mu Bwongo Kuyinza Okuddamu Okuwagala Omutimbagano Gw'enneeyisa

Okuzitoowererwa n'okutiisatiisibwa ebyabuli kiseera nabyo biddamu okuteekateeka enkulungo y'obutoffaali obw'embeera y'ebirowoozo. Enkulungo zino ziri mu makkati ga amygdala, akantu akalinga akanyeebwa akali munda ddala omw'obwongo nga omulimu gwako kwe kwekebejja ekitangaala n'eddoboozi ebiyingira okuggyamu ebintu ebyetaaga embeera y'ebirowoozo eyenjawulo. Ebiyingira mu maaso n'okutu bisooka kutuuka mu amygdala nga tebinnatuuka mu kifo ekikola ku magezi n'ebirowoozo. Okulaba, eddoboozi oba omuntu ky'ayitamu bwe kiba nga kyali kireeta obulumi mu biseera eby'emabega – taata okudda awaka nga atamidde nga kwagobererwa kukuba – olwo amygdala ejjuza enkulungo z'obutoffaali ne zibooga ebirungo nga obwongo obwawaggulu tebunnamanya kigenda mu maaso. Ekkubo lino gye likoma okukozesebwa, gye kikoma obwangu emmanduso okukwatibwako: okujjukira obujjukizi Taata kimala okuleeta entiisa. Okuva enkulungo lwe ziyinza okusigala nga ncamufu okumala ennaku, obwongo busigala nga buli mu kwetegeka okw'ekika ekyawaggulu. Mu mbeera bw'eti, enkulungo endala zikola ku bintu ebitali bya bigambo – engeri omuntu gy'atunulamu mu maaso, eddoboozi eriraga obusungu – ebirabula ku kabi akajja. Ekiva mu kino, ekibikka obwongo kisigalira mu kukula era ne kibeera n'obuzibu mu kumanyiira ebintu ebizibu (okugeza olulimi). Kino kinnyonnyola okuluŋŋamya kwa Nnabbi ﷺ omuntu okusigala nga asirise bw'aba nga afunye obusungu, olw'okutya nti ebigambo ebitali bigenderere era ebitali birungi biyinza okusumattuka ne bifuluma mu kiseera ky'obusungu obuyitiridde.

## Okutambuza Ebiyungo

Omwana ali munda okubaako ne by'akola kutandikira ku wiiki musanvu ez'olubuto ne kutuuka ku ntikko ku wiiki ey'ekkuminettaano n'ekkuminoomusanvu. Kino ky'ekiseera ebitundu by'obwongo ebifuga engeri y'okutambuzaamu ebiyungo lwe bitandika okweyunga ku binnaabyo. Ekiseera ekyakasammeeme kiwangaalayo akaseera katono: kitwala okutuuka ku myaka ebiri obutoffaali mu kitundu ky'obwongo emabega, ekifuga entambula y'ebiyungo n'ebifo bye bibeeramu, okukola enkulungo z'obutoffaali ezinaabaako emirimu gye zikola. Okuteekateeka kungi okugwawo, nga kukozesa ebintu ebipya ebigwawo okuva omwana lw'atandika okubaako ne ky'akola mu nsi muno. Bw'okugira entambuza y'ebiyungo ey'omwana, oba olemesa okutondebwa kw'emitimbagano gy'empataanya y'obusimu mu kitundu ky'obwongo ekifuga entambuza y'ebiyungo. Okutambuza kw'omwana ebiyungo ebinafu kuweereza obusimu eri obwongo; omukono gye gukoma okwenyeenya, enkulungo y'obutoffaali gy'ekoma okufuna amaanyi, era obwongo gye bukoma okutambuza obulungi emikono mu ngeri eŋŋenderere era mu ngeri



ennyangu. Eddirisa ly'akakisa kano liwangaalayo emyaka mitono: omwana ataweebwa mukisa kwekyusa mu nsawo y'omubiri alindirira emyaka ena okutuusa lw'ayiga okutambula, naye nga era si bulungi. (Carmichael 2007)

Okukola dduyiro kirungi si ku mutima gwokka, naye ne ku bwongo, nga buliisibwa ebiriisa ebiri mu ngeri ya sukaali w'omumubiri, n'okwongera entabiro y'obusimu – byonna ebisobozesa abaana ab'emyaka gyonna okuyiga. Abaana abakola dduyiro era bakola bulungi mu ssomero. Abaana era beetaaga okuweebwa eby'okukola eby'omubiri mu kibiina, si kutuula butuuzi nga basirikidde eyo mu ntebe zaabwe nga balina bye bakwata mu bumeeza bw'okubala n'ebitontome. Okumanya kusigala mu mutwe ekiseera kiwanvu singa abaana balina engeri gye beeyungamu ku bisomesebwa si mu bigambo byokka naye ne mu mubiri ne mu birowoozo ebifuga enneeyisa.

## Ebigambo Ebipya N'okukwata Ku Mwoyo Mu Buto

Okuvumbula kuno mu by'okuyiga by'obulamu kuyinza okunnyonnyola lwaki abaana bangi abatali Bawalabu bakwata Kulaane mu mutwe nga bakyali bato. Abaana abamu abato bakwata Kulaane yonna nga tebannaweza myaka 10. Enkola y'okukwata ku myaka emito teri mu mawanga agaakula. Omubiri nga bwe gwetaaga emmere ey'okulya okusobola okukula, okukwata ku mwoyo kuwa obwongo omusingi okukulaakulanya olulimi. "Amadirisa g'omukisa ag'okuyiga" gagenda mu maaso okutuusa ku myaka 12 egy'obukulu. Sukaali w'omubiri obwongo gwe bukozesa gy'akoma okubeera omungi, era gy'akoma okuba ne by'akola. Obwongo bw'abaana buvaabiira sukaali ono ku muwendo gwa mirundi ebiri ku muwendo gw'abakulu okuva ku myaka ena okutuusa ku myaka egy'omuntu w'atandikira okufuuka omukulu. Bwe butyo obwongo bw'omwana bwe businga okukola ku bigambo ebipya ebiba bibutuuseeko. Amasomo amazibu (okugeza trigonometry mu kubala n'olulimi olugwira) gandibadde gasomesebwa ku myaka emito. Kiba kyangu nnyo ku mwana ali mu ssomero erisookerwako okuwulira n'okukozesa olulimi olwokubiri – n'okulwogera nga bwe lwogerwa mu njatulwa yaalwo.

## Obwongo Bukyuka Butya

Okukola dduyiro kwongera amaanyi mu kukula mu kitundu ky'obwongo ekirina akakwate ku kujjukira, nga kino kiyinza okwongera ku ku-

kola obulungi. Abanoonyereza baakisanga nga okukola dduyiro kwongera omusaayi omungi mu kitundu ekiyitibwa dentate gyrus (nga kye kitundu kya hippocampus, ekikozesebwa mu kujjukira), nga kino kiraga nga obutoffaali obupya bwe buba bukolebwa mu kitundu. (Carmichael 2007)

## Abazadde Baaliyogedde Ebigasa N'amabujje Gaabwe

Enjawulo ennene mu maka agenjawulo gwe muwendo gw'ebyogerwa ebibeerawo. Ssente n'obuyigirize abazadde bye baba nabyo gye bikoma obungi, n'okwogera n'abaana baabwe gye kukoma obungi, era n'ebigambo ebipya abaana bye bafuna gye bikoma okweyongera. Emyaka we gituukira ku esatu, abaana abava mu maka ag'abazadde abagagga baba bawulidde ebigambo ebisukka mu bukadde 30, nga bino bikubisaamu emirundu esatu eby'abaana abava mu maka agatali bulungi.

Era waaliwo enjawulo eyaamaanyi mu ngeri abazadde gye baayogerangamu n'abaana baabwe. Abazadde abalina ennyingiza esinga obungi n'obuyigirize obwawaggulu baateranga okwogera mu ngeri ennungi, nga bawa obubaka obuzzaamu amaanyi emirundi mingi ate nga bweyolefu (ebigambo ebizzaamu amaanyi okugeza "ekyo kirungi," "ekyo kituufu," "Nkwagala," "Mulimu mulungi"). Abazadde abakola okutwalira awamu baatenderezanga abaana baabwe naye si nnyo nga abagagga, era ebiseera bingi baayogeranga ebigambo ebigaana ebikolwa by'abaana (okugeza "Ekyo kibi," "Oli mukyamu," "Tokikola," "Sirika"). Abazadde abaavu tebaateranga kuwaana baana baabwe era nga batera obubawakanya.

Omuwendo gw'ebigambo omwana atandika okutambula by'aba nabyo gweyongera bamaama gye baba bakoma okwogera nabo. Abaana b'abazadde abakugu mu bintu ebyenjawulo baawulira ebigambo ebitundu 75 ku buli kikumi buli ssaawa okusinga abaana b'abazadde abakola, era emirundi egisukka ku esatu ebisinga abaa-na b'abazadde ab'enfuna entono. Abaana abaga-gga baaweebwa okuddibwamu okulungi emiru-ndi ebiri ku etaano emirundi egiwera okusinga abaana abaavu. Bwe baagezesebwa ku myaka esatu, abaana abaawulira ebigambo ebingi era ne bayita mu mbeera ennungi baakubira waggulu mu kugezesebwa kwe kumu okusinga abaana abaawulira ebigambo ebitonoko ate nga baayita mu mbeera ekkako mu mutindo. Wegendereze kino nti abazadde baamufunampola n'abakola nabo baagala nnyo abaana baabwe nga abazadde abalala. (Begley ne Wingert 1997).



## Pulogulaamu Ya Head Start Mu U.S. Ey'a-Baana Nga Tebannatandika Kugenda Ku Ssomero

Head Start, pulogulaamu efugibwa gavumenti eyaawakati ewa obuweereza eri abaana abava mu maka ga bamufunampola obw'okusoma nga bakyali eyatandika mu mwaka gwa 1965, teyavaamu bibala. Amagezi abaana ge baba beeyongeddeko gagenda oluvannyuma lw'emyaka esatu. Ensonga ky'ekiseera ebintu mwe bikolebwa: Head Start ewandiika abaana abaweza emyaka egyobukulu ebiri, esatu, n'ena. Mu 1992, Pulojekiti eya Abecedarian yatandika. Abaana okuva mu maka amaavu 120 baateekebwa mu kimu ku bibinja ebina okubasobozesa okusoma n'amaanyi mu bifo omulabirirwa abaana abato: Ekibinja 1, okuva ku myezi nga ena okutuuka ku myezi munaana, Ekibinja 2, okuva ku myezi ena okutuuka ku myaka etaano, Ekibinja 3, okuva ku myezi etaano okutuuka ku myaka munaana, ne Ekibinja 4, nga tekisomesebwa kusomesebwa kwa kaasammeeme. Kitegeeza ki "okuyigiriza" omwana ow'emyezi ena? Okubawa obutoffaali n'embira, okwogera naye n'okuzannya emizannyo (okugeza peek-a-boo). Buli gumu ku "mizannyo gy'okuyiga" egyenjawulo ebikumi ebibiri gwateekateekebwa okwongera amaanyi mu kumanya ebintu, olulimi, empangaala y'abantu n'okutambuza ebyuma. Abaana abaateekebwa mu pulojekiti eya Abecedarian nga abatannatuuka kugenda mu ssomero baayitira waggulu mu kubala n'okusoma ku myaka 15 okusinga abaana abalala. Abaana mu Pulojekiti eya Abecedarian baafuna amagezi mangi okusinga ku baana abalala. Abaana gye baakoma okuwandiisibwa nga bato, n'okweyongerako gye kwakoma. Okubaako ekikolebwa oluvannyuma lw'emyaka etaano tekwaleeta IQ oba okweyongera mu by'ensoma okulabikako.

Ekibuuzo ekitawaanya ky'ekino: Eddirisa ery'amagezi bwe liba liggalwa nga tetunnava mu ssomero erisookerwako, essuubi lyonna liba liweddewo eri abaana abaasubwa emikisa gyabwe egy'okuyigirizibwa? Kiri kitya ku baana bazadde baabwe abaavu abataasobola kubala mbira okusika obusobozi bwabwe obw'okubala, oba okwogera nabo okusobola okuzimba obusobozi bwabwe obw'olulimi? Ku ddaala erimu waba wakyaliwo essuubi: obwongo butereka obusobozi bw'okuyiga obulamu bw'omuntu bwonna. Tunuulira abantu abataayiga Lufaransa naye ne balukugukamu oluvannyuma mu bulamu oba mu biseera byabwe eby'okuwummula. Wabula ku ddaala eryomunda waliwo ekizibu. Abaana obwongo bwabwe obutasisimulwa nga tebannagenda mu masomero g'ekito baba tebajja kuba na busobozi nga obwabannaabwe. Ekikulu kiri nti wadde nga tuzaalibwa n'obusobozi obungi, obusobozi obwo buba bujja kufunibwa okutuuka gye bukoma singa buba bukulaakulanyiziddwa. Bwe batyo abazadde bateekeddwa okumanya engeri obwongo gye bukulamu n'engeri obwongo gye buterekamu okumanya. Obukugu bwa mirundi esatu obukulu buteekeddwa okwongerwamu amaanyi mu bwongo bw'omwana mu biseera ebituufu:

- obwongo obutambulira ku magezi (okubala n'amagezi),
- obwongo obw'olulimi, ne
- obwongo obw'ennyimba.

**Mu mwezi gwa September 30, 1997, Katikkiro wa Bungereza Tony Blair yalangirira mu kwogera kwe eri Olukiiko Lw'eggwanga Ttabamiruka olw'ekibiina Labor Party (Labour Party National Conference – e Brighton, England), nti emyaka egy'omwana atannagenda ku ssomero girina kutandikira ku esatu mu kifo ky'ena, bw'atyo nga amaanyi agaggya ku bukulu bw'okusalawo ekiseera ekituufu nga obudde bukyali eky'okukula kw'obwongo bw'omwana**

## Abazadde Bayinza Kukola Ki?

### OBWONGO OBULOWOOZA MU NGERI ENTUUFU

**Obukugu:** Okubala

Eddirisa ly'okubala n'okulowooza okuyita mu mitendera: Okuzaalibwa okutuuka ku myaka 4

**Kye tumanyi:** Entabiro z'okubala ziri mu kikuta ky'obwongo (cortex), okumpi n'ezo ez'ennyimba. Abaana abatandika okutambula abasomesebwa ebintu ebyangu, okugeza ekimu n'ebingi, bakola bulungi mu kubala.

**Ekikolebwa:** Emizannyo gy'okubala giyinza okuzannyibwa abaana abaakatandika okutambula. Eky'okulabirako, teekateeka abaana okutegeka akameeza ak'okuyiga enkolagana eri wakati wa emu- ku-emu – essowaane emu, wuuma emu buli muntu. Mu kiseera ky'ekimu, ennyimba enseenekerevu ziyinza okuteekebwako.

### OBWONGO BW'ENNYIMBA

**Obukugu:** Ennyimba

**Eddirisa ly'okuyiga:** emyaka 3 okutuuka ku 10

**Kye tumanyi:** Abasuna ebivuga balina ekitundu kineneko mu busimu bwabwe obwa sensory cortex obukola ku ngalo ezisuna ku mukono gwabwe ogwakkono. Abantu batono ababeera mu bivvulu abatandika okuzannya nga basussiza emyaka e 10. Kiba kizibu okuyiga ekivuga nga omuntu mukulu.

Emisomo gy'okukuba ebivuga giyamba okukulaakulanya obukugu obukwata ku bbanga.

**Ekyokukola:** Abazadde bayinza okuteekako obutambi obusoma Kulaane (tajiwiid), adhaan, n'obutambi obwakwatibwa okuli amaloboozi ag'obutonde amaseeneekerevu n'agebinyonyi. Bayinza n'okuyimba ennyimba ne nashiid (ennyimba ez'eddiini) n'abaana, n'okukuba ebivuga ebitonotono. Wa abaana ebivuga eby'ennyimba okulaba oba bayinza okulaga ekitone mu by'ennyimba oba okwagala kwonna.

### OBWONGO BW'OLULIMI

**Obukugu:** Olulimi

**Eddirisa ly'okuyiga:** Okuzaalibwa okutuuka ku myaka 10

**Kye tumanyi:** Entabiro mu cortex ey'eddoboozi, ekiikirira amaloboozi agakola ebigambo, eteekebwako omwanaw'atuukira ku mwaka ogusooka. Ebigambo gye bikoma obungi abaana bye bawulira, n'obungi bw'ebigambo bye balina gye bikoma. Obuzibu mu kuwulira kuyinza okwonoona obusobozi bw'okukwanaganya amaloboozi n'ennukuta.

**Ekyokukola:** Kikulu abazadde okwogera eri abaana – emirundi mingi. Bwe baba baagala abaana baabwe okukuguka mu lulimi olwokubiri, balina okulubatandisa nga tebannaweza myaka 10. Okuwulira kwetaaga okukuumibwa n'okujjanjabirawo amatu bwe gafuna obuwuka.

## Obusiraamu, Okuyimba, N'ebivuga



Obusiraamu bukkiriza okuyimba n'ebivuga, kasita biba nga tebitumbula bwonoonefu, eby'obukaba, oba okuyingirira n'okukola emirimu gy'eddiini. Basswahaba ba Nnabbi n'abaabaddira mu bigere baawuliriza ennyimba n'ebivuga. Naddala ku mikolo egy'amasanyu (okugeza embaga, Idi, obubaga, n'okujaganya okw'omwana azaaliddwa) byakolebwanga nga mulimu okuyimba n'okukuba ebivuga (okugeza eŋŋoma n'amataali). Al-Bukhaari ne Muslim baayogera ekya Ababyssinia abaazannya ne bazinira awaali Nnabbi, era Nnabbi yabalaba ne mukyala we Ayisa okumala ekiseera ekiwanvu, nga agezaako okumuleka okunyumirwa.

**Ayisa yanyumya bw'ati**
Omubaka wa Katonda yajja ewange nga waliwo abawala babiri abannyimbira ennyimba ezoogera ku Bu'ath [olutalo olwali wakati w'ebika ebibiri ebya Banswaari, ekya Khazraj ne Awusi, nga Obusiraamu tebunnaba]. Nnabbi yagalamira ku buliri ekyenyi n'akitunuza ku ludda olulala. Abu Bakari yayingira n'annyombesa nga bw'agamba mu kuwakanya ekikolwa nti, "ebivuga bya Sitaane bikubibwa nga Omubaka wa Katonda w'ali?" Omubaka wa Katonda yakyuka n'amugamba nti, "Baleke." Abu Bakari bw'ataawuliriza, nalaza n'omukono eri abawala bagende era ne bagenda. Lwali lunaku lwa Idi, Aba Ethiopia nga batera okuzannyisa engabo z'amaliba n'amafumu. Oba nze nnamusabanga oba ye yennyini ye yambuuzanga oba nnabanga njagala okulaba bwe bazannya. Nnakkirizanga. Olwo nandeka ne nnyimirira emabega we nga ettama lange likwataganye n'eririye nga bw'agamba nti, "Mugende mu maaso Bazzukulu ba Arfidah [ekitegeeza Aba-Ethiopia]!" Bwe nnakoowa, yambuuza oba ekyo kyali kimala, Nnaddamu nti yee olwo n'andagira okugenda. (MUSLIM)

Lino ssomo eri abazadde okuleka abaana baabwe abalenzi n'abawala okunyumirwa, okusinga okubamalako emirembe n'essanyu. Olwaleero, endongo n'ebyamasanyu bikozesebwa mu bintu ebikyamu (okugeza eby'obuwemu, ebiragalalagala, n'ebitamiiza). Awamu n'ekyo, tuyinza okukozesa endongo mu kuyigiriza n'okubeesabeesa okulungi.

Tewali hadiisi yeesigika egaana endongo n'okuyimba. Al-Qaradawi (2007) agoba hadiisi egaana ennyimba n'endongo kubanga erimu ebirumira mu makulu oba mu lujegere lw'abagijjulula oba mu byombi. Tewali wonna we boogerera ku kugaana. Ate ekirala, kwe kuba nga waliwo obujulizi bungi mu biseera bya Nnabbi obulaga nti endongo n'okuyimba byakkirizibwa. eky'okulabirako:

1. Abu Bakr yayingira mu nnyumba ya Nnabbi n'asanga Ayisa nga awuliriza abawala babiri nga bayimba. Agezaako okubayimiriza nga bw'agamba nti: "Ebivuga bya sitaane awali Omubaka?" Naye, Nnabbi ﷺ amuddamu nti: "Baleke; zino nnaku za kusanyuka [Idi]."
2. Ayisa bwe yawerekera omugole ewa bba okuva mu Ba-nswari, Nnabbi yabuuza omugole bw'ati, "Mwafunye okusanyusibwa?" (Banswari bantu abaagala eby'amansayu).
3. Mu kusenguka kwa Nnabbi okuva e Makka okugenda e Madiina, waaliwo okusanyuka okwamaanyi: abawala baavaayo ne bamwaniriza nga bwe bayimba; abakyala okuva mu ba Banu al-

Najjār baavaayo nga bakuba eŋŋoma nga bwe bayimba. Abu Bakr yagezaako okubagaana naye Nnabbi n'amugamba nti: "Baleke, eddiini yaffe erimu okusanyuka."

4. Umar ibn al-Khattwab yayingira mu masjid n'asanga Aba-Ethiopia nga bazina n'amafumu gaabwe mu maaso ga Nnabbi ne mukyala we Ayisa mu biseera by'ebikujjuko bya Idi. Yagezaako okubayimiriza naye Nnabbi n'amugamba nti: "Baleke."

Etteeka liri nti ebikolwa biramulwa na kigendererwa (nniya) era buli kikolwa ekituusa omuntu ku bukyamu ne kimuggya ku butuufu, kirina okwewalibwa. Endongo ereeta eby'obukaba n'ennyimba ez'obwonoonefu tezikkirizibwa, wamu n'ebifaananyi eby'obugwenyufu. Endongo yonna endala n'okuyimba (ebitatumbula bwonoonefu) bikkirizibwa.

### AVICENNA BY'AYOGERA KU KUYONSA N'ENDONGO

Avicenna yagamba bw'ati: Waliwo omusujja ogwekika ekimu oguva ku nsonga ez'omwoyo.

Okuyonsa: Avicenna yakkaatiriza olujegere olwamaanyi wakati w'omwoyo n'obulamu bw'omubiri. Eky'okulabirako ekimu kwe kuyonsa. Bw'atyo n'akkaatiriza okulonda obulungi omuntu anaakozesebwa okuyonsa.

Endongo: Avicenna yakkaatiriza endongo ennungi ky'ekola ku mulwadde, mu kujjanjaba omubiri n'omwoyo.

## Ebifaananyi, Ebibajje N'ebibumbe Mu Busiraamu

Ebifaananyi n'ebibumbe (oba ebibajje) bikkirizibwa mu Busiraamu (okuggyako nga byoleka obwereere, n'obukyamu n'ebirala ebiraga obwonoonefu). Enkozesa enkulu ey'ebifaananyi n'ebibumbe eyaliwo mu biseera bya Nnabbi yali mu kusinza bibumbe, bw'atyo n'abigaana. Waliwo ebigambo by'ebimu ebikozesebwa olwaleero naye nga birina amakulu ga njawulo. Okugeza, ekigambo sayyaarah mu Kulaane (surah Yusuf) kyali kitegeeza luseregende lw'abyamaguzi eby'abatambuze, sso nga olwaleero, ekigambo ky'ekimu kitegeeza mmotoka (enkozesa eyawukanira ddala).

Omusingi gwe gumu gukozesebwa ku bifaananyi n'ebibumbe, ky'ekimu twogera ku bifaananyi ebisiige n'ebiwandiikiddwa ku mpapula, bifaananyi bya kamera, bifaananyi ebiri ku ntimbe, oba ebifaananyi ebiraga enjuyi ebbiri oba essatu. Ebifaananyi n'ebibumbe (amasanamu) byakozesebwanga bamusinzabibumbe mu kusinza n'emikolo gy'eddiini okumala ekiseera kiwanvu. Kino kinnyonnyola lwaki Nnabbi bwe yalaba ekifaananyi mu mbeera etaali ya ddiini, teyakigaana. Mu ngeri y'emu bwe yalaba abaana nga bazannyisa ki ddole ekiraga enjuyi essatu teyakiziyiza. Nga tukozesezza ekintu ky'ekimu, ekifaananyi kyonna oba ekibumbe ekikozesebwa nga essanamu oba mu kusinza tekikkirizibwa n'akatono. Wabula, ebifaananyi ebyo oba ebibumbe tebikozesebwa lwa kusinza wabula na bigendererwa nga ssayansi, tekinologiya, amawulire, okuyigiriza, okusanyusa, paasipoota, ndagamuntu, ne kkaada ezikozesebwa mu kugula ebintu. Enkozesa eyo yonna teyagaanibwa Hadiisi za Nnabbi ﷺ. Enkozesa y'ebintu nga ebyo byonna erina kubeera na bigendererwa eby'omugaso sso si byabulabe. Ekiso, okugeza, kiyinza okukozesebwa n'ebigendererwa ebirungi bingi naye tekiteekeddwa kukozesebwa mu bikolwa eby'obukambwe oba okutemula abantu (okuggyako mu kusala ebisolo ebikkirizibwa, okwerwanako oba mu ntalo).

## Okukulaakulanya Obwongo Bw'abaana Abaakatandika Okutambula

Abaana abatandika okutambula baagala nnyo okuyiga olulimi, ebintu ebigenda bitobekagana ne bikola ebimuli, n'enkwatagana y'ebintu eya buli kika. Tebakoma ku kulaba bigenda mu maaso mu bulamu nga bwe baakolanga nga bato; baagala kuba kitundu ku byo. Bino wansi birowoozo ebitonotono ebiyinza okuyamba abazadde okukulaakulanya abaana baabwe abatandika okutambula bye baagala okusobola okuleetawo enjawulo ennungi mu nkulaakulana y'obwongo bwabwe.

### OKUSSA EBIROWOOZO KU BINTU EBIKULU EBIKWATAGANA MU MBEERA EYEETOOLODDE ABAANA

Ebintu nga bwe bigoberegana n'embeera, bikulu nnyo eri abaana abatandika okutambula. Ebintu ebigoberegana bikulu nnyo eri abaana abatandika okutambula. Obwongo bw'abaana buyunga ebintu mu biseera mu ngeri eyunga ekintu ku kikireeta. Abazadde bayinza okulaga ebintu ebirabika engeri entuufu gye bigobereganamu (ebiva mu kitangaala, ebbugumu, amazzi, okusika kw'ebintu, n'empewo) n'ebintu engeri gye bikolebwamu mu bantu (okukonkona ku luggi nga omuntu tannayingira, okukola mu mpalo, okugamba nti "weebale"). Abaana ku myaka bwe gityo era baba baagala nnyo okumanya emirimu egitera okukolebwa engeri gye gigobereganamu, okugeza okulongoosa ebintu, okufumba, n'okwambala. Ekirala ekikulu mu bintu ebigoberegena z'embeera. Abaana abatandika okutambula tebalaga bwetaavu mu kumanya embeera nga bwe balina mu bintu ebigoberegana. Awamu n'ekyo, okuva ku myezi 13-19, batandika okulaba ebintu ebigoberegana mu bibinja. Okugeza, ebintu by'ebiriwa, abantu be baliwa, era bintu ki ebizuuka mu bye bayitamu mu kirabo ky'emmere? We batuukira ku myaka egikulembera okugenda ku ssomero, abaana bakozesa ebigambo bye bawulira okutegeera n'okubeera mu mbeera ennene. Abazadde balina okutegeeza abaana "kiki," "ani," okutuusa ne "lwaki" ne "butya" amawulire agabikwatako bwe babeera mu mbeera ezenjawulo n'abaana baabwe.

### OKUJJUMBIZA ABAANA OKWETABA MU BINTU EBIKOLEBWA

Okuyiga ebirowoozo ebikwata ku biri mu bbanga kufuulibwa kwangu nnyo singa byetabiddwamu. Okugeza, ekigambo "wansi" kiba kijja kuba n'amakulu singa omwana atandika okutambula agenda "wansi" w'emmeeza ekigambo ekyo bwe kikozesebwa. Okuteeka omwana ayiga okutambula mu kifo ekimukugira okutuuka ku bintu kikendeeza okukula kwe. Beerawo nga bwe kisoboka nga omuntu alagirira omwana we, nga ofaayo ku butafuna mutawaana era nga weetaba naye mu kukola ebintu ebitali bimu.

### OKWOGERA N'ABAANA N'OKUNNYONNYOLA EKIBAGAMBIDDWA

Abazadde bwe boogera n'abaana baabwe abatandika okutambula, baba babayamba okwongera ku muwendo gw'ebigambo. Wakati w'emyezi 12-24, abaana baba baagala okumanya amannya g'ebintu. Nga abazadde boogera amannya g'ebintu ebyo, balina okubeera abalambulukufu nga bwe kisoboka ku kiki kye boogerako. Okukwata ku bintu kiyamba okuyiga olulimi. Abazadde era bayinza okukozesa "embeera" eriwo, okugeza "ŋŋenda kusitula ekitabo" nga bw'akiteeka ne mu bikolwa. Bamaama bwe babuuza ebibuuzo ne baddiramu abaana okwanukula nga bakozesa okugaziya ebigambo ebiddiddwamu, abaana beeyongera nnyo mu kumanya amateeka g'olulimi. Okugeza, singa omwana ayanukula nti "akatimba" nga

abuuziddwa nti "Ekinyonyi kiri ludda wa?" Omuzadde addamu nti, "Kituufu, ekinyonyi kiri mu katimba," nga aleeta omuzimbo gw'emboozi mu bujjuvu.

### OKUGENDERERA N'EMBEERA ENNUNGI, ETEEBEREZEKA, ERA ESASULA

Okuwulira muli abazadde kwe bateeka mu baana kulina kinene kye kukola ku bwongo bwabwe. Okuwaanyisa wakati wa bamaama abalina okuzitoowererwa mu bwongo bwabwe n'abaana baabwe bw'aleetera obwongo bw'abaana abato obwefaananyiriza okuzitoowererwa kwa bamaama baabwe (Field n'abalala 1988). Embeera y'awaka encamufu era ejjudde essuubi evaamu omwana omusanyufu era ava amangu mu mbeera y'akanyigo enzibu. Abaana abato bakolebwako nnyo amaanyi g'embeera y'ebirowoozo by'abazadde baabwe era n'eddaala ababalabirira lye babeeramu eddungi era eriyamba. Obutakyukakyuka mu ntambula y'ebintu kwanguya okuyiga era ne kuleeta obutebenkevu mu mwoyo.

### OKUWAGIRA OKUSSA MU NKOLA N'OKWANIRIZA OKUDDING'ANA EBINTU

Okukola ekintu emirundi n'okukiddiŋŋana kukulu nnyo. Omwana by'ajja mu mbeera emu kitundu butundu ku kumanya kwonna okusoboka okuva mu kintu ekyo, ekiba kiguddewo, n'embeera. Ekituufu kiri nti, abaana amabujje n'abaana abatandise okutambula bayinza okukola ku kintu ekimu kyokka ku bintu bye bawulira, balaba, oba bye baba bawulidde muli emirundi emingi nga tebannaba kulaba birala. Obwongo butwalako ekiseera okuzza ebintu ebiri mu mbeera eyeetoolodde. Abazadde tebeetaaga kwanguyiriza; bingi ebirina okuyigibwa!



**Omwana ali munda Amanyi Eddoboozi Lyo?**


Okunoonyereza kulaga nti okuyiga okumu mu nnabaana kuba kugenda mu maaso mu wiiki ezisembayo ez'olubuto. Bataata bayinza okwogera eri omwana ali munda nga bakozesa olupapula lw'amawulire oluzingiddwa, omwana ali munda asobole okumanyiira eddoboozi lya taata. (HENRY BILLER 1993). Okunoonyereza kw'abafaransa n'abajapan kwakizuula nti omwana ali munda asobola okuwulira amaloboozi mu myezi ebiri egisembayo eby'olubuto.

## Obuwanguzi Bw'obuntu Busalwawo Nga Emyaka Etaano Teginnatuuka

Obuwanguzi bw'ekitundu bugenda kubeera mu kukulaakulanya kw'obwongo? Omuzimbo omukulu ogw'omuntu gusalibwawo gyini, ate gyini ziri wamu tezikyuka era teri kyamaanyi kiyinza kuzikolwako. Okuganyulwa n'omutindo gw'okukola ebintu okw'obuntu, biba bijja kwesigamira nnyo ku bwongo bw'omuntu. Obwesedde n'obwesedde bw'emitimbagano (triliyo-

ni) buzimbibwa mu bwongo bw’omwana nga tannaweza myaka 10 era egisinga giyinza okuba nga gimaze okubeerawo ku myaka esatu. Bwe gatyo amawanga essira agalissa ku kufaayo ku baana baago ababa bazaaliddwa gaba gajja kufuna omukisa ogw’amaanyi ogw’okufuna obuwanguzi. Bwe gatakola ekyetaagisa mu kiseera ky’obuto bw’abaana, kiyinza okubeera ekikeerezi okubisanga. Okusiga okukolebwa mu baana mu kiseera ky’emyaka gino esatu kuleeta amagoba mangi mu kitundu kyonna eky’abantu. Emitimbagano gy’obwongo emirungi gibeerawo okuva mu kuzaalibwa kw’omwana okutuuka ku myaka ena. Eno y’ensonga lwaki Kulaane ekubiriza nnyo okuyonsa okutuuka ku myaka ebiri.

Omutendera gutandikira ku kiseera kya kuzaala, taata bw’ayaziinira mu kutu kw’omwana eyaakazaalibwa okwaddyo oluvannyuma okwakkono mu ddoboozi eriwulikika. Gugenda mu maaso n’okuyonsa kwa maama, ajjuza omwana omuto omukwano, ebbugumu, n’okumulaga nti aliko ababe. Oluvannyuma okwetengerera kutandika okugenda nga kweyongera mu mwana, era abazadde bayinza okwongera amaanyi mu kumanya kw’omwana nga bayita mu magezi agaweereddwa mu kitabo kino.




**Avicenna yakwata Kulaane ku mwoyo nga tannaweza myaka 10. Kino kyamuyamba okugaziya obwongo bwe obusobola okukozesebwa we bukoma era n’azimba okujjukira kwe, kino ne kimusobozesa okukozeseza ddala obusobozi bw’obwongo bwe. Abamu bakkiriza nti bulijjo tukozesa ebitundu bitaano okutuuka ku kkumineebitaano ku kikumi eby’obusobozi bw’obwongo bwaffe.**

(Morgan 2007)

## Ekyokukola



### EKYOKUKOLA 40: TANDIKAWO ENKOLA Y'EKITABO KY'OMWEZI

Abazadde n'abaana bayinza okukola kilaabu eky'ekitabo. Ebitabo ebirondeddwa buli wiiki, oba omwezi oba buli myezi emitono okusinziira ku biseera ebiteeketeeke naye nga bisobola okukyuka. Buli muntu mu maka aba alina okusoma ekitabo n'abuulira banne ebikirimu, kino ne kigobererwa okukikubaganyaako ebirowoozo okutaliiko kukugira. Ekisinga obulungi, kino kiyinza okukolebwa oluvannyuma lw'okulya emmere ennungi buli mmemba n'ayogerayo ebigambo ebisaaga. Entegeka eno okukola obulungi n'okufuuka embeera, kifuule ekikolebwa mu biseera ebigere. Eky'okulabirako, fuula ekiro ky'Olwokutaano (oba Olwomukaaga) ku ssaawa emu eyeekiro buli mwezi nga ky'ekiseera kya kilaabu eyo. Mu ngeri eyo waba tewajja kubeera bwetaavu okuweereza obubaka obujjukiza era bammemba baba tebajja kufuna kizibu mu ngereka y'ebiseera.

ESSUULA 12

# Okukuza Abaana Abalenzi N'abawala: Balina Enjawulo?


- Ebyanjula 248
- Okwawukana Okwenjawulo: Okukozesa Amagezi Bw'okigeraageranya n'okukozesa Embeera Z'ebirowoozo Ezisibukako Enneeyisa 248
- Omutimbagano Gw'embeera Kw'embeera Y'ebirowoozo Oguvaako Enneeyisa 251
- Ebyeyambisibwa Okumanya Ebyetoolodde 251
- Ekifo Omuntu Ky'abeeramu 252
- Okulabira Mu Kyenyi 252
- Ebirowoozo Mu Buwangwa Ku Balenzi n'Abawala 253
- Ennaku 254
- Enjawulo Mu Byokwegatta 254
- Ekyama Ekiri Mu Njawulo Mu Kikula Ky'abantu: Mirimu Egikolebwa, Si Kusukkuluma 254
- Abasajja N'abakazi Abamerika Kye Basinga Okusoosowaza: Okunoonyereza 256
- Okwawula Wakati W'ebikula By'abantu Kutandika Ddi? 257
- Ekifo Ky'obuzadde: Nga Tutunuulidde Ekikula 260
- Lwaki Wabeerawo Obutenkana? 262
- Bataata Abatabeerawo Kye Bakosa Abaana 262
- Endowooza Enkyamu N'ebintu nga Bwebiri ku Kya Bataata Abalabirira Abaana 263
- Ebyetaago Ebyenjawulo Eby'abalenzi N'abawala 264
  - *Akawala Akato Bye Keetaaga* 264
  - *Akalenzi Akato Bye Keetaaga* 266
- Engeri Ey'amagezi Ey'okukwatamu Enjawulo Z'ekikula 267
- Okutabula Ekikula N'okuva Mu Mbeera 267
- Abawala N'abalenzi Bayiga Mu Ngeri Za Njawulo 269
- Okwawula Abalenzi n'Abawala Mu Masomero Ne Mu Bibiina 271
- Obuzadde N'ekikula Ky'abantu: Nga Twogerera Mu Busiraamu 273
- Ekkubo Lya Katonda Ly'ekkubo Erisingira Ddala Obulungi: Eby'okulabirako Ebya China, Bugirimaani, ne Buyindi 276
- Ebyokukola 41 – 43 277



## Ebyanjula

OKWOGERA KU NJAWULO wakati w'abasajja n'abakazi kukulu, era kutuyamba okutegeera ebintu ebyenjawulo bye balina okukola n'ebyetaago byabwe. Awamu n'okubaako ne kye kukola ku nkolagana wakati w'abaami ne bakyala baabwe, era kkulina kinene kye kukola ku nkolagana wakati w'abazadde n'abaana baabwe abalenzi n'abawala. Enkolagana ennungi ezimbibwa ku musingi gwa buli omu okutegeera ebifaanana n'ebyawukana mu kikula ky'abantu. Endowooza y'abazadde ku kiki ekiri mu kwawukana wakati w'abalenzi n'abawala kirina kye kikola ku nkolagana mu bulamu bwabwe obuddirira. Endowooza n'ebirowoozo bifuuka ebigambo, ebigambo ne bifuuka ebikolwa, ebikolwa ne bifuuka empisa n'enneeyisa, ate empisa ne zifuula abantu kye babeera.

Kuno si kwogera ku kikula ki ekisinga obulungi oba ekisinga obukulu, kubanga ensonga eno yagonjoolwa Kulaane ne Nnabbi ﷺ mu bulambulukufu. Kulaane egamba nti:

> *Babbaabwe balina obuvunaanyizibwa gye bali nga (abakyala) nabo bwe balina obuvunaanyizibwa eri babbaabwe.* (Kulaane 2:228)

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> **Abakyala banne b'abasajja "benkanankana".** (AHMAD)

Bw'atyo abasajja n'abakazi yabateeka ku ddaala ly'erimu, nga buli omu akola ebintu byanjawulo, naye nga buli mulimu gw'omu gujjuuliriza ogwa munne, nga buli omu si kyennyume kya munne oba amuvuganya.

### Okwawukana Okwenjawulo: Okukozesa Amagezi Bw'okigeraageranya N'okukozesa Embeera Z'ebirowoozo Ezisibukako Enneeyisa

Smalley (1995), ayogera nti enjawulo ezimu eziri wakati w'abasajja n'abakazi ze zino:

- Abakazi balina enkola y'omubiri erwanyisa obulwadde ey'amaanyi okusinga abasajja.
- Abasajja balina obutoffaali bw'omusaayi bungi okusinga ku bw'abakazi, bwe batyo ne baba n'amaanyi mangi agava mu mubiri.
- Abasajja balina emifumbi mingiko, obuwanga obunnyikivu, n'olususu olunene okusinga abakazi.



Okutwalira awamu abasajja balina obukugu obwamaanyi mu kutambuza ebiyungo ne mu bbanga, sso nga abakazi bajjukira nnyo era ne baba n'okumanya ebikwata ku mpangaala z'abantu okusinga abasajja (PNAS 2014). Ebitundu nga 80 ku kikumi eby'abasajja n'abakazi bagoberera enteekateeka: Abakazi bakozesa enjuyi z'obwongo zombi, sso nga abasajja basinga kukozesa ludda lwakkono. Abakazi be basinga okubeera abeetegefu okusinga abasajja. Mu kunoonyereza okumu, obubaka bwateekebwa akaseera katono ku lutimbe lwa kompyuta. Abakazi baasobola okuwandiika wansi kye baalaba, sso nga abasajja buli omu yasigala abuuza munne, “Ekyo okirabye? Nze ssaakyetegerezza.” Okutwalira awamu, abasajja basinga kwagala kukozesa oludda olwakkono olw'obwongo, nga lwe luloowoozebwa okubeerako okugoberera ensonga, obusobozi bw'okumanya ebintu ebikwata ku bbanga, okuwangula, okwogerera ekiseera ekiwanvu, okubala ebitabo, n'okubeera yinginiya. Abakazi basinga kwagala kukozesa oludda olwaddyo olw'obwongo, oluloowoozebwa okubeerako okuwulira muli, embeera y'ebirowoozo evaako enneeyisa, ebitone, okutontoma, omukwano, ennyimba, n'obusobozi bw'ebigambo, wadde nga basobola n'okukozesa oludda olwakkono. Abakazi tebatera kukozesa nnyo maanyi, sso nga abasajja baagala nnyo okuwakana (tebamala gakkiriza kibagambiddwa), beewaana nnyo, era baba bazibu okusomesa nga abaana. Abasajja tebalina buzibu bwamaanyi mu kusoma maapu kubanga batera okutendekebwa mu busobozi obw'okumanya eby'omubbanga. Ebikola ku magezi bibeera mu kifo kimu eri abasajja okusinga ku bakazi, wadde nga bombi bakozesa obwongo bwonna. Okwongereza ku ebyo, oludda olusinga okukozesebwa olw'obwongo luyinza okwawukana mu basajja (abasajja abatali bannassayansi basinga kwagala kukozesa oludda olwaddyo olw'obwongo ate bannassayansi basinga kwettanira kukozesa ludda olwakkono olw'obwongo) (Baron-Cohen 2002; Gilmartin et al. 1984)

Abasajja n'abakazi basobola okukozesa enjuyi zombi ez'obwongo bwe beetendeka era ne bayiga butya bwe bazikozesa.

Gray (2003) agamba nti abasajja baagala okukola okusalawo, okuwangula, okugonjoola ensonga, n'okweyongera ennyo okuwangaalira mu buwanguzi. Abakazi baagala nnyo okulaga engeri gye bawuliramu muli, boogera ku bizibu byabwe, era ne basiima abo ababawuliriza, bwe batyo beetaaga okwagalwa n'okukuumibwa.

Abasajja batera okuvumbula ebintu ebipya era ne boogera ku bintu nga bwebiri, sso nga abakazi batera okwogera ku ngeri gye bawulira muli n'ebivaako enneeyisa yaabwe. Mu kunoonyereza okumu, abavubuka Abamerika abalenzi n'abawala baabagamba okwogera ekintu kyonna kye baali baagala okwogera. Abawala bonna baayogera ebigambo ebyali birina akakwate n'ebigambo ebyogerwa mu mboozi, sso nga ebitundu 60 ku kikumi eby'abalenzi baawogganganga buwogganyi mu kifo ky'okwogera ebigambo. Omumerika omusajja owaabulijjo ayogera ebigambo 12,000 buli lunaku, sso nga Omumerika omukazi owaabulijjo ayogera ebigambo 25,000 n'okweyongerako buli lunaku. Ebinywa eby'emimwa bikola nnyo mu kuzaalibwa eri abawala okusinga abalenzi. (Eliot 2009)

Abasajja batera okugonjoola ensonga bwe wabaawo ekizibu. Omukyala awaka bwe yeemulugunya, omusajja agezaako okugonjoola ekizibu. Abakazi, ku ludda olulala, bo baagala kusaasirwa na kulagibwa mukwano.

Abasajja batendekebwa okubeera abatunuulira ensonga n'okukola ku kintu nga bwekiri, sso nga abakazi batendekebwa kubeera bantu abatunuulira omuntu. Omusajja bw'atunuulira

omuzannyo gw'ensero, tafaayo nnyo kumanya bikwata ku bulamu bw'abazannyi. Wabula omukazi aba ajja kwagala okulaba omuzannyo singa aba amanya amannya g'abazannyi n'ebikwata ku maka gaabwe. Abakazi batendekebwa essira okulissa ennyo ku nkolagana okusinga abasajja.

Abasajja, mu ngeri emu, bayiga okweraba nga abaawufu ku bintu ebibeetoolodde. Abakazi balaba nga kyebali bakijja ku oyo gwe bamanyi ne ku bintu ebibeetoolodde. Omukazi teyeeraba nga omwawufu ku nnyumba ye, abaana be, n'omulimu gwe. Bwe yeerabira okwoza ebintu, alowooza ku kuddayo abyoze. Ennyumba ye kitundu ku ye ekikulu ennyo. Omusajja awulira nga wanjawulo ku nnyumba ye, kubanga ku ye ennyumba kifo ekiwummulirwamu, era okwoza ebintu mu biseera si ky'ekintu ky'asoosowaza.

Abasajja batera kujjukira bintu binene mu nkolagana yaabwe, sso nga abakazi bayiga essira okulissa ku kalonda yenna, kwe kugamba, kye baayambala ne kye baalya ku lunaku lwe baajaganyizaako embaga yaabwe olwasooka.

Abakazi balina okwagala kwamaanyi eri enkolagana ennungi era balina obusobozi okutegeera enkolagana eyonoonese amangu okusinga abasajja. Abanoonyereza abamu baasaba abafumbo beebuuze ebibuuzo bino: Enkolagana yaffe eri etya ku masa 0–10? Kiki kye tuyinza okukola okulongoosa enkolagana yaffe okugituusa kumpi ne 10?

Abasajja batera okwanukula ekibuuzo ekisooka nga bateeka waggulu obubonero bubiri okusinga abakazi, sso nga abakazi batera okusemberera okubeera abatuufu ku mutindo gw'enkolagana yaabwe. Omwami alina obwetaavu okuwulira obumativu, ekintu ekizuuka mukyala we bw'amutenda ne yeewala okumunenya (okuggyako nga y'akisabye).

Abakazi beetaaga amaanyi g'embeera y'ebirowoozo, nga ekyo kyetaagisa nnyo mu kufa ku baana obulungi. Abasajja bagumiikiriza kitono okusinga ku bakazi bwe kituuka ku baana baabwe. Taata omu yasigazaako omwana we omulenzi ow'emyaka ena okumala olunaku lulamba. Yamaliriza agamba nti singa yabonereza omwana we olunaku olulamba ekyo tekyandimazeeyo bizibu omwana bye yali amutuusizzaako! Bamaama tebasuubirwa kwogera bigambo byantiisa nga ebyo. Mu mbeera y'ebirowoozo evaako enneeyisa, omusajja alina ekiseera kizibu okutegeeza mukyala we ky'awulira muli, sso nga omukazi ekyo takirinaamu buzibu. Kino kiyinza okuba nga kiva ku nkula yaabwe n'ekitundu ekirala nga kiva ku ngeri gye baakuzibwamu n'okutendekebwa. Abakazi balina obukugu mu kukola emikwano okusinga abasajja.

> Dr.Warren agamba nti omulwadde omupya bw'ajja amubuuza: "Mikwano gyo egisinga okuba egy'amaanyi be b'ani?" Omulwadde bw'abeera omukazi, okwanukula kutera okubeera okwangu era ayinza n'okwogera abasukka ku basatu era ayinza okufuna obuzibu olukalala okulukendeeza okutuuka ku basatu. Omulwadde bw'abeera omusajja, watera okubeerawo akasiriikiriro akagobererwa ekibuuzo "Kiki ddala ky'otegeeza n'abeemikwano abasinga?" abasajja abasinga obungi si balungi nnyo mu kukola emikwano egy'okumpi. Banyumirwa okubeera bonna nga balaba emizannyo, bayigga, oba bavuba ebyennyanja. Naye baba bamikwano "egy'okumpi"? (WOLGEMUTH 1996)

Okusinziira ku ngeri abasajja bangi gye bakuzibwamu, obulungi si ky'ekisoosowazibwa mu bulamu bwabwe, sso nga amaanyi mu by'ensimbi kisoosowazibwa. Abakazi ebiseera bingi bakuzibwa essira okulissa ku bulungi okusinga ku maanyi ga ssente. Omukazi bamugamba nti yeetaaga okuba nga mulungi asikiriza okufuna omusajja n'okumukkirizisa okutwala obuvunaanyizibwa bw'okulabirira amaka.

Gur n'abalala (1999) baalaga nti obwongo bw'omukazi bulabika okuddukira ku bbugumu eriri waggulukо, okusaasaanya omusaayi ogusingako, n'okukozesa amasannyalaze agasingako. Abawala bakula mangu okusinga ku balenzi, (boogera era ne batambula bulungi ku myaka egy'okumpiko). Obwongo bw'abakazi n'abasajja bulabika okukulira mu makubo ganjawulo

wadde nga tewali yeekakasa lwaki kino kiba bwe kityo. Enjawulo bwe ziti tezigenderera, kubanga emiwaatwa giyinza okugaziwa ate ne giziba okusinziira ku myaka. Omuwala omuvubuka ayinza okwanguyirwa okukozesa ebigambo okusinga omuvubuka omulenzi, wadde nga emyaka bwe giyita aba alabika okumutuuka mu nkozesa y'ebigambo.

Okunoonyereza okweyambisa okukebera enfaanana y'obwongo munda kutera okulaga nti okwawukana mu nkula kuba kujja kulaga enneeyisa esuubirwa. Abasajja balabika okuvaayo ennyo mu kukozesa amaanyi ate abakazi balabika okuvaayo ennyo mu kukozesa ebigambo era eno y'engeri abantu gye balabika okweyisa. Mu mbeera bwe zityo, kisendasenda okukakasa nti nkula y'abantu, sso si buwangwa, y'efuga enneeyisa. Wabula, okufuna enjawulo etegeerekeka eyinza okubaako kinene ky'etubuulira ku buwangwa nga bw'etubuulira ku njawulo mu nkula y'omibiri. Obwongo bwaffe bwe bumu, wadde nga tubukozesa mu ngeri za njawulo. Obwongo bwe tubuliraanyisa, bulabika ky'ekimu era tulina kunoonya nnyo n'obwegendereza okufunawo enjawulo. Okwawukana kutono nnyo ddala, era nga kukyali kuzibu okuzuulwa, okugamba nti bino bitundu byamubiri byanjawulo. Wadde nga abantu bayinza okukola ebintu ebimu mu ngeri ezenjawulo, enneeyisa enteekateeka etandikirwako y'enneeyisa y'emu ku basajja n'abakazi.

## Omutimbagano Gw'embeera Y'ebirowoozo Oguvaako Enneeyisa

Omutimbagano gw'embeera y'abantu ey'ebirowoozo kwafuuka ekintu ekyabulijjo era ne kaada eziramusa: abakazi banoonya okukyenywezaako ate abasajja ne bakidduka; abakazi boogera ku ngeri gye bawuliramu muli, abasajja bakyusa emboozi ne boogera ku ggoolo ezaabadde mu mupiira; abakazi boogera ku ne mikwano gyabwe ku mbeera yaabwe ey'ebirowoozo, abasajja kino bakitwala nga ekikolwa ekitali kya buntubulamu era eky'okweweebuula. Eno ndowooza yokka? Era bw'eba bw'etyo endowooza eyo eva wa?

Enneeyisa eziva ku mbeera evaako enneeyisa e y'omwana ow'olunaku olumu teziva ku kutendekebwa oba kuwangaala na balala. Mu kugezesa abaana abato mwe baawuliriza amaloboozi – ag'abaana abalala nga bakaaba, ensolo ezikaaba, n'eddoboozi ery'engeri eritakutuka mu lulimi olwakolebwa ku kompyuta – baasinga kufa ku ddoboozi lya muntu mulala ali mu kizibu (Cassidy 1999). Wabula, baali bawala abaasinga okufa ennyo ku ddoboozi ly'omuntu omulala eyali mu kizibu – okufaayo okwo okwali kujja okugenderera obulamu bwabwe bwonna. Wadde nga ab'ebikula byombi baafaayo ku kubonaabona kw'omuntu omulala, ne ku lunaku olusooka, abawala be basinga okuteekateekebwa okweteeka mu mbeera ya bannaabwe. Abakazi bayinza okusinga okweteeka mu mbeera erowooza nti singa ekigudde ku mulala kiba kigudde ku bbo. Abakazi, nga ye layini esooka ey'okufaayo – okwekuuma okusooka omwana kw'alina eri ensi – babeera bateekateekeddwa ekufa ku byetaago by'abalala.



## Ebyeyambisibwa Okumanya Ebyetoolodde

Olwo kiba tekyewuunyisa abakazi okuba nga balina ebyeyambisibwa okumanya ebiri ku nsi ebiwagale obulungi. Ebiyungo by'omukazi ebimuyamba okuwunyiriza byamaanyi okusinga

eby'omusajja (naddala mu kiseera ky'eggi okutambula), era abakazi bawulira nnyo nga bakwatiddwako okusinga abasajja. Okusobola okuwa obubaka nga bayita mu kukwata, kukulu nnyo eri omwana okusobola okuwangaala nga mulamu bulungi. Abaana abazaalibwa nga tebannatuuka bwe bakwatibwako, ne bwe baba basiisiitiriziddwa mpola, bakula era ne bakakata mangu. Bafuna obuzito ebitundu 47 ku buli kikumi okusinga abo abalekeddwa bokka, wadde nga ab'ebika ebibiri baba baweebwa emmere y'emu. (Dodd 2005)

Okukozesa eddoboozi lya bamaama lituukana n'ebyetaago by'abaana abato n'engeri gye bawuliramu. Okuzannyira abaana obutambi obukwatiddwa obw'amaloboozi ago, babeera bakyukira mangu eddoboozi essitufu okusinga eddoboozi omukazi y'omu ly'ayinza okukozesa nga ayogera n'abantu abakulu. Okwo oyongerako nti, omutima gw'omwana gukubira wansi, ne gukkakkana, ne gutebenkera, nga gukuba mpolampola nga bwe guwuliriza eddoboozi lya maama eryo. Emirembe maama gy'awa omwana girabika nga gy'egitandikirwako, gya mu butonde, era nga gigenderera n'okukula okubeera mu lubuto. Kiri mu kweyunga kuno okwa maama n'omwana – emboozi y'emitima ebiri – enjawulo y'ebintu ebivaako enneeyisa eri wakati w'abasajja n'abakazi w'etandikira.

## Ekifo Omuntu Ky'abeeramu

Ekirowoozo ky'ekifo ky'omuntu kirabika okubaawo eri abalenzi nga bukyali. Tekirabika kubaawo nnyo mu bawala. Okutwalira awamu, abawala balabika tebatera kuba bamalirivu okubeera bannamba emu – okuggyako mu mbeera entono. Okunoonyereza okutera okweyambisibwa ku mizannyo gy'abaana kuwa ekifaananyi ku nsonga nga kuyita mu kuvumbula ku ngeri ebibinja ebibiri eby'abaana ab'ekikula ekimu mu buli kibinja gye baazannyamu omuzannyo gw'obwa "dokita." Abalenzi bonna baayagala buli omu okuba nga ye ddokita – eyali mu kifo ky'okubuulira abalala eky'okukola. Baawanyisiganya ebigambo ekyatwalirizaako ku kaseera. Abawala bo beebuuza ani eyali ow'okubeera ddokita. Oluvannyuma ne bategeeragana ku ngeri gye baali ab'okugabamu ebitundu ow'okubeera dokita, naasi, n'omulwadde.

Abalenzi, okusinga ku bawala, baagala emizannyo omuli abawanguzi abaddala. Era balabika okubeera abamativu n'okukaayana ku biki ebivudde mu mizannyo. Emizannyo gy'abawala gitera okubeera emimpi okusinga egy'abalenzi. Abalenzi bawakana ku ky'emizannyo gyabwe – ani eyakoze ki, ani eyafunye ki, era emizannyo gyabwe tegikomekkerezebwa nga kino kiva ku kukubaganya ebirowoozo. Wabula, abawala bennyini okuyomba ebiseera bingi kwakomyanga emizannyo gyabwe mu kkubo. Abalenzi obutakkiriziganya bwabwe baakumalanga mangu okusinga abawala; abawala balina engeri gy'ebeeyisaamu ey'amaanyi okusinziira ku biba biguddewo. Abamu bagamba nti kino kiva ku buwangwa, nti tuwaga abawala okubeera abagendera ennyo ku ngeri gye baba bawuliddemu muli, sso nga abalenzi tetubawaga kukolera ku mbeera yaabwe ey'omunda.

Awamu n'ekyo, ne bwe tugezaako tutya okubyawula, enkula y'omuntu ey'omubiri n'obuwangwa buli kimu tekiggyaawo kinnaakyo. Tebisobola. Ebibuuzo bye twebuuza ku mulimu gw'obutonde nga obugeraageranyizza n'enkuza bikola enkulungo, ekimu mwe kiriikiriza ekirala. Mu nkulungo eno, enkula y'omuntu ey'omubiri y'esinga obukulu nga entandikwa. Naye butya bw'oyinza okutegeera enkulungo w'etandikira?

## Okulabira Mu Kyenyi

Abakazi balina obukugu bwamaanyi mu kuvvuunula endabika y'ekyenyi ekintu ky'eraga. Abakazi batera okumwenya okusinga ku basajja, era abasajja bawaga abakazi okumwenya. Abamu bagamba nti kino kiyinza okuba nga kiva ku biseera ebyayita nga kyesigamiziddwa ku nkolagana erimu okubuutikira– okukkiriza wakati w'ekikula eky'emirundi ebiri. Abakazi era



balina obukugu bungi okusinga abasajja okusoma ebintu ebiraga ebitali mu bigambo (okugeza olulimi lw'omubiri n'entambuza y'ekyenyi).

Okunoonyereza ku bifaananyi ebiraga ebyenyi, abantu b'ekikula kyonna baali bakugu mu kumanya nti omuntu omulala teyali musanyufu. Abakazi era baayanguyirwa okusoma ennaku eragibwa mu byenyi by'abantu, kye kimu basajja oba bakazi, ku butuufu bwa bitundu 90 ku kikumi. Abasajja, ku ludda olulala, baasoma obutaba basanyufu bw'abasajja abalala mu maaso ku butuufu bwa bitundu nga 90 ku kikumi eby'ekiseera, naye nga baali batuufu ebitundu nga 70 ku buli kikumi eky'ebiseera bwe baatunuula ku byenyi by'abakazi. Ebyenyi by'abakazi by'alina okubeera ebinakuwavu ennyo abasajja okusobola okukiraba. Okulabika okutaali kwamaanyi nnyo tekwasobola kutegeerebwa basajja.

## Ebirowoozo Mu Buwangwa Ku Balenzi N'abawala

Abantu abamu basoma bubi ebikwata ku nkula yaffe. Ekikwate ky'amasomera agatandikirwako (nursury) kigamba nti abawala baakolebwa mu "sukaali, ebirungo, na buli kintu ekirungi," sso nga abalenzi bali "makansi na makovu na mboobo za bubwa". Omwana omulenzi ow'emyaka etaano yakwatibwa essungu: Lwaki abawala bokka be bafuna ebirungi? Lwaki abalenzi be bavuma okubeera ebiwuka by'omu nnimiro n'ebitundu b'embwa ebikutuddwako?

Okunoonyereza okumu kulaga nti abalenzi beetaaga okufiibwako okw'omu-ku-omu, okuva omukwano lwe guyinza okukyusa obwongo bwabwe, ekiyinza okubaako ne kye kikola ku kukula kwabwe. Okunoonyereza kungi ku basajja n'abakazi kulaga nti basobola okuwona n'obulwadde obw'omutawaana, okugeza obulwadde bw'omutima oba kkansa, bwe wabeerawo omukwano n'obufumbo obuzzaamu amaanyi. N'okuyomba kw'abafumbo okutono kuweereza obubaka bw'okukankana mu baserikale abalwanyisa obulwadde mu mubiri, nga kino kituusa n'okuba nga abafumbo ababa balwanye batera okufuna ssennyiga ne lubyamira. Omufumbo omu bw'afa, abaserikale abalwanyisa obulwadde mu mubiri aba munne basigala nga bennyise mu mbeera okumala ebbanga wakati w'emyezi ena n'ekkumineena.

Wali weebuuzizza lwaki essuula za Kulaane zitandika ne "Mu linnya lya Katonda, Omusaasizi asinga, Oweekisa ekingi"? Olabawo ekiraga kyonna nti abazadde balina okubeera n'omukwano eri abaana baabwe?



## Ennaku

Tewali muntu yali akisanze nti okubeera obwomu oba okubeera n'ennaku kirungi eri obulamu bw'omuntu ky'ekimu obw'amagezi oba obw'omubiri. Kino kiyinza okunnyonnyola lwaki abaami ne bakyala baabwe buli omu ensonga y'okufiirwa omwana agikwata bubwe (omwami atera okuvaawo ate omukyala n'akaabiramu buli muntu asobola okumusaasira). Wabula tetuyinza kugamba nti buli mukazi mulungi mu kutuusa ku balala embeera gy'alimu muli, oba nti buli musajja talaga mbeeera gy'alimu. Waliwo ekkomo ku ngeri ssayansi gy'ayinza okunnyonnyolamu kalonda ku kiki kyetuli.

## Enjawulo Mu By'okwegatta

Abakyala abafumbo abamu bwe baabuuzibwa nti: "Singa oba tokyaddayo kwegatta na balo, ekyo okiwulira otya?" abasinga baddamu nti awo waba tewali mutawaana; kye beetaaga kubagwa mu kifuba na kubanywegera. Wabula abasajja baagamba nti bandiwulidde bubi singa baali baakuba nga tabajja kwegatta ne bakyala baabwe. (Fisher, et al. 2012)

Ku bikwata ku kwegatta mu byobufumbo, abakazi baba baamaanyi nnyo okusinga abasajja. Bayinza okwewala okwegatta okumala ekiseera ekiwanvu, era beetaaga kubanoonya okusobola okufuna obwagazi. Abasajja bafuna ekiseera ekizibu okwewala okwegatta okumala ekiseera ekiwanvu. Ekigambo ekimu bwe kiti kiyinza okuleetera omusajja obwagazi n'okwereega mu busajja bwe. Omukazi ayinza okwegatta n'omusajja nga tafunye bwagazi, obutafaanana na basajja abatayinza kwegatta nga tebamaze kufuna bwagazi.

Omusajja owaabulijjo mu U.S. ayinza okulowooza ku by'okwegatta buli lwe wayita eddakiika entono. Abasajja beetaaga okukkakkanya amaaso gaabwe, kubanga banafu mu kufuga obwagazi bwabwe. Okwegatta kikulu era abaana by'ebibala ebivaamu. Okuteekateeka obulungi enkolagana y'okwegatta kikulu nnyo era kyakumwanjo mu kuzimba ekitundu ekirungi, mu mpisa, mu myoyo ne mu mpangaala y'abantu.

## Ekyama Ekiri Mu Njawulo Mu Kikula Ky'abantu: Mirimu Egikolebwa, Si Kusukkuluma

Omukazi yatondebwa era okutwalira awamu n'asomesebwa okubeera amanya amangu akabi akaguddewo era akolera ku mbeera gy'awuliramu munda, asobole okuba omwetegefu okukuuma abaana be ku kabi konna akayinza okubatuukako. Kino era kirabika ne mu bwakabaka bwa bawansolo. Kkapa enzadde ekuuma obwana bwayo era n'ebukweka ku basajja bonna ne kkapa endala, nga mw'otwalidde ne kitaabwe, olw'okutya nti ziyinza okubulya. Ebirungo ebyenjawulo byekenenula mu kiseera ky'olubuto, ebiyamba mu kwanguya okuzaala, okuyonsa, n'okukuuma abaana abato.

Mu biseera by'okusuulumba okwabuli mwezi, olubuto, okuzaala, n'okuyonsa, abakazi babeera mu mbeera eteetengeredde. N'olwekyo, okufaayo okusinga kulina okukolebwa mu biseera bino. Obukadde n'obukadde bw'abakazi beemulugunya ku butabeera na mirembe mu kiseera ky'okusuulumba. Ebizibu biyinza okumala ennaku era byawukana okuva ku butono okutuusiza ddala ku bibi ennyo. Obubonero obulaga ebizibu ebyo mwemuli okuzimba olubuto, okulumwa olubuto, okulumwa omutwe, okuvaamu omusaayi omungi oba ogutwaliriza ku kiseera, okukyuka mu mbeera, n'okukoowa.

Omusajja asikirizibwa omukazi mu by'okwe-

gatta asobole okutwala obuvunaanyizibwa bwe obw'okuweereza omukyala n'abaana baabwe. Alina okubeera omugabi awa omukazi n'abaana be bye beetaaga, maama asobole okwefaako n'okufa ku bulamu bw'abaana be. Ye (omusajja) teyeetikka mugugu gwa kugenda mu nsonga, kufuna lubuto, kuzaala, na kuyonsa. Bw'atyo aba aggyiddwako ebyo asobole okulafuubana obulungi okufuna ennyingiza eyeetaagisa n'okugonjoola ebyetaago by'amaka.

Enjawulo buli zimu ezijjuuliriza zinnaazo mu butonde bw'abasajja n'abakazi zinnyonnyola amateeka g'Obusiraamu agakwata ku maka ne bye galagira oba okugaana. Embeera eyawukana mu butonde mu by'okwegatta ey'abasajja n'abakazi ebbulukukira mu ndowooza eya awrah – ebitundu ebyekyama eby'abasajja n'abakazi. Ebitundu by'ekyama eby'abasajja biri wakati w'ekkundi n'amaviivi olwo omusajja asobole okukola emirimu egy'amaanyi nga takugirwa wadde okutangirwa. Mu kiseera kye kimu, ebitundu ebikkirizibwa okwolesebwa ku mubiri gwe, tebitera kusendasenda oba okusikiriza abakazi okulemererwa okwefuga ne bagwa mu kitimba nga tebeeyagalidde. Ekyennyume kya kino kituukira ku bakazi. Kumpi omubiri gwonna ogw'omukazi gusikiriza era ne gusendasenda omusajja. Abasajja bava mangu mu mbeera ne basendasendebwa okulabikako kw'omubiri gw'omukazi; bwe gutyo omubiri gwe gwonna ne gulangirirwa okubeera ebitundu ebyekyama, okuggyako mu maaso, ebibatu, n'ebigere. Ebiseera ebisinga tewali bwetaavu bwa bakazi okulaga emibiri gyabwe eri abasajja. Mu maaso, wo wanjawulo, okuva lwe mulina ebintu ebirala n'emirimu emirala okugeza okulaga enfaanana y'omukazi n'ebimukwatako. Endowooza eno ennyonnyoddwa obulungi era ennambulukufu eya awrah bukuumi bwamaanyi eri amaka era yinsuwa esobola okutangira obwamalaaya, obwo obwonoona amaka n'ebitundu. Wabula, wakati w'enkolagana y'omwami n'omukyala, tewali kukugira ku mubiri gwa buli omu eri munne, nga Kulaane bw'ennyonnyola:

> *...Bbo byambalo byammwe nammwe muli byambalo byabwe...* (Kulaane 2:187)

Nga abantu abenkana abawangaalira mu kitundu ekimu, abasajja n'abakazi balina ebibabanjibwa by'ebimu naye nga bazannya ebitundu byanjawulo wadde nga buli mulimu gujjuuliriza omulala, nga kino kisinziira ku nkula ey'omubiri n'omwoyo ebyenjawulo. Amaka kitongole ky'abantu ekyenjawulo ekikola obulungi era ne kivaamu emigaso eri abasajja, abakazi n'abaana.

Abasajja abali wakati w'emyaka 20 ne 40 gwe musingi gw'amaka. Bagonvu, balumirwa era bafaayo basobole okuwa amaka gaabwe emirembe, obutebenkevu n'eddembe. Omwami yeetaaga eddembe awaka, naddala bw'aba nga akomyewo okuva ku mulimu mu lunaku oluwanvu olukooya okusobola okunoonyeza abantu



be eky'okulya. Bino bye bikulu mu bulamu bwabwe ebirina okusoosowazibwa ku mutendera guno. Wabula, kino tekitegeeza nti abakyala tebasobola kukola bintu birala, oba okuggya ku bataata obuvunaanyizibwa bwabwe obw'okuleeta emirembe mu maka. Ebitendo bino tebirina kutwalibwa nga obunafu ku ludda lw'abakyala era obutasaasira ku ludda lw'abasajja. Bituukana butuukanyi na mulimu ogwenjawulo

buli omu gw'alina okukola mu maka. Amateeka g'Obusiraamu gateeka obuvunaanyizibwa obw'okukola (okufuna ssente) ku musajja, sso si ku mukazi, nga tebufuddeeyo ku nfuna y'omukazi, kubanga ensonga eri ku mirimu gye balina n'okweteekateeka okusaanira emirimu egyo. Okusalawo oba omukyala ayinza okugenda ebweru okukola kuli mu mikono gye. Tateekeddwa kuwalirizibwa kukola, kubanga okufuna eby'okukozesa n'abaana be bwonna buvunaanyizibwa bwa bba. Omukyala bw'asalawo okufuluma okukola, tekirina mutawaana gwonna. Okuva lw'asobola okukwataganya obuvunaanyizibwa obw'emirundi ebiri obw'omulimu n'obwamaama, olwo aba waddembe okubeera omuntu afuna ssente ne maama.

Enjawulo mu mibiri n'emyoyo mu bantu ab'ebikula ebyenjawulo mu mitendera egyenjawulo egy'okukulaakulana kwabwe tekulina kye kukendeeza ku bye bavunaanibwa ne bye bavunaana (obuvunaanyizibwa bwabwe). Ekitendo ekimu kiyinza okubeera ekirungi ku mukazi (okugeza eddoboozi esseeneekerevu) naye nga si kirungi ku musajja, ate era ekitendo ekirungi ku musajja kiyinza okubeera ekibi eri omukazi.

Omusajja bw'atunuulira omukazi n'obwagazi, ekyo tekikkirizibwa mu Busiraamu. Omukazi bwe yeegomba omusajja, ebivaamu eri omukazi, bw'akola ekyonoono, kiba kinene nnyo, naddala eky'okuba nga ayinza okufuna olubuto. Kyetaagisa omusajja okuba nga taleka mukazi nnagalaale era n'okubeera naye. Ateekeddwa okumulabirira n'omwana. Bw'alemererwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe, aba abajjako eddembe Katonda lye yabawa ery'okufuna okulabirirwa n'okuwangaala obulungi.


## Abasajja N'abakazi Abamerika Kye Basinga Okusoosowaza: Okunoonyereza

Okunoonyereza ku basajja n'abakazi enkumi nnya okwakolebwa olupapula lwa Washington Post ne Harvard University kwavumbula nti abasajja n'abakazi kye basoosowaza mu Amerika (U.S.) bye:

- Okweŋŋanga ebizibu by'ebyenfuna n'omwoyo mu mpangaala eya kakyo kano.
- Okunyweza enkolagana mu maka.
- Okuteekawo empuliziganya ennungi n'abaana abato.

Ebyembi, ennaku zino abakazi batwalibwa nga kiisokyambuzi mu Bulaaya ne mu mawanga g'Abasiraamu. Nga oggyeeko obwetaavu bw'ensimbi, mu byobuwangwa by'Abazungu, abakazi basuubirwa okugenda ebweru okukola era batunuulirwa nga ebintu eby'okufunamu amasanyu g'okwegatta, okusanyusa, wamu n'okubeera eky'obusuubuzi. Mu mawanga g'Abasiraamu agamu, abakazi baba tabaasoma era nga tebaba beetegefu okukola eddimu eddene ery'okubeera bamaama. Bangi tebaba na kwekkiririzaamu, era baba mu mikono gya babbaabwe, era mu mawanga mangi tebafiibwako era balekebwa mabega nnyo.

Omugenzi Sheikh Muhammadi al-Ghazaaly yagamba mu katabo akoogera ku byafaayo bye nti, mu buto bwe mu kyalo, abakazi baalabibwanga mu buli kanyomero okuggyako mu muzikiti. Kyannaku okulaba nga mu mawanga agamu tewabeera kifo kya bakyala mu muzikiti. Mu Buturuuki olwaleero abayizi abasoma eddiini abasinga obungi bakazi. Wabula, abakola pulaane z'omuzikiti "tebaalowooza nnyo ku kifo ky'abakyala abaagala okusinza." N'okwekyo, mu Istanbul, ekitundu mu kisenge omusaalirwa n'emizikiti gy'abakazi bokka byategekerwa abakazi okusaaliramu jjama. (MURAD 5446). Tusuubira tutya maama okukuza abaana awatali kuluŋŋamizibwa na kuyigirizibwa ddiini ebikolebwa buli wiiki mu kubuulirira okw'Olwokutaano, nga lino lye kkubo eririwo erisobola okuyigiriza?! Okuggyako abakyala kino kuzze kubeerawo ebyasa n'ebyasa, wadde nga waliwo hadiisi ya Nnabbi ﷺ ekyogerako.



Nnabbi yagamba bw'ati:

**Temugaana baweereza ba Allah (abakazi) okugenda ku Mizikiti gya Allah. (MUSLIMU)**

Abakazi, olw'obuvunaanyizibwa bwabwe obweyongerako, baba baddembe okugenda ku muzikiti okusaala oba okusaalira awaka okusinziira ku mirimu gye balina okukola n'obuvunaanyizibwa bwabwe. Ekituufu kiri nti, buvunaanyizibwa bwa baami okulaba nga bakyala baabwe bagenda ku muzikiti nga bayita mu kubayamba okusinga okubakaluubiriza.

Wadde nga abasajja bakkiriza bakyala baabwe okukola ebweru w'awaka, abasajja bangi n'abakazi basinga kwagala bamaama abamala ebiseera byabwe byonna n'abaana baabwe awaka. Abasinga obungi balowooza nti ensonga enkulu enoonyesa abakazi Abamerika emirimu kwe kufuna ssente okusobola okutuukiriza ebyetaago byabwe mu bulamu (AL-USRA, ekya 61, 1419 AH).

## Okwawula Wakati W'ebikula By'abantu Kutandika Ddi?

Abaana abasinga obungi batandika ku ky'okweyawula mu kikula ku mazaalibwa gaabwe agasooka. (Beal 1993). We bawereza emyaka wakati w'ebiri n'esatu baba bamalidde ddala okumanya ekikula kyabwe.

We batuukira wakati w'emyaka ebiri n'esatu, baba basobodde okutegeera ekikula kyabwe. N'olwekyo abaana ab'emyaka esatu aboogera mu ddoboozi eriwulikika ku ngeri omuntu gye yakulamu baba bassa bussa mu bigambo ekintu kye bazze balowoozaako okumala emyaka nga ebiri. Ku ngeri y'ekikula ky'abantu, abaana abatandika okutambula balaba ensi nga eyawuddwamu ebitundu bibiri. Olumanya ekikula



**Emyaka Kkuminamukaaga Kukeerewa Nnyo**

Omutontomi Omuwalabu
yagamba bw'ati:

Okaabira muwala wo Lubna, oluvannyuma
lw'okumuwangula?
Lubna agenze, kati ogenda kukola otya?!

Abazadde abamu ebiseera bingi boonoona,
bayisa bubi, babonyaabonya abaana
baabwe, oluvannyuma ne bawulira bubi
olw'ebikolwa bye baakola.

Ennaku yaabwe eyinza okubeera nga
ekeereye nnyo emyaka 16!

kyabwe, okutegeera kwabwe kyebali kufuuka okweyawudde nga abalenzi oba abawala era ne batandika okuyiga wa gye bagwa. Ku myaka nga esatu egyobukulu, enneeyisa y'omwana etandika okulabikira mu mbeera y'ebintu ebyeyawulidde ebikula by'abantu. Abawala bayinza obutabeera bakakaalukanyi nnyo era ne batandika okuzannya emizannyo "gy'abawala", okugeza okuzannya ebikwata ku nnyumba (n'obwamaama). Abalenzi bayinza okufuuka abazibu abaamawaggali era ne baagala okukozesa eby'okuzannyisa "eby'abalenzi", okugeza ebimotoka ne biddole ebyefaanaanyirizaako eby'abazannyi ba filimu.

Omuntu ekikula ky'afaanana olumu kiva ku binywa munda ebivaamu omubisi naddala okuva mu biseera by'okukula n'okweyongera mu maaso, ate ku ludda olulala okuva mu kumanya enjawulo mu nkula y'omuntu eyo mu biseera by'obuto n'ebirowoozo ebiva mu kutegeera enjawulo ezo. N'ekisinga ebyo byonna, okwemanya ekikula kijja lwa kwerabira mu kifaananyi ky'omuzadde ow'ekikula ekyo. Ku ludda lw'abasajja abeeyisa nga abakazi n'abakazi abeeyisa nga abasajja, ekizibu ku ludda olumu kiva ku nkolagana embi n'abazadde, omwana ne bw'abeera n'ebinywa ebyabulijjo.

Ekifuula omulenzi okwewulira nga omusajja gwe mukwano, okwagalibwa, n'okwerabira mu kifaananyi kya kitaawe eyeewulirira mu kubeera omusajja. Taata yeetaaga okuwulira nga akola ekimala mu nkolagana ye erimu okuvuganya n'okukwatagana n'abasajja abalala mu kitundu mw'awangaalira. Ekikula ekirungi ekibeera nga bwe kiri mu mubiri ogukula tekisinziira ku kuba nga taata oba abasajja mu kitundu bayigga mpologoma oba bakola mu kkolero oba bafumba mmere ne bakyusa nnapi awaka. Ebbanga taata ly'amala nga awulira bulungi era nga enkolagana ye nnungi ne mutabani we, omwana okweyagalira mu kikula kye kubeera kulungi era nga tekuyinza kubeeramu nkenyera.

Taata bulijjo abadde tawulira mirembe mu kubeera kwe omusajja ajja kuba mu ngeri eteri nneeyolefu nga aggyayo obutali butebenkevu bwe eri mutabani we mu ngeri za mirundi mingi ezitali nneeyolefu. Kino kiba kijja kuyingirira eky'omwana omulenzi okwenyumiririza mu kubeera omusajja. Taata okugaana okukola emirimu gya waka nga agiyita egy'ekikyala oba oluusi n'okuba egitali gya kisajja, emu ku ngeri gy'alagamu obutali butebenkevu bwe eri mutabani we. Omwana kino akitegeera era nga tagenderedde naye atwala obutaba na butebenkevu bwe bumu. Omuwala akula nga ayagala okubeera omukazi, era ne yeetegeka okubeera omukazi atuukiridde nga ayita mu kwagalwa n'okusiimibwa maama anyumirwa okukola eby'ekikazi, ne bwe kibeera kiki mu byobuwangwa bwe, kye kimu maama munnakyalo omulimi oba mukise wa palamenti atalina biseera.

Tewali kyetaagisa kukuza baana bawala n'abalenzi mu ngeri y'emu. Awaka tewateekwa kubeerawo kusukkulumya kikula kimu ku kirala. Awamu n'okubeerawo emirimu egyenjawulo, okukuza omwana oba okulabirira amaka birina ekitiibwa ky'ekimu nga okukola mu woofiisi, ekkolero, oba obulamu obwalukale.

Abalenzi n'abawala balina okuyisibwa mu ngeri ennungi, naye si mu ngeri efaanaanira ddala. Abalenzi n'abawala balina okuyigirizibwa okweŋŋanga obulamu, naye babe nga basobola okuzannya ebifo byabwe obulungi mu ngeri ematiza, awatali balenzi kusomesebwa kubeera baabulabe oba obutafa ku balala n'abawala okusomesebwa okubeera nga tebeeyamba era nga beesigama ku basajja. Abawala balina okukubirizibwa obutabeera nnyo abagendera ku mbeera gye bawuliramu munda n'obutakozesa kukaaba buli lwe baba batafunye kye baagala. Abalenzi balina obutawagirwa okubeera abakozesa amaanyi n'okukozesa obukambwe buli lwe batafuna kye baagala.

We kiba kisobokedde, n'okutuusa omuntu w'amalira Yunivasite, okuyigirizibwa nakwo kukulu mu ngeri y'emu eri abalenzi n'abawala.

Abalenzi n'abawala beetaaga okuweebwa biddole ebitasosola kikula okusinga ebyo ebirina ekikula kye bikiikirira n'ebifaananyi ebyefaananyirizaako ebya filimu. Ebizannyisibwa ebizimba ennyumba birina okuteekebwa wamu ne ddole w'abakazi oba ebizannyisibwa ebyefaanaanyirizaako abazannyi ba filimu.



Okugololera abawala n'ebyambalo bye banaayambala tebirina kuteekebwako ssira, okugololera abalenzi n'okufa ku bye banaayambala ne kutafiibwako. Taata ne maama buli omu alina okukitwala nga ekikulu okulabirira enviiri za muwala waabwe n'enviiri za mutabani waabwe. Ekintu ky'ekimu kirina okukolebwa ku byambalo. Ebyambalo tebiteekeddwa kulemesa muwala omuto okuzannya. Abazadde bwe bawa muwala waabwe sikaati ayambale oluvannyuma ne bamuleekaanira empale ze bwe zirabika, kuno kuba kulyazaamaanya mwana. Abazadde bateekeddwa okukkiriza bawala baabwe okwambala empale engazi, ezitali zi kamiimo ennyo, n'okumukkiriza okuzannya ennyo nga mwannyina bw'akola. Omuwala alina okuyiga okubeera ayagala okuzannya n'okussa omuwendo ku busobozi bwe obw'omubiri, nga mwannyina. Omutabani alina okusomesebwa obutakuba muwala, ne bwe baba bazannya. Omuwala alina okuyigirizibwa obutakkiriza mulenzi kumukuba era bw'aba amukubye nti alina okwerwanako mu kifo ky'okukaaba obukaabi oba okudduka obuddusi n'avaawo.



**Abakazi Kyakulasajja n'Abasajja Abeeyisa nga Abakazi**

Nnabbi ﷺ yatamwa nnyo abasajja abeefaanaanyiriza abakazi n'abakazi abeefaanaanyiriza abasajja. (AL-BUKHAARĪ)

Omusajja musajja, omukazi mukazi, era bombi balina okwenyumiriza mu kyebali! Tebalina kukoppa buli omu omulala. Mu by'obuwangwa mwe bawangaalira, kiteekeddwa okubeera ekyangu okwawulawo abalenzi n'awala, wadde nga ennaku zino ebiseera ebimu kizibumu. Katonda yatonda abalenzi n'abawala nga buli bamu baawukana ku balala, kubanga bye bateekeddwa okukola byanjawulo, naye nga ebimu bijjuuliriza ebirala. Kyakusaasira okuba nti twawukana bwe tutyo buli omu asobole okuba nga asikirizibwa eri munne era obulamu bufuuke obweyagaza. Tetuteekeddwa ensonga y'okwawukana kuno n'okusikirizigana okukinyooma.

Teri kikula ku bibiri ekiyinza okuwangula "olutalo" olw'enjawukana y'ebikula by'abantu. Waliwo okwagalana kungi eri "omulabe"! Bannalukalala abatambuza enjiri y'ekikyala bakosezza nnyo eby'obuwangwa bw'Abazungu. Abamu ku bano bagamba mbu abakazi nabo bagumu era tebayiikirizibwa nga abasajja, era bayinza okukola ekintu kyonna abasajja kye bayinza okukola. Bannalukalala abalala bagamba mbu: Abakazi tebeetaaga basajja. Omukazi yeetaaga omusajja nga ekyennyanja bwe kyetaaga eggaali. Kyonna ekitundu omuwangaalirwa abantu kye beetaaga, abakazi basobola okukikola awatali basajja.

Endaba esinga okufuga mu Bugoberezi bwa Kristo eyawukanira ddala na bino bye bagamba. Yesu Kristo yagamba abasajja okubeera abagonvu era abeekisa, naye era okubeera abazira n'okutwala obuvunaanyizibwa bw'okukulembera. Omusiru yenna asobola okubeera "owaakabi atatya," naye era kyetaagisa muntumulamu okuwa omukazi ekitiibwa n'okugulumiza. Abasajja bayinza okusalawo ku nsonga z'amaka, wadde nga kino bakikola luvannyuma lwa kwebuuza okutaliimu muzannyo ku bakyala. Abaami balina okussa ekitiibwa mu bakyala baabwe, ekitegeeza nti ebikolwa byabwe birina okuba nga biwa ekitiibwa. Katonda yatonda abasajja okubeera abasajja n'abakazi okubeera abakyala, n'olwekyo abawala tebateekeddwa kuyisibwa nga abaana abalenzi. Kulaane ensonga z'ekikula ky'abantu zino ezoogerako bw'eti:

> *Temusaalirwanga ebyo Katonda bye yasukkulumyamu abamu mu mmwe ku bannammwe. Abasajja baakufuna empeera z'ebyo bye baba bakoze n'abakazi baakufuna empeera z'ebyo bye baba bakoze. Musabe Katonda abawe ku birungi bye. Ddala Katonda bulijjo amanyi buli kintu.* (Kulaane 4:32)



**Abakazi N'abasajja Bombi Buli Omu Yakula Bubwe**

- Abasajja kikumi basobola okukola olusiisira, naye kyetaagisa omukazi omu okukola amaka. (Lugero lw'Abachina).
- Ssekabaka Themistocles yabuuza bw'ati, "Muntu ki asinga amaanyi mu nsi yonna? Abayonaani be bafuga Abagriiki; nze ne nfuga Abayonaani' ggwe, mukyala wange, n'onfuga; omwana wange omuto n'afuga mukyala wange; omwana omuto n'akufuga."
- Omusajja asobola okutegeera ennyo omukazi? Omukazi asobola okutegeerera ddala omusajja?
- Omusajja ayinza okutegeera obulumi bw'okubeera olubuto oba okuzaala? Ekyo tekisoboka, wabula obulumi obw'amaanyi obw'ebyenda ebyetuzze n'ensigo busemberera nnyo obulumi obwo.
- Bw'oba olina okusalawo ku kusomesa omusajja oba omukazi, ani gwe wandironzeewo? w'osomesa omusajja oba oyigiriza omutuuze omu, sso nga ate bw'oyigiriza omukazi, oba oyigiriza ggwanga!

## Ekifo Ky'obuzadde: Nga Tutunuulidde Ekikula Ky'omuntu

Ennaku zino, okubeera omuzadde mu maka mangi buvunaanyizibwa bwa maama taata n'ayambako buyambi. Wakyaliwo obutenkana mu kulabirira omwana wakati w'abasajja n'abakazi. Mu U.S. bataata bataata bawaayo essaawa musanvu buli wiiki mu kulabirira omwana sso nga bamaama bawaayo essaawa 14 buli wiiki. Okwongereza ku ekyo, bamaama bakozesa essaawa 18 buli wiiki ku mirimu gya waka n'essaawa 21 ku mulimu ogusasulwa, sso nga bataata bakozesa essaawa 10 buli wiiki ku mirimu gya waka n'essaawa 37 ku mulimu ogusasulwa (Pew Research Center 2013). Ebi-

tundu nga 60 ku buli kikumi eby'amaka agalimu abazadde ababiri nga balina abaana abataweza myaka 18 gaba galina abazadde nga bombi bakola. Mu maka ago okutwalira awamu bataata bakozesa ebiseera byabwe ebisinga ku mulimu ogusasulwa ate bamaama ebiseera ebisinga babikozesa ku kulabirira omwana n'emirimu gya waka. Wabula, ne mu maka bamaama mwe babeerera n'ebikugira mu mirimu nga bataata, era basigala bakozesa ekiseera ekisingako ku kulabirira omwana. Okunoonyereza okwawandiikibwa mu katabo Family Relations mu December 2013, akatunuulira bamaama ne bataata abaalina ebikugira ebifaanana mu mirimu, kwazuula bino wammanga:

- Abaana baabwe bwe baali emyezi egy'obukulu 9, bamaama baakozesanga ebitundu kumpi 70 ku buli kikumi ku lunaku olw'okukola olwabulijjo ku mirimu egimu egy'okulabirira omwana, bw'ogeraageranya n'ebitundu ebitawera 50 ku buli kikumi bataata bye baakozesanga.
- Bamaama baakozesanga baakubisangamu emirundi egisukka ku ebiri ku biseera byabwe eby'obuzadde ku bintu ebikolebwa ku kulabirira abaana (okunaaza, okuliisa, n'okusiba pampa) okusinga bataata bwe baakolanga, ne bwe wabanga oggyeeko okuyonsa n'okulongoosa omwana.
- Bataata baakolanga omulimu gw'okuyambako okusinga okulabirira okukutwala nga mulimu gwabwe omukulu. (The Ohio State University 2013)

Emirimu n'obuvunaanyizibwa obw'okulabirira omwana mu kyasa eky'abirimuekimu tebukyalina nsalo ez'ekikula ky'omuntu naye muntu kubeerawo na kubeera kumpi, era kati kyefaanaanyirizaa-ko obuvunaanyizibwa obw'emikisa egyenkana. Okukyusa pampa kusalibwawo n'ekiragiro ekya "ani gw'ewunyidde okusooka", si na kwewozaako okwaggwa ku mulembe nti "Kino kitange teyakikolako, kati lwaki nze nkikola?"

Okukozesa ebyakuŋŋaanyizibwa okuva mu 1965 ne 2011, Ekitongole ekinoonyereza (Pew Research Center) kyalaga mu 2013 nti bataata bazze beeyongera okukola emirimu gya waka n'okulabirira abaana okuva mu 1965, sso nga bamaama bazze bongera ku biseera by'okukola emirimu egisasulwa. Bye bakola bwe bityo bigenda bisemberagana. Mu 2012, ebitundu 64 ku buli kikumi ebya bamaama mu U.K. baali bakola, ate ebitundu 29 ku buli kikumi ebya bamaama baali bakola emirimu egy'enkalakkalira (Department for Education 2014).

Ekigambo "babysitter / yaaya," ekyakozesebwanga ku muwala eyaakavubuka, tekikyakozesebwa ku taata alabirira abaana nnyaabwe bw'abeera taliiwo, kubanga olwaleero naye yeetaba mu kulabirira abaana. Naye, wadde nga kino kyogeddwa, bataata tebenkanankanira ddala mu mbeera zonna ez'okulabirira abaana kuno. Obukulu bw'abakazi mu bifo ebikolerwamu kyaleetera abasajja n'abakazi okuddamu okwekenneenya emirimu egyabeeranga mu maka. Bombi bwe babeera awaka nga bakomyewo okukola, ani atuula wansi n'asoma amawulire, era ani ateekeddwa okuteekateeka emmere n'okuliisa, okunaaza, n'okwebasa abaana? Ensonga zino olwaleero zigonjoolwa na kukolera wamu mirimu: omuzadde omu ateekateeka emmere omulala nga bw'akola ku by'okunaaza n'okwebasa omwana. N'okukangvvula abaana kwennyini kwakyuka era kukolebwako mu ngeri eyeekyenkanyi. Bamaama tebakyatera kutiisatiisa baana na kubagamba ebyava ku mulembe nti "Linda kitaawo akomewo awaka." Okukangavvula kukolebwa na tteeka lya "ani asoose okulaba ensobi?" nga kuno kutikkula taata ow'omulembe guno eggugu lye yeetikkanga edda.

## Lwaki Wabeerawo Obutenkana?

KU LUDDA LWA BAMAAMA, ENSONGA ZINO WAMMANGA ZIWEEBWA OKUNNYONNYOLA LWAKI ABAKAZI BE BASINGA OKWETABA MU KULABIRIRA ABAANA:

- Abakazi tebaagala kwonoona bintu oba kuleetawo obutakkaanya.
- Abakazi be basinga okwekubiira ku ky'okulabirira abaana okusinziira ku ngeri gye bawangaazibwamu n'olwokuba nga bwe batyo bwe baatondebwa mu nkula yaabwe.
- Okuva ekitundu abantu mwe bawangaalira bwe kisooka okunenya omukazi singa wabaawo ebizibu ebiguddewo, abakazi bangi baba tebaagala kulekulira buvunaanyizibwa obwo.
- Abakazi bangi tebasalawo bulungi ku ky'okugabana obuvunaanyizibwa buno kubanga tebaagala bintu kubava mu ngalo, kino bakiraba nga okuba nga bajja kugabana akakwate ke balina ku baana n'omukwano gw'abaana, oba baba tabaagala ngeri omusajja gy'akolamu omulimu ogwo.

KU LUDDA LW'ABASAJJA, ZINO Z'ENSONGA EZIWEEBWA LWAKI TEBEETABA NNYO MU KULABIRIRA ABAANA:

- Ntya nti ekintu eky'akabi ennyo kiyinza okugwawo nga nze ndi mu mitambo.
- Sijja kusobola kutuukiriza byetaago bya mwana era sijja kusobola kwefuga.
- Nnyaabwe y'asinga okulabirira obulungi era eky'okulabirira sisobola kukikugukamu.
- Bwe mmalira ebiseera ebingi ku baana, nja kufiirwa akakisa k'okukuzibwa ku mulimu kubanga wajja kubaawo eby'okukola bingi n'obutaba na biseera bimala.
- Abasajja balina emikisa mitono okwetaba mu misomo gy'okulabirira abaana n'okubakuza mu ssomero.
- Abasajja balina eby'okulabirako ebirungi eby'okubeea abazadde.
- Abasajja tebalina nkola ebayamba mu mulimu gwabwe ogw'obuzadde.
- Bamaama abamu bamalamu amaanyi ekya bataata okwetaba mu kulabirira abaana okungi.

Wabula, bataata b'olwaleero bamalira ebiseera bingiko ku kulabirira abaana okusinga bakitaabwe bwe baakolanga, bwe kityo ne kirabika nga kati waliwo enkyukakyuka mu nneeyisa.

## Bataata Abatabeerawo Kye Bakosa Abaana

Okunoonyereza kulaga akakwate wakati w'obutabeerawo taata alabirira abaana n'emize gino wammanga mu baana:

1. Okukozesa ebiragalalagala n'okunywa ebitamiiza.
2. Okweyongera kw'ebikolwa eby'obukambwe mu basajja.
3. "Okulaga essajja okuyitiridde" mu balenzi abakuzibwa nga tebalina basajja kwe balabira.
4. Obuzzi bw'emisango mu bavubuka.
5. Obuzibu mu kumanyiira eky'abazadde baabwe okwawukana n'okuddamu okufuna obufumbo obupya.
6. Tebafa ku ngeri abalala gye bawuliramu n'ebyetaago byabwe.
7. Okukka kw'omutindo mu by'ensoma n'okweyongera kw'obutamalaako misomo.

# Endowooza Enkyamu N'ebintu Nga Bwebiri Ku Kya Bataata Abalabirira Abaana

## OLUKALALA OLULAGA ENDOWOOZA ENKYAMU NAYE NGA ETERA OKUTEEKEBWA KU BATAATA ABALABIRIRA ABAANA N'EBINTU NGA BWEBIRI

| ENDOWOOZA ENKYAMU | EBINTU NGA BWEBIRI |
|---|---|
| • Abakazi bulijjo be basinga okufa ku baana. | • Abaana bayinza okubeera ne bakitaabwe nga bwe babeera ne bannyaabwe. |
| • Mu myaka egisooka, abazadde abasajja si kikulu nnyo eri abaana, ekiseera kyokka kye beetaaga okukola ekinene nga abaana bakuze. | • Bataata ebikwata ku baana nabo bawulira bibakosa nga bamaama. |
| • Omulimu gwa taata ogusinga obukulu gwe gw'okubonereza abaana. | • Bataata Abamerika bazannya n'abaana mu ngeri yanjawulo okusinga bamaama: Bataata bazannya ebintu ebikozesa omubiri, bakozesa nnyo okukwata, era bamala ekiseera kiwanvu ku biseera byabwe bonna nga bazannya (ebitundu 40 ku buli kikumi sso nga bamaama ebitundu 25 ku buli kikumi). Parke 1996; Yogman 1981. |
| • Kubanga taata y'apakasa (y'atakabanira amaka), teyeetaaga, kumala biseera bingi na baana | • Bataata balabirira abaana: abaana abato abaafuna okufaayo kwa bakitaabwe baakolera waggulu waabulijjo ku kugezesebwa okuli ku mutindo ogumu. |
| • Abaana beetaaga okwekwata ennyo ku bannyabwe okusobola okukula nga balamu bulungi. | • Enkola y'ekizadde eya taata erina kyamaanyi ky'ekola ku ngeri abaana gye bawangaalamu n'abantu. Bataata abakozesa enkola ey'omukwano, etegeera abalala, era ekakata mu kuluŋŋamya empisa z'abaana baabwe, bavaamu abaana abakolera waggulu buli kye babaako. Bataata abatalaga baana mukwano, ababonereza, era abakozesa obuyinza batera oku-vaamu abaana abatayagala kwetongola, abatabeera mu bantu, era ababa abeeraliikirivu (abatya abantu). |
| • Nga omwana omulenzi saafuna nkolagana nnungi (ya kumpi) ne kitange, naye gye byaggweera nga ndi bulungi, n'olwekyo sseetaaga nkolagana ya kumpi na mwana wange. | • Siyinza kunenyezebwa olw'ebintu bye situukiriza bulungi nga taata, kubanga nange kitange bw'ati bwe yankuza. |
| • Bulijjo tubeera n'obuvunaanyizibwa ku bye tukola. Bazadde baffe tebaali kyakukoppa kirungi, tulina okunoonya abantu abatuufu okutwala nga eky'okulabirako. | • Okukola obulungi mu mirimu gyange ky'ekintu ekisingira ddala obukulu kye nnyinza okukola okuyamba amaka gange. |



## Ebyetaago Ebyenjawulo Eby'abalenzi N'abawala

Tewali amanyidde ddala oba butonde bwa muntu oba ngeri omuntu gy'aba yakuzibwamu ekireetera abalenzi n'abawala okubeera n'ebyetaago ebyenjawulo. Awamu n'ekyo, abazadde bayinza okubaako n'ekyamaanyi kye bakola mu kuyamba abaana baabwe okutuukiriza ebyetaago ebyo. Mu bitundu ebimu, emirimu egikolebwa okusinziira ku kikula n'enneeyisa egenderako binnyonnyolwa bulungi awatali kulekawo mwagaanya, naddala mu bifo ebisinga okubeera ebyavu mu bitundu ebyo. Omuntu amenya amateeka ago abeera alina okubonerezebwa.

WAMMANGA GE MAKUBO AGAMU AGAYINZA OKUYITIBWAMU OKUZZAAMU ABALENZI ABATO N'ABAWALA AMAANYI OKUTUUKIRIZA BYE BALINA OKUKOLA (BISIMBULIZIDDWA MU KITABO FRIEDMAN 1998):

### AKAWALA AKATO BYE KEETAAGA

***Okwekkiririzaamu:*** Abawala beetaaga okuzzaamu amaanyi buli kiseera n'ebigambo ebinnyonnyola ebitendo bazadde baabwe bye beetaaga bakuliremu: "Ekyo kyabadde kyabuzira bwe wayolesezza okuwalampa amadaala nga tewali akuyamba." Kikulu nnyo eri abaana abawala okumanya nti bazadde baabwe babakkiririzaamu, era nti bagezi abalina obusobozi obwenjawulo. Abaana balina okuweebwa emikisa egyenjawulo okubeera abakulembeze, okugeza, nga balekebwa okulondawo eky'okukola,

okwekolera amateeka, n'okugonjoola enkaayana. Omuwala ayize okukulembera aba yeeteeseteese okwekolera ku kusoma kwe n'emirimu gy'ayagala okukola ebimukwatako.



***Okwemalirira:*** Kikulu abawala abato okuwulira muli nti balina obusobozi nga bayita mu kukkirizibwa okukola byonna bye basobola okukola nga beemaliridde – okusitula ekikopo ky'omubisi, okwesanirira enviiri, okuzannya omuzannyo gw'okuzimba ekizimbe nga bakozesa obutoffaali awatali kuyambibwako. Abawala balina okujjukizibwa nti abakazi bangi bayinza okukola emirimu egisasulwa mu biseera byabwe ebisinga obunene mu bulamu, n'olwekyo, buli muwala yeetaaga okweteekateeka okweyimirizaawo. Abazadde bayinza okubaggyirayo eby'okulabirako eby'abakazi abaamannya abagatta okukola kwe basasulwa, ebintu eby'obwannakyewa, n'obulamu bw'amaka.

***Enkolagana Ekwata ku Bbanga n'Okukwanaganya Ebintu:*** Abawala balina okuweebwa eby'okuzannyisa ebitali bimu, nga mwemuli ebimotoka ebyaloore n'obumotoka obutono, obutoffaali obukozesebwa okuzimba, amazzi ag'okuzannyisa, emipiira egyenjawulo, n'ebintu by'okuzannyisa bye bayinza okuvuga n'okuwalampa.

***Amaanyi mu Mubiri (Obutakoowa mangu):*** Abazadde bayinza okuzannya emizannyo egyaddala ne kawala waabwe (okugeza okwavula, okulamba n'okumeggana). N'abawala abakyali abato ennyo okukola emizannyo emiteeketeeke bayinza okuganyulwa mu kutereeza awaseerererwa, okudduka emisinde, n'okwefuula. Abazadde bateekeddwa okwewala okuyamba omwana; mu kifo ky'okukola ekyo, bayinza okubawaga okwekyafuwaza, okutankuula enviiri n'ebirala, n'okutuuyana nga bawalampa emiti oba okuzannyira mu muddo, bwe batyo ne bamuyamba obutafuna kuwulira muli "kwenyinyala". Era yeetaaga okuwagirwa okuzannyisa ettaka oba okwetaba mu miznnyo egy'ebweru w'ennyumba.

***Obukugu mu Kusalawo:*** Abazadde balina okuleka kawala kaabwe okusalawo n'okutwala obuvunaanyizibwa bw'ekyo kye kaba kasazeewo. Nga omwana ayiga okutambula, alina okukkirizibwa okulondawo ekikopo oba essowaane gy'ayagala okukozesa ku mmere era okusalawo mukwano gwe ki gw'ayagala okuyita bazannye.

***Okwagala Okumanya:*** Abawala beetaaga okuweebwa emikisa gyonna okuvumbula ebintu ebibeetoolodde. Bwe babeera amabujje oba abayiga okutambula, awaka wateekeddwa wonna okubeera nga tewali kiyinza kutuusa bulabe ku mwana olwo asobole okwetaaya mu nnyumba nga bw'ayagala. Abazadde era bayinza okutwala kawala kaabwe ebweru kalabe ensi nga bw'efaanana – mu tterekero ly'ebitabo, paaka, awakuumirwa ebisolo, amaduuka amanene, n'ebifo eby'okusinzizaamu. Abazadde bayinza okubuuza essomero abaana baabwe mwe basomera oba lisobola okutegekera abaana okulambula amasamba, amakolero, amabajjiro, amalimiro, kkooti z'amateeka, n'ebifo ebirala omuli ebintu eby'omugaso mu kuyigiriza abaana.

***Endabika Y'omubiri:*** Abazadde bateekeddwa essira okulissa ku biki omwana by'atuuseeko okusinga ku ndabika ye. Kiba kisingako okwogera ennyo ne kawala kaabwe ku biki bye kayinza okutuukako okusinga butya bwe kalabika obulungi mu kiteeteeyi kyako. Eky'okulabirako, bayinza okugamba nti, "Wakoze omulimu ogwettendo," mu kifo ky'okugamba nti "Onyiridde nnyo olwaleero."

***Obukugu mu Kwekenneenya:*** Abaana bwe balaba terefayina ne filimu, bazadde baabwe bayinza okubasomesa okukikola n'eriiso ejjogi. Bayinza okukubaganyiza awamu ebirowoozo n'okulaba ebintu "ebikwatagana n'ebyedda" Okugeza, tandika okukubaganya ebirowoozo ku ndabika y'omubi-ri. Lowooza ku ngeri abawala gye balabikamu ku terefayina: Abawala abanene balagibwa nga be baataagalwa nnyo? Baleetebwa nga eky'okusesa n'okumalako abalabi ekiwuubaalo? Abawala abasikiriza balagibwa nga eky'okusendasenda abasajja? Balabika bulungi?

***Okubala N'ebitone Ebyassayansi:*** Abawala beetaaga okuweebwa omukisa okukozesa sayansi, okubala,

ne tekinologiya. Wadde nga abawala babeera beetegefu, nga baagala, era nga bajjumbira okuvumbula ebiri mu nsi, ebiseera bingi baba tebafuna kakisa kubiragibwa oba obuwagizi.

***Beera eky'okulabirako:*** Bamaama, bassenga, bamaama abato, n'abooluganda abakazi abalala bwe beewa ekitiibwa ne bakiwa n'abakazi abalala, baba bateekawo omutindo abaana abawala gwe bayinza okugoberera. Bwe batyo bayinza okumalawo enkola eyamanyiirwa ewaga abawala okubeera "sukaali n'ebirungo na buli kintu ekirungi."

## AKALENZI AKATO KYE KEETAAGA



***Omusajja Omwana Gw'ayinza Okukozesa Nga Eky'okulabirako:*** Abasajja babadde bajja baddamu okutereeza endaba zaabwe ku kikula ky'omuntu mu nsonga zaabwe ku bwabwe n'obulamu bw'emirimu mwe baatendekebwa, n'okulwanagana n'ebintu ebikwata ku kye bali, omwenkanonkano, n'ebyokwegatta. Mu mulembe omuli bataata abatabeerawo abagenda beeyongera, abalenzi bwe batayigira ku basajja be bayinza okutwala nga eky'okulabirako, olwo baba bajja kuyigira ku by'obuwangwa ebisinga okujjumbirwa (okugeza emizannyo ne terefayina) nti okubeera omusajja kinnyonnyolwa na bintu bina: ekikula, ebikolwa eby'ekikambwe, emizannyo, n'ebintu omuntu by'alina. Nga abalabirira abaana, abazadde bayinza okuddamu okulowooza ku nkolagana wakati w'abakazi, abasajja, n'abaana abalenzi. Abasajja bateekeddwa okugezesa ebintu ebyali bitwalibwa okuba mu by'obuwangwa eby'abakazi okuva edda: okugabana engeri gye bawuliramu, okuwa obuwagizi mu mbeera omuntu gy'abaamu, n'okukola ku kitone ky'okunyumyamu. Omwana omulenzi bw'ajja eri kitaawe n'agamba nti omwana omulala amukuba, taata ayinza okufumiitiriza butya emboozi eyo bw'eyinza okulabika wakati wa maama n'omwana omuwala, ebimu ku ebyo n'abiteeka mu kukubaganya ebirowoozo n'omwana omulenzi.

***Okulaga Omukwano ogwannamaddala:*** Abalenzi abato beetaaga nnyo okulerebwa nga abawala abato, n'olwekyo abazadde beetaaga okuweeweeta omwana omulenzi omuto bw'aba akaaba. Era balina oku-waayo ekiseera okuzannya emizannyo egitali gya kukakaalukana n'omulenzi, n'okugenda mu maaso n'okumuwa ebbugumu omwana bw'agenda akula. Obukugu mu Kwogera: abazadde bulijjo balina okwogera ne mutabani waabwe, ne bwe babeera ebbujje. Amaloboozi gaabwe gaba gajja kumuwa emirembe era gamuyambe okukulaakulanya olulimi lw'ayogera.

***Okulowooza ku Balala:*** Kikulu abazadde okunnyonnyola mutabani waabwe ebikolwa bye engeri gye biba bikosezzaamu abantu abalala. Omuwala bwe yeeyisa obubi, bamugamba nti alina omuntu omulala gw'atawaanyizza, naye abalenzi bo babonerezebwa bubonerezebwa. Abaana bwe bakangavvulwa, batera essira okulissa ku ngeri gye banyizeemu mu kifo ky'okuyiga enneeyisa yaabwe embi ky'ekoze ku bazadde baabwe n'abo be bazannya nabo.

***Obukugu mu Kugonjoola Obutakkaanya mu Mirembe:*** Abalenzi beetaaga okuweebwa engeri ennungi ez'okugonjoolamu obutakkaanya. Bwe beenyigira mu kukuba n'okulwana, nga bangi abali ku mutendera gw'okutandika okutambula bwe batera okukola, abazadde balina okunnyonnyola nti okulumya tekugumiikirizika era ne bababuulira engeri endala ze bayinza okulagamu obusungu bwabwe.

***Okutwala Obuvunaanyizibwa ku Bikoolwa Byabwe:*** Kikulu okwewala okukozesa enkola ya kirumirampuyibbiri. Abazadde bwe basanga enneeyisa etekkirizibwa nga evudde mu bawala, engeri y'emu gye bakwatamu ensonga gye balina okukozesa ne ku mwana waabwe omulenzi. Tebayinza kwewolereza nti "abalenzi bajja kuba balenzi" okusobola okwewolereza mu butakozesa bwabwe kisa.

***Okulaga Embeera Yaabwe Gye Bawuliramu:*** Abalenzi balina okuwagirwa okulaga engeri embeera gye babaamu munda, nga mwemuli n'okukaaba. Abalenzi bwe balekebwa okukkiriza nti ennaku yaabwe erina kugumirwa, baba bajja kuyiga okukukulira embeera gye baba bawuliramu munda nga bakuze.

## Engeri Ey'amagezi Ey'okukwatamu Enjawulo Z'ekikula

Abazadde bayinza okuyamba okusobozesa abaana baabwe okuwulira obulungi ku kwawukana okw'ekikula okw'omulenzi n'omuwala.

- Muwala waabwe bw'abaako ne ky'ayogera ne by'avumbudde ebipya ku bikwata ku by'okwegatta mu byobufumbo balina okukikwata mu ngeri eruŋŋamya obulungi.
- Abazadde bayinza okuba n'ekifaananyi eky'enneeyisa gye baagala abaana baabwe okuyiga. Okugeza, bayinza okukasa nti mutabani waabwe alaba Maama nga akozesa akuuma akasaawa omuddo, nga avuga mmotoka ne Taata nga asiimuula, afumba, oba ayoza ebintu. Mu mawanga agamu abakazi be bakola emirimu egisinga okuba egy'amaanyi (okugeza okwetikka amazzi).
- Abazadde bayinza okuwa abaana eby'okuzannyisa ebiteeyawulidde kikula kimu. Abaana abayiga okutambula balina bingi bye bayiga ku nneeyisa ya baannaabwe nga bye bayiga ku bazadde baabwe, n'olwekyo abazadde balina okukolera awamu ne bazadde bannaabwe.



## Okutabula Ekikula N'okuva Mu Mbeera

Abazadde abasinga obungi bakkiriziganya n'abakugu mu ndowooza z'abantu nti omuntu okubeera omusajja oba omukazi ennyo si ly'ekkubo erisinga obulungi. Abalenzi n'abawala bonna beetaaga okubeera abekkiririzaamu, ERA abatali bakalubu, abalengera ewala ERA abataganjula ensonga. Awamu n'ekyo, abazadde bangi bafaayo nnyo omwana waabwe bwe yeeyisa mu ngeri "eteri ya kikula kye". Taata atya mutabani we bw'ayagala okuzannyisa bi ddole by'abawala ate maama tawulira mirembe muwala we bw'agaana okwambala ebiteeteeyi bye (Kessler ne McKenna 1978). Kyonna ku bino kibeera kikulu kitya? Kitegeeza ki?

Buli omu mu ffe azaalibwa n'engeri eyenjawulo gye yeeyisaamu nga waliwo ekiguddewo. Enneeyisa bw'etyo y'ekolebwa nga yeeyawulidde engeri gye tweyisaamu ku bintu ebigenda mu maaso ebitwetoolodde. Enneeyisa ze zitera okusalawo bintu ki ebitusikiriza n'ebintu bye tutayagala. Abaana abato abamu balabika okuba nga baagala nnyo abantu era nga babafaako nnyo (nga kibanguyira okubatunuulira mu mmunye era ne bamwenya bwe babamwenyeza). Abato

**Abazadde balina okutegeera bino wammanga:**

- Faayo enneeyisa y'enzannya y'omwana wo bw'ebeera nga tekyafugibwa era nga tekyasobola kukyusika. Kintu kimu omwana (omulenzi oba omuwala) okwagala okuzannya ne ddole z'abakyala ezinyirira oba okwambala engoye z'abakyala. Kirala singa ekyo kyokka omwana ky'aba ayagala oba nga omwana azannya mu ngeri ekiddiŋŋana ennyo.
- Mu mbeera ezitali za bulijjo, abaana abatali basanyufu baba bajja kwogera ku kwegomba kwabwe nti emibiri gyabwe, naddala ebitundu ebyekyama, byali si bye balina. Abazadde balina okukitwala nga kikulu singa omwana waabwe agezaako, oba waakiri n'ayogera bwogezi ku, kukutulako ebitundu by'omubiri gwe. Mu mbeera bw'etyo, kiba kikulu okunoonya okuluŋŋamizibwa okw'ekikugu.
- Abazadde tebeetaaga kufuula enneeyisa y'abaana baabwe okubeera obulwadde. Omwana waabwe omulenzi oba omuwala bw'abeera si musanyufu, oba omulwadde w'ebirowoozo, oba omweraliikirivu, olwo aba alina okutwalibwa eri omukugu mu ndwadde z'ebirowoozo eyakuguka mu kizibu ky'ebirowoozo by'abaana abalwadde b'ebirowoozo n'okweraliikirira.
- Okujjanjabisa eddagala kyabulabe. N'olwekyo, si kyamagezi okuwa abaana eddagala sso nga okubajjambisa ebigambo kiba kyamagezi.
- Tekyetaagisa okunenya buli gw'osanze. Kisoboka okuba nga omwana by'akulembeza ebitali byabulijjo tebiva ku kintu ekyenjawulo abazadde kye baba abakoze.

abalala basinga kusikirizibwa bintu ebirabika oba amaloboozi (amaaso gaabwe gatunuulira enkaliriza kiddole ekivaamu eddoboozi ekirengejja).

Ekizibu kijja abazadde bwe batandika okukkiriza nti enneeyisa yeeyawulidde bya kisajja oba kikazi. Kino kiyinza okwongera okwonoona embeera. Okugeza, singa omuzadde agamba omwana omulenzi gw'asanga asiiga enjala langi eya pinka nti, "olowooza oli kiki – muwala?" omwana ayinza okulowooza mu bukyamu nti bw'aba ayagala okukozesa "ebintu by'abawala" olwo aba alina kuba muwala. Ayinza okutandika okwogera nga bw'ayagala okubeera omuwala oba nti "ddala" ye muwala. Kino ekirowoozo kimusigibwamu bazadde be nga tebagenderedde. Abawala bangi abanyumirwa amaloboozi n'obuvuyo obukolebwa mu muzannyo "rough and tumble". Omuwala bw'aba ayagala okubeera nga akozesa omubiri era nga anyumirwa emizannyo gy'okukakaalukana, abazadde bayinza okumulaba nga "atali mukazi" bulungi sso nga ensonga eri nti alina enneeyisa esikirizibwa amangu amadaala agaawaggulu ag'ebintu ebimwetoolodde ebikyamula.

Okutabulwa kw'enneeyisa n'emirimu egisuubirwa okukolebwa ekikula ekyenjawulo kirina ebizibu naddala ku balenzi. Abalenzi bafuna okwanukulwa okubi bwe beetaba mu mizannyo "gy'abawala" okusinga bwe kwolekezebwa abawala bwe beetaba mu mizannyo "gy'abalenzi". "Sissy" kabonero akatiisa okusinga "tomboy." Kubanga akabonero ke "ekisajja" kaweesa ekitiibwa kinene mu kitundu okusinga "ekikazi," omusajja okugaana okweyisa nga omusajja n'asalawo okweyisa mu ngeri emukkakkanya "ey'ekikazi" kintu ekitwalibwa obubi ennyo abantu. Abazadde bateekeddwa okwagala batabani baabwe ne bawala baabwe. Abaana bakula bulungi bwe babeera n'enkolagana ennungi era ezzaamu amaanyi ne bazadde baabwe, era abazadde nga baagala abaana baabwe okufuuka abafaayo, abavaamu ebibala, abalamu mu mubiri, era abantu abasanyufu.

## Abawala N'abalenzi Bayiga Mu Ngeri Za Njawulo

"Okuva ku kiseera nga tebannatandika kugenda ku ssomero, abalenzi n'abawala bayingiza mu mutwe bye bawulira mu misinde gyanjawulo, olw'ensonga ezenjawulo, n'ebipimo by'obusobozi byanjawulo" (Gurian 2001). Abalenzi abato bayinza okuba nga bajjumbira nnyo ebintu ebikalu, sso ng abawala abato bayinza essira okuliteeka ku bantu n'enkwatagana. Mu ssomero erya pulayimare, abalenzi we bafunira ekiseera ekyangu nga okulaba Bufaransa ku maapu, abawala bayinza okufuna okwanguyirwa okuyiga Olufaransa. Omulenzi aba ajja kusinga ku muwala mu kukola embuga awali okwanukula okutuufu, sso nga omuwala aba ajja kusinga mu kuwuliriza ekibuuzo n'okuwandiika ekiddibwamu. Ebyembi nti abalenzi n'abawala bakyayisibwa nga bali nga abayiga mu njiga y'emu, ekintu ekivaamu okweyisa obubi n'okulemererwa.

Abasomi abanafu bangi bayinza okukyusibwa singa tukkiriza bukkiriza enjawulo wakati w'abalenzi n'abawala ne tuddamu okweyigiriza engeri gye tubayambamu okukola obulungi. Amakubo ga Michael Gurian amalungi gazze gakozesebwa okukyusa abayizi abakola obubi ne bafuuka abasinga okukola obulungi. Amakubo ge gayinza okugasa buli kibiina kubanga essira alissa ku maanyi g'abalenzi n'abawala era n'alongoosa we balina obunafu.

***Ku bawala:*** Abazadde beetaaga okwongera amaanyi mu mirimu gyabwe egy'obukulembeze, okuzannya emizannyo egikwatagana n'okutambuza ebintu, okuganyulwa mu bukugu bwabwe mu kuwandiika; okuwagira okukozesa kompyuta n'okuzikugukamu; n'okubawagira mu kuyingira empaka z'okubala ne ssayansi.

***Ku balenzi:*** Abazadde beetaaga okubawagira okukozesa amaanyi gaabwe mu kulongoosa, okuyamba, n'okutereeza ebintu ebibeetoolodde; okubayamba okukkiriza engeri gye bawuliramu okugeza obusungu, ennaku, n'essanyu; okubanyumiza emboozi n'okubafumira engero okutumbula obukugu bwabwe obw'obwongo obufumiitiriza n'obukugu mu kwogera; okukkiriza okukola ebintu (okuviira ddala ku kugwa mu kifuba okutuuka ku kwefuula); okusomesa ebikwata ku by'amawulire; n'okubasobozesa okwetaba mu kugonjoola enjawukana n'okutendeka abantu. Eky'okwawula ebyenjigiriza okuzimbirwa ku kikula ky'abantu kintu ekitakkiriziganyizibwako. Wabula, okuva abalenzi n'abawala bwe bayiga mu ngeri eyenjawulo, bwe kityo kyetaagisa okukozesa amakubo g'okusomesa agenjawulo mu bibiina, lwaki tetukozesa ebibiina ebyenjawulo okusobozesa okuyigiriza okugya mu biseera era okuleeta ebibala? Butya bwe tugenda okukozesa amakubo abiri agenjawulo mu kibiina ekimu mu kiseera ky'ekimu? Kisobola okukoleka? Era bwe kiba kisoboka, muwendo ki ogwetaagisa mu biseera, ssente, n'okufuna ebibala ebisuubirwa?

Ye Michael Gilbert (2007) awa amagezi ag'okukozesa amasomero ag'ekikula ekimu. Bye yawandiika nga akozesa Omutimbagano gwa kompyuta bireeteddwa wammanga mu bufunze era nga tukozesa bigambo byaffe:

> Abalenzi bangi nnyo abasigalidde emabega w'abawala era abatamalaako misomo. Abavubuka abasobola okutuuka mu yunivasite beesanga nga be batono, nga abawala babasingira wala mu muwendo, kumpi buli bakazi basatu ku basajja babiri. Mu myaka gy'enkaaga, olw'okutya nti okwawula kitegeeza kubulawo mwenkanonkano, n'okumenyawo ebintu ebikwata ku kikula ky'abantu ebyali bibunye buli wamu, abakola ku kuteekateeka baasalawo okutabula abalenzi n'abawala ku myaka emimpi nga bwe kisoboka. Mu 1965, ebibiina mu masomero ga gavumenti mu Amerika byali bibeeramu abayizi ba kikula kimu; we gwatuukira omwaka 2000 ebibiina bitono ddala ebyasobola okuwonawo.
> Okusoma okwekintabuli kuleetawo obwetaavu bw'ebikozesebwa mu kusomesa ebitatunuulira njawulo mu kikula ky'abayizi n'okugezesa mu ngeri efaanana n'ebipimo

by'enneeyisa ebifaanagana. Ekiva mu ekyo, mu kkubo ly'okumalawo okulowooleza mu kikula buli wamu mu masomero, "okwenkanankana" kwakyusibwa ne kufuulibwa "abafaanana." Naye waliwo ekizibu: abalenzi n'abawala tebafaanana. Tebatumbuka mu neri y'emu oba mu kiseera ky'ekimu. Abazadde abasinga obungi bakimanyi nti abalenzi bakula mpola mu buli kintu okutandikira ku bigambo bye bakozesa okutuuka ku kukozesa ekkalaamu, ne mu kintu ekitono nga okutuula awamu obutenyeenya.

Abalenzi mbulakalevu mu U.S. bwe batuuka ku ssomero olwaleero, bayingira mu nsi ebuutikiddwa abasomesa n'abaddukanya essomero abakyala. Omuwendo gw'abasomesa abasajja mu masomero ga gavumenti kati guli wansi nnyo okusinga bwe gwali gubadde mu myaka 40 egiyise. Abawala ababeetoolodde babasinga okusoma amangu, babasingako okufuga ebivaako embeera z'ebirowoozo, bawulira bulungi n'enjigiriza eyaaleero essa essira ku kuyambagana mu kusoma n'omuntu okulaga bw'awulira munda. Abalenzi bbo basinga kwettanira kukola ku birabwako era tebafuga bulungi mikono nga abawala nga bakyali mu bibiina ebyawansi. Tewali kintu kikolebwa mubiri, okuvuganya, oba ebintu eby'emizimbo abalenzi bye batera okwettanira. Abalenzi basobola okukola kumpi buli kintu okuggyako okulaga bwe bawulira munda.

Abalenzi balina ekizibu ebirowoozo okubimalira mu kibiina. Ebiseera ebisinga tebafa ku bibalagirwa okugoberera nga bakola eby'omu kibiina era bamala geekolera ebiba bibaweereddwa. Balabika okufuna ebizibu mu kukula emirundi ena ku esatu ku kiyinza okutuuka ku bawala, era emirundi ebiri ku gumu okulangirirwa nga abatasobola kusoma. Bangi bakangavvulwa olw'okuyitawo mu kukozesa amaanyi. Abalenzi baweebwa eddagala olw'okweyisa nga abalenzi (1 ku 5 abalenzi abeeru ebiseera babimala ku ddagala eryamaanyi eriyitibwa Ritalin). Bayinza n'obutakkirizibwa okudduka mu kiseera ky'okuwummulamu. Kino kitegeeza nti abalenzi batandika bubi, balemererwa okutuuka ku mutindo, era ebiseera bingi bakyawa essomero.

Abalenzi abali mu bibiina ebyawansi balabika ebitundu 50 ku buli kikumi okweyongera ku bawala okuddamu omutendera ogwo ate abalenzi ebitundu bibiribyakusatu abalemwa okusoma okusinga ku bawala. Abalenzi okuva mu bantu abatono ne bamufunampola be basinga okukosebwa mu kino. Gye biggweera, enkola y'ebyenjigiriza ebya Amerika ekola eggye ly'abasajja abaakavubuka abatatendekeddwa bulungi era nga tebeetaaga kwongera mu maaso kusoma kwabwe, wadde nga kino kye kikola ku nfuna yaabwe ey'ebiseera eby'omu maaso eri mu biwandiiko. Kino kibi eri abasajja, abakazi, n'ebyenfuna by'ensi eby'omu maaso. Margaret Mead, mu balala abayivu mu by'abantu n'ensibuko zaabwe, yatutegeeza nti ebyobuwangwa byonna ebyakulaakulana ku misinde egyawagglu byatendeka era ne biteekateeka abalenzi n'abawala nga bibaawudde buli bamu bokka.

Ku masomero 90,000 agagatta abayizi mu America, amasomero ga lukale agatawera 250 ge gaasalawo okubeera ag'abayizi ab'ekikula ekimu mu bitundu 33. Enkola ey'okusomesa abaana ab'ekikula ekimu yakoma dda okujjumbirwa mu masomero g'eddiini n'agabantu obuntu.

Amasomero g'abayizi abeekikula ekimu ag'obwannannyini gaatandika dda okweyongera amaanyi. Abali mu mutendera ogwokuna mu masomero agatandikirwako mu Florida gatwalibwa mu bibiina ebirimu abaana ab'ekikula ekimu. Abawala n'abalenzi beeyongera okukola obulungi mu ngeri eyeewuunyisa mu kugezesebwa mu kuwandiika. Okunoonyereza okuzzaamu amaanyi kwakolebwa mu U.S., Canada ne Ireland. Abalenzi n'abawala beeyongera nnyo okukola obulungi bwe bawonyezebwa okuvuganya n'okuteekebwa mu kanyigo mu bibiina ebyawamu, n'ebizibu by'okuzza emisango bikendeera. Waliwo ebirungi ebiva mu by'enjigiriza ebyawula abalenzi n'abawala eri abalenzi n'abawala, omuli okukola obulungi mu kuyiga olu-

limi olugwira, ekiseera kinene ekikozesebwa ku kukola ebiweebwa abayizi okukolera awaka, n'okweyongera okwagala okusoma. Alipoota y'ekitongole ky'ebyenjigiriza ki National Association of State Boards of Education's (NASBE) 2002, eraga nti mu masomero agaawula abayizi ab'ebikula ebyenjawulo "birina kinene kye bikola ku bawala n'abayizi abava mu bantu abatono ab'ebikula byombi."

## Okwawula Abalenzi N'abawala Mu Maso-Mero Ne Mu Bibiina

Greene County, Georgia, USA lyali liteekateeka okufuuka essomero erisooka mu district mu Amerika okufuuka essomero eririmu ekikula ekimu, nga abalenzi n'abawala basomera mu bibiina byanjawulo. Kino kyagwawo nga wayise emyaka mingi nga abaana bakola bubi, nga omuwendo gw'abatamalaako gweyongera kubeera waggulu era nga omuwendo gw'abawala abafuna embuto guli waggulu. Abazadde bangi n'abasomesa baawakanya enkyukakyuka eno nga ensonga eva ku buteebuuzibwako era enteekateeka yakomezebwa.



Omulondoozi w'amasomero McCollough yali yagamba nti abalenzi n'abawala basoma mu ngeri ya njawulo era nti okubaawula kusobozesa abasomesa okubawa amasomo agabagyamu. Ara abalenzi baba tebajja kweyisa bubi nnyo kubanga baba tebalina bawala be bagezaako okwekolerako babawaane, ate n'abawala baba balabika okwogerera waggulu mu kibiina kubanga baba tabajja kwagala kulabika bulungi mu balenzi. (India Times 2008)


Ebibiina ebyawula abayizi biruka ebisomebwa okusinziira ku maanyi n'obunafu bw'ebikula by'abayizi. Abawala n'abalenzi bayiga mu ngeri zanjawulo era baba bajja kukola bulungi singa ebibiina biba biteekateekeddwa okusinziira ku byetaago byabwe. Sax (2006) ayogera nti nga eggwanga, tetutegeera njawulo eziri mu bikula ebyenjawulo era tukitwala nti si kituufu okuzoogerako olw'ebyobufuzi. Ekiva mu kino, amasomero tegayamba bayizi okukozesa obusobozi bwabwe bwonna. Tusindiikiriza abawala ebweru w'amasomo ga sayansi, abalenzi ne tubasindiikiriza okuva mu masomo g'okusiiga ebifaananyi n'ennimi nga tetugenderedde. Gurian (200) alaga nti abalenzi tebawulira bulungi nga abawala era nti abawala bafa nnyo ku kitangaala okusinga abalenzi. Abalenzi bulijjo beetaaga okwetaanya n'okubaako kye bakola okusobola okusigala nga bali bulindaala, sso nga abawala batera okukola ekibagambibwa n'okufaayo. Obukodyo obwenjawulo bukozesebwa okusobola okubaako n'ekikolebwa ku njawulo ezo. (Chandler and Glod 2008).

Tuwa ebirowoozo enkola eyakola obulungi mu ssomero lya International Islamic University, Malaysia (IIU) ku mitendera ogutandikirwako, ogw'omu makkati, n'ogwawaggulu y'eba egobererwa:

1. Okuva ku masomero agatandikirwako (nursery) okutuuka ku ddaala ery'okusatu tewali kwawula wakati w'abalenzi n'abawala, era abasomesa bakazi.
2. Okuva ku ddaala ery'okuna okutuuka ku ly'omukaaga: abalenzi n'abawala basomera mu bibiina byanjawulo naye mu ssomero limu. Okwetabula kukkirizibwa mu bikolebwa era ne mu kuwummulamu. Wabula, abalenzi n'abawala bayinza okubeera awamu mu kibiina ky'ekimu naye nga batuula ku njuyi zanjawulo nga bwe kiragiddwa:


**Enteekateeka Y'entuula mu Kibiina bwe Yandibadde (Eddaala 4 okutuuka ku 6)**

Abalenzi Abawala



3. Eddaala ey'omusanvu n'eryomunaana: amasomero agenjawulo ag'abalenzi n'abawala, era abasomesa babeere baakikula ky'ekimu nga eky'abayizi. Emyaka gino egibeera wakati wa 13 ne 14 myaka egigendera ennyo ku mutendera gw'okukula kw'abaana era abaana baba bagezesa n'okuyiga okukula mu mitendera. Kiba kyabulabe okubatabula nga tebannategeera bukulu bwa kukozesa bubi eky'okwegatta mu byobufumbo.





4. Eddaala ery'omwenda okutuuka ku ly'ekkuminabiri: amasomero agenjawulo agalimu abasomesa ab'ekikula ekifaanana ne be basomesa.

5. Ebyenjigiriza bya Yunivasite: abalenzi n'abawala basomera mu kibiina kimu naye nga batuula mu nnyiriri bbiri. Ku myaka gino, abavubuka beeyisa mu ngeri yabuvunaanyizibwa. Bayinza okusalawo obulungi abagenda okubeera bannaabwe mu bufumbo mu biseera eby'omu maaso, naddala ebitongole mwe bali n'abazadde nga babayamba n'okubaluŋŋamya. Kino kikola bulungi mu IIU, essomo ku buzadde mwe liri ery'obuwaze eri abayizi bonna.



## Obuzadde N'ekikula Ky'abantu: Nga Twogerera Mu Busiraamu

Obusiraamu bwe bwajja mu 610 CE, eby'obuwangwa by'Abawalabu byali bibuutikiddwa basajja n'okwagala eggwanga okutaliiko kakwakkulizo; okuzaala omwana omuwala kwali kivve na butabeera na kitiibwa.

> *Nga omu ku bo bw'aba aweereddwa amawulire ag'okuzaalirwa omwana omuwala, ekyenyi kye kisigala kifumye era nga ajjudde okwennyamira.* (Kulaane 16:58)

Kulaane kye yakkaatiriza kwe kuba nga Katonda awa ekirabo ky'olulyo, oba bonna bawala, bonna balenzi, oba batabule abalenzi n'abawala.

Nnabbi ﷺ yawa amawulire amalungi eri abazadde b'abaaana abawala abaabakuza obulungi:

> Yenna alina abawala abasatu oba bannyina, oba abawala ababiri oba bannyina ababiri, n'awangaala nabo mu mpisa ennungi, n'atya Allah ku bibakwatako, ajja kuyingira Ejjana. (AL-BUKHAARI NE MUSLIMU)

> *Abange mmwe abantu! Ddala Ffe twabatonda mu musajja n'omukazi ne tubafuula amawanga n'ebika mumanyagane (sso si kunyoomagana). Ddala oyo abasinga ekitiibwa eri Katonda ye oyo abasinga okutya (Katonda). Ddala Katonda amanyi buli kimu, Mukenkufu nnyo.* (Kulaane 49:13)

Abantu bonna bazzukulu ba musajja omu (Adamu) n'omukazi omu (Eva).

Bwe kituuka ku mirimu egikolebwa abantu ab'ekikula ekyenjawulo, Nnabbi ﷺ yateekawo endowooza eno n'enkola ebitaliiko kiseera mu makkati g'ekitundu kya Buwalabu ekyali kibuutikiddwa abasajja:

Abasinga obulungi y'oyo asinga okubeera omulungi eri amaka ge era nze nsinga obulungi ku bikwata ku maka gange. (AL-TIRMIDHI NE IBN MAAJAH)

Nnabbi ﷺ yakolanga emirimu gy'awaka:

Ayisa ne Ummu Salamah baanyumya ku Nnabbi ﷺ nti yalongoosanga engatto ze, yatunganga engoye ze era n'akola abasajja bye bakola mu maka gaabwe. (AHMADA)

Nnabbi ﷺ teyayawulamu mirimu mu biti ebyenjawulo nga "emirimu gy'abakazi" ne "emirimu gy'abasajja." Bwe kyatuuka ku bintu ebikwatagana n'obutonde ogw'obwamaama, okufuna olubuto, n'okuyonsa, Kulaane yateekawo obuvunaanyizibwa ku musajja obw'okuyamba omukazi mu ngeri yonna, mu bintu ebikalu ne mu mbeera y'ebirowoozo ebivaako enneeyisa, eri maama n'omwana. Okwongera ku ebyo, Nnabbi ﷺ yawa bamaama ekitiibwa ekisembayo, sso si taata:

**Ejjana eri wansi w'ebigere bya bamaama. (Ahmada, al-Nasaa'i, ne Ibn Maajah)**

Nnabbi ﷺ yatumbula omwenkanonkano gw'abantu era n'afuuka eky'okulabirako eky'okukola emirimu gy'awaka mu bulamu bwe ekiyinza okutwalibwa nga ekyali kireeta enkyukakyuka bwe kyabeera mu by'obuwangwa by'Abawalabu ne Bamusinzabibumbe abaala bafiirawo ku bikwata ku kika n'ebyobuwangwa era nga eby'obuwangwa byonna bibuutikiddwa basajja.

**Bwe kituuka ku kintu ekikulu eky'okwegatta, Obusiraamu bulambulukufu ku kuziyiza okwegatta mu by'obufumbo wabweru w'obufumbo wakati w'omusajja n'omukazi. Eteeka lino lya kukuuma maka n'ebitundu abantu mwe bawangaalira obutafuna bulwadde n'obutasaanawo. Obusiraamu tebusaagira mu nsonga zino, era buggalawo amakubo gonna agatuusa ku kwegatta okutakkirizibwa mu mateeka (okugeza ebitamiiza, ebiragalalagala, okuzannyazannya mu ngeri esikiriza okwegatta, n'okusigula). Abooluganda bwe baweza emyaka ekkumi, olwo baba balina kwebaka mu buliri bwanjawulo okutangira ebintu ebiyinza okuvaamu okwegatta mu by'obufumbo.**

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

Abaana bwe baweza emyaka musanvu, mubayigirize okusaala, ate bwe baweza emyaka kkumi egy'obukulu, mubakangavvule [basobole okusaala nga bwe kyetaagisa]; era mubaawule mu buliri.

(AHMADA NE ABU DAWUDA)

Obusiraamu buteekateeka abawala okukola omulimu gw'obwamaama n'okulabirira abaana abato, awamu n'emirimu egiri ebweru w'amaka n'ebintu ebikwata ku bantu bonna (nga mwemuli n'okwetaba mu by'ekijaasi). Abakazi mu biseera bya Nnabbi ﷺ, baalwanira wamu naye. Abaana baabwe bwe batuuka ku myaka egyenjawulo, bamaama balina okwetaba mu bintu ebikwata ku bitundu mwe bawangaalira, butereevu oba si butereevu, emirimu egy'ekiseera kyonna oba ekitundu, egisasulwa oba egy'obwannakyewa, ebyobufuzi oba ebitali byabufuzi. Buli kintu ekituukana n'embeera yaabwe, obukugu bwabwe, okutendekebwa kwabwe, obumanyirivu, n'obwetaavu bw'ebyenfuna biwagirwa. Buno si buvunaanyizibwa bwa bakazi, naye ebintu bye bayinza okukola nga beeyagalidde. Wabula ate ku basajja, obutafaanana na bakazi, buba buvunaanyizibwa bwabwe okulabirira amaka gonna.



Kalonda akwata ku mirimu egimu egyeyawulidde ekikula ekimu birekerwa byabuwangwa ebiriwo ekiseera ekyo. Okugeza, mu biseera bya Nnabbi ﷺ, abasajja baabeeranga n'enviiri empanvu. Mu Bulaaya, mu makkati g'emyaka egy'ekyenda, enviiri empanvu zaayinzanga okulemesa omusajja okufuna omulimu omulungi. Olwaleero, mu kyasa ek'ekkumineekimu, obuwanvu bw'enviiri bukkirizibwa. Emabega, emirimu egy'amaanyi gyabanga gya basajja abakozi ennyo. Wabula, ennaku zino, emirimu egy'amaanyi bwe gityo mingi tegikyetaaga mifumbi oba maanyi olwa tekinologiya, eby'amasannyalaze, ne kompyuta. Emirimu gy'ekikugu nga obuzimbi, oba obwayinginiya, n'ebyentambula, bisoboka okukolebwa abakazi nga tebafunye buzibu. Bwe kityo era abasajja n'abakazi basobola okukola mu bifo nga okusomesa, okufumba, okujjanjaba, obuwandiisi, tekinologiya w'ebyamawulire, n'okuddukanya wooteeri. Era, bwe kituuka ku by'okwambala, abasajja n'abakazi bonna basobola okwambala jjiini n'empale kasita biba nga byakintukiramu, nga biwa ekitiibwa, n'okwessaamu ensa (nga tebimiima nnyo, oba okuba nga bitangaala, nga bibikka omubiri, ate nga si bibi). Mu mawanga g'Abasiraamu agamu, okugeza Pakistani, empale kitundu ku nyambala y'abakyala ey'ebyobuwangwa.

Abasajja n'abakazi balina kinene eky'okuyiga buli omu okuva ku munne. Kiyinza okugambibwa nti mu buli musajja mulimu ebitendo by'ekikazi era ne mu bakazi mulimu ebitendo ebimu eby'ekisajja. Bombi balina obutonde obw'ekisajja n'ekikazi naye mu bipimo ebyawukana. Kino tekyewuunyisa n'akatono bwe twetegereza aaya zino wammanga:

> *…Bo byambalo byammwe nammwe muli byambalo byabwe …* (Kulaane 2:187)
>
> *Katonda n'abaanukula nti: "Sirisazaamu mulimu gwonna ogw'omuntu (gw'aba akoze), ky'ekimu musajja oba mukazi: abamu muva mu bannammwe…"* (Kulaane 3:195)
>
> *Yabatonda nga abaggya mu muntu omu (Adamu).* (Kulaane 39:6)

Ekifo ekikomererayo ku bikula by'abantu:

> *Temusaalirwanga ebyo Katonda bye yasukkulumyamu abamu mu mmwe ku bannammwe. Abasajja baakufuna empeera z'ebyo bye baba bakoze n'abakazi baakufuna empeera z'ebyo bye baba bakoze. Musabe Katonda abawe ku birungi bye. Ddala Katonda bulijjo amanyi buli kintu.*
>
> (Kulaane 4:32)

Kulaane ekwata ku bantu bonna. Mu aaya ezimu eyogera ku basajja oba abakazi bwe wabeerawo ekintu ekyenjawulo ekirina okukolebwa ekyeyawulidde ekikula ekimu. Wabula mu mbeera zonna, Kulaane eyogera ku bonna nga ebassaamu ekitiibwa.

## Ekkubo Lya Katonda Lye Kkubo Erisingira Ddala Obulungi: Eby'okulabirako Ebya China, Bugirimaani, Ne Buyindi

Omutonzi w'ensi eno buli kintu yakissa mu kigero ekituufu era n'atuwa obutonde obutwetoolodde obwenkamunkamu. Buli lwe tugezaako okukyusaamu mu mateeka g'obutonde Katonda ge yateekawo, tuleetawo obujagalalo. China ky'ekyokulabirako. Mu kugezaako okukugira okweyongera kw'abantu, yateekawo enkola ey'omwana omu buli maka eyaliko ebibuuzo ebingi. Abafumbo baalina obutasukka mwana omu buli maka ekitali ekyo baali baakufiirwa ebintu byonna ebyali bibaweebwa. Kino kyavaamu ensi ebuutikiddwa abasajja, okuva abantu lwe baayagalanga omwana waabwe omu abeere mulenzi okusinga omuwala asobole okuyamba mu kuweereza amaka obulungi. Emyaka mingi egyayitawo, abazadde baasigaza abaana abalenzi ne beggyako abawala. Ekyavaamu kwe kukendeera ennyo okw'omuwendo gw'abakazi, kino ne kireeta obumenyi bw'amateeka, okuwamba abantu, n'obwamalaaya, n'okuggyamu embuto ennyingi mu kyama n'ebizibu ebyakuvangamu. Okugwa olubege kwawaliriza gavumenti oluvannyuma okuwera okugezesa mu by'empangaala y'abantu ebitaali "byabutonde" bye yali etaddewo n'okukkiriza amaka okuddayo ku mbeera zaabwe ez'obutonde. Kulaane ennyonnyola bw'eti etteeka ettukuvu ery'okutonda:

> *Obufuzi bw'eggulu zonna n'ensi bwa Katonda. Atonda ky'aba ayagadde [era n'ateekateeka]. Gw'aba ayagadde amugabira abaana abawala ate n'agabira gw'aba ayagadde abaana abalenzi okusinziira (ku nteekateeka n'okwagala Kwe). Oba n'abatobeka nga balenzi na bawala. Ate oyo gw'aba ayagadde amufuula omugumba. Ddala Ye amanyi buli kimu, Muyinza (ku buli kintu).* (Kulaane 42:49-50)

Okuva ku Adamu ne Eva, ebipimo ebyenkamunkamu bya mu butonde okusinziira ku ntegeka ya Omukama Omutonzi. Abanaazi bagezaako okugezesa omutindo gw'abantu. Entegeka yaabwe ey'okugezaako okufuna "omuntu omusukkulumu," yayita mu mitendera emingi egy'okufuna, okwawula, n'okutendeka. Era ekyavaamu kwali kulemererwa okw'amaanyi.

Agnivesh n'abalala (2005) balaga butya mu Buyindi, okutta abaana abawala amabujje – okulondawo okwesigamiziddwa ku kikula ky'omwana eky'okuggyamu embuto z'abaana abawala – kwavaako "omuwaatwa gw'ekikula ky'abantu" ogw'abasajja obukadde ataano obweyongera ku bakazi. Ekibi nti tekinologiya kino ekifuula ekyangu. Emabega abaana abato abawala bangi battibwanga oluvannyuma lw'okuzaalibwa. Kati kyangu nnyo eri abazadde, era nga kiwa abasawo amagoba amangi, okutta abaana abawala nga bayita mu kkubo ly'okulaba ekikula nga bakozesa eddoboozi eryawaggulu (ultrasound) nga kino mulimu okuwona amateeka agayinza okukwata asse omwana. Mu kugezaako okukomya enkola eno, gavumenti yakifuula ekimenya amateeka okugezaako okunoonya ekikula ky'omwana ali mu nnabaana nga omuntu ayita mu kkubo ly'okugezesa eddoboozi eryawaggulu ennyo.

Enkola eno yatwalibwanga okubeera ennyo mu bantu abaavu ne bamutasoma, nga kino kiva nnyo ku mutwalo omunene ogusabibwa abantu b'omugole omusajja okuweebwa abagole abakyala, awamu n'ebintu abantu bye bakkiririzaamu ebirala. Wabula, olwaleero okutta abaana abato kusangibwa ne mu bagagga n'abayigirize ennyo, nga kino kirabika okugenda nga kyeyongera abantu gye bagenda beeyongera obuyigirize – nga kuli wansiko mu bakazi abalina eddaala ery'okutaano ate nga kuli waggulu nnyo mu bakazi abalina diguli okuva mu Yunivasite.

Abawala baggyibwa mu nsi enjavu eza Bangladesh ne Nepal oba okuva mu bika ebiri obubi mu Buyindi ne batundibwa bafumbirwe ku ddoola nga 200 – sso nga ente etundibwa ddoola 1,000 (Hughes, et al. 1999). Ebyembi, mu byo'buwangwa bingi okwetooloola Buyindi, okuzaala omwana omulenzi kuleetera abantu okujaganya sso nga okuzaala omuwala kuleeta okunyolwa n'ennyiike.

## Eby'okukola



**EKY'OKUKOLA 41: OKUNYUMYAMU KW'ABAZADDE**

Kuŋŋaanya abazadde abasajja abawera n'abazadde abakyala bakubaganye ebirowoozo ku "Butya bw'okuza omwana omulungi," bawaanyisaganye buli omu by'azze ayitamu, ebirungi n'ebibi.

> Nga akabaga ak'ekyeggulo eka, abazadde bonna baatuula wansi ne batandika okukubaganya ebirowoozo ku ngeri ki ey'okukuzaamu omwana omulungi. Ebintu bingi ebyayitibwamu byayogerwa. Ku nkomerero, omuzadde omugezi omu kwe kugamba nti, "Byonna ebyogeddwa byetaagisa, naye tebimala kubanga ne bw'ogoberera amate eka gonna, okuggyako nga Okusaasira kwa Katonda kubuutikira amaka go, omwana wo ajja kukumalamu amaanyi." Abazadde bonna bakkiriziganya bwe bati:
>
> Ne bw'oteekamu amaanyi gatya, bulijjo oteekeddwa okumanya kwo n'obukugu okubigattako okunoonya Okusaasira kwa Katonda kisobole okukuyamba mu ddimu lino ery'ekitiibwa era erisoomooza ery'okubeera omuzadde.

Kyetaagisa maka, kyetaagisa kyalo, kyetaagisa Ummah, era kyetaagisa kusaasira kwa Katonda okukuza omwana. Okukolaganira awamu okuva mu bonna ky'ekyetaagisa, sso si buli muntu kukuuma maka ge.

**EKY'OKUKOLA 42: WEEBAZE KATONDA OLW'EKYO KYENDI!**

Amatendo gonna ga Katonda "Al-Hamdu Lillāh" Somesa omwana wo okuddiŋŋana okwogera bino wammanga:
Nneebaza Katonda olw'ebirungi byonna bye yampa. Neebaza Katonda olw'okuntonda nga ndi muntu.
Neebaza Katonda olw'okuntonda nga ndi mwana muwala, oba
Nneebaza Katonda olw'okuntonda nga ndi mulenzi.
Nneebza Katonda okuntonda nga ndi muddugavu, mweru, waakatakketakke, oba owakyenvu.
Neebaza Katonda olw'okuntonda nga bwendi!!

**EKY'OKUKOLA 43: BARACK OBAMA: EKY'OKULABIRAKO EKY'OMUZADDE AKUZA OMWANA OBWOMU!**

Abazadde baweebwa amagezi okutuula n'abaana baabwe boogere ku kulinnya kw'Omumerika asibuka mu Africa n'afuna woofiisi esinga okubeera eyaawaggulu mu nsi yonna. Si nsonga obwaprezidenti bwe bunaakola butya gye binnaggweera, Barack Obama ky'atuuseeko kye kirireka bulijjo kijja kuyimirirawo nga obujulizi ku busobozi bw'abantu okwaŋŋnganga ebintu ebisinga obuzibu. Saba abaana bo okusoma ebitabo bya Obama ebibiri: Dreams from My Father: A Story of Race and

Inheritance (Ebirooto okuva ku Kitange: Emboozi Ekwata ku Ggwanga Ly'omuntu n'Obusika), ne The Audacity of Hope (okwagala Okwaŋŋanga Ebizibu Okulimu Essuubi). Abazadde bayinza okunnyonnyola okubeerawo n'ebyama ebiri mu Nteekateeka Entukuvu, butya bw'eyinza okusaasaanira emirembe egyenjawulo, okutambula ebbanga eggwanvu, era, wadde nga waliwo emisanvu mu kkubo lyayo, bulijjo etuuka gy'erina okulaga. Obama yakuzibwa maama yekka, ekintu abazadde kye bayinza okukubaganyaako ebirowoozo n'abaana. Era bayinza okwogera ku bamaama abaakuza abaana bannabbi Musa ne Yesu (emirembe gya Katonda gibeere ku bo), ne taata omuto eyakuza Nnabbi Muhammadi ﷺ.

Nga ozze ku Obama n'Enteekateeka Entukuvu, kinyuma okulaba butya ebintu bwe byandibadde ebyenjawulo ennyo singa waaliwo okwawukana ku mitendera obulamu bwe mwe bwagenda buyita. Lowooza ku biki ebyandizuuse "singa" bino:

- Singa kitaawe wa Obama (Barack Hussein Obama, Omukulu) teyali Munnakenya Omusiraamu era nga teyafuna sikaala kugenda mu America?
- Singa teyawasa mukazi mweru (Ann Dunham) okuva e Kansas?
- Singa teyasuulawo mukyala we Ann Barack nga Obama alina emyaka ebiri gyokka, n'atakomerawo ddala?
- Singa nnyina Ann teyaddamu kufumbirwa Omusajja omu Indonesia Omusiraamu (Soetoro) n'awangaalira e Jakarta okumala emyaka ena, Obama gye yasomera n'abaana Abasiraamu?
- Singa nnyina teyayawukana na kitaawe wa Obama omulala (Soetoro) n'addayo mu U.S.?
- Singa nnyina teyafa kansa ne bajjajja be abeeru (Madelyn ne Stanley Dunham) ne batamukuliza mu Hawaii, gye yagendera mu ssomero? Lowooza ku byava mu b'ekika abeewala n'ebirungi ebyavaamu!!
- Singa teyasomera mu ttendekero lya Harvard University n'afuuka Omumerika Omufirika eyasooka okubeera Omukuŋŋaanya ow'akatabo ak'ettutumu akayitibwa Harvard Review?
- Singa teyawangaalira Chicago nga omugoberezi wa Kristo n'agendanga mu Kkanisa eyitibwa Christian Trinity Church okumala emyaka egiwera?
- Singa teyawasa Michelle, muzzukulu w'abaddu Abafirika, naye eyasomera mu Harvard?

Omuntu aleeta ekirowoozo naye Katonda y'asalawo ekinaakola.

Kugenda mu maaso eri obuntu okusukka ku kusosola mu mawanga n'okwerowoozaako nga omusukkulumu ne yeesogga omwenkanonkano, okukkiriza nti abantu baawukana, n'okugumiikiriza abalala. Amaka g'Obwapulezidenti bwa Amerika gaazimbibwa baddu wakati wa 1792 ne 1800, naye olwaleero okuba nga galimu omu ku bbo, amaka agalimu taata, maama, n'abaana babiri, eyo ntandikwa etekkirizika. Kyonna Obama ky'anaakola oluvannyuma, naye awatali kubuusabuusa, ataddewo ekyafaayo!

Ku mulamwa gwe gumu, abazadde bayinza okunyumya ebyabwe bye bazze bayitamu mu mbeera y'enteekateeka za Katonda, ne bagabana ku kusalawo okw'omutawaana okwakolebwa mu biseera eby'okutabulwa mu bulamu bwabwe, n'engeri gye kwabatuusa okuwasa (oba okufumbirwa), okuzaala, ne webali olwaleero!

Byonna zaali Nteekateeka za Omutonzi:
"Okwagala" kwo tekusobola kuyitawo, okuggyako nga Katonda ayagadde kuyitewo!

ESSUULA 13

# Okwegatta N'okugunjula Mu By'okwegatta: Kiki Kye Tulina Okubuulira Abaana Baffe?


- Ebyanjula 280
- Okusomesa Ku By'okwegatta Kye Kiki? 280
- Ku Lutimbe Lwa Amerika 281
- Bamaama N'abawala Mu USA Kye Bategeera 284
- Emisingi Gy'enneeyisa Ennungi N'ebyokwegatta: Olwaleero N'eggulo 285
- Lwaki Okusomesa ku By'okwegatta? Tuteekeddwa Okubisomesa? 286
- Kiki Abaana Kye Balina Okusomesebwa? 288
- Okukozesa Obubi Eby'okwegatta! Kikulu Kukoma Wa? 289
- Ennono Ya Bulayimu Egaana Obwenzi 292
- Ensonga Eri Emabega W'ekibonerezo Ky'obwenzi 292
- Endwadde Ezisaasaanyizibwa Nga Ziyita Mu Kwegatta (STDs) 293
- Okwagalana Okw'abalenzi N'abawala 294
- Abaana Okufuna Abaana: Okuggyamu Olubuto N'okuzaala Omwana Atali Wuwo Mu Busiraamu 298
  - *Okuggyamu Embuto* 299
  - *Abaana Aboole Mu Busiraamu* 299
- Ebisiyaga N'abazadde 300
- Enjigiriza y'Ebyokwegatta Eyeekisiraamu 304
- Obuvunaanyizibwa Bw'abazadde Eri Abaana 307
- Okwegatta N'obuyonjo: Okusuulumba, Enviiri mu Bitundu Eby'ekyama, Okukomola, Amazzi Agazaala 307
- Abaana Abavubuse N'okwekuuma 309
- Engeri Obusiraamu gye Bugonjoolamu Ekizibu Ky'okwegatta: Ekkubo Ery'okuziyiza 311
  - *Ensonyi (Hayaa)* 313
  - *Ennyambala* 318
  - *Okwetabula Okwakyeyonoonere Ne Khalwah Tebikkirizibwa* 319
  - *Okusikirizibwa Kw'abemyaka Egyenkana N'ensonga Endala* 319
  - *Kiki Ekirina Okukolebwa* 320
  - *Okukeera Okuyingira Obufumbo* 321
- Okusoberwa Ku Nteekateeka Y'ebyenjigiriza Bw'obigeraageranya N'obufumbo Obukeere 323
- Okukuuma Abaana Obutasobezebwako Bantu Bakulu 324
  - *Emyaka Emituufu Okumanyisa Abaana Ebikwata Ku By'okwetunda* 325
  - *Owooluganda Bw'asobya Ku Mwana W'omuntu Oba Omwana N'akakibwa Omukwano* 327
- Enteekateeka Y'emisomo Gy'okusomesa Ku By'okwegatta Eyeekisiraamu 329
- Ebyokukola 44-45 331

## Ebyanjula

Okwegatta mu by'obufumbo n'okusomesa ku by'okwegatta masomo amakulu ennyo era agateekeddwa okuteekebwako essira ery'amaanyi. Abazadde abasinga obungi bawulira muli nga tebateredde bwe baba boogera ku by'okwegatta, nga baaliyagadde eby'okusomesa abaana ku by'okwegatta okubirekera essomero n'abantu abalala. Abantu okubeera abalamu obulungi mu mibiri, mu birowoozo, mu mutima n'omwoyo, balina okukwata obulungi eby'okwegatta. Okwegatta okutali mu mateeka kuleeta okubonaabona, n'okwonoona okw'olubeerera. Ebisinga okumanyibwa ku bino bwe bulwadde obw'omu mwoyo n'empangaala y'abantu. Si bantu bokka abeetaba mu kwegatta okutali mu mateeka be bayinza okukosebwa wabula ne bafumbo bannaabwe n'abaana bayinza okutuukibwako obuzibu. Ekizibu kiyinza okubeera eky'amaanyi ne kituuka n'okuba nga tekisobola kuvumulwa.

Omutonzi Waffe Eyatukola, yagaana okwenda (zinaa). Obwamalaaya buleeta akatyabaga, n'olwekyo erimu ku mateeka agasinga obukulu kwe kuba nga okwegatta kulina kukoma mu bufumbo. Endwadde z'obukaba ziva mu kwegatta okutali mu mateeka. Abantu bwe beeyisa mu ngeri eteri ya butonde, endwadde empya ziyinza okubazinda. Bwe batyo abazadde beetaaga okutwala obuvunaanyizibwa mu kugunjula abaana ku bikwata ku kwegatta kulwabwe ne kulw'abaana baabwe.

## Okusomesa Ku By'okwegatta Kye Kiki?

Abantu balina endowooza zanjawulo ku by'okusomesa ku by'okwegatta. Abaffe kiri ku nkula ya mubiri, oba kwegatta, oba kuzaala na bulamu bw'amaka, oba kuziyiza ndwadde na mbuto ezijja nga omuntu teyeeyagalidde? Abaffe okusomesa abaana ku by'okwegatta kwenkanankana n'okubawa olukusa okwenyigira mu by'okwegatta? Lumu omusomesa omu yagamba bw'ati: "Sitegeka kubuulira baana bo oba balina okwegatta oba tebateekeddwa, oba balina kukikola batya. Naye bwe basalawo okukikola, baba balina okumanya engeri y'okwekuuma obutafuna ndwadde na mbuto." Enteekateeka ezisinga obungi ezikolebwa okusomesa ku by'okwegatta ziba nkendevu era zeewala ebintu ebikwata ku mpisa, okwegatta okubi, okuva ku kkubo ettuufu, n'obufumbo.

Waliwo ebintu bibiri ebikulu. Ekisooka kikwata ku bintu ebirina akakwate ku nkula y'omuntu. Bino biri ku kutya okuli mu bavubuka okujja bazadde baabwe bwe baba tebateeseteese ku bikwata ku kugenda mu nsonga (okusulumba) n'okwerooterera. Ensonga eyookubiri enkulu kwe kuwa abavubuka abatuuse mu myaka egy'okwegatta amawulire agamala agabasobozesa okwewala okufuna embuto ze baba bateeyagalidde n'ebiddirira ekyo eby'okuziggyamu. Amawulire gayamba okubakuuma obutagwa mu mitawaana gino.

Amasomero agamu gasomesa ebintu ebyangu ebikwata ku kuzaala n'obuvunaanyizibwa obw'empisa. Amasomero amalala gawaayo ebitundutundu by'amawulire. Mu masomero mangi, okusomesa ku by'okwegatta kitundu kinene nnyo ku Mpisa n'okuyigiriza eby'empangaala z'abantu mu birina okusomesebwa. Tekikola bulungi nnyo okuggya omwana wo mu bibiina bino, olw'okuba ebintu bye bimu bisomesebwa mu kusomesa Oluzungu oba Ebyafaayo, oba Eby'emizannyo, oba Okukuba ebifaananyi, oba awalala wonna. Okwegatta kati kitundu ku bulamu bwaffe ekitasobola kwewalika.

Okusomesa ku by'okwegatta okusinga obungi tekukubiriza bulamu bwa bufumbo obubugaanye essanyu era obulimu ebyetaagisa. Bwe batyo abafumbo bawangaalira mu bulamu bw'obufumbo obumalamu amaanyi, nga ebiseera ebisinga kino kiva ku butaba na kumanya na bukugu. Ensobi etera okukolebwa y'eyokulowooza nti "obusobozi bw'omusajja okumatiza oba okussa omukyala mu mbeera kiba kijja kujja kyokka (nga tewali kikoleddwa)." Okumanya engeri y'okukolamu obufumbo obubugaanye essanyu kitundu kikulu nnyo mu kusomesa. Kyakusaalirwa nnyo nti okusomesa bwe kuti tekulina wekuli mu bulamu bw'omuvubuka.

Omwana wo avubuse bw'atuuka mu biseera eby'okwagala okwegatta kitera okuba nga ggwe muntu ajja okusembayo okukimanya. Kitera okuba nga omuvubuka ajja kukikuuma nga kyama. Okwo ogattako nti abavubuka balina empuliziganya n'enkolagana mu bbo bennyini ey'ekyama, mwe bayita okumanya ebintu ebingi ebikwata

ku bannaabwe, ne bannaabwe okumanya ebibakwatako, naye byonna babikweka abazadde.

Eky'okuddamu ekimatiza ku nsonga eno ky'ekyokulabirako ekya Nnabbi ﷺ. Engeri okusomesa eby'okwegatta gye binnyonnyolwamu ne gye bisomesebwamu mu masomero erina ebirungi bingi n'ebibi bingi. N'olwekyo, abazadde balina okwetikka obuvunaanyizibwa obw'okuluŋŋamya abaana baabwe. Ebikwata ku kwegatta bye tuweebwa mu bitundu mwe tuwangaalira, omuli amasomero, TV, Omutimbagano gwa kompyuta, ne bannaffe be tuwangaala nabo, birinamu ekintabuli ky'emigaso n'ebibi.

## Ku Lutimbe Lwa Amerika

Athar (1990) ayogera ku ngeri abaana ku ssomero gye baweebwa ebisomesebwa ku by'okwegatta ebitaliimu misingi gya nneeyisa ennungi awamu n'obubaka obukyamu ku biweerezebwa ku mpewo. (Laba Sex Education: An Islamic Perspective, ebyakuŋŋanyizibwa Shahid Athar, M.D. http://www.teachislam.com/dmdocuments/ 33/ BOOK/SexEducation). Mu masomero agasinga obungi, ebikwata ku by'okwegatta bisomesebwa okuva ku kibiina ekisooka mu pulayimare okutuusa ku ky'ekkumineebibiri, ku buwumbi n'obuwumbi bwa ddoola. Abasomesa boogera ku ludda olw'ebyekikugu mu by'okwegatta awatali kubuulira abaana ebikwata ku mpisa oba engeri y'okukolamu okusalawo okutuufu. Oluvannyuma lw'okunnyonnyola enkula n'ebitundu by'omubiri ebikwatibwako okuzaala, essira eddala lissibwa ku kuziyiza endwadde z'obukaba n'okufuna embuto mu myaka emito. Olwokweyongera kw'obulwadde bwa siliimu (AIDS), essira liteekebwa ku "kwegatta okutaleeta mitawaana," ebiseera ebisinga ekitegeeza okukozesa obupiira bu kondomu. Ssente z'omuwi w'omusolo ziweebwa amasomero agamu okugabira abo abagenda mu bulwaliro bw'essomero obupiira n'ebintu ebirala ebigema okuzaala ku bwereere. Ebyuma ebikasuka kondomu bissibwa mu bifo eby'olukale mu masomero ne mu matendekero amakulu.



Omulimu gw'abazadde gumalibwamu amaanyi era ebiseera ebimu ne gujeregebwa. Abavubuka buli lwe babuuza ku bikwata ku by'okwegatta, bakitaabwe bulijjo ekibuuzo bakibuzaabuza ne bakyusa n'emboozi. Bwe batyo, abalenzi eby'okwegatta ne baba nga bajja kubiyiga ku bantu abebbali. Emize egitumbulwa abayigiriza tegikkirizibwa okusinziira ku mateeka g'eddiini. Okusinziira ku Dr. Shahid Athar, enzikiriza z'abayigiriza aboonoonefu ziri bwe ziti:

(a) Okubeera obwereere awaka (mu binaabiro oba mu bisenge omusulwa) kirungi era nkola nnuŋŋamu ey'okutandiikiriza okusomesa eby'okwegatta eri abaana abato (abali wansi w'emyaka 5), nga kino kibawa omukisa okubaako ne bye babuuza. Sso nga okusinziira ku kunoonyereza okwakolebwa mu 1997 ebitundu 75% eby'abaana abakabanyisibwa n'okukozesebwa abooluganda (500,000 buli mwaka) kukolebwa baaluganda lwakumpi (omuzadde, omuzadde atazaalira ddala mwana, oba owooluganda omulala abeera awaka) nga bakikolera mu bifo ebyabulijjo ebiri awaka. (Abel n'abalala 2001)

(b) Omwana okuzannyisa ebitundu eby'ekyama eby'omwana omulala kuba "kwagala kuvumbula okw'ekito". Kino kikkirizibwa era si nsonga eyaalivuddeko okukanga omwana oba okumukangavvula. Omuyigiriza ow'ekika kino era aba amanyi nti n'abalenzi ab'emyaka emito nga 12 baali bakutte abawala abato abali mu myaka emitono nga 8. Tatutegeeza ddi "okuvumbula okw'ekito" lwe kufuuka ekikolwa eky'okwegatta.

(c) Abaana abakwatibwa nga basoma obutabo 'obukyafu' tebateekeddwa kuwulira nga abakoze ensobi, naye abazadde balina okukozesa akakisa kano okubaako ne kye babuulira omwana omulenzi oba omuwala oyo ku ndowooza ku by'okwegatta, empisa, n'okuvumbula ku by'okwegatta. Buno butamanya obwewuunyisa ennyo. Bungi ku butabo buno buwa obubaka nti okwegatta kyabusuubuzi era nti abakazi kyakuzannyisa ky'abasajja kye balina okuzannyisa. Ekituufu kiri nti, okuwulira ensobi si mbeera ya munda erina ekizibu kasita kireetera abantu okwejjusa ekikolwa n'okugitereeza. Okuwulira okunyolwa nga kuyita mu kuwulira ensobi (okusobola okuddamu okwetegereza oba okukyusa ekikolwa) kkubo lya kuyigiriza erisomesa abaana okupima enneeyisa yaabwe n'okuwulira obuvunaanyizibwa.

(d) Omwana omuto bw'aba nga atandise okwagala eby'okwegatta, mu kifo ky'okubagamba okukikomya, obuvunaanyizibwa bw'abazadde kwe kukuuma obulamu bw'abaana n'engeri gye bagenda okukolamu emirimu, nga bayita mu kubawa amawulire n'amakubo agaziyiza embuto n'okwewala endwadde z'obukaba. Abayigiriza nga bano tebakkiriza nti okuwa amawulire agakwata ku kwegatta buba bubaka obutegeeza okugenda mu maaso n'okwegatta. Singa omuntu aba abuuliddwa enfaanana, langi, n'empooma y'ekibala ekipya, n'essanyu akiridde ly'afuna, abaffe amagezi amazaale tegatubuulira nti gwe babuulidde aba ajja kwagala okukigezaako? Abazadde beetaaga okutandiikawo okukubaganya ebirowoozo okusaanidde ku bikwata ku kwegatta mu by'abafumbo okutali kulungi. Okukubaganya ebirowoozo kuyinza okubeera ku muntu mu kitundu eyafuna olubuto lw'ateeyagalidde, okulanga ekirango ekibi, ennyimba ez'obwonoonefu oba pulogulaamu ku TV etumbula eby'obuseegu.

**Kituufu oba kikyamu?**

**Gye Bakoma Okukimanya, Gye Bakoma Okukikola!!**



Okuyigiriza eby'okwegatta mu mukwano mu masomero agaalukale mu Amerika tekukendeezanga ndwadde za bukaba eziri mu bavubuka abato wadde embuto oba okukyusa enneeyisa ey'ebyokwegatta mu bavubuka abato. Ebyembi, okugenda mu makanisa nakwo tekuyamba kinene. (Athar 1990). Okuggyako nga abaana bo bagenda mu ssomero eriziyiza okumanya ebyokuyiga eby'obulamu, baba bajja kuyigirizibwa ku by'okwegatta mu mukwano, era abazadde balina okwenyigiramu okusingako kati. Ebiseera ebisinga amasomero gawaako okumanya kutono ku bikwata ku nkula y'omuntu n'okwegema okuzaala abavubuka abagenda bakula bye beetaaga. Abazadde Abasiraamu bangi, okufaananako n'abo ab'enzikiriza endala, balaba nga empisa ezikwata ku by'okwegatta ezisomesebwa mu masomero ga gavumenti tezituukana na mutindo gwa nzikiriza yaabwe, era nti okuwa abaana amagezi ku kweziyiza okufuna embuto kuyinza okubawaga okwegatta. Kuno kutya kukyamu, kubanga amawulire agaweebwa gaba gakwata ku bintu nga bwe biri era omwana avubuse aba ageetaaga.

Abasajja bangi, Abasiraamu n'abatali Basiraamu, beewuunya okukisanga nga bakyala baabwe balina ennyonta ey'okwegatta. Kino kiva ku kuba nga abasajja bangi tebabuulirwa nti kyangu omukazi okumatiza omusajja mu kyetaago kye eky'okwegatta, kubanga kye yeetaaga kyokka kwe kubeera awo n'amuwa ekkubo okumala obutikitiki obuwera. Naye abasajja tebabuulirwa nti kintu kyetaagisa obukugu n'obuvunaanyizibwa obw'eddiini omusajja okuyiga okumatiza obwagazi bw'omukazi obw'okwegatta. Balina okuggwaamu ensonyi ez'obutonde eri obweereere bw'omukazi, okuyiga obukodyo bw'okuzannya obusookawo, n'okukissa mu mutwe nti bwe beefaako bokka ne baleka omukazi nga "muyala," baba baleetawo obutamatira obw'amaanyi eri bakyala baabwe era kino ngeri emu ey'obutasaasira.

Abazadde abasinga tebaagala baana baabwe okutandika "okumala geebaka" na buli gwe basanze. Wabula, omwana waabwe omuvubuka bw'atandika okubeera n'obulamu obubwe yekka nga taliiko liiso limulondoola, abazadde baba tebajja kumufuga kinene. Wadde nga abaana okuba nga tebalina kye bamanyi y'engeri emu ey'okukuumamu abaana, obutaba na kye bamanyi abazadde kye basinga okwettanira kuba kwavaawo dda nga omwana tannaweza na myaka 10. Ennaku zino abaana bafuna okumanyisibwa okuva ku mutimbagano gwa kompyuta, terefayina, ne filimu, era abaana bo bwe baba balina obuyinja obuliko ebifaananyi [bu DVD] (oba mikwano gyabwe ababulina), "okumanya" eby'okwegatta kwe bafuna okuva mu ebyo bye balaba kuba kuli wala ku kw'olina, bwe tuba twogedde ebintu mu butuufu bwabyo.

## Mukenenya (AIDS) Ekimu Ku Bikulembera mu Kutta Abantu e Thailand

Mu 2001 obulwadde bwa mukenenya (AIDS) bwafuuka obukulembera mu kutta abantu mu Thailand, bwe bwawanulayo obubenje ku makubo, obulwadde bw'omutima ne kansa, okusinziira ku byayogerwa Omumyuka wa Minista Akola ku By'obulamu Ebyabulijjo, Surapong Suebwong-lee. Minista teyayogera muwendo gwennyini naye yagamba nti omuwendo gw'abafa siliimu gusukkawo nnyo ku gwogerwa kubanga abooluganda lw'abafu mu byalo abafa obulwadde obwo tebettanira nnyo kwogera ekiba kisse bantu baabwe kyennyini.

"Abakulu b'ebika mu byalo baayogera ekyasinga okuvaako okufa kw'abantu ekitali bubenje nga ekyava ku 'mutima okuyimirira okukuba'. Kino kyavaako endowooza enkyamu nti Abatailand abasinga obungi bafa lwa bulwadde bwa mutima". "Naye okunoonyereza okupya kwe tukoze ku bantu abenjawulo kulaga nti ekisinga okuvaako okufa mu byalo AIDS," ebyo yabyogera nga yaakadda okuva mu lukuŋŋaana lw'ekitongole ky'ebyobulamu eky'ensi yonna (World Health Organisation) mu ggwanga lya Maldives. Woofiisi ya Pulogulaamu y'amawanga amagatte [UN] ku bulwadde bwa mukenenya (HIV-AIDS) [UNAIDS] e Bangkok yagamba nti omuwendo gw'abafa olwa mukenenya gujja kweyongera okulinnya engeri Abatayilandi abaakwatibwa obulwadde ku ntandikwa yaabwo emyaka 10 egiyise gye batandise okulwala era ne bafa mu bungi. Abatayilandi abawera akakadde ku bukadde enkaaga obw'abantu bateeberezebwa okuba n'obulwadde era nga kimukyakusatu ku bano baamala dda okufa. (AIDS EDUCATION GLOBAL INFORMATION SYSTEM 2001)

**Lwaki Eyaalibadde Kati Pulofeesa Yasalawo Okuva mu USA?**

Omusomesa mu International Islamic University, Malaysia (IIUM) lumu yanyumya emboozi eno. Lumu mutabani we eyali mu kibiina ekyokubiri mu ssomero lya gavumenti erisookerwako e Michigan yadda eka n'ayogera nga talumyemu byonna ebyali biguddewo omwana bwe baali basoma bwe yakola ekikolwa ky'okwegatta n'omuwala mu kibiina! Kino kyaviirako pulofeesa okusiba engugu n'ava mu Amerika n'aboomu maka ge omwali abaana abataano! Ekiva mu kusomesa ku by'okwegatta ebitaliiko kukugira kwa misingi gy'enneeyisa ennungi, gwe mulembe gw'abantu ogukola eby'okwegatta mu ngeri eyaakiyitamulujja, eteri yaabuvunaanyizibwa. Eby'obuwangwa ebiriwo kati bifudde okwegatta okusikiriza, okuliwo buli kiseera omuntu w'akwagalira, okweyagaza, era okusobola okufunika. Okwewala okwegatta kifaananya aba akikoze obutabeera mutereevu eri abangi, kubanga ebifaananyi ebiraga okwegatta n'obwamalaaya byafuuka byajjenjeero.

## Bamaama N'abawala Mu USA Kye Bategeera

Abaana abavubuse bagenda beeyongera kutabulwa ku bikwata ku nneeyisa y'ebyokwegatta, era tebafuna kuluŋŋamizibwa kumala okuva mu bazadde n'abasomesa. Wammanga bye by'okulabirako ku biki abaana abavubuse bye bagamba:

- Selma ow'emyaka 16 egy'obukulu agamba bw'ati: "Siyinza kubuuza mmange kintu kyonna kikwata ku bya kwegatta. Bwe nkikola, atandika okwewuunya lwaki mba mbuuzizza ekibuuzo bwe kityo. Alemerako nti, 'Ky'oyagala okumanya ogenda kukikozesa ki, okuggyako nga …'"
- Juliet ow'emyaka 14 egy'obukulu agamba bw'ati: "Mmange akkiriza nti obutamanya ly'ekkubo erikakasa nti omuntu talina mutawaana. Bwe mmubuuza ekintu kyonna ekikwata ku kwegatta atabuka. Addamu nti, 'Balo ajja kukusomesa byonna bye weetaaga okumanya ku by'okwegatta.'"
- Louis ow'emyaka 18 egy'obukulu agamba bw'ati: "Nfuna obubaka obw'ekintabuli okuva mu bazadde bange. Omu agamba nti, 'Tokikola, ojja kwereetera emitwaana!' Omulala n'agamba nti, 'Ekiseera kyo eky'okupaala kikozese nga okyali muvubuka.' Nneegomba nti kale singa abazadde beekuba mu kifuba. Okwegatta bwe kubeera okulungi ekyo bakyogere kaati. Bwe kubeera okubi gyetuli, tebatusendasenda, tebatukema, era tebatutabula."
- Joshua ow'emyaka 15 egy'obukulu: "Bulijjo kitaffe ayagala twogere mazima. Naye bwe tutandika okwogera ku by'okwegatta, obwesimbu bwe bukoma awo. Kino ky'ekitundu obwesimbu bwange n'amazima we bitaanirizibwa."
- Jonathan ow'emyaka 22 egy'obukulu agamba bw'ati: "Ku balenzi abali mu Yunivasite, okwegatta kabonero akalaga okubeera omukulu n'okubeera omusajja. Ku bawala, ly'ekkubo ery'okwekuuma obutabeera atali wattutumu na kubeera bw'omu."
- Okusoberwa ku by'okwegatta kwogerwa omwana avubuse bw'ati: "Bwe ndaba ebizannyibwa ebisesa, nnyinza okuseka; akabenje nnyinza okukaaba; ekintu ekinnyiiza, nnyinza okuwoggana; naye bwe mba ndabye omuzannyo ogundeeta obwagazi, kiki olwo kye nnyinza okukola?"

Ebigambo ebyo biraga nti okusomesa ku by'okwegatta okutuufu kati kwetaagisa okusobola okukola nga eddagala eriziyiza obutamanya. Ebitundu tebikyetaaga kumala gakkiriza nguudo n'entimbe z'ebifaananyi okuteekawo omutindo gw'ebyokwegatta n'empisa ebirina okugobererwa nga byo bitunula butunuzi.

## Emisingi Gy'enneeyisa Ennungi N'ebyokwegatta: Olwaleero N'eggulo

Waliwo obutakwatagana obw'amaanyi mu ngeri olwaleero abantu bwe batwala emisingi gy'enneeyisa ennungi. Abazadde abamu bawulira muli nti ekiseera kituuse okukkiriza embeera eriwo nga bw'eri. Beeraliikirivu ku ndwadde z'obukaba, em-buto eziteetaagisa, n'ekitiibwa ekyonooneka. Basuubira nti okwewala ebizibu balina kuyita mu kusomesa ku by'okwegatta. Abamu bagabirira abaana baabwe abavubuse ebikwata ku kufuna embuto n'ebiziziyiza.



Abazadde abalala bagaanira ddala amakubo gano. Bamanyi nti empeke eziziyiza okuzaala ziyinza okwongera amaanyi ku by'okwagala okwegatta nga abantu tebannafuuka bafumbo. Bamanyi nti ebitundu by'abantu mwe bawangaalira tebiyinza kuwagira kya kwegatta kw'abaana abaakavubuka kubanga okusisimula obwagazi nga obudde bukyali kujja kuteeka mu katyabaga enkolagana ey'abantu ey'obuvunaanyizibwa n'obugunjufu.

Obuvunaanyizibwa bw'abavubuka obukulu kwe kumanya n'okwetegeka okubeera n'obulamu bw'amaka obutuufu nga bakuze. Kino okukituukako kiba kisingako obulungi okukuuma omulyango nga muggale. Abamu basanga n'okwogera obwogezi ku by'okwegatta nga kibi nnyo era ekikolebwa mu mutima omubi. Abazadde abamu bawulira nga okwogera lukale ku by'okwegatta bwe kuba kujja okuvaamu ebikolwa eby'okwegatta, ekigendererwa ne bwe kibeera kugezaako kwefuga. Omuzadde omu ayogera ku kubeera kwe eky'okulabirako eri abaana bw'ati: "Okuggyako nga abantu abakulu bafuuse eky'okulabirako eri abaana era ne babaagala okubeera n'enneeyisa ennungi olwo abaana lwe baba bajja okufuuka abantu be twagala."

Mu bulamu ne mu biwandiike, mu byombi mulimu bitono ebikwata ku mpisa z'okwegatta. Mu U.S. ne mu mawanga amalala mangi eby'okwegatta si ssomo erigaanibwa; lisomesebwa mu masomero era ne bikubaganyizibwako ebirowoozo eka.

Mu bitundu by'abantu bino kitwalibwa nga ekintu ekyabulijjo nti abavuvuka bwe baba bafunye okusendasendebwa bajja kukkiriza okwewaayo. N'olwekyo, abalenzi babuusabuusibwa ate abawala bakuumibwa. Abalenzi ennaku zino balina mmotoka ate abawala bangi balina eddembe. Okusendasendebwa okusembayo waggulu bwe kubeerawo nga ate okulondoola okuliwo kwe kusembayo obutono, butya bw'oyinza okusuubira okugoberera amateeka g'empisa bw'oba nga by'oliko obitegeeza?

Mu biseera ebyayita, abawala abalungi (abempisa), baanywereranga ku kubeera abantubalamu era bwe baabeeranga n'omulenzi waabwe alemera ku nsonga, bakkirizanga kugwaŋŋana mu kifuba oba kukwatagana. Kino kwe kwabanga okwekkiranya eri ky'awulira munda n'abantu bye baagala. Ennaku zino, abaana bangi abavubuse basindiikirizibwa okubuuza engonjoola y'ensonga bw'etyo. Abalenzi bakitamwa kuba-

nga TV, filimu n'obutabo bw'amawulire bibaleka n'obwagazi bungi, ate abawala bakitamwa kubanga kibafuula eky'okujeeja.

Abawala abali mu matendekero amakulu mu mawanga gano abaagala okusigala nga mbeerera bakisanga nga kizibu. Abalenzi bangi bagaana okufulumako nabo ate abawala abamu babayisanga abali ku nkola eyadiba. Abo abategeeza kye baliko ku "kwekuumira okufumbirwa" bayinza okwesanga nga bali kaasa mu kitundu. Mu kunyigirizibwa okwo, omuwala ali embeerera ayinza okutandika okwerowooza nga atali ku mulamwa (mu mbeera yaabulijjo). Nga boolekedde okusendasendebwa bwe kutyo n'okufuuka ekyeneena, abo bokka abamalirivu okunywerera mu mpisa be basobola okusigaza omutindo gwabwe ogwawaggulu. Ekyennaku, abawala bangi beegatta mu by'obufumbo mu mbeera eno, si lwakuba nga balina obwetaavu naye olw'okunyigirizibwa. Mu biseera ebyayita, omuwala yayinzanga okukozesa okutya okufuna olubuto nga eky'okwekwasa okukuuma ekitiibwa kye. Kati okwekwasa bwe kuti kwavaawo dda. Eddagala eriziyiza obuwuka litundibwa kyere mu maduuka amanene, empeke n'obupiira obuziyiza okufuna embuto biri mu bungi, era amasomero agamu n'amakanisa bagaba kyeyonoonere bukondomu.

Nga bavudde mu kukyala ku limu ku matendekero amakulu, Jason, ow'emyaka 18, yagamba kitaawe ku bulamu n'omukwano: "Nvumbudde enjawulo eyaddala eri wakati w'abalenzi n'abawala. Abawala bakozesa eky'okwegatta nga engeri y'okufunamu omukwano. Abalenzi bbo ne bakozesa omukwano nga ekkubo ery'okufuna okwegatta. Nze ekkubo lye nkozesa lya 'baagaleko obasuulewo'." Kitaawe yamubuuza nti, "Kiki ekizuuka ku muwala oluvannyuma lwo n'abavubuka abalala okumwagala ne bamusuulawo?" Jason yaddamu nti, "Ebyo tebinkwatako, ngezaako obutakirowoozaako." Taata yaddamu nti, "Kati kirowozeeko. Mu mawanga ag'ebuvanjuba, bagamba nti bw'otaasa omusajja okufa, oba ovunaanyizibwa ku bulamu bwe. Bw'oyiiya ekkubo ery'okusendasenda omuwala n'omusuula mu mukwano, engeri gy'awuliramu muli gufuuka mulimu gwo." Kitaawe wa Jason yakakasa omusingi omukulu: Obwesimbu n'obuvunaanyizibwa bukwata ku nkolagana y'abantu yonna. Embeera zonna, ennyangu oba enzibu, ezikwata ku mpangaala y'abantu oba eby'okwegatta, zeetaaga obwesimbu bw'omuntu ssekinnoomu n'okuba n'obuvunaanyizibwa.

## Lwaki Tusomesa Ku By'okwegatta? Tuteekeddwa Okubisomesa?

Abaana abavubuse (abatiini) baagala nnyo okuyiga byonna bye basobola ku kwegatta. Balina ebibatawaanya mu mutwe era ebibasumbuwa mu bwongo era baba basaba okuddibwamu okutuufu okwassekinnoomu. Bwe baweebwa omukisa okwogera ku by'okwegatta mu ngeri ennambulukufu, abatiini bano boogera nga tebalina kye bakweka era ne boogera ebintu ebirimu omuzinzi. Banoonya mitindo n'amakulu, nga baagala okutegeera ebibakwatako mu by'okwagala okwegatta.

Ekibuuzo kiri nti: abaana abavubuse basomesebwe ku by'okwegatta? Emirundi mingi kino kijja kikeerezi nnyo. Okwegatta kuba kumaze okusomesebwa mu ngeri ennafu ku mitimbagano gya kompyuta, ku ssomero, ne mu nguudo. Mu bigambo n'ebifaananyi, abaana balagibwa eby'okwegatta ebitera okuba ebikyamu era ebibi. Entimbe n'engudo nsibuko ya kubuulirwa bikyamu etekoowa. Abatunzi b'ebikyafu tebakoowa kugabana "ebikwata" ku by'okwegatta n'engeri gye bawuliramu. Bannaabwe ab'emyaka gy'abwe ababa bakuguse amangu baba beetegefu okubabuulira bye bayiseemu, ebituufu n'ebifumiitirize. Bazadde na basomesa be batera okutya okugabana amawulire amatuufu mu kiseera ekituufu. Okusomesa ku by'okwegatta kulina ebitundu bibiri: amawulire n'emisingi gy'enneeyisa ennungi. Emisingi gy'enneeyisa ennungi giba mirungi okusomesebwa awaka. Abakugu be basinga obulungi okuwa amawulire. Si buli kibuuzo ekikwata ku by'okwegatta nti kisibuka ku nnyonta ey'okwagala okumanya. Abaana abamu baba baagala kusonyiwaza bazadde baabwe, abatayagala kuddamu bibuuzo ebisoomooza. Abazadde tebasuubirwa kubeera

banjulukufu, abawulira emirembe, era abamanyi buli kintu ku by'obwagazi bw'omuntu okwegatta. Amawulire aganoonyezebwa mu bwesimbu galina okuweebwa, sso nga ebibuuzo ebirala biba birungi okuzzibwa eri abakugu. Abazadde beetaaga okuwagira abaana baa-bwe abavubuse okwetaba mu kwogera ku by'o-kwegatta ebiwagiddwa si ssomero lyokka, naye n'ekisinga obukulu ekkanisa, omuzikiti, n'ebitongole ebitwala abantu. Amawulire agaweebwayo mu bwesimbu era awatali kyekubiira gayinza okukendeeza obulabe ate ne gongera okwesigaŋŋana mu bantu ab'emirembe egyenjawulo. Aba-ntu abakulu bayinza okuddamu okufuna okwesiga abavubuka, ate n'abavubuka bayinza okukisanga nti wadde nga waliwo enjawulo mu myaka, abantu abakulu ddala bafaayo ku kubeera kwabwe obulungi




era bagabana nabo embeera y'obuntu eyaabulijjo.

Ku ludda olulala, omuntu ayinza okwebuuza nti: Ddala abaana beetaaga okusomesebwa ku by'okwegatta? Embaata ento ogisomesa okuwuga oba ogiteeka buteesi mu mazzi n'ogireka n'etandika okuwuga? Emyaka nkumi na nkumi abasajja n'abakazi bazze beegatta mu by'abafumbo awatali kumala kusomesebwa okutongole. Mu bugunjufu bungi obuzze bubaawo, okusomesa eby'okwegatta kuzze kukolebwa mu ngeri ya kugezaako n'oyita mu nsobi oluvannyuma lw'okufumbiriganwa. Wabula, okufuna abaana enkumu si bukakafu nti waliwo omukwano. Okusomesa okusaanidde era okutuufu kukulu nnyo okusobola okufuna obufumbo obujjudde essanyu.

Ani ateekeddwa okusomesa eby'okwegatta? Buli muntu alina eky'okukola mu kino. Abazadde beetaaga okumanya ebintu n'ensonga ezeetaagisa era balina okutwala obuvunaanyizibwa obusingako. Taata alina obuvunaanyizibwa okubeera n'obusobozi obwanukula ebibuuzo by'omutabani, ate maama, ebibuuzo ebiva ew'omuwala. Tetuyinza kwesigamira ku byakusomesa eby'okwegatta ku ssomero oba okuva mu biweerezebwa ku mikutu. Buvunaanyizibwa bwaffe okubyongerezaako oludda olw'empisa n'enneeyisa ennungi. Abasomesa mu masomero g'oku Sande, omusawo w'awaka, omusawo w'abaana, ba imaamu abamanyi, ne bannaddiini bayinza okubaako ne kye bakola. Mu maka, omuwala omukulu, alina obuvunaanyizibwa eri abaana abato era omulenzi omukulu eri abalenzi abato.

Abazadde tebateekeddwa kusirikira bya kusomesa ku kwegatta. Okusirika kuwa obubaka obukyamu eri abaana. Abaana batabulwa n'ebintu ebikoonagana bye bawulira okuva mu bantu ab'ebbali ne bannaabwe ab'emyaka gyabwe. Baba bajja kufuna endowooza eziteetaagisa ku bikwata ku by'okwegatta eziyinza okuba ne kye zibakolako ekibi mu myaka gyabwe egy'obukulu.

Okwewala eby'okusomesa ku by'okwegatta tekukyali kyakusalawo. Tuteekeddwa okugendera ku kiriwo. Abazadde abagezaako okuziyiza abaana baabwe okusomesebwa ku by'okwegatta ddala baba batawaanira bwereere. Kiba kisingirako wala eri abaana okuyiga okuva ku muntu amanyi era abakulu abalina obuvunaanyizibwa mu mpisa, ababa bajja okusobola okusaabulula okutabulwa okutaagalwa okuba kuleeteddwa ebiva mu bintu ebyetoolodde abaana.

Kulaane ne Nnabbi ﷺ boogera ku by'okwegatta mu bulambulukufu era mu ngeri eyanja ensonga. Okwegatta si kigambo ekikyamu, ku-

banga ludda lukulu nnyo mu bulamu bw'omuntu. Kulaane eyogera mu lulimi olw'ekintukiramu ku: kuzaala, okutonda, obulamu bw'amaka, okusuu-lumba, n'okuvaamu amazzi agazaala. Nnabbi ﷺ yayogera ne Basswahaba be mu ngeri ey'ekintukiramu ebintu bingi ebikwata ku bulamu bwabwe obw'okwegatta. Ensonga emu eremesa abazadde Abasiraamu okwogera ku by'okwegatta ye ngeri gye baakuzibwamu. Abazadde bayinza obutabeera na bumanyi ku bikwata ku kwegatta, oba nga tebawulira bulungi bwe kituuka ku bikwata ku kwegatta kwabwe oba okubyogerako.

## Kiki Abaana Kye Balina Okusomesebwa?

Abazadde bangi bateekateeka bawala baabwe ebikwata ku kutandika kw'emyezi gyabwe, ne batabani baabwe olw'okutandika kw'okwerooterera kwabwe okusookera ddala. Abazadde abamu tebateekateeka baana baabwe, ekireetera abaana abavubuka okutya n'obulwadde bw'ebirowoozo. Okuvaamu amazzi oba omusaayi okubadde kutasuubirwa mu mutwe gw'omwana kimulowoozesa butereevu okubeera omulwadde oba okubaako n'ekitundu ekyonoonese, era bwe kiba kigoberedde okwenoonya oba okwematiza, omuvubuka ayinza okuwulira okutya muli era nga alina omusango. Okuvaamu omusaayi omungi oba amazzi agazaala ebiseera ebisinga kubafuula abakkiriza nti waliwo ekintu munda ekimenyese oba ekifunye obulwadde, ate nga bawulira obuswavu n'okutya okukyogerako. Omuwala omu ye yagezaako mu bugubi okukwataganya omusaayi ogujja nga ayita mu kukozesa obutambaala okumala emyezi, nga alowooza nti yali mulwadde nnyo, sso nga yali atya nnyo okubuulirako omuntu yenna. Oluvannyuma, omusomesa oweekisa yalaba engoye ze ezaaliko omusaayi n'amuyamba. Yali agezaako nga bw'asobola okwoza omusaayi nga atya nnyina okugulaba.

Bamaama abamu beetaaga okweddamu ku ndowooza yaabwe enkyamu ku by'okusuulumba nga tebannabyogerako eri bawala baabwe. Kiba kyamugaso singa abalenzi nabo babaako kye babimanyaako. Kibayambako oluvannyuma, omuvubuka bw'atuuka mu mbeera mw'alina okubeera n'omukyala awulira obulumi, obweraliikirivu nga ekiseera ky'okulwala kiri kumpi,



oba okunyiiganyiiga mu biseera ebyo. Kiba tekirina mugaso okutwala ensonga eno yonna nga obutali buyonjo n'ekintu ekiswaza, n'okuyisa omuwala mu kiseera ekyo nga omuntu alina okwewalibwa.

Nnabbi ﷺ yawa amagezi nti tetulina kulumya bakazi abali mu nsonga nga tuyita mu kubeesamba oba okubafuula abawulira nga abatali bayonjo. Kwegatta kwokka mu by'obufumbo okujjuvu kwe kulina okwewalibwa. Wabula, ekiseera ebitundu by'omukazi ebyekyama kye bimala nga bisabike era nga omusajja tatuukiddwako musaayi, abafumbo basobola okufuna essanyu ly'obufumbo mu ngeri yonna gye baba baagadde.

Nga oggyeeko embeera entono, eby'okusomesa ku by'okwegatta mu masomero ag'olukale agasiniya mu Amerika ebisinga byafuuka misomo ku ngeri y'okukozesaamu kondomu, okwewala obulwadde, n'okufuna engeri y'okuggyamu embuto. Endowooza esinga okusaasaana mu U.S. erabika okubeera nti abavubuka bagenda kwegatta mu buli ngeri, n'olwekyo tulina kubayamba okwegatta mu ngeri entuufu etabaviiramu mitawaana. Empisa oba enneeyisa ennungi tebitera kubaweebwa, era bwe byogerwako, tebyogera ku ddiini, eby'omwoyo, oba okusanyusa Katonda. Ebibiina ebigatta ebikula byombi bimalamu omuvubuka ensonyi ez'obutonde. Ne mu bibiina ebyawula abalenzi n'abawala, abaana bakubirizibwa okugezesa eby'okwegatta, era ne baweebwa obukodyo mu ngeri y'okunywegera oba okwematiza nga ekitundu ku "kuvumbula okw'obutonde okw'okumanya eby'okwegatta." Abaana Abasiraamu abatawulirangako bintu bwe bityo baba tebajja kumanya butya bwe beeyisaamu, era bangi baba bawulira nga baswala nnyo ebyo okubibuuza ku bazadde baabwe.

## Okukozesa Obubi Eby'okwegatta! Kikulu Kukoma Wa?

Okusinziira ku Busiraamu, okwegatta kwonna mu by'obufumbo okuli ebweru w'obufumbo (zinaa) kubalibwa nga okwonoona mu mpisa ne mu ddiini. Abantu abamu bagamba nti okwonoona okuli mu kwegatta bwe kuvaamu abaana abatali mu mateeka, kiyinza n'okuvaamu embeera embi ennyo – mu mbeera ezisinga obungi – eri ekitundu n'okusinga obutemu.

Obwenzi buyinza okubaako eky'amaanyi kye bukola ku maka n'ekitundu okumala ekiseera ekiwanvu emirembe emingi egiggya mu maaso. Ebiva mu bwenzi biyinza okweragira mu emu oba okusingawo ku ngeri zino wammanga: endwadde, okuggyamu embuto, abaana abaliko obulemu (bw'eba endwadde y'obukaba nga y'esiigiddwa omukyala ali olubuto), abaana ab'obwenzi, amaka agaddukanyizibwa omuzadde omu, amaka agasasise, olulyo olutabule (nasab), okumenya obwesige, n'okukola obwamalaaya.

Obwenzi bukkakkanya ekitiibwa ky'obuntu n'enkolagana wakati w'abantu. Ekitundu ky'abantu ekyekkiranya mu kutyoboola ebintu ebimenya enkola erina okugobererwa mu by'okwegatta (okugeza ekikkiriza okwenda) kiyinza okukomekkereza nga kitaddewo enkola esinga okubeera ey'omutawaana (okugeza obwamalaaya) nga tekifuddeeyo oba kumenya amateeka. Amateeka g'ekitundu bwe gamenyebwa mu kipimo ekitono, kiba kijja kuba kyangu okumenyebwa mu bipimo ebinene. Okwenda limu ku mazambi amanene Katonda Oweekitiibwa g'abonereza kuno kunsi ne ku Lunaku Lwenkomerero.

Obusiraamu tebutwala kwenda nga ekyonoono ekikwata ku muntu omu yekka, naye era bukitwala nga obulumbaganyi ku bantu abawangaalira mu kitundu. Bwe kukkirizibwa, kwonoona omuzimbo gw'ekitundu, okutandikira ku musingi gwagwo, nga ge maka. Mu Kulaane, ekibonerezo ky'okwenda kwe kukubwa kibooko kikumi mu lujjudde. Obwenzi bubi nnyo eri ekitundu ekituusisa ne mu biseera ebyayita, okuttibwa n'amayinja okuba nga kyali kyetaagisa (kwe kugamba Bayibuli, Ekyamateeka 22:23–24). Wabula okutta omwenzi n'amayinja tekuliimu mu Kulaane era abamanyi Abasiraamu bangi eky'okutta n'amayinja bakigaanirawo butereevu.



Olw'obukulu bw'ensonga n'okutyoboola ekitiibwa ky'omuntu ebigoberera okulumiriza eky'obwenzi, abajulizi Abasiraamu bana abategeera obulungi, abali mu myaka egy'obukulu, ate nga beesigika, bateekeddwa okuwa obujulizi mu kkooti ku kalonda yenna eyabaddewo nga obwenzi bukolebwa. Eky'okwagala abajulizi abana kigendererwamu okukuuma ebyama n'ekitiibwa ky'abo abalowoozebwa n'okuwa obubaka nti obwenzi era kintu ekikwata ku bantu bonna awamu. Abantu bonna tebalina musango okuggyako nga abajulizi abana abeesigika nga bajulidde ekitali ekyo. Abajulizi abakka wansi w'abana tebasobola kuwa bujulizi obutwalibwa era abalamuzi bayinza okukkaanya nti Ndagabutonde eyinza okukkirizibwa nga obujulizi. Obwenzi obuba bukoleddwa mu maaso g'abajulizi abana oba okusingawo kuba kulangirira mu lwatu n'okusaasaanya ekibi mu kitundu okusingako eky'okumatiza obumatiza obwagazi bw'omuntu nga akozesa amakubo ag'ekyama.

Okwongereza ku ekyo, obwenzi kutyoboola ndagaano y'obufumbo. Kumpi ekitundu ky'obufumbo obusooka mu U.S. buggweera mu kwawukana (CDC 2012). Mu U.K., mu 2012 waaliyo okwawukana kw'abafumbo kwa mirundi 13 buli ssaawa mu Bungereza ne Wales (omugatte gwa kwawukana 118,400) era nga okwawukana kumu ku buli musanvu kwaweebwa lwa nsonga ya bwenzi (Office for National Statistics 2014).

Ku bikwata ku kwegatta, endowooza eyogera kinene okusinga ebigambo. Endowooza entuufu ey'abantu mu kitundu ku by'okwegatta efaanana etya? Ndowooza ki gye tulina ku mpisa? Nga ekitundu, tubulamu abantu ab'okulabirako abalina empisa ezisingayo obulungi. Abaana abavubuse basoberwa olw'okubeerawo ebintu ebibiri ebikonaagana ebiri ennyo mu bulamu obw'olukale: ku ludda olumu, ekitundu ky'abantu abaatamiira eby'okwegatta era abasikirizibwa ssente. Olw'okufuna amasanyu n'amagoba, eby'okwegatta biragibwa kyere mu filimu, ne bigejjesebwa ku bipande ebiranga eby'amaguzi, ne bikozesebwa mu kusikiriza abaguzi. Ku ludda olulala, ekitundu kirangirira nti kikkiririza mu kweziyiza eby'okwegatta nga abantu tebannafuuka bafumbo. Embeera eno ereetawo obukuubagano n'obutakkiriziganya wamu n'okusika omuguwa. Ekitundu bwe kikkiriza ensibuko y'ebintu ebireeta obwagazi ey'olukale, tekiyinza kugaana nsibuko ey'ekyama ereeta obwonoonefu n'okuta abantu. Abavubuka bangi balina ebirowoozo "ebinunuddwa" nti "okubeera mu mukwano" kirimu okwegatta na buli muntu, awatali kufa ku butaba na bumaliri-

vu ku nsonga. Kino kituusa ku mbeera ey'okwegatta, ate era n'okwawukana kw'abafumbo.

Omuntu bw'akola obwamalaaya ayinza okufuna obulwadde bw'ekikaba, kabootongo, obulwadde bw'olususu, oba mukenenya (AIDS), oluvannyuma n'asiiga mufumbo munne atalina musango endwadde zino. Omukyala bw'asangibwa n'olubuto, endwadde eyinza okukosa omwana waabwe olubeerera. Omwana azaalibwa ayinza okuzaalibwa nga muzibe oba nga aliko obulemu. Omusajja bw'afuna mukenenya (AIDS), abeera y'avunaanyizibwa ku kufa empolampola okulimu obulumi okwa mukyala we n'omwana, naye yennyini!

Obwenzi bwe bubeeramu abaana buleeta embeera enzibu. Omusajja ayinza okuzaala abaana mu bakazi abalala n'agaana okutwala obuvunaanyizibwa obw'okulabirira abaana abo okuva mu mateeka lw'atali bba wa nnyaabwe oba bannyaabwe. Nga ayita mu bikolwa eby'okukwenyakwenya, aggyako abaana eddembe ery'okukuzibwa mu maka amatebenkefu, agalimu ekitiibwa, era agatudde entende. Okufaananako na kino, omukazi eyeegasse n'omusajja atali bba ayinza okufuna olubuto lw'omusajja omulala. Bw'asalawo kino okukikweka buli muntu, tasobola kukikweka mwoyo gwe. Era omwana ayinza okufa nga tategedde kitaawe mutuufu wadde abooluganda lwe. Taata omutuufu aba tajja kusobola kukola nga taata eri omwana we, era bba w'omukyala aba aliiriddwamu olukwe era aba ajja kubeera n'obuvunaanyizibwa ku mwana atali wuwe nga tamanyi. Olw'ebikolwa bye eby'obulyake, aggyako buli muntu eddembe lye eryobwebange ery'okumanya abantu be abatuufu. Taata gwe bakozeeko obulyake oba omwana ayinza okuvumbula ekituufu nga ayita mu kugeraageranya omusaayi oba okukozesa endagabutonde. Omukazi ayinza n'okukwatibwa n'okusaasaanya endwadde okugeza mukenenya (AIDS), kino ne kiviirako okuteeka obulamu bwa bba n'abaana mu katyabaga. Ebiseera ebisinga, omufumbo ayenze azuulibwa mu bwangu oba nga wayise akaseera, era kino kitera okuleetawo akanyamberege n'okwawukana kw'abafumbo, ekintu ekirina kye kikola eky'amaanyi ku baana, amaka, n'abantu b'omu kitundu.

Mu Busiraamu, ebibonerezo by'obwenzi birina kukolebwa mu kkooti z'amateeka yokka eramuza amateeka g'Obusiraamu. Abantu sekinnoomu tebayinza era tebateekeddwa kutwalira mateeka mu ngalo, naye balina okugenda mu mbuga z'amateeka n'obujulizi obwetaagisa. Ebyembi, abazadde abasajja abamu bava mu mbeera ne batta bawala baabwe ababa bafunye embuto nga tebannafumbirwa– wamu n'abalenzi mikwano gyabwe – nga kino bakikola olw'okwagala okukuuma ekitiibwa. Ebimu ku bikolwa eby'obutemu bino (okutta olw'ekitiibwa) byesigamizibwa ku kubuusabuusa olw'enneeyisa embi, era abalenzi, olw'okuba nga bbo balina eddembe lingi okutambula erisinga ku ly'omuwala, ebiseera bingi badduka ne bawona.

Waliwo okunyigirizibwa kungi eri abaana abavubuse okuva mu bitundu mwe bawangaalira okusobola okutuukana n'okuwuliriza bannaabwe be bawangaala nabo n'ebyamawulire g'empapula n'ebiweerezebwa ku mpewo. Singa mu kifo kya kino bawuliriza emitima gyabwe kye gibagamba, ebizibu bwe biti byalibadde byewalibwa. Abantu abatali bafumbo abagezaako okwegatta ngatebannayingira bufumbo bakisanga (wadde nga kiba kizze kikeerezi) nti kyali tekyetaagisa okusinziira ku byakivaamu. Okusasulira obudakiika obutono obw'okusanyukamu, beesanga nga boolekera ekiseera eky'obulamu ekijjudde emitawaana n'ennaku. Kuno kuyinza okubeera okusalawo okusinga obubi kwe baali bakoze mu bulamu bwabwe. Sso nga ate ku Lunaku lwokulamula, baliba baakubitebya eri Katonda Oweekitiibwa n'okubuuzibwa ebikwata ku bikolwa byabwe.

**Natalie, ow'emyaka 19 nga muyizi wa mwaka ogwokubiri mu yunivasite, annyonnyola okusoberwa kw'alimu** (Faber ne Mazlish 1982):

> **Bazadde bange nange tuwangaalira ku tteeka eritali ppandiike: Tewali bibuuzo ebigenda ewala, teri kuddibwamu kwaddala. Mu butuufu Tebaagala kumanya bigenda mu maaso. Ate nga siyinza kubabuulira. Ndi muwala mulungi alina empisa ez'omu bantu. Okusooka, kizibu gyendi okufuna omuntu munnange ayinza okunjagala mu ngeri ey'omukwano. Njagala okulagaanya ensisinkano. Ensisinkano ezisooka entono zibeera zisanyusa. Ezo ne zigobererwa okunyigirizibwa: oyitibwa ku bubaga okuli ebitamiiza n'enjaga (marijuana). Kitwalibwa nga ekyabulijjo nti ojja kwebaka naye. Era bagamba nti, "Bw'okikola, ensi ejja kumwenya naawe. Bw'otakikola, oba ojja kukaaba wekka." Bwe ntyo nzijudde ensa n'amaziga.**

Akabenje akava mu kino kwe kuba nga abaana abamu tebayinza kwawula wakati w'ekituufu n'ekitali kituufu. U.S. erina ekizibu kya mukenenya (AIDS), ekizibu ky'ebiragalalagala, n'ekizibu ky'ebikolwa eby'obukambwe. Teri kizibu ku bino kiba kijja okuvaawo okutuusa amasomero lwe ganaddamu okukifuula omulimu gwago okusomesa empisa ennungi. Ebisomesebwa mu masomero birina okuteekawo embeera ey'empisa ejjuuliriza okuluŋŋamya kw'abazadde. Amasomero amazira ekimala okunyweza n'okussa mu nkola emisingi gy'enneeyisa ennungi malungi mu kuzimba ekitundu ekirungi okusinga eggye ly'abasawo, ababuulirizi, poliisi, n'abakola ku nsonga z'empangaala y'abantu.

## Ennono Ya Bulayimu Egaana Obwenzi

Ebintu bino nga bwe bigenda bigoberegana, byonna oba ebimu ku byo, bitera okubeerawo mu mirembe gy'abavubuka egiriwo:

Omulenzi n'omuwala abaagalana → Okukemebwa n'okusendasendebwa → Okwegatta nga si bafumbo → Okufiirwa eky'okubeera embeerera n'ekitiibwa → olubuto olutali lwesiimire → (okuggyamu embuto oba obufumbo obukake nga ekiseera tekinnatuuka oba abaana abatali mu mateeka ekigobererwa → okukuzibwa abatali bazadde b'abaana) → obwavu n'okuwangaalira mu bugubi → okukutukawo kw'enkolagana y'amaka → endwadde → okufa!

## Ensonga Eri Emabega W'ekibonerezo Ky'obwenzi

Wadde nga kirabika nga kyewuunyisa mu matu ag'omulembe guno okubala obwenzi nga obumenyi bw'amateeka, naye mu Busiraamu kiri bwe kityo, nga kino kinnyonnyola engeri ebikolwa bino gye bikoma mu kukosa obulamu bw'abantu n'ebitundu mwe bawangaalira. Ensonga eno yeetaaga okutegeera ennyo embeera z'abantu. Tujja kutunuulira ebintu bina: Obubaka okuva eri Katonda, amagezi, obutonde, n'ekikolwa kyennyini.

Ekigendererwa ekikulu eky'etteeka ly'okubonereza kwe kuteekawo emirembe n'obutebenkevu mu bitundu omuwangaalira abantu. Obumenyi bw'amateeka bwe buba bukwata ku byabugagga na kutemula, amateeka g'Obusiraamu

gaba geetaaga abajulizi babiri bokka okukakasa ekituufu. Wabula, obumenyi bw'amateeka bwe buba bukwata ku bwenzi (obwagazi n'okwegomba), abajulizi bana be beetaagisa. Lwaki? Kubanga ensonga wano teri ku kwonoona okw'omuntu nga ye, naye era ne kye kikola mu kitundu okukolera ekikolwa mu lujjudde, ekitegeeza, nti okukikola nga waliwo waakiri abantu bana. Okukola ekyonoono kino mu lujjudde luwenda mu kusaasaanya ekivve n'okikolwa ekibi kino.

Era waliwo obwetaavu bw'okuteeka mu bipimo ebituufu okuziyiza ekivve kino n'okukuuma eddembe ly'omuntu n'ekitiibwa kye. Waliwo enjawulo ennene wakati w'okukolera ekyonoono mu kyama okumatiza obwagazi obw'omuntu n'okukolera ekyonoono mu lujjudde okusaasaanya obwonoonefu mu bantu n'okuteeka ekitiibwa kyabwe n'emirembe gyabwe mu katyabaga. Eky'okulabirako ekirungi kyaliwo mu biseera bya Kaliifa Umaru ibn al-Khattwab, eyawulira abantu nga bayimba banywa – bwe yali ayita ku nnyumba emu – n'awalampa ekisenge alabe ekyali kigenda mu maaso. Wadde nga yayagala okubateekako omusango, baamuddamu nga bwe kitaali kituufu Kaliifa okuwalampa ekisenge n'abaketta. Yategeera ensobi ye era n'abaleka n'atabaako kye yabakola. Ku ky'obwenzi, abajulizi bwe baba tebawera bana, olwo baba tebalina kwatula kigambo kyonna ku kiki kye baba balabye, ekitali ekyo baba bajja kubonerezebwa olw'okutemerera n'okuleetawo akajagalalo mu kitundu. Obusiraamu tebuwagira kya kutumbula bwonoonyi na bivve kubanga kino kibifuula ebyabulijjo, kino ne kireetawo okugenda nga bikkirizibwa mpola n'okubigumiikiriza mu kitundu.

## Endwadde Ezisaasaanyizibwa Nga Ziyita Mu Kwegatta (STDs)

Abaana abavubuse bayinza okufuna endwadde eyakazibwako erya "mono" (mononucleosis) nga kino kiva ku omu okunywegera munne; erumba ekibumba era yeetaaga essande nnyingi ez'okuwummula ku kitanda. Endwadde endala ezisiigibwa ezisaasaanyizibwa nga ziyita mu kwegatta ze zino:

- enziku, eyinza okufuula abasajja n'abakazi abagumba (abatasobola kuzaala)
- okubutuka mu bitundu eby'ekyama, ereeta okubutuka n'amabwa agaluma ennyo mu bitundu by'omuntu eby'ekyama era ne gagenda nga bwe gakomawo obulamu bw'omuntu bwonna.
- kabootongo, ayinza okwonoona kumpi buli kitundu eky'omubiri gw'omuntu.
- AIDS (Auto Immune Deficiency Syndrome) aleeta okufa empolampola mu bulumi obungi. Okukozesa eddagala erya antiretroviral kuyinza okukeereya okufuna mukenenya (AIDS) okumala emyaka egiwera.

Abafumbo okubeera abeesimbu ne bateegatta mu by'obufumbo na bantu balala okuggyako na munne bwe bali mu bufumbo lye kkubo erisinga okubeera eryesigika eriyinza okuyitibwamu okwewala okufuna obulwadde bw'obukaba (nga oggyeeko okweziyiza eby'okwegatta). Endwadde z'obukaba zisaasaanyizibwa bantu abatali bafumbo abeegatta n'abantu abawera, oba abafumbo abateekuumira bafumbo bannaabwe ne beegatta n'abantu abalala mu kyama. Mu myaka gy'ana, endwadde y'obukaba eyali emanyiddwa obulungi yali kabootongo n'enziku. Olwaleero endwadde empya zizuulibwa buli kakedde era zigenda zeeyongera okubeera enzibu okujjanjabibwa. AIDS n'obulwadde bw'okusiiyibwa mu bitundu ebyekyama (herpes), ndwadde azitamanyiddwako ddagala lizivumula.

Mu ngeri emu, endwadde zino ezitangira zigenderera okukomya okukyama okuva ku nkola y'obutonde okuva ku bitundu by'abantu ebyonoona ekyere.

**Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:**

"Buli bantu lwe bava ku mulamwa mu by'okwegatta ne batandika n'okukikkiriza okukolebwa ekyere, kawumpuli n'endwadde endala eziba tezimanyiddwa baababasooka zitandika okulabika ne zibasaasaanamu."

(IBN MAAJAH)

Ebizibu eby'obulamu ebiva mu kwegatta okw'abatali bafumbo era mulimu okuwulira obulumi okuva ku kwegatta, kansa wa nnabaana, n'embuto z'abaana abavubuse ezitali zaakyeyagalire.

Okukosebwa okw'ebika ebitali bimu mu bitundu eby'ekyama kusoboka ebitundu ebyo bwe biba nga tebinnakula bulungi okutandika okukozesebwa mu by'okwegatta. Ebiwundu bino bivaako ebizibu ebitwala ekiseera ekiwanvu okuwona. Kansa wa nnabaana alowoozebwa okuba nga ava ku kwegatta nga obudde bukyali n'abantu abangi.

Enkyukakyuka ez'ebyokwegatta mu myaka gy'enkaaga mu U.S. zaayongera ensaasaanya ku by'obulamu. Okusinziira ku American Sexual Health Association, mu 2008 waali wabalirirwa okubeerayo endwadde z'ekikaba (STDs) eziwera obukadde 110 mu basajja n'abakazi mu U.S., era buli mwaka abatiini omu ku buli bana yakwatibwanga obulwadde bw'ekikaba. Association egamba nti, "Ebitundu waakiri 15 ku buli kikumi eby'abakazi bonna Abamerika abatasobola kufuna mbuto ekizibu kiba kiva ku kwonooneka kwa mikutu egimu ekiva ku buwuka obuleeta obulwadde bwa STD obumu obuba butajjambibwa." Mu 2012, waliwo endwadde za chlamydia ezaayogerwa n'endwadde z'enziku 334,826 ezaayogerwa mu U.S., okwo nga kwoyongereza endwadde za STD endala (CDC). Obulwadde bwa mukenenya bwongereza ku kutya kwaffe kwe tulimu. Mu Bungereza, waliwo endwadde za STD 440,000 ezaalabwa mu 2014. Obulwadde bwa STD obwasinga okulabwa bwe chlamydia. Mu myaka ekkumi emabega, endwadde z'enziku, kabootongo, obuzimba n'okubutuka mu bitundu eby'ekyama byeyongedde nnyo naddala mu basajja. Abasajja abeegadanga ne basajja bannaabwe bafuna nnyo obulwadde bwa STD: wakati wa 2013 ne 2014 waaliwo okweyongera kwa kabootongo ebitundu 46 ku buli kikumi enziku ebitundu 32 ku buli kikumi mu basajja abo, era nga kino kyali ebitundu 81 ku buli kikumi ebya kabootongo eyalabibwa n'ebitundu 52 ku buli kikumi eby'obulwadde bw'enziku obwazuulibwa (Public Health England 2015).

Ebintu ebitera okuvaako kansa wa nnabaa**na** mulimu: Okwegatta n'abantu abangi n'okufuuweeta sigala. Abakazi abayinza okusinga okukwatibwa obulwadde obwo balina okugezesebwa nnabaana buli lwe wayitawo akaseera. (Cancer Research UK)

US erina omuwendo ogusinga obunene ogw'endwadde z'obukaba ezisobola okuvumulwa okusinga eggwanga eddala lyonna mu nsi ku mawanga agaakula. Buli mwaka waliwo abantu obukadde 20 abapya abakwatibwa obulwadde bw'obukaba (CDC). Olwaleero, abatiini abawala bana ku buli 10 ababa baakwatibwa obulwadde bwa STD obuyinza okubaviirako obugumba oluusi n'okufa (Office of Adolescent Health).

## Okwagalana Okw'abalenzi N'abawala

Abaana abato ennyo tebafaayo ku ani gwe bazannya naye, wadde nga okuva ku myaka munaana, abalenzi abasinga, basinga kwagala okuzannya na balenzi n'abawala abasinga obungi bettanira kuzannya na bawala. Abaana bulijjo bafuna enkolagana "ey'emikwano egisinga obulungi" wakati w'emyaka 10 ne 12, era bakuuma emikwano egyokumpi gino ebiseera byabwe eby'obutiini (D'Oyen 1996). Omusajja bw'akula, emikwano gye n'abasajja abalala gigenderera okubeera emikulu. Byonna bwe bibeera obulungi mu

maka, abeera n'enkolagana ennungi ne kitaawe, baganda be, bakitaawe abato, n'abaana bakitaawe abato, n'oluvannyuma nga wayiseewo ekiseera abaana be abakuze. Omukyala omufumbo agenda mu maaso n'okufuna emirembe mu kubeera n'omukwano n'abakazi abalala okugeza nnyina ne baganda be, abooluganda, baliraanwa, n'abakazi abalala.

Enkolagana ey'emikwano eteriimu bigendererwa birala terina mutawaana kasita giba nga gikuumiddwa mu nsalo ezimu. Omulenzi n'omuwala abatali baaluganda olw'okumpi oba bamahram (abantu abatakkirizibwa kufumbiriganwa) tebateekeddwa kweyawula okumala ekiseera mu kifo ekyekusifu (ekitali kyalukale); bombi balina okubeera abakkakkamu era nga balimu ensonyi mu nnyambala yaabwe n'enneeyisa, era okwogera kwabwe ne bakukomya ku bintu eby'ekintukiramu. Okuteekateeka ensisinkano n'enkolagana ey'omukwano wakati w'omulenzi n'omuwala, nga bwe biri mu bitundu by'abantu ebiwera, tekkirizibwa mu Busiraamu. Emikolo egy'okusisinkana kw'abamaka, ebintu ebikolebwa ku muzikiti, n'okulambulagana okw'abemikwano biyinza okuwa emikisa emingi egy'okukubaganya ebirowoozo n'okufuna akaseera akalungi wakati w'abalenzi n'abawala mu nsalo ezikkirizibwa ezirimu ensa.

Mu bitundu bingi, kyabulijjo eri abalenzi n'abawala okufulumako bonna ku nsisinkano n'okubeera n'emikwano mingi egy'abalenzi n'abawala nga tebannafumbirwa. Bakkiriza mu nsobi nti baba bajja kufuna akakisa okufuna obufumbo obulungi bwe beegatta nga tebannafumbirwa oba kuwasa. Oba balowooza nti bateekeddwa okugezaako abantu abenjawulo okusobola okufuna omutuufu. Oba baba baagala "kwesanyusaamu." Ebiseera ebimu bawangaala bonna nga beeyisa nga omwami n'omukyala naye nga si bafumbo; kino kiyitibwa "okusula bonna." Bayinza n'okufuna omwana nga tebannasalawo kufumbiriganwa, oba bayinza n'okusalawo obutafumbiriganwa.

Enneeyisa bw'etyo tekkirizibwa mu ddiini nnyingi olw'ebizibu ebingi by'ereeta. Ekikwasa ennaku kwe kuba nga okunyigirizibwa kw'abantu abavubuka okweyisa mu ngeri bw'etyo kugenda kweyongera amaanyi. Ebirango by'obusuubuzi ebibeera ku terefayina, filimu, emitimbagano gya kompyuta, n'ebitabo ku masomero tebikoowa kugezaako kumatiza bantu nti bwe bataba na baganzi baabwe omulenzi oba omuwala, baba baliko ekikyamu! Abaana abamu abasomi abali mu myaka emito egiri ne mu mwenda bagezaako okweyisa nga abantu abakulu bwe beewaanira mu bintu bye baba bakoze ne bannaabwe ab'ekikula ekirala, nga kiri nga ekintu ekisanyusa. Bagezaako okufuula abaana abalala ababa batabeegasseko abeeyisa ekikadde oba abasiru. Naye ddala kiki ekiba kigenda okutuuka ku baana bano bwe bagenda bakula?

Abaana abato ababeera ennyo n'abekikula ekirala ku myaka emito batera kuva mu maka agalina ebizibu. Bazadde baabwe bayinza okuba nga baayawukana, oba bayinza okuba nga tebafuna mukwano gumala oba okufiibwako awaka. Emikwano baginoonya mu bantu ab'ekikula ekirala ababa bajja okubanywegera babakwateko era bababeesebeese. Kino kyakabi nnyo, kubanga engeri gye bawuliramu eyinza okubava mu ngalo mu bwangu era n'ebatuusa ku kwegatta nga tebannatuuka, era kino kiba kijja kubatuusa mu mitawaana egigenda gyetuuma.

Abatiini bwe babeera ne baganzi baabwe abalenzi oba abawala nga tebannafumbirwa, mu maaso g'Omusiraamu, bafuuka "abakozeseddwa" nga engoye enkadde ez'emivumba. Bwe bagenda mu maaso n'okwegatta nga tebannafuna bufumbo, baba tebakyali mbeerera. Ebyobuwangwa bingi okwetooloola ensi bissa essira ku ky'okubeera embeerera (naddala ku bawala) bwe baba bagenda okufumbirwa, era abawala abo abeeyisa mu ngeri eteri ya buvunaanyizibwa bayinza okufiirwa ekitiibwa ne bafuna n'obuzibu okufuna abaami abassikamu ekitiibwa. Wabula, Obusiraamu bukitwala nga kikulu okwefuga



n'okuba n'ensa eri abasajja n'abakazi. Abazadde abasinga mu by'obuwangwa bino bagaana okuwa abaana baabwe omuvubuka amanyiddwa okubeera malaaya era alina abawala abangi. Omusajja bw'atyo ayinza okukula nga akooye mukyala we nga wayise akaseera katono awo n'apaala n'omukazi omulala, oba ayinza obutamuwa kitiibwa wadde okumuyisa obulungi.

Okwegatta mu by'obufumbo kuyinza okuvaamu okufuna olubuto kubanga okweziyiza okuzaala si bulijjo nti kukola. Omuwala bw'afuna olubuto oluva mu bwenzi, kiba kibi nnyo eri ye n'omwana gw'azadde era eky'obuswavu eri amaka mw'ava. Obwamaama buvunaanyizibwa obukooya ne ku bakazi abakulu abali mu maka agatambula obulungi. Kiva mu mbeera esoboka, bwe kituuka ku muwala atali mufumbo afuuse maama ku myaka 11 azaalidde taata ow'emyaka 14 atali mwetegefu kukola bwataata, era nga bombi bayingira mu bifo ebyo nga tebalina buyambi kuva waabwe. Kitera okuba nga tebannakula mu byenjigiriza, mu birowoozo, ne mu byenfuna. Bwe batyo tebasobola kwekolera bulamu bulungi obwabwe n'obwomwana. Kino tekibeera kyabwenkanya eri ebbujje eritalina musango. Ebiseera ebisinga, omulenzi afuna okutya n'agaana okukkiriza nti ye kitaawe w'omwana, era oluvannyuma aba tajja kuba na ky'avunaanyizibwa ku muwala. Olwo omuwala asigala yekka n'omwana omuto, aba tajja kufuna omukwano n'obuyambi bwa taata. Abantu ab'ekika ekyo beesanga mu kaseera akazibu. Bayinza obutasobola kumaliriza misomo, era abazadde bombi bayinza okufuna emirimu egitasanyusa okusobola okusasulira bye bakozesa.

Mu bitundu endowooza ezenjawulo mwe zikkirizibwa, kiki abazadde kye bayinza okukolera bawala baabwe n'engeri abawala gye baagalamu ennyo abalenzi? Muwala waabwe bw'agenda akula, abazadde bayinza okulaba engeri omuwala gy'atandise okulabamu abalenzi. Baba bajja kumuwulira nga ayogera ku mulenzi "omuliro" ali wali. Omulundi ogusooka abazadde lwe bawulira muwala waabwe nga ayogera ku nkolagana eteri mu mateeka, bayinza okuwulira nga tebateredde. Okulowooza ku mulenzi bw'atyo (gwe batwala nga ekisodde) nga atutte okwagala kwa muwala waabwe, oluvannyuma n'amusendasenda okubeera n'enkolagana ey'omubiri naye kuba kujja kuleetera abazadde kantoolooze.

Kikulu omutima gw'omuwala okujjula omukwano gwa taata era n'asomesebwa okwewa ekitiibwa, okubeera n'obuvunaanyizibwa, n'ebintu ebikulu mu by'obuwangwa bw'abantu, olwo bw'asanga omusajja aliko wansi mu kwewa ekitiibwa n'empisa (ate nga alina obwagazi obutali bwabulijjo), aba tajja kukosebwa maanyi g'amuteekako. Okuva bazadde be lwe babeera nga bamusomesezza butya bw'ayogera nabo, aba ajja kubabuulira ebikwata ku balenzi. Bwe waba tewakyali byama, okutya kw'abazadde kuba kujja kukendeera. Okumusomesa engeri y'okunyumyamu nakyo kiba kijja kumuyamba okwekuuma abalenzi, kubanga ajja kuba n'okwekkiririzaamu n'obukugu okugamba nti, "ekyo tekikkirizibwa," mu kifo ky'okumala gakkiriza okusaba kwe mu kasirise.

Abazadde balina okunnyonnyola muwala waabwe ebintu ebitali bituufu ebimala gakkirizibwa eby'okugwa mu mukwano n'abalenzi. Ebiseera bingi abalenzi bagezaako okusalira abawala amagezi, era abawala abamu bagezaako okusalira abalenzi amagezi! Omuwala"omulungi" ayinza okukkiriza eky'okwegatta nga agudde mu mukwano. Eno ensonga emu lwaki omuwala omutiini atera nnyo okugwa mu bitimba by'okukwanibwa n'ebigambo "ebiwoomerera" okuva mu balenzi. Ebigambo ebiraga omukwano biyinza okumukkirizisa ekikolwa ky'omukwano. Alowooza nti ekituufu gy'ali era kiba kituufu eri abalenzi. Omulenzi ayawukana nnyo ku muwala mu mubiri n'omwoyo, era akuzibwa mu ngeri yanjawulo. Omulenzi ayinza okwegatta nga tagudde mu mukwano, era atera okufuna obwagazi, ne bwe waba tewali bawala. Oluvannyuma ayinza okunoonya okwemalako ennyonta, era "omuwala" agimumalako asobola okubeera yenna ali okumpi. Embeera ey'ekirumira mpuyi bbiri emukkiriza okwegatta awatali kussaayo mwoyo. "Funa akaseera akalungi, naye tomuleeta ka," magezi agakyamya abalenzi.

Mulimu gwa muwala obutakkiriza kukozesebwa nga ekikozesebwa, era buvunaanyizibwa bwa mulenzi obutakozesa muwala nga ekisiimuula. Abalenzi n'abawala bombi balina okumanya nti waliwo amateeka amakakali ku kubeera mu mukwano n'okwegatta. Tekiba kyabwenkanya eri omuwala okusaagira n'okusikiriza omulenzi. Tekiba kyabwenkanya era omulenzi oku-

**KU NKOMEREO, YAMALA N'AKKIRIZA …**

EDDA MU 1962 BWE NNALI NSOMERA MU YUNIVASITE Y'E LIVERPOOL, NNALINA MUKWANO GWANGE OMUSIRAAMU EYATERANGA OKUFUNA ENSISINKANO N'ABAWALA AB'OMUKITUNDU ABATALI BASIRAAMU. NATERANGA OKWOGERA NAYE KU BIBI EBIRI MU NSISINKANO, NAYE NGA BUTEERERE. WABULA NGA WAYISE EMYAKA ESATU EGY'OKUKOLA ENSISINKANO, LUMU YANG'AMBA BW'ATI: "OMANYI, GGWE OJJA KUBEERA MUSANYUFU BW'ONOOWASA KUBANGA MWEMBI NE MUKYALA WO MUJJA KUBA NGA TEMWEGATTANGAKO KU LUNAKU LWE MULIKOLA EMBAGA BWE KITYO GUJJA KUBA NGA GWE MULUNDI GWAMMWE OGUSOOKA OKUBEERA MU MBEERA EY'OMUKWANO, ERA EKIRABO KYA KINO KIJJA KUBA NGA KYAMUWENDO NNYO ERA EKIWA ESSANYU ERIYITIRIDDE. NAYE NZE, BWE NDIWASA MUKYALA WANGE AJJA KUBA OMUWALA OMULALA MU BAWALA ABANGI BE NNEEGATTA NABO. EKITEGEEZA NTI OMUKWANO OGULIBEERAWO TEGULIBA GWANJAWULO WADDE OKUBAAMU EKITIIBWA!"



**Obulamu b'abatiini Abamerika abafuna embuto bufaanana butya? NCSL baawandiika nti: "Bamaama abatiini ebitundu 40 ku buli kikumi bokka be bamalako emisomo gyabwe egya siniya eyaawaggulu…bibiribyakusatu eby'amaka agatandikibwa abatiini gawangaalira mu bwavu, era kumpi agamu ku maka ana gaba gajja kuwangaalira ku nsawo edduukirira mu myaka esatu okuva omwana lw'azaalibwa…Abaana abazaalibwa bamaama abatiini bakola bubi nnyo mu bintu bingi ebiraga okwetegeka mu ssomero, baba balabika okuddamu ekibiina, era baba balabika nnyo okusinga ku baana abazaalibwa bamaama abakulu obutamalaako misomo."Abaana abazaalibwa abaana abasuumuseemu nabo baba balabika okufuna ebizibu mu bulamu, baba bajja kusibibwako mu kkomera, era nga bajja kubulwa emirimu nga abavubuka (Hoffman SD byayogerwa CDC). Mu U.S., obuwumbi n'obuwumbi bwa ddoola bukozesebwa buli mwaka mu kuyamba bamaama abatiini mu by'ensimbi n'ebyobulamu.**

Teri Baana Batali Mu Mateeka Baba Bazadde Abatali Mu Mateeka Ababa Balina Amabujje Agatalina Musango!!

(WEISS 2007)



nyigiriza omuwala. Omulenzi ayinza okugoberera obwagazi bwe mu ngeri ey'ekizibu ky'amaaso era ayinza okugenda okukoma omuwala gy'aba amulesse okutuuka, awatali kubuuza bwetegefu bw'omuwala oba obuvunaanyizibwa bwe (obw'omulenzi).

## Abaana Okufuna Abaana: Okuggyamu Olubuto N'okuzaala Omwana Atali Wuwo Mu Busiraamu

Okwegatta nga abantu tebannafumbiriganwa emu ku ngeri z'okukozesa obubi okwegatta okuyinza okuvaamu okufuna olubuto. Awamu n'amakubo gonna agakozesebwa okuziyiza okufu-

na olubuto, embuto eziwera eziba ziteetegekeddwa zifunibwa mu bamaama abatannafumbirwa. Kino kiyisa bubi nnyo omuwala afunye olubuto nga tannafumbirwa. Okwongereza ku kuzitoowererwa mu mwoyo, aba ateekeddwa okusalawo ekimu ku bibi ebibiri: okuggyamu olubuto oba okufuuka maama atali mufumbo alina omwana ow'obwenzi olubeerera. Embeera bwe zityo kintu ekitera okuzuuka: wadde nga omuwendo gw'abatiini abafuna embuto gwakendeera mu U.S. okuva we gwabeerera waggulu ennyo mu 1991, mu 2013 kumpi ebitundu 89 ku buli kikumi ku baana 273,105 abaazaalibwa abakyala abaali wakati w'emyaka 15-19 mu U.S. baazaalibwa wabweru w'obufumbo (byakuŋŋaanyizibwa CDC nga byawandiikibwa Office of Adolescent Health).

## OKUGGYAMU EMBUTO

Kituuse kikeerezi: abazadde bavumbudde nti muwala waabwe ali lubuto. Kiki kye bayinza okukola – nga abazadde – okugonjoola ekizibu kino? Amagezi gabagamba nti endagabutonde (DNA) yeeyambisibwe okumanya kitaawe w'omwana. Bw'azuulibwa olwo alagirwe okuwasa "omuwala atalina musajja" amufuule omukazi assikamu ekitiibwa!

Omuwala atali mufumbo ali olubuto, amanya nti tayinza kulabirira mwana nga ali yekka, ayinza okwagala okuggyamu olubuto. Aba ajja kunoonya omusawo aba ajja okuggyamu omwana mu nnabaana we nga tannagejja, abe nga atta omwana atannazaalibwa. Abamu bakkiriza nti okuggyamu olubuto kintu ekikkirizibwa era nti omwana atannazaalibwa aba tannafuuka muntu mu myezi emitono egisooka egy'olubuto.

Wabula, omwana atannazaalibwa abeera mulamu okuva akatonde akalamu lwe keegatta ku ggi, era singa eggi eririikiriziddwa liba lirekeddwa nga teritaataaganyiziddwa, liba lijja kukula lifuuke omuntu omujjuvu. Mu Kulaane kyogerwako mu ngeri eteri etennyonnyoddwa ne mu Hadiisi mu ngeri ennambulukufu nti omwana ali munda aba tannafuna mwoyo okutuusa mu mwezi ogwokuna. Singa omwana atannazaalibwa ow'omukazi – okuva ku mwezi ogwokuna – afa olw'ensonga yonna mu biseera by'olubuto ebiddirira omukazi n'avaamu olubuto, omwana aba ateekeddwa okuweebwa erinnya, n'aziikibwa mu kitiibwa, era ne bamusabira. Obusiraamu buyigiriza okubeera n'ekisa n'okussa ekitiibwa mu bulamu bw'abantu bonna. Buli muntu alina eddembe okuwangaala (okuggyako nga azzizza omusango ogwannaggomola, okugeza okutemula, oguliko ekibonerezo ky'okuttibwa). Kino kiyitibwa eddembe ly'okubeera omulamu era nga ly'eddembe ly'obuntu erisinga okubeera ery'obwebange Omutonzi ly'awa buli muntu. Bwe kityo, abamanyi Abasiraamu abasinga obungi okuggyamu olubuto awatali nsonga ntuufu bakubala mu ngeri y'emu nga okutta kubanga kuba kutta muntu atalina musango. Ekiseera kyokka omukazi lw'akkirizibwa okuggyamu olubuto ky'ekyo singa olubuto okusigalamu lussa obulamu bwe mu katyabaga, era, okusinziira ku batapusi b'amateeka abamu, bw'aba nga yasobezebwako lwampaka oba nga owooluganda lwe ye yeegatta naye. Abamanyi abalala eky'okugaana okuggyamu olubuto bakiteeka ku kiseera nga omwoyo gumaze okufuuyibwa mu mwana ne babala ensonga endala okuba nga zikkirizibwa mu myezi ena egisooka. Awamu n'ekyo, Obusiraamu tebuwagira kuggyamu lubuto ekiseera kyonna ne bugaanira ddala okuggyamu olubuto okutandika ku myezi ena. Okuggyamu olubuto kukkirizibwa mu mbeera ezimu: okuziyiza akabi akayinza okutuuka ku bulamu bwa maama, oba okwewala embeera embi ennyo eyinza okutuuka ku kitiibwa ky'amaka, n'okwewala entiisa mu mwoyo ne mu mpangaala eyinza okutuuka ku maama, omwana, n'amaka gonna okutwalira awamu.

Wadde nga okuggyamu olubuto kukkirizibwa mu mbeera entono mu ndaba z'abamanyi abamu, tekukkirizibwa nga ekkubo ery'okukugira okuzaala oba okwewala ebizibu by'ebyenfuna eby'olubuto oluteetegekeddwa. Singa omuwala alina olubuto asalawo okusigaza omwana,

aba ajja kufuuka omuzadde omu akuza omwana atali mu mateeka – embeera ereeta ebizibu ebitoogerekeka eri maama atannafumbirwa n'omwana atalina kitaawe.

## ABAANA ABOOLE MU BUSIRAAMU

Nga bamaze okukola kyonna ekisoboka okuziyiza okwegatta okuli ebweru w'amateeka, abazadde bwe beesanga awamu n'ekyo nga balina omuzzukulu awaka, kiki kye bayinza okukola? Abazadde bangi ab'abawala abafunye embuto nga tebannafumbirwa ebiseera ebisinga bawulira munda nga bali mu buswavu olw'enneeyisa ya muwala waabwe etekkirizibwa era baba tebaagala kuyamba kutwala buvunaanyizibwa bwa kulabirira mwana azaaliddwa wabweru w'obufumbo. Obusiraamu bukkiriza okuwaayo omwana agende alabirirwe awalala. Obusiraamu buwagira okuwaayo omwana okulabirirwa nga ekkubo ery'okulabirira bamulekwa (abato). Wabula, ebyobugagga by'abaana birina okukuumibwa, wamu n'okumanya olulyo lw'omwana. Bamaama abatannafumbirwa ebiseera ebisinga balina okuwaayo abaana baabwe bagende balabirirwe awalala era bayinza obutaddayo kubalabako. Bulijjo baba bajja kusigala nga beewuunya gyebali, ate n'abaana bwe bakula ne bamanya nti baayolebwa boolebwa, baba bajja kwagala okumanya bazadde baabwe abaabazaalira ddala n'abooluganda lwabwe.

Abaana abaweebwayo okulabirirwa si bonna nti beesanga mu maka malungi. Abaana abamu tebaweebwa bazadde banaabakuza. Bayinza okukuzibwa nga bamulekwa oba okutambuzibwa mu maka g'abayonsa okuva ku gamu okudda awalala, gye bayinza okuyisibwa obubi. Mu bitundu ebimu, bwe kitegeerekeka nti omwana wa bwenzi, bamulangira era n'atakkirizibwa balala. Abaana bwe batyo – olw'okwekyawa olw'engeri gye bayisibwamu – ebiseera ebisinga bakula nga baana baamutawaana.

Abaana aboole bayinza okutwala amannya ga taata aba abakuzizza? Kulaane olulyo erutwala nga kintu kikulu, era egaana olulyo lw'omuntu olutuufu okubuzaabuzibwa.

> *Era abaana (be mutazaala) be mweyita tabafuulanga baana bammwe bwoya. Ebyo bigambo byammwe bye mwogera n'emimwa.* (Kulaane 33:4)

**Buli muntu ateekeddwa okuyitibwa erinnya lya kitaawe amuzaalira ddala:**

> *(Abaana be mweyita) mubawe mannya ga bika bya bakitaabwe. Ekyo kye ekisinga obwenkanya (gyemuli) eri Katonda. Bwe muba temumanyi bakitaabwe, olwo babeera baganda bammwe mu ddiini (bwe baba baanabaaboowe) oba mawaali (abaddu be mwata).*
>
> (Kulaane 33:5)

Kitaawe w'omwana amuzaalira ddala bw'aba tamanyiddwa, Kulaane egamba nti baba baaluganda oba bannyinaabwe mu ddiini era mikwano gyabwe ab'amaanyi, era bayinza okutwala erinnya lyo. Ekisinga obukulu wano si kutuuma linnya nga bwe kirabika kungulu kwokka naye n'okukkiriza n'okuwa abaana ekitiibwa. Okukakasa omusingi gw'oluganda, Nnabbi ﷺ yatulaga ekyokulabirako mu bikolwa n'ekifaananyi eky'ekitiibwa bwe yawasa Zayinabu (omwana wa nnyina omuto) nga amaze okwawukana n'eyali omwana omwole, Zayidi ibn Haarithah.

> *Zayidi bwe yaggwaamu ekyagala obufumbo (n'ata omukyala), twamukuwasisa. Olwo Abakkiriza baleme kuddayo kubeera na nkenyera yonna mu ky'okuwasa ababaddeko abakyala b'abaana be beeyita bwe baba baweddemu ekyetaaga okubeera nabo (ne baawukana). Era bwe kityo ekiragiro kya Katonda kyalina okukolebwa.*
>
> (Kulaane 33:37)

Omuntu ayinza okufumiitiriza ku kufaanana kw'omuze gw'okukweka olulyo mu biseera nga Obusiraamu tebunnajja "Ekiseera Ky'obutamanya" n'ebiri mu kyasa eky'amakumi abiri mu ekimu, abantu mwe bayitira abaana aboole amannya ga bakitaabwe ababooze we kiri ekyabulijjo. Enkola bwe zityo zeetaaga okuyimirizibwa era, erinnya ettuufu ery'abazadde abamuzaala bwe liba limanyiddwa liggyibweyo. Ekintu ekisinga obukulu kwe kukolera mulekwa ekimusingira obulungi n'okukuuma eddembe lye ery'obwebange. Engeri ekyo gye kikolebwamu esinziira ku byabuwangwa n'enkola eba ebuutikidde mu kiseera ekyo.

## Ebisiyaga N'abazadde

Omuntu alya ebisiyaga y'oyo asikirizibwa abantu bwe bafaananya ekikula, era alondawo okubeera mu mbeera y'okwegatta nabo okusinga okwegatta n'abantu bwe baawukanya ekikula. Asikirizibwa abantu ab'ekikula ekirala y'oyo mu by'okwegatta akoma ku kukolagana n'abantu b'ekikula ekirala. Abakazi abeegatta n'abakazi abalala bayitibwa "lesbians". "Gay" kigambo mu lulimi olwabulijjo ekikozesebwa ku musajja omuli w'ebisiyaga. Tukkaatiriza okuviira ddala ku ntandikwa nti ekigendererwa kyaffe kwogera ku nsonga enkulu ennyo era ey'omwendo eri obuntu bwe kituuka ku by'empisa. Wadde nga tetukkiriziganya na kikolwa kya kulya bisiyaga mu ngeri eteriimu buteerekaamu n'okubitumbula, tetuli abatambulira ku bantu ababikola kubanga abantu balina okuyisibwa mu ngeri ey'ekitiibwa, sso si yaabukyayi. Ekirowoozo kwe kuyamba abazadde abaana baabwe abawulira nti bali baabisiyaga mu nsi ebivumirira mu by'omwoyo naye eyabikkiriza olw'enkola y'amateeka g'ensi etezimbiddwa ku musingi gwa ddiini.

Kulaane ne Bayibuli bivumirira ebisiyaga:

> *Abaffe mugenda eri abasajja (ne mwegatta nabo emabega) nga ekyo mwe mwekka abakikola mu bitonde byonna, ne muleka ebyo Katonda wammwe bye yabatondera mu bakyala bammwe? Wabula muli bantu ababuuka ensalo (mu bwonoonefu n'obujeemu)!*
>
> (Kulaane 26:165-166)

Eno nsonga ereetera abazadde obutatereera era enzibu okwaŋŋanga mu ze balina okwolekera. Nga bamaze okutuukiriza byonna bye balina okukola nga abazadde, kiki bamaama ne bataata kye bayinza okukola bwe baba nga bategedde awatali ekibwatukira nti mutabani waabwe muli wabisiyaga? Mutabani waabwe avubuse bw'aba alabika okubaamu engeri y'okulya ebisiyaga, kiba kikulu nti bazadde be ensonga bagikwata n'obwegendereza era ne bamunoonyeza obuyambi obulungi.

Okulya ebisiyaga mbeera nzibu eri abazadde. Abamu bakkiriza nti gye bakoma obutakimanya nnyo, gye kikoma obulungi. Abazadde



bawulira okwenyumiririza mu baana baabwe okubeera abasajja mu buli kintu ne bawala baabwe, bwe batyo, okubeera abakazi. Awamu n'ekyo, ebintu nga bwe biri birina okwaŋŋangibwa. Okusinziira ku kunoonyereza okw'ekitongole kya Gallup mu 2015, Abamerika abakulu ebitundu 3.8 ku buli kikumi beerangirira nga bwe bali abasiyazi, abakazi abeegatta ne bakazi bannaabwe, abatasosola mu bikula bya bantu, oba abeeyisa nga abantu eb'ekikula ekirala. Mu Bungereza, okusinziira ku kunoonyereza okwakolebwa mu 2010 mu ndowooza ku by'okwegadanga n'enneeyisa mu bulamu (National Survey of Sexual Attitudes and Lifestyles) okukolebwa buli myaka 10, ekitundu 1 ku buli kikumi eky'abakazi ne 1.5 ku buli kikumi eky'abasajja beebala nga abasiyazi, ate ebitundu 1.4 ku buli kikumi eby'abakazi ne 1 ku buli kikumi eky'abasajja beerowooza okuba abatafaayo ku kikula kya muntu gwe beegatta naye (abali mu myaka wakati wa 16 okutuuka ku 74, (The Guardian 2015). Abali b'ebisiyaga bagenda beeyongera okukola ennyo okulwanirira eddembe lyabwe. Bayisa ebivvulu n'okutambula okw'okwekalakaasa ne bagezaako n'okukyusa amateeka agakugira eddembe lyabwe. Kisoboka okulaba abasajja nga beenywegera ku mimwa mu lujjudde oba abambadde nga abakazi. Abambala nga abakazi bayitibwa *transvestites* oba abatasosola ngoye (wadde nga abambala nga abakazi abasinga obungi beegatta na bantu beebaawukanya ekikula, omugendo gwe "eddembe ly'abali b'ebisiyaga" gwatandika okutwaliramu ebintu ebirala ebikwata ku bikula ebyenjawulo). Mu mawanga agamu n'ebitundu ebimu, abasajja bayinza n'okuwasa abasajja n'abakazi ne bafumbirwa abakazi. Abali b'ebisiyaga bano baagala okuyisibwa nga abafumbo abaabulijjo. Wadde nga tebasobola kuzaala baana bokka na bokka, ebiseera ebimu bafuna abaana be boola. Omuntu yenna agezaako okuvumirira enneeyisa yaabwe bamuteekako eky'okubeera "homophobic," ekitegeeza nti atya bamulyabisiyaga! Okukola empeke ezigema okuzaala mu U.S. mu myaka gye 1960, okukkiriza okuggyamu embuto, n'okusomesa emisomo gy'ebirowoozo (psychology) omuganzi, byavaako ekimanyiddwa nga enkyukakyuka ez'ebyokwegatta. Abantu mu bitundu ebikkiririza mu ndowooza ezenjawulo baatandika okugamba nti baali bateekeddwa okulekebwa okwegatta n'oyo yenna gwe baba baagadde, k'abe mufumbo oba nedda, era ky'ekimu baali baakikula kimu oba nga baawukana, era nti baali balina okussibwamu ekitiibwa olw'ekyo kye baali baagala. Abantu bangi baatandika okukkiriza endowooza eyo, nga era ekyavaamu kwe kuba nga olwaleero kuba kumenya mateeka mu mawanga mangi okusosola abali b'ebisiyaga.

Omuntu butya bw'afuuka omuli w'ebisiyaga? Endaba nnyingi eziweebwayo. Abaffe kintu omuntu ky'alondawo okukola, oba kintu omuntu "ky'azaalibwa nakyo" n'avumbula kivumbule bw'agenda nga akula? Okutuusa mu myaka gy'ensanvu, obuli bw'ebisiyaga bwabalibwanga abakugu abasinga obungi nga engeri y'obulwadde bw'omutwe oba obutaba mutereevu mu mutwe. Abakugu mu by'ekisawo baagambanga nti abalenzi abalina bamaama abanafu, abakambwe, abeggume bayinza okukula nga bakyaye abakazi bonna, era nti abawala abasobezebwako bakitaabwe bayinza okukula nga batamwa abasajja bonna, kino nga kinnyonnyola lwaki banoonya okwagala abantu bwe bafaananya ekikula. Mu myaka gy'ekyenda ab'ebyobulamu abamu n'abakugu mu by'enneeyisa baatandika okutumbula endaba eyali egamba mbu okulya ebisiyaga kwali kwawukana kwabulijjo okw'enjagala y'omuntu gy'ayolekeza eby'okwegatta. Baagamba mbu okulya ebisiyaga kuva ku butonde bw'omuntu era nti kitendo omulala ky'asobola okusikira (wano nga balaza ku maka agamu agavaamu abantu abali b'ebisiyaga abangi okusinga abalala, wadde nga kino kisobola okunnyonnyoleka nga ekiva ku ngeri amaka gye gaba gaakuzangamu abaana baabwe). Okwo oyongerako nti, okuvumbula ensolo ezeetaba mu bikolwa eby'okulya ebisiyaga,

ekintu ekitasangikira ddala, abamu kino baakiggyamu nti kiyinza n'okuba nga kyabulijjo eri abantu; nga kuno kukyusa ntegeera okw'engeri, kubanga omuntu ayinza okubuuza ekibuuzo nti: abaffe ebikolwa by'ebisolo eby'omu nsiko biyinza okukozesebwa nga ekipimo okunnyonnyolerako ekikolwa ky'omuntu ekyabulijjo, oba enso-nga ekkirizisa enneeyisa y'omuntu ey'omu bantu? Abaffe abantu bayinza okubala ebisolo okubeera eky'okulabirako mu nneeyisa?

Emisingi gy'enneeyisa y'abantu ennungi tegirina kuggyibwa ku nneeyisa ya bisolo. Abantu baawukana ku nsolo; Katonda yaweesa abantu ekitiibwa ekiri waggulu w'ebitonde ebirala. Ensonga ezimu eziyinza okuvaako okulya ebisiyaga zinnyonnyoddwa wansi. Obutonde bwogerwa nga emu ku nsonga. Wabula, ebintu omuntu by'ayitamu, embeera ezeetoolodde omuntu, n'ebintu ebikwata ku kutandikawo enkolagana birina kinene kye bikola kinene era bikulu nnyo:

- Okutabulwa ku bikwata ku mikwano: Abavubuka abalina engeri gye bawuliramu eri mikwano gyabwe bwe bafaananya ekikula batabulwa ebiseera ebimu n'okwogera ku by'ebisiyaga. Batandika okwewuunya oba nabo bali baabisiyaga oba baagala bakazi bannaabwe. Omuwala ayinza okubeera omusanyufu ne mukwano gwe asinga n'awulira muli ekimusika eky'amaanyi okumunywegera oba okumugwa mu kifuba n'ebbugumu. Ayinza okuwulira nga akoze ensobi ennene, nga kino akitabula n'omuntu awulira nga ayagala okwegatta. Bw'amatira nti ayagala muwala munne, ayinza okugezaako okusikiriza omuwala gw'ayagala beegatte naye. Okugonjoola kino kuyinza okubeera mu kukubaganya ebirowoozo ebikwata ku by'okwegadanga n'okuteekawo empuliziganya eteriimu kutya wakati w'abazadde n'abaana baabwe abali mu myaka egy'ekitiini n'ekivubuka.
- Obutaba na mukwano gumala eri abaana: Omuntu ayinza okubulwa gy'addukira okufuna omukwano n'okwagalibwa. Abatiini abatalina nkolagana nnungi ne bazadde baabwe n'abooluganda betaaga okuweeweetebwa n'okwagalibwa omuntu omulala. Owoomukwano yekka gwe balina bw'aba nga bafaananya ekikula, obwetaavu obw'amaanyi obw'okukwatibwako n'okunyweza omulala kuyinza okuwangula obuntubulamu n'empisa bye balina ne bumutuusa ku kukola ebikolwa eby'okwegatta. Eddagala lya kino kwe kukiziyiza okubaawo, okubunduggulira abaana omukwano n'okwagala, okutandikira ku kuyonsa mu buwere. Enkolagana ey'omukwano erina okugenderera olubeerera mu bantu boowaka bonna. Kino bwe kituukirira, omuntu aba afuna omukwano ogw'obutonde era aba talina kugunoonyeza bweru w'amaka.
- Okusobya ku baana: Abaana abamu basobezebwako abantu abakabasanya abaana ne babakaka okukola ebikolwa bwe bityo nga tebeesiimidde, okutuusa lwe batandika okubimanyiira. Mu kunoonyereza ku basajja 2881 abaali baafuna enkolagana ey'okwegatta ne basajja bannaabwe, Paul n'abalala (2001) baakisanga nga kimukyakutaano baafunako embeera y'okusobezebwako nga bato. Kino okukigonjoola, abazadde bulijjo balina okumanya ebigenda mu maaso ku baana baabwe abato, nga bakakasa nti bulijjo bali mu mikono mituufu. Kino kyetegereze nti abasobya ku baana bulijjo babeera bantu baawaka era okufaayo ennyo okulondoola kintu kikulu nnyo.

**Abasajja balina okubeera abasajja**
(abawa abakazi ekitibwa, abakkakkanya amaaso, abalwanirira abanafu, abatalaga mibiri gyabwe)

**Abakazi balina okubeera abakyala**
abambala ebyambalo ebituufu, abakkakkanya amaaso, abeewala okwambala obugoye bukookoonyo n'okuyita obwereere, abakuuma ekitiibwa kyabwe ku basajja abagwenyufu.

- Okukula mu ngeri eteri yaabulijjo: Abantu abamu bazaalibwa n'obulwadde obutali bwabulijjo era ne bakula nabwo nga ekivaamu bwe butaba na butonde obubafuula abalabika wamu n'okweyisa nga abasajja oba abakazi obumala. Obutonde buno obufuula abantu kye bali mubisi ogukamukira mu bitundu ebyenjawulo eby'omubiri ebivunaanyizibwa ku bitendo ebitali bimu (okugeza okumerako amabeere ag'ekikazi). Obutonde obwo era buvaako ebitendo eby'ekisajja (okugeza okumerako amasuulubu n'ebirevu, okufuna emifumbi, n'okwagala okulwana n'ekweraga) oba eby'ekikazi (okugeza okwagala okulera abaana abato). Omuvubuka omusajja atalina butonde buno bumala ayinza obutamera kirevu, eddoboozi lye liyinza obutabeera ddene nga bwe lyalibadde, era ayinza obuteewulira nga omusajja munda. Okugonjoola kino kuli mu kujjanjabibwa okw'ekisawo.
- Okulwawo ennyo okuwasa oba okufumbirwa: Abasajja n'abakazi abatafuna bufumbo mu kiseera ekituufu bakyayinza okuwulira okwagala ennyo okumatiza obwetaavu bwabwe obw'okwegatta. Bwe kiba nga tekikwatiddwa bulungi, engeri endala ez'okufunamu ekyo, ziyinza okuyingira mu birowoozo byabwe. Okufuna obufumbo nga bukyali kulina okuwagirwa ku myaka egy'amateeka, kubanga eryo ddembe ly'abaana. Mu ngeri y'emu buvunaanyizibwa bwa bazadde okulaba nga bayamba mu bufumbo buno.

Abazadde nga bakivumbudde nti mutabani waabwe alimu engeri y'okulya ebisiyaga beetaaga okubeera abagumiikiriza era abategeera, era beetaaga okunoonya bunnambiro obuyambi obw'ekikugu. Tebateekeddwa kuggyako baana baabwe mukwano. Wadde nga kiyinza okumenya amateeka eri abantu okusosola abali b'ebisiyaga, tebalina kukkiriza bikolwa eby'okulya ebisiyaga, ne bwe baba nga baakukyayibwa olw'okubivumirira, kubanga ffenna tulina eddembe ery'obutakkiriziganya na kintu. Nga amateeka bwe gakuuma eddembe ly'abali b'ebisiyaga, era gakuuma eddembe ly'enzikiriza y'eddiini.

Abazadde bateekeddwa okumanya ensonga z'amateeka egakwata ku bisiyaga: Amateeka ga U.S. gagaana okusosola okwesigamiziddwa ku kikula ky'omuntu, okwegatta gye kwolekera, obuzaale, olulimi oba eggwanga gy'ava. Ebitundu bingi biwa abaana obubaka nti okubeera omuli w'ebisiyaga kikkirizibwa. Ebitundu ebyo bibuzaabuza emisittale wakati w'ekintu ekyabulijjo n'ekitali.

Abaana era bategeezebwa obutafaayo ku bintu obutonde bye bubagaana naye bagoberere okwagala kwabwe gye kusonga.

Tukubiriza abazadde okukiraga obulungi n'okukirambulula eri abaana baabwe nti okulya ebisiyaga kikyamu. Era abazadde bateekeddwa okulwanyisa ekikolwa ky'omusomesa singa aba akubiriza enneeyisa ey'okulya ebisiyaga.

## Enjigiriza Y'ebyokwegatta Eyeekisiraamu

Obusiraamu bukkiriza nti Owoobuyinza yatonda obwetaavu bw'okwegatta. Okwegatta kwogerwako mu ngeri ey'ekitiibwa mu Kulaane ne bwogerwako ne Nnabbi ﷺ mu mbeera y'obufumbo n'obulamu bw'amaka. Obusiraamu tebuyisa bakazi (oba abasajja) nga ebintu by'okufunamu essanyu ly'okwegatta naye bubabala nga abalina ekitiibwa mu mbeera ey'enkolagana ejjuuliriza etuukiriza ebyetaago by'omuntu n'Okusalawo kwa Katonda. Wadde nga okwegatta okuli wabweru w'obufumbo kukyamu era ezzambi eririko ekibonerezo eky'amaanyi (mu byawandiikibwa), omuntu okwegatta ne mufumbo munne kikolwa kirungi ekisasulwa nga ekikolwa eky'okusinza. Amateeka g'Obusiraamu agakwata ku kwegatta ga butonde; tegakyuka okusinziira ku kunyigiriza okw'abantu abawangaalira awamu ab'emyaka egimu oba okukyuka kw'empisa z'ekitundu abantu mwe bawangaa-

lira. Okubeera embeerera mu kiseera ky'obufumbo kintu ekirungi, obutafaanana na bitundu ebimu gye kiyinza okutwalibwa nga ekyonoona emikisa gy'omuntu.

Enkolagana ey'okwegatta wakati w'abasajja n'abakazi eragibwa mu aaya zino wammanga:

> *Abaffe tetwabatonda mu mazzi aganyoomebwa? Ne tugassa mu kifo ekiteeketeeke obulungi (nnabaana), gamalemu ekiseera ekimanyiddwa? Ne tusobola okumugerera entonda eyeekyewuunyo; era Ffe tusinga okugera ebintu obulungi.*
>
> (Kulaane 77: 20-23)

> *Era temusembereranga obwenzi. Ddala ekyo kivve era kkubo bbi nnyo.*
>
> (Kulane 17:32)




Bino wammanga bye ebiri mu Sunna ku bikwata ku nkolagana wakati w'omwami n'omukyala:

Nnabbi ﷺ atwala enkolagana y'okwegatta nga ekikolwa ekirungi ekisasulwa empeera. Agamba bw'ati:

> "Omuntu mu mmwe bwe yeegatta ne mukyala we ekyo kikolwa ekirungi ekisasulwa empeera." Basswahaba kino kyabeewuunyisa ne bamubuuza, nti "Kijja kitya okuba nga tunoonya kumatiza obwagazi bwaffe ate ne tukifunamu empeera?" Nnabbi ﷺ yabaddamu nti, "Omuntu bw'akikola mu ngeri etemukkirizibwa, kyalibaliddwa nga ekyonoono, naye bwe mukikola mu ngeri eri mu mateeka, olwo kisasulwa empeera." (MUSLIMU)

Nnabbi ﷺ asomesa nti ebikolwa ebiri mu kwegatta wakati w'abafumbo biba bya kyama ebitalina kubuulirwa balala:

> "Alibasinga obubi ku Lunaku Lwenkomerero ye musajja eyeeyambulira mukyala we ne mukyala we n'amwewa, oluvannyuma n'ayogera ebyama by'omukazi eri abalala." (MUSLIMU)

Ayisa anyumya bw'ati:

> Bwe nnali nneebasse ne Omubaka wa Allah mu kibikka obuliri, nnafuna omusaayi ogw'okusuulumba, olwo kwe kuva mu ssuuka ne nkozesa engoye [ze nnali nyambadde] mu kusuulumba. Bwe nnakola ekyo Nnabbi ﷺ yambuuza nti: "Ovuddemu omusaayi gw'okusuulumba?" Nnamuddamu nti: "Yee." Yampita ne nneebaka naye mu ssuuka ebikka obuliri.
>
> (AL-BUKHAARI NE MUSLIMU)

Ayisa anyumya engeri gye yava mu buliri mu ngeri ennungi n'alekamu Nnabbi ﷺ gwe yali yeebase naye ekiro kimu. Naye Nnabbi ﷺ bwe yakitegeera nti ensonga yali ya kuba nga Ayisa yali atandise ekiseera kye eky'omwezi, yamugamba bugambi yeesibe oluvannyuma akomewo addemu yeebake naye mu buliri. Nnabbi ﷺ ne mukyala we Ayisa beebakanga wamu "mu ssuuka y'emu," nga hadiisi ennyingi bwe zikakasa ensonga eno. Abaami ne bakyala baabwe boogerwako mu Kulaane nga buli omu bw'ali ekyambalo kya munne. Ekyambalo kintu kya muntu ssekinnoomu (si kyalukale) era kiri kumpi nnyo n'omubiri gwe, bwe kityo n'abafumbo bwe balina okubeera nga buli omu ali kumpi nnyo ne munne. Ekyambalo kikuuma era ne kibikkirira ensa zaffe, bwe batyo abafumbo era bwe balina buli omu okukolera munne. Ebyambalo biteekebwako omuntu w'ayagalira, bwe batyo buli omu alina okubeererawo munne w'ayagalira okweyagala naye. Ekyambalo kyongera ku bulungi bw'omuntu, bwe batyo buli omu alina okwenyiririza omulala. Okwegatta kye kiraga omukwano, kubanga ekimu bwe kitabaawo ekirala kiba tekijjudde. Obuvunaanyizibwa bw'omwami kwe kuyigiriza mukyala we ku nsonga ezikwata ku by'okwegatta, naddala mu by'ayagala ne by'atayagala, era talina kugeraageranya mukyala we na bakazi balala. Abakazi nabo balina okukola ekintu kye kimu okusobola okufuna amasanyu agenkomeredde. Abakyala beetaaga okumanya nti ebyetaago by'abasajja eby'okwegatta byawukana n'ebyabwe. Mu kifo ky'okubeera abatafaayo ku bigenda mu maaso, omukyala alina okugezaako okwetaba mu bikolebwa n'okulaga omukwano. Bombi boolekera okusendasendebwa okw'amaanyi wabweru w'amaka gaabwe, okussa omwami n'omukyala mu mbeera ennungi ey'okuvuganya okutatadde n'ebisikiriza eby'ebweru. N'olwekyo, kigasa buli ludda, omukyala okubaawo okusanyusa bba olw'obutamunyigiriza oba okumuwa ekyokwekwasa okusalawo wakati wa mukyala we n'abakazi abalala, ekiyinza okuleeta okwonoona amaka



Okwegatta si Kubi oba Okubeera Okukyafu; Kutukuvu era Kwa Bulamu Kasita Kuba Mu Nsalo Ezaateekebwawo Enzikiriza N'emisingi Gy'empisa.

n'okufuna omusango eri Katonda. Mu ngeri y'emu, omwami alina okubeera omwetegefu okubaawo okusanyusa n'okumatiza ebyetaago byonna ebya mukyala we.

Nnabbi ﷺ ayongera okunnyonnyola mu bulambulukufu enkola ey'omukwano erina okubaawo wakati w'abafumbo okusobola okufuna essanyu erisembayo. Obusiraamu tebuwagira na kamu eky'okukozesa emabega mu kwegatta, naye mu Kulaane oba Sunna temuli kigaana kukozesa mimwa. Ebitundu ebyekyama birina okukuumibwa nga biyonjo era okunaaba (ghusl) kulina okukolebwa oluvannyuma lw'okuvaamu amazzi agazaala oba okwegatta.

> Nnabbi ﷺ yagamba nti: "Omuntu mu mmwe tamala nga gagwira mukyala we nga ensolo. Walina okubaawo omubaka wakati w'abafumbo. Baamubuuza nti: "Mubaka ki gw'otegeeza?" Yaddamu nti: "Omubaka kwe kunywegera n'okwogera [okuzannyiikiriza]."
>
> (AL-ZUBAYDI NE AL-IRAAQII YE EYANYUMIZIBWA)

> Nnabbi ﷺ era yagamba bw'ati: "Bwe weebaka ne mukyala wo olina okumubalirira, oteekeddwa okumusaasira [okumubali-

rira]. Bw'omatira nga tannaba, olina obutamupapya okutuusa lw'afunira ddala obumativu." (ABU YA'LA)

Buli musajja alina obuvunaanyizibwa okulabirira munne gw'awangaala naye obulungi. Bw'aba nga amusuubira okubeera omwesimbu gy'ali, olwo buba buvunaanyizibwa bwe (obw'omwami) okumuwa ekiseera ekimala okufuna essanyu n'obumativu mu kwegatta ebijjuvu. Kitwala wakati w'eddakiika 15–20 okumatiza omukazi. Omusajja tateekeddwa kugwa ku mukazi nga ensolo – ekitegeeza okwegatta awatali kusooka kuzannya oba kuzannyiikiriza. Kino tekikkirizibwa mu Busiraamu, era abasajja balina okubalirira. Beetaaga okutegeera ebikwata ku nkula y'abakazi ey'okwegatta, okuyiga obukodyo bw'okusanyusa bakyala baabwe, n'okugenda mu maaso n'okusanyuka mu bulamu obutuukiridde era obw'essanyu. Omusajja yenna atasobola kulekera mukyala we kaseera bwe katyo aba amuleetera obulwadde bw'ebirowoozo, awamu n'okuteekawo ebikemo eby'amaanyi mu kkubo ly'omukazi.

## Obuvunaanyizibwa Bw'abazadde Eri Abaana

Kikulu abazadde okusomesa abaana baabwe okubeera n'endowooza ennungi ku by'okwegatta: Tekwatondebwawo Sitaane, wadde okuba nga kubi era okukyafu (bwe kuba nga kukoleddwa mu makubo amatuufu). Kirabo na kusaasira ebiva eri Katonda Omusaasizi ennyo, era kulaga bantu amasanyu agamu agajja agalibeera mu Jjana.

Wadde nga okwegatta kikolwa ekiyinza okuvaamu essanyu era ekyewuunyisa (nga bwe kirina okuba), mu ngeri y'emu kakisa akayinza okukozesebwa Sitaane okwonoona, okukyusa, okuggyako, n'okuleeta okubonaabona okw'amaanyi. Okubonaabona okungi kuyinza okuba nga kuleetebwa kwegatta okusinga ekintu ekirala kyonna ku nsi, nga mwe muli n'enjala n'olutalo. Obuzibu obuyinza okukuvaamu bungi nnyo nga okukola ekikolwa ky'okwegatta okukyamu kimu, omuntu ayinza okukakibwa okuwangaala obulamu bwe bwonna nga ali mu kisaawe ky'obutyabaga obutakoma. Okwegatta bwetaavu obulina okumatizibwa nga buyita mu biragiro bya Omutonzi mu ngeri entukuvu era erimu obulamu, awatali kuyisa nsalo, okuggyako abalala ebyabwe, n'okubonaabona.

Nnabbi ﷺ yali mulambulukufu, waakisa, era omwesimbu mu kutegeera ebyetaago by'abasajja n'abakazi. Teyalengereranga kumpi wadde obutalaba nsonga z'abalala, era ye yennyini yeeyagaliranga mu bufumbo obubwe. Eno awatali kubuusabuusa ye yali endaba ya Ayisa, eyali amanyi ennyo Nnabbi ﷺ mu ngeri ey'omukwano okusinga omuntu omulala yenna, ekitaliiko kabuuza.

Essanyu eriva mu kwegatta liteekeddwa okukolera ku mpisa. Okumala gakkiriza kwegatta kivaako okwonooneka kw'amaka n'ekitundu, okulimba n'okukwenyakwenya, obutaba na buvunaanyizibwa, n'obuzzi bw'emisango okugeza okukwata abakazi, okukozesa ebiragalalagala, obubbi n'obutemu. Omuntu bw'aba ddala nga ayagala Katonda, olwo omuntu aba asobola okulwanyisa okusendasendebwa mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa n'amanya ekituufu okuva mu kikyamu. Abantu bangi abeetowaza era abanyigirizibwa okutuusa ne batagezaako kunoonya kumanya ebikwata ku ngeri y'okwegattamu mu ngeri esinga okuleeta essanyu.

## Okwegatta N'obuyonjo: Okusuulumba, Enviiri Mu Bitundu Eby'ekyama, Okukomola, Amazzi Agazaala

OKWEGATTA MU BISEERA BY'OKUSUULUMBA: Enkola eyaliwo mu byasa eby'omu makkati eby'Abayawudi yali ya kwesambira ddala bakazi mu biseera byabwe mwe baabeereranga mu nsonga. Nnabbi ﷺ yalagira Basswahaba be




okwetaba ne bakyala baabwe mu biseera by'okusuulumba mu buli ngeri yonna, wadde nga balina okwewala okwegatta nabo mu by'obufumbo oba okukwata ku bitundu byabwe eby'ekyama.

Abawala beetaaga okuweebwa amagezi agabayamba nga bali mu nsonga n'engeri y'okukozesaamu ebikozesebwa okwesiba n'engeri y'okubikolamu nga bimaze okukozesebwa awatali kuzibikira biyigo oba okubimansamansa buli wantu. Ekirala ekiyinza okukozesebwa ze paadi ezenjawulo ezikozesebwa ne zoozebwa ne zikazibwa ate ne ziddamu okukozesebwa. Okulwala omwezi kintu kyabutonde ekitalina kukuumibwa nga eky'ekyama oba okukiraba nga ekiswaza, naddala omuwala bw'aba yeetaaga obuyambi kubanga aba afuna obutatereera oba obulumi.

ENVIIRI Z'OMU BITUNDU EBY'EKYAMA: Nnabbi ﷺ yayigiriza nti abasajja n'abakazi beetaaga okumwa enviiri zino nga wayise ekiseera ekigere – omulundi gumu buli mwezi – olwo omubiri gukuumibwe nga muyonjo oguli mu mbeera entuufu, nga guteekateekeddwa, olwo omufumbo asobole okugweyagaliramu. Enviiri mu bitundu eby'ekyama kyabutonde era tezirina mutawaana, era enkola ey'okuzimwa ereeta emirembe mu mutwe n'obuyonjo.

Omulenzi tafaayo bw'aba ameze ebyoya mu kifuba oba amagulu, oba nga afunye obusuulubu. Naye abawala bangi ekyo tebakyagala. Abawala bayinza okufuna okutya okulaba nga balina oluviiri oluwanvu oluddugavu olukuze ku nnywanto z'amabeere gaabwe, era batamwa emikono gyabwe n'amagulu okubulira mu nviiri enzirugagavu. Bamaama bayinza okubeera ab'omugaso ennyo mu kulaga abawala engeri gye bayinza okukozesaamu ebizigo ebikuulayo enviiri oba amakubo amalala ag'okukuumamu emibiri gyabwe nga migonvu egisikiriza. Abawala tebeetaaga kweraliikirira nti bagenda bafuuka basajja bwe batandika okumera obusuulubu, oba obulevu ku matama. Bino bwe bifuuka ekizibu gyebali biyinza okuggyibwako oba okubyerusa n'obwegendereza. Abawala balina okubeera abagumu ku ky'emibiri gyabwe, era tebalina kuggwaamu nga bagenderera okusanyusa abasajja be basanga.

OKUKOMOLA: Nnabbi ﷺ yakubiriza n'amaanyi okukomola abaana abalenzi ku myaka emimpi. Kino kireeta obuyonjo n'okunyumirwa okwegatta nga bafuuse abafumbo. Okukomola abasajja kukendeeza obulwadde bwa kansa, kukendeeza okufuna endwadde era ne kukendeeza obulumi mu kiseera ky'okufuuyisa. Abawala tebalina kukomolebwa. Obusiraamu bugaana okukutula ekitundu kyonna ku bitundu by'omukazi ebyekyama.

AMAZZI AGAZAALA N'OKWEROOTERERA MU BALENZI: Abaana abavubuse abamu bawulira nnyo okuswala bwe wabeerayo okukyafuwaza oba amazzi agafulumye mu buwale bwabwe obwomunda, era bafuna ekyekango nga bazadde baabwe babirabye. Kiyamba okubazzaamu amaanyi nti okufulumya amazzi agatali mangi nnyo kintu kyabulijjo. Bwe gabeera nga ga langi oba nga galimu olusaayisaayi, oba nga gawunya, oba nga obuwale bwabwe bulina okukyusibwa emirundi egisukka ku gumu mu lunaku, olwo baba balina okufuna amagezi okuva ew'omusawo. Amazzi agazaala tegateekeddwa kubuzaabuzibwa na musulo. Omusulo mukyafu (najisi) era guteekeddwa okwozebwa. Amazzi agazaala mayonjo era tegetaaga kwozebwa nga omusulo, okugayonja obuyonji n'amatondo g'amazzi n'okugatakulawo bimala.



## Abaana Abavubuse N'okwekuuma

Abaana mu mawanga mangi agaakula omuli ne U.S., Canada ne U.K. olwaleero batuuka mangu mu biseera by'obukulu okusinga bwe kyali kibadde emabega. Ebiseera ebisinga, abawala bayingira mu biseera by'obukulu nga bali wakati w'emyaka 8 ne 13, sso nga abalenzi bayingira ebiseera by'obukulu wakati w'emyaka 9 ne 14. Okusuulumba okusooka kati kukeera emyezi mukaaga okusinga bwe kyali emyaka 40 emabega, naye okumera amabeere kwanguwako emyaka ebiri. Obubonero obulala obulaga okukula, omuli kaabuvubuka n'okukula kw'enviiri z'omu bitundu ebyekyama, nabwo bwanguwako okusinga bwe kyali emabega (Berkeley University of California 2014). Okwanguwako kw'okukula kuyinza okuba nga kuva ku kukozesa ebintu ebiva mu nsolo okweyongedde, nga ebisinga biva mu nsolo ezikozesebwako eddagala eritta obusirikitu obugaana okukula n'ebirungo ebyongera mu kukula.

Ku ludda olulala emyaka omuntu gy'akoleramu obufumbo obusooka gigenda girinnya. Mu U.S., gyali 29 ku basajja ate 27 ku bakazi mu 2013 (Pew Research Center 2014) ate mu U.K. gyali 31 ku basajja ate 29 ku bakazi mu 2012 (Office for National Statistics 2014). Abantu abakkiririza mu kwekuuma nga tebannayingirira bufumbo basaba abaana baabwe okukendeeza ku bwagazi bwabwe obw'okwegatta okuva lwe batuuka ku myaka gy'obukulu okutuusa lwe bayingira obufumbo, nga okwo kuba kulinda emyaka nga 16, ekiseera okwagala okwegatta n'amaanyi we bibeerera ku ntikko yaabyo. Kuno kusoomooza kwamaanyi eri abavubuka abakuze.

Emyaka nga 100 egiyise abantu abasinga baayingiranga mu bufumbo amangu ddala nga baakatuuka mu myaka gy'okukula. Abantu baali balwana kusigalawo. Olw'abaana abaafanga nga tebannakula n'entalo ezaabeeranga ez'olutentezi, kyali kikulu eri abasajja n'abakazi okuyingirira obufumbo nga obudde bukyali awo amaanyi gaabwe mu buli ngeri we gaabeereranga ku ntikko yaago. Ebitundu ebimu byamanyiira okuyingirira obufumbo nga obudde bugenze nga biyita mu kusumulula eby'okwekuuma obuteegatta. Bannaddiini ekyo tebasobola kukikola, awamu n'ekyo okulemera ku ky'okwekuuma kuzibu nnyo eri abaana abavubuse.

Tekirabika nti abantu bayinza okuzibiikiriza obwagazi bwabwe obw'okwegatta okutuusa okuyingira obufumbo okuva ku kukula okutuusa okuyingira obufumbo (nga wayise emyaka nga 20). Omwana avubuse alina ebirungo eby'amaanyi aba ajja kubonaabona nnyo mu mbeera abantu mwe bawangaalira ejjudde ebikemo olwaleero ebunye buli wantu. Ebitundu by'Abasiraamu




biteekeddwa okutwala eky'okuyingira obufumbo nga obudde bukyali okusobola okukwatagana n'embeera. Kino okukisaasaanya nakwo kuyinza okubeeramu ebizibu. Awamu n'ekyo, abazadde balina okufuna ekkubo ery'okubuuliramu abaana baabwe lwaki okwegatta wabweru w'obufumbo kwabagaanibwa, wadde nga obwetaavu gyekuli buba bwa mangu. Eŋŋanda ezeewala ziyinza okuyamba abavubuka abafumbiriganiddwa ku kukuza abaana, naddala okuteekateeka okuzaala bwe kuba nga kukozesebwa mu magezi.

Abamanyi Abasiraamu abamu baasalawo nti okwemaza kulina okwewalibwa, okuggyako bwe kiba nga lye kkubo ery'okwemalako ennyonta y'okwegatta ey'amaanyi eri abawuulu, era kuteekeddwa obutafuuka muze. Obwetaavu bw'okwegatta bwe bubeera nga tebukyasoboka kufugibwa, okwemaza kubeera ekibi ekisingako obutono ennyo. Mu kitabo kye Ruduudun alaa Abaatiil, omugenzi Shaykh Muhammad al-Hamid annyonnyola nti abatapusi b'amateeka bagaana eky'okwemaza bwe kiba nga kikozesebwa okuzuukusa obwagazi bw'okwegatta obwebase. Wabula, obwagazi bwe buyitirira ne buutikira amagezi ne butawaanya obutereevu bw'omuntu (ne bumutuusa ku ddaala ly'okwagala okwenda) okwemaza bwe kubeera nga kumuyamba okukkakkanya obwagazi buno obw'amaanyi, olwo kuba kukkirizibwa. Okwemaza kuyinza obutaba na mutawaana, okutafunyisa muntu mpeera wadde ekibonerezo, n'atanenyezebwa wadde okuwaanibwa; si musango wadde okubeera ekikolwa ekirungi.

Okwemaza kwetooloolera ku muntu yekka. Nga bali bokka, mu kifo ky'omukwano ogwannamaddala ogw'amaanyi, omutiini ayinza okumatiza ebintu by'afumiitiriza obufumiitiriza. Wadde nga kiyinza okuyamba nga okudduka okw'ekiseera okuva mu kanyigo akaliwo, wabula eri abatiini, kiyinza okufuuka ekidda mu kifo ky'obufumbo ekyangu. Okumatira kw'abatiini okukulu singa kuba kuva ku nkolagana ey'omuntu, essanyu eriva mu muntu yennyini liyinza okumufuukira ekizibu.

Abazadde balina okutegeera abaana baabwe abavubuse oba bakozesa ekkubo ly'okwemaza okumalawo akanyigo k'okwagala okwegatta. Ebiseera bingi, we batuukira okukula ne bayingira obufumbo omuze guno guba gugenze. Ekintu

ekikulu be bazadde okukuuma abaana baabwe nga balina emizannyo gye bazannya oba okwemanyiiza okusiiba ennaku bbiri mu wiiki, era bino ne babiyingiza mu bintu ebikolebwa abaana abangi awamu. Beetaaga okubategeeza nti okukozesa obubi eby'okwemaza kuyinza okuvaako ekizibu eky'amaanyi ku bulamu era nti embeera y'ebikemo n'okunyigirizibwa okw'ebyokwegatta birina okwewalibwa. Mu ngeri eno, abaana abavubuse baba batangirwa okukkiriza eky'okwemaza okufuuka ekintu ekikolebwa buli kaseera.

Abazadde beetaaga okubeera abalambulukufu eri abaana baabwe ku ngeri y'okukwatamu emibiri gyabwe. Okwegatta kutwala ekifo kinene ku birowoozo by'abavubuka, awamu n'ekyo ensonga etera okuweebwa ebiseera bitono okugyogerako wakati w'abazadde n'abaana baabwe, ate bwe bakikola boogera ku bintu ebitatera kusoboka. Abataputa amateeka Abasiraamu baba bajja kutegeeza abatiini nti okwemaza kwagaanibwa, wadde nga abamanyi abamu baakukkiriza wakati w'okukukugira mu bimu. Abatiini abasinga obungi baba bajja kukukola mu ngeri emu oba endala, olwo basigale n'endowooza ewulira okuswala n'okuwulira nga abakoze ensobi. Ekipimo ekirungi kirina okunoonyezebwa era enkola eno erina okukozesebwa nga ekisembayo naye awamu n'ekyo katono nga bwe kisoboka, awatali kulumya mubiri oba ebirowoozo ebifuga enneeyisa.

## Engeri Obusiraamu Gye Bugonjoolamu Ekizibu Ky'okwegatta: Ekkubo Ery'okuziyiza

> **Ekkubo erisookerwako kwe kwewala: Laa taqrabuu al-zinaa, mwewale oku-semberera obwenzi. Mwesambe; temusemberera mbeera yonna eyinza okutuusa ku kyonoono nga ekyo.**
>
> *Era temusembereranga obwenzi. Ddala ekyo kivve era kkubo bbi nnyo. (Kulaane 17:32).*

Ebigambo ebikulu wano bye "temusemberera" (Laa taqrabuu): temusembera kumpi nakyo; mukyewale, mukyetangire, bwe kityo ne kitegeeza nti omuntu alina okuziba amakubo gonna agatuusa ku kikolwa ekyo nga bwe kisoboka, okutuuka ku mbeera nga tekituukibwako mangu. Ekkubo ly'abantu mu kitundu lirina kubeera kuziyiza, okukifuula ekizibu okukola ekyonoono nga ekitundu kiyita mu makubo agafuula okwegatta okutakkirizibwa mu mateeka okutabeerawo era okutatuukikako. Ekitundu bwe kisalako engeri zonna ez'okuwaanyisiganyaamu eby'okwegatta, ne kitangira amakubo gonna agawaayo omukwano, ne kikendeereza ddala ebintu ebivaako okwagala okwegatta okutali mu mateeka, kiba kiyinza okuluŋŋamya enneeyisa n'okukuuma obufumbo nga butukuvu era obw'emirembe.



Engeri ey'empisa bw'eti si mpya wadde okuba nga yeeyawulidde Busiraamu bwokka, yasooka kusomesebwa mu ddiini ndala (omuli Obugoberezi bwa Kristo, Obuyudaaya, n'eddiini y'Ekihindu). Teri muntu ategeera obulungi alowooza nti kirowoozo kirungi abantu abavubuka n'abakulu okumala geetaba mu by'okwegatta ebitaliiko kukugira ne bafuuka abaddu b'okwagala kw'emibiri gyabwe. Abantu abakkiririza mu Katonda batwala ekifo ekituufu eky'okwe-

gatta nga bwe bufumbo. Ekizibu kiri nti mu bitundu bingi, endowooza eno etekyuka ku nkola y'ebyokwegatta yagaanibwa abavubuka ab'emirembe emito.

Ennaku zino, enguudo ezituuka eri endwadde ezireetebwa okwegatta (eziyita mu makubo g'okwegatta) [STDs] nzigule nnyo era zisikiriza. Okuzeewala kwetaaga okwewaayo. Ebibala ebiva mu kwekuuma byamuwendo nnyo, sso nga obulumi obuva mu kwegatta okutali mu mateeka bungi nnyo. Obusiraamu bwe butunuulirwa nga bwonna, kiba kirabika bulabisi nti bwetooloolera ku kukuuma n'obutukuvu bw'amaka. Essira ery'amaanyi liteekebwa ku bintu nga ensa mu nnyambala, tewali kwegatta wabweru w'obufumbo, obutanywa bitamiiza n'okukozesa ebiragalalagala, tewali nsisinkano za mukwano, tewali mpuliziganya ezireeta ebikemo wakati w'abantu abaawukanya ekikula, tewali kwetabula okutaliiko kukugirwa, tewali bifaananyi byabuseegu, ku terefayina tekuli bitundu ebiraga eby'obuwemu, era teri kulanga byamaguzi n'ennyimba eby'obuseegu. Okwo kwonna kulafuubana okw'amaanyi okuziyiza enguudo ezituusa eri obwenzi. Okwongera ku ebyo, abazadde bavunaanyizibwa ku kunnyonnyola abaana baabwe abavubuse emitawaana egiri mu kwegatta okutali kwa buvunaanyizibwa. Ekkubo lino ery'okugema okwewala zinaa (enkolagana ey'okwegatta okutali mu mateeka) lirina kutandika mu buto nga obudde bukyali. Okulafuubana okw'abantu sekinnoomu n'abantu bonna ekirindi okutwalira awamu byetaagisa okukkakkanya ekipikiriza okwegatta mu baana abavubuse.

Kulaane ekkiriza nti waliwo okwegomba eby'okwegatta okuyitiridde okuyinza okubeera mu bantu. Ne Nnabbi Yusufu, nga atuuse mu mbeera y'okunyigirizibwa okw'okusendasendebwa, yali waakugwa mu kitimba, singa tekwali Kusaasira kwa Katonda we eyamukuuma okuyita mu kaseera ak'akazigizigi ako:

> *(Omukyala) oyo gye yabeeranga yamusendasenda (yeegatte naye), era n'aggalawo enzigi zonna olwo n'amugamba nti: "Jangu eno!" (Yusufu) kwe kugamba nti: "Nsaba Katonda ekyo akimponye! Oli (balo) ye mukama wange eyandabirira n'ampisa obulungi! Ddala abakyamu tebalibeera beesiimi."*
>
> *Mazima omukyala yayagala nnyo (okwegatta ne) Yusuf naye n'ayagala okukola omukazi kye yali amwagaza, taba kulaba bubonero bwa Katonda we. Bwe tutyo (bwe twamunyweza) tumuwonye okukola ebyambyone. Ddala ye wa mu baddu baffe abalondemu.* (Kulaane 12:23–24)

Obwagazi Katonda bwe yawa abasajja n'abakazi buba buteese, bwe butyo tebulina kutabangulwa mu ngeri ey'ekyeyonoonere. Obwagazi bwaffe bulina kumatizibwa mu bufumbo. Ebikemo bwe bibeera eby'amaanyi ebiri buli wamu, obuluvu mu kwegatta buzuukusibwa nga obudde tebunnaba era ne kifuuka kizibu okubufuga. Wabula, ekyagala okwegatta mu basajja kirabika mangu era kifuuka kizibu okufugibwa mu basajja okusinga ku bakazi n'okuyingira mu biseera by'obukulu eri abalenzi kizuukusa okuwulira muli eby'okwagala okwegatta. Abakazi balina obusobozi bwa maanyi obw'okwefuga ku by'okwagala okwegatta n'enneeyisa okusinga ku basajja.




Okuba nga embeera erabika obulabisi ekkiriza okwegatta okutaliiko kukugira esaasaanye mu bitundu bingi mu kyasa ekyabirimuekimu te-

kyewuunyisa. Ebitundu bikola kitono nnyo okuyamba abavuvuka; kye bikola kwe kusuula abaana abavubuse mu nnyanja nga emikono gyabwe gisibiddwa ne babagamba nti: "mwegendereze temutoba!" Ebikemo bikuma omuliro mu bwagazi bw'okwegatta mu batiini, sso nga ebitundu mwe bawangaalira bibasuubira okwekuuma n'okweziyiza. Kiri nga okuteeka ekyennyanja ekiwunya akawoowo mu maaso ga kkapa enjala gy'eruma ne bagigamba nti "tolya!" Okwekuuma kufuuka kwangu nnyo era okuyinza okutuukibwako bwe waba tewali bikemo.

Omusajja ayinza okufuna obwagazi nga buva mu kukwata kwokka, okulaba, okuwulira, okuwunyiriza, n'okufumiitiriza obufumiitiriza. Kikulu nnyo nti amakubo gonna agaleeta ebikemo, okusendasenda, n'okuleeta obwagazi gaggyibwawo nga bwe kisoboka. Kyamagezi nnyo okutwala ekkubo erisinga ery'okwewala emitawaana okusinga okugigwamu oluvannyuma n'olwana okugivaamu. Abantu bwe bafuna obwagazi, ekisenge kyabwe eky'okwekuuma kinafuwa mangu era okusoboka kw'okukkiriza okukemebwa kweyongera.

> Yamusiba emikono, bwe yamala n'amusuula mu mazzi, n'amugamba nti: Weegendereze! Weegendereze! Teweetobya!

Ekkubo lya Kulaane lya kugema na kuzingiramu buli kimu. Ekibuuzo kiri nti: Abaana abavubuse bayinza batya okusigaza omutindo gw'empisa omulungi ogwegombesa mu mbeera y'ekitundu ekikkiriza okwegatta okutaliiko kugira? Kisoboka mu buntu? Okusinziira ku mateeka g'Obsuraamu, buli kintu ekituusa eri okukola ekibi nakyo kiba kifuuse kibi. Bwe kityo, buli kintu ekimenyawo okwegatta okwatangirwa n'okulemesa okwefuga kw'omubiri kirina okwewalibwa.

Luno wammanga lwe lukalala olulaga amadaala amangi agalina okukwatibwa okuziba amakubo agatuusa eri okwegatta okutakkirizibwa mu mateeka. Okukendeeza ebikemo mutendera mu bulamu ogwetaaga okwetabwamu abazadde, abooluganda, essomero, emikutu gy'empuliziganya, n'abantu mu kitundu bonna okutwalira awamu.

## ENSONYI (HAYAA)

Kikulu okutegeera eky'ensonyi (Hayaa) okuva mu kuzaalibwa nga kiyita mu kuwa ekitiibwa ebitundu eby'ekyama eby'omwana omuto. Abazadde beetaaga obutakwata ku bwereere bw'omwana omuwere okuggyako nga bamunaaza n'engalo mu kiwero, era nga kino kirina kumala akaseera katono. Mu ngeri y'emu, obwereere bw'abaana abawezezza emyaka esatu n'okusingawo bulina okubikkibwa ekiwero, ne bwe baba bamunaaza. Okwewala okubikkula obwereere kyongera amaanyi mu mwana okusigaza ebyama bye.

Ensonyi kye kiki? Ensonyi (Hayaa) kinnyonnyolwa nga: "okusobola okusonyiwala," okuwulira okuswala, n'ensonyi okukola ekikolwa kyonna ekikkakkanya omuntu. Mu Luwalabu kitegeeza:

> Ekitendo oba endowooza ebireetera okusonyiwala oba okutya okukola ekintu ekiyinza okumuviirako okuswala

Abataputa amateeka bannyonnyola ensonyi nga ekitendo ky'omuntu ekitakkiriza muntu okukola ebintu eby'ebivve, ebikyafu oba ebiswaza.

Ensonyi kitendo ekirina okuliikizibwa abazadde buli kiseera kisobole okufuuka ekintu ekyabulijjo mu maka ne mu kitundu ky'abantu. Ne mu kuziika, bwe baba banaaza omufu, omuntu oba abantu abayonja omulambo tebalina kwetegereza bwereere bwagwo wadde okubukwatako obutereevu n'engalo, naye okukozesa ekiwero okuyonja ebitundu eby'ekyama eby'omugenzi. Okutegeeza ensonyi gye zikoma obukulu n'ekigero, Nnabbi ﷺ yayogera bino wammanga:



Obukkiriza bulina amatabi nsanvu. Erisinga obukulu ky'ekigambo nti "Teri Katonda okuggyako Allah." Erisembayo obutono kwe kujja ekintu ekiyinza okukosa omulala mu kakubo omuyitibwa. Era ensonyi ttabi lya bukkiriza.
(MUSLIMU)

Abantu kye baasikira okuva mu bannabbi abaasooka kye: Bw'oba tokyalina nsonyi (Hayaa), oyinza okukola kyonna ky'oba oyagala. (ABU DAWUDA)

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:
Emize emibi gireeta bikyamu byokka. Ensonyi ziyinza kuleeta bulungi bwokka na birungi. (IBN MAAJAH)

Al-Jurjaani ensonyi yaziteekululamu ebiti bino ebibiri wammanga:

a) Ekitundu ky'omwoyo, ekisangibwa mu bantu bonna, okugeza obutalaga bitundu bya kyama oba obuteegatta mu by'omukwano nga abantu balaba. Engeri eno eya Hayaa ebeera mu bantu bonna, era eyinza okubeera nga kitundu mu butonde bwabwe obw'omunda; ne
b) Ensonyi ezifunibwa okuva mu bukkiriza zikuuma omuntu obutakola mazambi ng ino kiva ku kwagala Katonda n'okutya ebibonyobonyo okuva gy'ali.

**Abaana beetaaga okusomesebwa bino wammanga ebikwata ku nsonyi:**

1. okukkakkanya amaaso bwe baba batunuulira omuntu ow'ekikula ekirala oba ebifaananyi ebiraga obwereere;
2. okutambula mu ngeri erimu ensonyi awatali kusikiriza oba kukoppa bantu ba kikula kirala;
3. okwogera empola ne mu ngeri eyeewa ekitiibwa awatali kukozesa maloboozi gasikiriza ba kikula kirala;
4. okwambala mu ngeri erimu ensonyi, okubikka obulungi omubiri mu ngeri eraga ekitiibwa.

**Ensonyi tezeetaagisa mu mbeera zino essatu wammanga:**

1. Mu by'okuyiga: Noonya okumanya (gye kukoma obungi gye kikoma okubeera ekirungi) naddala mu ddiini by'eragira ebikwata ku nkolagana ey'okwegatta mu by'obufumbo, okusuulumba, olubuto, n'okwerooterera. Abataputa amateeka, mu kisaawe ky'okuyiga, balina ebigambo bye baayiiya ebigamba nti: "Teri kuswala (nsonyi) mu by'okuyiga eddiini." Ebigambo bye bimu tuyinza okuddamu okubyogera bwe tuti: "teri kuswala (nsonyi) mu kunoonya okumanya."
2. Mu kutereeza abantu: Tumbula ekituufu ogaane ekikyamu, kubanga obwo buvunaanyizibwa obulina okutuukirizibwa mu ngeri enkakafu era ey'amagezi.
3. Mu bufumbo: Tewali nsonyi wakati w'abafumbo ababiri awaka waabwe. Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:




Kweka ebitundu byo eby'ekyama okuggyako ku mukyala wo oba omwami. (ABU DAWUDA, IBN MAAJAH, NE AL-HAAKIMU)

Wadde nga okwegatta kwagaanirwa ddala wakati w'abatali bafumbo, kikakafu nti tekuliiko kkomo wakati w'abafumbo mu kisenge kyabwe bwe baba bokka.

Abazadde bwe bagayaalirira okuteeka ensonyi mu baana baabwe, ekitundu mwe bawangaalira kiba kijja kukosebwa. Ensonyi gwe musingi ogw'amaanyi ogulwanyisa ebikemo n'okusendasenda. Bino wammanga bye bimu ku bintu ebirabwa ebiva mu nsonyi okuggwa mu mawanga:

- Mu kwekwasa okusiiga ebifaananyi n'eddembe ly'okweyogerako, amakuumiro g'ebyedda n'ebifo ebyalukale mu mawanga mangi bijjuzibwa ebifaananyi ebiraga obwereere bw'abasajja n'abakazi ku bipande ebiran ga ebyamaguzi n'ebibumbe ebiri obwereere, nga biraga ebitundu byabwe eby'ekyama. Kino era kisangibwa mu masinzizo ga Buyindi agamu. Amasabo agamu okwetooloola ensi (okugeza e Buyindi) nago galaga obwereere mu maaso mu mbeera ey'eddiini. Awatali kubuusabuusa ekibumbe kya David kabonero akaddala akalaga eky'okuzza obujja eby'obuwangwa n'okusiiga ebifaananyi naye si kya nnabbi. Ensonga yonna ekwata ku bantu mu kitundu okukkiriza n'okunnyonnyola ebintu ebiri obwereere kintu abazadde kye balina okulowoozaako ennyo okugenda ewala, naddala ku bikwata ku baana baabwe.
- Mu kkuumiro ly'ebyedda mu Santiago, e Chile, ebibumbe eby'omusajja n'omukazi nga beegatta mu by'obufumbo byateekebwa awo we birabirwa.
- Omukazi omuvubuka mu U.S. yalina olutambi lwa kamera eraga ebifaananyi mu kisenge mw'asula ne mu kinaabiro kye, nga eweereza butereevu ebifaananyi essaawa 24 buli lunaku eri abalabi ku mutimbagano gwa yintaneti. Ku bantu abangi waliwo enjawulo nnene wakati w'ekyo ekibalibwa nga okusiiga ebifaananyi n'ekyo ekibalibwa nga ebifaananyi eby'obuseegu oba eby'obuwemu. Mu kusiiga ebifaananyi mu Bulaaya okulaga obwereere kintu ekinyuma ekipya kubanga bulijjo mbu kitegeeza kubeera kabonero ak'enneeyisa ennungi, ekitiibwa, n'ekitiibwa ky'omuntu. Eky'okulabirako ekirungi ky'ekifaananyi Michael Angelo kye yabumba ekya David, Nnabbi, ekikiikirira buli kirungi kyonna, nga kyabumbibwa kyonna kiri bukunya.

**Ekitontome Ky'Oluwalabu Ku Nsonyi**

Bw'oba totya ebiva mu ngeri gye weeyisaamu n'olemererwa okweyisa mu ngeri erimu ensonyi, olwo kola kyonna ky'oyagala.
Naye, ndayira Katonda, nti teri kalungi mu bulamu obutaliimu nsonyi!
Omuntu awangaala bulungi, gy'akoma okubeera n'ensonyi; nga enduli y'omuti bw'ebeera nga ekuumibwa ebbanga ly'emala nga ekyabikkiddwako ekikuta!



- Mu U.S., abantu emitwalo etaano beeyunga ku mukutu okulaba omuntu azaala omwana obutereevu ku mutimbagano gwa yintaneti mu bujjuvu nga bwe byali bigenda. (Time, ogwomukaaga 29, 1998)

**Empisa ezimu ezigobererwa mu kuba n'ensonyi ziragiddwa wammanga:**

- Abaana bwe bagenda bakula, baba balina okukonkona ku luggi nga tebannayingira mu bisenge ebisulwamu abazadde n'abooluganda abalala (okwewala ekiyinza okugwawo singa baba babalabye nga bali bukunya oba nga ebitundu byabwe eby'ekyama birabika).
- Abazadde n'abooluganda balina okubikka emibiri gyabwe n'okwambala mu ngeri eweesa ekitiibwa, nga bali waka ne bwe baba bali bweru. Okukozesa eby'okwekolako n'ebyokwewunda ebisikiriza n'obuwoowo birina okwewalibwa. Abazadde beetaaga okwegendereza olulimi lwe bakozesa bwe wabaawo abaana, ne beewala okuwemula n'emboozi z'ebyokwegatta. Era tewalina kubeerawo nkolagana erimu eby'omukwano wakati w'abazadde mu maaso g'abaana, omuli okwenywegera okugenda ewala, n'okwekwata ku bitundu eby'ekyama.
- Abaana bwe baweza emyaka 10 egyobukulu, baba balina kwebaka mu buliri bwanjawulo.
- Abalenzi n'abawala balina okusomesebwa okwewala okutunula enkaliriza bwe baba batunuulira ab'ekikula ekirala.

*Gamba Abakkiriza abasajja bakkakkanye amaaso gaabwe era bakuume obwereere bwabwe. Ekyo kye ekibasingira obutukuvu. Ddala Katonda Mukenkufu nnyo eri ebyo bye bakola. Gamba n'Abakkiriza abakyala bakkakkanye amaaso gaabwe bakuume n'obwereere bwabwe, era baleme kwolesa byakwewunda byabwe, okuggyako ebyo ebirabika. Era basuulire obukaaya bwabwe (obw'oku mitwe) ku bifuba byabwe. Era baleme kwolesa byakwewunda kwabwe okuggyako eri babbaabwe oba bakitaabwe, oba bassezaala baabwe, oba batabani baabwe, oba batabani ba babbaabwe, oba banyinaabwe, oba batabani ba bannyinaabwe, oba batabani ba baganda baabwe, oba bakyala bannaabwe oba (abaddu) abo emikono gyabwe egyaddyo be gifuga oba abagoberera, abatakyalina bwagazi, oba omwana omuto oyo ateeyolekerwanga bwereere bwa bakazi (atannatuuka kwegatta na bakazi). Era tebasambanga magulu gaabwe olwo ebyo-*

> *kwewunda byabwe bye bakwese ne bimanyibwa. Mwenna mwenenye eri Katonda, abange mmwe Abakkiriza, oboolyawo ne mufuuka abawanguzi.*
> (Kulaane 24:30–31)

Okukkakkanya amaaso kikulu nnyo. Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> Oyo yenna akkakkanya amaaso ku kintu kyonna ekitamukkirizibwa, Allah ajja kumuwa essanyu mu mutima. (IBN MAS'UUD)

- Abawala balina okusomesebwa okutambula mu ngeri ebaweesa ekitiibwa basobole okwewala okusikiriza abalala okwegatta nabo. Tebalina kusitula ku biteeteeyi byabwe okulaga entumbwe nga bwe zaakula. Balina okwewala okwogera mu ngeri esikiriza ereetera abalala okwagala okwegatta nabo:

  *Abange Bakannabbi! Temuli nga mukyala mulala yenna, bwe muba mutya Katonda (ebifo byammwe biri waggulu). Temuwoomerezanga bigambo (nga mwogera), olwo omuntu oyo alina obulwadde (bw'obwonoonefu n'obwenzi) mu mutima n'alulunkana. Naye mwogere ebigambo ebirungi.* (Kulaane 33:32)

- Abalenzi n'abawala tebalina kukkirizibwa okukeerewa ennyo ebweru ekiro. Enkola ya kaafiyu atali mubi nnyo erina okukkiriziganyizibwako wakati w'abazadde n'abaana.
- Ennyimba ezimu zoonoona (ezo ezireeta obwagazi n'ezirimu ebigambo ebyesittaza). Ebintu ebikwata ku kwegadanga byabulijjo mu nnyimba ezisinga eziwulirizibwa abatiini era nga muno mulimu ebintu ebikwata ku mukwano n'ebizannyiikiriza okutuuka ku binyoomesa n'ebibi ennyo (Pediatrics 2007). Okunoonyereza kulaga nti abatiini abawuliriza ennyimba omuli ebigambo ebikkakkanya eby'okwegadanga bamaliriza beetabye mu kwegadanga nga bakyali nga zino mubeeramu ebintu Ebidongo ebyanguwa ebirimu ebigambo eby'okwegadanga bireeta obwagazi. Ennyimba ez'ekika ekyo embi ennyo mubeeramu n'ebigambo ebiwemula, era abaana balina okuziyizibwa okuwuliriza "ennyimba eziwemula". Abaana bwe batandika okuwuliriza ennyimba ez'ekika ekyo baba tebakyawuliramu ku kukola ebintu ebikyamu byonna.
- Ebifaananyi eby'obuseegu byamutawaana nnyo eri abaana, kubanga bikoleeza obwagazi bw'okwegatta okutuuka ku ddaala eritagumiikirizika. Birina kye bikola ekirwawo ku ndowooza y'abaana, ebibafuula abalaba ebintu ebyo ebibi okumala ekiseera ekiwanvu, era ne bibafuula abaloota emisana ku bikolwa eby'okwegatta.
- Ebifaananyi by'obuseegu bikkakkanya abakazi ku ddaala ly'okufuuka ebintu eby'okwegatta ebibeerawo okumatiza ennyonta y'abasajja ey'okwegatta. Omwami awaka bw'aba n'ekimuggye mu mbeera ku bino, alina okufuna okumatizibwa mukyala we. Abawuulu kino tebakisobola, bwe kityo eno eyinza okubeera ensonga endala erina okuwaliriza abantu okuyingirira obufumbo nga bukyali.

Omusajja tayinza kunenyezebwa kufuna bwagazi; naye ayinza okunenyezebwa bw'akkiriza obwagazi okumutwaliriza n'alumya abantu abalala mu kkubo ly'obwagazi obwo. Bwe batyo abasajja bangi balumya bakyala baabwe (nga tebakimanyi) nga bayita mu kwegomba abakazi abalala. Ebifaananyi by'abazannyi ba filimu ne bannalulungi ku bipande ebiranga ebyamaguzi ne ku ngulu kw'obutabo n'ebipande ebitimbibwa, biyinza okubeera ekizibu ky'amaanyi. Mu birowoozo byo basigala nga bavubuka era nga basikiriza olubeerera sso nga bafumbo banno awaka bakaddiwa, ne bagejjulukuka, era ne bafuuka abakoowu. Abafumbo balina okubeera abategeera era abeekisa eri bannaabwe bwe bawangaala; omuntu ayinza okubeera omukadde naye n'asigala nga asikiriza (bwe wabeerawo okuteekateeka okulungi, endya ennungi, n'okukola dduyiro).

Ennaku zino, abazadde balina okumanya ebizibu by'ebifaananyi eby'obuseegu ebri ku mitimbagano gya kompyuta, ensisinkano ez'omukwano, n'emboozi ez'okuwemula eza layisi. Bateekeddwa okulondoola obulungi abaana baabwe n'okuteeka kompyuta mu bifo ebyalukale mu nnyumba, sso si mu kisenge ky'abaana ekitaggukirwako.

## ENNYAMBALA

Abawala n'abalenzi beetaaga okweyisa n'okwambala mu ngeri eweesa ekitiibwa. Bateekwa okwewala ebyambalo ebisoomooza n'okusendasenda era bateekeddwa okwewala okuleetera abalala okulaba engeri gye baakulamu esonsomola. Tebalina kwambala byambalo ebibakwata okulaga emibiri gyabwe bwe gyesala eri abo abali wabweru w'abantu b'omu maka abookumpi, oba okwambala ebikomo ebyakolebwa okusikiriza abasajja. Engoye eziraga emibiri tezikkirizibwa kwambalibwa abalenzi n'abawala, era abawala balina okwebikka ku mitwe bwe baba bali mu bantu. Abalenzi n'abawala tebalina kwetaba mu kwambala ngoye ezambalwa abantu ab'ebikula ebitali byabwe. Hadiisi eno wammanga kino ekinnyonnyola bw'eti:

> Abu Hurayira yagamba bw'ati: Nnabbi ﷺ yakolimira omusajja ayambala n'afaanana omukazi, n'omukazi ayambala afaanane omusajja. (ABU DAWUDA)

Abaana kye bambala kikulu. Enjogera egamba nti "Weeyisa nga bw'oyambala" etegeeza nti abaana balina okwambala mu ngeri ebaweesa ekitiibwa era eteswaza. Abantu bambala mu ngeri yanjawulo okusinziira ku kintu kye baliko: mu kusinza okwabuli wiiki, okukola yintaviyu, ku mikolo egyabuli mwaka, embaga, oba emizannyo. Bagezaako okugya mu bantu, okunyirira, oba okwongera emikisa gyabwe egy'okukkirizibwa mu kibiina ky'abantu abenjawulo. Ebyambalo, enkola y'enviiri, n'ebikomo birina okulabika nga biweesa ekitiibwa. Okutwalira awamu, abazadde tebaagala byambalo ebiraga obutabeera bagonvu. Ebyambalo ebiweesa ekitiibwa bwe biba nga bikozesebwa mu buli mbeera, aba abyambadde aba aggya kunyirira bulungi. Ebyambalo, enneeyisa, n'emisono ebitabuuka nsalo bibalibwa nga biweesa ekitiibwa.

Abazadde beetaaga okuwa bawala baabwe "eby'okulondako" ebikkirizbwa nga bwe kisoboka. Emyaka gijja kutuuka – giyinza okubeera mimpi nga ebiri oba esatu – muwala waabwe w'abeerera n'endowooza ey'amaanyi ku kiki ky'ayambala. Aba ajja kulwanyisa bazadde ku kusalawo kwabwe ku kiki ky'alina okwambala. Okugonjoola kino mu ngeri ennungi era ey'emirembe kwe kuteekawo engoye bbiri oba ssatu asobole okulondako, olwo awulire nti aweereddwa omukisa okusalawo.

Mu masomero abayizi gye bambalira yunifoomu efaanana, ku ntandikwa bayinza obutakyagala, naye amangu baba bajja "kwerabira" eby'ennyambala, olwo ebeere nga tekyali nsonga nkulu. Kino kiba kisobozesa okwewala okukubaganya ebirowoozo ku "kiki eky'okwambala" buli kumakya. Abawala balina okutegeezebwa nti wadde nga ennyambala esikiriza eba ebalabisa nga "babalagavu" naye ewa obubaka obukyamu eri abalenzi obuyinza okuvaamu ebibala ebitaagalwa.

**Akatego!**

Amaaso Okusisinkana → Okumwenya Okwokukkiriza → Okulamusaganya → Okunyumya → Okusisinkana → Okukwatako → Obwagazi → Ekkubo Ery'obutadda Mabega → Ekyonoono Ky'okwegatta → Ebizibu!! Ebivaamu muyinza okubeeramu endwadde z'okwegatta, olubuto, okuggyamu olubuto, oba omwana atali mu makubo matuufu.

### OKWETABULA OKWAKYEYONOONERE NE KHALWAH TEBIKKIRIZIBWA

Khalwah kwe kusisinkana wakati w'omusajja n'omukazi ku nsonga ezaabwe nga abantu mu kifo ekitaliimu bantu emabega w'oluggi oluggale, nga tewali muntu yenna ayinza kubalaba (okugeza mu kisenge kya wooteeri oba ekifo ekyesambye abantu mu kyalo). Ekitimba kya sitaane eky'okwagala okwegatta kiba kikulu nnyo okuziyiza khalwah mu buli ngeri yonna esoboka! Nnabbi ﷺ yatuwa okulabula okumala bwe yagamba bw'ati:

> Omusajja buli lw'asisinkana n'omukazi bokka mu kifo ekitaliimu bantu, Sitaane y'abeera owookusatu. (AL-TIRMIDHI)

Okwetabula okwakyeyonoonere okw'abalenzi n'abawala kulina okwewalibwa, naye okwetabula okuliko okulondoola kw'abazadde era nga kutunuuliddwa nkaliriza mu nsalo z'obuntubulamu ne mu mbeera efugibwa obulungi okwo kukkirizibwa. Omulenzi ayinza okwegomba omuwala gw'alaba bulijjo ku muzikiti, essomero, etterekero ly'ebitabo, oba mu katale. Ayinza okumutuukirira n'atandika okwogera naye mu ngeri eteraga kigendererwa, okulaba oba naye amulinamu obwetaavu. Bwe bamala okunyumya, bayinza okuteesa okusisinkana mu kifo ekitali kyalukale, okugeza mu bimuli oba mu maka agamu. Nga tewali n'omu abalaba, ayinza okugezaako okumukwatako oba okumunywegera. Bw'akkiriza ekyo okukikola, wayitawo akaseera katono, aba ajja kufuna obuvumu obumala okweyongerayo. Ekyo kiyinza okukomekkereza nga beegasse mu by'omukwano awatali kukyeteekateekera, ekiyinza okuggweera mu katyabaga.

Etteeka eryo waggulu teririna kuteewuluzibwa kubanga ngeri eteriiko kabuuza ereeta akatyabaga okugwawo. Ne mu bantu bannaddiini ennyo, kintu eky'amaanyi ekireeta okukola ekyonoono. Abantu bonna baatondebwa mu nnyama n'ebirowoozo ebifuga enneeyisa: ne Nnabbi Yusufu yekka yalina okwolekera okusoomooza bwe kutyo.

- Endagaano y'okusisinkana: Enkola ey'okusisinkana ye 'geeti y'okwegatta' eri abaana abavubuse. Etera okuvaamu obulumi n'okubonaabona eri abantu abakubeeramu, abeewaabwe, n'abantu b'ebitundu mwe bawangaalira. Mu kunoonyereza okwakolebwa mu 1999 mu U.S., ebitundu 25 ku kikumi eby'abasajja abapya abali mu yunivasite abaabuuzibwa baagamba nti, singa mu nsisinkano eyo baba basasulidde eby'okulya omuwala n'atakola byonna ebyetaagisa, omulenzi aba alina eddembe okumukaka omukwano. Kungi ku 'kukozesa abakazi mu nsisinkano' tekuloopwa (Norris n'abalala 1999; Bohmer 1993). Ekintu kyonna ekimenya okweziyiza okwegatta ne kireeta okubulwa okwefuga, okugeza ebitamiiza, ebiragalalagala, ennyimba ezisikiriza okwegatta, okwekwatakwata, oba khalwah, tekirina kukkirizibwa. Okunywegera n'okwekwatakwata biteekateeka omubiri okwegatta, omubiri bwe guteekebwa mu mbeera "ey'obutadda mabega." Okusisinkana okw'omukwano n'eddembe ly'okwegatta bikosa obufumbo. Okulowooza nti abafumbo "buli omu nga yali amanyi munne" era nti buli omu aba ajja "kumanya" munne mu ngeri esinga obulungi terinaako mutwe na magulu. Ebitundu byonna ebikkiriza eddembe bwe lityo bibeeramu omuwendo munene ogw'abantu abaggyamu embuto, okuzaala abaana abatali mu mateeka n'abafumbo okwawukana.

### OKUSIKIRIZIBWA KW'ABEMYAKA EGYENKANA N'ENSONGA ENDALA

- Waliwo ensonga nnyingi ezinnyonnyola lwaki abaana beetaba mu kwegatta, ezisinga okubeera ezaabulijjo kwe kusikirizibwa okwa baana bannaabwe. Kye beekwasa ky'ekyokuba nga buli omu akikola. Ensonga endala ezivaako okwegatta okw'abatannatuuka kubeera bafumbo bwe bwetaavu bwabwe abantu abakulu okubabala nti basobola era nga engeri ey'okweyongera eddaala mu kitundu mwe bawangaalira. Eri abamu, kiva ku bu-

tabeera na kwekkiririzaamu kumala, okwo kwe baba basuubira okwongerako nga bafuuse taata oba maama. Ebiseera ebimu, kiba kiva ku butabeera na byakukozesa birala okukyusa amaanyi gaabwe ag'okwegatta. Obutayagalibwa n'obutasiimibwa waka nayo eyinza okubeera ensonga, obutaba na kakwate ka maanyi awaka obuyinza okuleeta okwagala okufuna akakwate awalala. Okukemebwa okwegatta kuli buli wamu, nga awasinga bwe butabo bw'amawulire, abaana ab'emyaka egifaanana, ne terefayina. Omuwendo gw'ebintu ebikwata ku by'okwegadanga ebiragibwa ku terefayina gugenze gweyongera. Okusinziira ku kunoonyereza okwakolebwa mu 2005 ebitundu nsanvu eby'ebiragibwa ku TV byalimu ebintu ebikwata ku kwegadanga (omuli okwogera ku by'okwegadanga awamu n'enneeyisa erimu okwegadanga okuviira ddala ku kwenywegera okugenda ewala okutuuka ku kwegattira ddala mu by'obufumbo), nga kino kyava ku bitundu 64 ku buli kikumi mu mwaka 2002 n'ebitundu 56 ku buli kikumi mu mwaka 1998. Ebitundu by'ebyo ebiragibwa mu biseera omusinga okulabirwamu TV ku mikutu egisinga okuba egy'amaanyi ebirimu okwegadanga nabyo birinnye, nga kumpi munaana ku kkumi ku ndaga ezo (ebitundu 77 ku buli kikumi) byalimu eby'okwegadanga mu 2005, bw'obigeraageranya n'ebitundu e 67 ku buli kikumi mu mwaka 1998 ne 71 ku buli kikumi mu 2002. Ku ndaga 20 ezisinga okulabwa abatiini, ebitundu 70 ku buli kikumi mwalimu ebintu ebiraga enneeyisa ey'okwegadanga (The Henry J. Kaiser Family Foundation 2005). Okunnonyereza okwakolebwa mu 2010 mu mawanga ga Bulaaya 25 kwavumbula nti ebitundu 23 ku buli kikumi eby'abaana abali wakati w'emyaka 9-12 baatuukibwako ebintu ebikwata ku kwegadanga ku mukutu gwa Yintaneti oba nga Yintaneti teriiko, era mu bifo mwe baafunira ebintu ebyo, Yintaneti kumpi yali mu kifo ky'ekimu (ebitundu 14 ku buli kikumi) nga terefayina, firimu ne vidiyo (ebitundu 12 ku buli kikumi (EU Kids Online 2014). N'olwekyo abazadde bateekeddwa okujjuza abaana baabwe omukwano, ebiseera by'abaana babijjuze eby'okukola eby'omugaso, era beemanyiize okuteekawo empuliziganya ennungi n'abaana baabwe.

- Ebitamiiza: Ebitamiiza n'ebiragalalagala bikosa nnyo kubanga bikendeeza okwefuga ne biggyawo ebintu byonna ebiziyiza okwetaba mu kwegatta.
- Amazina (okuzina okwekintabuli era okulimu okukwatagana okutasaana wakati w'abalenzi n'abawala) n'okukwatagana okw'omubiri okw'ebikula ebyenjawulo kuteekeddwa okwewalibwa, nga mwe muli okunywegera, okukwatagana, okugwaŋŋana mu bifuba, okusiimuula, n'okwenyiga. Ebikolwa bino byonna bireeta obwagazi mu mubiri, obuguleeta eddaala limu okumpi n'okwegatta mu by'omukwano.

> Okunnyonnyola Okw'amazina N'omuntu Ow'ekikula Ekirala kuli nti:
>
> Okuzina Kwe Kwogera nga Twesimbye Okwagala Kwaffe Okw'obukiika!

### KIKI EKIRINA OKUKOLEBWA

Abazadde balina okuwa abaana baabwe amagezi amalungi. Abazadde tebalina kukomya mulimu gwabwe ku kuwa baana waakusula, mmere, byakwambala, n'ebintu ebikalu bye beetaaga, naye bateekeddwa mu kiseera ky'ekimu okubawa okuluŋŋamya mu by'omwoyo n'empisa.

- Abazadde beetaaga okujjuza obwongo bw'abaana "ebirowoozo ebirungi" n'obutabalekera mwagaanya gutalimu mpisa na by'amagezi "nga eky'okulowoozaako." Ebigendererwa ebyawaggulu n'empisa ennungi birina okubeera wonna ku bintu bye balina okukola. Eky'okulabirako ekimu eky'engeri y'okukwatamu ebintu y'engeri Nnabbi ﷺ gye yayogeramu eri omuvubuka eyamusaba amukkirize asigale nga ayenda mbu kubanga yali tasobola kufuga bwagazi bwe. Nnabbi ﷺ yamuwa ensonga nga ayita mu kumubuuza oba yali ayinza okusiima omuntu omu okwenda ku nnyina (ow'omuvubuka), mwannyina, muwala we, ssenga we, oba mukyala we. Buli gwe yagambanga omuvubuka yayanukulanga nti "nedda." Nnabbi ﷺ kwe kumugamba nti bw'atyo n'omukazi omuvubuka gwe yali ayagala okwendako yali maama wa muntu, mwannyina, muwala, ssenga oba mukyala we. Omusajja yategeera era ne yeenenya, Nnabbi ﷺ n'amusabira Katonda amusonyiwe.
- Kikulu okunyweza eky'omuntu okuwulira nti alina gy'agwa n'okwewala okusikirizibwa okumala gagoberera bantu kye bakola! Kino abazadde bayinza okukituukako mu baana baabwe nga bayita mu kubasomesa emisingi gy'enneeyisa ennungi, endaba y'ensi, n'enneeyisa mu bulamu. Mu ngeri eno abaana baba bajja kwejjukiza obutanywa mwenge, obutalya mbizzi, obutakozesa biragalalagala, oba okwetaba mu kwegatta nga tebannayingira bufumbo. Abazadde bennyini tebateekeddwa kunoonya kwegatta okuli wabweru w'obufumbo, kubanga balina okubeera ekyokulabirako ekirungi eri abaana.

## OKUKEERA OKUYINGIRA OBUFUMBO

Teri myaka gyateekebwawo egyenkalakkalira egy'okuyingira obufumbo. Kati yafuuka nkola ya mulembe abavuvuka okuwasa nga bamaze okufuna diguli, okufuna omulimu oba okuweza emyaka 26 n'okusingawo. Mu ngeri y'emu, abawala abavubuse bagamba nti baagala kufumbirwa nga basussizza emyaka 24, nga bwe balangirira nti, "Sinnaba mwetegefu okubuyingirira." Wadde nga baba n'ebitundu eby'ekyama ebyabulijjo n'obwagazi, abavubuka balina okumanya nti balina okusalawo kwa mirundi ebiri gyokka egikkirizibwa: okuyingira mu bufumbo oba okweziyiza okwegatta mu by'abafumbo okutuusa nga bamaze okuwasa oba okufumbirwa.

Kulaane egamba nti:

> *Abo abatalina busobozi bwa kuwasa besseemu ensa, balinde okutuusa Katonda lw'anaabawa ku byengera bye n'abagaggawaza.*
> (Kulaane, 24:33)

Ye Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

> Abange mmwe abavubuka oyo aba alina obusobozi awase, ekitali ekyo obe nga osiiba, kubanga ekyo kikkakkanya obwagazi.
> (AL-BUKHAARI)

Omulenzi oba omuwala bw'awulira okwagala ennyo okuyingira obufumbo era nga tasobola kulinda, abazadde balina okugezaako nga bwe basobola okumuwasiza oba okumufumbiza. Bwe batakikola, baba basindiikiriza mwana waabwe okugwa mu nsobi mu ngeri emu oba endala. Obumu ku buvunaanyizibwa bw'abazadde bulambikiddwa Nnabbi ﷺ bw'ati:

> Omuntu Katonda gw'aba awadde omwana, alina okumuwa ebintu bisatu nga ddembe lye eryobwebange: erinnya eddungi, okumuyigiriza, ate bw'atuuka mu myaka gy'obukulu, okulaba nti afuna obufumbo. (Tibrizi 1985)

Abazadde bwe batawuliriza kusaba kw'amwana ne balemwa okuteekateeka eby'okuwasa oba okufumbirwa, nabo baba bajja kugabana ku kyonoono ekivaamu. Wabula, era kikulu mu ngeri y'emu obutakaka bavubuka kuyingirira bufumbo. Abazadde abamu beenyigira mu kukola ensobi nga bayita mu kukakaatika ku baana abanaabawasa oba abanaabafumbirwa. Basalawo busazi nti ab'olulyo lwabwe be

Nnabbi yagamba bw'ati:

Ndayira Katonda nti, nze muntu abasinga okumutya, naye nsiiba ne nsiibulukuka, nsaala ne nneebaka ekiro, era mpasa abakazi. Oyo atayagala kugendera ku nkola yange si wa mu kibiina kyange. (AL-BUKHAARI)

Obufumbo kmukyakubiri eky'eddiini; ekitundu ekirala kwe kutya Katonda. (AL-TWABARAANI NE AL-HAAKIM)



balina okuwasa oba okufumbirwa ab'omumaka abaliwo awatali kuwa baana ddembe lya kwesalirawo. Babaggyako eddembe lyabwe ery'okulaba n'okumanya bafumbo bannaabwe ab'omu maaso nga tebannayingirira bufumbo. Ku ludda olulala, okutegeka obufumbo obwesigamiziddwa ku musingi gw'okwetabira awamu, wamu n'okukkiriza okuva eri omulenzi n'omuwala buvunaanyizibwa bw'abazadde, kubanga buno buba bujja kuvaamu essanyu ery'olubeerera wakati w'abafumbo n'amaka okuva ku buli ludda. "Entekateeka" zino zeetaaga okubeera n'ekigendererwa eky'okuleeta essanyu ly'abafumbo n'okuwangaala obulungi mu kifo ky'okwagala okumatiza ebigendererwa eby'obuntu ebya bakayungirizi b'amaka abakwanaganya enteekateeka ezo.

Abantu b'omu kitundu nabo balina eby'okukola bingi okuyamba mu bufumbo:

- Okuteekawo embeera ennungi ey'abalenzi n'abawala okusisinkana n'okumanyagana, mu kiseera ky'ekimu nga bamalamu amaanyi eky'okwetabika okwakyeyonoonere okutaliiko kulondoolwa wakati w'abantu ab'ebikula ebyenjawulo.
- Okuwa emisomo nga abantu tebannayingirira bufumbo n'okubuulirira abalenzi n'abawala, okubateekateeka okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe nga bataata era abaami ne bamaama era abakyala awaka.





## Okusoberwa Ku Nteekateeka Y'ebyenjigiriza Bw'obigeraageranya N'obufumbo Obukeere

Enkola yaffe ey'essomero yaleetawo ekizibu eky'amaanyi ku by'okwegatta. Okufuna diguli oba ebbaluwa eyaawaggulu kutegeeza nti obufumbo bulina okukeerewako okutuusa eyo mu makkati g'emyaka abiri. Sso nga entikko y'obwagazi bw'omuntu okwegatta eri abasajja eri mu myaka gy'ekitiini egyawaggulu; ate ku bakazi emyaka gy'ekitiini gye gisemba mwe bawulirira ennyo nga baagala kwetengerera ekyo ne kibafuula ababeera mu mbeera y'okusendasendebwa. Okwegatta nga okw'abantu abatannatuuka kuyingira bufumbo mu biseera ebisooka eby'obukulu kuvaamu okuggyamu embuto, bamaama abatali bafumbo, endwadde eziva mukwegatta, n'abaana abalina abaana abatali mu mateeka.

Ensonga eno erabika okugonjoolwa na kuyingira bufumbo amangu mu myaka gy'essomero oba okweziyiza okwegatta okutuusa okumala okufuna diguli. Okuwasa oba okufumbirwa okukeere kuyinza okumatiza mu kugonjoola ensonga singa ekitundu abantu mwe bawangaalira kiteekateeka abatiini okulabirira omwami oba omukyala, oluusi n'abaana, mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa obumala.

Mu bantu ab'omulembe guno, okusaba abavubuka okubeera abagumiikiriza n'okusigala nga embeerera (enteka) okutuusa mu makkati g'emyaka wakati w'abiri n'asatu kuzibu nnyo mu mbeera y'ebikemo ebibeetoolodde n'okusendasendebwa okwegatta mu by'obufumbo. Ebizze biyita biwa essomo ery'amaanyi. Mu biseera ebyayita, ekizibu kino tekyabangawo kubanga obufumbo obukeere kye kyali ekyabulijjo era n'enkola y'abantu mu kitundu yonna yakiwagiranga. Mu biseera bya Nnabbi ﷺ n'emirembe mingi egyaddirira, enkola eno wammanga etambulira awamu yateekebwanga mu nkola:

a) Obufumbo obukeere bw'awagirwanga.

b) Oluganda olwewala lwayambanga nnyo mu kulabirira abaana n'abazzukulu. Kyali kyabulijjo abantu abagwa mu mirembe esatu okuwangaalira awamu era amaka amatono kye kyali ekitali kyabulijjo. Amaka tegaavanga nnyo mu bifo nga bwe kiri olwaleero.

c) Obusiraamu bwakkiriza okutegeka eby'okuzaala n'okuteekateeka obungi bw'abantu okuyamba bamaama abato okukeereya okuzaala okutuusa lwe baba nga beetegese. Ekyo kyasinziiranga ku mwami okukyetabamu n'okuba nga omwami n'omukyala bombi bakimanyiiko.

Ennaku zino, bamaama abalina obukugu mu mirimu egy'ekikugu oba abalina diguli za yunivasite bayinza okulabirira abaana ekiseera kyonna era bayinza okufuna omulimu ogw'ebiwagu okutuusa mu makkati g'emyaka wakati w'asatu n'ana, oluvannyuma bayinza okukola ekiseera kyonna oba emirimu egy'ekiseera nga abaana baabwe bawezezza emyaka egy'obukulu, kye kimu bakola nga bannakyewa oba nga basasulwa. Waba tewajja kubeera kukosa baana kwonna era ekitundu mwe bawangaalira kiba tekijja kuggyibwako bamaama abatendeke mu mirimu egy'ekikugu abalina amagezi n'obumanyirivu eby'amaanyi.

Si kituufu okutwala abaana abali wakati w'emyaka egy'obukulu 13 ne 19 nga abatasobola kubaako ne kye bakola n'okubayisa nga abalina okukozesa obukozesa ebintu, abatasobola kuba na buvunaanyizibwa oba okukola emirimu egimu egy'omugaso. Endaba eriwo mu kiseera kino erabika okwongerayo obuto okutuusa mu myaka 20 n'okweyongerayo katono. Abavubuka beesigamira mu buli kintu ku balala mu kifo ky'okubeera ab'obuvunaanyizibwa, abeetongodde, era abantu abalina kye bakola.

Kulaane eyogera ku bannabbi abavubuka okugeza Bulayimu, Yezefu, Musa, ne Yesu (emirembe gibabeereko bonna) n'abalala abaalina okubeera eky'okulabirako era abalina bye baakola eby'amaanyi mu biseera byabwe eby'obutiini. Waliwo n'emboozi y'Abantu Ab'omumpuku (As-haab al-Kahf) okubeera abavubuka (fityah),

abaaluŋŋamizibwa, era abaakola ebintu eby'amaanyi. Enkola etwalibwa kati nga erina okugobererwa ey'okukeereya obufumbo okutuusa mu makkati g'emyaka abiri n'asatu tematiza. Enkola endala ezaatuukirira ez'obufumbo obukeere zizze ziteekebwa mu nkola okwetooloola ensi yonna mu biseera ebyemabega. emyaka gye gigenda gyeyongera).

Okwogerera mu by'ekisawo, embuto n'okuzaala biba byangu ku myaka egy'ekivubuka era tebibeera byangu nnyo nga emyaka abiri gigenda kuggwaako oba nga emyaka esatu gitandise (era embuto ezisooka ziba nzibu nnyo.

Ensonga nkulu nnyo, ntuufu okwogerwako, era ya mangu. Tuteekeddwa okukola ku ky'obuzibu omuntu bw'asanga mu kweziyiza okwegatta, obwetaavu bw'obufumbo obukeere, n'obwetaavu bw'okutandika amaka mu biseera by'ekivubuka (okutegekebwa nga mulimu oba temuli baana).

## Okukuuma Abaana Obutasobezebwako Bantu Bakulu

Kyabutonde abaana okwesiga abantu abakulu, naddala abaana Abasiraamu batendekebwa okugondera abantu ababasingako. Abaana baba bajja kubeera mu kutya bwe batakola omuntu omukulu by'abasaba. Abantu abakulu abakambwe bayinza naddala okubeera abatiisa era abatiisatiisa, wadde nga abaana bwe baba bamanyi ekyokukola, bayinza okwekuuma obutatuukibwako kukabanyisibwa. Bino wammanga bye bintu omuntu by'ayinza okukola okutuusa ku baana obubaka ku ky'okukolera abantu abakulu ababi:

- Omuntu ow'ebbali bw'aba nga yeeyisa mu ngeri eteri yaabulijjo, nga akusemberera nnyo, akutunuulira enkaliriza, akutaayiza, oba akugoberera, mudduke onoonye okuyambibwa. Bw'oba okakasa nti ali ku ggwe, oyinza okuwoggana nti "Omuliro! Omuliro!" kubanga abantu ebiseera ebisinga basitukiramu era ekyo kiba kijja kutiisa omulumbaganyi.
- Toyingiranga mu mmotoka oba n'ogenda awantu wonna n'omuntu gw'otamanyi. Ne bw'alabika nga atali mubi era nga alina bingi by'akumanyiiko n'amannya ga bazadde bo, gy'osomera ne gy'obeera, totya kugamba mu ddoboozi eriri waggulu nti "Nedda!"
- Weewale ebifo ebitaliimu bantu n'ebifo ebiriraanye eka ebitali birungi, era bw'oba oso-

Mu Basswahaba ba Nnabbi, waaliwo abavubuka embulakalevu bangi ababeeranga abakulembeze. Usaamah ibn Zayd yeetaba mu Lutalo Lw'ebika (al-Ahzaab) ku myaka 15 egy'obukulu. Ku myaka 18 yakulemberamu eggye omwali Basswahaba abakulu. Mu Lutalo lw'e Uhud, abavubuka bangi abaalina emyaka 15 okugeza Samrah ibn Jundub, ne Raafi ibn Khudayj beetabamu. Mu Lutalo Lw'ebika, Abdullah ibn Umar, Zayd ibn Sabbiiti, al-Baraa ibn Aazib, Amr ibn Hazm, ne Asiid ibn Thahiir bonna baalina emyaka 15. Qutaybah ibn Muslim al-Baahily yakulemberamu eggye ly'Abasiraamu eryalumba China nga alina emyaka 18. Eby'okulabirako ebifaanana bwe bityo biyinza okuleetebwa ku Basswahaba abakazi abavubuka.

| Ekkubo Eryobwonoonefu | Ebivaamu | | Ekkubo Ery'empisa | Ebivaamu |
|---|---|---|---|---|
| Obwenzi bwangu, Busikiriza era Bufunika<br><br>Okwegatta mu By'abafumbo Kwa Layisi, Okuvaamu Okwegatta Okutali Kwa Buvunaanyizibwa | Endwadde Z'obukaba (STD) Embuto ez'ekitiini Okuggyamu embuto Abaana abatali bafumbo abalina abaana Obwavu Okwawukana Amaka agatabuse Amaka agaddukanyizibwa omuzadde omu Akavuyo k'ebyokwegatta Obumenyi bw'amateeka okubeera waggulu Okukwata abakazi okuli waggulu | Llgeraageranyene | Temusemberera Bwenzi (zinaa) Obwenzi Bufuulibwa Buzibu, Obutasikiriza era obutafunika mangu<br><br>Okwegatta okuyonjo Vs kussibwamu ekitiibwa<br><br>Okwegatta kuteekateekebwa nga kuyita mu bufumbo Okwegatta okw'obuvunaanyizibwa kuwagirwa | Abazadde abalamu Abaana abalamu Amaka agaddukanyizibwa abazadde ababiri Abakulembeze b'abalongoofu Obuzzi b'wemisango obuli wansi Amaka amasanyufu Abaana abasanyufu Okukwata abakazi okutono mu kitundu |

bola okukyewala totambula wekka, naddala mu bibuga ebinene. Ekisinga obulungi ky'ekyabawala okutambulira awamu mu kibinja nga bagenda ku ssomero, oba nga baliko omuntu omukulu abawerekerako.

- Kwata ku mwoyo ennamba y'essimu ey'ebigwa bitalagaanye eya poliisi, era omanye engeri y'okugikubamu, ne bwe waba mu nzikiza. Buli kiseera beera n'ebinusu, ebisente, essimu ey'omu ngalo, oba kaada y'essimu okusobola okukubira bazadde bo oba poliisi.
- Bw'oba oteekeddwa okulindira ebweru wa mmotoka oba awaka wekka, kuuma enzigi n'amadirisa nga biggale. Abantu b'otamanyi bwe bakonkona ku luggi oba ne bakukubira essimu, tobaleka kumanya nti oli wekka. Towa muntu gw'otamanyi gy'obeera oba amawulire gonna amalala ku ssimu! Gamba nti bazadde bo tebasobola kujja ku luggi kubanga balina ebibatawaanya, oba nti tebaagala kutawaanyizibwa. Weefuule ayogera n'omuntu omulala mu kisenge.
- Bw'owulira nga totebenkedde ku ngeri omuntu gy'abadde ayogeramu naawe oba engeri gy'abadde akutunuuliramu, tegeeza omuntu omukulu gw'oyinza okwesiga.
- Yiga amakubo agamu ag'okwerwanako nga okozesa amagulu n'emikono oba obukodyo bw'okwerwanako obulala. Tolina kubeera waamaanyi okusobola okwekuuma, naye lowooza bulowooza mu ngeri ennyangu era okolerewo. Waliwo ebibiina ebisomesa okwerwanako nga essira teriri ku kulwana, naye ku kwerwanako.
- Weegendereze ebifaananyi eby'obuseegu eby'abaana. Abaana tebateekeddwa kubeera bwereere mu maaso g'abalala. Amateeka mu mawanga amangi gakugira ebifaananyi by'obuseegu, era ebifaananyi by'abaana ebyobuseegu byagaanibwa kumpi buli wantu.
- Bw'oba otidde omuntu yenna, soma essuula eziyamba okwekuuma (al-Faatihah, aayatul kursi, al-Falaq, ne al-Naasi). Beera nga oziddiŋŋana bwe kiba kyetaagisa, era osabe edduwa nga osaba Katonda okukuyamba. Allah ye mukwano gwo asinga, Omuluŋŋamya, era Omukuumi.

## EMYAKA EMITUUFU OKUMANYISA ABAANA EBIKWATA KU BY'OKWETUNDA KIKI EKIRINA OKUKOLEBWA

Obwamalaaya ssomo mu kuyigiriza eby'okwe-



gatta abazadde lye bateekwa okunnyonnyola abaana baabwe bwe wabaawo akakisa, nga tebeerabidde myaka gy'abaana. Abaana tebamanyi kinene ku bulamu bwa bamalaaya era bayinza okuba nga balina ebibuuzo bingi ku nsonga eyo. Kino era kiteekeddwa okukugira abo abayinza okulowooza mu biseera eby'omu maaso ku kuva awaka olw'embeera yonna gye beesangamu nga ekkubo ery'okuvvuunuka ebizibu. Abazadde balina okukozesa obukugu bwe baba batendekeddwamu n'okukozesa amagezi mu kusalawo ekituufu okukola. Kikulu abazadde bannyonnyola abaana baabwe entiisa obulamu bwa bamalaaya gye bubeeramu okusobola okubaziyiza okulowooza ku nkolagana y'okwegatta ey'ekiyitamulujja okubabeeramu, nga era kino bakikola nga basinziira ku kuba nga kyamubutonde omwana okubeera n'ensa. Malaaya ayinza okuwalirizibwa okwegatta n'abasajja abatuuka eyo mu makumiabiri mu bulumi obw'ekitalo, nga ebiseera ebisinga afuna obulwadde bw'ekikaba (okugeza AIDS), n'afa ku myaka emito. Abawala batono nnyo be basalawo kyeyagalire okufuuka bamalaaya. Ebiseera ebisinga bawalirizibwa okubukola abasajja ababi n'embeera embi gye baba bawangaaliramu. Ebiseera bingi baba balina okwabulira amaka gaabwe olw'okukubibwa okw'olutentezi oba okukabasanyizibwa okwegatta, oba nga bayaga ababa beetaaga ssente okuwanirira omuze gwabwe ogwetaaga ssente ennyingi. Abamu baba baawambibwa nga batambula bokka, era nga bakuumibwa nga abasibe mu bisenge ebimu mu mawanga amagwira eyo gye batayinza kwogera lulimi lwayo era nga tebamanyi butya bwe bayinza kunoonya buyambi. Bayinza obutaddayo kulaba ku beewaabwe. Abalala baba baaweebwa ebiragalalagala nga bagezesebwa okukola omulimu ogulabika okubeera ogw'ekitiibwa nga ogw'okukola nga omukozi awaka oba alabirira omwana. Oluvannyuma baggyibwako buli kamu ke balina, ne bakukusibwa okutwalibwa mu nsi endala ne bakuumirwa mu bisenge ebikuumibwa obutiribiri ebiba bisibiddwako kufulu. "Mu Bungereza bamalaaya abakunukiriza mu 4,000 be baakakukusibwa. Naye ebibiina ebirwanyisa okukukusa abantu bigamba nti omuwendo munene nnyo okusinga awo" (Morris 2008). Mu mbeera ezimu, abawala badduka okuva awaka olw'embeera etagumiikirizika eri awaka efaananako omuliro, ne banoonya obuweerero wabweru w'awaka. Eno bapimpu (abasajja abafuga bamalaaya ne batunda obuboozi bwe bakola) gye babajja ne babawaliriza okukola obwamalaaya.

Ssente ntono ku ezo eziba zisasuddwa bakasitoma z'eziweebwa abawala ezisigadde ne zigenda mu nsawo za bapimpu. Abazadde bwe bafuulira abaana baabwe obulamu obutakyagasa, mu butuufu baba babasindiikiriza kudduka mbeera ebonyaabonya awaka olwo ne badda ku nguudo.

Omwana yenna alina ebizibu eby'amaanyi awaka nga tamanyi kyakukolera mbeera aba alina okunoonya obuyambi okuva ew'omuntu omukulu ayinza okwesigika (okugeza owooluganda, imaamu, omusomesa, omuwi w'amagezi oba omuserikale). Okumala gadduka oba okudda ku kunywa enjaga okugezaako okudduka emitawaana gy'abaamu kiba kijja kwongera kusajjula mbeera.

Abaana bwe baba tebamanyi kintu kyonna ku bwamalaaya, baba bajja kufuna ebifaananyi mu mutwe batandike okukuba obufaananyi obutali butuufu. Bayinza okulowooza obwamalaaya oku-beera obulungi, obwangu, era obujjudde essanyu ly'okwegatta. Oba nti mulimu gwa kikugu omuli amagoba amangi, okubawa eby'okwewunda byonna n'ebyokwekolako bye baloota, okwambala engoye ezisikiriza, oguleetera abasajja abangi okubeeyunira, oba okusula mu wooteeri ez'ebbeeyi ennyo. Ebirooto ebyo byonna biyinza okubabuutikira ebirowoozo okuggyako nga abazadde baabwe mu buvunaanyizibwa obwekitalo baba babannyonnyodde ebituufu nga obudde bukyali. Ebyembi, amawulire n'ebiweerezebwa ku mpewo bitumbula obulamu "obusanyusa" obwa bamalaaya mu byafaayo abaawangaala obulamu obwokwejalabya okuva mu basajja abagagga. Emma Hamilton, eyali malaaya wa Horatio Nelson, kyakulabirako.

## OWOOLIUGANDA BW'ASOBYA KU MWANA W'OMUNTU OBA OMWANA N'AKAKIBWA OMUKWANO

Kizibu nnyo eri omuzadde okukkiriza nti omuntu omulala awaka yayiikiriza omwana omuto n'amusobyako. Ebiseera ebimu, kiba kizibu okuba n'obujulizi obulumika era ayinza obutakikkiriza oba okwagala obwagazi okukkiriza nti kituufu. Mu mbeera eyo, kiba kisingako okugenda ewa imaamu, omusomesa, omuwi w'amagezi (kansala), oba poliisi. Omusango bwe guba guzziddwa, poliisi eteekeddwa okutegeezebwako. Buli muntu alina eddembe obutatuukibwako mutawaana n'okukuumibwa, n'obutawalirizibwa kukola kyonoono kya kwegatta.


Olwaleero okukwata abakazi kintu ekigenda kifuuka ekyabulijjo; okunoonyereza okwakolebwa wonna mu ggwanga kwasanga nti omukazi omu ku buli bataano (ebitundu 18.1 ku buli kikumi) n'omusajja omu ku buli 71 (ebitundu 1.4 ku buli kikumi) mu U.S. baayogera nga bwe baali bakwatiddwako mu bulamu bwabwe. Okunoonyereza era kwalaga nti ebitundu 13 ku buli kikumi eby'abakazi ne 6 ku buli kikumi eby'abasajja baayogera nga bwe baakabasanyizibwako mu bulamu bwabwe, ate ebitundu 4.8 ku buli kikumi eby'abasajja baayogera nga bwe baawalirizibwako okuyingira omuntu omulala mu bulamu bwabwe (CDC 2012). Mu Bungereza ne Wales, mu mwaka ogwakomekkereza omwezi ogwokusatu 2015, emisango egyekuusa ku by'okwegadanga egyaloopebwa ku poliisi gyeyongera ebitundu 37 ku buli kikumi, omwali okukwata olw'empaka emisango 29,265 n'emisango emirala egyawandiikibwa 58,954 (Office for National Statistics 2015). Okusinziira ku katabo akalimu emiwendo akaafulumizibwa Ministry of Justice, Home Office ne Office for National Statistics mu 2013, kumpi abakazi 85,000 n'abasajja 12,000 be baakakibwa omukwano mu Bungereza ne Wales zokka buli mwaka. Wabula, ebyayogerwa ku by'okukakibwa omukwano n'okukabanyisibwa mu by'okwegadanga byali wansi nnyo ku byazuuka. Okunoonyereza okwakolebwa National Survey of Sexual Attitudes and Lifestyles mu 2010-2012 kwasanga nga omukazi omu ku buli bakazi kkumi n'omusajja omu ku buli basajja 70 baafunako okwegatta nga tebeeyagalidde naye nga abasukka ku kitundu ekyawakati tebalina gwe baabuulirako (Wellcome Trust 2013). Kirina era okwogerwa nti ababa batuu-

kiddwako obuliisamaanyi mubeeramu abaana abato ab'ebikula byombi, abamu babeerera ddala bato nnyo. Abakyala abakadde nabo basobezebwako abasajja ababayingirira mu mayu gaabwe.

Bino wammanga byakulabirako bibiri: "Kkooti y'e Saudi yalamula nti omusajja eyasingibwa omusango gw'okukwata abaana bataano atemweko omutwe." Asinga obuto yali mulenzi wa myaka 3, eyalekebwa mu ddungu afiire eyo. (amawulire ga BBC 2009) Poliisi y'e London yakwata omusajja nga emuvunaana emisango egisukka ku 100 egy'okukwata abakadde (abali wakati w'emyaka 68 okutuuka ku 93). Amanyiddwa nga "Night Stalker" abantu be yasobyako abasinga baali bakazi era obulumbaganyi bwe obwasinga mwalimu okusobya ku bantu be yayingirira n'obubakwata olw'empaka. (Amawulire ga BBC 2009)

Omwana omuwala bw'aba asobezeddwako, ayinza okuwulira nga kimuluma, nga talina kyakukola, nga alina essungu, era nga ali mu kusoberwa. Ayinza okuwulira nga alina omusango, nga alowooza nti alina ekitali kituufu kye yakola ekyawaliriza omusajja okumusobyako (sso nga kino tekiba kituufu). Oba ayinza okuwulira okuswala okwamaanyi era n'atya okubaako n'omuntu yenna gw'abuulirako.


Omuwala yenna aba asobezeddwako aba alina okuloopa ku poliisi bunnambiro, n'okunoonya okuyambibwa abasawo ne bakansala. Kino kikulu kubanga bw'afuna olubuto oba n'afuna obulwadde okuva ku mukwasi w'abakazi, omusawo aba ajja kusobola okuwa obujulizi nti yakwatibwa bukwatibwa naye tekyava ku kwegatta na mulenzi gw'ayagala. Lino lye kkubo erikola mw'asobolera okutukuliza erinnya lye obutagambibwa nti yayenda. Omuwala alumbiddwa, aba alina okudduka, oba okugezaako okwagula omulumbaganyi. Oluvannyuma poliisi eba esobola okulondoola ndagabutonde okuva ku bususu obutono obuba busigadde mu njala ze okusobola okumanya eyamukutte. Okuleekaana kuyinza obutaba kulungi mu kiseera ky'ekikolwa, kubanga kuyinza okubuza omulumbaganyi eky'okukola olwo n'anyoola ensingo oba n'atuga gw'aba akwata asobole okumusirisa; abakazi bangi n'abaana abasangibwa



nga battiddwa baba banyoolebwa nsingo oba ne batugibwa oba okubaziyiza okussa. Wadde nga okuleekaana kuyinza okuleeta abatunuulizi, tekulabika kuleeta bayambi. Kiba kirungi okusitula essaawa ey'omuntu erimu akade n'okugissaako, era bwe kiba kisobose okugiyisa mu ddirisa erisinga okubeera okumpi n'ogikasuka ebweru. Okwonoona ebintu kuba kulina okuwaliriza abali ku kizimbe okuyita poliisi. Oluvannyuma bwe kiba kisobose okudduka, omuntu alina okubaako ky'aggya ku mulumbaganyi ne bwe kibeera kitono kitya – ne bwe liba ppeesa oba enviiri ezimu – okuyamba ku poliisi mu kumanya omulumbaganyi. Kiyamba okwambala engoye n'engatto ennyangu omuntu mw'ayinza okuddukira bwe kiba kyetaagisizza, okugeza empale n'engatto ezikozesebwa mu kutambula. Abaana abavubuse balina okulabulwa ku kabenje ak'okukwata abakazi akayinza okuva mu nsisinkano ez'omukwano ne mu kukozesa ebiragalalagala. Ebiragalalagala bino biyinza okuteekebwa mu by'okunywa ebitatamiiza n'ebitamiiza.

Okuwa amagezi kuteekeddwa okuweebwa abantu ababa bakwatiddwa. Kansala (omuwi w'amagezi) ayinza okuyamba omuntu atuusiddwako obuliisamaanyi okuva mu kyekango, obusungu, okuggwaamu essuubi, okutya, n'empulira muli etawaanya omwoyo omuntu eyakwatibwa olw'empaka by'ayitamu.

## Enteekateeka Y'emisomo Gy'okusomesa Ku By'okwegatta Eyeekisiraamu



Okusomesa okw'ekisiraamu ku by'okwegatta kulina kukolebwa waka, nga kutandikira ku myaka emito. Nga tewannabaawo kuyigiriza ku nkula y'omubiri n'embeera yaagwo, okukkiririza mu Mutonzi kulina okuba nga kusomeseddwa bulungi. Awatali kukkiriza okulimu okutya Katonda, ebiti ebimu eby'enneeyisa biba bijja kulowoozebwa okuba ebikkirizibwa okukkusa obwagazi n'ennyonta y'omukwano. Taata y'alina okusomesa mutabani we ate maama n'asomesa muwala we. Bwe wabulawo omuzadde ayagala okusomesa, addako okubeera asinga ye musomesa omusajja okusomesa abaana abalenzi n'omusomesa omukazi eri abawala (nga n'ekisingako obulungi ye musawo oba nansi) ku masomero g'ekisiraamu ag'oku Sande. Ebisomesebwa birina okutegekebwa okusinziira ku myaka gy'omwana, era abalenzi n'abawala balina okusomesebwa nga beeyawudde. Okwanukula okusaana kwokka kwe kulina okuweebwa ku kiba kibuuziddwa. Okugeza, singa omwana ow'emyaka omukaaga abuuza nti, "Butya bwe nnayingira mu lubuto lwa maama?" tewali kyetaagisa kunnyonnyola ekikolwa kyonna. Mu ngeri y'emu, tekyetaagisa kubuulira mwana wa myaka mukaaga engeri y'okussaako obupiira bukondomu. Kino kiyinza okusomesebwa ekibiina ekirimu abantu abatuuse okuyingira mu bufumbo nga tebannabuyingiramu.

Kiba kikulu nnyo abaana okubasomesa ku by'okwegatta; ekitali ekyo, baba bajja kuyiga ebikyamu okuva ku baana abalala bwe bali mu myaka egimu n'okuva ku mikutu gy'empuliziganya. Wabula, kino kirina okukolebwa mu ngeri eteri nnambulukufu. Okunnyonnyola ebintu nga bwebiri n'okuggyawo entimbe zonna wakati w'abazadde n'abaana kuyinza obutavaamu bibala birungi. Abaana basomese enjawulo y'omubiri wakati w'ebikula ebyenjawulo, enneeyisa ennungi, n'enkola ey'ebyokwegatta enkulu mu bulamu obulungi obw'ekisiraamu.

**Ebyalisomeseddwa mu kuyigiriza ebikwata ku kwegatta (Athar 1990) mulimu:**

Aaya za Kulaane ne Hadiisi za Nnabbi ﷺ

Okukula mu by'okwegatta n'okugenda mu maaso
- Ebiseera eby'okukula
- Enkyukakyuka mu mubiri mu biseera by'okukula
- Ebikwata ku kukula mu magezi, enneeyisa, n'empangaalira mu bantu

Enkula y'ebitundu eby'okuzaala
- Ku bawala: ebitundu by'omubiri, okusuulumba, obubonero nga okusuulumba tekunnaba
- Ku balenzi: ebitundu by'omubiri, okwagala okwegatta

Okufuna olubuto, okukula kw'omwana ali munda, n'okuzaala
Endwadde eziva ku kwegatta
Empisa ez'omu bantu, enneeyisa, n'empisa z'eddiini
Engeri y'okulwanyisaamu okunyigirizibwa kw'abaana abenkana mu myaka

Ebikolebwa ebyenjawulo n'ebigendererwa ebyenjawulo wakati w'abasajja n'abakazi birina okunnyonnyolwa mu ngeri ennambulukufu, okusinziira ku mutendera gw'okukula kw'omwana. Kikulu naddala abazadde okussa essira ku bizibu ebiri mu baana baana baabwe okukolagana ne baana bannaabwe bwe bali mu myaka egimu. Balina okulaga okukyawa enneeyisa enkyamu, n'okutunuulira n'obwegendereza oba abaana baabwe balinamu akantu bwe katyo. Balina okulaga abaana baabwe butya bwe basobola okuziga ne beewala enneeyisa enkyamu, ne baluŋŋamya abaana mu kkubo erisoboka eri okwegatta okulimu obulamu.

Buvunaanyizibwa bwa bazadde okukakasa era ne bayamba mu kukwatagana kw'abaana abalungi. Abazadde b'abatiini tebalina kubaleka nga tebalina kye bamanyi ku ngeri entuufu ey'enneeyisa mu by'okwegatta. Abazadde balina okuziyiza abaana okukeerewa wabweru ekiro, n'okubagaana okusulayo bwe wabaayo abatiini ab'ebikula ebyenjawulo okuggyako nga mu bifo mulimu abantu abakulu abeesigika era nga basobola okubalondoolera okumpi.

Emyaka egyalibadde emituufu okukubaganya ebirowoozo wakati w'abazadde n'abaana ku by'okwegatta giri bwe giti:

- Emyaka 5 egy'obukulu: mwogere ku njawulo y'omubiri ey'abalenzi n'abawala
- Emyaka 10 egy'obukulu: mwogere ku myaka egikulirwamu, okwerooterera, n'okusuulumba
- Emyaka 15 egy'obukulu: mwogere ku kweziyiza okufuna olubuto

[*Weegendereze bino:* Ttiimu y'omwami n'omukyala, Dr. Mohamed Rida Beshir ne Dr. Ekram, ne bawala baabwe ababiri Sumayah ne Huda, baawandiika ebitabo nga 15 ku buzadde n'ensonga z'amaka mu Luzungu n'ennimi endala. Era balina omukutu gwa kompyuta omugazi abasomi kwe bayinza okuganyulwa okuva ku: www.familydawn.com].

## Ebyokukola



### EKYOKUKOLA 44: OBWONGO BW'ABAANA BO BUFUULE BUGAGGA!

Benjamin Franklin yayitanga omugenyi okulya ekyeggulo n'abomu maka ge n'amuteeka mu mbeera y'okukubaganya ebirowoozo ku nsonga ezeetaaga okukozesa obwongo abaana be basobole okuwulira emboozi bagiganyulwemu nga tebategedde nti bbo be yali ayagala bawulire (Franklin 1909). Abazadde bayinza okuyita abagenyi ab'ekika ekyo ne babasaba nga bukyali okuyingiza emiramwa egimu mu mboozi okusobozesa abaana okuganyulwa mu kukubaganya ebirowoozo.

### EKYOKUKOLA 45: EKIPANDE EKIRAGA EBIKOLWA EBIRUNGI ERI ABAANA

> *Saala esswala (ezaalaalikibwa) nga bwe kyetaagisa mu biseera ebibiri ekitandika emisana n'ekisembayo ne mu kitundu ekisooka mu kiro. Ddala ebikolwa ebirungi (esswala ettaano) bisangulawo ebyonoono.* (kulaane 11:114)
>
> Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati: "Tya Katonda wonna w'oba oli, era ekikolwa ekibi okigoberezeeko ekirungi kiba kijja kukisangulawo, era weeyise bulungi eri abantu."
>
> (AL-TIRMIDHI)

Abazadde bayinza okuwanika ekipande ku firiigi nga buli linnya lya mwana lirina ebifo bisatu: "Obubonero obweyongera," "Kirungi," ne "Kibi." Abaana bwe bakola nga bwe baba bagambiddwa, akabonero √ kateekebwa wansi w'ekifo ekiriko "Kirungi", ate ensobi bw'ekolebwa, akabonero X kayingizibwa wansi w'omutwe "Kibi". Bwe bakola ekirungi nga tebamaze kubalagira, baweebwa obubonero bubiri √√ wansi w'omutwe "Kirungi okweyongerako." Akabonero akalungi kabaweebwa abaana ne bwe bakola ekirungi nga abazadde tebaliiwo (okugeza nga bali ku ssomero, oba awaka w'owooluganda oba ow'omukwano gw'amaka); abaana babuulira abazadde ekikolwa ekirungi kye baba baakoze, era abazadde baba balina okubeesiga. Obubonero bubalibwa buli wiiki era omwana n'aweebwa ekirabo okusinziira ku bubonero obwo. Obubonero obutuufu bwe businga (√) ku bubi (obwa X), olwo omwana aweebwa ekirabo (eky'ebbeeyi). Obubonero obubi X bwe businga ku bulungi, olwo waba tewali kirabo. Omwana bw'atafuna kirabo kyonna, aba ajja kisikirizibwa okukola obulungi okusingako awo ku mulundi omulala. Kiyinza okutwala ekiseera ekisukka ku wiiki okufuna empeera. Kiba kikulu okuteeka akabonero akalungi mu kifo ekya "Kirungi", ekirungi ne bwe kiba si kya maanyi, olw'okuzzaamu omwana amaanyi n'okusomesa abaana nti n'akalungi akatono kaba kajja kuleetawo enjawulo. Wadde nga abaana tebalina kusomesebwa kukola bulungi olw'okufuna empeera, enkola eno eyamba okubateekamu endowooza entuufu bwe bavubuka era bayiga okusiima ebintu ebikalu (okugeza obulabo obutono n'ebigambo by'okusiima) okusinga ebirowoozo ebitakwatibwako. Abazadde era balina okunnyonnyola abaana baabwe nti nneeyisa yaabwe ye 'ennungi' oba 'embi'. Abaana bennyini tebatwalibwa nga abalungi oba ababi; nneeyisa yaabwe yokka y'eyogerwako bw'etyo.

**Hiba**

| | MUSUFFU | MULUNGI | SI MULUNGI |
|---|---|---|---|
| Olwokusooka | √√ (yayamba muganda we okusitula ensawo ey'oku mugongo) | √ (yatwala ebisasiro ebweru) | |
| Olwokubiri | | √ (Yasaala) | X (yawoggana) |
| Olwokusatu | | | X (yakasuka ebisasiro ku ttaka) |
| Olwokuna | | √ (yayamba omusomesa okumusitulirako ebintu) | |
| Olwokutaano | | √√ (alipoota y'okusoma ennungi ennyo) | |
| Olwomukaaga | | | |
| Sande | | √ (yakwata Kulane ku mwoyo) | |
| Omugatte | 8√ | | 2X |
| Obusigalawo | 6√ (afuna ekirabo) | | |

**Hala**

| MUSUFFU | MULUNGI | SI MULUNGI |
|---|---|---|
| | √ Yeeyalira obuliri | |
| | | X yakuba muganda |
| √√ yayamba jjajja we okwambala ssookisi | | |
| | | |
| | | |
| | √ yamalawo emmere ye | |
| | | |
| 5 √ | | 1X |
| 4√ (afuna ekirabo) | | |

# EKITUNDU EKYOKUSATU

## Okuzimba Enneeyisa Y'omuntu N'embeera Ze


ESSUULA 14: Enneeyisa N'embeera Z'omuntu 335
ESSUULA 15: Okuzimba obuvumu 343
ESSUULA 16: Okusomesa Omukwano 358
ESSUULA 17: Okusomesa Obwesimbu N'obwesigwa 374
ESSUULA 18: Okuyigiriza Obuvunaaanyizibwa 386
ESSUULA 19: Okuyigiriza Okwemalirira 400
ESSUULA 20: Okutumbula Eky'obuyiiya 425
ESSUULA 21: Okwekkiririzaamu Nga Okugeraageranyizza N'abaana Aboonooneddwa 444
ESSUULA 22: Okulondera Omwana Wo Emikwano Emituufu 452
ESSUULA 23: Eengeri Terefayina, Obusimu Bu Buliwendinkufuna, Vidiyo N'emizannyo Gya Kompyuta Gye Byonoonamu 462



ESSUULA 14

# Okuzimba Enneeyisa Y'omuntu N'embeera Ze


- Ebyanjula 333
- Enneeyisa Kye Kiki? 334
- Okuzimba Enneeyisa Y'omuntu 335
- Embeera Z'omuntu Tezikoma Kumpi, Zirina Emirandira Egikkira Ddala Wansi 336
- Obuntu Kye Ki Ki? 337
- Eky'okukola 46 338

## Ebyanjula

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:
Abantu balinga [ebyobugagga by'omuttaka oba ebyuma, nga balina enneeyisa ez'enjawulo]; abaabasinganga obulungi mu biseera by'obutamanya nga Obusiraamu tebunnajja (ebiseera bya jaahiliyyah) era be babasinga obulungi mu biseera by'Obusiraamu, bwe bategeera ne bamanya.

(AL-BUKHAARI NE MUSLIMU)


Katonda wange! Ggumiza Obusiraamu n'omu ku basajja ababiri gw'osinga kwagala,
Abu Jahl oba Umaru ibn al-Khattwab. Era Umaru y'eyali asinga okwagalwa.

(AL-TIRMIDHI)

OKUVIIRA DDALA mu buto bwabwe, abaami bano bombi baalina enneeyisa ennywevu eyabaleetera okuba abakulembeze mu bika byabwe. Baalina enneeyisa ebeeyawulidde nga tebannaba na kuba bakkiriza wadde abayigirize. Ekigendererwa mu kugunjula abaana kwe kubassaamu enneeyisa ennywevu, okubayigiriza ebyo ebituufu, n'okubatendeka obulombolombo obunaabafuula ab'omugaso. Abaana bakoppa nnyo empisa z'abazadde baabwe n'olwekyo abazadde balina okuba abeegendereza ku nkola y'endowooza n'empulira y'abaana baabwe. Eky'okulabirako, singa omuzadde amenya endagaano gye yakoze ne mukulu munne, okwetonda kwokka kuyinza okumalawo kino. Kyokka singa ensobiy'emu (ey'okumenya endagaano) etuukawo ku baaana ate bbo ebakosa nnyo kubanga bayinza okuwulira nga abatalina mugaso era abatalina kye bali. Omulaka gwe baba batadde ku ndagaano eno guba gwa njawulo n'olwekyo baba bawulira nga baliiriddwamu olukwe. Ku myaka gyabwe emimpi, ebikolwa by'abazadde baabwe biyinza okubaleetera okubaggyamu obwesige.




Mu kitabo kino ekisuubizo ekisooka eky'abaddu ba Oyo Oweekisa ekingi eyaleeta ab'okulabirako mu bukkiriza kyawedde okunnyonnyola. Abakulembeze bano balina okuba abagezi, abeesobola, ab'amaanyi awamu n'okuba "n'ebirungo ebituufu eby'amayinja ag'omuwendo oba enneeyisa". Buno bwe bubonero bw'obukulembeze. Obubonero nga buno bwe butoffaali obukola empagi z'obuntu. Obubonero buno bwe buba bunafunafu n'omuntu yenna abeera yegeyege. Ebizimba enneeyisa birimu ebintu ebirala bingi nga oggyeeko obukkiriza n'ebyenjigiriza. Okuluŋŋamya kuva mu kumanya, obukkiriza n'amagezi agalengera ewala. Abo abataluŋŋamiziddwa naye nga enneeyisa yaabwe nnywevu baba bayise mu kusikirizibwa okw'ensonga ne babaamu omulamwa. Ku ludda olulala, abo ab'enneeyisa ennafu, tebasobola kuba bakulembeze basookerwako mu bitundu wadde nga enzikiriza yaabwe yamuggundu. Kale



enkuza y'abaana yeetaaga okwekenneenya ebyo ebizimba enneeyisa nga abaana bakyali bato kiba kijja kubeera kizibu okusingako okubateekateeka mu maaso gye buggya.

## Embeera Kye Kiki?

Ennyinyonnyola ey'ekigambo "character (enneeyisa)" mu nkuluze z'olulimi ezituukana n'ensonga gye tuliko ze zino: ekitendo ekyeyawulidde; ekimu ku bintu ebikolebwa ebyeyawulidde omuntu; ebitendo ebingi omuli amagezi n'empisa ebikola omuntu, ekibinja oba eggwanga; omuntu alambiddwa ebitendo ebirabika oba ebitalabika; obuntu, ekitiibwa; n'empisa ezisingayo obulungi n'obunywevu.

Ekigendererwa ky'okukuza abaana kwe kufuna abantu abeetongodde, abalongoofu, era ab'obuvunaanyizibwa.



Ate mu Luwarabu, enneeyisa etegeeza embeera z'omuntu, empisa ennywevu – enneeyisa ennungi – ekitiibwa – ebitendo – ebintu ebyeyawulidde omuntu – okunnyonnyola omuntu bw'afaanana – enneeyisa ennungi.

Enkuza y'abaana ekwatagana n'okubazimbamu ebirungo by'obukulembeze okuviira ddala mu buto bwabwe. Abakugu mu by'ebirowoozo bangi bakkaatiriza eky'ebirungo by'obuvumu, eddembe, obuyiiya, omukwano, obuvunaanyizibwa, okwewaayo, amazima, okwekkiririzaamu, okwetengerera, okulemerako, ekitiibwa, obwenkanya n'okukolera awamu. Ebitendo ebimu biyinza okuggyibwa mu ekyo ekisookerwako oba nga byegasse wamu.

Mu kitabo kino, essira liteekeddwa ku

**Buvumu, Obuyiiya, Amazima, Obwenkanya, Omukwano, Obuvunaanyizibwa, Obwetengerevu n'Eddembe.**

Abakulembeze ab'amannya mu nsi yonna, ky'ekimu balungi oba babi, balimu ebirungo ebyo waggulu mu mbeera zaabwe. Twala eky'okulabirako ky'abo be tutwala nga eky'okulabirako okutandikira ku Adam, Eva, Noah, Bulayimu, Sarah, Haajara, Musa, Mariyamu, Yesu, Muhammadi (emirembe gibeere ku bonna). Lowooza ne ku bakulembeze abalala nga Napoleon, George Washington, Mao Tse Tung kw'ogatta Basswahaba ba Nnabbi ﷺ nga Sumayya, Hadiija, Ayisa, Abubakari, Umaru, Uthumani ibn Affaan, Ali Ibn Abi Twalibi, Faatuma, Khalid Ibin al Waliidi ne Asumaani, Muhammadi al-Faatihi. Bonna abo baali bazira, bayiiya, baabuvunaanyizibwa, ekitali ekyo, tebandisobodde kufuna wadde kuwangaaza bukulembeze.

Eky'okuyiga ekyava ku Nnabbi Musa n'abaana ba Yisirayiri kyali kya muwendo nnyo. Musa bw'amala okununula Abayisirayiri, mu buddu bwa Falaawo mu Misiri, teyeesigama nnyo ku mujiji guno kugufunamu kigendererwa kye kubanga baali tebalina buvumu, ddembe, na buyiiya. Baali bamaze emyaka n'ebisiibo nga babonaabona n'okutiisibwatiisibwa mu buddu. Yali tasobola

kukyusa nneeyisa yaabwe nga ayita mu bukkiriza na kusoma kubanga obudde bwali buyise okubatendeka nga bakulu. Obubumbwa bwabwe bwali butaataaganyiziddwa. Yalinda omujiji omuto ogunaazaalibwa n'eddembe mu ddungu Sinaayi ne gw'aba atendekamu abaami ab'amaanyi, abavumu, ab'eddembe, abayiiya, ab'amazima, era ab'obuvunaanyizibwa. Enkola eno ey'okuzimba enneeyisa yamutwalira emyaka amakumiana. Musa ne Haruuna beeyambisa eddungu ly'emirembe



erya Sinaayi okuzimba Abayudaaya abakkiriza.

Abazadde balina kutandika okuzimba enneeyisa y'abaana nga bato kubanga abantu abakuze si bangu kutendeka ne bakyusa mu nneeyisa yaabwe eba yasimba edda amakanda. Abazadde balina ebintu bingi bye balina okugoberera era nga kyetaagisa nnyo okubissa mu nkola mu ngeri y'omukwano awaka. Newankubadde okuzimba enneeyisa kya lubeerera, kikola nnyo amakulu nga omwana akyali muto.

**Bubumbwa bwe bukola omuntu, si bintu ebigwa obugwi oba embeera.**

## Okuzimba Embeera Y'omuntu

Newankubadde okuzimba obubumbwa bw'omuntu nga kutandikira mu buto ne kweyongerayo, kisinga kuyamba mu myaka egisooka. Okuzimba obubumbwa bw'omuntu kubaawo buli lunaku mu birowoozo ne mu buli kikolwa.

Obubumbwa buzimbwa ddi? Buyinza okutereezebwa singa obudde bubuyitako? Ekituufu tekimanyiddwa. Dr Spock agamba nti wakati w'emyezi etaano n'omwaka gumu ke kadde akasinga okuyingizaamu abaana endowooza ez'omuwendo mu bulamu. Wano abaana we bawulirira nga abantu abenjawulo ku balala era nga beetaaga kwetongola (okugeza bettanira okwekwatira ennywanto zaabwe bokka era baba tebaagala kubalerera kiseera kiwanvu). Wano we basookera okwekaliriza bazadde baa-bwe.

Omuzadde bw'aba omucamufu, basuubira abantu abalala bonna okubeera batyo. Okwagalibwa bazadde baabwe kubayingizaamu okwagala abantu. Ku ludda olulala omuzadde bw'atabeera mucamufu, n'abaana nabo bwe batyo balowooza nti ensi yonna bw'etyo ya kwekubagiza. Mu kiseera kino abaana we bayingiriramu endowooza egamba nti baamugaso oba tebalina kyebali, balungi oba si baamugaso era wano we beetwalira okubeera ab'omukisa oba abalowooza buli kintu okubeera ekiranga ebizibu. Mu kiseera kino abaana bwe batafuna mukisa kutabagana bulungi na bazadde baabwe, olwo nabo enkolagana yaabwe n'ebintu ebirala teba nnungi. Wakati w'omwaka ogumu n'ekitundu n'esatu, abaana batandika okwewulira nga abenjawulo, era abeetongodde ku bazadde baabwe. Omwana wano atandika okuwulira embeera y'akakuubagano munda: okwetongola oba okwesigamira ku mulala, obuyonjo oba okweddugaza, okukwatagana n'abalala oba okubeera ow'eddalu, okuba n'omukwano oba okuwakula entalo. Ku nkomerero y'omwaka ogwokusatu, ekyo omwana ky'abeera kisinziira ku nkolagana ebaddewo wakati we ne muzadde we. N'ekirala enzimba y'obubumbwa esinziira ku ngeri abaana n'abazadde gye bamalawo obukuubagano bwabwe mu kaseera ako.

Ku myaka kkuminamunaana, okuzimba embeera z'omuntu kuba kumaze okusimba amakanda. Enzimba y'embeera z'omuntu ebaawo mu kaseera omwana w'abeerera mu busomero obusookerwako, pulayimale ne ssiniya. Okusoma okubaawo eyo mu myaka abiri kuba kwa kukulaakulana mu kutegeera ne mu by'ensoma.

Okukuza abaana obulungi, ebintu bino eby'e-

mbeera z'obuntu birina okufiibwako: eby'omwoyo, empisa, eby'omubiri, eby'obwongo, ebirowoozo, n'empangaala mu bantu.

Mu buli mbeera yonna, abazadde balina okuteekawo enkolagana ey'amaanyi n'abaana baabwe. Eky'okulabirako abazadde bwe babeera nga basukkulumu mu kusalawo nga bbo abaana bakkiriza bukkiriza, olwo abaana bakomekkerera baakutwalirwanga mu nkwawa. Ate abazadde bwe baba bannalukalala nga tebalina na bukodyo buzimba wabula okuleka abaana okubalaba mu kamwa n'okubaanukula, olwo abaana bbo bakula bannalukalala nnyo. Abazadde bwe baba bakakkamu nga bettanira obuyonjo, n'abaana baabwe baba bantubalamu era abayonjo. Wabula abazadde bakaliisoliiso abakugira ennyo abaana baabwe nga nabo babawuliriza, abaana tebeetengerera basigala beesigamira ku bantu balala.

Newankubadde abakugu mu by'ebirowoozo abamu bagamba nti embeera y'omwana ezimbibwa ebiseera ebisinga ku myaka esatu, oluvannyuma obubumbwa obumu bugenda bukyuka okusinziira ku bintu ebimwetoolodde. Ate waliwo n'ebitendo ebimu ebiteetonda mu mwana okutuusiza ddala nga asuumuseemu (okugeza endowooza gy'abeera nayo ku bantu eb'ekikula kyabwe n'ekikula ky'abantu bwe batafaananya kikula)

**Ab'amaanyi bettanira emirembe sso nga abanafu bbo baagala bwenkanya**
Pulezidenti Theodore Roosevelt yalabula Abamerika obutaba bagonvu bannambalujega: "Ebintu ebinaayonoona Abamerika kwe kwagala okufuna obugagga ku muwendo gwonna, emirembe ku muwendo gwonna, okukulembeza obutatuukibwako mutawaana ku buvunaanyizibwa, okwagala obulamu obwangu, n'endowooza y'obulamu eya "fuuka omugagga amangu". Buli gwe yalabula yali wansi wa mateeka era nga tekimutaasa ne bw'aba akoze ensobi. Amerika yazimbibwa ku misingi gino: obuvumu, ekitiibwa obwenkanya, obutuufu n'amazima.


## Embeera Z'omuntu Tezikoma Kumpi, Zirina Emirandira Egikkira Ddala Wansi

Embeera z'omuntu si kye kintu ekyangu okumala gakiwa baana oba okukibatendeka. Embeera eteekwa kuzimbwa nga bukyali. Abazadde kibatwalira ebbanga ddene okuzimba embeera z'omwana (nga era bwe kiri nti emirandira gy'omuti omunene kigitwalira ebbanga ddene okuyingira mu ttaka). Embeera z'omwana ennungi zikuuma ensa era omuntu azirina tanyeenyezebwa na bintu ebigwawo buli lunaku mu bulamu bwe. Embeera bwe zityo tezikunkumuka nga ebikoola by'omuti wadde okumala gagoberera omuyaga buli gye gulaga. Abazadde bwe basiga ensigo eno mu baana nga baakazaalibwa, nayo ekula mangu.



**"Ekirabo ky'omuzadde ekisingira ddala eri omwana kwe kumusigamu embeera ennungi."**
(bya Tawfiq 1967)

Okwonoona embeera z'omwana



## Obuntu Kye Kiki?

Abakugu mu by'enjigiriza ne by'ebirowoozo abasinga obungi balowooza nti obuntu bukolebwa ebintu bingi nga: eby'omubiri, obwongo, empangaala y'abantu, engeri omuntu gy'awuliramu munda, n'ebyomwoyo.

Essira wano liteekebwa ku misingi gy'obuntu: obuvumu, omukwano, obuyiiya, obuvunaanyizibwa, obwesimbu, obwesigwa, obwetengerevu n'eddembe.

Okusinziira ku mukugu w'ebyenjigiriza ey'empisa, Micheal Josephson, (mu kitabo kya Ferguson ne banne ekya 1999), empagi mukaaga okuzimbirwa embeera z'abantu ze zino: obwesigwa, ekitiibwa, obuvunaanyizibwa, obwenkanya, okufaayo, n'obutuuze. Ebitendo ebirala ebyogerwa abamanyi abalala abenjawulo bye: amagezi, agalengera ewala, obugumiikiriza, obwetoowaze, okwefuga, obukkakkamu, okubeera omwangu, okwekkiririzaamu, okwewaayo, n'obugabi. Embeera z'omuntu kintu kya munda era kyesigamiziddwa ku bintu ebitandikirwako mu by'obuntu, sso nga enneeyisa kintu ekyeyolekera ebweru. Empisa oba omuze nneeyisa eddiŋŋanibwa efuuka ekintu ekikolebwa nga akikola tamanyi.

Essuula eziddako zijja kulaga ebintu ebyenjawulo mu mbeera z'omuntu: Obuvumu (essuula 15), Omukwano (essuula 16), Obwesimbu n'Obwesigwa (essuula 17), Obu-vunaanyizibwa (essuula 18), Okwetongola (essuula 19), Obuyiiya (essuula 20) n'Okwewa Ekitiibwa (Okwekkiririzaamu) (essuula 21).

**Ekimuli Kya Looza, Omwana Omuto, N'abazadde**

*Omwana tuyinza okumufaanaanya ekimuli kya looza. Kireeta ebimuli, ne kivaamu akawoowo akalungi, ne kirabisa bulungi n'ekifo. Awamu n'ekyo enduli yaakyo eba ejjudde amaggwa. Omuzadde omusaasizi ekimuli akikwata mpolampola n'obwegendereza, olwo n'aleka ekimuli ne kikula bulungi, wadde nga ayinza oku-fumitibwa eriggwa olw'olumu. Omuzadde atalina bugumiikiriza, mu kugezaako okwewala amaggwa, akwata ku kimuli kyennyini awagonda, bw'atyo n'akitta. Ayinza obuteetuusaako bulumi naye n'ayonoona ekimuli kya looza. Abazadde beetaga okukwata abaana n'obwegendereza obususse n'obugumiikiriza nga omuntu bw'akwata ekimuli kya looza.*



## Ekyokukola



### EKYOKUKOLA 46: OKUKWATA EDDUWA KU MWOYO

Kwata edduwa eno ku mwoyo n'aboomu maka go mu Luwalabu oba mu lulimi olulala:

اللهم إني أعوذ بك من الهم والحزن وأعوذ بك من العجز والكسل وأعوذ بك
من الجبن والبخل وأعوذ بك من غلبة الدين وقهر الرجال» أبو داؤود

> Nnabbi ﷺ yagamba nti: Katonda wange! Nkusaba omponye okweraliikirira n'ennaku, nkusaba omponye obunafu n'obugayaavu, nkusaba omponye obutiitiizi n'obukodo, era nkusaba ompomye amabanja agayitiridde n'okunyigirizibwa abasajja (abalala). (ABU DAWUDA).

Mukubaganye ebirowoozo era muggyemu ebitendo ebyogeddwa mu hadiisi eno. Lwaki ebitendo bino ebibi birina okuggyibwawo okusobola okuzimba embeera z'obuntu ennungi? Abazadde basobola okulindirizaako okusomesa abaana baabwe ebitendo ebirungi ebiggyawo ebintu bino ebibi okutuusa nga omuntu akuze? Biki by'oyiseemu mu bulamu by'oyinza okulowoozaako n'obinyumiza abaana bo? Weegendereze ebintu ebikooneddwako mu hadiisi eno:

- Obulwadde bw'Ebirowoozo n'Okweraliikirira
- Okubulwa eky'Okukola mu Mbeera n'Obugayaavu
- Obutiitiizi n'Obukodo
- Amabanja Agasusse n'Okuyiikirizibwa Abalala.



ESSUULA 15

# Okuzimba Obuvumu


- Ebyanjula 344
- Emisingi Egitandikirwako Egy'obuvumu N'obutiitiizi 345
- Okutegeera Engeri Okutya Gye Kukulaakulanamu Mu Baana 348
- Abaana Beetaaga Okuyiga Okwoleka Empulira Y'omunda N'obuvumu Bw'omubiri 349
- Wakati W'obuvumu N'okuba Abawulize 350
- Abaana Okusikirizibwa Ab'emyaka Gyabwe 350
- Abazadde, Obuzira N'enkola Ey'ebyobuwangwa 352
- Ebyokukola 47-53 354



## Ebyanjula

Obuvumu kitegeeza okwaŋŋanga ekintu kyonna eky'obulabe, ekizibu oba eky'obulumi (mu kifo ky'okukidduka). Ekitendo ky'okuba omuntu atatya oba nga oli muzira kirina ebitundu bingi: obuzira, amaanyi, obutatya, n'okuba n'ebitendo by'obuzira.

Tuteekeddwa okujjumbiza abaana abato okubeera abavumu. Tusobola okubazimbamu obuvumu nga tuyita mukubongeramu essuubi, okusuubira obuwanguzi, n'okuwagira ebirooto abaana bye balina ku kiki kye bayinza okufuuka. Tusobola okusomesa abaana okukwataganya embeera nga bayita mu kusigala nga bakkakkamu, abawagira era abatapapa.

Abazadde basobola okuzimba embeera y'obuzira (ekiyinza okuyitibwa obuvumu obulinnyisibwa okwessaamu ekitiibwa) nga bayita mu kufaayo, okutaasa n'okuwa abantu abalala ekitiibwa.

Bino wammanga by'ebinnyonnyola obuvumu nga tweyambisa enneeyisa:

1. Wagira ekituufu wadde osigadde omu.
2. Gaana okusindiikirizibwa okutali kulungi okuva mu banno bwe muli mu myaka egimu.
3. Gezaako okubaako ne ky'okola ne bw'otya nti ojja kulemererwa oba okukola ensobi.
4. Wennyonnyoleko abantu abamu ne bwe baba bayinza obutakkiriza by'ogamba.

Embeera ezimu ezisinga okwetaagisa obuvumu mu baana:

1. Okwogera amazima nga gakusuula mu mitawaana.
2. Okwaŋŋanga abayiikiriza.
3. Okukwasaganya okusindiikirizibwa kw'abo be muli mu myaka egimu.
4. Okutandika okusoma.



5. Okubeera nga olabika nga ayawuka ku balala (okugeza ku muwala Omusiraamu, okwebikkirira, oba ku mulenzi okwambala enkuufiira).
6. Okukola obulungi ennyo okusinga bye wali otuuseeko.
7. Okwogera endowooza abantu ze bataagala.

Wabula, waliwo embeera obuvumu mwe bufuukira okwewaggula, okugeza okujeemera abazadde, abasomesa, ebiragiro n'amateeka. Okumala geewaggula ku by'obuwangwa bw'ensi n'eddiini nakyo kivumirirwa. Kikulu nnyo obutatabula buwangwa bwa nsi na ddiini kubanga obuwangwa obumu bukontanira ddala n'amateeka g'eddiini y'Obusiraamu. Eky'okulabirako bwe bufumbo obukake, obuwa omusajja obuvunaanyizibwa ku baana awatali kufa ku nneeyisa ye, olwo abaana (naddala abawala) ne bammibwa omukisa gw'okusoma, era ne bulemesa abakyala omugabo gwabwe gwe baba balina okufuna mu mateeka, ebyo byonna kutyoboola mateeka ga Busiraamu. Abakyala n'abawala okukugirwa, sso nga abalenzi balina layisinsi okugenda wonna we baagala, ekiseera kyonna kye baba baagadde, n'omuntu yenna gwe baba baagadde, nga tewali abalondoola, n'okubonereza abakyala n'abawala bwe baba babuusabuusiddwa okukola akantu akatono ennyo byagaanibwa mu Busiraamu. Enkola bwe ziti ezisinga obungi zitwalibwa nga "eddiini" mu nsobi. Era kikyamu abazadde okuwaliriza abaana baabwe okulimba n'okweyisa mu ngeri ey'obukuusa.

**Ebyayogerwa ku Buvumu**

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:
"Akulira abazira ye Hamuza ibn Abd al-Muttwalib (kitaawe omuto owa Nnabbi), n'omusajja eyayimirira mu mufuzi nnaakyemalira, n'ayogera amazima, era omufuzi n'amutta." (al-Nisaabuuri 1990)
Hamza bwe yayingira Obusiraamu yasoomooza Bamusinzabibumbe okutuusa obulabe ku Nnabbi. Yawangula ekya "Akulira Abazira" bwe yattibwa mu lutalo nga kiva ku kulumbibwa okw'ekitiitiizi okuva emabega. Yali musajja omuzira ennyo.

- "Obuvumu ky'ekitendo ekirungi ekisooka mu bitendo ebirungi kubanga bw'oba toli muvumu oyinza obutafuna mukisa kukozesa kirala kyonna." Samuel Jackson.
- Thomas Jefferson yagamba bw'ati, "Omuntu omu omuvumu abeera abantu abasinga obungi."
- Toyinza kuvumbula ssemazinga w'ensi omupya nga tonnakoma kulaba lukalu.
- Obukyamu bujja kugenda mu maaso n'okuwangula ebbanga abantu abalungi lye banaamala nga tebakozeewo kyabuvumu.

## Emisingi Egitandikirwako Egy'obuvumu N'obutiitiizi



Ekyennyume ky'obuvumu bwe butiitiizi, ekimu ku bintu ebisinga okutambuza obulamu. Obutiitiizi busobola okuva munda mu muntu oba wabweru nga omuntu abweyingizaamu. Abazadde bateekeddwa okwegendereza entambula y'obutiitiizi buno bazuule oba bwakiseera oba bwalubeerera. Obutiitiizi obw'ekiseera bwo bujja ne bugenda (busobola okubaawo akaseera katono ne butandika okuseebengerera) era kino kyabulijjo. Obutiitiizi obw'olubeerera bwo busigalawo ate busobola n'okweyongera okunnyikira. Si kyabulijjo omwana okuba n'okutya okutakyuka okw'okubuuka, ebintu ebiri waggulu, embwa, nnabbubi n'ebifo omuli omujjuzo gw'abantu. Okutya okutakyuka kuyinza okwetaaga obugumiikiriza okukumalawo oba kuyinza n'okwetaaga obujjanjabi obw'e-

kikugu. Waliwo okutya okulungi era kwa mu bulamu obwabulijjo nga ate kuyamba abakulu n'abato okufaayo amangu ku mitawaana. Okutya kuno okulungi kuyambako mu kwetangira eby'omutawaana nga emisota egy'obusagwa, Amanda agasaasaanye n'engeri y'okukwatamu amazzi g'obutwa. Okutya okutangira omuntu okukola emirimu gyabulijjo okwo si kulungi.

Zino ze zimu ku ngeri eziyinza okuyamba abaana okwemalamu okutya:

- Abazadde balina okuwaana abaana baabwe bye bagezezzaako. Abaana bwe babaako ekintu kye bagezezzaako, baba basaana okutenderezebwa olw'okugezaako nga abazadde tebafudde ku buwanguzi. Kikulu naddala okutendereza omwana olw'obuvumu bw'aba alaze obutagendera ku by'abalala bye babadde bakola, ebintu ebikyamu, oba okwogera amazima awo okulimba we kwalibadde kusingako obwangu.
- Ekisinga okukulaakulanya obuvumu ye muzadde okuba eky'okulabirako. Abazadde bwe balaga obuvumu, n'abaana baba bajja kubakoppa. Abaana bakoppi balungi, kubanga baba baagala nnyo okweyisa nga abantu abakulu bwe beeyisa, naddala bazadde baabwe. Bulijjo obutiitiizi bw'abaana buba nga obwa bakadde baabwe.
- Abazadde beetaaga okunnyonnyola enjawulo wakati w'obuvumu (ekitendo ekitenderezebwa) "n'okuwaawaaza" oba "okweraga". Abazadde tebateekeddwa kubuzaabuzibwa wakati w'obutaba na buvumu, ensonyi n'obwetoowaze. Abaana balina okuyigirizibwa okulwanirira eddembe lyabwe wamu n'eddembe ly'abalala. Abazadde bayinza okubayigiriza ebikwata ku "buvumu obusirifu:" nga bwe buvumu obw'okugamba nti "Nedda" ku kintu ekikyamu.
- Abazadde bateekeddwa okutondawo embeera ey'okukkiriza n'okuwaŋŋana ebitiibwa awaka. Abaana beetaaga embeera ennungi ebasobozesa okwogera ku bye batya nga tewali abakubye ku mukono. Okutya kwonna kubeera kwa ddala eri abaana ne bwe kulabika kutya nga okutalina makulu eri abantu abakulu. Abazadde balina okwewala okusamba oba obutafa ku kutya kw'abaana. Omwana alina ky'atya teyaaliwulidde kuswala, kubonerezebwa oba kukugirwa nnyo.
- Enkola y'awaka etegeerekeka era ey'olugenderezo ewa abaana okuwulira amaanyi n'okufuga embeera. Okutya kw'abaana bulijjo kuva ku kuba nga tebafuna mawulire gakwata ku kiki ekigenda mu maaso mu bulamu bwabwe. Bwe wabaawo ekyetaaga okukyusa mu nkola eya bulijjo, okwogera ku mbeera eno nga obudde bukyali kuyamba okuteekateeka abaana ku kintu ekigenda okugwawo. Ebintu nga okugenda okulambula, abagenyi oba okweteekateekera omuliro biyinza okutiisa abaana kubanga baba tebasobola kumanya kiki kye bayinza okusuubira. Bayinza okusabibwa okunnyonnyola kiki kye balowooza ekiba kijja okugwawo ate oluvannyuma, nga kiwedde, bayinza okwetaba mu kukubaganya ebirowoozo ku biba biguddewo ne bwe kibayisizza. Ebigambo "ntidde," "okutya," ne "entiisa" biyinza okweyambisibwa okwogera ku butya abaana bwe bawulira muli.
- Tokaka baana kweŋŋanga kintu kye batya nga si beetegefu. Olwo bwe baba balabika nga basobola okukyeŋŋanga, bayinza okuyambibwa okwolekera okutya okubaawo nga bayita mu kutuusibwako mu mitendera ekyo kye basanga nga kibaleetera entiisa. Okugeza singa abaana batya okuwoggana kw'ekyuma eky'omukka ekirongoosa ennyumba, kireete bakikwateko nga tekiri mu masannyalaze, oba omuntu omulala ayinza okuteekako ekyuma ky'omukka ekirongoosa nga eno omuzadde addaabiriza abaana. Okuleka abaana okwesalirawo ddi lwe babbira nga bali mu kuwuga, kibareetera okuyiga okwerabirira ne kikendeeza n'okutya.



- Tolaga kufaayo okuyitawo abaana bwe baba nga balina ekibatawaanyizza. Mu butamanya, oyinza okutumbula okutya kwabwe nga balowooza nti nabo bandiba abatuufu okutya. Abaana bayinza okuweebwa amawulire agasaanidde emyaka gyabwe mu ddoboozi erikkakkamu erizzaamu amaanyi. Eky'okulabirako omuzadde ayinza okugamba nti, "Eddoboozi eryo lireekaana nnyo, si bwekiri? Eyo ambyulensi; eteekeddwa okuba nga egenda kubaako ne gw'eyamba."
- Abaana beetaaga okujjukizibwa n'ekisa n'okusaasira ebintu ebitakyabatiisa. Kino kibawa amaanyi okukomya n'okutya ebintu ebirala.
- Yamba abaana okutegeera okutya we kuva. Okugeza "Okuwoggana nga okw'ebiriroliro ne laddu, biyinza okutiisa." "Embwa ziboggola kubanga bwe zityo bwe 'zoogera' era ebiseera ebimu ziboggola nnyo bwe ziba nga zisanyuse okulaba omuntu." Tosuubira nti okutya kw'omwana kujja kuggwaawo mangu; beera mugumiikiriza.
- Abaana batwala bye bawulidde nga bwe bizze, okugeza, "Omupoliisi ajja kukukwata bw'otaatuule mu mmotoka", oba omuntu gw'atamanyi bw'agamba nti "Oli mulungi nnyo ŋŋenda kukutwala ewange". Okufa tekulina kwogerwako nga okwebaka, kubanga abaana bajja kutya okugenda okwebaka. Era abaana tebeetaaga kugamba nti bwe baggwaamu okutya bajja kuba bakuze. Kino kiteeka akazito ka maanyi ku baana.



## Okutegeera Engeri Okutya Gye Kukulaakulanamu Mu Baana

| OBUKULU | EBISINGA OKUTIISA ABAANA |
|---|---|
| Emyezi 6 | Abantu be batamanyi |
| Emyezi 8 | Okwawukana ku bazadde, okugwa wansi |
| Omwaka 1 | Okwawukana ku bazadde, ebiwoggana, ensolo, okunaaba, abasawo. |
| Myaka 2 | Okwawukana ku bazadde, okutendekebwa okugenda mu kabuyonjo, ekiseera ky'okwebaka, abasawo, okunaaba. |
| Myaka 3 | Okufiiwa omuzadde, okutendekebwa okugenda mu kabuyonjo, ekiseera ky'okwebaka, ebimenke n'emizimu, oyo ow'enjawulo ku baawaka (okugeza omulema, ow'ebirevu, ayambadde obulala, oba alina olususu olw'enjawulo. |
| Myaka 4 | Ebiwoggana, ensolo, ekiseera ky'okwebaka, ebimenke n'emizimu, abantu abatafaanana ba waka, omuzadde okubulawo, okufiirwa omuzadde, abazadde okwawukana mu bufumbo. |
| Myaka 5 | Ebiwoggana, ensolo, ebimenke n'emizimu, okubula, okugenda gye bakuumira abaana emisana, okufuna obuvune, omuzadde okuvaawo oba okufa, bazadde be okwawukana mu bufumbo. |

Kyabulijjo abavubuka abato bonna okubaako ne kye batya mu biseera ebimu; oba laddu, embwa, enjuki, enzikiza, oba ebintu bye bafumiitiriza obufumiitiriza okugeza ebimenke ebirabika obubi ebiri wansi mu bitanda byabwe. Abaana bwe bagenda beeyongera okuyiga ku nsi, ebintu ebiwera bye batya bitera okweyongera. Okunoonyereza okumu kwavumbula nti ebitundu 43 ku buli kikumi eby'abaana wakati w'emyaka 6 ne 12 balina ebintu bingi bye batya n'ebibatawaanya ebirowoozo (American Academy of Pediatrics 2004 nga byayogerwa omukutu Healthy children. org 2015) Okutya okumu okusinga okubeera okwabulijjo mu kibinja kino kwe kutya enzikiza, naddala omwana okulekebwa yekka mu nzikiza. Obubumbwa bw'abaana abamu bubaleetera okutya ennyo okusinga ku balala. Bazadde baabwe bwe bababudaabuda, kibaleeteera okuwulira nga abataasiddwa. Kale obukuumi buno bubawa amaanyi okweŋŋanga ebyo byonna ebyalibatiisizza.

Abato ennyo batya ebiwoggana, abantu be batamanyi, n'okwawukana ku bazadde baabwe. Ate abatandika okutambula ne batya abantu be batamanyi, okwawukana ne bazadde baabwe, n'ebintu bye batamanbyi. Okufumiitiriza bwe kugenda kweyongera, abaana abatannaba kugenda ku ssomero n'abali mu myaka egigenda ku ssomero batya enzikiza, okutuusibwako obuvune, ensolo, okulekebwawo bokka n'okufa. Okwongereza ku kutya kuno, abaana abakulumu abali mu myaka egisoma batya okuba nga tebakola ebyo ebibasuubirwamu abazadde n'abasomesa baabwe. Mu kiseera kya kaabuvubuka, abatiini bbo bulijjo beeraliikirira olutalo lw'omukka gw'obutwa, obutyabaga obugwa butalaze, n'obutujju.

Abaana basobola n'okutya ebintu ebitalowoozeka. Okugeza, abaana bwe batandika okutambula ne bamanya nti bayinza okulekawo nnyabwe, nabo bakizuula nti ne nnyabwe ayinza okubalekawo. Oba nti amazzzi gakulukuta gakkirira mu mukutu (oba mu kayigo), bwe batyo nabo bayinza okugendera mu mukutu. Ebyo ebyebulunguludde omwana, okugeza ebifo ebitali byabulijjo, omujjuzo gw'abantu, ebisiikirize okuva ku mataala agaaka ekiro, nabyo biyinza okumwongera okutya.

Okutya mu baana bwe kuyitirira ne kutandika n'okuba okw'obulabe ku bulamu bwabwe, olwo abazadde baba balina okuddukirako mu

bakugu okuyambibwa. Nga tebannasalawo kino, abazadde balina okusooka okwebuuza ebibuuzo bino: Okutya kuno kulemedde mu mwana okumala kiseera ki? Okutya kuno kwa bulabe eri abaana? Okutya kuno kulina engeri gye kuyingirira enneeyisa y'omwana oba enkolagana ye n'abalala? Okutya kuno kulina engeri gye kulemesa omwana okuzannya n'okwebaka?

## Abaana Beetaaga Okuyiga Okwoleka Empulira Y'omunda N'obuvumu Bw'omubiri

Obuvumu mu mpulira y'omunda y'engeri gy'oba nga totya okubaako ne ky'oyogera, okubaako ne ky'owandiika, oba okubaako ne ky'okola (okugeza okukaaba). Obuvumu mu mpulira eyoomunda bwe buvumu obwannamaddala, era obuvumu obw'ekika kino ye nsibuko y'amaanyi mu bulamu. Firimu eŋŋanzi ezigenderera okulabibwa abalenzi zirabika okutendereza engeri emu yokka ey'obuvumu: obweŋŋanga omulabe ow'amaanyi mu mubiri. Okwagala okulwanyisa omulabe, okusinza amagezi ogusolo obwaguuga, okuwangula ekimenke, oba okwambalagana obukanzu n'omulabe ow'emmundu. Eno ye ngeri ebiragibwa gye biragamu obuvumu obw'ekisajja. Abalenzi beetaaga eby'okulabirako mu buvumu buno obw'omu mwoyo. Beetaaga okulaba obuvumu buno mu maka gaabwe ne mu bantu ababali ku lusegere. Ebitundu ebiwangaalirwamu abantu byetaaga okulaga eby'okulabirako eby'obuzira ebisingako ku kiwago ky'omubiri. Newankubadde abantu abakulu booleka obuvumu mu mpulira yaabwe ku mirimu ne mu bulamu bwabwe obwabulijjo, ebiseera ebisinga tebaagala baana baabwe babalabe mu biseera ebyo eby'obuzira. Abantu beetaaga okubyogerako. Abazadde basaanye batendereze obuvumu bw'empulira eno obwolesebwa abantu abo aboogerako eri abantu, abo abasigala nga bajjumbize wadde nga balina obulemu, abo abeewaayo ne bayiga ennimi empya, n'okuyamba abalala awo we kibeerera ekyangu okwekwasa ebirala ne batakikola. Singa obuvumu buno buba bukoleddwa bulungi mu kifaananyi ekyetaagisa, buba bujja kuleka ekifaananyi ekirungi ku baana.



Oludda olulala olw'obuvumu obw'empisa bwe buvumu obusobozesa omuntu okufuga enneeyisa ye ne by'ayogera bw'aba nga ali mu mbeera ey'obusungu. Kino okigeraageranya n'amaanyi ag'omubiri nga Nnabbi ﷺ bwe yakinnyonnyola nti:,

Ow'amaanyi si ye mumegganyi nnamige, wabula oyo asobola okwefuga w'awulirira nga ayagala kwabika obusungu.
(AL-BUKHAARI)

## Wakati W'obuvumu N'okuba Abawulize

Abantu abakulu bangi bannyonnyola engeri okutya kwabwe gye kwava mu biseera by'obuto nga buva ku bazadde baabwe n'abasomesa baakozesanga obukodyo bw'okutiisatiisa n'okuswaza. Abaana baayigirizibwa nga bwe baalinanga okubeera abawulize "ekitali ekyo" era baatiisibwatiisibwanga nebaswazibwa n'okuteekebwa mu mbeera embi mu lujjudde basobole okukkiriza abalala bye baabaagalanga okukola. Abaana baalinanga okugoberera abakulu bye baayagalanga mu ngeri y'ekizibu ky'amaaso. Baabagambanga nti: "Abaana balina kulabwa bulabi sso si kuwulirwa!" oba nti, "Sirika oba si ekyo ojja kukaaba!". Ebigambo bwe bityo byatiisanga abaana era ne byonoono obuvumu bwabwe.

Abaana bano abatiitiizi era abatawulira mirembe, "emirembe" baginoonyeza mu kwekuumira ku mirimu egitasaana oba ne kampuni ezitasaana. Olw'okutya kwabwe obutasobola kubeera bawanguzi tebasobola kufuna mirimu mituufu. Batya nnyo okuboolebwa abalala. Buli kiseera balaga nga abalina omusango, abaswavu era abaawansi ku balala. Tebekkiririzaamu, tebeewulira nga abasaana embeera esingako, era tebalwanirira ddembe lyabwe. Kyetaagisa buvumu okusobola okubeera n'eddembe. Abantu bano baatendekebwa kuva buto nti tebasobola kwetengerera era nga beetaaga kuyambibwa bantu balala. Tebaatendekebwa kuyiiya, wabula buli kaseera bayambulwanga eky'obuyiiya era mu kifo kyakwo ne basomesebwa kubeera bawulize.

## Abaana Okusikirizibwa Ab'emyaka Gyabwe

Abaana bwe baba bato bazadde baabwe oba abantu abababalabirira be babasalirawo eky'okukola. Wabula bwe bagenda bakula, baba balina okuyiga okwesalirawo. Abatiini beesanga mu mbeera enzibu gye bawangaaliramu n'abalala omwo mwe balina okwesalirawo. Mikwano gyabwe n'abamanye bayinza okubasindiikiriza bagezeeko okukozesa omwenge, ebiragalalagala ko n'okwerigomba. Kibazibuwalira nnyo okugamba nti "Nedda" olwo baawukane ku bya bannaabwe.

Abaana baagala okuba n'ekibinja ky'abantu be bagyamu, era baagala okulabika nga tebategeerekeka okusinga ku bwe bali. Tebaagala kulabwa nga "omwana omuto". Si kyangu gye bali okwetengerera ne bakola kye balowooza nti kye kituufu (naddala nga bannaabwe babawaga bagezeeko ku kenge oba ssigala). Ekibinja kiyinza okulondawo omu oba okuleka omu obutabeera mu muzannyo. Ebiseera ebimu abaana bayinza okubeera mu kukaayanira obuyinza mu kakundi kaabwe ako. "Si kyali mukwano gwo" kya kulwanyisa kyabulijjo abaana kye batera okukozesa ku bannaabwe.

N'abaana abato baba baagala okubeerako n'ekibinja mwe bagwa, era abazadde bateekeddwa okunnyonnyola ensonga ey'okusendasendebwa ab'emyaka egimu. Bayinza okunnyonnyola abaana biki ebitera okuzuuka mu bibinja ebyo. Abaana bwe baba bazannya omuzannyo nga "jangu onkwekule", kiba kikulu buli omu okugoberera amateeka gaagwo, ekitali ekyo, omuntu omu aba ajja kwonoonera buli omu omuzannyo ogwo.



**Okukoppa → Okweyisa obulungi mu bantu → Obwetwaze**

**Okukula kulimu emitendera esatu: omutendera gw'okukoppa abazadde – okuva mu kuzaalibwa okutuuka ku myaka 7; omutendera gw'okweyisa obulungi mu bantu – okuva ku myaka 7 okutuuka ku myaka 14; omutendera gw'okwetwala – okuva ku myaka 14 okutuuka ku myaka 21.**

Wabula, ekibinja bwe kiba kyagala okukola ekintu ekiyinza okuvaamu ekizibu oba eky'obulabe, okugaana okubeera omu ku kibinja ekyo kiba kintu kirungi. Omwana omu okugaana okwetaba mu kibinja kiyinza okuwa abalala obuvumu nabo okugamba nti "Nedda" eri ekibinja.

Abazadde bayinza okukubaganya ebirowoozo n'abaana baabwe ku ngeri buli muntu gye yeefaananamu yekka. Buli muntu alina kuba nga bafaanana ne munne mu kibinja? Abaana bwe baba bayinza okussa ekitiibwa mu ky'okuba nga buli muntu yeefaanana, baba bajja kuwangaala obulamu obulungi ddala mu biseera byabwe eby'obutiini ne mu bukulu. Abazadde bayinza okwogera ku kuba abakulembeze oba abagoberezi. Balina okuwuliriza abaana baabwe era babamanyise nti bategeera ebizibu by'okukwasaganya embeera y'okusendasendebwa abaana ab'emyaka gyabwe. Abazadde bwe baba basobola okuwuliriza abaana baabwe ne bakubaganya nabo ebirowoozo ku nsonga awatali kusala misango, abaana baba balabika okwogera ne bazadde baabwe bwe bagenda bakula.

Abaana ab'emyaka egimu bayinza okubeera abalungi ate "okusendasendebwa kw'abaana abo" ne kuba kubi. Wabula, abaana abamu bayinza okusikiriza bannaabwe mu bintu ebirungi, ebiramu, era ebiyamba. Abazadde bwe ba-

yisa mikwano gy'abaana baabwe obulungi era mu ngeri ewa ekitiibwa, abaana baba n'ekyokuyiga ekirungi era nabo bayiga engeri y'okuyisaamu abalala.

Abazadde bwe bagumiikiriza enjawulo eziri mu bantu abalala ne bawa abantu abalalabika obutabeera baabulijjo, n'abaana baba bajja kuyiga okugumiikiriza abalala. Abazadde bwe batalamula bantu okusinziira ku nfuna, ennyambala, eddiini oba gye basibuka, n'abaana bakizuula nti teri kiswaza ku bantu kuba ba njawulo. Newankubadde nga abantu abenkanya emyaka baba balina ekyamaanyi kye bayinza okukola ku kukula kw'omwana, abazadde bayinza okukola ekisinga amaanyi.

Emikwano mikulu nnyo mu bulamu bw'omuntu bwonna, era okuyiga okuwangaala n'abalala obulungi kitundu ku kukulaakulana kw'omwana okwabulijjo. Abaana balina okuyiga okugya mu balala mu kiseera ky'ekimu ne basigaza enneeyisa yaabwe n'embeera zaabwe. Abazadde bwe bayamba abaana okukula nga bekkiririzaamu era nga bavumu, olwo abaana baba n'obusobozi obulwanyisa okusikirizibwa ab'emyaka gyabwe. Baba bajja kuba n'amaanyi agagamba nti 'Nedda' ku bintu ebibamalako emirembe bye balowooza nti si bituufu.

## Abazadde, Obuzira N'enkola Ey'ebyobuwangwa

Obuvumu bulina kinene mu kuzimba omukulembeze. Okuzimba obuvumu mu baana kutandika bukyali. Kino kiyinza okubeera ekyangu, kubanga okunoonyereza kulaga nti abaana abato bazaalibwa bazira, nga tebatya bibeetoolodde, era nti bazadde be bateeka okutya mu mitwe gyabwe. Abazadde be babafuula abatya ensolo, enzikiza, waggulu, emizimu, ebimenke, emisota, embwa, n'amazzi. Engeri abaana gye bakuzibwamu erina ky'amaanyi ky'ekola ku buzira bwe babeera nabwo. Mu buwangwa obumu, kya bulijjo okutiisatiisa abaana okusobola okubakkakkanya n'okuzuula abawulize. Enkola eno erina ky'ekola ku ngeri abaana gye basomesebwamu obukkiriza, eddiini, okukwata Kulaane ku mwoyo, n'amannya amalungi aga Allah. Engeri esingako obulungi kwe kutandisa ne aaya ezirimu okwogera ku mukwano n'ekisa, n'amannya ga Allah agasooka n'ebitendo bye. Ku ntandikwa, essira lirina kusimbibwa ku mukwano n'e Jjana sso si bibonerezo na Muliro.

Nyumya emboozi ezikwata ku buzira bwa Bannabbi. Nnabbi Bulayimu yayingira essinzizo n'atemaatema amasanamu (ebibumbe n'ebibajje) nga akozesa embazzi ye, bwe yamala n'agiwanika ku kibumbe ekyali kisinga obunene; Musa ne Haruuna mu butatya obuyitirivu baajeemera nnaakyemalira Falaawo; ne Muhammad yasaalira ku Ka'aba e Makka, wadde nga bamusinzabibumbe baamutiisatiisa era ne bamukasuukirira amayinja n'ebisasiro. Kozesa emboozi z'abantu abakola eby'obuzira mu biseera byo. Kikulu nnyo okusomesa abaana babe nga bawulira nti Katonda abali awo ku lusegere. Somesa abaana okubeera abazira, ab'emirembe, era abalongoofu, abatya Katonda Omu Yekka, Oyo abaagala ennyo.

Eky'okusaalirwa, abazadde abamu tebaganya baana baabwe kwetabula na kuzannya na baana balala, ne babaleka nga bawangaala bokka. Babagamba nga okuwuga bwe kuyinza okubaviirako okufiira mu mazzi, okuvuga embalaasi butya bwe kuyinza okubaviirako obulumi, era butya emizannyo bwe giyinza okubamenya emikono n'amagulu. Abazadde bwe batalekera baana kyakukola ne babaggyako emikisa okwesalirawo baba babayigiriza kubeera batiitiizi. Kino kireetera abaana okulowooza nti abazadde bokka be bamanyi era be balina okubasalirawo n'okubalowooleza.

Boonoona abaana bwe babawa buli kimu era buli kyetaagisa ne bakibakolera. Baziyiza abaana okukola ekintu kyonna ekiyinza okubaviiramu emitawaana mu bulamu bwabwe, era ne babasomesa obutatawaananga. Abazadde era bakola ensobi ey'okukugira ennyo abaana; tebabatwalako wabweru, nga batya mbu bayi-

nza okukwatibwa obulwadde bwonna oba okufuna ssennyiga. Babayigiriza nti abaana tebalina kwesigibwa era tebalina kukkirizibwa kukola kintu kyonna ekiyinza okuvaako obuzibu bwonna. Okugonjoola ekizibu kino kwe kusomesa abaana okubeera abavumu nga babassa mu mbeera ebeetaagisa okuba abavumu n'okukola ebintu ebitonotono ebisoboka okuvaamu obuzibu. Somesa abaana engeri gye bayinza okuyita obulungi mu mbeera embi. Bannyonnyole nti mu kibira, mu kkolero, mu lyato wabeerawo embeera ey'akazigizigi n'eyeemirembe era bamanye n'enjawulo wakati waabyo. Obuzira bulina kuba kitundu ku bulamu bwaffe. Jjukira nti: Katonda ayamba bazira!

- Kitaawe omuto owa Nnabbi baamuyitanga Hamza, ekitegeeza "Empologoma." Olw'obuzira bwe n'amaanyi ge, yaweebwa erinnya "Asadu Allaahi wa Rasuulihi," ekitegeeza Empologoma ya Katonda ne Omubaka we! Tuyinza okubuulira abaana emboozi ez'obuzira okuva mu bwakabaka bwa bawansolo: Mu nju y'empologoma muvaamu olusu, ebibe lwe bitya okusemberera empologoma ne bw'eba nga eri wala nnyo. Waliwo obutiitiizi obw'omubutonde mu binyonyi ebimu ne bwe biba nga bibuukira waggulu nnyo. Sso nga enkambo zoolesa obuvumu n'ekitiibwa ne bwe ziba nga zigenda kufa.
- "Tuteekeddwa okuzimba amabibiro g'obuvumu okusobola okuzzaayo amayengo g'okutya." Martin Luther King Jr.

## NSONYI OBA BUKAKKAMU?



Kino kye tukalaatira abantu bwe bukakkamu sso si nsonyi. Ensonyi kitegeeza kwemotyamotya n'okutya okusisinkana abalala. Obukakkamu kitegeeza kuba muteefu, mwetoowaze era awa abalala ekitiibwa. Era kitegeeza nti omuntu teyeeraga

.

## Ebyokukola




### EKYOKUKOLA 47: OKUGABANA EBIYITIDDWAMU KU KUTYA

Yogera n'abaana bo ku kutya kwe wali ofunye mu bulamu bwo ne bye wakola bwe wafuna entiisa. N'abaana bayinza okugabana bye bakyogerako nbo bye baali bayiseemu.

### EKYOKUKOLA 48: ENGERI MWENDA Z'OYINZA OKUKUZAAMU OMWANA OMUTIITIIZI

Kubaganya ebirowoozo ku nkola embi eziggya wammanga n'abaawaka bo bonna era oleete ebyokulabirako n'emboozi okuva mu by'ozze oyitamu. Ensobi zino bwe ziba zijja oyinza kutereeza otya ebizibu bye zireese?

- Swaza omwana wo era omuvume, naddala mu maaso ga mikwano gye.
- Mwogerere bubi omuvume. Mugambe nti talina ky'asobola.
- Teweesiga mwana wo era bulijjo gaana by'ayogera. Mugambe nti tasobola kubeera mutuufu era nti abalala be bamusinga okumanya by'akola.
- Buli kirungi ky'akola kibuuse amaaso; essira lisse ku nsobi ze.
- Baganda be, bannyina ne bakizibwe be bbo bayise bulungi. Bulijjo mugeraageranye nabo omulage nga ye bw'ali omubi era omugayaavu, ate nga bbo bwe bali abalungi era abakozi ennyo.
- Bulijjo omwanawo muteeke ku lusegere era omuleetere okuwulira nti teri kiyinza kumutuukako.
- Omwana wo mwonoone n'ebirabo ebisusse by'omuyiira.
- Omwana wo tomukkiriza kwogera mu maaso g'omuntu yenna. Bulijjo alina kusirika nga waliwo abantu.
- Omwana wo tomuwa buvunaanyizibwa bwonna, ne bwe buba butono butya. Muyigirize kwesigamira ku balala okwewala ebizibu ebiyinza okutuukawo.

### EKYOKUKOLA 49: obuvumu n'obukkiriza

Kubaganya ebirowoozo n'abaana bo ku mboozi y'Abakurayishi engeri gye baagezaako okulemesaamu Nnabbi ﷺ. Nnabbi ﷺ kwe kugamba nti:

> Kitange omwagalwa, ndayira mu linnya lya Allah nti, singa [Abakurayishi] bateeka enjuba muddyo wange ate mukkono ne bateekamu omwezi, ndeke Obubaka okuva eri Allah obulaga ekitangaala n'obuluŋŋamu, sijja kubuleka okutuusa nga Allah abussizza, oba nga nfudde nga mbulwanirira.

1. Buvumu bwa ngeri ki bw'oyinza okulaba mu kikolwa kya Nnabbi okugamba kitaawe omuto Abu Twalib nti yali tayinza kwabulira bubaka bwe.
2. Nyumya ebikolwa bya Bannabbi ebirala ebiraga obuvumu.
3. Nyumya emboozi eziraga ebikolwa eby'obuvumu bwa Basswhaba ba Nnabbi.

4. Nyumya ku mbeera ez'obuvumu ez'abazira okuva mu ddiini ezenjawulo okwetooloola ensi yonna.

Nnyonnyola ku mbeera naawe gye walagiramu obuvumu. Kizibu ki ekyakiriko? Wakomekkereza otya? Abantu baakulowoozaako ki? Abaana babuuze ku mboozi ezaabwe.

### EKYOKUKOLA 50: obuvumu: eky'okugezesa abatiini

Oli muvumu? Wa eby'okulabirako.

| KITUUFU | KIKYAMU | |
|---|---|---|
| ☐ | ☐ | Nnyimirira ku kituufu, ne bwe mba nsigadde nzekka. |
| ☐ | ☐ | Sigoberera ba myaka gyange ngoberera nkyamu. |
| ☐ | ☐ | Okutya okulemererwa tekuŋŋaana kugezaako bintu. |
| ☐ | ☐ | Sitya kwogera kye njagala abalala ne bwe batakyagala. |
| ☐ | ☐ | Ndi mwetegefu okwaŋŋanga obuzibu n'okwesalirawo. |

Ndowooza ndi / siri muvumu kubanga: ________________________________________

### EKYOKUKOLA 51: KENDEEZA OKUTYA KW'ABAANA MU BISEERA BY'ENTALO N'OBUSAMBATTUKO.

Yogera n'abaana bo ku bino wammanga era ebimu mubikoleko mwenna.

Ensangi zino, abaana bagenda beeyongera abawangaalira mu ntalo n'obusambattuko. Abazadde bayinza okukola bino okusobola okukendeeza ku kutya kwabwe ku butyabaga buno:

a). Ggyako amawulire ga TV. Wabula, babuulire ebibaddemu mu bufunze.

b). Baleke ku nkola y'ebintu awaka eyaabulijjo (okugeza ekiseera ky'okwebakiramu, okuzannyamu omupiira, ebiseera by'okulya, n'ebiseera by'okusaaliramu).

c). Essira liteeke ku kukuza abaana bo. Babudeebude era obasiisirize, bawe obudde obeere nabo, era bateekeko omwoyo obalage omukwano. Yongera amaanyi mu mpuliziganya nga owuliriza era weetegereze engeri gye bawuliramu.

d). Ebyo ebitiisa byanukule na bukakkamu: tobeera atidde ennyo wadde okulaga okwennyika emmeeme, era weewale okukwatibwako ennyo amawulire g'owulidde.

e). Leka abaana bo bafune okutegeera olutalo okulungi nga oyita mu buzannyo (okugeza okuteekawo eddwaliro ly'abaserikale n'abantu baabulijjo abakoseddwa mu lutalo, okuteekawo ekifo kya bakaawonawo, okusalawo wa, butya, ki ew'okusuza ababundabunda n'ebitongole eby'okubabudaabuda; n'okuteekawo okusabira okw'enjawulo abantu abo ababonaabona).

f) Wuliziganya n'abaana abali mu mawanga amalala abali mu butyabaga, nga muyita mu kuweerezeganya ebbaluwa ku mutimbaganao gwa Yintaneti (email) oba ebbaluwa ezaabulijjo, era muwaanyisiganye obubaka n'ebirabo.

g). Wandiikirayo omuntu ebbaluwa (erimu n'okusaba Katonda edduwa): pulezidenti w'ensi etaaguddwa olutalo, omulabe, oba kaawonawo. Kubayo ekifaananyi ky'emirembe nga kya musirikale, fumbirayo omuntu atuusiddwako obuvune obumpwakimpaki (bukukiizi cookies), oba okuŋŋaanye ssente oziweereze ekitongole ekisondera bakaawonawo ekimanyiddwa.

## EKYOKUKOLA 52: OGAMBA OTYA "NEDDA" NE MUSIGALA NGA MULI BAAMUKWANO?

Weegezeemu emitendera gino ena n'abaana bo olwo basobole okuwulira emirembe nga bagambye nti "Nedda". Muyinza okuzannya obuzannyo ku mbeera ez'enjawulo, okuzifuula entuufu ezisaanira emyaka gy'abaana bo. Eky'okulabirako: Mukwano gw'omwana wo ayinza okuba nga ayagala kumuyigiriza kufuuweeta ssigala oba okunywa omwenge, kukozesa ebiragalalagala oba okugezaako okwegadanga.

- Okugamba "Nedda Weebale: Ssaagala kukikola"
  Ekkubo erisooka ery'okugaana okusendasendebwa ab'emyaka gy'omuntu n'abamanye by'ebigambo ebyangu "Nedda weebale, ssaagala kukikola." Ebiseera ebisinga eyo eba ejja kuba y'enkomerero y'ekiba kiguddewo. Oba okoze okusalawo era abalala balina okussa ekitiibwa mu kusalawo kwo.
- Beera nga oddiŋŋana ebigambo "Nedda Weebale."
  Ebiseera ebimu, omwana omulala ayinza okugenda mu maaso nga akusindiikiriza ogezeeko okukola ekyo kye wagaana waakiri omulundi gumu. Ddamu buzzi okwanukula kwo okwasooka emirundi gyonna egisoboka. We kiba kisaanira, gamba nti "Ekyo kikontana n'eddiini yange". Teweetamwa bw'oba olina okuddamu ekigambo ky'ekimu era teweetaaga kunnyonnyola lwaki osazeewo bw'otyo. Ekivaamu, oyo omwana abadde akwesibyeko alwa ddaaki n'akoowa okuwulira okuddibwamu ekintu ky'ekimu olwo abiveeko. Kino bwe kiba nga tekikoze, olwo wa ensonga yo ate mu ddoboozi eritegeerekeka era eririmu okwekkiririzaamu.
- Okusendasenda kukyuse ogambe nti: "Lwaki onsindiikiriza!?" Omuntu bw'aba buli kaseera nga akunoonyaamu ensobi kimuddize. Gamba nti: "Lwaki nze gw'olondamu?" Kino akazito kijja kukazza ku ye abe nga y'alina okunnyonnyola enneeyisa ye. Kino kiba kijja kulaga nti omuntu oli omulala y'alina ekizibu, sso si ggwe. Oyinza okumuwa ku magezi musobole okusigaza enkolagana.
- Mwetondere oveewo: "Nsonyiwa, nnyina okugenda." Mu ddoboozi eddungi, gamba bugambi nti, "Nsonyiwa, nnyina okugenda," bw'omala otambule awatali kukaayana. Tolina kunnyonnyola muntu yenna bikolwa byo, wadde okuddamu okugumiikiriza okunyigirizibwa okukumalako emirembe.
- Abaana bakubirize okulowooza ku ngeri ze bayinza okugambamu "nedda" buli mikwano gyabwe oba abo be basoma nabo lwe baagala okukola ekintu ekitakkirizibwa. Abaana bwe banaayiga nti basobola okugamba nti "nedda" ate ne basigaza omukwano, kijja kubawonya okunyigirizibwa emirundi egiwera.

(Biggyiddwa ku magezi okuva ku mukutu: www.ehow.com)

## EKYOKUKOLA 53: OBUVUMU KWE ......

Nokolayo eby'okulabirako era abaana obanyumizeeyo emboozi ku miramwa gino:

**Obuvumu kwe:**

Kugoberera munda wo kye wagamba mu kifo "ky'okugoberera abantu abangi."
Kugaana okwetaba mu nneeyisa erumya oba etessa kitiibwa mu balala.
Kwerekereza kye wandifunye olw'okusobola okugasa abalala.
Kwogera ky'owulira ku mutima abalala ne bwe baba tebakikkiriza.
Kutwala buvunaanyizibwa ku bikolwa byo n'ensobi zo.
Kugoberera amateeka – n'okulaba nti n'abalala bakola kye kimu.
Kukola ky'omanyi nti kye kituufu – nga totunuulidde buzibu buyinza kuvaamu.
Kwaŋŋanga abakozi b'obubi ate n'owagira abakozi b'obulungi.



ESSUULA 16

# Okuyigiriza Omukwano


- Ebyanjula 359
- Omusingi Gw'okukulaakulanya Ebirowoozo 360
- Omukwano: Nga Bwe Guva mu Magezi Amayiiya Ne Kulaane 361
- Ebimu Ku Biyinza Okuyamba Abazadde 362
- Omwanawo Bw'agamba Nti, "Sikwagala"! 364
- Omwana Asooka (Omuggulanda) 364
- Lwaki Abazadde Baagala Abaana Baabwe? 366
- Omukwano N'abazadde Okwekkiririzaamu 367
- Engeri Y'okukulaakulanya Okulumirirwa 367
- Okunoonyereza: Engeri Ennyingi Z'oyinza Okuyitamu Okufuula Abaana Bo Abawulira Nti Baagalibwa 370
- Kyalibadde Kirungi Abazadde Okuyigiriza Abaana Obukyayi? Ebiseera Ebimu! 371
- Eby'okukola 54 372

## Ebyanjula

ABAANA BAZAALIBWA n'obusobozi okuba n'omukwano, abazadde bwe balina okukulaakulanya. Ku sabbiiti mukaaga zokka, abaana basobola okufaayo ku ddoboozi esseeneekerevu eriba livudde mu bazadde. Omuzadde okuba n'omukwano kirina kyamaanyi kye kikola ku mukwano gw'omwana. Kino kitandika okukola ku myezi mukaaga.

Kirungi nnyo abazadde okulaga abaana baabwe okwagala okutali kwa bukuusa wabula okwanamaddala. Waliwo enkola emu mu Bamerika aba Anglo-Saxon ey'okumalawo omukwano ogwanamaddala naddala wakati wa taata n'omwana. Kino kye kimu ku biyinza okunnyonnyola lwaki abaana Abamerika baagala nnyo abantu ab'ekikula ekirala nga bakyali kubanga abazadde tebabawa mukwano nga bato. Omukugu mu by'okukuza abaana Dr Spock yawakanya eky'obutabaawo mukwano wakati wa taata ne mutabani we. Ye kennyini yakuzibwa mu ngeri y'emu era naye n'akuza ababe bw'atyo. Mu Busiraamu ne mu buwangwa obumu okukwata mu ngalo, okunywegera n'okugwa mu kifuba bikkirizibwa.

Abaana bazuula enfaanana y'abantu nga bakiggya ku bazadde baabwe. Abazadde bwe baba balaga omukwano n'abaana bafuna omutima ogulaga omukwano. Mu mbeera eno abaana bajja kulowooza nti abantu bonna baagala abalala era tebajja kutya balala. Abazadde balina okwewala okuba n'obukuubagano n'abaana wadde ku mwaka ogumu ogw'obukulu. Okwewaza abaana okukwata ku bintu by'omutawaana n'ebyo ebyatika, (nga eddagala, amagiraasi n'obwambe) abazadde balina okubitegula awo abaana we babirabira. Kino kijja kukendeeza emirundi gy'ogamba abaana ebigambo 'Nedda, nedda'. Awaka walina okubaawo omukwano n'embeera ey'emirembe eri abaana mu mubiri ne mu birowoozo.

Okuzimba omukwano kutandikira mu kiseera kya kuyonsa okubugiriza, okumwenya, okunywegera n'okuvumbavumba, byonna byetaagisa eri omwana. Abaana balina okuweebwa omukwano ogw'ebigambo n'okubakkiririzaamu. Abaana bwe bakula bagenda bazuula engeri bazadde baabwe gye beeyisaamu eri abalala. Baagala era babaawo ku lw'abalala, bazibu era balina obukyayi? Kino kiba kijja kukosa obulamu bw'omwana mu nsi muno, empisa ze n'engeri gy'alabamu abalala. Abaana era beekenneenya engeri abazadde gye bayisaamu ebisolo by'awaka, ebimera n'embeera yonna. Abazadde balina okusiima enkuba, omuzira, enjuba, omwezi n'emmunyeenye (mu kifo ky'okukukkuluma mbu bibatawaanya). Bwe tukolagana n'obutonde bw'ensi, tuba tulaga okusiima n'okufaayo. Akabugumu n'okukkiriza okuva eri abalabirira abaana, birungo ebikuza obulamu n'ebirowoozo. Mu myaka wakati w'ebiri n'esatu egisoo-



Ekirabo ekimu ku bisinga obunene omuzadde ky'ayinza okuwa omwana mu bulungi ne mu bubi gwe MUKWANO. Amaanyi g'omukwano gw'abazadde ge gamu ku bisinga obukulu.

ka, embeera z'abaana zizimbibwa bazadde n'abalabirira abaana. Abaana abakulira mu maka g'abaana abataliiko mwasirizi ne mu busomero bw'abato bakula n'ebisago ku mitima gyabwe. Kino kyalagibwa mu Soviet Union. Amagezi n'ebirowoozo by'omwana bwe bitafiibwako, tawonera ddala, sso ate abo abafiibwako obulungi n'omukwano gw'abazadde bakula mu ngeri ey'omuggundu.



## Omusingi Gw'okukulaakulanya Ebirowoozo

Abazadde bakulaakulanya amaanyi g'ebirowoozo by'abaana nga babalaga omukwano. Abaana bawe omukwano n'okunyumirwa mu buntuntu obwo obutonotono era oddemu n'ebibuuzo byabwe. Baleke bazannye mu ddembe, basomere era obalage ebifaananyi. Abaana bo bamanyi nti balina obunafu, tebalina bukugu era nti beesigamira ku balala n'olwekyo beesigamira bazadde baabwe mu bukulembeze, omukwano n'obukuumi.

Abaana baba balondoola bazadde baabwe buli ssaawa era nga bagezaako okubeefaanaanyiriza. Eno ye ngeri gye bafunamu enneeyisa yaabwe ey'obuntu, amaanyi mu nneeyisa n'okuba abakoppi ennyo. Basoma okuva mu buto engeri gye banaaba abantu abakulu abakozi, abafumbo, abazadde nga kino bakiggya ku bazadde.

Emirundi abazadde gye balagamu omukwano gwabwe tegibalika; amaaso amasanyufu, okubugirizibwa kw'omubiri, okulaga okusanyuka nga abaana baliko kye bakola n'okuwulira nga abaana baabwe bawulira obukuumi nga baliko kye batidde. Omukwano gw'abazadde kwe kuteeka mu baana omukwano. Omukwano guno gubaleetera endowooza ennungi eri mikwano gyabwe, abasomesa baabwe, baganda baabwe, baliraanwa n'abeemikago.

Abaana bafuna 0kwekkiririzaamu olw'okwagalibwa ne bassa mu bazadde baabwe ekitiibwa. Okwematira kuno kubaleetera okuba mu ddembe ne baagala abalala obulamu bwabwe bwonna. Okwagalibwa n'okuweebwa ekitiibwa bazadde baabwe, kibaleetera okuwa abalala ekitiibwa n'okubaagala.

Mu bitundu ebirimu obusambattuko abaana beetaaga nnyo okusomesebwa omukwano mu ngeri eyenjawulo kubanga bwe batagufuna guba tegusoboka kuva walala.

Nnabbi ﷺ yagamba bw'ati:

Ddala, mu mubiri mulimu ekifi: bwe kibeera ekiramu obulungi, omubiri gwonna gubeera mulamu; naye bwe kyonooneka, omubiri gwonna guba gwonoonese. Ddala, ogwo gwe mutima. (AL-BUKHAARI NE MUSLIMU).

## Omukwano: Nga Bwe Guva mu Magezi Amayiiya Ne Kulaane

Kulaane ennyonnyola omutima nga amaka g'amagezi agategeererawo, gakuswaza, ag'omukwano n'okunakuwalirako. Ssetendekero wa Heart Math mu USA yazuula nti omutima kintu kyamaanyi nnyo mu kupima entegeera, mu kufuusa ebisoomooza n'okusengejja eby'omugaso. Okukwasaganya omutima, obwongo n'okwagala ye nkomekkerero y'amagezi g'omuntu. Bw'ogatta omwoyo n'omutima olwo ofuna ebirowoozo by'omubiri gwonna.

Muli mu mutima abantu baagala okuvumbula okusoma n'okuba abayiiya. Abaana bawulira nnyo nga kivudde mu mutima munda. Bwe kitaba kityo, beetamwa, banyiiga, beewuubaaza, beekubagiza oba okuwankawanka era ebizibu ne biba nga ebitasobola kuggwaawo. Abaana ababa n'omukwano baba benkamu era abajjuvu abasobola okusalawo okutuufu, beerabirira era bafa ne ku balala, kino ne kiraga nti nabo baliyigiriza abaabwe omukwano. (Bradley n'abalala 2009)Mu kitabo kya, Emotional Intelligence (Enneeyisa Ey'amagezi), Goleman alaga nti, eby'okuyiga by'endowooza omwana by'ayiga bikwasaganya obwongo bwonna. Abantu abayitimuka mu bulamu si beebo abalina amagezi ageesera, naye abo abalina endowooza ey'amagezi. Endowooza ey'amagezi ezingiramu okwekomako, enneeyisa ey'obuntu n'okufaayo eri abantu. (Goleman 2005)

Ebyo ebirowoozebwa nti buba busobozi bwa magezi ga baana okufuna omukwano si kituufu. Empulira mu bwongo ne mu birowoozo, enkwasaganya y'ebintu n'okusalawo mu bulamu, bikwatagana n'ekifa ku mitima gyaffe. Obunyomero bwonna obw'obwongo bukola bulungi nga enkuba y'omutima ekwatagana. Omukwano, okusiima, okufaayo n'okwagaliza bireeta enkuba y'omutima ekwatagana. Okukwasaganya omutwe n'omutima, abantu bafuna amagezi, amaanyi n'ensa mu kwogera ne mu kusalawo.

Abaana bwe batabeera na mukwano ate nga buli kaseera batya era beeraliikirivu, batandika okuzitoowererwa era ne balekayo n'okugya mu buli mbeera. Bwe bamanyiira okuzitoowererwa kuno, obwongo bwabwe butebenkerera awo ne bulema okuyiiya ebipya.

### OMUTIMA MU KULAANE

Kulaane ennyonnyola omutima gw'omuntu mu ngeri nnyingi era engeri zino zonna ziraga nti omutima gusingira wala akuuma akakuba akakolerere. Okunnyonnyola okusinga obukulu okw'omutima mu Kulaane kwe kuba nga we watuula:

A) ENJUYI ENNUNGI


*Imaan*: Obukkiriza *Taqwa*: okutya Katonda, okwewaayo
*Yahdi:* guluŋŋamya
*Yarbit:* guwa amaanyi
*Mutma'in:* obutebenkevu
okutegeera *Sakiinah:* emirembe *Rahmah:* okusaasira

B) ENJUYI EMBI

Marad: obulwadde
Āthimuun: ebyonoono
Nifaaq: obunnanfuusi Ru'b: entiisa, okutya
Qaasiyah: obugubi
Yaziigh: okubula
Munkirah: okugaana
Ta'ma: obuzibu bw'amaaso
Yartaab: okubuusabuusa
Ghamrah: obutamanya Kal
Hijaarah: obugumu
Laahiyah: okwerabankanya

*Ya'qiluun:* gutegeera
*Liin:* obugonvu *Takhsha':* okutya Katonda
*Khayr:* ebirungi
Ghill: enge, obukyayi
*Ra'fah:* okusaasira
*Yutahhir:* gutukuza *Muniib:* okwenenya *Yafqahuun:*

Waliwo ebifo 145 mu Kulaane ebyogera ku mutima. Okunoonyereza okulala kwetaagisa okwongera ku kumanya kwaffe ku bikwata ku by'omutima.



Omutima gwennyini gukwatagana n'okwagala era kino kipimibwa n'ensasi z'amasannyalaze eziyitibwa ECG nga ziyita mu nkuba yaagwo. Okuwulira obusungu, okweraliikirira, oku-ggwaamu amaanyi n'okuyongobera bireetera entunnunsi z'omutima okutojjera obubi. Abaana balina okulagibwa omukwano okusobola okutereeza empulira yaabwe ebe nnungi nga bakuze.

Omukugu Ilham Altalib (ADAMS Center seminar, 2008) annyonnyola nti enjogera "Nkwagala n'omutima gwange gwonna" oba nti, "Nkwagala okuva ku ntobo y'omutima" ntuufu nnyo anti omutima lye kuŋŋaaniro ly'ebirowoozo, omukwano n'empulira.

## Ebimu Ku Biyinza Okuyamba Abazadde

Abaana bazaalibwa balimu omukwano. Kale kiri eri bazadde okuzimba ekitendo ky'okwagala kuno n'okukifuula ekituukiridde. Singa abazadde balaga abaana baabwe omukwano, nabo bajja kulaga omukwano mu ngeri y'emu. Gino wammanga gye gimu ku mitendera omuyinza okuyitwa okuzi-mba omukwano mu baana:

- TANDIKA NGA BAKYALI BATO DDALA
  Musigemu okwagala nga bbuje. Okusitula amabujje gano nga gali mu kulya, kigasomesa omukwano. Okubasitula, okubagwa mu kifuba, okubanywegera n'okwogera nabo kiba-laga obukuumi n'omukwano.



ABAANA BEEYISA BULUNGI ERA BAWULIRIZA BULUNGI BWE KIBA KIVA "MU MUTIMA."



- OKUSOMESA ABAANA ENKOLA EYA "KYE NKOLA BANNANGE NANGE KYE NJAGALA BAKINKOLE"
  Somesa abaana bo okuyisa bannaabwe mu mbeera etali ya nnaakyemalira na naasiwamukange. Okulowooza ku butya bwe baagala abalala babayise, kibaleetera okwefumiitiriza nga tebannabaako kye bakola. Bakizuula nti nga bwe bagenda okuyisa abalala nabo bwe bagenda okubayisa. Etteeka lino lijja kubatendeka okuba abaagazi b'abantu mu kifo ky'okuba bannalukalala.

- OMUKWANO GUTTAANYIZIBWA NA KYAKULABIRAKO
  Ekikulu ku baana y'engeri abazadde gye babalagamu omukwano, gye beeragamu omukwano, n'engeri gye bagulagamu abaawaka abalala. Yolesa omukwano mu ngeri esaanira, abaana bo baba bajja kulaga omukwano mu ngeri y'emu.

- KKIRIZA ENJAWULO MU NNEEYISA Y'ABANTU
  Buli mwana aba n'embeera ze. Si buvunaanyizibwa bwa muzadde okukyusa enneeyisa y'abaana. Wabula okubayamba balage omukwano mu ngeri entuufu. Abazadde balina okusomesa abaana abatalina bugumiikiriza omukwano ogulimu obugumiikiriza, omukwano ogulimu obuvumu eri abaana ab'ensonyi, n'omukwano ogw'ekisa eri abaana abeefaako bokka.



## Omwanawo Bw'agamba Nti, "Sikwagala"!

Oluvannyumalw'okulaga abaana bo omukwano, okubagwa mu kifuba, okubanywegeranga, okubawaobulabo n'ebirungi byonna, abaana abo ab'omuwendo bayinzaokugamba nti, "sikwagala". Mu butuufu baba baakyawa bazadde baabwe? Nedda, wabula baba baakyawa bikolwa bya bazadde nga eby'okubagaana okugenda ku bubaga, n'okulya swiiti gaamu ku kyenkya. Boogeza busungu na kwetamwa sso si bukyayi. Abaana bakizuula mangu nti bwe boogera "Sikwagala" bajja kufiibwako mangu kubanga mu kino abazadde basitukiramu. Abazadde nabo banyolebwa, banyiiga era bakosebwa ne baagala okugendera ku by'abaana baabwe bye baagala okutuusa nga beekubye ne babategeeza nti babadde basaaga. Bbo abaana babeera banyigiriza basobole okufuna okufiibwako. Kiba kirungi abazadde obutava mu mbeera newankubadde baba banyigiriziddwamu akatono, anti abaana bbo baba banoonya kibavaamu. Mu kiseera kitono bajja kukizuula nti ekigambo "sikwagala" tekigasa era beewale okukikozesa gye bujja. Oluvannyuma abazadde balina okufaayo ku ngeri abaana baabwe gye bawuliramu muli evaako okwogera ebyo. Bayinza okugamba abaana nti, "owulikika nga omulalu" nga bwe beewala okukozesa ebigambo ebinaabakosa. Ekisingira ddala obulungi ye muzadde okubyeggyiramu ddala; genda mu ddiiro weetuulire osse ne ku kikkoowe, yita omwagalwawo akugumye n'okukuzzaamu amaanyi, weetegekere bye munaakubaganyaako ebirowoozo oluvannyuma nga waliwo obukkakkamu: "Ekyo tujja kukyogerako oluvannyuma nga tetuli mu mbeera ya busungu."

## Omwana Asooka (Omuggulanda)

Abazadde abalina ebirooto ebinene baagala n'abaana baabwe babeere batyo. Ebyo byonna abazadde bye batuuseeko mu bulamu, baagala n'abaggulanda baabwe babituukeko. Ebyo byonna bye baalwana okufuna ne bigaana baagala abaggulanda baabwe babituukirize. Ensobi zonna ze baagwamu zibeeraliikiriza nti osanga n'abaana baabwe bazikola. Abazadde ekika kino batera amaanyi okugamalira ku muggulanda ne beerabira n'omwana addako ne kitegeeza nti omwana ono gwe balagajjalidde ajja kuba yeemalirira mu bikolwa ne mu mpulira okusinga mukulu we.

Kyangu okugamba abazadde nti, "Omuggulanda tomutambulirako nnyo, muleke afuuke ky'alina okuba". Ekyo kifaanana n'okugamba



omuyiga w'emmotoka oba embalaasi nti, 'Tebapapa'. Kiyambako okutwala omuggulanda oyo mu bifo abaana abalala gye bazannyira. Okuzannya mukisa gwa maanyi eri abaana okuzuula bwe babeera n'abalala okwo kw'ossa okusinga n'okusingibwa. Okukyalira ku balala n'okwaniriza ku baana abalala ababakyalidde nakyo kikulu. Okumalako obudde n'abalala nakyo kikulu nnyo mu kuyiga okwagala.

Abakugu mu ndowooza z'abantu bawa abazadde amagezi nti, bazaale abaana baabwe nga beewala enkola eya 'kizaalaggumba' kino kiyambe abaana baabwe okukula ne bannaabwe wamu nga tewali njawulo nnene wakati anti omwana akuze omu aba awulira awuubaala. Kiba kyangu eri abazadde okukuza abaana ab'omulembe ogumu omulundi gumu anti bakulira wamu. Kino kisingira wala okuba nga olina amabujje, abatiini, abavubuka buli kiseera muba mu bwa nnakawere era temunyumirwa bukadde bwammwe.

Enge kintu ekikontana n'omukwano kubanga awo omuntu aba yeeyagaliza yekka ebirungi n'ebyalibadde ebya banne. Kino kizibu kyamaanyi omuzadde ky'alina okuggya mu mwana nga akyali. Nnabbi ﷺ kino yakitunuulira nga ekikwa era n'agamba nti,

> "Abantu bajja kuwangaala bulungi singa beewala enge ku bannaabwe".
> AL-TABARAANI

Omwana omuwere mu maka ebiseera ebisinga atwala nnyo ebirowoozo by'abazadde. Abantu bajja okubalaba nga bwe baleeta n'ebi rabo ko n'okuwaana obulungi bwe. Maama ayinza okuba omukoowu ennyo ate nga taata y'akwasaganya ebirala olwo abaana abalala ne batafiibwako. Abaana abo batandika okuwulira nga abasigadde ettayo naddala abadde asinga obuto kuba atandika okuwulira obusungu n'okubuzaabuzibwa okuba nga takyazzeeyo kuba muto nate. Kino kyo kyabutonde okuwulira obuggya nga alaba mutoowe ye afiibwako nnyo.

Okukendeeza ku nge abazadde bakole bino:

- Laba nti abaana bonna bawulira okwagalibwa n'okwetaagwa.
- Omuto bw'ajja fuba okulaba nti abalala tebawulira nga abatakyayagalwa wadde okufiibwako. Kirungi nnyo okugenda mu maaso n'okubafaako n'okubaleetera okuwulira nti baamugaso.
- Weewale nnyo okubageraageranya n'okubassaamu okuvuganya wakati w'abooluganda bano.
- Okugumiikiriza, obulabo n'empisa birina okwenkanyankanyizibwa.
- Abaana bonna bagweko mu kifuba era



obanywegere emirundi gyonna egisoboka.
- Abaana abakulu nabo baleetere okuwulira nti bavunaanyizibwa kyenkanyi mu kukuza muto waabwe era obatabe mu kusalawo ku nsonga ez'enjawulo.

## Lwaki Abazadde Baagala Abaana Baabwe?

> Okusinziira ku Euripides, "Wano abantu bonna benkana: omugagga n'omwavu ky'ekimu. Bonna baagala abaana baabwe." Rabindranath Tagore yagamba bw'ati: "Simwagala lwakubanga mulungi, naye mwana wange omuto."

Kyakabi ate nga kituufu nti abaana bangi tebaagalibwa lwakuba:

1. Bajja luvannyuma lwa kabenje akaaliwo gamba, okukakibwa omukwano, oba okusindiikirizibwa okw'abemyaka gy'omuntu.
2. Batunuulirwa nga beebaavaako okufa kwa nnyabwe mu leeba.
3. Be baava mu mumenyi w'amateeka.
4. Omwana muwala mu kitundu omusingwa okwagalwa abalenzi (anti mu nsi ezimu abazadde bakulisibwa bazadde balenzi).

Lwaki abaana batulugunyizibwa olw'ebisobyo ebitali byabwe?

Tokwanaganya okwagala n'enneeyisa. Awatali kiraga, kifaanana nga abazadde abateeka obukwakkulizo ku mukwano eri abaana. Teri yali agambye nti, "Nja kukwagala nnyo bw'oneeyisa obulungi".

Abaana baagala buganzi naddala nga kyeraga lwatu nti tebabugwana. Abazadde balina okumatiza abaana baabwe nti okwagala kwabwe tebakwesigamya ku bikolwa bya baana era nti kwo kweyawulidde, babaagala nga bwe bali. Obuwanguzi bw'abazadde bugererwa ku ngeri abaana gye bawuliramu obukuumi, okwetaagwa n'okwagalibwa. Newankubadde baagala okuwaanibwa, okwagalibwa kwe kusinga. Mark Twain yagamba nti, "Okuwaanibwa kulungi, okutendebwa kulungi naye ekisinga byonna ye mpulira ennungi omusajja yenna gy'ayinza okwewangulira".

**Yagala abalina emize okyawe emize gyabwe!**

Enkolagana y'okwagala ebaawo wakati w'abazadde n'abaana terina kuba na bukwakkulizo. Buli omu alina okumatira munne awatali kakwakkulizo. Abaana balina okukkirizibwa mu kutya kwabwe, mu kuwankawanka, n'obuzeezeze bwonna. Awatali bukwakkulizo kitegeeza ggigi lyonna. Abaana bbo bayinza okuba nga si beebasinga okulabika obulungi, obuyigirize oba obumanyifu naye olw'okwagala kwa Katonda bajja mu nsi. Kino kimala bumazi okuba nti baagalibwa awatali kakwakkulizo.

TEKIMALA OKWAGALA ABAANA ABATO MU NGERI EY'AKASIRISE:
OKUBAAGALA KUTEEKE MU DDOBOOZI

Nnabbi ﷺ yayigiriza Basswahaba be okwatulira bannaabwe nga bwe babaagala.

> Lumu, Nnabbi ﷺ yali atudde ne Basswahaba be omusajja n'abayitako. Omu ku Basswahaba n'agamba nti, "Njagala omusajja oyo." Nnabbi ﷺ yamubuuza nti, "Wamugamba?" N'amuddamu nti, "Nedda" Nnabbi ﷺ kwe kumugamba nti, "Genda omugambe." Olwo Sswahaba n'agenda bunnambiro n'ategeeza omusajja oli nti, "Nkwagala ku lwa Katonda," omusajja n'amuddamu nti, "Nsaba Katonda akwagale nga bwe wanjagala ku lulwe" ABU DAWUDA

## Omukwano N'abazadde Okwekkiririzaamu

Okwekkiririzaamu kw'abazadde kye kisumuluzo ekiggulawo enkolagana wakati w'omuzadde n'omwana. Abazadde bwe balemwa okumatiza abaana nti bamanyi wwa we bayimiridde, era ne wa we baagala abaana baabwe okuyimirira, olwo abaana baba bajja kutandika okubagezesa era bagende mu maaso n'okubagezesa. Okugezesa kuno okutakoma okwagala okuteeka abazadde mu kattu kuba kujja kulinnyisa eddaala ly'okuzitoowererwa mu nkolagana. Okuzitoowererwa kuno kukosa omukwano. Okukendeeza okuzitoowererwa kuba kujja kuwewula ku ngeri omukwano gye gutambulamu mu nkolagana. Omukwano bwe gubulawo, obuyinza bukozesebwa mu ngeri ya bwannaakyemalira oba eteefiirayo. Abazadde abekkirizaamu balaga obuyinza bwabwe n'omukwano nga byenkanyenkanye. Nga bayita mu mukwano ogulimu okulaga obuyinza n'obuyinza obulimu okulaga omukwano, bakuuma okuwulira kwabwe ebipimo ebirungi. Bwe bakola bwe batyo baba bateekawo empuliziganya eraga obukuumi ate nga abaana abawulira nga abalina obukuumi babeera batebenkevu mu mitima era nga basanyufu. Abaana bwe baba tebalina bwetaavu bwa kuteeka bazadde baabwe ku nninga, tebatera kubeera na bizibu bya butaba na mpisa. Abaana bwe beeyisa obubi, okujjukiza okutono okw'okulaga ani alina obuyinza kuba kumala. okwekkiririzaamu kw'abazadde kye kisumuluzo




## Engeri Y'okukulaakulanya Okulumirirwa

Abazadde balaga abaana baabwe omukwano nabo basobole okuwulira nti baagalwa. Kyokka omukwano guno gulina okulagibwa mu ngeri ez'enjawulo. Abo abazadde abatayolesa omukwano eri abaana beekanga nnyo nga abaana bakiraga nga abatakimanyi nti baagalwa.

Okulumirirwa kuyinza okukulaakulanyizibwa nga kukolebwa kutwaliramu ekikolwa n'ekigendererwa. Ekigendererwa ye muntu aba n'omutima omwerufu okwewaayo eri abalala n'okubalaga nti baamugaso. Ekikolwa kyo kitegeeza kubaako ekigenda mu maaso naye nga kirina ekigendererwa. Eky'okulabirako: omuzadde ayinza okuwaayo ssente oba obudde bwe oba byombi eri abo b'ayagala. Mu ngeri endala asobola okuwaayo akamwenyumwenyu akaddala eri abantu b'asanga ku nguudo. Si nsonga oba okola kyenkana wa, naye baako ne ky'okola. Maama Tereeza yannyonnyola bw'ati: "Tetusobola kukola bintu byamaanyi nnyo kuno ku nsi naye tukole obwo obutono n'omukwano omungi."

Zino ze ngeri abazadde ze bayinza okweyambisa okukulaakulanya eky'omukwano mu baana:

- Essira liteeke ku "bintu ebinene" olwo "obuntu obutono" obubuuse amaaso okulumirirwa kukulaakulanya okusiima. Bw'olowooza ennyo ku birabo ebinene eby'obulamu – okugeza ekirabo ky'okuba nga osobola okusoma ekitabo kino, oyinza okufuna omukwano.

**OMUKWANO KUGABANA**

Omwana alina okuba n'omukwano n'okufaayo mu mutima gwe olwo lw'asobola okwagaliza abalala bye yeeyagaliza. Omubaka ﷺ yagamba nti:

**"Temuyinza kuba bakkiriza okuggyako nga buli omu ayagalizza munne ekyo kye yeeyagaliza" .**

(AL BUKHAARI)



Omukwano kwe ....

Kugabana essuubi lyaffe essuffu, obudde bwaffe obwakazigizigi, okuseka kwaffe okuli waggulu, amaziga ag'ekimugunyu, embeera enkaawu, okucamuukirira, okuwooteera n'omukwano ogugenda gukula, okubeera kwaffe nga bulijjo tumanyi, gye tukoma okugabana gye tukoma okufaayo.

Engeri esinga obulungi okutuyamba okwerabira ebizibu byaffe kwe kuyambako abalala bamalewo ebyabwe. Oyinza okwerabira gwe wasese naye, kyokka tosobola kwerabira bwe mwakaabye.

- Gabana n'abaana bo, okuva omukwano lwe guli okugabana n'okufa ku balala. Mugabane n'abaana emmere, ssente, ekkalaamu, empapula, kompyuta, emmotoka, entebe, ebitabo, eŋŋendo, n'ebirowoozo.
- Gamba aboomumaka nti obaagala (naddala nga tonnasimbula kuva waka kugenda gy'ogenda okumala ennaku eziwera).
- Yiiyaayo akayimba akenjawulo n'abaana bo akagamba nti, "Nkwagala""

**Emboozi okuva mu kitabo kya John Gray: *Truly Mars and Venus***

Omukyala omumanye omu nga obulamu bwe bwali bugenda bwonooneka, yannyumiza nti yali amaze emyaka esatu nga tayogera na mutabani we olw'obutakkaanya obwabalukawo nga buva ku mukaamwana we, era nga alayira nga bw'atasobola kwogera naye mpozzi nga omutabani y'asoose okumukubira essimu. Nnamuwa amagezi y'aba asooka okukuba essimu ne yeerema nga bw'agamba nti, "ekyo sisobola kukikola, y'alina okunneetondera". Yali mumalirivu waakiri okufa, naye nga tazzeemu kwogera na mwana we omu bw'ati. Oluvannyuma lw'okumuwooyawooya, yakkiriza asooke okukuba. Ekyamwewuunyisa, mutabani we kino yakitendereza era n'amwetondera ku lulwe yekka. N'olwekyo, omuntu bw'ateekuluntaza, buli omu afunamu.

Obukyayi buli nga asidi, ayonoona omukebe mw'aterekebwa wamu n'ebintu bye bamuyiwako.

Kikulu nnyo okweteekamu omukwano. Newankubadde okugaba ebintu ebikalu kirungi, kino tekyenkana na mukwano ogwannamaddala. Naye omukwano ogumala gwenkana wa? Abazadde bayinza okutereka omukwano omungi mu banka y'omukwano nga bayita mu kulaga mu bikolwa omukwano eri abaana baabwe. Teri n'omu yali akooye bikolwa bino.

Omukwano abazadde gwe bawa gye gukoma obungi, n'omukwano gwe bafuna gye gukoma. Okubeera omuntu ayagala abalala kitendo omuntu ky'asobola okufuga, wabula okufuna omukwano okuva mu balala kintu ky'atasobola kufuga. Abazadde tebalina kusuubira mukwano okuva eri abaana baabwe, kubanga omukwano y'empeera yaakwo. Abaana tebasobola kufumiitiriza ngeri bazadde baabwe gye babaagalamu okutuusa nga nabo bafuuse abazadde.

Abazadde be balina okusooka okwekuba mu mutima nga bafunye obutakkaanya n'abaana baabwe. Abantu bangi bafuna entondo okuva ku butategeeragana era ne bakola emitwe eminene nga balinda abantu abalala be baba basooka okubatuukirira, nga balowooza nti lino ly'ekkubo lyokka ensobi gy'eyinza okusonyiyibwamu oba omukwano oba enkolagana mu maka bw'eyinza okuddamu okukoleera.

Abantu bwe beesigaliza obusungu bwabwe, batandika okukuliriza obusonga obutono ne babufuula ensonga ennene mu bwongo bwabwe. Balowooza nti ekyo kye bakoze kye kisinga essanyu lyabwe. Abantu ab'emirembe bbo bakitegeera nti okubeera abatuufu, si kye kisinga obukulu okusinga essanyu. Abantu bateekeddwa okusuula wabbali obusungu bwe balina ne baddira abalala. Okukkiriza abalala okuba abatuufu tekitegeeza nti oli mukyamu. Bwe weggyako obusungu owulira bulungi ate n'olekera n'abalala okuba abatuufu. Mu kino abalala bajja kulekera awo okwewakana batandike n'okwagala abo ababa babayisizza obubi.

- Kyamugaso okwerekereza ebiseera, amaanyi n'essente olw'abaana. Abazadde gye bakoma okwagala abaana baabwe, gye bakoma okwewaayo. Omukwano gwe mugatte gwa bino. Abazadde gye bakoma okwewaayo gye bakoma okuba n'omukwano.

- Buli kumakya, abazadde bayinza okwebuuza: Olwaleero ani ku baawaka gwe mba ndaga omukwano ogw'enjawulo? Kino bayinza okukigaziya ne batwaliramu omuntu omulala atali waawaka. Omukwano buli lunaku gukuumira wala obukyayi.



## Okunoonyereza: Engeri Ennyingi Z'oyinza Okuyitamu Okufuula Abaana Bo Abawulira Nti Baagalibwa.

Samon (1999) yabuuza bamaama ne bataata 55 ab'abaana abaali wakati w'emyaka ogumu n'ekkuminoomukaaga ku ngeri bwe bakikola okukwatagana n'abaana baabwe. Eky'okuddamu wonna kyali kya bazadde kuba nti bakolera wamu n'abaana nga balina kye batunuulira, kye basoma, kye bafumba, kye boogerako, kye bagabana oba okuba bonna. Malako obudde n'abaana bo mu kintu ekibagatta. Luno wammanga lukalala lwa bintu abazadde bye bayinza okukola n'abaana baabwe ebijja okwongera omukwano:

- Okutambulako mwenna
- Okulaba ebifaananyi ebyenjawulo mu bire/okusoma eggulu ly'ekiro.
- Okulaba n'okuwuliriza obutambi awaka, okuwuliriza pulogulaamu za laadiyo, okusoma ebitontome n'okuzannyira awamu.
- Okubaleka okukusanirira enviiri.
- Okumegganamu nabo.
- Okujjuza mu katabo kammwe akawandiikibwamu ebifaananyi n'obupapula obuliko ggaamu.
- Okugenda nabo ku maduuka okugula ebyokulya, n'okubaleka okwenyigira mu kusalawo byakulya ki ebigulibwa.
- Okuzannya nabo obuzannyo bw'oku mmeeza (okugeza scrabble, Twenty Questions ne I Spy). Bwa layisi, butuukana n'embeera (tebwetaaga masannyalaze wadde manda), buzuukusa nnyo obwongo, busobola okuzannyibwa mu nnimi zonna, era tebuzitoowereza maaso nga entimbe za vidiyo.
- Mukole nabo omulimu gw'essomero sso si kubakolera.
- Okusoma nabo Kulaane, nashid (ennyimba ez'amaloboozi), n'ennyimba endala.

- Okwoza n'okukamulira awamu engoye.
- Okusiiga ebifaananyi mwenna.
- Okugwa mu kifuba, okunywegera (si ku mumwa) n'okukwata ku mikono
- Okugenda awamu mu makuumiro g'ebyedda
- Okusaalira awamu
- Okwambalira awamu engoye enkadde
- Okubatwalako w'okolera
- Okukubamu ku sseppiki n'amasowaane (nga temutawaanya baliraanwa)
- Okubatwalako abaana mu katemba, emizannyo, filimu, emipiira, awavugirwa mmotoka ne ddigi (pikipiki), awakuumirwa ebisolo, ne ku bubaga (mu kibira/eddungu/ ne ku bbiici)
- Okubeera awaka nabo nga obawuliriza mu bujjuvu awatali kutawaanyizibwa ssimu na kusoma mabaluwa
- Okukyalirako bajjajja n'abeŋŋanda awamu
- Okulongoosa n'okuyonjeza awamu enju
- Okufumbira awamu bu kkuki, bu busikwiti, ne bukkeeki
- Okulabira awamu ebifaananyi byammwe mu alibaamu
- Okunogera awamu ebibala okugeza apo, emicungwa, peya, n'enkenene
- Okulimira wamu ebimuli.

## Kyalibadde Kirungi Abazadde Okuyigiriza Abaana Obukyayi? Ebiseera Ebimu!

Newankubadde essira liri ku mukwano, naye okukyawa tekuteekeddwa kwerabirwa, kubanga byombi bikulu nnyo. Abantu bwe baba baagala Katonda, bannabbi, abazadde, eŋŋanda, bantu bannaabwe, ebisolo, ebimera, obutonde n'ensi yonna balina okukyawa Sitaani, ebikolwa ebibi, enguzi, okulimba, okukumpanya, okubba, okwegadanga okutali mu mateeka, okukozesa ebiragalalagala, okunywa ebitamiiza, okufuuweeta ssigala, ensaalwa, okusosola mu mawanga, okuboola, okusosola abalala, n'obusungu. Wabula, wadde nga ebikolwa ebikyamu birina okukyayibwa, naye ababikola tebalina kukyayibwa. Kyawa ekikolwa ekikyamu, naye si oyo akikoze.

*Sitaane mulabe ddala gyemuli. Nammwe mumufuule omulabe …*
Kulaane 35:6)

# Ekyokukola



**EKYOKUKOLA 54: EBY'OKUKOLA BULI LUNAKU EBIRAGA OMUKWANO**
Omwana ow'emyaka 17 agamba bw'ati: "Ekya mmange okunkeberako mu kisenge kyange nga tannagenda kwebaka nkyakyagala nnyo"

Abazadde: mwogere n'omwana ebintu ebiraga omukwano ebirina okukolebwa buli lunaku. Temwerabira dduwa (okusaba) eza buli lunaku!



ESSUULA 17

# Okuyigiriza Obwesigwa N'amazima


- Ebyanjula 375
- Abazadde Beesige Abaana Baabwe Naye Bakakase Entambula Zaabwe 376
- Emisingi Emikulu 377
- Okuzingira Awamu Enneeyisa N'ebintu Ebirala Mu Nsi 378
- Lwaki abaana balimba? Okujjanjaba Obulimba 380
- Okujjanjaba Obulimba N'enkola Ey'obunnabbi 383
- Eby'okukola 55-56  384

## Ebyanjula

OMWANA BW'ALIMBA omulundi ogusooka Abazadde abasinga beeraliikirira. Mu baana abasinga, okulimba nagwo mutendera gwa kukula era ebiseera ebisinga bakikozesa nga eky'okulwanyisa okwetaasa ebibonerezo. Okulimba tekusaanye kweraliikiriza mu baana abasinga wabula okufuba obufubi okubayigiriza obwesigwa. Okulimba mu baana kuva ku bintu bingi naye nga mulimu n'okwetaasa.

Abaana babuzaabuza amazima n'ebyo ebitasanyusa birooto byabwe oba essuubi. Kikulu nnyo abazadde obutalagajjalira biruubirirwa bya baana baabwe. Ebirooto eby'obukuusa n'okuteebereza bikulu mu kutumanyisa ekika



ky'abantu abo ne mu bukulu. Omuntu okugezaako okwebuzaabuza nti si ye ye oba nti ali walala, kiba kimuwewulako buwewuzi. Tolondoola nnyo; abaana bwe bawulira nti buli kaseera balina okwennyonnyolako mu maaso g'abazadde baabwe, ekyo kiyinza kubamalamu obwesigwa olw'okwewala okuvunaanibwa. Abatakkiriza Abakurayishi baatuuma Nnabbi okuva mu buto bwe nti ye 'Owaamazima Omwesigwa'.

Mu Luwalabu, obwesigwa kitegeeza ebintu bingi okugeza, okwekkiririzaamu buvunaanyizibwa, okufaayo n'okulabirirwa. Amazima n'obwesigwa bintu bikulu nnyo mu kuzimba empisa z'omukulembeze ow'amazima. Abazadde balina okubuulirira abaana okussa mu nkola n'okutambulira mu mazima okutuusa nga kino kibasensedde. Abaana bayiga obwesige bwe balaba nga abantu abalala beesiga bazadde baabwe era ne bawulira nti ssente, ebintu n'ebyama byabwe birina obukuumi. Abazadde abeesigwa baba n'enkizo nti basobola okulondebwa ku bukulembeze mu bitundu byabwe. Kyamazima nti ebisaanyizo by'Omusiraamu ebyasomesebwa Omubaka bwe bwesigwa



**Omusiraamu y'oyo abantu gwe bawulira nga tebajjs kufuna kwadalmutawaana okuva ku lulimi lwe [ebigambo by'ayogera], n'emikono gye [by'akola] era omukkiriza ow'omukisa (eyasenguka) y'oyo eyeewala ebyo Katonda bye yagaana. (AL- BUKHAARI)**

Obwesigwa wakati w'abazadde n'abaana bwetaagisa, buteekewo, bukuume era bukulaakulanye. Abaana abamu nebwe baba bazibu okwesiga, abazadde balina okulaga nti babeesiga. Abaana bwe baba teboogera mazima, abazadde balina okwegendereza era obutabanenya. Omwana ayinza n'okukweŋŋanga nga akubuuza nti, "Tonneesiga".

Abazadde bayinza okwefuula nti obwesige weebuli okutuusa nga bazudde engeri entuufu ey'okulwanyisa obulimba. Abaana balina okuyigirizibwa nti obuyinza bugenda n'obuvunaanyizibwa ate obuvunaanyizibwa ne buvaamu obwesigwa. Abaana okussaawo obwesigwa eri bazadde baabwe balina okuyiga engeri bbo bannaabwe gye beesigamu abaabwe era n'enneeyisa emalawo obwesigwa.

Obwesigwa tebuzimbwa mulundi gumu. Wadde nga abaana bayinza okuba n'enkolagana eyannamaddala n'abazadde, ebiseera ebimu eyinza okuyita we yandikomye. Kino kiyinza okuleetera abazadde okuggya mu baana baabwe obwesigwa. N'olwekyo abazadde basigale nga bekkiririzaamu ate nga bagumiikiriza.

## Abazadde Beesige Abaana Baabwe Naye Bakakase Entambula Zaabwe

Abazadde bayinza okwesiga abaana baabwe nga batambuddeko naye bakakase wwa gye balaze. Abazadde balina okumanya wa abaana gye bali era bali ne b'ani? Kino kisobola okukolebwa nga totaddeewo mbeera ya kuggyawo bwesigwa. Abazadde baleme kulowooza nti bwe baleka abaana baabwe ku masomero basiibayo olunaku lwonna. Abaana abamu batoloka ku masomero nga abazadde n'abasomesa baabwe tebamanyi. Abazadde balina okubalondoola obudde bwonna nga beeyambisa ebiwandiiko by'essomero, mikwano gyabwe ne baliraanwa baabwe butereevu oba mu mankwetu. Abaana abamu bagudde mu buzibu ne bazza emisango lwa kutoloka emisana. Kya buvunaanyizibwa nnyo okukebera mu bisenge by'abaana, engoye zaabwe obudde bwonna okukakasa nti tebeenyigira mu kunywa biragalalagala oba okubba ssente n'ebyemiwendo ebirala. Bannyo-nnyole ky'okola n'ensonga lwaki okikola.



Abantu bayise nga bwe basuubira okubeera kibayambe okufuuka ekyo kye balina okuba. (Johann Wolfgang).

Abantu beesige, nabo bajja kukubeerera baamazima; bayise bulungi; nabo bajja kuvaayo nga bantu baabuvunaanyizibwa. (Ralph Waldo Emerson). (Exley 1997)

## Emisingi Emikulu

Zino wammanga ze zimu ku nsonga enkulu ezeetaaga okutunuulirwa nga tugunjula abaana

### EBINTU AMAKA BYE GATWALA NGA EBIKULU

Abaana balina okukitegeera nti okulimba si kyabuluŋŋamu. Balage nti ebiva mu kulimba si birungi. Basomese amazima n'obwesigwa nga oyita mu bigambo n'ebikolwa. Abazadde balina okugabana n'abaana baabwe ku bye balowooza ku bulimba. Balageeyo ku by'okulabirako ebiva mu bulimba okusinziira ku myaka gyabwe. Teeke 'Enkola y'amazima' ku lukalala lw'empisa zoomumaka. Abaana bawe ennyinyonnyola ey'amazima n'obwesigwa basobole okwefumiitiriza n'okubyekwatako.

### EKY'OKULABIRAKO

Tendeka abaana bo amazima; tolimbalimba gy'oli, tobba wadde okubba emisolo oba okulya olukwe mu munno mu bufumbo. Abazadde balina okwebuuza nti, "bubaka ki bwe ndaga?" kikulu nnyo okwewala obulimba naddala mu maaso g'abaana. Abazadde tebalina kulimba myaka gya baana baabwe, olw'okwewala kuseerebwa. Abazadde tebalina kutuma baana kubalimbira, okugeza "Gamba jjajjaawo nti nnaaba". Abazadde balina okufuba okulaba nti beekuumira ku ndagaano zaabwe babe mu budde, kola nga bwe bagamba okukola, era suubiza ekyo ky'osobola okutuukiriza naddala ebyo ebikwatagana n'abaana. Bwe kiba nga ddala tekyebeereka, bannyonnyole mu kifo ky'okwekwasa ekirala. Leka kulimba nga ozannyisa bigambo okufaanana nga munnabyabufuzi agamba nti, "Nasuubiza naye saasuubiza nti nja kukuuma ekisuubizo kyange".

### SOMESA ENJAWULO WAKATI W'OKULIMBA OKW'OKWETAASA, OKUKOLEBWA MU MUTIMA OMUBI, N'OKULALA OKUTALI KWADDALA

Kiba kirungi okunnyonnyola abaana enjawulo wakati w'okulimba okufukuutirira, n'okwo okwabulijjo okw'emirembe. Wadde nga abamu beegaana nti tebalimba, buli muntu akikola. Kiki ekikugambisa baliraanwa nti babi? Oba ekikugambisa matalisi ayagala okumanya bw'oli nti oli bubi era weetaaga buyambi? Ebiseera ebimu tulimba olw'okwetaasa. Somesa abaana enjawulo wakati w'okulimba, okusavuwaza, okufuma n'okulonkoma.

### SOMESA ENJAWULO WAKATI W'AMAZIMA N'OBULIMBA

Laga enjawulo wakati w'mazima n'obulimba. Kubaganya ebirowoozo oluvannyuma olw'okufuna ebirooto ng'ovudde mu tulo. Kubaganya ebirowoozo okuva mu mboozi ez'enjawulo na



### KIKI DDALA EKIRIWO.

Sasula empeera y'obutuntubulamu Abaana bwe baba basanga obuzibu okwogera amazima, kyamugaso nnyo okubawaana buli lwe boogera amazima. Abaana baagala akubateekako omulaka. N'olwekyo tuteekwa okubaagazisa obuntubulamu newankubadde buyinza okubasuula mu ntata. Abazadde basaana okuwaana abaana bwe baba balaze obuntubuylamu era babalage ebyakulabirako ebirungi bwekiba kyetaagisa okubalaga obutali bumativu n'obutali buntubulamu.

### SABA NGA TONNATWALA

Mu maka go oyinza okukifuula etteeka nti buli lw'oba olina okukozesa ekitali kikyo, osooka kufuna lukusa. Kino kibayigiriza okuwa ebya bannaabwe ekitiibwa n'okubalaga nti okubba kikyamu.

### MALAWO OBUZIBU NGA TONNABUFUNA.

Essanyu erya kiyitamuluggya lifuuse ekizibu ekiviiriddemu n'abantu bangi okuba nga tebeeterekera, banene ekisusse, tebasobola kwerekereza nga bagula ebintu ebimu ebitalina wadde omugaso. Ebiseera ebimu abaana tebasobola wadde okugumiikiriza obwetaavu bwabwe oba ensobi zaabwe. Somesa abaana okukkiriza ensobi n'okubikka ku ssanyu lyabwe. Abaana tebalina kubba nga tebannamanya nti okubba kibi. Abaana bannyonnyole emize emibi nga tebannagikola.

### ABAANA ABASUUMUSEEMU

Abazadde bwe baba n'abaana nga basuumuseemu naye nga bagenda mu maaso n'okulimba, baba beetaaga okuyamba okw'ekikugu. Abantu abakulu bangi baalimbako mu buvubuka bwabwe nga baagala okusigala nga beekuumira ebyama byabwe. Abatiini tebatera kwagala kugabana byama byabwe na bazadde naye kino kitegeerekeka. Kino kye kiseera we babeerera bayitira mu nkyukakyuka ez'omuggyirano era nga beŋŋanga embeera ey'obukulu wadde nga bangi baba bakyabalaba nga abato. Kye kiseera we basingira okwesigaliza ebyama byabwe. Ebyama byabwe bino birina okuweebwa ekitiibwa wadde nga n'abatiini bano balina okuwa ebiruubirirwa by'abazadde baabwe ekitiibwa. Ebiva mu bulimba birina okwasanguzibwa abatiini ne babimanya lwatu. Abatiini bano bwe baba mu kubeyuka ne bavubuka bannaabwe abawangaalira mu kulimba, kiba kirungi obaawukanye n'enkolagana eno ogikugire.

Kya buvunaanyizibwa nnyo abaana okuyigirizibwa omugaso gw'obwesigwa mu nkolagana zonna nga kw'ogasse n'obwesigwa mu bbo bennyini. N'olwekyo tebalina kusembereza mbeera yonna ey'okubuzaabuza, okusavuwaza (eby'okulabirako nga zzaala, obufere, okutunda empewo n'okutimba bbula) kyokka era tebalina kunenyezebwa mangu olw'obulimba okuggyako nga kikakasiddwa nti gubasinga. Ensonga z'obulimba zino zirina okukuumibwa nga za kyama kiyambe abaana obutatya kwogera mazima.



## Okuzingira Awamu Enneeyisa N'ebintu Ebirala Mu Nsi

*Abange mmwe Abakkiriza! Lwaki mwogera bye mutakola? Kitamwa nnyo eri Katonda mmwe okwogera bye mutakola.*

*(Kulaane, 61:2-3)*

**Ennyinyonnyola y'amazima obwesigwa n'okukuuma ebyama bitimbe wonna mu maka gammwe.**

Enkola ey'amazima erina okulabikira mu bintu eby'enjawulo ebyogerwako (nga mu by'obufuzi, eddiini, ebyafaayo, ebya ssayansi, mu nnimi ne mu kubala) Eky'okulabirako; obusobozi bw'omugabi w'ensimbi mu bbanka okukweka obubbi bulina kye butegeeza ku nnono y'enneeyisa ye? Bannasaayansi balina obuvunaanyizibwa okuyamba omuntu nga bakozesa bye bazudde? Abantu aboogerwako bonna mu byafaayo balina ensa? Bannakatemba abo betulaba ku siteegi, balina ensa?

Okulimba kizibu kya maanyi kirina okukwatibwa kannabwala. Okumanya okulimba kwa mutawaana, Omubaka yakwogerako bw'ati:

Nnabbi ﷺ yabuuzibwa; "kisoboka omukkiriza okulimba?" yaddamu nti, "Omukkiriza tasobola kulimba".

(Kanz al –ummal)

Amazima agasinga obungi agoogerwa mu bwesimbu mu nsi googerwa baana bato.

(Oliver Wendell Holmes in Brown 1994)

**Ow'emyaka omwenda yagamba nti, "Kizibu nnyo okulimba nga mugoolekanyizza ne nnyoko"**



Abaana bazaalibwa ba mazima naye bagenda bayiga obulimba okuva ku bazadde n'eŋŋanda zaabwe n'abantu abalala mu bugenderevu oba mu butanwa. Obulimba tebabusikira wabula muze ogufunibwa obufunibwa. Akaseera bwe keebulungulula kati, abaana bagenda bayiga okulimba ne kibakwatira ddala. Abatiini bettanira nnyo okulimba olw'okubikkirira ensobi zaabwe, okukweka ebyama byabwe n'okwetangira okuswala. Abaana gye bakoma okulimba n'omuze gye gukoma okubasensera. Okulimba kuzaala obulimba n'amazima gavaamu amazima nga Omubaka bw'agamba:

> Amazima gavaamu bulungi ate obulungi ne buvaamu Jjana. Omuntu agenda n'ayogera amazima okutuusa lw'awandiikibwa nga omwogezi w'amazima. Okulimba kuvaamu bwonoonefu ate obwonoonefu ne buvaamu Omuliro. Omuntu agenda n'alimba okutuusa lw'awandiikibwa nga omulimba. (AL –BUKHAL NE MUSLIM)

## Lwaki Abaana Balimba? Okujjanjaba Obulimba

Ensonga eziyinza okuba nga zireetera abaana okulimba:

- Baba baagala kwewala bibonerezo.
- Baba baagala okwekomya ebitali byabwe.
- Baba bawulira nga abalekeddwawo era nga tebafiibwako.
- Baagala nnyo okweragira ku bannaabwe nga beefuula kye batali.
- Baagala okutenderezebwa olw'ebyo bye batali.
- Bayinza okulowooza nti okulimba kikkirizibwa kubanga n'abazadde baabwe balimba.

Ensonga enkulu erimbisa abaana kwewala bibonerezo. Bakikola olw'okwesanyusa oba mu bulumi. Bwe kiba kisoboka abazadde bayigirize abaaana okwasanguza ensobi zaabwe n'oluvannyuma okwetonda. Singa omwana aggya ekintu ku dduuka nga takisasudde, omuzadde afube okulaba nga omwana akizzaayo era ne yeetonda.

Bwe kuba nga okulimba mu baana kufuuse kwa lugenderezo, abazadde beekenneenye ensonga ezireeta kino. Ebiseera ebisinga, abaana baweebwa emirimu mingi ne gibalemerera ate nga okusindiikirizibwa okugimala kungi nnyo ne kibaviiramu okulimba okusobola okwetakkuluza ku kino. Abamu balimba lwa kuba nga baba bawulira nga abatafiibwako kimala, bwe balimba ne kibakolera olwo nga omuze gukula.

Weegendereze enneeyisa y'abaana naddala wwa na ddi we batera okulimbira. Kino kikuyamba okuzuula oba ekizibu kya maanyi oba nedda. Zuula oba balimbira awo we babeerera mu kazannyo kaabwe, we bagerezaako okwebulankanya, oba we babeerera ne bannaabwe nga bagezaako okusika ebirowoozo bya buli omu. Embeera ezo ezenjawulo zeetaaga kwaŋŋanga mu ngeri za njawulo.

Okulimba kwetaaga kutangira nga kwakatandika. Anti omuntu bw'akula nga alimba obulamu bwe obwomumaaso bumunyigiriza. Abaana basomesebwe nti okulimba tekikkirizibwa era omwana tomubonereza olw'ekyo ky'atakoze kasita aba nga ayogedde amazima. Kyokka wateekwa okubaawo ekikolebwa olw'ekyo omwana ky'akoze. Okugeza singa omwana alumya munne, alina okutwalibwa ew'omuzadde ne yeetonda, bwe baba bamukwatidde mu kukoppa ekigezo ku ssomero, ekibuuzo ekyo bakisazeemu. Naye omwana bw'aba ayogedde amazima tasaanira kubonerezebwa butereevu. Ate era oyo ayogedde amazima asaana kusiimibwa mu kimpukumpuku sso si butereevu era n'ekizibu okirwanyise n'amagezi.



- Ekkoligo ly'obulimba teriwangaala.
- Bw'olimba abantu bagenda bakuggyamu obwesige era nebawulira nga abaliriddwamu olukwe.
- Bw'oyogera amazima tobuzaabuzibwa anti teweetaaga kujjukira ky'ogambye ate tojja kwerabira kye wagamba.
- Amazima gaba n'amaanyi agakusindika mu buwanguzi, sso ate bw'olimba wabaawo amaanyi agakusindika mu kulemererwa.


Kino kivaamu ebintu eby'amaanyi bibiri: Ekisooka, kikakasa nti empuliziganya wakati w'abazadde n'abaana baabwe weeri. Bajja kusiimibwa olw'okuba ab'amazima kubanga okulimba ebiseera ebisinga kujja lwa kutya biboneerezo.

Ekyokubiri, olw'enkolagana ennungi eriwo wakati w'abaana n'abazadde (mu mboozi, amazima n'okuwulira obulungi) abaana bajja kutya okunyiiza bazadde baabwe. Enkolagana ey'okwagalana ejja kuvaamu ebibala ebirambulukufu mu nneeyisa. Abazadde tebajja kuba na bweraliikirivu nti etteeka ery'obutabonereza baana olw'okwogera amazima teriiveemu ate kwonooneka kwabwe. Okwagala kuno okwannamaddala kujja kubaleetera okwefuga.

Enzijanjaba y'obulimba eno yalagibwa mu kitabo Al-khuluq al-kaamilu (Enneeyisa etuukiridde) ekya Muhammad Jad (2004)

- Omwana bw'alimba nga ayita mu kwogera ennyo n'okupalappalanya, musirise.
- Omwana bw'alimba olw'okutya ekibonerezo ekikakali, mukwatirwe ekisa era omuzze.
- Omwana bw'alimba olw'obuluvu n'okuyaayaanira okubaako ky'afuna, muleke akifune.
- Bw'alimba olw'okubuzaabuza n'okusiruwaza abalala, mubonereze.
- Bw'alimba olw'okubuzaabuzibwa mikwano gye emikyamu, gimuggyeeko omufunire emirala.
- Omwana mwaŋŋange nga omulemesa okufuna ekyo ky'abadde aluubirira okufuna mu kulimba.

Abatiini balina okusomesebwa nti okulimba kikwa era kimalawo obulungi, obwesigwa, obwenkanya n'ekitiibbwa. Ibn Khaldun bw'atuwa amagezi.



Okusomesa omulimba ebikyamu ebiva mu kulimba n'engeri gye kikontanamu n'empisa ez'obuntu, abantu balina okwagala obutuufu, amazima, obwenkanya n'obwesigwa. Okusomesa okukake obukasi kwabulabe nnyo eri abaana. Omwana bw'akuzibwa mu mbeera ey'embirigo ey'okusindiikirizibwa n'okukakibwa, yeetamwa n'aggwaamu n'amaanyi (kimuviiramu obunafu n'okuyiga okulimba era n'ayonooneka)

(al- Muqaddimah 1992)

Obulamu bw'abaana bubeemu okusaasirwa n'okufiibwako. Amangu ddala nga babazudde nti tebalina mazima bakugyamu obwesige era ne bakukyawa.

Abazadde bwe baba bakubiriza abaana baabwe okwegera amazima nga tebafuddeeyo na ku mbeera eriwo, olwo n'abazadde bennyini boogere amazima abaana bagabalabemu era babatwale nti balimu ensa. Abatuuze ab'amazima era abeesigwa baba n'ekitiibwa wamu n'enkolagana okuva eri abalala.

**Abaana bafumire obugero obw'ensonga**

Shaykh Abd al-Qadir al- Jaylany ow'e Baghdad anyumya bw'ati: "Neeyama mu maaso ga mmange bulijjo okwogera amazima. Nnava e Makka ne ŋŋenda e Baghdad okunoonya okumanya. Mmange yampa dinaari 40 ez'olugendo. Tuba tugenda ne tugwa mu babbi okumpi ne Hamdan. Omubbi omu yambuuza: 'Olina ssente mmeka?' Nnamugamba nti: 'Dinaari 40.' Yandeka, nga alowooza nti nnali nsaaga. Oluvannyuma owookubiri yambuuza ze, era ne mmugamba nti dinaari 40. Ono yantwala ewa mukama waabwe, eyambuuza nti: 'Lwaki oyogera amazima?' Nnamuddamu nti, nneeyama ewa mmange bulijjo okwogeranga amazima, era nga ssaagala kumenya kye nnasuubiza'. Omukulu kyamubuukako. Yatya n'atandika okuwoggana nti, 'Ggwe otya okumenya kye weeyama eri nnyoko, nze ne sitya kumenya kye nneeyama eri Katonda!' Yalagira abaali mu kibinja ky'ababbi okutuddiza byonna bye baali batunyazeeko era n'agamba nti, 'ŋŋenda kwenenya eri Allah mu mikono gyo'. Abagoberezi be baamugamba nti, 'Ggwe obadde mukama waffe mu kubba olwaleero ofuuse mukama waffe mu kwenenya'. Bonna beenenya olw'omukisa ogwava mu kwogera amazima". **Abazadde:** luno olugero lulina omulamwa wadde nga totunuulidde butuufu bwalwo. Eky'okuyiga ekiri mu lugero luno ekiri ku mpisa eri abaana kwe kulaga nti amazima gasobola okukutaasa ate ne gataasa n'abalala

## Okujjanjaba Obulimba N'enkola Ey'obunnabbi

1. Omuvubuka omu yajja ewa Nnabbi ﷺ n'amugamba nti, 'Omubaka wa Katonda, sisaala, nnyenda era nnimba. Kati nneenenye ku ki?' Omubaka yamugamba nti ku bulimba. Omuvubuka ono n'asuubiza obutaddamu kulimba. Bwe yavaawo oluvannyuma n'agezaako okugenda mu bwenzi muli ne yeefumiitiriza, "Nnabbi bw'anambuuza oba nali nnyonoonyeeko, bwe nneegaana nja kuba nnimbye ate bwe nzikiriza nja kubonerezebwa olw'ekikolobero kyange". (Tibrisi 1991)

Bwe weewala okulimba nga ekikolobero eky'amaanyi, osobola okwewala n'emize emirala gyonna.

2. Okwogera amazima kikulu nnyo ne mu bintu by'olaba nti si bya maanyi. Nnabbi ﷺ atuluŋŋamya bw'ati:

   Oli bw'agamba omwana ajje atwale akantu konna okuva mu mikono gye ate n'atabaako k'amuwa, okwo nakwo kuba kulimba. (AHMADA)

Nnabbi ﷺ era yagamba nti:

   Asinga obubi mu mmwe, y'oyo abeera n'ebyenyi eby'emirundi ebiri. Omuntu omu omutunuuliza ekyenyi ekimu ate abalala n'abatunuuliza ekirala. (Al-Bukhaari)

Amazima n'obwesigwa bw'obigatta ku kwagala n'obuvumu, bye birungo ebisangibwa mu baana abaleetera bazadde baabwe obumativu.

# Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 55: OKUGABANA EBYAFAAYO BYAMMWE**

Gabanako n'abaana bo ebiseera ebyo bye wayogereramu amazima sso nga wandibadde olimba. Byakuyiga ki, miziziko ki n'ebizibu ebiyinza okuva mu kulimba. N'abaana nabo basobola okugabanako naawe ebyo ebibatuuseeko mu bulamu.

**EKYOKUKOLA 56: EMIZE EMIBI ENNYO ABAANA GYE BANDYEWAZE**

Muze ki ogumu ku egyo egisinga obubi omwana wo gwe yandyewaze? Eky'okuddamu: kulimba.

- Abaana babuulire ku byafaayo by'abantu abaasiraanya obulamu bwabwe olw'obulimba sso nga baba kubwewala bandibadde batutumufu nnyo era abasanyufu.
- Jjukiza abaana bo era obannyonnyole amazima agakwata ku batakkiriza b'e Makka abaayita Nnabbi Muhammad ow'amazima era omwesigwa nga tannaba wadde okuweebwa obubaka.



ESSUULA 18

# Okuyigiriza Obuvunaanyizibwa


- Ebyanjula 387
- Okuzimba Omusingi: Endowooza Nga Ensi Bw'agiraba 388
- Emikisa Egiba Ku Buli Mutendera Gw'okukula Ogw'enjawulo 390
- Emisingi Egirina Okugobererwa 391
- Ebiyinza Okukolebwa 394
- Kwasaganya Ebya Kyeyagalire N'obuvunaanyizibwa. Eby'okulabirako 395
- Eby'okukola 57-58  398

## Ebyanjula

OKUBA N'OBUVUNAANYIZIBWA KITEGEEZA okubaako ne by'okola nga obikozesa magezi, towaliriziddwa wadde okutiisatiisibwa. Era kwe kuba n'obusobozi obusalawo eky'okukola era nga ovunaanibwa ku kyo. Nnabbi ﷺ agamba nti:

> Oyo atafaayo ku bikwata ku Basiraamu, taba omu kubo. (AHMADA)
>
> Taba mukkiriza oyo asula nga akkuse naye nga akimanyi nti muliraanwa we asuze njala. (AL-TWABARAANI)

Okusomesa abaana obuvunaanyizibwa kikulu nnyo. Abaana balina okutwala obuvunaanyizibwa bwabwe awatali kubajjukiza wadde okubagamba. Abaana ab'obuvunaanyizibwa beewaayo ne bakola obwannakyewa nga tebalagiddwa. Bessaamu obuvunaanyizibwa obumaliriza omulimu ate mu ngeri esinga. Emu ku ngeri eziyigiriza abaana obuvunaanyizibwa kwe kubayigiriza okwerondoola bokka. Abaana b'obuvunaanyizibwa bategeera omugaso gw'ebikolwa byabwe n'ebyo ebibivaamu. Nkola nnungi nnyo okumanyiiza omwana nti buli kiro okutunula mu by'akoze emisana lyonna era akyeteekeko nti y'avunaanyizibwa. Basigemu enkola eyoomunda muli ey'okwekebera n'okwepimamu, okwagala n'okutya Katonda muli mu mitima gyabwe olwo basobole okubanga ku kituufu bulijjo. Okubagamba nti Katonda ali nabo era abalaba buli budde kibongera amaanyi mu buvunaanyizibwa.



Obuvunaanyizibwa tekikoma ku kukola mirimu na kuba waggonjebwa kyokka, wabula kizingiramu okufaayo ku balala n'okutegeera nti amateeka ga mugaso. Okusomesa abaana obuvunaanyizibwa, abazadde nabo balina okuba nabwo.

Omuzadde bw'olaba omwana nga alina eky'obuvunaanyizibwa ky'akola kirungi nnyo okukifaako n'okumusiima. Okusiima empisa ennungi kireetawo empisa ennungi endala. Abazadde abamu babuusa amaaso ebikolwa by'abaana eby'obuvunaanyizibwa oluusi ne batabifaako bufi. Ekisinga obubi be bazadde abamu okuvaayo ne bavu-

Eky'okulabirako ekirungi, taata n'omutabani banguyirira batere batuuke ku dduuka nga tebannaliggala. Mu kkubo bayambako nnakazadde omu okumusitulirako akagaali k'omwana we okukambusa amadaala. Omutabani akizuula nti kiba kirungi nnyo okuyamba abalala ne bwe kiba kyetaagisa kufiirwa bibyo.

mirira ensobi zokka n'ekivaamu be baana okuvaayo ne bagamba nti, "Bwe mba omutuufu tewali ajjukira, bwe nkola ensobi tewali yeerabira". Abazadde balina okwebaza nti, "Weebale oyambye nnyo". Balina okwegendereza nga basiima enneeyisa erimu amakulu newankubadde ekyo kiyinza obutaba na makulu ku ludda lw'omwana. "Nnalabye ebitabo byo obitutteyo mu kisenge kyo n'otabireka ku mmeeza, ekyo kyabadde kisuffu. Kati ka ntegeke emmeeza tulye". Oba nti, "Nasanyuse leero okulaba nga bwe wakomyewo kabuuti yo wagiwanise waggulu".

Okusalawo obulungi kye kimu ku byetaago ebisookerwako mu kulaga obuvunaanyizibwa. Abaana abo abalagirwa obulagirwa eky'okukola buli ssaawa, tebatera kuba na kusalawo kutuufu. Baba tebajja kutendekebwa kuba na buvunaanyizibwa. Kiba kirungi abaana okuweebwa omukisa ne beesalirawo kubanga obukulu bulimu okusalawo buli kiseera. Mu kifo ky'okugaba emirimu buli lunaku, kola olukalala lw'ebyo ebirina okukolebwa, mutuule n'abo mu nju mwenna musalewo ku ani anaakola ki? Bonna bayinza okugabanya emirimu egyo buli omu n'akola ogugwe nga tafuddeeyo. Ekyo bwe kiggwa ate n'otegekayo enkyukakyuka buli muntu asobole okukola ku gwa munne. Buli lw'obateeka mu kusalawo kuno, kibalaga nti obeesiga era ebirowoozo byabwe bya mugaso kale kino kibayamba okuba ab'obuvunaanyizibwa. Kino kibafuula ab'awamu nga wadde buli muntu yeemalirira mu kukola emirimu gy'awaka. Lino liba ssomo erirabwako mu kubasomesa okusalawo n'obuvunaanyizibwa.

## Okuzimba Omusingi: Endowooza Nga Ensi Bw'agiraba

Bwe tuba abazadde ab'obuvunaanyizibwa, omulimu gwamaanyi oguba gukoleddwa. Ekiba kisigaddeyo kwe kuyamba abaana okuyita mu buwufu bwaffe.

Abaana beetaaga amagezi ag'essimba n'enneeyisa ennungi nga tubateekateekera obulamu bwabwe obwomumaaso. Obuvunaanyizibwa kye kimu ku birungo ebikulu ebikola enneeyisa y'omuntu. Obuvunaanyizibwa buno kirowoozebwa nti abazadde be balina okubusiga mu baana baabwe. Endaba y'omuzadde bw'aba alowooza nti abaana balina kuzannya kwokka beesanyuse, era nabo bajja kutuukiriza kigendererwa ekyo emirimu gyo bagyekaanye. Abazadde bwe balowooza nti abaana bajja kuba beemalirira bokka, era na kino ekiruubirirwa abaana bakitegeera. Engeri esinga obulungi mu kukuza abaana bannaakyemalira, era ddala eteriimu kuganyulwa kwe kuba nga tobalinaamu kiruubirirwa. Kyokka abazadde bwe baba nga nsi bagiraba nti buli muntu, nga tofuddeeyo ku myaka wadde obusobozi, alina okubaako ne ky'agatta ku kubeera kwe obulungi, awo ebikolwa, endowooza n'ebiruubirirwa bijja kulaga ekyo, era n'abaana baabwe bajja kuyiga omugaso gw'obuvunaanyizibwa.

Twagala kukuza baana abanaaba abawanguzi mu bulamu. Abaana abayiga obuvunaanyizibwa batera okuba nga tebeesigamira ku balala era nga bakimanya nti bavunaanyizibwa ku bikolwa byabwe mu bukulu. Obuvunaanyizibwa buyigibwa buyigibwa kale abaana balina kuweebwa bikozesebwa byokka olwo ne bayiga eky'omuwendo kino.

Omwana alina okutandika okuyiga obuvunaanyizibwa ku myaka emito ddala. Abaana abakulidde mu bulamu obw'omuseetwe batera okusubwa okuyiga obuvunaanyizibwa. Abazadde abamu batera okutuuka ewala ennyo mu kugezaako okutondawo embeera ey'emirembe abaana baabwe mwe baba bakulira. Anti abazadde bano tebakkiriza baana baabwe kusisinkana mbeera ya bugubi yonna. Kale bano be bazadde abayola abaana abatasobola kwetengerera mu bulamu wadde okuba n'obuvunaanyizibwa. Bbo abaana ekika kino bakula balina endowooza muli nti buli kintu kyabwe era kibakakatako. Bafuna endowooza enzibu nti "Ensi ngibanja" mu kifo ky'endowooza entuufu egamba nti,



"Ensi ejja kumpisa nga ow'obuvunaanyizibwa singa nange nneeyisa nga ow'obuvunaanyizibwa"

Abaana tebajja kuba na buvunaanyizibwa nga tebabubatendese naye basobola okuyiga singa basomesebwa. Okusomesa n'okutendeka byombi byamugaso nnyo ku nkolagana y'omuzadde n'omwana. Obuvunaanyizibwa ndowooza era ssomo. Abaana tebajja kweggyako byakuzannyisa okutuusa nga bayigiriziddwa. Abazadde tebajja kusobola kuzzaayo bye beeyazise okutuusa mu kkubo okusobola okutuuka ku mulimu mu budde okugyako nga batendekeddwa. Engeri esinga ubulungi okusomesa abaana obuvunaanyizibwa kwe kutandika empolampola ate buli lunaku.

Tokkiriza obwa ngalobunani mu baana. Kino kikole nga abatiini obawa eby'okukola. Abaana abasuumuseemu bawe eby'okukola ebisingako ku kwoza ebintu emirundi ebiri sabbiiti, okutwalayo kasasiro. Abaana abatali baabuvunaanyizibwa bwe batuuka mu mbeera y'okukwanaganya omulimu ogwa ssaawa 40 mu wiiki (oba okusoma okw'olunaku lwonna n'ossaako n'omulimu ogw'ekiseera) baba tebateekateekeddwa). Okukola ennyo n'obuvunaanyizibwa bikulu nnyo mu bulamu obw'obuwanguzi.

Tandika nga abaana tebannasoma. Abaana balina okubuulirwa ddi muto waabwe lw'asuubirwa okuzaalibwa. Nti, "Tujja kuba basanyufu nga tulabirira akaana kaffe fenna". Bajja kusanyuka nnyo nga bategedde nti nabo baakwenyigira mu mulimu guno ogw'enjawulo. Wano omwana asobola okulabirira muto we nga amuleetera nappi, okutegulawo engoye eziddugala n'okuweereza eby'okuzannyisa bya munne ebiba bigudde wansi. Musomese nga oyita mu nkola y'okwetabamu nti kirungi nnyo okukolera awamu n'okuweereza. Akakodyo kali mu kwenyigira mu mirimu butereevu sso si kutuula wali ne batunuulira bazadde baabwe nga bakola.



**Tandika Nga Bukyali**

**Amatabi amatono gasobola okugolokoka bw'ogezaako okugagolola naye bwe gakula oba tokyasobola kugagolola kuba gaba magumu nnyo.**
**(Kitontome kya Luwarabu)**

## Emikisa Egiba Ku Buli Mutendera Gw'okukula Ogw'enjawulo

### EBBUJJE N'OMWANA AYAVULA

Ku mutendera guno, abaana baba bagezesa bazadde baabwe okuzuula kye bali. Eky'okulabirako: Ow'emyaka ebiri ayinza okukasuka kiddole kye omuddiriŋŋanwa nga ayagala okufiibwako. Bw'avaawo n'akikasuka n'obusungu nga olwo asoomooza omuntu omukulu ky'akola. Wano omuzadde w'alina okupimira w'akoma sso si kuganya mwanane y'aba amupimira w'akoma. Omwana bw'akasuka kiddole omulundi ogusooka kimuwe, bw'addamu n'akisuula mu bugenderevu kiggyewo okitereke. Mu kino ajja kumanya nti empisa y'okutibula tesiimibwa balala.

Abaana bwe bongera okusuumukamu, bagenda bayiga ebikolwa ebiyinza okugezesa obugumiikiriza bw'abazadde baabwe. Kale mu kiseera kino kyetaagisa abaana bamanye nti waliyo ebiyinza okubaviira mu nneeyisa embi. Wano omuzadde bw'aba atiisatiisa omwana nti, "Bw'otoolekere awo ekyo ky'okola, tujja kudda eka" bw'atalekera awo kukikola, tuukiriza ky'omugambye. Omuzadde bw'amanyiiza omwana we embeera y'okutiisatiisa, olwo by'ayogera biba bikola amakulu. Kiba kirungi abazadde bombi okukola kino.

### EMYAKA EMITO

Mu myaka gino, abaana we bayigira okwerabirira. Beesanirira enviiri, beesenya, beesibira obuguwa bw'engatto era ne beerongoosa bokka. Okuwa abaanabo obulimu obutonotono obw'awaka ekibayamba okwekkiririzzaamu n'okwongera okwewulira nti baamugaso awaka. Abo abagaana okukola obulimu buno balina okumanya nti wasobola okubaawo okibatuukako. Bwe baba nga tebannamala bulimu buno olwo tebakkirizibwa kugenda kuzannya na bannaabwe, okulaba TV, oba okukola ebirala byonna eby'okwesanyusa. Naye singa bamala obulimu bwabwe obulungi, baleke bakole buli kye beetaaga.



### WEBATANDIKIRA OKUSOMA OKUTUUKA AWO MU KUVUBUKA

Abaana buli lwe bagenda bakula, obuvunaanyizibwa bwabwe bugenda bweyongera. Abaana bwe baweebwamu ku ddembe kibayamba okutandika okuwulira nga ab'omugaso. Sasulira obuvunaanyizibwa abaana bwe baba balaze. Basiime okulabirira obulungi ebirundibwa awaka, okuleeta alipoota ennungi, oba n'okubeesiimisa awaka nti bafunye obuvunaanyizibwa obw'enjawulo. Abaana bwe baba nga tebakola bulungi ku ssomero ate nga n'awaka tebajjumbira mirimu, kiba kirungi okunoonyereza kino kwe kiva. Abaana batera okukola obulungi bwe bafiibwako n'okukugirwa. Abo abaana abatakola kutuuka ku mutindo ogwetaagisa (awaka ne ku ssomero) balemererwa n'okutuuka ku biruubirirwa mu bulamu. Abaana okubassaako akakwakkulizo k'okuvunaanibwa ebikolwa byabwe nakyo kyetaagisa eŋŋunjula ennungi. Abaana balina okuweebwa omukisa okuwangula oba okulemererwa.

Abaana abanaatera okuvubuka baba batunuuliddwa nnyo bannaabwe bwe bali mu myaka egimu. Abaana abo abakuziddwa n'obuvunaanyizibwa balina omukisa munene nnyo obutawugulwa biduula bino. Okwogeraganya n'abaana mu lwatu kibawa omukisa okwogera ku kwebyo bye batya ne bye bawulira muli mu bbo.



### ABATIINI

Abatiinibbo ate balina emikisa mingi okukola okusalawo okukyamu. Omutiini amanyi ekirungi n'ekibi asobola okumanya ntiebikolwa n'ebibivaamu biba bikyamu n'olwekyo asobola okusalawo okutuufu.

Genda mu maaso n'okussa mu batiini bano enkola ey'obuvunaanyizibwa. Omusingi gw'obuvunaanyizibwa bw'oba waguzimba dda, olwo oba n'omukisa munene nnyo okunnyonnyola abaana bano ebiseera byabwe ebyomumaaso. Abaana balina okumanya nti okuba n'obuvunaanyizibwa kyetaagisa nnyo singa omuntu anaaba muwanguzi. Yambako abaana okukulaakulanya ebigendererwa ebisobola okutuukirizika.

### ABAVUBUKA

Bw'oba wasomesa abaana okuba n'obuvunaanyizibwa, mu kiseera kino baba basobola okwetengerera era nga beetegekera okweyawula babeere bokka. Abo abazadde ababa baayigiriza abaana baabwe okwesigamira ku bbo, bajja kukizuula nti abaana baabwe tebeeyawula (ne bwe bakula basigala beesigamira waabwe okubaawo).

Abantu bano ababa bakuze nga tebamanyi biva mu bikolwa byabwe bibi, bajja kwesanga mu buzibu era batandike okuwammanta abalala ab'okunenya. Abantu bano abakuze nga tebalina buvunaanyizibwa bajja kusoomoozebwa nnyo mu kukolagana ne bantu bannaabwe.

## Emisingi Egirina Okugobererwa

### EMIRIMU GIRABIKE NGA EGIKUWA ESSANYU

Abaana abatandika okutambula n'abatannatuuka kusoma baba bakkiririza buli bazadde baabwe bye bagamba, bwe batyo bayinza okuyigirizibwa nti emirimu gisobola okubeera ekintu eky'okunyumirwa. Abazadde bayinza okuzannya omuzannyo ogw'oggyawo eby'okuzannyisa n'obwokulya. Nga abatiini abaana bano baba bajja kuba abakozi ennyo era aboomugaso awaka. Abazadde beekuume nnyo ebigambo bye

boogera mu maaso g'abaana baabwe. Abaana bwe bawulira nga maama agamba nti, "Mbadde njagala twesanyuseemu nammwe naye nnina eby'okukola;" wano omuzadde aba nga ategeeza nti emirimu mibi era gikyayibwe. Sso nga ku kino yandibadde agamba nti, "Twesaanyuseemu wano, bwe mba njera, ggwe situla akasero k'ebisasiro" okwo si kwesanyusa?

Abaana bayigirize nti teri mirimu gibakkakkanya kubanga emirimu gyonna giweebwa ekitiibwa. Kiba kirungi abaana okubalaga nti okukola kyakwesiimisa sso si kkatala. Abazadde balina okugabana emikisa egiri mu mirimu egy'okukola n'emikono. Kale watya nga omuntu tebakyasobola kukola mirimu gyabwe egyabulijjo olw'obulemu oba emirimu okuggwaawo, oba okukutuka amabega? Kye kiva kiba ekirungi obutasubwa mukisa gwakuba n'omubiri omulamu. Abazadde tebandisubiddwa mukisa gwonna okusanyusa abaana baabwe n'ebyokukola n'obuvunaanyizibwa. Abazadde bafube okulaba nti obudde bw'emirimu bwakusanyuka (nga bakooloobya obuyimba, basaaga, oba okunyumya obuboozi obunyuunyuuntuvu). Embeera ey'okusuutibwa, eyamba abaana okwagala okukola n'okuba n'obuvunaanyizibwa. Singa enkola y'awaka ebeera nti emirimu n'okwesanyusa bibeera mu budde bumu, kiyinza okutaasa omwana omu okwennyamira olw'okuba ye ali mu kukola nga ate abalala bali mu kusanyuka. Bwe kuba kulimako mu luggya, kiba kirungi buli omu yeenyigiremu.

## EMIRIMU MUGIKOLERE WAMU

Abazadde bayinza okweyambisa akagambo "tu" mu kutendeka abaana. Okugeza, omuzadde ayinza okugamba nti, "Engoye zaffe eziddugala tuzissa mu kisero bwe tuti sso si wansi". Abaana baagala okubateekamu era okukozesa akagambo "tu" kabayingizaamu enneeyisa ennungi nga tomaze kugiyimbirira. Mu kifo ky'okugamba omwana nti, "Siimuula ekisenge kyo" oyinza okugamba nti, "Ka tusiimuule ekisenge kyo fenna". Abaana bayiga nnyo bwe bakola ne bazadde



**"AMATEEKA EKKUMI" MU KUWAAWAANYA EMIRIMU GYOMULUGGYA**

**Abaana buli lwe bafuluma wabweru, bateekwa okubaako ebintu kkumi bye bakola nga tebannazannya. Kiyinza okuba okulonda amayinja kkumi, oba okukuula emiddo kkumi, okuggyamu ebimuli kkumi ebikaddiye, okulonda ebikoola kkumi ebigudde n'obissa mu kasasiro oba okunogako ebikoola kkumi ebikaddiye. Bwe kitaba kino, asobola okukola omulimu gumu omunene nga okufukirira oba okuggyawo ebisasiro byonna. Kino kibassaamu obuvunaanyizibwa bw'okulabirira ebintu by'awaka.**

**Abazadde bakubirize abaana baabwe okwerimira emmere buli we kiba kisoboka.**

Omulibiya mu annyinyonnyola engeri gye yagabanyaamu ennimiro ye obutundu mukaaga n'abugabira abaana be omukaaga buli omu alimemu ky'ayagala. Mukyala we bwe yayagalanga ku bivaavava eby'okuliira ku mmere nga asaba ku baana abaamuwanga ku nnyaanya, kaamulali. Kino kyaleetera ennimiro okulabirirwa obulungi era ne kimalawo n'enkaayana zoomunnimiro zonna.

SYLVIA HUNT

baabwe n'okuyiga empisa ez'obuvunaanyizibwa. Bawulira okwagalibwa ne batandika okugeraageranya emirimu n'obuvunaanyizibwa ku mukwano gwa bazadde baabwe. Kino kibaleetera okutunuulira okukola mu ngeri ennungi.

Abaana abatannasoma nabo balina okulekebwa ne beesalirawo. Waliwo ebiseera omwana by'alina okuwuliriza. "Kino ky'ogenda okukola". Tokola ensobi okutendeka abaana obunafu n'obaganya obutakola ebyo bye batayagala kukola. Ensonga enkulu ennyo mu buvunaanyizibwa kwe kuyiga okukola ekyo ekirina okukolebwa ne bw'oba owulira otya. Beera bibiri ow'omukwano ate omuvumu.

## ZIMBA OBUVUNAANYIZIBWA MU NGERI YA LUGENDEREZO

Ensobi abazadde abamu ze bakola kwe kuleka abaana baabwe okuzannya kwokka nga tewali kye bakola okutuusa nga batuuse mu myaka egy'obuvunaanyizibwa. Wano kigenda ne kibagwako mu ngeri ya kibwatukira nga emirimu n'obuvunaanyizibwa bingi nnyo buli mwaka. Mu nsi ezikyakula, abaana naddala abawala basuubirwa okulabirira abato, okusennya enku, okukima amazzi n'okuyambako mu buvunaanyizibwa bw'awaka bwonna. Abaana abato ddala ku myaka nga munaana bayinza okusindikibwa okutandika okukolera abalala emirimu gy'awaka.

Omwana nga muto ddala taweebwa wadde akalimu, kyokka ku myaka kkuminamwenda n'akola essaawa amakumiana mu sabbiiti. Omulimu gw'omuzadde kwe kuzimba obuvunaanyizibwa obw'lugenderezo. Omwana amanyidde okugenda nga akola akyuka mangu okugenda ku kukola emirimu gy'obukulu essaawa eziwera.

Enkola y'emirimu eyinza okutandikira eyo mu myaka emito nga omwana tannasoma, n'obuntu obutonotono nga okussa engoye mu kisero, okukuŋŋaanya eby'okuzannyisa wano n'ogenda nga ogattako obulimu obulala obugya mu myaka gye nga bw'agenda akula.

Ku myaka mukaaga omwana asobola okuteekateeka emmeeza awaliirwa, okwala obuliri bwe, okusiimuula ebintu ebyozeddwa, okugabirira ensolo y'awaka, okutegula ebintu nga mumaze okulya, mu mpolampola obuvunaanyizibwa obulala bugenda bumuweebwa buli mwaka. Abatiini baba basobola okwoza engoye n'ebintu mu mpalo ne bato baabwe, okusaawa mu mpya, okukomola obumuli n'okulera abaana. Abatiini bano basobola okukolayo obulimu bw'ensimbi obw'essaawa entono n'okukola obwannakyewa mu kitundu.

## OKULEMESA ENDOWOOZA YA "OGWO SI MULIMU GWANGE"

Abaana balina okuyigirizibwa nti obuvunaanyizibwa bukolebwa aboomumaka bonna. Abaana abatere okulekebwa okukaayana ku bwenkanya batera okufiirwa era ne batayamba balala. Okukaayana bwe kuba kuli ku ani eyakudde omuddo omungi, oba nti abaana ababiri bombi basiimudde ebintu ebyenkanankana, awo abaana bajjamu obukuku obutayamba waka. Kale zimba endowooza y'okukolera awamu. Omuzadde ayinza okugamba abaana be nti "Emmeeza bw'etegulwa n'esiimuulwa tusobola okulaba fenna firimu oba okugenda okutambulako ne twesanyusa". Oba nti, "Bwe tumala okulongoosa oluggya lwonna tusobola okugenda ne tulya ku siyaagi oba okulya ku biberenge leero". Oba nti, "Bwe tunaamala okulongoosa tujja kugenda fenna okulambula olw'okwekulisa". Okwesasula kuno okw'awamu kuleeta okukkiriziganya, okukolera awamu n'obuvunaanyizibwa. Abaana basobola okugambibwa okuyamba ku bannaabwe nga balwadde anti kirungi nnyo okubayigiriza okuyambagana n'okulumirirwako bannaabwe. Abakulumu basobola okuyamba ku bato baabwe ku mirimu gy'essomero ate abato ne bayamba ku bakulu baabwe ku mirimu gy'awaka.



## Ebiyinza Okukolebwa

- Abaana tobabinika mirimu mingi nnyo. Abazadde balina okufaayo ku busobozi bw'abaana baabwe ne babawa ebyo bye basobola okukola ne babituukiriza. Obuwanguzi n'okusiimibwa bizzaamu Amaanyi era bisikiriza okukola ebirala sso ate emirimu emingi givaamu okulemererwa n'okwetamwa.
- Suubira abaana ab'obuvunaanyizibwa. Anti essuubi ly'abazadde lizzaamu abaana amaanyi. Bwe bawa abaana eky'okukola, basobola okuteesa ku budde mwe kirina okukolebwa. Awo kibalekere bakikole nga balina n'essuubi nti kyakuggwa. Kkiriza abaana bakikole mu ngeri yaabwe nga tobataddeeko kulondoola kwonna wadde okubajjukiza. Bwe baba balemereddwa, olwo abazadde bayinza okubayambako.



- Omwana tomuyita nti talina Buvunaanyizibwa ne bw'aba akoze ekikolwa ekiragira ddala obutaba na buvunaanyizibwa okugeza okugenda mu firimu nga ate yabadde asuubizza okuyambako munne okusomerera ekigezo. Omuzadde yeewale nnyo okusiiga omwana oyo ebbala ebbi. Kale kisingako okumukubiriza okubeererawo banne mu bwangu ddala. Omwana bw'aba omwerabize, omuzadde yeewale nnyo okumugamba ebigambo nga bino; omutwe gwo sigwesiga, osobola okwerabira na kino. Ebigambo nga ebyo bimalamu amaanyi ate biruma. Kyawa enneeyisa sso si muntu.
- Abaana beetaaga okuyambako mu Kuteekateeka ebinaakolebwa. Balage engeri gye bayinza okuteebereza obudde omulimu gw'essomero bwe gwetaaga era obudde obwo babutetenkanye bulungi. Bayambeko okutetenkanya obudde bwabwe nga bavudde ku ssomero obalage nti obudde obwo bwe balina bumala bulungi okusobola okukoleramu buli kimu nga okunaaba, okuwummulamu n'okuzannyako wabweru.
- Emirimu eminene gigabanyeemu obutonotono. Bwe baba balina bye babawadde okunoonyerezako okuva ku ssomero, bayambeko okumanya obudde bwebeetaaga okunoonyereza n'okuwandiikiramu ebyo bye baba bazudde okuva mu materekero g'ebitabo n'emikutu emirala. Era abaana bano bayambibwe ku ngeri y'okuwandiika alipoota mu butundutundu obutegeerekeka amangu.
- Abazadde beewale okukolera abaana baabwe emirimu gy'essomero. Ekyewuunyisa abazadde bangi bagwa mu katego ne bakwatibwa nga be bakoledde abaana oba okubayambako. Abaana babuulire nti buno buvunaanyizibwa bwabwe sso si bazadde

kubanga n'ekyokukola kino liba kkatala omwana lye yeesobolera. Kale abaana bo beetaaga buyambi kati ne gye bujja ate nga balina n'okugezesebwa mu mpandiika n'okutegeera kwabwe.

- Abaana balina okuyiga nti bavunaanyizibwa kyenkanyi ku nsobi zaabwe. Kale mu kino abazadde tebeetaaga kupapa nti babataasa.
- Abaana balina okuyigirizibwa enkwata ya ssente. Tebalina kusaasaanya kusinga kye balina ka zibe ssente za musaala oba kirabo okuva mu bajjajja. Tekikkirizibwa kwewola nga balina kye baagala mbu basasule oluvannyuma nga bafunye eziwerako. Eno eba ntendeka nkyamu. Mu kino, balina okulinda okutuusa nga bafunye ezaabwe sso si kugwa ku mabanja. Abo abalina obulimu obuvaamu ensimbi bayigirizibwe okweterekerako n'okusaddaaka ku kasente kaabwe. Abaana nga bakuze abazadde babannyonnyole engeri abantu abakulu gye bakwatamu ssente zaabwe nga beeterekera n'enteekateka y'okuzizaazaamu. Guno gwe mukisa gw'olina okunnyonnyola abaana nti amagoba ku ssente eziwolebwa tegakkirizibwa mu bitabo byonna ebitukuvu era obannyonnyole enkola ya bbanka ensiraamu.
- Bakubirize okufuna kye bakola. Kiyinza okuba omulimu ogw'obwannakyewa oba emirimu egy'akaseera. Abaana b'abazadde abalina bye bakola, okugeza (wooteeri, dduuka, kirabo kya mmere, ddundiro oba mu katale) balina okuyambako mu mirimu egyo nga bakyali bato. Mu kino bajja kuyiga okukwata obudde okumatiza abalala nga tebafuddeeyo ku bbo we bawulira n'okukakasa nti emirimu gikoleddwa.

**Akalowoozo**

- Abaana tebalina kusomesebwa nga bakoowu oba nga bayala.
- Mu kusomesa togattamu okunenya kubanga kufuuka butwa.
- Obuvunaanyizibwa bwetaaga bugumiikiriza.



**Nga bwe guli mu bantu abakozi ...abazadde tebasobola kwegaana baana baabwe**

Enkola etali ya buvunaanyizibwa tekkirizibwa mu bantu bakozi. Abakozi baba bamanyi emirimu gyabwe gyonna era nga balina okugikola gyonna anti bwe kitaba ekyo, bagobwa. Wadde abazadde tebasobola kugoba baana baabwe, basobola okubaluŋŋamya n'okubatendeka obuvunaanyizibwa. Waliwo ennaku ezimu abaana lwe batasobola kukola mirimu gya bakama baabwe olw'okugenda okulambula oba olw'obutasula waka. Naye okufaananako nga emirimu emirala egy'enkakkalira, bayinza okusaba ne baweebwa olukusa obutakola kwolwo nga ekiseera tekinnatuuka. Tebasobola kujja mu kiseera ekyo kyennyini ne basaba nti, "Nsaba butakola leero kubanga nnabadde ku kabaga eggulo"

## Kwasaganya Ebya Kyeyagalire N'obuvunaanyizibwa. Eby'okulabirako:

Abaana bangi balowooza nti bakakatibwako buli kirungi kye balina gy'obeera nti bazadde baabwe baatonderwa kubaweereza. Abaana bwe bati basanga obuzibu okukkiriza obuvunaanyi-

zibwa nga bakuze. Amaka agamu galina akalombolombo kaago aka buli mwaka. Anti buli mwaka, buli mwana aweebwa ky'ayagala n'obuvunaanyizibwa. Ekimu okubaawo, ekirala kiteekwa okuba nga kibaddewo. Abaana bakubaganya ebirowoozo ne bazadde baabwe olwo n'abazadde ne babitwala nga bya nsonga ddala.

> Eky'okulabirako (1) muwala wo aludde emyaka mingi nga ayagala kkapa, n'akkiriza okulera muto we omulundi gumu mu sabbiiti. Kale olwa kino omuwa omukisa okufuna kkapa wadde nga y'aba alina okugyerabirira. Alina n'okujjukizibwa nti bw'anaagiragajjalira ejja kugabibwa.

Abazadde balina okussaawo obukwakkulizo obw'ekigero ekitegeeza nti tekiyamba kutaasa mangu baana baabwe nga bakoze ensobi. Ebiseera ebimu abazadde bakyesibako ne bataasa abaana baabwe. Emu ku ngeri endala eziyigiriza abaana obuvunaanyizibwa byebyo ebiva mu bibonerezo eby'ensonga. Ebivaamu bwe biba ebituufu, abaana tebaddamu kwerabira buvunaanyizibwa bwabwe. Eky'okulabirako; okusasulira abavubuka engassi y'okumenya amateeka agafuga ensimba y'emmotoka ku nguudo kikyamu era abazadde tebandikikoze.

> Eky'okulabirako (2) Mutabani wo wamutumye okuggyayo amata nga adda awaka okuva ku ssomero naye ne yeerabira. Mu kifo ky'okudduka okwegendera ku dduuka, maama agabule ekyeggulo nga tekuli mata era ne kumakya wabe nga tewali mata ga kussa mu byakulya bya mutabani ono.

> Eky'okulabirako (3) Muwalawo emirundi mingi ava awaka kikeerezi bbaasi y'essomero n'emuleka newankubadde nga ofaayo okumuzuukusa nga bukyali. Buli mulundi lwe bamulese, omuvuga n'omutwala nga bw'omubuulirira ku ky'okukuuma obudde.

Mu kino omuwala yandibadde akyusa mu nneeyisa singa olekera awo okumutwala n'atambula. Kino bwe kiba eky'obulabe, oyinza okumusuubiza okumutwala oluvannyuma ennyo nga omaze emirimu egimu. Awo omuwala ajja kuswala okutuuka ekikeerezi nga banne baasomye dda. Embeera eno emuwa omukisa okukyusa enneeyisa ye n'atereeza anti mu nsobi mwe tuyita okutereeza. Tewali nsonga ereetera bazadde kusunguwalira baana baabwe nga bakoze ensobi kubanga okuwoggana tekulina nsoga yonna gye kumala okuggyako buli omu okwetamwa. Mu mbeera eno, balina okunoonya engeri y'okulogoosa kubanga awo abaana bayiga nnyo okusinga lwe babeera mu busungu obw'ettumbiizi n'abazadde ne bawulira bulungi.

> Eky'okulabirako (4) Omutabani y'alina okufumba ekyeggulo naye ne yeerabira n'alwayo ku ssomero nga asamba kapiira n'atuuka kikeerezi. Mu kifo ky'okumuboggolera oba okwefumbira ekyeggulo, maama ayinza okugamba nti, "Essaawa eno tuli mu buzibu, olowooza tukoze tutya?" Asobola okuyiiya n'tokosaawo amagi, oba okufumbawo emmere ennyangungu. Nga oggyeeko eky'okuyiiya ekyokulya, aba ayize n'okutwala obweyamo nga ensonga.

Abaana abamu bafuna omuze gw'okunenya abantu abalala olw'ebiva mu bisobyo byabwe. Kale kino kibasubya okufuuka aboomugaso ennyo. Abazadde nabo bajjukira bwe baali bakyali bato ddi lwe baagaana obuvunaanyizibwa bwonna. Kale embeera bw'eti nayo yamalamu bazadde baabwe amaanyi olw'obutaba na buvunaanyizibwa.

Abaana bayinza okuwulira nti bazadde baabwe bababuulira eky'okukola. Kino kijjawo lwakuba abaana baba tebafuddeeyo kukkiriza buvunaanyizibwa. Abaana balina okufaayo okukyusa ebyo bye babadde batayagala ne

babifuula ebiganzi gyebali olwo abazadde ne balekera awo okubalagira eby'okukola.

Obuvunaanyizibwa n'okuvunaanibwa ze nkola ze tulina okusomesa abaana. Mu ssuula eddako tukwata ku kwemalirira ekintu ekyetaagisa ennyo mu buvunaanyizibwa.

**Buulira abaana bo we balina okutuukiriza ekkatala lyabwe mu maka era nga be bavunaanibwa. Bwe batawangula bayinza okuggwaamu amaanyi naye ate bwe batagerezaako ddala baba tebasobola kuganyulwa.**

# Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 57: KATONDA ATULABA**

Leka abaana basome obugero buno olwo buli omu omuleke abeeko ky'ayogera.

a) Abaana nga bagenzeeko mu lusiisira olw'ebiseera by'ebbugumu nga bali ku lunyiriri lw'emmere, waaliwo akapande akasoma "Twala apo emu Katonda akulaba." Ku nkomerero y'olunyiriri waaliyo obucepere nga tekuli kapande. Omwana omu yassaako akapande akasoma nti, "Twala bungi nga bw'oyagala kubanga Katonda atunuulidde apo". (Omusumba Peter Martin 2007)

b) Umaru Ibn al-Khattwab we yabeerera kaliifa yalaba omusuubuzi omu nga akola obukumpanya n'agamba omulangirizi we ayasanguze mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Buli akumpanya si wa muffe. Kimenya mateeka okusaabulula amata nga tegannatundibwa". Oluvannyuma emboozi eno yagenda mu maaso mu nnyumba emu e Madina; Maama: Muwala wange, situka oyongere amazzi mu mata tufune ssente ezisingako. Omuwala: (N'eggonjebwa) Tewategedde nti omulangirizi wa Umaru leero yalangiridde nti tekikkirizibwa kwongera mazzi mu mata? Maama: Kola kye nkugambye, Umaru oba omulangirizi we tebajja kutulaba. Omuwala: Lwaki nzikiriza omukulembeze mu lujjudde ate bwe nzira ebbali ne mujeemera? Umaru bw'aba tatulaba, Katonda we atulaba buli lunaku.

**EKYOKUKOLA 58: KYE TUYIGA MU BUBENJE N'OBUVUNAANYIZIBWA**

Ddamu ebibuuzo bino n'oluvannyuma weefumiitirize ku ndowooza eziri wansi; Mutabani wo ow'emyaka 12 abadde azannya akapiira mu luggya emmanju akapiira ne kabuuka ne kakuba eddirisa lya muliraanwa ne lyatika. Kati ggwe:

a) Okubira muliraanwa essimu n'omubuulira nga bw'ojja okusasula eddirisa n'obonereza omutabani?

b) Ogamba mutabani wo agende abuulire muliraanwa nti mu butanwa ayasizza eddirisa era ajja kulisasula? Olisasula n'ogenda nga okendeeza ku ssente ze ez'ensako.

c) Ogamba omutabani agende yeeweeyo nga bw'ayasizza eddirisa lyabwe mu butanwa nti era wa kuliddabiriza nga aggya ku nsimbi ze yeerekereza oba okukolerera endala abe nga asa-sulira okuliddaabiriza.

EBIROWOOZO: Eno embeera nuŋŋamu nnyo mu kuyigiriza mutabaniwo okukkiriza obuvunaanyizibwa obuvudde mu bikolwa bye nga tanyiize wadde okubonerezebwa. Bw'oba wazzeemu;

a) Bw'okubira muliraanwa essimu, mutabaniwo talina ky'ayigamu okuggyako okumanya nti omuntu omulala y'alina okumutaasa mu biseera eby'akazigizigi. Ye lwaki omubonereza? Kaabadde kabenje.

b) Ekikolwa kirungi okusookerako (okutuma omutabani abuulire muliraanwa nga eddirisa bwe lyatise)

c) Kino kirungi nnyo. Kubanga wano omutabani atwaliraddala obuvunaanyizibwa bw'ebikolwa bye. Kino kisinga ku kya (b)



ESSUULA 19


# Okuyigiriza Okwemalirira


- "Obuteemalirira" Obugenda Bukula Mu Amerika 401
- Ebitwalibwa Nga Ebituufu 403
- Ebintu Ebifunibwa Ku Myaka Egyenjawulo 404
- Leka Abaana Abatandika Okutambula Beezuulire Ekkubo 405
- Okweraliikirira Okw'okwawukana: Engeri Y'okukwatamu Enneeyisa Ey'obuteetengerera 405
- Abatiini – Ebintu Nga Bwebiri 406
- Enkola Y'okukuzaamu Abaana Ky'ekola: Eyeesigamiziddwa ku Kukozesa Obuyinza nga Ogigeraageranyizza Ku Eyo Eyeesigamiziddwa Ku Kukozesa Amaanyi 408
- Obukodyo Bw'okuzimba Okwetongola mu Baana 411
- Ebintu Ebimu Ebiyinza Okuyamba Abazadde 414
- Kuwa Magezi Oba Kwetongola: Omuwala ne Nnyina 416
- Abazadde Bwe Baba Tebaagala Mikwano Gya Baana Baabwe 418
- Okuyamba Abaana Okukola Okusalawo Kwongera Amaanyi mu Kwemalirira Kwabwe 420
- Emitendera Omuyitibwa Okusalawo 421
- Ebyokukola 59-61 422

## "Obuteemalirira" Obugenda Bukula Mu Amerika

**Abazadde mu Amerika beemulugunya nti abaana baabwe basigala basuubira bingi okuva mu bazadde baabwe okumala ebbanga eddene. Amerika nga eggwanga likyalemereddwa okuteekateeka abaana baalyo okuva awaka ne beetengerera.**

WALIWO EMBEERA EY'ENGERI ekola kati. Newankubadde nga abazadde ensangi zino baagala abaana baabwe babe basanyufu, engeri gye babakuzaamu ate eddagala ly'ewa liba lya kumalawo ssanyu. Abaana tebayigiriziddwa kuba abeetengerera kuba babadde tebabasuubira kuba. Abazadde bassaamu nnyo ensimbi n'obwongo ku lw'abaana baabwe okuba obulungi. Bbo beeweerayo ddala ne banoonya n'emirimu emirungi basobole okutuukiriza ebyo ebisinga mu bulamu bw'abaana.



Abazadde abasukkulumu bbo bayitanawo mu nkola yaabwe mu ngeri zino bbiri: mu biki bye bakolera abaana baabwe na biki bye bawa abaana. Mu kutwalira awamu, bakola buli ekisoboka okulaba nti abaana baabwe bafuna buli kimu. Batimba ebisenge by'abaana mu langi ezisikiriza, babagulira eby'okuzannyisa biyitirivu mu kusoma olwo omwana n'aweebwa obubaka obw'obuwanana. Abaana babazzaako oluvannyuma lw'okwebuuza ku bakugu mu nkula y'abaana. Abaana babatwala mu bibiina by'okuzimba emibiri, babatwala mu busomero obusookerwako obusuffu era ne babatwala mu kusamba omupiira ku myaka ena. Beerekereza obudde bwabwe, emikwano, nabo bennyini bye bandyagadde ku lw'abaana – olumu ne beerekereza n'ebyokwagatta mu mukwano. Baleka abaana ne babataataaganya olwo ne bassa ku bbali buli kimu okusobola okukozesa buli mukisa ogw'okusomesa oguba gufunise. Ekisinga obukulu mu byonna, bakozesa buli kakisa akaliwo okulaba nti bazimba okwekkiririzaamu (nga bayita mu kubasiima ku butya bwe balabika obulungi, bannabyamizannyo, abalina ebitone, abasiizi b'ebifaananyi, era bwe balabika obulungi). Bategeka obubaga bw'amazaalibwa obw'amaanyi gy'obeera nti abaana baabwe balangira na bambejja. Abaana ne bwe boonooneka, abazadde bagenda mu maaso n'okubawa ebirabo n'okutuukiriza ebyo abaana bye basaba. Abazadde bano tebaagala mulundi na gumu kumma baana baabwe bye beetaaga. Eky'okusaalirwa kino kireetera mbeera kugyabagira. Eky'enkomerero kwe kukwenyakwenya okw'amazima nti abaana tebasuubirwa kuva waka ate nga tebasuubirwa kugenda kwetengerera.

Mu Amerika, ennaku zino, abazadde bangi ab'abaana abatuuse okuvubuka bbo baakuzibwa mu ngeri yanjawulo. Mu biseera ebyo, abaana baatabagananga na baana bannaabwe, n'abazadde ne bazadde bannaabwe. Abazadde abamu baagambanga abaana baabwe bwe bati: "Tonsumbuwa okuggyako nga ofunye kisago." Emizannyo abaana baagigendangamu nga bavudde ku masomero sso si kuba mirimu egikolebwa buli nkomerero ya ssabbiiti, ate n'abazadde tebeeyingizanga nnyo mu mizannyo gy'abaana. Eby'okusoma kw'abaana byalekebwanga basomesa baabwe. Abazadde tebaafangayo nnyo kumanya oba abaana baabwe baabanga basanyufu; bbo baafanga ku ssanyu lyabwe.

TUTEGEEZA KWESIGAMA OBA KWESIGAMIRA?
Okuyigiriza abaana okwemalirira tekitegeeza kumalirawo ddala nkolagana yaabwe yonna n'abazadde baabwe. Walina okubaawo okwemalirira ate n'okwesigamira ku boomumaka abalala.

Abazadde ba leero Aboomwamerika we baabeerera abato, amaka gaabangamu abantu bangi, ennyumba zaabanga ntono, nga n'ebyokukozesa tebimala. Abaana abaabanga batuuse mu masomero ga wagulu baakolanga ekitundu ky'olunaku basobole okwesasulira. Mmotoka baazifunanga nga batuuse okuzeesasulira. Abazadde n'abaana baalowoozaanga nti omuntu bw'ava mu ssomero nga amalirizza emisomo gye n'afuna omulimu olwo aba agenda kwemalirira mu by'enfuna. Endowooza bw'etyo, yatuusanga abaana ku kwemalirira.

Abazadde b'ensangi zino balabika bafaayo nnyo ku baana baabwe okuwulira obulungi n'ekivaamu ne beerabira okubayigiriza okuba abalungi. Tewali ssira limala eriteekebwa ku baana okuba abantubalamu abalowooza ne ku balala sso si kwerowoozaako bokka. Abaana abaweebwa ennyo buli kamu tebatera kulumirirwa balala era basinga kwefaako bokka. Abaana aboonoonese batera okuba ababi eri bannaabwe be basula nabo era babeera babi n'okusingawo eri bannaabwe mu bufumbo. Abaana bano ne bwe bakula omulimu gw'omuzadde tegukoma. Abaana bano basigala bakyalina ebyetaago okuva ew'abazadde, sso nabo tebakoowa. Baagala abaana baabwe babe basanyufu mu buli mbeera. Abazadde baba balowooza nti okuwa abaami buli kimu kijja kwongera okubasanyusa. Ekiva mu kino, be bantu okukula nga tebalina wadde obuvunaanyizibwa era nga balina kwesigama ku balala n'oluvannyuma ne muvaamu abazadde abaakasunguyira. Bambi bano baba - era nga tebalina na kyakukola.

Embeera eno tekoma mu maka magagga. Waliwo abaana Abamerika ku buli mutendera gwa byanfuna abatunuulira bazadde baabwe nga be bokka abalina okubayimirirawo mu by'ensimbi. Abazadde bangi beerekereza ebirungi ate kye bafissizza ne bakigonnomolera bawala ne batabani baabwe. Abaana bayiga okudiibuuda n'okwesigamira ennyo ku balala.

Abaana bye bagenda okufuna bwe kuba nga kwe kufiibwako ennyo ne kireetera abazadde okuba nga babiyingiramu buli kaseera, olwo ensalo enkulu wakati "w'omuntu yennyini" "n'omulala" ne ziba nga tezikyalabika bulungi, era obusobozi bw'abaana okuyiga buba bwonooneddwa. Obuyambi obw'ekizadde buba bukakase era buba bukulu nnyo. Naye ne mu mbeera y'abaana abalina obulwadde mu mubiri oba mu mutwe kiba kikyamu okuyamba ekisusse n'okuyisa abaana abakulu nga amabujje. Ebiseera ebimu abaana babiibitibwa nnyo ne basanga n'akaseera akazibu mu kusalawo okutuufu, okuviira ddala ku ky'okwambala okutuusa ku mulimu ki gw'aba akola oba omuntu omutuufu okufumbirwa oba okuwasa. Abo abaweebwa buli kamu bamaliriza bantu abakiikira bazadde baabwe ensingo olw'obutalaba mugaso gwabwe ne bwe baba bagwetaaze.



Okukulaakulanya okwemalirira n'okwekkiririzaamu
Sso si kwesigamira ku balala n'okutya okwesalirawo



BAMAAMA ABAMU BALINGA ABEESOMYE OKUKOLA EBITASOBOKA!

BAMAAMA ABAMU BAAGALA OKUKUUMA ABAANA BAABWE ABAAGALWA BALEME KUTUUKIBWAKO OKULUMIZIBWA KWONNA OBA OKUMALIBWAMU AMAANYI OKUVA ERI OMUNTU YENNA OBA EKINTU KYONNA. GUNO MULIMU OGUTASOBOKA.

## Ebitwalibwa Nga Ebituufu

### ABAANA AMABUJJE ABAKAABA

Okusinziira ku mukugu mu by'ebirowoozo Jeffry Simpson: "Bw'oba towulira mirembe ku mwaka gumu, oba olabika nnyo okuwulira obubi mu nkolagana yammwe ne mufumbo munno ku myaka abirimugumu." (The Washington Post 2007). Simpson ne banne, baalondoola abantu 78 ebbanga lya kimukyakuna ery'ekyasa, nga baabatandikako nga bakyali mabujje. Bamaama baatwalanga amabujje mu ggeserezo. Amabujje gano gaatandikanga okweralikirira. Bamaama bwe bakomangawo, amabujje agamu geerippanga ku bamaama baago nga gatidde naye mu kaseera katono gaabanga gakkakkanye. Abalala baagaananga okukkakkana n'oluvanyuma baakaabanga. Ekiti ekyokusatu eky'amabujje kyagaana okuddira bamaama baago okubabiibiita.

Okusinziira ku Simpson, okunoonyereza kulaga nti abaana abato abawulira obukuumi bwe bawulira ekintu ekitabakola bulungi: "Omwana ayiga, 'Nnina kwesigamira ku bazadde bange okunzidaabiriza.' Bayiga okulinda abalala. Sso nga abaana abatawulira bukuumi bayiga nti muzadde wange anneegaanye oba bayiga nti muzadde mulagajjavu. Oba nti 'Nnina okwecanga nsobole okufuna okufiibwako.' "Abaana bwe babeera nga tebawulira bukuumi ku mwaka ogumu bayinza okukula nga banafu era abeesigamira ku balala. Abaana abafiibwako obulungi baba batebenkevu era bayinza okuvaamu abantu abeemalirira. Amabujje ago agatafiibwako era agalagajjaliddwa gaba tegawulira mirembe era nga tegasobola kwemalirira.

Abaana amabujje abakaaba nga baddukira eri bamaama baabwe babayambe bateekeddwa okufuna obuyambi. Kino bwe bamala okukifuna baddamu okuvumbula ebibeetoolodde. Mu ngeri y'emu n'abaagalana ababiri nga bamanyi okuwembejja batera okwesigamira buli omu ku munne singa ebirowoozo byabwe biba bikwatagana. Kyanguwa nnyo omuntu okweŋŋanga obuzibu

n'okusoomoozebwa bw'aba amanyi nti w'aba ali awo waliwo ow'okubayamba n'okubabiita singa bisoba. Wabaawo okuguma singa abantu baba n'awookuddukira okufuna obuyambi.

Abantu abekkiririzaamu era nga basobola okuddukira eri abalala okuyambibwa era obuyambi obwo ne bubaweebwa bavaamu abantu abeesigamira ku balala.

## Ebintu Ebifunibwa Ku Myaka Egyenjawulo

Abaana abato beerowoozaako nga abalina obusobozi era abeemalirira bazadde baabwe bwe baba babasomesezza okubeera abasobola era abeemalirira. Abaana bayiga okwesalirawo singa bazadde baabwe babaagala n'okubawagira, babakubiriza okuvumbula, babasomesa ebikolebwa, n'okubakkiriza okukola okusalawo okutuufu. Okujjumbira okuvumbula kw'abaana kuwa obubaka nti bassa omuwendo gwamaanyi mu bikolebwa bino.






**"Nsobola okukyekolera!"**

Emirimu gy'okwefaako givaamu okwemalirira. Okuteekamu amaanyi amabujje kwe gakozesa okusitula emitwe, owevulungula, oba okutuula nga bwe basituka, ddaala lya maanyi eribatuusa ku kwemalirira. Omukwano, okwagala, n'okukuzibwa biba bijja kubayamba okutuuka ku kigendererwa ekyo.

Embeera eyeetoolodde omwana eteriimu biyinza kumutuusaako buzibu nkulu nnyo abaana bwe batandika okuva mu kifo. Abaana abatandika okutambula tebalina kusalawo kulungi ku bikwata ku butafuna bizibu. Okwetengerera kuyinza okuteekebwamu amaanyi nga baweebwa okusalawo okusamusaamu. Abaana abatandika okutambula bawe eddembe ettono ku bulamu bwabwe, okugeza okulondawo lugero ki lwe baba basoma, luyimba ki lwe baba bayimba, oba ssaati ki ey'okwambala. Abaana abatannatuuka kugenda ku ssomero balina obusobozi okulaga ebintu bingi bye balowooza, engeri gye bawuliramu n'ebyo bye beetaaga, era baba beetegefu okukwata ekkubo ery'amaanyi eribatuusa ku kwemalirira.

Abaana bano abatandika okutambula bawagire okwanulayo engoye n'ebyokuzannyisa, bategeke emmeeza, bazingeko ttawulo, oba bayambeko okuteekateeka emmere. Kino kibateekamu obumanyi n'okwemalirira. Abaana bwe batuuka ebiseera by'okusoma, wabaawo omukisa munene okuyambako mu kwemalirira.

Okusalawo ku mikwano gyabwe, ebikolebwa mu ssomero n'okuzannya, byonna byeyolekera mu kusalawo kwabwe okwa buli lunaku. Ate abaana abasuumuseemu basobola okusomesebwa ku kusalawo mu by'ensimbi nga baweebwa obuvunaanyizibwa bwa ssente (okugeza, okuwa omwana ssente za wiiki oba okumu-

fuula omuwanika w'awaka). Kikulu nnyo okussa ekitiibwa mu kusalawo kw'abaana buli lwe kiba kisobose. Abazadde buli lwe balaba okussa amaanyi okwaddala n'okukkiriza emirimu emingi abaana gye bakola, abazadde baba babayamba okwepimira n'okweteekateekera obulamu bwomumaaso obw'okwemalirira.

## Leka Abaana Abatandika Okutambula Beezuulire Ekkubo

Abaana baagala okwegerezaako ebintu byabwe. Oyinza obutakyebeera nga olaba omwana akyuka okuva ku mbeera eya "ka nkikole" mu kaseera katono kati naaba mu kutandika okukwesibako buli wodda nga takuva ku lusegere. Ensonga zino nkulu nnyo mu kukolagana n'abaana abatandika okutambula:

> **"… kola kyonna ekisoboka okusobola okuteeka mu baana obutebenkevu nga obalaga omukwano ogw'okufaayo…"**

- Okujeema n'okutenguwa (okugaana okugoberera abakulu bye bagamba) bikulu nnyo mu bwetaavu bw'abaana abatandika okutambula okwagala okwemalirira.
- Okugoberera ekyo abaana abatandika okutambula kye basazeewo kiwonya obutalwala mutima. Bwe baba nga baagala butava ku lusegere lwa bazadde, balekere eddembe bakole ekyo. Bwe baba baagala kukola bintu mu ngeri yaabwe era abazadde bagende n'ekyo (kasita kiba kitegeerekeka).
- Okuwugula ebirowoozo kakodyo kalungi ddala okukozesa ku baana abatandika okutambula bwe baba tebaagala kugoberera bibalagirwa. Ekitali ekyo, abaaana bayinza okukkirizibwa okusalawo eky'okukola ne baweebwa eddembe okufuga ebintu ebimu.
- Okuduumira n'okulagira byalyewaliddwa. Bireeta entalo awaka n'okulwana okutaggwa n'abaana bangi abatandika okutambula. Okusomesa okuyita mu kuba eky'okulabi-rako kwe kusinga okuvaamu ebibala. Abaana abatandika okutambula balabika okutamwa engeri yonna erimu okufugibwa abakulu, nga bbo basinga kwagala okweyambaza n'okweriisa awatali kuyambibwako bazadde. Enneeyisa eno eri ekyennyume eba yaabulijjo newankubadde nga abazadde kino bakisanga nga tekibanyumira.

## Okweraliikirira Okw'okwawukana: Engeri Y'okukwatamu Enneeyisa Ey'obuteetengerera

Abazadde be bantu abasinga okuba aboomugaso eri abaana baabwe, era nga eyo y'ensonga lwaki omwana omuto atya abantu b'atamanyi era okwawukana okuva mu maka kya butonde. Oluvannyuma lw'okumala omwaka omulamba oba ebiri nga ali ne bazadde be, kiba kitegeerekeka obutakkiriza bazadde be kumubula ku maaso! Okwawula omwana ku muzadde si kyangu. Bino wammanga bye biyinza okukolebwa okusobozesa okwawukana kuno.



- Abazadde bafube nnyo okulaba nti bazimba obukuumi ku baana nga bayita mu mukwano omungi n'okufa ku mwana nga bwe kisoboka, n'okuvumbagira n'okuzannya naye. Okuzimba obukuumi buno kyetaagisa obugumiikiriza, era obw'olugenderezo okutuusa nga omwana awulira nti kati yeemalirira.
- Okwawukana kuno bwe kuba nga ddala kwetaagisa, kusaana kusooke kube kwa kaseera katono mu biseera ebitono ebisooka, era kyetaagisaawo akaseera akamala okusobozesa omwana okumanya omuntu omupya agenda okumulabirira.
- Kikulu okuggyawo okutya kw'omwana. Okwawukana ne bwe kuba kwa kaseera katono, okugeza okugenda mu kasomero akasookerwako kumakya, omwana atandika okutambula kiyinza kumukaluubiriza bw'aba yeekengera nnyo. Abazadde beetaaga okutwala akaseera okwogera n'abaana baabwe nga ekyo tekinnaba ku nkyukakyuka ku ani agenda okumulabirira, n'okumukakasa nga bwe bajja okukomawo eka. Okumuwaayo tekwetaagisa kupapiramu.
- Abazadde tebalina kumala gabulawo nga omwana tategedde. Newakubadde okusiibula kuyinza okulumya, naye gye biggweera tekweraliikiriza nnyo mwana kasita omuzadde gabulawo bubuzi. Beera musanyufu era weewale okulwawo nga tonnagenda, kubanga obwennyamivu buno bwongera omwana okweraliikirira.
- Omwana bw'aba nga y'oyo eyeesiba ennyo ku muzadde we ne mu mbeera ezaabulijjo mu mirimu gy'awaka ne mu katale, omuzadde abeere mukkakamu nga bulijjo. Wadde nga kiyinza obutabeera kyangu kuteekateeka eky'emisana oba mu kwogerako ne munne nga eno omwana amwerippyeko, omwana ajja kumala awulire obukuumi akiveeko.

Kyabutonde abazadde okuwulira obubi nga abaana baabwe bakula okuva ku mutendera ogumu okudda ku mulala.

## Abatiini – Ebintu Nga Bwebiri

Obwana obuto bulina okulabirirwa mu ngeri ekuuma n'okukozesa obuyinza, kubanga bulina obumanyirivu n'okumanya bitono ddala. Olw'obutono bwabwe, abaana abato balina okukuumibwa buli kaseera n'okuweebwa obuyambi. Ebiseera ebimu, abazadde nabo tebasobola kunnyonnyola lwaki baba beeyisizza mu ngeri gye baba beeyisizzaamu; baba balina kutegeeza abaana baabwe abato bakole nga bwe bagambye.

Ku batiini, kino si bwekiri. Mu kifo ky'okuba "omuduumizi" omuzadde alina okuba omukugu mu kuteesa atuuke ku kukkiriziganya.

Abatiini balina okuyiga okweyimirizaawo; baba banaatera okuva awaka era nga bajja kuba balina okuyimirirawo awatali Maama na Taata. Buba buvunaanyizibwa bwa bazadde obuteesiba ku baana be baayagala ennyo, oboolyawo ne baboonoona n'okuboonoona, wabula okubayamba okusobola okwebeezaawo. Wano abazadde balina okukyuka okuva mu mbeera y'okukuumira abaana okumpi, balebezeemu ku muguwa gwe babasikisa, oluvannyuma babeere beetegefu okuteera ddala omuguwa. Abatiini balina okuyiga okuba nga tebeesigamira nnyo ku bazadde baabwe. Kino tekiba kyangu singa wabaawo obutakkaanya n'abazadde.

Abatiini beenafuya bwe bazuula nti maama asazeewo okubakolerera awaka. Tebasobola kwemalirira wabula okukula nga basuubira obuyambi okuva ew'omuntu omulala.

Ekintu ekizibu okutegeera ku maama akola ogw'obuweereza bulijjo kwe kuba nga wadde ebigendererwa bye biba birungi, naye ekitera okulabika kwe kuba nga abatiini baba bajja kuwulira bukyayi na kuggwaamu maanyi gy'ali, mu kifo ky'okumwagala ennyo n'okusiima by'akola, ekintu ky'aba asuubira. Okutamwa kugenda kukula kubanga abaana bakula bawulira nti basobola okukola kye baagala ne wataba abavunaana. Ensalo bwe zitaba njerufu eri abatiini bano, baba tebeekakasa kye bakkirizibwa oba obutakkirizibwa kukola, era kya mu butonde



bwa muntu okunaanuula okutuusa ekintu gye kikoma.

Abazadde abamu baba baamaanyi era baagala okuba nti be bafuga buli mbeera. Endowooza eno ereeta akakuubagano n'abavubuka, ababa bagezaako okulaba nti bayiga okwetengerera. Buvunaanyizibwa bwa bazadde okuyamba abatiini bano okuba nga be bafuga obulamu bwabwe. Abazadde bennyini baba bagenda kuviibwako ebintu ebimu mu mikono. Abazadde bwe babaako ne mukwano gwabwe gwe bakubaganya naye ebirowoozo, waliwo ebiseera bingi lwe batakkiriziganya kubanga amagezi gaabwe tegafaanananira ddala mu buli kimu.

Abazadde balina okuyiga okuwa abaana eddembe lye limu ery'obutafaanana ndowooza. Tebayinza kubayinza kufuga birowoozo bya bati ini baabwe; kye basobola okukola kwe kubawagira okulaba ebintu mu ngeri eyawukana ku yaabwe. Abazadde tebalina kubakaka. Abazadde bwe bafuna ekyekango, baba bajja kukivvuunuka. Bwe baba nga bamenyeddwa emitima, bagume bajja kumanyiira. Bino byonna bitera kubeera bizibu bya bazadde, sso si bya baana.

Kyokka, waliwo ekizibu ekigenda kikula ekya mukenenya (AIDS), ebiragalalagala, n'ebikolwa eby'obukambwe. Akabi eri abaana kati ka-

Ku bataata abamu okuleka bawala baabwe okukola kye baagala "okuwawaagula amatabi g'emiti" kibakaluubirira nnyo. Babakuuma ekiyitiridde olwo abawala ne balwawo nga babeesigamiddeko, ekibalemesa okuyiga okwesalirawo. Tebasobola wadde okuzza obuggya empapula zaabwe ez'okuvuga emmotoka, oba okujjuza empampula za yinsuwa oba okweggulirawo akawunti mu bbanka, oba okwevuga mu lugendo olw'essaawa ebbiri. Abazadde tebaaliganyizza kino kubaawo. Bayinza okuwa abaana obuyinza beesalirewo nga bakyali bato. Kiba kijja kuyambako omwana okusulako ewa mukwano gwe, okugenda okulambulako mu lusiisira lw'ebiseera by'ekyeya nga balabirirwa abazadde abeesigika.

**Engeri emu ey'okunnyonnyola okwemalirira!**

Okwemalirira gye mirundi gy'osalirawo, ebintu eby'enjawulo, oba ebintu omwana mw'ayinza okulonda abazadde bye bamuwa.

zibu nnyo okusinga bwe kyali edda, era "omuntu okuyigira ku nsobi ze" kuyinza okuvaamu ebizibu ebyamaanyi. "Kiki ekyatuuka ku mwana wange?" era "Lwaki tokula!" bye bigambo abazadde abamu ebitabava ku mimwa. Obuvubuka ky'ekiseera abazadde n'abaana we baddiramu okutunula mu nkolagana yaabwe okugirongoosa, era ky'ekiseera abantu abakulu we bateekeddwa okuweera abatiini okuluŋŋamya n'okugumya ebintu bye bajja okusigala nga basiima n'okujjukira.

Abazadde abasinga obungi bakizuula nti balina kitono eky'okwogera ku bintu abaana baabwe bye bakola ebiva mu bikolwa by'abaana baabwe bwe bitandika okubasukkako. Abazadde balina okukkiriza nti abaana baabwe baba bajja kwagala okubagoba ku mirimu gye bakola awaka nga "bamaneja," olwo bagezeeko okuwandiikibwa ku mirimu bupya nga omuntu "eyeebuuzibwako," aluŋŋamya era n'agenda mu maaso n'okubaako ne ky'akola ku mwana, awamu n'ekyo n'ayiga okuwaayo obuyinza bw'okufuga. Abazadde bwe beesiba ku ky'okufuga, baba bajja kuba n'entalo ezitakoma.

Abatiini abalina obuvunaanyizibwa bwennyini n'okwemalirira mu bulamu bwabwe, tebatera kunoonya kubifuna mu ngeri erimu okussa obulamu mu katyabaga.

Wadde nga abatiini bamanyiddwa nnyo mu kugamba bazadde baabwe babaveeko, abo abavudde mu butiini abasinga obungi bakkirizigaanya nti abavubuka mu nkukutu baba baagala okumanya nti bazadde baabwe bafaayo nnyo ku bibakwatako.

Eky'okulabirako, wadde nga Jimenez yakulira mu kitundu ebibinja by'abamenyi b'amateeka mwe baali beegiriisiza, bazadde be baamulabula obuteetaba mu bibinja ebyo. Agamba nti, "Nnakimanya nti bazadde bange baali banfaako, bwentyo nnali sseetaaga omuzimbo gw'amaka ebibinja ebyo gwe biwa, era bazadde bange bansomesa okwemalirira mu kulowooza n'obutamala gagoberera balala."

**Okwesiga Abaana + Okuluŋŋamya kw'abazadde > Okwesalirawo, Obuvunaanyizibwa.**

## Enkola Y'okukuzaamu Abaana Ky'ekola: Eyeesigamiziddwa Ku Kukozesa Obuyinza Nga Ogigeraageranyizza Ku Eyo Eyeesigamiziddwa Ku Kukozesa Amaanyi

Enkuza y'abaana eyeesigamiddwa ku buyinza yeeyo eyongera okuleetawo n'okuwagira okwemalirira, sso ate enkuza eyeesigamiddwa ku maanyi yo eba ezimba mu mwana okwesigamira ku balala. Wadde nga abantu abakulu bangi batera okufuna ekiseera ekizibu okusalawo, ku bamu, ekyo kizibu kyalubeerera ekitattana obulamu bwabwe obwabulijjo. Kibazibuwalira okusalawo wwa gye baba balya emmere, kiki kye bagula, oba basome ki. Ate abalala, bawulira nti kirungi okuwakanya endowooza z'abalala mu kifo ky'okukola okusalawo kwabwe.

Abaana ababa bakuziddwa mu ngeri yeesigamira ku maanyi bakuliramu okutya kwa mirundi ebiri. Okusooka kutya okulemererwa. Abantu abakulu abalina okutya mu kusalawo, kyabwe kiba kitera kuva mu buto we waabeerangawo omuntu eyabasalirangawo. Ebiseera ebisinga obungi, waabeerangawo omuntu yayagalanga kubakuuma baleme kulemererwa; oba kyali bubeezi kyangu okukola okusalawo okwangu. Abaana abaakuzibwa mu ngeri eyeesigamizibwa ku maanyi bagamba nti, "Lwaki nzikiriza okulemererwa nga ate omuntu omulala asobola okukinkolera?" Abaana bwe bati bakula tebasobola bulungi kulowooza era beewala okusalawo. Okwongera ku ekyo, olw'okuba baba bakuumibwa obutalemererwa, era baba



baggyiddwako okuwulira obulungi okutera okuddako nga omuntu akoze okusalawo okulungi.

Okutya okwokubiri kwe kutya okugaanibwa. Abaana abakuzibwa nga balimu okwesigamira okukkirizibwa okugoberera obuzadde obwesigamira ku maanyi, batera okukula nga beetaaga kwa Maama ne Taata. Wadde nga mu myaka gyabwe emito kino kiba kirungi nga era kyetaagisa, gye biggweera, okwetunulamu n'okwekkiririzaamu bigenda bikendeera. Okwekkiririzaamu bwe kubeera okunafu, baba bajja kujjulula okukkiriza okwo okuva ku Maama ne Taata bakuzze eri abantu abalala mu bulamu bwabwe. Endowooza yaabwe eyinza okuba nti: "Okuva okusalawo okukyamu bwe kuyinza okundeetera obutakkirizibwa n'okugaanibwa, kinsingirako obutabaako na kye nkola n'okwesigamira ku bantu abalala."

Ku ludda olulala, abazadde abeesigamira ku buyinza basomesa abaana baabwe okwaŋŋanya mu buvumu okulemererwa n'okugaanibwa. Mu kiseera kye kimu, bayamba abaana baabwe okukola ebintu ebiyinza okuvaamu ebizibu mu ngeri embale obulungi, nga kino kirungi nnyo mu kukola okusalawo okulungi. Mu kuwagira okwebeezaawo, abazadde bawa abaana baabwe omukisa okuyiga n'okuwangula mu mbeera nga bayita mu kubawa omukisa okulemererwa. Enjogera egamba nti: "Ndaga obuwanguzi nkulage. okulemererwa," eraga nti obuwanguzi bungi obuva mu kusooka okulemererwa. Abaana baba bajja kuyigira ku kulemererwa okwo nga beebuuza biki ebitaagenda bulungi olwo ne basalawo kye baba beewala omulundi oguddako olwo ne batandika buto.

Teekawo enkola egobererwa, naye totabula obutabeera mukalubu n'obutanywerera ku nsonga. Okuva okutataagana lwe kwongera amaanyi mu kubeera n'emirembe, okumanya ekiddirira n'okutegeera ekintu n'ekikivaamu, eba mbeera nkulu ey'obuzadde. Ekisumuluzo kya bino byonna kwe kwagala n'okuba n'obusobozi obw'okuba atakyukakyuka, era mu kiseera kye kimu, obutava ku mulamwa. Okukkiriza okukyuka okusinziira ku mbeera ebeerawo nga ako ke kabonero ak'obuzadde obwesigama ku buyinza ebeera ekwata ku bwenkanya n'okwagala okuddamu okwekenneenya ebiba bisaliddwawo, okusinziira ku mawulire amapya agaba gafuniddwa. Ebiruŋŋamya ebiteekebwawo aba-

> Omwana w'omuzadde eyakozesanga enkola eyeesigamiziddwa ku maanyi asanga obuzibu n'omwami oba mukyala we bw'atuuka mu biseera by'obufumbo: nga yeeraliikirira nnyo oba okubeera mu kukaayana buli kiseera!

zadde abakozesa enkola egoberera obuyinza ebiseera ebimu bikyuka, naye nga waliwo ensonga etegeerekeka.

Obutakyuka, ku ludda olulala, kwe kugaana kukyuka ne bwe wabaawo embeera eyeetagisa kukyuka. Obubaka abaana bwe bafuna ku bazadde baabwe abakozesa enkola eyeesigamizibwa ku maanyi bwe bugendera ku nkola eya "kubanga kye nagambye" oba "kubanga nze muzadde wo," oba "kola nga bwe ŋŋambye" (nga tembeera y'okulemererwa n'okuboolebwa okwewaggula kwabwe kubakozesa ensobi endala nnyingi ze baba bateetegese kwaŋŋanga. Ekiva mu ebyo byonna kuba kuggwaamu maanyi okutasobola kwewalika, okukkiriza okuwangulwa, n'okutandika okwenyooma. Obubonero bwa kino tubulaba mu bitundu byonna mwe tuwangaalira olwaleero mu mbeera y'obumenyi bw'amteeka obw'ekivubuka n'enneeyisa y'ekitiini eyonoona.

Omutawaana omulala oguva mu buzadde wali yadde kuwa nsonga oba okussaamu amagezi). Abaana oluvannyuma bayinza okutuuka ku ddaala we baggweeramu amaanyi ne bagaana okugoberera amateeka ga bazadde baabwe agatakyuka. Batandika okukola ebintu mu ngeri ya "ntambulira ku nkola yange era ku lwange" nga tebalowooza kugenda wala ku "kintu kye bakola n'ekinaavaamu." Olw'okuba baba tebatendekebwa mu ngeri ya kuyita mu obwesigamizibwa ku kukozesa amaanyi be baana abamu okweyisa mu mbeera ezaawukana ku ezo ezinnyonnyoddwa waggulu. Bavaamu abantu abakulu abatalina mugongo abakkiriza okutambulira mu nkwawa z'abalala. Bwe buba bufumbo, kino kivaamu embeera omuntu omu, eyeetaaga okufuga n'okukajjala ku mulala, bw'anoonya omuntu omulala eyeetaaga okufugibwa n'okukajjalibwako. Okukwatagana kwa bano kuvaamu enkolagana embi etera okuggweera mu bulumi n'okubulwa essanyu.



## Obukodyo Bw'okuzimba Okwetongola Mu Baana



Ebintu, okugeza obubondo bw'abamenyi b'amateeka, okukozesa ebiragalalagala, oba okwegadanga, mulimu emitawaana egyaddala n'ebivaamu ebitwaliriza ekiseera ekiwanvu. Emitawaana gino giviirako abazadde okufuuka bannaakyemalira mu kifo ky'okubeera abeebuuzibwako. Sso nga okukubaganya ebirowoozo ku bintu bino n'abaana bo n'okubeesiga biba bikulu nnyo. (Faber ne Mazlish1982) Liz ow'emyaka amakumiabiri nga yakulira mu California, agamba nti yasiima ekya bazadde be okubeera abanjulukufu buli lwe yabanga n'ebibuuzo by'ababuuza ku bikwata ku kwegadanga oba okukozesa ebiragalalagala. Baakizuula nti abaana ebintu ebipya awamu n'ekyo ne bamuwa obubaka obw'amaanyi ku kwewala okwegadanga n'okukozesa ebiragalalagala. Mikwano gye be yasomanga nabo bazadde baabwe abaagaananga okwogeranga nabo ku by'okukozesa ebiragalalagala oba okunywa omwenge, be bamu bulijjo abaanywanga omwenge bazadde baabwe bwe bataabeerangawo. Kiba kyamagezi okuwagira abaana okwekolera okusalawo okusinga okubasalirawo ku buli nsonga, kye kimu kitaabwe oba nnyaabwe amanyi kyenkana wa. Abatiini abalina obuvunaanyizibwa bwennyini obumala n'okwetongola, tebatera kukola bintu bitera kuvaamu mitawaana.

Abantu bwe bateekebwa mu mbeera y'obuteemalirira, batandika okuwulira obutasobola kweyamba, abutaba na mugaso, okwekyawa, n'obusungu. Kino kissa abazadde mu kusoberwa. Ku ludda olumu, abaana baba beesigamira ku ffe olw'okuba tebaba na bumanyirivu bumala. Bingi nnyo bye tuba tulina okubakolera, okubagamba, n'okubalaga. Ku ludda olulala, okwesigamira kuno kuyinza okuviiramu omuntu okubeera n'obulabe. Eky'omukisa, emikisa gy'okuwagira abaana okwetongola gizuuka buli lunaku. Buno wammanga bwe bumu ku bukodyo obuyinza okuyamba abaana okwetengerera: (Faber ne Mazlish 1982).

- Abazadde buli lwe bawuliriza abaana engeri gye bawuliramu oba ne bawulirira wamu embeera eyo, oba ne babateeka mu mbeera y'okugonjoolera wamu ekizibu, olwo baba bawagira eky'okwetengerera. Maama omu yagamba bw'ati: "Nkyawulira eddoboozi lya jjajange nga ligamba mu ngeri eyeegomba muliraanwa, 'Ye maama asinga obulungi. Akolera omwana we buli kimu!'" Abantu bangi abaakula nga balowooza nti bamaama abalungi beebo abakolera abaana baabwe buli kimu. N'ekisinga awo obubi, kwe kuba nga n'okubalowooleza baabalowoo-

Okugezaako okutangira omwana okuggwamu amaanyi era kumulemesa okuba n'essuubi, okulafuubana, okubeera n'ebirooto n'okubaako ne bye bawangula.

## EMBOOZI ENTUUFU ETEKKIRIZIKA!

Nnyina w'omwana omu yanyumya emboozi eno: Nzijukirira obumativu bwe nnafunanga nga abaana bange abasatu bonna banneetaaga. Nnawulira ngeri bwe nnakizuula nti essaawa ey'akade yali esobola okubazuukusa obulungi n'okunsinga; era bwe baayiga okubwesomera nnawulira ngeri bwe nnava ku mulimu gwange ogw'okubasomeranga obugero nga bagenda okwebaka.

Birowooozo byange ku baana okugenda nga beetongola ebitakwatagana bye byannyamba okutegeera emboozi ey'omusomesa omu ow'akasomero k'abaana abato, eyannyonnyola amaanyi ge yassaamu okumatiza maama omu nti mutabani we yali asobola okuba obulungi nga tatudde naye mu kibiina. Mu ddakiika ttaano nga maama agenze, omwana yasaba okugenda mu kaabuyonjo. Omusomesa bwe yamugamba agende, yamuumuunya nga si musanyufu nti, "Sisobola, kubanga mmange tali wano. Ye ankubira mu ngalo bwe mba mmaze." Omusomesa yamugamba nti, "Oso-bola okugenda mu kaabuyonjo oluvannyuma ne weekubira mu ngalo." Omwana yalabika nga asobeddwa, omusomesa kwe kumuwerekerako n'amulindira ku mulyango. Bwe waayita eddakiika ntono, yawulira nga omwana yeekubira mu ngalo.

Olweggulo maama yakubira omusomesa essimu n'amuganba nti omwana we yali azzeeyo ewaka n'amugamba nti: "Maama, kati nsobola okwekubira mu ngalo. Sikyaddayo kukwetaaga mu kaabuyonjo!"

Omusomesa yawoggana mu kwewuunya, "Osobola okukikkiriza, maama yagamba nti kino kyamukuba wala era kyali kikyamuyisa bubi!"

lezanga. Okufuga ekisusse kuggweera mu kuyombagana mu buntu obutaliimu, okuwakanya omuntu by'ayagala n'okuggwaamu amaanyi.

- Abazadde balina okugenda nga baddiza abaana obuvunaanyizibwa bwaabwe mpolampola. Buli lwe bawulira nti banaatera okuyingirira obuvunaanyizibwa obwo beetaaga okwebuuza nti, "Wano nnina wano eky'okusalawo? Nteekeddwa okweddiza obuvunaanyizibwa obwo? Nsobola okuleka abaana okukikola?"
- Enkola ennungi ye bulijjo okwebuuza nti: Biki bye njogera oba bye nkola ekyo ekifuula omwana anneesigamiddeko? Weewale okwogera oba okukola ebintu ebyo! Biki bye nnyinza okwogera oba okukola okuwagira omwana okwetengerera? Yogera era okole ebintu ebyo!

## LEKA ABAANA BASALEWO

Buuza omwana oba ayagala eggiraasi y'amata nnamba oba ya kitundu, oba nti ayagala omugaati omusiige ennyo oba akatono. Ku mwana buli kusalawo kuba kwongera mukisa okwongera okwefugira obulamu bwe. Ayinza okufuna embeera y'okutamwa n'obutategeerekeka bw'aba taweebwa mukisa kusalawo.

Buli kaseera biragiro bwe biti by'aba awulira:

"Oteekeddwa okumira eddagala lyo".
"Lekera awo okukuba ku mmeeza"
"Kati genda mu buliri".

Singa tusobola okumuwaayo okusalawo, okusalawo okwo kumumala okukendeeza okutamwa kwe. "Ndaba nga atayagala ddagala lino.

> Abantu abazibu okumatiza ku myaka gy'okuwummula emirimu be baana mu kiseera ky'okugenda mu buliri. (BROWN 1994)

Olowooza kiyinza okubeera ekyangu okulinywerako omubisi ogwa apo oba omucungwa?"

"Okukuba emmeeza nga eŋŋoma kummalako emirembe. Oyinza okulekera awo okugikuba n'osigala wano oba oyinza okugikubira mu kisenge kyo? Ggwe oba osalawo."

"Kino kiseera kya Maama ne Taata okwogeramu ate ggwe kiseera kyo kya kuba mu buliri. Oyagala kwebaka kati, oba oyinza okugira nga ozannyirako mu buliri bwo n'otuyita nga otuusizza okwebaka?

Okusalawo okukake kuba nga okutabaddeewo wabula ebeera ngeri ndala y'okufugamu omwana. Engeri endala yaakuyita mwana n'omusaba aleete ebiteeso bye ebiyinza okukkirizibwa buli muntu. Taata omu yagamba bw'ati: "Nze ne mukyala wange twali tunaatera okusala ekkubo ne Harry ow'emyaka esatu n'omwana omuto. Harry tayagala kumukwata ku mukono nga tusala era alwana okulaba nga yeetagguluza – ebiseera ebimu nga tuli mu luguudo wakati. Nga tetunnasala, nnamugamba nti: 'Harry oyinza okukwata omukono gwa maama, ogwange oba oyinza okuba n'ekirowoozo ekirala ekituufu.' Yalowoozamu kwe kugamba, 'Nja kukwata ku kigaali.' Okusalawo kwe kwali kulungi gye tuli."


## OKULAFUUBANA KW'OMWANA KUSSEEMU EKITIIBWA TOBUUZA BIBUUZO BINGI

Abaana bwe bagamba nti ekintu "kyangu," kiyinza obutabayamba. Bwe bawangula mu kukola ekintu ekyangu, bawulira muli nga tebakoze kyamaanyi. Naye, mu kifo ky'ekyo bwe baba bagambiddwa nti: "Ekyo osobola okukikola, era kyangu" oba nti "Ekyo kiyinza okubeera ekizibu," bafuna obubaka bulala. Bwe bakiwangula, bayinza okuwulira obulungi ennyo okukola ekintu ekizibu. Bwe baba balemereddwa, baba bamativu nti kye babadde beŋŋanze okukola tekibadde kyangu.

Abamu balowooza nti abazadde tebaba ba mazima bwe bagamba nti, "Ekyo kiyinza okuba ekizibu." Naye bwe baddamu okwekenneenya nga bagendedde ku busobozi bw'omwana atalina bumanyirivu, baba bajja kukizuula nti buli muntu akola ekintu omulundi gwe ogusooka, ddala kibeera kizibu. (Weewale okugamba nti, "Ekyo kiyinza okukubeerera ekizibu." Omwana ayinza okulowooza nti, "Lwaki ku nze? Lwaki si ku mulala.")

Ku bazadde abamu, tekigumiikirizika okuyimirira obuyimirizi awo ne batunuulira omwana nga alwana (bbo nga basaasira musaasire). Naye, mu kifo ky'okukolera omwana omulimu, kiba kisingako okumubuulirira obubuulizi ekiteekeddwa okukolebwa (okumuwa amawulire):

"Ebiseera ebimu kiyamba okusumulula zzipu okutuusa gy'ekoma nga tonnaba kugisibira ddala." Oba "Ebiseera ebimu kiyamba okusooka okunyonyoogera akapeesa ka kkufulu nga tonaddamu kukamyumyulira ddala." Ebigambo "ebiseera ebimu kiyamba" byamugaso nnyo wano kubanga singa kiba tekiyambye, omwana aba awonyezeddwa okuwulira nga alina ekimubulamu "Wagenze wa?" "Wabweru." "Wakozeeyo ki?"... "Tewali." Abaana bakozesa obukodyo bw'okwetaasa ku bibuuzo bye batali beeteegefu oba bye batayagala kwa-



nukula. “Simanyi” oba “Nvaako.” Kino tekitegeeza nti abazadde tebaliddayo kubuuza baana bibuuzo. Ekintu ekikulu kwe kumanya biki ebiyinza okuva mu bibuuzo. Ekibuuzo abazadde kye batera okubuuza ekirabika okutawaanya kye: “Olwaleero wanyumiddwa?” Ekibuuzo ekika kino tekibeera kirungi era kiteeka abaana mu mbeera enzibu. Abaana baabadde tebasuubirwa busuubirwa kugenda ku kabaga (k'esso mero, okuzannya, olusiisira…), naye era baabadde basuubirwa okunyumirwa. Bwe baba tebaanyumiddwa, baba baafunye ekizibu kye balina okukwataganya okwo kw'ogatta n'ekyabazadde baabwe. Abaana bawulira nti bamazeemu abazadde baabwe amaanyi olw'obutanyumirwa ku kabaga ke baabaddeko.

## TOPAPA KUDDAMU BIBUUZO

Mu kukula kwabwe, abaana babuuza olukunkumuli lw'ebibuuzo ebitawaanya: “Musoke kye ki?” “Lwaki omwana taddayo gye yava?” “Olina kugenda mu ttendekero eryawaggulu?” Abazadde ebiseera bingi bawulira bateereddwa ku nninga, olwo ne batakula emitwe okunoonya eby'okuddamu ebituufu amangu ago. Ebiseera ebisinga, abaana baba balina eky'okuddamu kye bamaze okulowooza. Naye kye baba baagala kwe kwongera okugaziya ku bye balowooza. Ebiseera ebisinga watera okubaawo ekiseera oluvannyuma omuntu omukulu w'ayinnza okuweera okuddamu “okutuufu”, bwe kiba kikyetaagisa. Okuddiramu awo ebibuuzo tekuyamba baana. Kiba nga ekiraga nti abazadde be babakolera eby'okwegezaamu eby'obwongo oba okubalowooleza okugenda ewala. Kiyambako okuddiza abaana ebibuuzo byabwe beeyongere okubirowoozaako:

“Ekyo okyewuunya. Ggwe olowooza ki?” Abazadde bayinza n'okuddamu ekibuuzo kye kimu.

“Lwaki abantu tebakola buli kye beetaaga?” Bayinza n'okukungiriza abuuzizza ekibuuzo:

“Obuuziza ekibuuzo kikulu nnyo, kyefaanaanyirizaako n'ekyo abakugu kye beebuuza emyaka n'ebisiibo egiyise.” Waliwo obwetaavu obutapapa; emitendera omuyitibwa okunoonya eky'okuddamu nagyo ku bwagyo mikulu.

## ABAANA BAKUBIRIZE BANOONYEREZEEKO N'EBWERU W'AWAKA

Engeri endala eyinza okukendeeza ku mpulira y'abaana ey'okwesigamira ku maka gokka kwe kubalaga nti ebweru w'amaka waliyo abantu abangi abawangaalirayo abalina eby'omugaso ebingi ebirinze obulinzi okweyambisibwa. Ensi si kifo ekigenyi; waliyo obuyambi obusobola okufunibwa buli we buba bwetaagiddwa.

Nga oggyeeko omugaso ogulabika obulabisi eri abaana, kiteewuluzaako ku bazadde okuba nga be bafuga ebiseera byonna. Omusawo w'essomero ayinza okukubaganya ebirowoozo n'abaana ku ndya ennungi n'omwana alina omugejjo; omutunzi w'engatto ayinza okunnyonnyola okukozesa lusejjera w'engatto buli kaseera kye kukola ebigere; omukuumi w'etterekero ly'ebitabo asobola okuyamba omuvubuka okumeggana n'ebigezo ebyetaaga okunoonyereza; n'omusawo w'amannyo asobola okunnyonnyola kiki ekituuka ku mannyo agaba gatasenyeddwa oba ekiyinza okuva mu kulya ebiwoomerera ekiyitiridde. Bino byonna ebiva ebweru, biyinza okudda mu kifo ky'entuumo n'entuumo z'ebigambo ebyaliwuliriziddwa okuva mu Maama ne Taata.

## TOTWALA SSUUBI

Essanyu ly'obulamu erisinga obungi liri mu kuloota, kufumiitiriza bintu bitaliiyo, kusuubira, na kukola nteekateeka. Abazadde bwe balemesa abaana okubaako mu mbeera y'okulemererwa, baba babagyako ebintu ebikulu mu bulamu.

# Ebintu Ebimu Ebiyinza Okuyamba Abazadde

Bino bye bintu ebirala ebiyinza okuyamba okuzimba okwetwala mu baana:

### BALEKE BABEERE BANNYINI MIBIRI GYABWE

Abazadde balina okwewala okuggyanga enviiri mu maaso g'abaana baabwe, okubatereeza ebifuba, okubakuba ebikalu, n'okubatereeza ebitogi. Enneeyisa eno eyise w'erina okukoma abaana bagiwulira nga okulumbagana ebintu ebibeeyawulidde.

### ABAANA TOBOOGERAKO NGA WEEBALI NE BWE BABA BATO BATYA

Abazadde baalyekubyemu akafaananyi nga bayimiridde ne nnyabwe abuulira mukwano gwe bino:

"Bwe yali mu ddaala erisooka teyali musanyufu olw'engeri gye yasomangamu, naye kati akola bulungi." Oba, "Tomufaako anti alinamu ku nsonyi." Abaana bwe bawulira nga boogerwako mu ngeri eno, bawulira okuswala. Baba bayisiddwa nga ebintu ebikalu oba eby'abalala.

### LEKA ABAANA BEDDIREMU EBIBABUUZIDDWA

Emirundi mingi omuzadde abuuzibwa ebibuuzo nga bino mu maaso g'omwana: "Ayagala omwana gwe baazadde?" "Lwaki tazannyisa kiddole kye ekipya?" Engeri entuufu ey'okussa ekitiibwa mu kwetongola kw'omwana kwe kuddamu omuntu abuuzizza nti, "Amiri asobola okukubuulira. Ye y'asinga okumanya."

### SSA EKITIIBWA MU "KWETEGEKA" KW'OMWANA OKUGGYA OLUVANNYUMA

Ebiseera ebimu omwana abaako ne ky'ayagala okukola ennyo naye nga takyeetegekedde mu birowoozo ne mu mubiri. Eky'okulabirako: "Ayinza okwagala okukozesa kaabuyonjo nga "omuwala omukulu", naye nga tannatuuka. Ayagala okugenda okuwuga nga muganda we, naye aky'atya amazzi. Omuwala ayagala kulekera awo okunuuna engalo, naye nga bw'aba akooye emubeerera nnungi nnyo. Mu kifo ky'okukaka abaana abato, okubabuulirira oba okubaswaza, abazadde bayinza okulaga abaana bano obwesige bwe babalinamu mu ngeri ennungi: "Gye buggyako, ojja kuba okozesa kaabuyonjo nga Maama oba Taata."

"Sifaayo. Bw'onooba omwetegefu, ojja kugenda mu mazzi owuge."

"Bw'onooba osazeewo okukikola, ojja kulekera awo okunuuna engalo."

> Umaru Ibn al-Khattab yagamba bw'ati:
>
> Zannya n'omwana wo emyaka omusanvu egisooka, musomese era omugunjule mu myaka omusanvu egiddako, olwo omufuule mukwano gwo mu myaka omusanvu egiddako. Awo omulekere eddembe.
>
> Okuyita [ebitendo ebimu eby'enneeyisa] empisa nga ozaawudde ku birala kifaanana n'okutwala enkizi (nga agyawudde) ku mubiri gw'omuntu omulamu. Empisa tezeetengerera zokka wabula nneeyisa yonna era etesobola kwawukana ku nnyiniyo. Okuba n'empisa ezaawaggulu tekitegeeza nti ojja kuba n'ebitendo ebisobola okubalibwa ku ngalo era ebikweyawulidde; kitegeeza muntu kubeera mujjuvu mu byonna by'asobola okubeera nga ayita mu kwetaba n'abalala mu bitongole by'obulamu byonna.
>
> John Denkey.

### WEEGENDEREZE OKUKOZESA "NEDDA" ENNYINGI

Wajja kubaawo emirundi mingi abazadde gye bajja okugaana abaana baabwe bye baagala. Awamu n'ekyo, "Nedda" eteri nsabike bulungi abaana baba bajja kugitegeera nga okulumbagana obutereevu obwetwaze bwabwe. Baleekaana, beesunguusula, boogera ebisongovu, oba ne banyiiga. Batandika okufukumulira omuzadde ebigambo nga, "Lwaki nedda...? Tolina kisa Wantama!" Kino kimalamu amaanyi n'abazadde abasinga okubeera abagumiikiriza. Abazadde baalisaanidde okufootookerera bagambe nti "Yee" ku buli kimu? Si bwe kyalibadde.

Eky'omukisa, waliwo engeri endala abazadde ze bayinza okweyambisa okulaga okunywerera ku nsonga naye nga tewamaze kubeerawo kaleegabikya. Eby'okulabirako kwe kufuula awaka aw'emirembe eri abaana okwetaayizaawo, oba okukyusa ebirowoozo byabwe okubizza ku kintu ekirala awatali kugamba nti "Nedda".

### WEEBUUZE KU MWANA WO

Abazadde bangi tebeebuuza ku baana baabwe Ku nsonga ezibakwatako. Bwe baagala okubatwala balyeko bonna olw'okuyita ebigezo, kyalibadde kirungi abaana ne beerondera ekirabo ky'emmere kye basinga okwagala. Akabaga kaabwe, si kako. Mu ngeri y'emu, abazadde bwe baba baagala okubagulira eky'okuzannyisa oba omuzannyo (game), baba balina okwebuuzibwako; ekitali ekyo abazadde bajja kukomekkereza nga baguze eby'okuzannyisa omwana by'anaakoowa okutunuulira oba n'akaaba. Kiba kikulu abaana ne beetaba mu nsonga mu kifo ky'abazadde okubakakaatikako bye baagala ne ne bye bataagala. Abaana bwe bayisibwa nga abali mu kintu, kiba kijja kuyamba okulongoosa endowooza y'omuzadde n'omwana.

### ABAANA BO BASOMESE OKWETONGOLA OKW'OBUVUNAANYIZIBWA

Okwetongola okukubirizibwa wano kwe kwo okulimu obuvunaanyizibwa, okwesigamidde ku misingi gy'enneeyisa ennungi, era okuluŋŋamiziddwa obulungi. Tekugendererwamu kubeera kwa kavuyo era okutaliimu kigendererwa, okuva ku muntu okwewaggula ku misingi gy'enneeyisa ennungi, empisa n'obuntubulamu. Abazadde bakubirizibwa okuzimba obulongoofu n'okwetongola, olwo abaana baabwe babe nga basobola okukola okwesalirawo okutuufu. Abaana bakulizeemu okwetongola n'obulongoofu olwo babe nga basobola okwaŋŋanga okusoomoozebwa okw'ekika kyonna.

## Kuwa Magezi Oba Kwetongola: Omuwala Ne Nnyina

Abazadde bwe bagambibwa nti okuwa abaana



amagezi kuba kuyingirira bwetwaze bwabwe, bangi ku bbo kino kibajja mu mbeera. Muli bawulira nti, "Kati kino kigenze wala!" Baba tebakitegeera lwaki balina okuggyibwako eddembe lyabwe ery'okugabana amagezi g'ekizadde n'obumanyirivu n'abaana baabwe.

EKY'OKULABIRAKO 1

Tutunuulira ekifaananyi kya maama atakoowa ne muwala we:

"Lwaki muwala wange taganyulwa mu magezi gange nga alina ekizibu? Muwala wange yali teyeekakasa oba anaagenda ku kabaga ka mukwano gwe ak'amatikkirwa kubanga yaliko abawala b'atayagala. Bulijjo 'bamugeya ne bamuvuma'. Kiba kibi ki okumugamba nti yaalimaze gagenda kubanga bw'atakikola aba ajja kuba ayisizza bubi mukwano gwe?"

Abazadde bwe baweerawo amagezi, abaana bayinza okuwulira nga bbo abatalina magezi ("Lwaki ekyo nze saakyerowoolezza"), abeetamiddwa ("Tombuulira ngeri gye nnina okuddukanyaamu obulamu bwange!"), oba okuwulira obusungu ("Kiki ekikulowoozesa nti ekyo saakirowoozezzaako dda?"). Abaana bwe beesalirawo kye baagala okukola, bakula n'okwekkiririzaamu era baba baagala okutwala obuvunaanyizibwa bw'ebyo bye baba basazeewo.

"Sibaako kye nkola nga omwana wange alina obuzibu? Emirundi gye mmugambye nti, 'ekyo kizibu kyo; kisalire amagezi,' azze alabika nga kimuyisa bubi." Abaana banyolwa nnyo era ne bawulira nga abatafiibwako buli bazadde baabwe lwe batafa ku bizibu byabwe. Wabula wakati w'embeera y'obutafaayo n'okuweerawo amagezi, omuzadde alina bingi by'ayinza okukola, okugeza:

- Abazadde bayinza okuyamba mu kutaggulula ebirowoozo ebitawaanya omwana n'engeri gy'awuliramu. "Okusinziira ku kye wagambye, olinga alina ebirowoozo eby'emirundi ebiri: Oyagala okugenda ku kabaga, naye toyagala kusisinkana bawala bali b'otayagala.
- Ekizibu bayinza okukigonza nga ekibuuzo. "Kati ekibuuzo kirabika okubeera nti, "Oyinza otya okufuna ekkubo okubeera ku kabaga n'osobola okugumira abawala abavumi?"" Oluvannyuma abazadde bwe bamala okubuuza ekibuuzo nga kino balina okusiriikiriramu. Akasirikiro kaabwe kawa omwana akaagaanya okuzuula eky'okukola.
- Abaana balage ebintu ebirala ebiyinza okukozesebwa ebiri wabweru w'amaka. "Ndaba nga ekitundu omuli ebya 'Abavubuka Abakulu' mu tterekero ly'ebitabo awali ebitabo ebimu eby'abatiini ebikwata ku ngeri y'okukwasaganya ebizibu ebitali bimu eby'empangaala y'abantu. Oyinza okwetaaga okulaba kye bigamba."

"Singa ebyo byonna mbikoze, naye ne ndowooza eky'okukola kye nkakasa nti ye tannakirowoozaako, nnyinza okukimugamba?" Yee, naddala nga omuwala amaze okufuna akadde okulowooza. Aba ajja kusobola okuwuliriza ekirowoozo ky'omuzadde, naddala singa kiba kireeteddwa mu ngeri eraga okussa ekitiibwa mu bwetwaze bwe: "Owulira otya singa otwala akatambi ka bakazannyiikirizi akapya ku kabaga? Oboolyawo abawala ebiseera bajja kubimalira mu kuseka mu kifo ky'okufa ku ggwe."

Ekirowoozo kitandike na "Owulira otya ku …" oba "Oyinza okulowooza ku kya …" Amagezi agalabika okubaamu ennyo eggumba ku ffe, gayinza obutabaamu nnyo nsonga ku mwana.

"Singa mba ndowooza nti yaaligenze ku kabaga, era nteekeddwa obutabaako na kye njogera?" Omuwala bw'amala okuvumbula ekizibu kye, kiyinza okuyamba okuwuliriza ebirowoozo by'omuzadde we:

"Kijja kunnuma okusubwa essanyu ly'akabaga olw'ebikolwa by'abawala abalala. Ndowooza nti kikulu okugenda ne siyiwaayo mukwano gwange ku matikkira ge ne bwe kiba kirimu okwewaayooko nga ssaddaaka."

Abaana balina okumanya ebintu abakulu bye

batwala nga ebikulu. Ne bwe baba basazeewo obutabikolerako olwaleero, abazadde baba babawadde eky'okulowoozaako n'ekyokuyiga.

EKYOKULABIRAKO 2
Maama omu yagamba bw'ati: "Nalwanagananga ne muwala wange ku by'okwambala buli lukedde. Kati, bw'eba teri kusoma, mmuleka n'ayambala nga bw'ayagala. Ku lunaku lw'okusoma mmuteerawo engoye bbiri ku buliri bwe n'alondako." Ekirungi ekiri ku yunifoomu y'essomero kwe kuba nga teriiko kwesiimira – n'olwekyo, tewabaawo kukaayana ku ky'okwambala!

EKYOKULABIRAKO 3
Maama wa Sam: "Nnalwa edda ne mmalawo obutakkiriziganya buli kakedde ne mutabani wange ku ky'okwambala oba obutayambala sweta oba jaketi. Nnamugamba bwenti, 'Sam, mbadde ndowooza. Kati mu kifo ky'okukubuuliranga eky'okwambala buli lunaku, ndowooza ojja kwegamba nga. Kati tukole ekipande tusalewo eky'okwambala ekinaagenderanga ku bbugumu eriri wabweru. Olwo ne tukolera wamu ekipande:
Twagula akuuma akapima ebbugumu n'akawanika wabweru ku muti. Kati buli kumakya atunula ku kapima ebbugumu era okukaayana kwakoma. Nneewulira nga amagezi gwe geesera."

| EBUGUMU LY'EBWERU | EKY'OKWAMBALA EKITUUFU |
|---|---|
| Diguli 69 eza Fahrenheit (20 Celsius) n'okwambuka: | Tossaako ssweta |
| Wakati wa diguli 50 ne 68 Fahrenheit (10 -20 Celsius) | Ssaako ssweta |
| Diguli 49 Fahrenheit (9 Celsius) n'okukka wansi: | Ssaako Jaketi enzito |

EKYOKULABIRAKO 4
Muna yabuuza nnyina bw'ati, "Lwaki tetugendako mu kafo konna akalungi okuwummula, okugeza nga e Bermuda oba Florida?" "Nnali ntandika bwe nti okumwanukula ne nzijukira nti nnali sirina. Kwe kubuuza nti: "Lwaki tetugenda?" Muna yatandika okutambulatambula mu ffumbiro n'agamba nti, 'Mmanyi, mmanyi ensonga… Kubanga kyabuseere nnyo… Kale, waakiri tusobola okugenda mu kkuumiro ly'ebisolo?"

## Abazadde Bwe Baba Tebaagala Mikwano Gya Baana Baabwe

Abazadde baagala abaana baabwe babe n'emikwano egy'eggonjebwa, abeesimbu, abagezi, era abatanywa mwenge oba ssigala oba okukozesa ebiragalalagala. Abazadde beetaaga okukuuma abaana baabwe ate, mu kiseera kye kimu, okuwagira okwetongola. Emikwano egisinga obungi egyeraliikiriza abazadde tegiwangaala. Abaana batera okukizuula nti owoomukwano gwe beegoombanga ku ntandikwa teyali muyitirivu. Okukkiriza omukwano ogutali mulungi okutwala ekiseera kyagwo kiyinza okukola obulungi okusinga okugezaako okuguyimiriza. Wano, kiba kikulu okumatiza obwetaavu omukwano ogwo bwe gumatiza, nga oyita mu kubuuza abaana kiki ddala kye baagala ku mukwano gwabwe oyo. Okuddamu ekibuuzo ekyo kuyinza okuwa abazadde ezimu ku nsonga lwaki abaana beesiba ku mukwano ogwo.

Abaana balina okuyiga okukolagana n'abantu abenjawulo. Ebiseera ebimu emikwano giba gitiisa era nga gyabulabe, okugeza abaana nga bafunye emikwano n'abantu ab'emize emibi oba abamenyi b'amateeka. Buba buvunaanyizibwa bw'abazadde okulemesa emikwano gy'abaana n'abantu abalina emize egitakkirizibwa.

Obuwagizi bw'ekizadde, obwesige, n'obugumiikiriza, biba bijja kuyamba abaana okwongera okulongoosa enkolagana yaabwe n'abalala. Abaana beetaaga ababaluŋŋamya basobole okutambula n'abantu abalala, okwewulira obulungi, n'okuba abavunaanyizibwa ku bikolwa byabwe.



**Muwalawo Omuwaliriza Okwesiba Akakaaya? Bya Noha Beshir**

Bazadde bange tebankakanga kukola bintu. Sijjukira mulundi na gumu bazadde bange lwe batanzikiriza kweronderawo. Bwe nnatuuka okwambala akakaaya mmange teyaŋŋambako nti oteekwa okukambala kubanga eddiini yo bw'egamba. Yannyonnyola lwaki tukambala era n'antegeeza nga ebiseera ebimu bwe kamalako emirembe sso ate n'okukambala mu biseera by'ekyeya bwe kitatetegeeza kwambalirako sweta oba ggyini. "Nedda, osobola okwambala empale ezoomunda ez'omubiri omutono ezikkiriza empewo okuyitamu n'oteerako essaati empewufu ey'amapeesa agasiba okutuukira ddala waggulu. Mu mbeera eno, mikwano gyo bwe gikubuuza lwaki oyambala otyo osobola okubawa ensonga nti ennyambala eyo ogikkiririzaamu, sso si nti kitundu ku ddiini yange oba nti bazadde bange bankaka okubyambala." Mu ngeri eyo ate nfuna abantu abantegeeza nga bwe "nnnina okwambala ekimu ku ebyo" nga mmaze okubabuulira lwaki mbyambala. Mu butuufu, mbadde mpulirira ddala emirembe ne bazadde bange. Si kugamba nti sisobola kuwangaala we batali. Olw'ensonga ezimu nneesanga nneeyongera okubawa ekitiibwa. Njagala aboomumaka era nneesanga mbabuulidde buli kimu. Nze ne muganda wange tukwatagana nnyo. Naye ekisinga obulungi ewaffe kwe kuba nga wadde Amiirah y'asinga obukulu awaka ate nga nze nsinga obuto, ffenna ewaffe twenkanankana.

**(Beshir ne Rida 1998)**



## Okuyamba Abaana Okukola Okusalawo Kwongera Amaanyi Mu Kwemalirira Kwabwe

Abazadde basobola okusomesa okwemalirira nga bayita mu kukola bino:

- Wa abaana emikisa beesalirewo (okugeza okulonda ekifo ab'awaka gye baba bagenda okwesanyusaamu oba okugabanya emirimu gy'awaka mu ngeri ennungi).

- Laga abaana engeri y'okupimamu ebintu by'okulondako eby'enjawulo, kuŋŋaanya amawulire ageetaagisa, era olowooze ku bintu ebiyinza okuva mu kusalawo kwabwe (okugeza, okusalawo ku ngoye ki ez'okwambala).

- Somesa abaana nti okusalawo kwabwe kulina ebikuvaamu ebibakwatako n'abantu abalala. Kozesa eby'okulabirako eby'okufuuweeta ssigala: Omuvubuka omutiini ayinza okunywa ssigala kubanga kirabika nga "ekikolwa eky'obukulu" awatali kulowooza ku bivaamu: okusiriira amannyo, ekisu ekimuvaamu nga assa, n'okwongeza emikisa gy'okulwala endwadde za kkookolo n'omutima. Okulima taaba nakyo kyonoona ettaka nga kimalamu ekiriisa. Okwongereza ku ekyo, ettaka eririmiddwako taaba lisobola okukozesebwa ku bintu ebirala nga okulima emmere oba okukolera abanaku engoye.

- Abaana balina okulagibwa nti obutasalawo mu kiseera ekituufu okusalawo we kwetaagisiza kiyinza okubeera ekibi nga okukola okusalawo "okukyamu".

- Abazadde balina okukkiriza okusalawo kw'abaana buli lwe kiba kisobose. Tewali kusalawo kutuukiridde, n'olwekyo abazadde balina okuwagira obusobozi bw'abaana baabwe okusalawo ne bakwongerako bulungi.

- Okusalawo kw'abaana kusinziira ku bye baagala n'ebyetaago byabwe era biyinza obutakwatagana na by'abazadde be.

- Amateeka oba ensalo z'okusalawo birina okuteekebwawo. Okusalawo okw'obulabe obweyolefu tekukkirizibwa, kale abazadde bateekeddwa okunnyonnyola abaana nga bwe batayinza kukkirizibwa kukola kusalawo okwo.




## Emitendera Omuyitibwa Okusalawo

Obusobozi mu kusalawo omuntu okwongera amaanyi mu kwekkiririzaamu kwe. Abaana abo abasobola okufuga obulamu bwabwe baba bategekebwa kuba abeeyimirizaawo, ab'obuvunaanyizibwa era abasanyufu mu bukulu. Abaana abeemalirira basobola okuyita mu mitendera gino:

- Okuzuula nti okusalawo kwetaagisa.
- Okunoonya amawulire ageetaagisa mu kusalawo.
- Okuzuula ebintu eby'enjawulo ebiyinza okugonjoola ekizibu ekimu.
- Okwekenneenya ebyo ebiyinza okuva mu kusalawo.
- Okwefumiitiriza ku bivaamu engeri gye bikwatagana n'ebigendererwa mu bulamu.
- Okumanya ensonga ennafu (okugeza okusendasendebwa ab'emyaka, okwagala okulaga nti okuze, n'okwagala okwewaggula) nga ogenda okusalawo.
- Okussa mu nkola ekyo ky'osazeewo: Omwana muwe ekiseera ekimala okusalangawo. Supiidi omwana kw'asalirawo ebintu etambula kyennyume kya myaka gye.

## Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 59: OKUPIMA ENGERI EMIRUNDI ABAZADDE GYE BABUUTIKIRA-MU ABAANA**

Gezaako okubuuza omwana obubuuzo obwangu kkumi ku mulamwa gwonna mu maaso ga muzadde we. Weetegereze olabe oba omwana ye yeddiramu ebibuuzo oba omuzadde abuukira n'ayanukulira omwana ebibuuzo. Omuwendo gw'ebibuuzo omuzadde by'addamu bye biraga emirundi omuzadde gy'afuŋŋama mu bulamu bw'omwana. Era tunula olabe omuzadde engeri gye yeeralikirira n'okubulwa emirembe nga alaba omwana we ameggana n'ekibuuzo ekizibu!

Abazadde balina okweyubula bave mu kubeera bamaneja ababuutikira bafuuke abawi b'amagezi abaluŋŋamya (okusobola okuyamba mu kwetongola okulungi eri abaana baabwe).

**EKYOKUKOLA 60: NNYONNYOLA ABANTU ENKOLA Y'OMUMAKA GAMMWE ESSIBWAKO OMULAKA**

Eba nsobi okukaka abaana baffe okufuuka ekyo kye twagala oba okuba nga ffe. Basigemu eddiini eyannamaddala, enkola entuufu n'ebyo ebyagalibwa mu nsi era gabanako nabo omuwendo gw'ossa mu kwagala abantu, ebisolo, ebimera n'obutonde bwonna.

Abaana b'ensangi zino beewuunyisa nnyo abazadde mu ngeri gye bayigamu okutuukiriza ebigendererwa byabwe. Yogerako n'aboomumaka go era obuuze abaana bo engeri gye banaakwasaganyaamu eby'omugaso bino.

**EKYOKUKOLA 61: OLI MUZADDE AWAGIRA OBA OYO AYINGIRIRA ABAANA?**

Tutandika obulamu ffekka, ne tufumbiriganwa n'oluvannyuma ne tufuna abaana. Mu myaka abiri mu maaso abaana bava awaka ne bagenda mu matendekero agaawaggulu.

Generaali MacArthur ne Pulezidenti Roosevelt baalina bamaama abaasenguka basobole okubabeera okumpi bwe baayingira amatendekero agaawaggulu. Tebaalina busimu buliwendinkufuna wadde empuliziganya ey'omukutu gwa Yintaneeti okusobola okulaba kye baabangako buli kaseera.

Abazadde abasinga obungi bakyogera nti bawa ekitiibwa ensalo z'abaana era nti tebeeyingiza mu bulamu bw'abaana baabwe. Bino wammanga bye bimu ku bibuuzo abazadde bye bayinza okwanukula okusobola okuvumbula enneeyisa yaabwe entuufu:

- Nfunda mmeka z'oyogerako n'omwana wo nga ali mu ttendekero ekkulu? Buli lunaku, buli ssabbiiti, buli mwezi?
- Oyogerako ne bappulofeesa b'omwana wo?
- Weenyigira mu kuyamba omwana mu mpapula ezimuwa obuzibu?

- Bw’okyalira omwana wo weenyigira mu kukola emirimu gye (okusiimuula ekisenge kye, okwoza engoye, okutwalayo kasasiro.)?
- Omwana wo bw’aba n’obuzibu ne munne bwe basula obiyingiramu?

Eby’okuddamu ebyo byogereko n’aboomumakaago. Oyinza okuyita mu ngeri zino okukwasaganya abayizi abatabeera waka:

- Leka omwana y’aba asooka okukukubira essimu. Kiyambako okumusomesa okwemalirira.
- Ebibuuzo by’essomero byonna birina kukolebwa muyizi.
- Omwana wo ali mu ttendekero ekkulu aba mukulu asobola okwerabirira era asobola okwekolera emirimu gye.

(Kantrowitz ne Tyre 2006)



ESSUULA 20

# Okutumbula Eky'obuyiiya


- Ebyanjula 426
- Ebintu Ebikulu Ebikwata Ku Kuyiiya 427
- Okuyiiya Okweyolefu Mu Byafaayo 429
- Okusannyalaza Obuyiiya Bw'abaana 430
- Endowooza Enkyamu Ezibiikiriza Obuyiiya 431
- Engeri Z'okukulaakulanyaamu Obuyiiya 432
    - *Embuuza Y'ebibuuzo Erimu Obuyiiya* 433
    - *Eby'okukola Ebyoleke* 433
    - *Obumanyirivu Obw'enjawulo* 433
    - *Okukubaganya Ebirowoozo Okutaliiko Kukugira* 433
    - *Emizannyo Egirimu Obuyiiya* 433
    - *Okuwandiika Kw'abaana* 434
    - *Ebitone* By'abaana 435
- Edowoooza Enkyamu: Birowoozo "Byangeri" Oba "Tebirina Mugaso" 436
- Abazadde Bye Bayinza Okukola 436
- Okwogera Ku By'okuzannyisa 437
- Ebyokukola 62 – 65 440

## Ebyanjula

OBUYIIYA ye ngeri omuntu gye yeeyolekamu. Abaana bawulira obumativu bungi bwe bennyonnyolako awatali abakuba ku mukono wadde okulamulwa. Okusobola okutondawo ekintu ekipya kitundu kikulu eky'obubumbwa obulungi. Okuyita mu kwolesa ebitone ebyenjawulo kuyinza okwongera ennyo mu kukulaakulanya obuyiiya mu baana. Abaana abayiiya basobola okwolesa n'okukwasaganya empulira yaabwe nga eno bwe bakulaakulanya ebitone byabwe. Okugezaako engeri empya ez'okulowooza n'okugonjoola ebizibu bitendo ebiraga omwana omuyiiya.




Omuntu omuyiiya tuyinza okumunnyonnyola nga oyo ayagala ennyo okumanya, anyumirwa okusoomoozebwa, ataggwaamu ssuubi, asobola okulindiriza okulamula, era alina okufumiitiriza. Abantu abayiiya ebizibu babiraba nga emikisa, basoomooza ebirowoozebwa ku nsonga, bakola nnyo, tebamala gakkiriza kuwangulwa, era balemera ku nsonga. Abantu bangi balemererwa kubanga bamala eddakiika mwenda zokka ku kizibu ekyetaaga eddakiika ekkumi okugonjoolwa.

Abaana beetaaga obudde obugazi, obutaliimu kupapa okusobola okuvumbula n'okukola omulimu gwabwe ogusinga obulungi.

Tebalina kuyimirizibwa ne basabibwa okugenda ku kintu ekirala bwe baba nga bakyalina kye bakola era nga bakyalina amaanyi agava ku kitundu ky'omulimu ekirimu okuyiiya. Beetaaga ekifo we bayinza okuleka ekintu kyabwe ekitawedde bakiddire oluvannyuma, era beetaaga ekifo ekibasikiriza okukola omulimu gwabwe ogusinga obulungi. Embeera y'awaka eteriimu bulamu tesikiriza kukola bintu ebirimu okuyiiya. Abaana beetaaga ekifo ekirimu ekitangaala eky'obutonde, langi ezikwatagana, entebe eziwa emirembe n'ebifo omugya abaana. Ekisenge kirina okulaga eby'okulabirako eby'ebintu bye baba bakoze n'ebyabalala. Abazadde balina okukkiriza ensobi, okuwagira abaana okukola ebintu ebyeraaliikiriza, n'okutumbula ebintu ebitali byabulijjo. Obuyiiya bwetaagamu okusoberwa okugere, okuwoggana, eddembe, awatali kacankalano oba okukugira okuyitiridde.

Nga omuzadde, olina kinene nnyo ky'okola ku buyiiya bw'omwana wo.

Okutegeera ebintu okugenda ewala n'obukugu mu kugonjoola ebizibu biyinza okukulaakulanyizibwa mu kubeera abatandika ebintu n'okunyumirwa. Ku mwana omuto, okubaako ne ky'akola kye kintu ekikulu, ekintu ekiwedde si kya makulu nnyo. Weewale okwogera ebigambo nga: "Ekyo kyalabise nga ekinyuma" oba "Kino wakikoleredde nnyo" mu kifo ky'ebigambo ebyogera ku ngeri omwana gy'ategeeramu ekintu, n'okwogera ku ngeri gye kirimu ekyenjawulo. Abaana bangi abategeera amangu okukyuka mu bintu bafuna okutya kungi ne bava ku kuyiiya bwe baba nga basuubirwa okubaako ne kye bakola. Omwana atandika okubaako ne ky'asiiga, ky'azimba, oba ky'ayimba asobole okusanyusa omuntu omukulu aba amaliddwako ekibadde kimuwujja okuyiiya. Kkiriza era osiime okukozesa ku bintu by'awaka okulimu okuyiiya okugeza amaseppiki, ensuwa, ebidomola, n'emitto. Abato abatannatandika kusoma bawe ebyetaagisa mu kusiiga amangu nga bwe kisoboka.

Ow'emyaka ebiri alina akameeza ke akampi okusiigirako ebifaananyi mu ffumbiro asobola okuba omuyiiya ennyo okusinga munne bwe benkana nga ye alinda kumuggyirayo langi waggulu ku masa gy'atatuuka. Toteekawo mateeka mangi agaleetera okusiiga ebifaananyi okuba ekizibu okusinga bwe kisuubirwa okuba. Okwanguyirwa kye kisumuluzo ekituusa ku buwanguzi mu bifaananyi eby'ekito. Abaana bwe bagenda bakula, osobola okusuubira okweyongera okukola ebintu ebiyonjo.

Amaanyi agamalibwa mu kutuukiriza amateeka g'obuyonjo gaba gajja kutoola ku maanyi ag'okuvumbula n'okuyiiya ebipya. Buli mwana yeetaaga okuyiga eddembe ly'abalala n'amateeka g'okwekuuma. Bwewatabaawo nkola nuŋŋamu ey'ebisuubirwa, okuvumbula n'okuleeta ebipya kutera okuggweera mu kavuyo. Wabula omwana akuumibwa obutiribiri yeerekereza okukola ebipya n'okuvumbula olw'okwagala okukola ebikkirizibwa. Omwana bw'awulira nti omugaso gwe guli mu kubeera muyonjo era ali mu mbeera ennungi, olwo waba wajja kuba amaanyi matono oba obuvumu ebiteekebwa mu kuyiiya. Obuyiiya busaanyizibwawo singa ebigambo nga "beera mwegendereza ekyo kiyonje!"



bye bikozesebwa buli jjo nga waliwo ekikolebwa. Ekintu kye kimu kituukirira ku bintu ebyongera amaanyi mu kwagala okumanya n'okwagala okuvumbula. Bino nabyo bisaanyizibwawo bwe wabeerawo okufuga okuyitiridde

## Ebintu Ebikulu Ebikwata ku Kuyiiya

Gano ge magezi agaweebwa ku kutumbula eby'obuyiiya.

- Kozesa ebirowoozo by'abaana mu kifo ky'okugezaako okubikyusa okusinziira ku ggwe. Kkiriza ebirowoozo ebitali byabulijjo okuva mu baana bo era mubikubaganyeeko ebirowoozo.
- Kozesa obuyiiya obugonjoola ensonga ezigwawo mu bulamu obwabulijjo. Abaana bawe eddembe okukola ensobi. Abaana baleke bagezeeko awatali kutya kulemererwa.
- Wa abaana obudde okuvumbula buli ekisoboka.
- Wagira abaana okugezesa ebintu ebitali byabulijjo. Wuliriza abaana bye bagamba ne bye babuuza. Yongera okutangaala ku baana bye baba balabye nga oddamu ebyo by'owulidde nga bw'obuuza n'ebibuuzo ku kifunuddwa.
- Teekawo embeera esikiriza abaana gye bayinza okwagala. Abaana bawe ebintu ebiwera omuli ebikozesebwa, ebitabo, n'emizannyo n'emikisa emingi okugezesa ebikozesebwa bino.
- Abaana basobozese okumanya eby'obuwangwa eby'enjawulo, ebintu abantu bye bayiseemu, abantu, eddiini, n'engeri ez'enjawulo ez'okulowooza. Abaana baleke balabe nti waliwo engeri ez'enjawulo okulowozaamu ku kizibu ekimu. Kyalirako amaterekero g'abaana ag'ebyedda.



**Omuyizi Omuyiiya: Obuzibu nga Obugeraageranyizza n'Obwangu**

Omuyizi omu yaweebwa yintaviyu okuweebwa ekifo mu ttendekero erimu ery'amaanyi ery'obyenzirukanya y'emirimu. Abuuza yamugamba bw'ati: "Nja kukubuuza ebibuuzo kkumi ebyangu oba kimu ekizibu ennyo. Lowooza bulungi."
Omulenzi yamuddamu nti: "Mbuuza kimu ekizibu ennyo."
Kati mbuulira kino, "Kiki ekisooka kinnaakyo, kiro oba misana?"
"MISANA Ssebo!"
Abuuza kwe kubuuza nti, "Kijja kitya?"
"Nsonyiwa Ssebo, walagaanyisizza nti tojja kumbuuza kibuuzo kizibu KYAKUBIRI!."
Yali amumezze! Okumanya okwekikugu kwe kwetegereza obuzibu sso ate obuyiiya kwe kwetegereza obwangu. Baamulonda!
Akakodyo k'Obukugu kwe kukenkuka mu bizibu, sso nga obuyiiya kwe kukenkuka mu byangu!

- Siima engeri empya ez'okulowooza. Gabanako n'abaana pulojekiti zo ez'ebitone eby'enjawulo, ez'ebyassaayansi n'ezebyokuyiiya. Abaana okwetaba mu pulojekiti z'olinamu obujjumbize obwamaanyi kuba kujja kuteeka amaanyi mu bujjumbize bwabwe.
- Okulemera ku nsonga olw'okuwa eky'okulabirako. Wagira abaana okumaliriza pulojekiti nga owagira buli mutendera era obayambe okutegeera amaanyi gaabwe we gali n'obunafu.
- Gumiikiriza "ebigaanyi". Abaana baleke bakimanye nti si buli lunaku nti omuntu alina okufuna eky'okuddamu "ekituufu" ku buli kizibu. Okuyiiya n'enkola omutali bitwalibwa nga byamuwendo.
- Wagira okwefumiitiriza kw'omwana wo. Abantu abayiiya bawulira emirembe mu birowoozo

eby'engeri, ebiwaawaaza, n'ebitali byabulijjo. Okukubaganya ebirowoozo kuba kujja kuyamba okuleeta ebirowoozo ebitali byabulijjo era eby'amakulu.

- Tumbula endowooza eraba nti n'ensobi zaanirizibwa. Okulemererwa si katyabaga, wabula mukisa gwa kuyiga era kkubo eriyinza okutuusa omuntu ku buwanguzi. Omukulu omu y'alabula abakozi be abaddukanya emirimu abapya nti, "Kakasa nti okola omuwendo gw'ensobi eziwera".
- Zuula ekirungi mu kibi. Abo abayiiya abalowooza, bwe bafuna ebigonjoola ebizibu nga binafu, babuuza nti, "Kirungi ki ekikirimu?" Wayinza okubaawo eky'omugaso ne mu birowoozo ebisinga obubi.

**Yawula Ekirungi mu Kibi**
Abayizi tubaagazise tutya okusoma obulungi? Eky'okukola: baswanyuulemu akaggo ku butuuliro! Eno si y'engeri entuufu ey'okukolamu, kubanga mu ngeri emu tekikirizibwa mu mateeka. Wabula, tumale gakisuula bbali? Lwaki tetubuuza nti: "Kirungi ki ekirimu?" Kino kiwa okufaayo okwa ssekinnoomu eri abatakola bulungi; kyongera obujjumbize eri abayizi abalala n'omuyizi yennyini akubiddwa; kyangu ate nga tekirina kyamaanyi kiteekebwamu. Ekibuuzo ekiddako kiri nti, "Tusobola okutwala oba okuyingiza ebirungi bino ebimu mu kufuna okugonjoola ebizibu okukkirizika, ky'ekimu kivudde mu kirala oba kipya oba nedda?"
Tumala gafubutukira endowooza n'okukkiriza nti okugonjoola ekizibu obubi kibi mu buli ngeri. Ekituufu kiri nti, muyinza okubaamu ebitundu ebirungi bye tuyinza okweyazika, oba kiyinza obutakola bulungi nnyo ekintu ekisaanira okukolebwa obulungi. Era nti, ebiseera ebisinga, amagezi amabi gaba galina oludda olulabikira ddala obubi, nga singa lutereezeddwa, luba lujja kulekawo amagezi amalungi.

## Okuyiiya Okweyolefu Mu Byafaayo

1. Abantu abayiiya banoonya kwongerako ku mutindo. Ekyokulabirako, siyaagi eyasookera ddala yakolebwa mu masavu ga nnyama ya nte, mata, mazzi n'ekibeere ky'ente ekisaleesale. Ono yali taliimu migaso gwa bulamu era nga tawooma. Oluvannyuma awo ku ntandikwa y'ekyasa eky'amakumiabiri, amasavu g'ennyama gaabula ekyafuula okukola ssiyaagi okuzibu. Olwo baalina kukozesa ki? Abakozi ba siyaagi baatandika okumuggya mu bimera. Omuzigo oguva mu ssoya, emberenge, n'entungo bye balonda okukozesa bikyakozesebwa na kati. Ssiyaagi yafuuka alimu ekiriisa era n'awooma okusinga ku mukadde.
2. Okuba omuyiiya tekikwetaagisa kuba kafulu. Bannassayansi abakugu era abatendeke ennyo abaakolanga mu bwengula ku ntandikwa baali baalemwa okukola ekkalaamu (ppeeni) okuwandiikira mu bwengula. Amagezi: kukozesa kkalaamu enkalu. Wabula oluvannyuma kkampuni emu yakola ekkalaamu eya ppeeni nga eri ku byayo teri mu pulogulaamu y'omubwengula bwe yamala n'esaba NASA okugigezesa. Yawandiika era nga kati y'ekozesebwa ebitongole bya US ne Soviet eby'omubwengula.
3. Ekizibu kiyinza okuvaamu okugonjoola ekizibu. Ekintu omuntu omu ky'ayita ekizibu ate kisobola okuba "omukisa" ku muntu omulala.



Ekyokulabirako, amangu nga baakavumbula ggaamu (ssupaggulu), baakizuula nti bw'otaba mwegendereza asobola okukwasa wamu engalo. Ekizibu kino – eky'ensusu z'engalo okwegatta olubee-



rera – kyalabwa mangu nga ekyalina ekizibu kye kigonjoola. Abasawo abalongoosa abantu mu Vietnam baatandika okukozesa ssupaggulu okuziba ebiwundu.

Ekyokulabirako ekirala ku ggaamu: Omutabuzi w'eddagala omu mu kitongole kya 3M mu Amerika yali agezesa ggaamu n'afuna eyali omunafu nga omuntu yali asobola okumusumbula amangu. Ggaamu atakwata? Ekyo kyali kizibu. Wabula, ekizibu kino kyafuulibwa ekirina ekizibu kye kigonjoola. Mu 1980 ekiyiiye ekipya kyateekebwa ku katale nga bwe bupaupla bwa Post-it era nga olwaleero ekiyiiye kikozesebwa mu buli nsi.

## Okusannyalaza Obuyiiya Bw'abaana

Oboolyawo kyennyamiza okuba nga tuteeka omuwendo munene ku buyiiya naye ate ne tubwonoona mu baana. Amabile ne Hennessey (1992) baayogera ku bintu ebitera okubeera "ebitta okuyiiya" nga bikyakola n'olwaleero:

- Okuketterera ennyo abaana – Okulingiriza ennyo abaana ne batuuka okuwulira muli nti buli kiseera waliwo alondoola bye bakola kireetera okugezaako okukola ebintu ebiyinza okuvaamu ebizibu n'obuyiiya bwabwe okubula.
- Okulamula okw'obukambwe – Bwe tweraiikiriza abaana olutakoma ku ebyo bye bakola, obuyiiya bwabwe bukendeera.
- Okusiima okuyitawo – Okukozesa ebirabo mu ngeri esusse kikendeeza essanyu ly'omwana eryomunda lye yaalifunye nga ayiiyizzaayo ekintu ekipya. Abantu bwe baba tebasuubira kirabo, babeera bayiiya okusingawo era banyumirwa ebigenda mu maaso okusingawo. Ekirabo ekitasuubirwa ekijja oluvannyuma lw'okumaliriza omulimu kiba kyamuwendo naye tekiyamba buyiiya bwa muntu. Okusikiriza okususse okutava mu-

nda mu muntu (okugeza ssente oba ebirala ebiweebwa omwana) bikotoggera eky'obuyiiya.

- Okuvuganya okususse – Okuteeka abaana mu mbeera y'okuvuganya n'abalala kyonoona ekibawa amaanyi okukola ebintu n'obuyiiya.
- Okukugira Emikisa – Okubuulira abaana ebintu bye balina okukola mu kifo ky'okubaleka bbo ne bagoberera bye bagaala, kyonoona ekyagala n'obuyiiya.
- Okwewanisa abaana emitima – Okussa abaana mu mbeera nti basuubirwamu kinene nnyo kikendeeza obuyiiya bwabwe.

## Endowooza Enkyamu Eziziba Obuyiiya

Endowooza Enkyamu Ezibiikiriza Obuyiiya Waliwo engeri endala nnyingi nnyo eziziyiza obuyiiya. Bino wammanga bigambo ebitera okukozesebwa ne bizibikira eky'obuyiiya mu baana.

- *Eee Nedda*, waliwo ekizibu! Ebiseera ebimu engeri ekizibu gye kikwatibwamu eyinza okubeera ekizibu ekinene n'okusinga ekizibu kyennyini. Ekizibu tekiteekeddwa kuzimbulukusibwa kusinga we kyandikomye. Abantu abasanyufu baaniriza ebizibu nga babitunuulira nga emikisa egiyamba okwongera okutereeza ekintu. Ekizibu y'enjawulo ebaawo wakati w'ekyo kye tulina ne kye twagala. Wabaawo ekisinga ku ekyo ekiriwo, era obuyiiya buyinza okukuyamba.
- *Tekisoboka kukolebwa.* Kino kiringa okuwanika nga n'olutalo terunnabaawo. Okugamba nti ekintu tekisoboka kuba kuwa kizibu maanyi ge kitaabadde nago. Okuwanika amangu nga n'ekintu tonnakitandikako y'endwadde esinga obubi. Fumiitiriza ku mbeera nga ffenna twalekera awo okugezaako: abantu tebandibuuse mu bbanga, endwadde tezandiwonyezeddwa, n'ebizungirizi tebyandikomyengawo kuva mu bwengula. Endowooza entuufu yandibadde nti: "Ekizibu tukikolerawo amangu ago; ekitasoboka kitwalako akaseera."
- *Ekyo Tosobola Kukikola.* Oba nti: Teri ky'osobola kukola. Abantu abamu balowooza nti, "Kale, ekizibu kiyinza okugonjoolwa omukugu naye nze sirina busobozi bumala." "Ekyo sisobola kukigonjoola kubanga siri mukugu." Ekituufu kiri nti, ebintu ebiyiiyizibwa bingi mu makolero biva mu bantu ssekinnoomu nga babikolera wabweru mu bifo by'okuyiiya (sso si bibinja bya banoonyereza). Endowooza ennungi n'obukugu obulungi bisobola okugonjoola buli kizibu. Okwewaayo okugonjoola ekizibu ekyo kye kikulu. Wadde nga tosobola kumalirawo ddala kizibu ekyo ku nsi, bulijjo osobola okulongoosa ku mbeera.

**Abagenda mu maaso beebo ab'amaanyi abasobola okugumira okusekererwa. Ensobi si kintu kyakunyumirwa wabula awatali kubuusbuusa ziba za kuyigirako.**



Thomas Edison, bwe yali anoonya oluwuzi oluyinza okukola mu ttaala ey'amasannyalaze, yagezaako okukozesa oluviiri okuva mu kirevu kya mukwano gwe n'ebintu ebirala lukumi mu lunaana. Nga yaakakozesaako ebintu nga 1000 waliwo, eyamubuuza oba amaanyi gaali gamuweddemu. Yagamba bugambi nti, "Njizeemu ebintu bingi nnyo – kati mmanyi ebintu lukumi ebitasobola kukola."

Obwakafulu Bw'abatali Bakugu mu Kintu!

- Abooluganda Bawright abaayiiya ennyonyi tebaali bayinginiya mu by'e-nnyonyi, baali bamakanika ba bugaali.
- Akafumu ka ppeeni tekaayiiyizibwa Yinginiya wabula kaayiyizibwa asoma mu biwandiike eby'ekyuma ekikuba ebyapa, Ladisloa Biro.
- Okugenda ewala mu kuteekateeka enfaanana y'emmeeri zirubbira kwako-lebwa munnaddiini Omungereza G. W. Garrett n'omusomesa Omu-Irish John Holland.
- Ekyuma ekisunsula ppamba kyayiyizibwa munnamateeka era omuso-mesa, Eli Whitney.
- Ekyuma ekizikiza omuliro kyayiyizibwa munnamaggye, George Manby.
- Obuveera bwa filimu obwa langi bwayiiyizibwa abayimbi babiri.
- Amakubo omuyitibwa okusaanuusa ebyuma gaayiiyizibwa mukozi wa ssaawa (nga azannyisa ekikomo kya brass ekiggyemu ebyuma).
- Abakozi ba ssabbuuni baakozesa ebirungo ebyayiiyizibwa abatabuzi ba langi.




- *Ekyo kya kito.* Mu kaweefube waffe ow'o-kulaba nti bulijjo tweyisa kikulu n'abantu abatali bangu, tutera okunyooma eby'obuyii-ya n'okuzannyirira. Wabula, bw'ogonjoola ekizibu ne kitaasa obufumbo bwo, oba ne kikuviirako okukuzibwa ku mulimu, oba ne kitaasa mukwano gwo eyandyesse, oyinza okufaayo singa abantu ekkubo ly'oyitamu baliyise "byakito?" Okwo gattako okwebuuza nti, abaffe okuzannya tekuleeta essanyu lingi?
- *Abantu banaalowooza ki?* Waliwo okunyi-girizibwa okw'amaanyi okuva mu kitundu okuteekebwa ku muntu okubeera omutuuze omulungi, okubeera omuntu owaabulijjo, n'okubeera omuntu omutuufu. Bino wam-manga bye by'okulabirako:
  *Omuntu Omuyiiya:* "Njagala kwongera mazzi mu micungwa gyange gisaabulukuke."
  *Omuntu Owaabulijjo:* "Oli wangeri, okima-nyi?"
  *Omuntu Omuyiiya:* "Tufumba mu ttumbi."
  *Omuntu Owaabulijjo:* "Muli balalu?"
  *Omuntu Omuyiiya:* "Lwaki tetwongeramuu-ko ku katunguluccumu oba akalo?"
  *Omuntu Owaabulijjo:* "Guno omucuuzi tegu-byetaaga."
- *Oyinza okulemererwa.* Geraageranya nti okutya okulemererwa kwe kukuluŋŋamya mu kukola kwo ebintu ebiyinza okuvaamu ebizibu na byonna by'oba ogezaako. Oge-zaako ebintu 3 byokka omwaka olw'okuba ebyo bye weekakasaamu obuwanguzi. Ku nkomerero y'omwaka obubonero bw'ofuna: Obuwanguzi 3, Okulemererwa 0. Kati tee-bereza nti omwaka ogujja tofaayo ku kule-mererwa, bw'otyo n'ogezeeko ebintu 12. Ole-mererwako 6 ku byo. Obubonero buba: Obuwanguzi 6, Okulemererwa 6. Otwalako kiri wa – obuwanguzi 3 oba 6? Fumiitiriza n'okulemererwa mu bintu ekkumineebibiri kye kuba kukusomesezza.

## Engeri Z'okukulaakulanyaamu Obuyiiya

Waliwo engeri nnyingi ez'okukulaakulanyamu obuyiiya, tukuleeteddeko ezimu wammanga:

### EMBUUZA Y'EBIBUUZO ERIMU OBUYIIYA

Omwana mubuuze ebibuuzo ebiri waggulu mu mutindo. Ebibuuzo bino bikozesa obwongo bwonna kubanga bitwaliramu amagezi agavaako enneeyisa y'omuntu n'amagezi agalowooza n'ageekifo. okwewuunyisa, empeweevu, era ekola obulungi, omuntu gy'asobola okufumiitiriza, oba ekisuwa, omunaala oba lutikko eyo eyakwata omubabiro gw'okukuba ebifaananyi n'obukkiriza mu ngeri ey'enjawulo mu byonna?

- Waliwo omuntu asobola okuleeta ebirowoozo ebipya, oba kuba kuddamu kuvumbula bupya ebirowoozo ebikadde?
- Kiki ekisingako obuzibu – kutandika pulojekiti erimu okuyiiya, oba okugimaliriza? Lwaki?
- Obuyiiya obusobozesa abantu okumala ebizibu bwawukana n'obuyiiya obwetaagibwa okusiiga ebifaananyi?

### EBYOKUKOLA EBYOLEKE

- Funa olunaku oludda emabega, mu kifo ky'ekyenkya ggwe otandike na kyaggulo.
- Kozesa ekyuma ekyokya empapula oba kompyuta okugezza ebintu ebitono oba okutoniya ebinene. Kola ate ebinene obitoniye. Biteeketeeke wamu.
- Kolayo omuzannyo gwa kkaada. Oyinza ku kukyusa omuzannyo gw'omanyi, oluvannyuma n'oddamu n'ogukyusa: omuzannyo ogukozesa eddenge, okuzannyisa eddenge ebbiri, n'emirala.
- Tandika okufumba nga okozesa ebirungo ebipya by'otakozesangako. Weeyambise kawoowo okuzuula eky'okukola.
- Genda ku mutimbagano otandike okuzannya omuzannyo nga okunoonya ebifo togoberera bikuweereddwa wabula ennukuta esooka ku kifo. Laba ebintu ebimaze galondebwa n'ebifo ebisanyusa by'osanga.

- Tondawo embeera mu kifo gye waaliyagadde okubeeramu. Kozesa bintu byamunju byokka n'ebikozesebwa eby'obutonde.
- Weeyiiyizeeyo ebitontome ebibyo nga okozese ebigambo ebikujjira.

### OBUMANYIRIVU OBW'ENJAWULO

- Gatta amawanga amatabule, obuwangwa obwenjawulo, n'eddiini ez'enjawulo mu ngeri z'okuyiiya.
- Fumiitiriza nti ova mu sengendo mulala. Weefuule okuba nga okyalira zisengendo endala. Okufumiitiriza n'okwefuula ekirala bitumbula obuyiiya.

### OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO OKUTALIIKO KUKUGIRA

- Omwana mukwase ebbumba omugambe nti yeefaanaanyirize nti ye bbumba.
- Omwana muteeke mu biseera n'ebifo eby'enjawulo. Okugeza, gamba omwana annyonnyole engeri gye yandifumbyemu emmere nga tewali masannyalaze, seppiki oba entamu.
- Wandiika olukalala lw'ebibuuzo by'olowooza nti tebisoboka kuddibwamu.



### EMIZANNYO EGIRIMU OBUYIIYA

Abaana bo baleke bakozese ebintu ebyabulijjo mu ngeri eteri yaabulijjo. Weenyigire mu mizannyo egirimu eby'okulabirako, egitali mye-



tegekere, n'egiraga eky'okukola olunaku lwonna. Okuviira ddala mu buto, okuzannya kuyamba mu kukula nga kuyita mu kutumbula okukula kw'obusimu obuvumbula n'obukugu mu ntambula y'ebiyungo. Nga bayita mu kuzannya n'okuddiŋŋana obukugu bw'okukozesa omubiri, abaana bakuguka mu bintu ebizibu ebyetaagisa okukozesa amaanyi.


Abaana abazannyisa bulooka basisinkana okusoomooza okukwatagana n'okupima, okwenkanyankanya, okutereeza, ekifaananyi n'enkwatagana y'ekifo. Okuzannya okwa katemba kitegeeza kugeegeenya ebintu abantu bye bakola mu kitundu; kino kiyamba abaana okugezesa ebintu abantu bye bakola. Mu kuzannya katemba, abaana bagenda bayiga nga bayita mu mitendera okutwala ebyetaago by'omulala nga ekikulu n'okukkiriza eky'abantu okubeera n'ebintu bye batwala nga ebikulu eby'enjawulo. Mu kuzannya, abaana basobola okulaga n'okukwanaganya empulira gye bawuliramu muli. Okuzannya era kuyamba kuteewuluza ku bukoowu bw'ebirowoozo n'okunyigirizibwa kwabyo. Abaana bayinza okuwona ku ukugira kw'abantu abakulu. Mu kuzannya tewaba bwetaavu kukola nga abakulu bwe baagala.

Ffe nga abalabirira abaana, tulina okubeera abeegendereza twewale ate ffe okwefuga omuzannyo. Omuzannyo gulina kuba nga guva mu birowoozo by'abaana sso si muntu omukulu. Twetaaga kuwagira ebyo bye baagala sso si ebyaffe.

Okusobola okwongera amaanyi mu bukugu obw'enjawulo, nga mwe muli okusoma n'okutegeera abantu, oyinza okubaako n'omuzannyo gw'ozannya n'abaana bo. Buli muntu alina ekitundu ky'asobola okuvumbula, ky'alina okutegeera, era n'ayiga by'alina okukola mu kifo kye nga ayita mu kusoma ebitundu ebimukwatako. Abaana bagambe bakuzannyiremu nga beeyambisa ebyambalo ebyangungu.

## OKUWANDIIKA KW'ABAANA

Abaana abatannatuuka kusoma basobola okukulombojjera emboozi nga bw'owandiika, Oluvannyuma basobola okuzinnyonnyola mu bi-



faananyi. Amangu ddala nga omwana asobola okulambika obulungi ebigambo, oyo ayinza okutandika okuwandiika. Ekiseera ekyo tofaayo ku kuwejjesa okufu. Ekyo kiba kyakujja mu maaso. Amangu ddala nga omwana wo ayagala nnyo okuwandiika, oyinza okutandika okumusomesa empandiika ekozesebwa abawandiisi b'ebitabo. Mu ngeri eyaabulijjo, omuwandiisi asooka kuwandiika ebintu ebitateredde oluvannyuma n'agenda nga abirongoosa mpola okutuusa lwe kibeera nga kimala okufulumya. Engeri ennungi ey'okusomesa omwana wo kino kwe kumugamba alonde emboozi gy'asinga okwagala n'oluvannyuma omugambe okugiwandiika mu ngeri ennungi. Oluvannyuma emboozi eno eyinza okufuulibwa akatabo akatono akakoleddwa mu mukono. Abaana abakuzeemu basobola okukolera ddala omulimu omulungi ennyo ogw'okukola ebitabo nga bakozesa kompyuta. Teweerabira obukulu bw'okusoma. Abawandiisi abalungi era baba basomi balungi era okusoma kuba kujja kuwa omwana wo ebirowoozo eby'okufumiitiriza eby'okuwandiikako.

## EBITONE BY'ABAANA

- *Abaana bawe ebifaananyiebitaliiko kukugira. Mu kifo ky'okutimbirawo abaana olukalala lw'ebifaananyi balabireko,* kirungi okubakubiriza bakube ebyo bye bafumiitiriza. Mu kifo ky'okubatambuzaamu ebitabo bya langi ensiige ez'edda, bateereko akayimba obagambe bakube ebifaananyi by'ebyo bye bawulira!
- *Teekawo embeera ezuukusa buli kasimu ka mubiri gwonna gudde buggya.* Leka bakwate ku lupapula bawulire okuseerera kwalwo, bawunyirize ku mpunya y'ebikalaamu ebisiiga langi, bawulirize envuga ya kkalaamu za langi nga zisongolwa era beetegereze enkyukakyuka ya langi nga etabulwa!
- *Wagira embeera y'okuvumbula eteri nneetegeke.*

  Beera nga obawa ebikozesebwa bulijjo, ebyangu okutuukikako, okugeza ebikalaamu ebisiiga langi, bimmaaka, ebipapula ebikaluba, bulaasi ezisiiga, ne langi. Baleke beezuulire ebirimu n'engeri y'okubikozesaamu. Abaana basobola okukozesa engalo zaabwe okusiiga ebifaananyi mu kifo kya bulaasi ezisiiga? Abaana bayinza okukuba ebifaananyi awakyafu nga bakozesa obuti? Basobola okukola emibiri gyabwe nga omuti bwe gwakula?

Okunnyonnyola langi yakakobe ky'etegeeza? Okukumba okwetooloola ekisenge mu mbeera ejjudde essanyu, ejjudde ennaku, oba esesa?

- *Weewale okuvumirira ggwe gw'olabanga omulimu omubi.* Abaana tulina okubataasa ku kuvumirira n'okulamula okwa mikwano gyabwe, abantu abakulu, ne bbo bennyini. Tewali kirungi oba kibi; buli kikolebwa kiba kyanjawulo. Kino kikulu nnyo ne mu biseera by'okuba nga abaana tebannasoma. Mu kusiiga ekifaananyi, buli muntu y'aba mukama w'omulimu gwe era ayinza okugukola nga bw'ayagala. Abaana batandika okuba ku bunkenke n'obuteekakasa singa buli kiseera bye baba bakoze bitwalibwa nga ebibi oba ebitannaggwa.

## Endowooza Nnkyamu: Birowoozo 'Byangeri' Oba 'Tebirina Mugaso'

Ebitendo by'obuntu abaana abayiiya bye batuukako abalala bayinza okubiraba nga eby'engeri oba ebitalina mugaso. Bino wammanga biwa eby'okulabirako:

- Okulowooza okutali kukugire: Abaana abayiiya bwe boogera ku kintu, bayinza okulabika nga abatalina mpisa oba abalalu;
- Okucamuka: Abaana abayiiya bacamuka olw'ebirowoozo ebipya era bayinza obutalaba bizibu biyinza kubivaamu oba emiwaatwa egibirimu abakulu bye bayinza okulaba amangu;
- Okusanyusa: Abaana abayiiya basanga essanyu mu birowoozo abakulu bye balaba nga tebirina kuzannyirwamu. Embeera eno okwebuuza n'okufuna embeera endala eyinza okutwalibwa nga okujerega era ekivve;
- Okuloota emisana: Abaana abayiiya bayiga nnyo okuva mu bintu ebitali byaddala era bagonjoola ebizibu byabwe bingi nga bayita mu kuloota emisana. Omuntu okuleka ebirowoozo bye ne bitaayaaya kiyamba okufumiitiriza okuteekawo emitimbagano emipya, wadde nga kiyinza okulabika nga obutateekayo mwoyo n'okuva ku mulamwa;
- Okwesamba abantu: Obuyiiya butandikira mu mbeera nnyangu era awatali kyakulabirako. Abaana bayinza okwetaaga okubeera bokka nga ebirowoozo byabwe bye bivaayo;
- Eky'okukola: Ebirowoozo biyinza okujjira mu kiseera "eky'obutabaako ne ky'okola." Ekirowoozo kasita kijja kiti, omwana omuyiiya aba ajja kubbinkira mu ky'akola. Enkola ennungi kwe kufuna ekkalaamu enkalu n'empapula ne biteekebwa mu bifo ebirungi awaka abaana kwe basobola okuwandiika ebirowoozo byabwe.

> Ekirabo ky'okulowooza ku bitaliiyo kitegeezezza bingi gyendi okusinga ekitone kyange okusobola okufuna okumanya okw'omugaso.
>
> AlBERT EINSTEIN

## Abazadde Bye Bayinza Okukola

- *Fuuka Eky'okulabirako:* Wa ekitiibwa okwagalako okumanya okufaananako okw'abaana abato, okujjumbira n'ebirowoozo "by'ekiralu". Beera mwanjulukufu eri embeera empya, gabana okwagala kwo okuyiiya, era obeere n'essanyu olw'omwana wo.
- *Weesige Omwana Wo:* Abaana abawulira nti baagalibwa era beesigibwa bafuna okwekkiririzaamu okuba nga banjawulo n'amaanyi okweyongera okuyiiya. Okufa obuteerekaamu ku bintu ebikkirizibwa mu kitundu oba ebintu ebirina okukolebwa ow'ekikula ekimu biyinza okulemesa obuyiiya.
- *Zzaamu Amaanyi Omwana Wo:* Wagira

nnyo okugezesa n'okuvumbula. Beera nga ogezesa eky'okuwuliriza omwana wo awatali kusooka kumulamula. Abaana bo bwe baba balemeddwa bazzeemu amaanyi. Weewale "okwebaza awatali nsonga."

- *Teekawo Embeera Esobozesa:* Teekawo ebikozesebwa ebisobozesa abaana okufumiitiriza era ebisobozesa abaana okweyiiyiza ebyabwe. Obutabo bw'amawulire obukadde, ebitabo, empapula z'amawulire, emizannyo, engoye n'ebyokwewunda byonna biyinza okweyambisibwa okukola pulojekiti ennyingi. Engoye ziyinza okukozesebwa okukola amliba g'ebitabo.
- *Mulabe TV Mwenna:* Ekirowoozo kino kibuzaabuza olw'ebintu ebibi TV by'etuusa ku mwana. Essira liteeke ku pulogulaamu ezizimba era bye bafumiitiriza mubikubaganyeeko ebirowoozo.
- *Yambako Omwana Wo Okuwandiika Ebirowoozo:* Abaana baagala nnyo okusiiga n'okukuba ebifaananyi okuviira ddala mu buto bwabwe. Nga tebannatandika kuwandiika, bayinza okubuulira abakulu oba abaana abalala ebirowoozo byabwe. Oluvannyuma, oyinza okukubiriza omwana wo okubeera n'akatabo mw'awandiikamu ebyo ebimugwako buli lunaku.

## Okwogera ku Byokuzannyisa

Lowooza ku by'okuzannyisa by'ogulira abaana bo. Eby'okuzannyisa birina okuba nga biwagira obuyiiya n'ebyenjigiriza. Okuzimba obutoffaali (okugeza Lego) kisikiriza okulowooza. Biddole ebimu (nga Bratz) bireetawo okubuzaabuza ku bikolebwa buli kikula ky'abantu. Okuzannya ne biddole ne ttedibbeya kirungi eri abaana kubanga bibabeesabeesa n'okwefaanaanyiriza abazadde, oba ab'emikwano, era biyinza okubamalako ennaku. Gula eby'okuzannyisa ebisomesa okuluka, okutunga n'okubajja. Enkoba entono ezipima n'ennyondo (nga bikozesebwa londoola) nabyo birungi. Eky'okuzannyisa kye balanga ennyo ku TV oba ekisinga okuba eky'ebbeeyi tekitegeeza nti kye kisinga obulungi. Bw'oba n'abaana abasukka ku omu kiba kirungi n'ogula ebizannyisibwa ebisobozesa abaana okuzannyira awamu (okugeza emizannyo gy'oku mmeeza). Lowooza ku by'okuzannyisa by'ogulira abaana bo. Ebyokuzannyisa birina okuwagira obuyiiya n'ebyenjigiriza. Waliwo n'ebyokuzannyisa ebikolerwa abaana abeesobola n'abaana abalina obulemu mu bwongo ebyakolebwa abakugu okusobola okukwanaganya okusoomooza kwe balina.









Lowooza ku by'okuzannyisa by'ogulira abaana bo. Eby'okuzannyisa birina okusobozesa obuyiiya n'okuyigiriza. Okuzimba obutofaali (nga Lego) kisikiriza okulowooza.

Waliwo n'ebyokuzannyisa ebyakolerwa abaana abeesobola mu ngeri ezenjawulo n'abaana abalina obulemu mu bwongo ebyakolebwa abakugu okusobola okukwanaganya okusoomooza kwe balina.

## Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 62: EBIKOLEBWA AWAKA BYE BITUMBULA OBUYIIYA**

1. **Kozesa omuzannyo omuyiiye:** ebikolebwa okugeza "goberera omukulembeze" bikubiriza omwana okulowooza ku ntambuza y'ebintu erimu okuyiiya era ne yeenyumiriza ne mu ky'abalala okumugoberera nga eky'okulabirako. Eby'okuzimba biyinza okukozesa ebintu ebyangungu nga (obutoffaali, ettaka, omusenyu, ebbumba, amazzi) ebisobozesa omwana okuzimba n'okuteekateeka emizimbo egy'enjawulo.
2. **Kozesa endowooza y'emboozi egenda yeeyongerayo:** Omuntu omu atandika emboozi buli muntu omulala n'agenda nga ayongereza okwo. Soma emboozi mugizannyemu omuzannyo. Mukozese obugologoosi okuzannya emboozi.
3. **Kozesa ebintu okuzimba ebirowoozo ebipya:** Mugezeeko omuzannyo gw'ensolo ezirya obumpwakimpwaki – omwana alonda akampwakimpwaki kamu; akatunuulira; oluvannyuma n'akalya. Bw'amala afuuka ensolo okumala eddakiika wakati w'emu n'ebbiri. Kozesa entambuza y'ebiyungo okuzannya engeri ensolo gye yeeyisa ne gy'etambuzaamu ebiyungo byayo.
4. **Kozesa omuzannyo gw'okuzannya ekitundu:** Emizannyo egizannya ekitundu eky'omuntu giyamba abaana okulaba engeri abalala gye balabamu n'okuvumbula engeri gye bawuliramu munda.
5. **Buuza ebibuuzo ebitaliiko kukugira:** Laga omwana ekifaananyi oluvannyuma obuuze ebibuuzo. Okugeza: "Abantu abali mu kifaananyi bakola ki?" "Abantu bagamba ki?" "Kiki ekibadde ekikulu mu lunaku lwo?" Mu kifo ky'okubuuza nti: "Wafunye olunaku olulungi?"
6. **Gamba abaana bakozese ebitundu byabwe eby'omubiri byonna:**
   - Abaana bagambe bazibirize oluvannyuma bateebe ky'oba otadde mu mikono gyabwe (oku-geza kissipongi, akayinja).
   - Abaana bagambe bazibirize bateebe kiki kye bawulira (kozesa amaloboozi nga okucanga matatu (kaadi), okukubaganya ebisente, okukuuta olupapula oluliko omusenyu, okuyuza olupapula).
7. **Buuza abaana ku nkyukakyuka:** Bagambe bakyuse ebintu babifuule nga bwe baaliyagadde bibeere. Eby'okulabirako:
   - Kiki ekyandisinze okuwooma singa kyali kiwoomerera nnyo?
   - kiki ekyasinze okulabika singa kyali kitono ko?
   - kiki ekyandisinze okunyuma singa kyali kyanguwako?
   - kiki ekyandisinze obulungi singa kyali kisirifu mu?

- kiki ekyandisinze obusanyufu singa kyali kineneko?
- kiki ekyandisinze okusanyusa singa kyali kizze emabega?
- Empandiika y'Olungereza yandibadde etya singa twali tuwandiika ebigambo nga bwe tubyatula? Gezaako okuwandiikayo ekitundu kimu nga okozesa enkola y'enjatula y'ebigambo nga bwe biri. Waliwo ennimi ezifaanana bwe zityo, oyinza okunokolayo ezimu?

8. Buuza ebibuuzo ebirina eby'okuddamu ebingi: Wano wammanga tuleese eby'okulabirako, nga tukozesa amazzi (ebirala mulimu: omuliro, empewo, omusenyu, mmotoka, omukka, omuzira):

- Migaso ki egimu egiri mu mazzi?
- Biki ebiseeyeeyera ku mazzi?
- Amazzi gatuyamba gatya?
- Lwaki amazzi agannyogoga gaba mannyogovu?
- Biki ebibeera munda mu mazzi?
- Langi z'amazzi ez'enjawulo ze ziruwa? Langi ki?

9. **Buuza ebibuuzo "Kiki ekyandibaddewo singa…"**

- Kiki ekyandibaddewo singa emiti gyonna ku nsi gyali gya bbululu?
- Kiki ekyandibaddewo singa mmotoka zonna ziggwaawo?
- Kiki ekyandibaddewo singa abantu bonna mu nsi bambala ngoye zimu?
- Kiki ekyandibaddewo singa abantu bonna balina erinnya lye limu?
- Kiki ekyandibaddewo singa wali osobola okubuuka?
- Kiki ekyandibaddewo singa tewali alongoosa nnyumba?
- Kiki ekyandibaddewo singa buli muntu yali mutuukirivu oba mwonoonyi?
- Kiki ekyandibaddewo singa buli muntu yali mulamu oba mulwadde?

10. **Buuza ebibuuzo "Mu ngeri ez'enjawulo mmeka…":**

- Mu ngeri ez'enjawulo mmeka ekijiiko gye kiyinza okukozesebwamu?
- Mu ngeri ez'enjawulo mmeka eppeesa ze liyinza okukozesebwamu?
- Mu ngeri ez'enjawulo mmeka akaguwa ze kayinza okukozesebwamu?
- Mu ngeri ez'enjawulo mmeka akanyigiso k'empapula ze kayinza okukozesebwamu?

### EKYOKUKOLA 63: EMBEERA ENKULU!

Obubaka obwasooka bwe bwakkira ku Nnabbi Muhammadi, yatya n'adda eka ewa mukyala we, Hadiija. Omukyala yamugumya era n'amujjukiza n'ebitendo bye ebirungi:

- Okuyunga oluganda
- Okuyamba abanafu
- Okugabirira abanaku
- Okubudaabuda abagenyi
- Okuyamba abalwadde

Kubaganya ebirowoozo n'abaana bo ku bukulu bwa buli mpisa ku ezo waggulu. Muwandiikeeyo emboozi erimu enneeyisa bw'etyo waggulu.

**EKYOKUKOLA 64: OKUNNYONNYOLA EBIBUUZO EBIRIMU EGGUMBA**

Funayo abazadde abatonotono mwogere ku ngeri y'okuddamu ebibuuzo bino, abaana bye batera okubuuza ennyo (buuza abalala oba beetaaga okuyambibwako).

- "Ani yatonda Katonda?" "Lwaki Katonda ajja kubonereza abantu olw'obutamukkiririzaamu?" "Lwaki waliwo abantu bangi mu nsi abataafuna Bubaka bwa Katonda?" "Tulisobola tutya okuwangaalira mu ggulu olubeerera ne bitatutama?
- Tunnyonnyola tutya ebintu bya "Eddembe ly'okwesalirawo" ne "Buli kintu okuba nga kyagerwa dda" mu ngeri ewagira okulowooza ekintu nga tekinnakolwa, ku ludda olumu, n'okukkiriza Okusalawo kwa Katonda ku ludda olulala? Tuva wa? Tugenda kumalira wa? Enkomerero efaanana etya? Tusobola okulaba Katonda? Lwaki nedda? Katonda alina obusobozi obufuula buli muntu okumukkiririzaamu, lwaki takikola?

Bino ebibuuzo birimu eggumba eri abaana. Twetaaga okubibannyonnyola okusinziira ku myaka gyabwe n'okutegeera.

Okutuwa ekifaananyi ky'Ejjana, Nnabbi yannyonnyola nti Eggulu ddungi nnyo ate nga lyanjawulo nga teri liiso lyali lirirabyeko, wadde okutu okwali kuliwuliddeko, wadde omutima oba amagezi ebyali birifumiitirizza! Nkola mpya ddala ey'okubeerawo okw'olubeerera gye tutasobola kutegeera.

**EKYOKUKOLA 65: ENGERI OMUBBI GY'AKITWALAMU YE NKULU. OKUGONJOOLA OKULIMU OBUYIIYA**

Abaana basome olugero luno olutuufu. Oluvannyuma mululowooze mwenna ku bizibu amaka bye geesangamu n'engeri y'okugonjoola.

> Omukulu asembayo mu kkampuni eyitibwa American Airlines bwe yalaba omukuumi nga ayimeridde ku kisaawe, n'abuuza eyali addukanya emirimu (maneja) nti, "Tusobola okusala ku nsaasaanya?" Maneja yamubuuza nti, "Tutya?" Omukulu yaddamu nti singa bapangisa omukuumi ebiro bisatu ebitamanyiddwa, ababbi tebajja kumanya biro ki omukuumi lw'aba yakoze. Omwaka ogwaddako ekibuuzo eky'okusala ku nsaasaanya kyakomawo, era okuddamu kwali kwe kumu nti: "Butya?" Omukulu yaleeta kirowoozo kya mukuumi kumusikiza mbwa enkambwe. Omwaka agwokusatu, era ekibuuzo kye kimu kyakomawo. Eky'okukola kyali kya kukozesa mbwa kiseera ekigere. Omwaka ogwokuna, omukulu yagamba Maneja nti: "Okuva okutegeera kw'omubbi lwe kuli nga kwe kukulu, lwaki embwa togirumya nnyo enjala n'okwata eddoboozi lyayo ku katambi nga eboggola n'okassaako ekiro mu biseera eby'enjawulo?" Kyabakolera! Olwo ne bafissa ssente olw'obutakoesa mukuumi. (MSNBC, NGA 3 OGW'EKKUMINOOGUMU, OMWAKA 2007)



ESSUULA 21

# Okwekkiririzaamu Nga Okugeraageranyizza N'abaana Aboonooneddwa


- Okwekkiririzaamu 445
- Butya Bw'oyinza Okwewala Okukuza Omwana "Omwonoonefu" 447
- Okwesunguusula: Tokkiriza Omwana Okukozesa Okukaaba Nga Eky'okulwanyisa 448
- Eby'okukola 66-68  449

## Okwekkiririzaamu



ABAANA BEETAAGA OKUWAGIRA bwe bakola ensobi mu ngeri y'emu nga lwe baba basobodde okugonjoola ekizibu. Ekituufu kiri nti, okuva okukola ensobi bwe kuli ekitundu ku bulamu, kiba kikulu abaana okuyigirizibwa okuziraba nga ez'okuyigirako sso si kulemererwa. Tokkiriza okulemererwa okumalamu abaana amaanyi; wabula kozesa okulemererwa kuno nga omukisa ogubazzaamu amaanyi. Waliwo enjawulo nnene wakati w'okugamba nti, "Oyinza otya okuba omusiru otyo?" n'okugamba nti, "Mmanyi oli mugezi era olina obusobozi!" Obuwagizi buyamba omwana okuyiga era n'okukola obulungi mu maaso. Abaana abagambibwa abantu be basinga okwegomba nti balemereddwa baba bajja kulemererwa.

Ebirowoozo ebimalamu amaanyi nga, "Nnalemereddwa n'olwekyo sirina kalungi konna ke nnyinza kuvaamu", biba bijja kukendeeza okweyagalira kw'omwana mu bulamu, bibakenenulemu amaanyi agafuga enneeyisa, era byongere okuba nga bajja kulondako ekkubo eryangu okuva mu bintu ebibaleetera okunyigirizibwa kw'ebirowoozo. Abaana abatekkiririzaamu baba tebajja kumalira maanyi ku bigendererwa bye bamanyi nti tebituukirizika. Obuwanguzi gye biggweera (olvannyuma lw'okusoma n'okwewala okunyigiriza kw'abo ab'emyaka egyenkana) bwetaaga kwekkiririzaamu. Abaana abatalina bulungi kwekkiririzaamu batera okukola ebintu nga tebamaze kulowooza era tebatera kufa ku binaavaamu. Baba n'okwekkiririzaamu kutono okusobola okulondoola ebigendererwa byabwe. Abaana abalina okwekkiririzaamu okutono baba bangu okutwalirizibwa okwagala okwesitula okwamangu nga bayita, oboolyawo, mu kunywa ebitamiiza, okukozesa ebiragalalagala, okwegadanga, n'okukola ebikolwa eby'ekikambwe.

Abaana balina okuyigirizibwa nti tewali kibabulako era balabe ensobi zaabwe nga emikisa egy'okubayamba okuyiga. Abaana bano baba balina amaanyi agamala okusobola okulondako ekisinga (okugeza okusomerera ebibuuzo mu kifo ky'okugenda okukyakalako ne banaabwe). Baba balina essuubi era nga basuubira nti baakuwangula (nga bayita mu kukola ennyo n'amaanyi gaabwe). Balaba emigaso egiva mu kulafuubana kwabwe era ne beeraba nga abawanguzi. Essanyu eriva mu buwanguzi likifuula ekyangu okufuna obuwanguzi mu biseera eby'omumaaso.



Omukwano, obuvumu, obuyiiya, obwesigwa n'okuba ow'obuvunaanyizibwa – mu butereevu oba obutali butereevu – bizimba okwekkiririzaamu n'okwewa ekitiibwa. Ebitendo bino byonna bikolera wamu era buli kimu ne kyongera ekirala amaanyi. Byonna byongera amaanyi mu bintu ebivaako enneeyisa n'ebirowoozo ebirungi mu mwana.

**Tusalawo oba eggiraasi erimu amazzi ga kitundu oba ebulako kitundu okujjula. Buli mukisa lwe gufunika, yongera amaanyi mu buvumu mu baana. Omuddo bwe gusimbibwa, gwe guba gujja okukula. N'olwekyo simba bimuli.**



## Butya Bw'oyinza Okwewa Okukuza Omwana "Omwonoonefu"

Abaana balina okuyiga okukwasaganya okuvuganya n'okunyigirizibwa kw'ebirowoozo. Abaana beetaaga okusomesebwa okukwanaganyaamu ekigambo "nedda" okuva mu bazadde n'okuva mu b'emikwano, abasomesa, baliraanwa, n'abantu be batamanyi. Tendeka abaana bo engeri gye bayinza okweŋŋangamu ebyo ebibamazeemu amaanyi, okulagajjalirwa, n'okugaanibwa. Zino wammanga z'engeri eziyinza okuyamba okwewala okwonoona omwana:

### TONAFUYA BIGUNJULA

Abazadde abamu batera okutibula abaana. Buli kintu bwe kibeerawo mu bungi, ky'ekimu eby'okuzannyisa, emizannyo, oba busswiti, biyinza okwonoona abaana ku myaka emito. Abaana abakuziddwa mu maka amagagga basobola okwonooneka buli kintu bwe kibaawo mu bungi. Abazadde tebalina kuwa baana kusukka ku kisaanidde. Abaana balina okuteekateekebwa olw'ebiseera by'obulamu ebizibu n'ebyangu.

### TOTUUKIRIZA BULI KIKUSABIBWA

Abazadde bawulira obumativu nga batuukiriza buli kyetaago kya baana baabwe. Wabula omuzadde alina okulekayooko mu bugenderevu ku byetaago ebimu ebitatuukiriziddwa. Buli kyetaago ky'omwana na buli ky'ayagala bwe bituukirizibwa, omwana ayinza okukula nga muntu eyeemanyi. Abaana ekika kino ebiseera ebimu bafuuka abatalowooza, abakola ebikolwa eby'ekikambwe, era abeenyiwa ensi. Baba bayinza obutakkiriza kummibwa mulimu nga bakoze yintaviyu gye bujja eyo mu bulamu. Baba bayinza okubeera abangu b'okufuna obulwadde bw'ebirowoozo okusinga ku balala era baba tebasobola kukwanaganya mbeera ya butafuna kye baagala.

### TANGIRA OKUGERAAGERANYA

Abazadde beetaaga okugaana okuwagira enkola y'omwana okugeraageranya by'alina ku by'abaana abalala. abaana bwe basaba eky'okuzannyisa olw'okuba nga muliraanwa waabwe alina eky'okuzannyisa ekipya, kye basaba kirina okugaanibwa. abaana bano bakomekkerera nga buli kaseera beegeraageranya ku bantu ababasinza ebintu.

### WEEWALE OKUKOLA OLW'OKUSANYUSA OBUSANYUSA

Olw'okwagala okwewala obukuubagano, abazadde abamu batera lubeerera okwagala okusanyusa abaana baabwe. okusanyusa kuno ebibala byakwo biba bya kaseera buseera sso ate nga ebizibu ebikuvaamu biba bya kiseera kiwanvu era abaana bayinza okutandika obutawa bazadde bwe batyo kitiibwa. Abazadde beetaaga okuba abeesimbu bagambe nti nedda ku bibasabibwa abaana baabwe ebiteetaagisa. Toyinza kumala bulamu bwo bwonna nga okola ku baana bye basaba.

### LEKA KWERABA NGA GWEGUSINGA

Abazadde abamu basalawo okusanyusa abaana lwa kweraba nga begusinga. okugeza, bamaama abamu abakola badda eka kikeerezi nga tebalina na budde okuyamba ku biba biweereddwa omwana okuva ku ssomero okukoera awaka. omwana asaba bbalaafu nga tebannalya kyaggulo. maama n'akkiriza. omwana aba mugezi ekimala okumanya ensonga eri emabega w'enguzi eno. abazadde beetaaga okubeera n'obuvumu okugamba nti nedda omwana ne bwe yeesunguusula okukoma wa.

**Abaana balina okuyigirizibwa okukwasaganya ekigambo "nedda" okuva mu bazadde n'abemikwano, abasomesa ne baliraanwa.**

## Okwesunguusula: Tokkiriza Omwana Okukozesa Okukaaba Nga Eky'okulwanyisa

Waliwo okukaaba okuva ku bwetaavu bw'omwana obwaddala (okugeza, enjala, omusujja, obulumi, n'okutya). Omuzadde aba yeetaaga okuteeka ebirowoozo ku kukaaba kuno. Waliwo okukaaba okw'ekika ekirala nga kukaaba kwa kwesunguusula. Omwana ayagala okufuna ekintu ekiteetaagisa nnyo olwo n'akaaba n'awoggana. Enkaaba ekika kino terina kufiibwako. Ekitali ekyo guba gujja kufuuka muze: okuwoggana kuba kujja kweyongera bweyongezi okutuusa omuzadde eyeetamiddwa lw'amuwa ky'ayagala. Omwana ajja kuyiga nti alina engeri gy'afugamu muzadde we nga ayita mu kukaaba okuteetaagisa. Okukaaba bwe kubeera nga kuva ku kyejo, okwo tokufaako. Toboggolera mwana. Ssigala nga oli mukkakkamu era nga ggwe ofuga embeera, era kkiriza engeri omwana gy'awuliramu munda. Topondooka. Embeera eyo bw'emuggwaako omwana aba ajja kuyiga nti okukaabira obwereere nneeyisa etekkirizibwa.



## Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 66: OKUGEZESA OKWESIGIKA**

Ebitendo ebyenjawulo eby'obuntu obulungi bigenda bikwatagana. mu mbeera y'amaka, aboomumaka bonna balina okwogera ku mugaso gw'okwesigika n'oluvannyuma ne baddamu bino:

- Nkuuma ebisuubizo byange?
- Abansingako mbawa ekitiibwa?
- Kyemba ndagaanyisizza nkituukiriza?
- Amabanja gange ngasasula mu budde?
- Bye nneeyazise mbizzaayo mu budde?
- Ebintu mbimalira mu budde bwabyo?
- Nsaalira mu budde?
- Nkuuma ebiseera?

**EKYOKUKOLA 67: OKUMATIRA**

soma emboozi eno n'oluvannyuma olowooze ku nkola y'aboomumaka go, eŋŋanda zo n'abeemikwano.

Omubaka yagamba bw'ati:
"Beera mumativu n'ekyo Katonda ky'aba akuwadde, awo ojja kuba mugagga okusinga abantu abalala."

Omu ku Basswahaba yasaaliranga emabega wa Nnabbi nga ayambadde egganduula y'emu eyulise. Nnabbi yakiraba nga omusajja avaawo mangu n'agenda oluvannyuma lwa buli sswala. Yabuuza ebikwata ku musajja ono: "Ali ludda wa?" Baamugamba nti: "Yazzeeyo ewuwe." Nnabbi yamutumya, bw'atyo n'akomawo Nnabbi n'amubuuza nti: "Lwaki ovaawo mangu n'otalinda sswala yo kuggweera ddala?" Sswahaba yaddamu nti: "Kubanga nze ne mukyala wange tulina egganduula eno emu, kale mba nnyanguwa okuddayo eri mukyala wange okumuwa egganduula naye asobole okusaala nga ekiseera tekinnaggwaako." Awo Nnabbi kwe kuwa Sswahaba essaati ye. Yagitwala ewa mukyala we nga musanyufu, eyabuuza nti: "Essaati eyo y'ani?" Yaddamu nti: "Ssaati ya Nnabbi; agituwadde." Omukyala yaddamu nti: "Oloopye Katonda eri Nnabbi wa Katonda!" Sswahaba yaddamu nti: "Ndayira Katonda, nti sseemulugunyizza! Ndayira Katonda nti ekyanzikirizisizza kwe kwagala essaati ya Omubaka wa Katonda ebe eky'okunzingamu nga bantwala mu kabbuli!"

Imaamu al-Ghazaali, Ihyaa Uluum al-Ddiini

**EKYOKUKOLA 68: OKWENYIGIRAMU OBUTEREEVU**

Soma bino n'abaana bo, oluvannyuma mubigeraageranye n'ebyo ebizze bibatuukako:

Okusoma okusinga obulungi kubaawo nga abaana beenyigira mu kuvumbula ensi ebeetoolodde: okugezaako okutegeera ebintu, okugwa oluvannyuma ne bagezaako okuyimirira, n'okulambika ebirowoozo, engeri gye bawulira munda, ne bye balowooza nga basinziira ku bye balaba. Abazadde balina okuyingiza ebirowoozo byabwe n'ebyokuyiga mu kiseera ky'okuvumbula kw'omwana. Abaana bawe omukisa okugezesa n'okussa mu nkola okumanya kwe bafunye mu biseera "eby'okuyiga," ebigambo Pulezidenti Obama by'azze akozesa okunnyonnyola ekiba kimuguddeko.

Wa omwana ekiseera asiriikirire, atunuletunule, asse ekikkoowe, alage obwennyamivu era alowooze. Buno tebuba bubonero bwa bunafu, ekituufu nti baba balowooza era nga bagezaako okulaba eky'okukolera ebyo bye balina. Eky'okusaalirwa, abazadde bangi baddiramu abaana baabwe ebibuuzo ne bababikkirira okuva ku mbeera ezisoomoza, ne beeteekako okuwamba embeera omwana waabwe w'aba agerezaako okulwana okwetegereza ekintu. Kino kireetawo enkenyera mu kwemalirira kw'omwana, mu busobozi bwe obw'okugonjoola ebizibu, obugumiikiriza n'obukodyo bw'okuteesaganya. Wano baba bayize kya kwesigamira ku balala mu kugonjoola ebizibu byabwe.

Abazadde balina okutwala obuvunaanyizibwa obw'omuntu omukugu, omutendesi, era omuluŋŋamya. Abaana bawe omukisa okukozesa okumanya kwabwe, obukodyo n'obusobozi. Abazadde balina kuluŋŋamya na kuyamba baana baabwe okulowooza okugenda ewala basobole okuyita mu biseera byabwe ebizibu nga beeyambisa obusobozi bwabwe.

Abazadde balina okuleka abaana baabwe okukola ensobi. Yambako omwana okutegeera kiki ekyagenda obulungi, kiki ekitaagenda bulungi, lwaki ekyo baakikola, butya bwe basobola okulongoosaamu omulundi oguddako, biki bye bayize mu bye bayiseemu, ne kiki kye bajja okukola omulundi oguddako. Si ekyo kyokka ekikolebwa kye kikulu. Okunyiikira kw'amagezi okulaba nga omulimu gukolebwa n'okwewala okukola ensobi ze zimu emirundi egiwera nakyo kikulu nnyo.

Mu kwenyigiramu okwaddala, olujegere oluyunga omuzadde ku mwana n'omwana ku muzadde lunywezebwa nnyo era enkolagana egenda ewala etondebwawo. Olujegere luno bwe lumala okuteekebwawo, omwana aba ajja kuba nga ayagala nnyo okwebuuza ku muzadde we wonna okusoomooza we kubalukirawo mu myaka egy'omumaaso mu bulamu bwe okusoomooza we kweyongerera okubeera okwamaanyi.



ESSUULA 22

# Okulondera Omwana Wo Emikwano Emituufu


- Mikwano Gy'omwana Wo 453
- Ebizibu Ebimu Ebiva Mu Mikwano Emibi 454
- Okunyigiriza Kw'abaana Ab'emyaka Egyenkana Mu Ssomero Okwa Buli Lunaku 455
- Okulonda Emikwano Emituufu 455
- Butya Nga Omwana Wo Alonze Emikwano Emikyamu 456
- Lwaki Wabaawo Okusikiriza Mu Batiini? 457
- Amaka Mu Bifo Ebitali Birungi 459
- Eby'okukola 69-71 460

## Mikwano Gy'omwana Wo

Mu mugaso gwa physics (ssayansi w'obutonde ensonda z'ekinti ekirimu amasannyalaze ezifaanana buli emu egoba (yeesamba) ginnaayo, ate ezaawukana buli emu esika ginnaayo. Bwe biba binyonyi "Ebinyonyi eby'ebiwawaatiro ebifaanana bibuuka byonna." Tugezaako okuteekawo enkolagana ey'omukwano n'abantu be tusisinkana – baliraanwa, abaana ababeera ku ssomero, abatunzi mu katale, n'abalala. Tuteekeddwa okuyisa obulungi buli muntu n'okumuwa ekitiibwa. Mu kiseera kye kimu, kiba kirungi ddala obusembeza ennyo bantu abawangaala obulamu obutaliimu makulu. Londa emikwan0 abakkiriza Katonda era ne bassa eddiini mu nkola. Abantu ekika ekyo baba tebajja kufaayo kuyimiriza mu muzannyo wakati musobole okusaala mwenna. Baba bajja kutegeera lwaki tonywa mwenge oba kukozesa biragalalagala.

Ebiseera ebimu, kiba tekisoboka kukola mikwano na bantu bwe mulina ebibagatta kubanga oba obabeera wala. Abaana baabwe tebasomera mu ssomero limu n'ababo. Wabula, era kisoboka okufuna omukwano okumpi awo ava mu maka amalungi mu nzikiriza yonna nga mufaanaganya ebintu bye mutwala nga ebikulu era nga assa ekitiibwa mu bulombolombo bwo. Ebibiina byomukitundu okugeza kiraabu z'emizannyo, abasikawutu n'ebibinja ebirabirira obutonde, bisobola okubeera ebifo ebirungi okukoleramu emikwano n'abavubuka abalina ebigendererwa by'ebimu era abaagala okufuna ebisanyusa ebikkirizibwa era ebiyonjo.

Owoomukwano omulungi y'oyo gwe mukwatagana mu kubeera abawulize, abeekisa, abalumirirwa abalala, era abategeera. Nga omuntu omukulu, oba olina omutindo, naye abatiini bayinza obutakkiriziganya na mitindo gyo. Emikwano gye gisinga okuba ne kye gikola eky'amaanyi ku batiini. Bbo abatiini emikwano gye gisinga okubakolera. Bajja kugezesa engeri gye bambalamu, gye beeyisaamu, n'engeri gye bakolaganamu n'abantu abalala.

Abawala batera okufuna owoomukwano owenjawulo omu yekka oba n'akabinja k'abawala akatono. Bbo abalenzi batera okutambulira mu bibinja ebinene, oba okuba n'emikwano bwe bakwatagana mu by'emizannyo oba ebintu bye baagala. Emikwano gino mikulu nnyo era giyinza okugendera ddala ewala. Naye era gisobola okukutukawo singa omulala "amenya amateeka" g'obuyambi n'obuwulize.

Tewennyamira abaana bo bwe baba balabika okufa ku mikwano gyabwe okusinga bwe bakola ku boomumaka gaabwe. Tolina kukola kiyitiridde kukuuma ŋŋanda zo – kubanga abo wazaalibwa nabo. Ky'olina okukola kyokka kwe kulaba nti obeera musanyufu nabo, kubanga bbo baba bakwagala era nga bakufaako. Wabula ku mikwano, ggwe olina okugyefunira. Balina okusikirizibwa basobole okukubala nga omuntu ayagalika; olina okukolerera omukwano gwabwe. Genderera nti emikwano nsibuko y'amaka ag'ebiseera ebyomumaaso. Enjogera y'Ekiyitale egamba nti "Gula ente okuva mu ddundiro lyo" etegeeza nti kiba kisingako okugenda n'ekintu ky'omanyidde.



Kola emikwano lukumi naye simulabe omu!!



**Ekibuuzo:** **Kiki bino ebibiri kye bifaananya Omupiira gw'Abamerika n'omukulembeze omulongoofu?**

Okuddamu: Byombi bissa ekitiibwa mu maanyi, obuvumu, omwoyo gw'okukolera awamu nga ttiimu, n'okuba n'essuubi.

**Ekibuuzo:** **Kiki bano bombi kye bafaananya abajaasi ne bamafiya?**

Okuddamu: Bombi balaga obuwagizi n'obuwulize n'obuvumu eri ebibiina byabwe – abajaasi eri eggwanga lyabwe ate Bamafiya eri ebibinja byabwe eby'abamenyi b'amateeka. Abajaasi bakolerera ekigendererwa ekirungi, sso nga Bamafiya bakolerera bigendererwa bikyamu.

**Waliwo ebika by'emikwano mingi:**

- Bakozi banno – bano be bantu omutiini b'alina okukola nabo oba okukolagana nabo mu mulimu gw'abaako. Bayinza obutabaagala naye baba balina okubeera "aboomukwano" nabo okusobola okukola omulimu ogwo.
- Abamanye – abantu be batamanyi ku-genda wala. Tebawulira kyamaanyi gyebali.
- Emikwano egyabulijjo – bano be bantu be bamanyi era be baagala; kitundu ku ssomero n'omuliraano.
- Emikwano egyokulusegere – bano bee-bo be bamanyi obulungi era bebafaako. Bababuulira ebyama era bayinza okubeesigamirako.
- Ab'emikwano abasinga (banfanfe) – engeri gye bawulira gyebali esinga kuba nga ya kwagalana okwomunda okusinga okubaagala obwagazi. Bagabana buli kintu, era ne bwe bakaayana batya, basigala nga baamukwano nnyo. Kwana emikwano lukumi nga tofunyeeyo mulabe noomu!


Omukwano gulinga muguwa ogulina ensonda ebbiri ku buli ludda – kizibu okukwatagana n'omuntu atakwatagana naawe. Mu mukwano, olina okuwaayo nga ekyo ky'oyagala okufuna: okugumira omulala, omukwano, okulaga essanyu, okufaayo, n'okwerekereza. Mwetaaga okusigala nga muwuliziganya.

Abantu abasinga bakyuka. Nnyonnyola abatiini bo nti tebalina kwesalira musango mikwano gyabwe bwe giba giyita mu kaseera akazibu, oba ne balabika nga si basanyufu nga bwe batera okubeera. Omukwano gubeetaaza okugabana. Abazadde bawulira bubi abatiini baabwe bwe bafuna emikwano "egiteetaagibwa" (abavubuka abalina enneeyisa ekontana n'eyo gy'ozze otendeka abaana bo).

"Emikwano egiteetaagibwa" gye egyo egy'abantu abatatya Katonda, abafuuweeta ssigala, oba abakozesa ebiragalalagala, abakozesa olulimi olubi, abazze bafuna emitawaana okuva ku bapoliisi, oba abawagira enneeyisa ey'omutawaana. Beera nga ojjukira nti egimu ku mikwano gino "egiteetaagibwa" giyinza okuba nga gisikirizibwa empisa z'abaana bo n'amaka go.

## Ebizibu Ebimu Ebiva Mu Mikwano Emibi

- Gyonoona ebintu byo oba eby'obugagga byo.
- Babboggo era tebasanyusa.
- Basobola okuwamba enju yo.
- Bakutiisa ate ne bakuleka awo.
- Onakuwala nga bakuggyako omwana wo okumutwala mu bikolwa ebikyamu.



## Okunyigiriza Kw'abaana Ab'emyaka Egyenkana Mu Ssomero Okwa Buli Lunaku

Enkola y'essomero essa omwana mu mbeera emunyigiriza okusobola okukkirizibwa banne b'asoma nabo. Omwana Omusiraamu asomera mu mbeera emwetoolodde eteri ya kisiraamu ayinza okufuna obuzibu olw'olulimi, Ennyambala (naddala abawala), n'endya. Enzikiriza ez'enjawulo zitera okubbulukira mu bintu ebyawukana. Abaana abalala bwe basoma mu kibiina ekimu bayinza okulaba enjawulo zino nga ez'omutawaana. Waliwo n'enjawulo mu langi z'olususu ekiyinza okutuusa omwana awangaalira mu mbeera erimu obusosoze mu langi ku buzibu.

## Okulonda Emikwano Emituufu

Weetaaga okumanya emikwano gy'omwana wo be b'ani. Bayiteko ewuwo ofune ekituufu ku kiki kyebali era basobola batya okubaako ne kye bakola ku mwana wo. Okuyita abalala kiyinza okuba nga gwe mukisa gwokka gwe baba bajja okufuna okulaba amaka g'omuntu omukkiriza bwe bafaanana. Fumiitiriza obunene bw'amaka go kye gayinza okutuusa ku bavubuka abamu ku bano!

Yogerako n'abaana boku mikwano gye baalonda, naddala singa egimu ku mikwano gino gikweraliikiriza. Ekintu kino kikwate n'obwegendereza. Abaana bo bateekeddwa okutandika okwesalirawo mikwano ki gye babeera nagyo. Bw'obasalirawo olwo oba obasomesa kubeera abateetengeredde. Ekyo tekiyamba bwe babeera bokka, kubanga bulijjo oba tojja kubeera webali.

Bwe muba mwogera n'abaana bo ku mikwano, kola ebintu ebikulu bibiri:

- Weeyogereko nti "nze". Buulira omwana wo bwe wawulidde nga oli ne mukwano gwe. Okugeza, "Bwe wabadde nga ozannya ne Yasmin, kyandabikidde nti ye buli ssaawa aba atwala ebintu bya banne. Bwe ndaba omwana eyeeyagaliza yekka kinnakuwaza". Oba "Bwe nnayogeddeko ne Sarah, nnawulidde ayogera ebigambo ebikyamu ku nnyina. Ekyo tekyampisizza bulungi."
Wano oba owa mutabani wo oba muwala wo omukisa okwogera ku bye walabye awatali kuwulira nga alina okwerwanako. Togamba nti, "Ofuna nnyo emikwano egyeyagaliza, egitalowooza, gyokka gy'ozannya nagyo, si bwekiri?"
- Buuza ebibuuzo. Buuza omwana wo oba naye yalabye ebizibu bye bimu era obuuze butya ekyo bwe kyamuyisizza. Wuliriza bulungi bye baddamu. Ky'onoonya be baana



bo bwe beekubamu ttooci mu ngeri ey'obwesimbu. Bwe baba bafaanaganya naawe bw'owulira, oyinza okugamba nti, "Olowooza kiyinza okuba ekirungi singa omala obudde obusinga obungi ne mikwano gyo emirala okusinga by'omala ne Sarah oba Yasmin?"

Kino kitandike nga bukyali nga bw'osobola. Abaana bo bakkirize mwogere nabo ku mikwa-

no gyabwe nga tebeekengera. Kino kiba kijja kuba "olutindo" lw'oyinza okukozesa bwe baliba bakuze nga n'ebiva mu nkolagana ey'omukwano biri waggulu nnyo.

## Butya Nga Omwana Wo Alonze Emikwano Emikyamu

Iman El-Kadi (mukozi wa mu mbeera z'abantu) yagamba nti:

> "Omwana ayinza okulonda omukwano atalina ggonjebwa era atawa bantu kitiibwa. Ekyo tekikuwaawaaza matu, kubanga abaana batera okusikirizibwa ebintu ebitamanyiddwa olw'okwagala okumanya, era eky'okwagala okumanya bwe kiggwa, batera okuba nga tebakyakifaako. Bwe tugezaako okuyimiriza omukwano guno embagirawo olw'obuyinza bw'ekizadde, kiyinza okwongera obwongezi okunywerera ku mukwano guno, ne bwe kuba kwagala bwagazi kukola ffujjo." Owoomukwano bw'atyo bw'abeera mu nnyumba yo oyinza okugamba nti, "Tukwaniriza naye gondera amateeka ga wano."

Mpozzi ekintu ekisingira ddala obubi ekiyinza okubaako ne kye kikola ku mwana ky'ekya mukwano gwe bwe bali mu nzikiriza emu naye nga tassa mu nkola nzikiriza by'eragira era nga akola ebibi. Omu ku bawandiisi ajjukira ekikangabwa batabani be kye baafuna (ku myaka 7 ne 9) bwe baakyalako e Istanbul omulundi gwabwe ogwasooka. Engeri gye baali bakulidde mu mbeera y'amaka ag'eddiini mu Amerika, baali tebasuubirangako nti mu Istanbul abantu abamu baali bayinza okunywa omwenge, okulaga ebifaanayi eby'obuseegu ku nguudo era n'okulya ekyere mu mwezi gwa Lamanzaane. Yabayambako okubategeeza nti abantu bayinza okuzaalibwa nga Basiraamu, naye bayinza obuteeyisa mu nneeyisa Eyeekisiraamu.

Abaana balina kinene ekibakolwako endowooza n'emisingi bazadde baabwe kwe batambulira. Kyetaagisa nnyo abazadde okumanya ddi abaana baabwe lwe baba batagoberera misingi egyo. Biki ebyaleetedde omwana ono okukwana omukwano guno omukyamu? Lwaki tulaba omwana omu nga afuuwa ssigala sso nga omulala tamufuuwa? Mukwano gwe ono amuwa ki ky'atafuna waka? Okukubiriza abaana okufuna kye bakola eky'omugaso kikulu nnyo ku mikwano ki omwana gy'akola. Bino wammanga by'ebintu ebirala ebikulu:

- Omwana gw'otayagala bw'aba ajja awaka, leeta ekirowoozo eky'okuyita ab'emikwano emirala be wandiyagadde nabo bajje, olwo n'oba nga oleeta abasingako obulungi okubaako ne kye bakola ku mwana.
- Omwana mukuumire mu by'okukola ebirala (okugeza okukyalira ow'oluganda).
- Teekawo amateeka agakwata ku buli omu (okugeza tewali kuwoggana, okulayirira obwerere oba okukuba abalala).



WEETAAGA OKUMANYA MIKWANO GY'ABAANA BO BE BALIWA.



## Lwaki Wabaawo Okusikiriza Mu Batiini?

Abatiini basikirizibwa nnyo bannaabwe bwe bali mu myaka gye gimu olw'ensonga enkulu bbiri:

- *Beerondera emikwano g*yabwe, obutafaananako na baŋŋanda n'abomu maka, enkolagana mw'eba yasalibwawo edda.
- *Okukwatagana* n'abeemikwano bwe bali mu myaka egimu kuba kuva ku bintu bye bafaananya omuli emyaka, bye bajja bayitamu, empulira gye bawulira muli, bye baagala, ebizibu, okusoomozebwa, embeera ebeetoolodde, n'embeera y'essomero.

Abatiini beeteerawo obubinja bwabwe mwe bawangaalira obulina eby'obuwangwa eby'enjawulo, obubonero, olulimi, bye batwala nga ebikulu, n'enkola yaabwe.

Abatiini mu maka agataddukanyizibwa bulungi bwe bagenda bakula tebatera kwebuuza ku bazadde baabwe wabula ku bannaabwe. Gye bakoma obutakolagana nnyo na bazadde, basomesa, n'abantu abakulu, gye bakoma okukolagana ne bannaabwe bwe bali mu myaka egimu. Mu by'ensimbi, abatiini bakolagana na

**Ebintu Ebyenjawulo Ebigatta Abantu mu Kitundu**

- Abavubuka abato ne bannaabwe
- Abakozi b'ebivve ne be bafaanana
- Abavubuka n'abavubuka.
- Abafuuyi ba ssigala n'abafuuyi ba ssigala
- Abakadde n'abakadde
- Abakozesa ebiragalalagala n'abalala ababikozesa
- Abalongoofu n'abalongoofu
- Abakuguka mu mirimu egy'enjawulo n'abakugu mu bintu by'ebimu



bazadde; naye mu bye bakola okunyumirwa, ebyambalo, kiraabu, ebiseera mikwano gyabwe, eby'okusanyukamu, eŋŋendo, okutambulamu, ekika kya mmotoka, olwo bagoberera

Abeemikwano balina kye batuusa ku mikwano gyabwe. Nnabbi yannyonnyola nti:

> Omuntu atwala empisa za mukwano gwe, n'olwekyo buli omu mummwe atunuulire oyo gw'atwala nga mukwano gwe.
> (AL-TIRMIDHI NE ABU DAWUDA)

> Omuntu alibeera n'oyo gw'ayagala.
> (AL BUKHAARI NE MUSLIM)

> Eky'okulabirako ky'omukwano omulungi n'omubi kyefaanaanyirizaako n'omutunzi wa kalifuuwa n'omuweesi. Omutunzi wa kalifuuwa asobola okukuwaako, oba n'omugulako, oba waakiri n'oganyulwa Mu kawoowo. Ye omuweesi asobola okwokya engoye zo oba n'omufunamu olusu.
> (AL- BUKHAARI NE MUSLIM)

Aaya eno ennyonnyola ebiva mu mikwano emibi:

> *Olunaku omwonoonyi lw'aliruma ku mikono gye (mu kwejjusa) nga bw'agamba nti: "Zinsanze! Kale singa nnakwatira wamu (ku nsi) ekkubo ne Omubaka (erintuusa eri Ejjana). Zinsanze! Kale singa ssaafuula gundi munywanyi wange! Mazima yambuza n'anzigya ku buluŋŋamu n'obukkiriza nga bumaze okunzijira. Sitaane bulijjo eyabulira omuntu."*
> (Kulaane 25:27-29)

## Amaka Mu Bifo Ebitali Birungi

Emikwano emibi gireeta ebizibu eby'amaanyi, ebyaddala, era ebitayinza kumala gasendebwa wabbali. Emikwano egyeyisa obubi ku ssomero, ne ku muliraano gw'abaana gisobola okwonoona amaka. Amaka bwe gaba gawangaalira mu kifo mwe gatasobola kufuna mikwano mituufu egy'abaana, gaba galina kusengukira mu kifo kirala awali emikwano emirungi. Abazadde bangi bakyusiza abaana baabwe amasomero, oba oluusi n'okusengukira mu kibuga ekirala, bwe baba babuliddwa emikwano gy'abaana baabwe emituufu. Kuno kuba kwewaayo okutono eri abazadde bw'okugeraageranya n'emiganyulo egirivaamu oluvannyuma.

**ababaka baasengukanga okuva mu kitundu ekimu okudda mu kirala, ebyawandiikibwa bwe bikyogera**

A bazadde: Muleke omwana wammwe ayite mukwano gwe awaka obalondoole. Weekenneenye empisa zaabwe mu ngeri ennungi eteriimu kyekubiira. Gezaako okufuna omukwano ku mukwano gw'omwana wo!

Dr. James Coleman, eyaliko Pulezidenti wa American Sociological Association, era nga omu ku bantu abasinga obwatikirivu mu nsi yonna mu by'empangaala y'abantu, yatumbula eky'okweggalirayo okw'emirembe egy'ejawulo. Kino kitegeeza nti abazadde bamanyi abazadde ba mikwano gy'abaana baabwe. Kino kitumbula okweggalirayo mu kitundu, ekitegeeza obusobozi bw'okutumbula enneeyisa ennungi n'okwewala enneeyisa embi.

## Ebyokukola



**EKYOKUKOLA 69: EBY'OKULABIRAKO BY'OMWANA WO**

Gamba omwana aleeteeyo amannya asatu ag'abantu be yandisinze okwagala okusisinkana n'ensonga. Kino kiyinza okubikkula ebintu bingi ku ngeri gye bategeeramu "ebyokulabirako" byabwe. Yogerako n'abaana bo ku bantu ab'okulabirako abalungi n'ababi.

**EKYOKUKOLA 70: OMWANA AYONOONA**

Mwogere ku mbeera eno n'oluvannyuma mwogere ku ebyo ebiyinza okukolebwa ebiri wammanga:

Omuwala ow'emyaka 9 owa muliraanwa wo ayonoona muwala wo ow'emyaka 7. Abaana babeera bombi kumpi buli lunaku era oyagala kukendeeza ku budde ababiri bwe basisinkana:

1. Ogamba muwala wo n'abuulira omuwala oli nti tebayinza kuzannya naye era nti tayinza kuddayo kumulaba.
2. Okugamba muwala wa muliraanwa nti takyasobola kuzannya na muwala wo era nti takyayinza kujja mu maka go wadde muwala wo okukyala ewaabwe.
3. Okuleka aboomukwano ababiri okubeera bombi mu kaseera kokka w'osobola okulondoolera enneeyisa yaabwe.
4. Okwogera ne muliraanwa wo n'omunnyonnyola ebikutiisa ku baana okubeera awamu.

Omwana ayonoona banne yeeraliikiriza abazadde bangi. Bino wammanga bye byogerwa ku buli kyakuddamu waggulu.

1. Tokkiriza mwana wo kunnyonnyola munne kizibu. bombi bayinza okuba nga bato nnyo okutegeera ggwe ky'ogezaako okutegeeza ekikubobbya omutwe era oba ojja kuba "mubi" eri buli omu olw'enkola eno.
2. Okugezaako okunnyonnyola ebikutawaanya oba okuteekawo amateeka eri omwana atali wuwo tekisaana.
3. Kino kyetaagisa okukola ebintu bingi. Oba ofuuse omulondoozi owa buli kaseera era emirimu gyo ne giba nga gyetaagibwa buli baana lwe babeera bombi. Kino kiba kijja kukukooya nnyo nga wayise ekiseera.
4. Si mulimu mwangu n'akatono okwaŋŋanga muliraanwa olw'ekintu ggwe ky'otwala okuba nga nneeyisa etesaanidde ey'omwana we. Awamu n'ekyo, kino ky'ekisingako mu kuyamba okugonjoola ekizibu.

**EKYOKUKOLA 71: SINGA NNASOBOLA OKUMANYA OKUSINGAWO, NNAALIKOZE BULALA!**

Mu ntuula z'amaka, abazadde bandizzeemu ekibuuzo kino: "singa nnali waakutandika obulamu bwange bupya, kiki kye nnandikoze mu ngeri endala?" kkiriza ensobi zo eri abaana bo. abaana bo bawagire nabo bakkirize ezaabwe.



ESSUULA 23

# Engeri Terefayina, Obusimu Bu Buliwendinkufuna, Vidiyo N'emizannyo Gya Kompyuta Gye Byonoonamu


- Ebyanjula 463
- Olukalala Lw'ebibuuzo Eri Abazadde 463
- Ebibi Ebiva Ku Terefayina 464
- Ebyangungu Ebikwata Ku TV 470
- Omugenyi 470
- Olukalala Olw'ebiyinza Okukolebwa Mu Maka Mu Kifo Ky'okulaba TV 473
- Ebyokukola Ebiyinza Okudda Mu Kifo Kya TV 474
- Ebirala Ebiyinza Okukolebwa Ebisinga Obukulu 475
- Ebizibu Ebiva Mu Kukozesa Ennyo Omutimbagano Gwa Kompyuta (Yintaneti) 478
- Emizannyo Gya Kompyuta 479
- Mu Bufunze 481
- Ebyokukola 72-76 482

## Ebyanjula

Mu maka gaffe mulimu ekintu ekizannya ekitundu ekinene mu bulamu bwaffe naye nga kituula mu kasirise mu nsonda, ekimala ekiseera ekinene n’abaana baffe okusinga kye tumala nabo, wadde nga tukibuusa amaaso, era ekiyinza okwonoona buli maka naye nga tekirabika nga kye kivuddeko ekizibu. Ekintu ekyo ye Terefayina. Tonyooma terefayina oba ekyamaanyi ky’eyinza okutuusa ku bulamu bwaffe! Wadde nga TV erina kye yatuusa ku bulamu bwaffe mu kyasa eky’amakumiabiri, tukisanga nti tekinologiya mu kyasa eky’amakumiabimukimu alina ky’akola ku bulamu bwaffe nga ayita mu mutimbagano gwa Yintaneti, obusimu bu buliwendinkufuna, iPad, n’ebibifaanana. Mu butuufu, obusobozi bw’obusimu bw’omungalo buzingiramu kumpi buli kkubo ly’ebyempuliziganya esoboka nga mwe muli ne TV. Bwe kityo, ebiri mu ssuula eno bikwata ku busimu buliwendinkufuna nga bwe bikwata ku TV, emizannyo gya vidiyo, kompyuta ne Yintaneti.

## Olukalala Lw’ebibuuzo Eri Abazadde

- Abaana balaba terefayina nga balya ekyenkya era nga tebannagenda ku ssomero?
- Abaana balaba terefayina amangu ddala nga baakava ku ssomero? Nga bakola omulimu gw’essomero awaka?
- Ab’awaka balya emmere nga bwe balaba terefayina?
- Emboozi z’omwana wo n’emizannyo gy’azannya ebyekuusa ku terefayina byenkana wa?
- Terefayina ebeerako nga abaana bazannya ne mikwano gyabwe oba n’ebyokuzannyisa byabwe?
- Basaba emmere eteri nnungi n’okusaba ebyokuzannyisa bye balaba birangibwa ku terefayina?
- Obulamu bw’amaka gammwe butambulizibwa ku ebyo ebibeera ku terefayina?
- Omwana wo asobola okuggyako TV nga pulogulaamu gy’abadde alaba eweddeko oba asigala alaba?
- Omwana atera okukoowa okulaba TV nga obudde bugenze?
- Omwana atera okufuna ebirooto eby’entiisa olw’ebyo by’aba alabye ku TV?
- Omwana anyumirwa kulaba TV okusinga kuzannya?
- Omwana bw’aba alaba TV tafa ku mugenyi aba azze awaka?
- Omwana alwawo okusaala olwa TV?



Okulaba ennyo TV guba muze era gulina bingi bye gufaanaganya n’okukozesa ebiragalalagala. Abaana bangi babeera mu ngeri y’okuwunga nga balaba TV, nga bonna babbinkidde nga tebafaako. Oyogera nabo nga tebakuwulira sso nga n’essimu bw’evugira awo okumpi tebagyanukula. Engeri gye balabika mu maaso nayo ekyuka bwe baba balaba TV, oluba lweta ne bayasaamirira, olulimi ne

lulengejjera mu mannyo agoomumaaso, amaaso ne gatangaalirira. Mu kifo ky'okuba abajjumbize era abali ku bwerende, abaana babeera mu mbeera ey'obutategeera bulungi bigenda mu maaso (nga tebakyategeera, tebalina kye bakola, era obwongo nga buggaddewo), nga batwaliriddwa olutimbe olwaka olubali mu maaso.


Ebiri ku pulogulaamu za TV biyinza okwogerwako olutaggwa, nga pulogulaamu ezimu nnungi ate endala nga zabulabe. Wabula eky'ebibeera ku TV si kikulu nnyo nga omuntu by'ayitamu byennyini n'ekiseera ekimalibwa okuba nga biyamba oba bikosa.

Abaana abamu batuula ku terefayina obutagivaako, n'etuuka okusikira emikwano, era nga y'etta ku biseera. Omwana TV gwe yafuukira obulwadde, alabika okufuna ebizibu ebingi okusinga ku baana abalala: ayinza okuba ow'ensonyi ennyingi, nnalukalala, ayiikirizibwa era atasobola kuwangaala bulungi ne banne.

Omuntu omu eyalwala obulwadde bwa terefayina awaka asobola okuleetawo obuzibu obw'amaanyi. Kiba kizibu okutegeka ekintu eky'awamu ne munyumirwa nga omu ku baawaka asinga kwagala kulaba TV. Kibeera kyanguko okuva ku bintu ebitakwatagana na TV (gamba nga okusoma, okuzannya, n'okukuba ebifaananyi) okudda ku terefayina okusinga okuva ku kulaba TV okudda ku bintu ebirala; era omwana eyalwala obulwadde bw'okulaba TV ajja kukisanga nga okusikibwa TV kyamaanyi nnyo okusinga ebirala.

Okusinziira ku Marie Winn (2002), TV erina embeera y'okutwaliriza mu bantu bangi. Batandika okuba nga omulambo oguzuukidde (tebeenyeenya, basiru era abanguwa okufugibwa). Akazibu akatono ke katuukawo omuntu bw'alaba TV; ekizibu ekisingako kye kitatuukawo nga omuntu alaba TV. Abaana abamala ebikumi n'ebikumi by'essaawa nga balaba TV bakosa okutegeera kwabwe n'embeera zaabwe ez'obuntu.

Wajja kubaawo ebigambo mitwalo na mitwalo ebitayogeddwa era nga tebididdwamu muntu mulala n'ebibuuzo nkumuliitu ebitabuuziddwa era nga tebyanukuddwa muntu mulala.



## Ebibi Ebiva Ku Terefayina

Bwe kituuka ku kupima ebiva ku terefayina, abazadde batera nnyo essira okulissa ku bibeerako okusinga obudde obumalibwa mu kulaba TV. Essira baliteeka ku bbo bye beetaaga okusinga ebyo abaana bye beetaaga. Abazadde beetaaga ebisanyusa eri abaana baabwe. Beetaaga mirembe na kasiriikiriro mu nju. Abazadde beetaaga yaaya ow'amasannyalaze akolera obwerere, ateemulugunya, eyeesigika ate nga w'ali essaawa yonna. Kino kikontana n'abaana bye beetaaga. Terefayina tetuukiriza bwetaavu bw'abaana eri okwemalirira, okwezuula amaanyi gaabwe wegali n'obunafu, ssaako n'okuyiga engeri gye bawuliziganyaamu n'abalala (okwogera n'okuwandiika obulungi).

Abaana beetaaga okwenyigira mu kukkirizisa ebintu ebitaliiyo bye beekolera, okusinga abakulu okubibakolera. Ekirala abaana beetaaga okuwagala obwongo nga kuva mu kukozesa ebintu, okukwatwako n'okukola mu kifo ky'okulaba obulabi terefayina nga tebalina kye basobola kukola ku biriko.

Abazadde bangi bakozesa terefayina okukakkanya abapakuka, kubanga ereeta embeera ekkakkanya mu kifo ky'okutebenkeza obwongo okwamaanyi. Okuwuguka kw'amaaso katono nga omuntu abadde alaba TV, kwefaanaanyirizaako n'engeri amaaso gye gabaamu nga omuntu alоota emisana. Ebiri ku TV bituuka okufuna ekifaananyi ekitali kituufu, ekyefaa-

naanyirizaako omuntu okuloota nga atunula. Abalaba ennyo TV tebabeera batereevu mu bulamu bwabwe olw'omuze ogwo ne bafaananako abaatamiira okukozesa ebiragalalagala n'omwenge bwe babeera. Bafiirwa ebintu ebyandibaleetedde okukula n'okukulaakulana n'okuwulira nga abalina kye bafuna mu bulamu. TV kintu ekitavaamu bibala; kumpi buli kintu ekirala ekikolebwa kigisinga. Wadde nga TV tematiza baana, bbo basigala bagiraba mu kifo ky'okusoma ebitabo, okusimba ebimuli mu bulimiro, okutunga, okuzannya emizannyo oba waakiri okunyumya emboozi.


Ebikolebwa bino "ebyomugaso" bifuuka ebitakyettanirwa nga okulaba TV bwe kwettanirwa. Terefayina ekwata abaana omubabiro kubanga enyuma. Wadde nga tewa ssanyu nga ery'okulya oba okugwibwa mu kafuba, awamu n'ekyo TV esigala esikiriza nnyo. Ya kikwangala mu ngeri nti terina ky'ewaayo nga bw'olaba emmere n'omukwano gw'owa aboomumaka bwe birina kye bikuwa, awamu n'ekyo esikiriza ekigenda ewala kubanga ekuŋŋaanya essanyu lyonna eringi n'eriteeka mu kifo kimu: ebifaananyi ebitangaala, amaloboozi amangi n'ennyimba, okwo kw'ossa n'ebyolesebwa ebimanyiddwa ebiriyo n'ebitaliiyo. Ekitundu ekisukka ku kimuekyokubiri eky'abazadde Abamerika bakozesa okugaana abaana okulaba terefayina nga ekibonerezo era ensangi zino kye kibonerezo ekisinga okukozesebwa mu Amerika.

Terefayina ebuutikira abaana, abo abasobola okubaako ne kye bagikolako nga bayita mu kugiggyako ne beeyongera okuba nga tebalina kye bagikolako, abali mu kasiriikiriro, era abatudde obutuuzi. Ebifaananyi ebigenda bijjulukuka, ensonda za kamera ezikyukakyuka n'ebintu TV kwe ziteeka essira, n'engeri omulabi waayo gy'aba akyusa ky'alaba mu butikitiki butono, biyinza okumutuusa ku kuba n'okussa ebirowoozo ku kintu okumala akaseera akatono. Abaana b'essomero abatabeera ku kintu kimu bayinza okuba nga bagezaako okujjukira enkyukakyuka y'omutindo gw'ebifaananyi ebiragibwa ku TV olwo ne babaako bwe bakyuka mu ndaba gye balabamu ebintu. Ne TV z'abaana eziragibwa zirina engeri gye zikosaamu obusimu. Ku baana abamu abatannatuuka kusoma, abatannakula bulungi kusobola kukwataganya ebintu by'amasannyalaze ebidduka ennyo, zirina engeri gye zisannyalaza obusimu bwabwe. Kino kyandiba nga kyekuusa ne ku mbeera ey'okutya gye tutera okulaba emirundi emingi mu baana ensangi zino. Era kiyinza okuba nga kyekuusa ku ndwadde ya ADHD (ereetera abaana obutali butebenkevu mu kukola ekisukkiridde). Teekako TV y'abaana obale engeri obwangu obukozesebwa mu kukyusakyusa ebitundu ko n'omukwasi w'ebifaananyi gy'agenda akyusa enkwata.

## EBIYITIBWAMU MU MUZANNYO GWA TV OGWA SESAME STREET

Sesame Street eno pulogulaamu ya nsi yonna esomesa abaana walifu n'okwatula ebigambo. Abakola omuzannyo guno bagamba nti pulogulaamu yaabwe ya mugaso nnyo mu kusomesa abaana abato. Kyokka waliwo n'ebintu ebirala ebigivaamu. Ekola kinene nnyo mu kuleetera abaana okumanyiira okulaba TV obutagivaako. Abasomesa bagamba nti abaana abamu bayingira mu busomero obusookerwako nga bamanyi ennukuta okuva ku pulogulaamu eno. Wabula, abatava ku TV baba n'obukendeevu mu kuzannya okw'okufumiitiriza, okweyongera mu kuddukadduka okutalina kigendererwa, tebakozesa byakuzannyisa, tebaba na bugumiikiriza ku ebyo ebibanyiiza, tebalemera ku nsonga, era tebaawula bintu biriyo ku bitaliiyo.

Okuyiga okutuufu kwetaaga okuyita mu mbeera y'okukola ebinyu n'okubikwatako. Sesame Street ne pulogulaamu z'okusoma ezigifaanana si kyakusikira ekirungi ku kusomesa okwaddala okw'okumaaso-ku-maaso. Ekituufu kiri nti, ekitabo kyonna ekirungi kisinga Sesame Street! Abasomesa mu masemero agasookerwako baweddemu amaanyi lwa bayizi baabwe abangi abatakyasobola kusoma na kussaayo mwoyo. Wadde nga terefayina eyambako abayizi mu kulowooza okutali kwa bigambo, terina ky'eyamba mu bintu ebirala ebyetaagisa ennyo mu kukola obulungi ku ssomero. Okumala essaawa kkumi (10) nga




omwana asoma akatabo akalungi kirina omugaso mungi okusinga okutuula essaawa kikumi (100) nga alaba pulogulaamu ya Sesame Street. Omuzadde n'akatabo basobola okukola omulimu omulungi ennyo mu budde obutono okusinga Sesame Street, nga era muno mubaamu emiganyulo mingi ku kukuza obwongo bw'omwana okusinga terefayina ate ne mubaamu n'okwewala ebibi ebiri mu kulaba TV (okugeza alaba obutabaako ne ky'asobola kukola ku bigenda mu maaso, okutwalirizibwa n'okuggwaamu amagezi, okusikirizibwa ennyo, n'obutafuna bigambo bipya mu lulimi).

Abaana gye bakoma okulaba terefayina, gye bakoma n'okukola obubi ku ssomero. Okukola obulungi mu kusoma kwetaaga okwagala okusoma, obusobozi bw'okutambulira awamu n'abalala, n'okussa ebirowoozo ku bintu ebirina okuddiŋŋanibwa buli kiseera wadde tebinyuma (okugeza nga okwesiba ku kubala emirundi). Bino byonna bikendeera oba oluusi ne byonoonebwa n'okulaba terefayina okuyitiridde.

## NGA TEREFAYINA TEZINNAJJA

Nga terefayina tennabaawo, abazadde baali banywevu nnyo eri abaana baabwe, si lwa kuba nga baali bakkiriza nti kye kisingako obulungi mu kukuza abaana (wadde nga bwe kiri), wabula nga obugumu buno bwali bwetaagisa nnyo abazadde okusobola okusigalawo. Terefayina nga tezinnabaawo abazadde baatunuuliranga abaana baabwe. Baatendekanga abaana okuzannya bokka okumala ekiseera ekiwera, nga eno bwe balaba ebigenda mu maaso buli kaseera mu kukula kw'omwana. Baayambangako abaana okuyiga engeri y'okwesanyusa bokka mu ngeri ennungi era eyeesigika. Baatendekanga abaana okwebakamu olweggulo kubanga okuwummula kulungi eri omwana. Abazadde baafubanga okulaba nga abaana beebakako oba ne basigala mu bisenge byabwe nga basirise, bazannya oba bawuliriza ku nnyimba oba nga balina bye bakola mu kimpowooze. Oluvannyuma lwa terefayina okujja, enkola zino ezisinga obungi zaasaanawo. Ennaku zino abaana tebakyamanyi kwesanyusa. Mu kifo ky'okukulaakulanya ebyo bye baagala n'okuvumbula ebintu ebyenjawulo, kasita TV eggyibwako, baba tabakyalina kye bakola. Bagaana okusanyuka, okukola ebikolwa eby'okuyiiya, okusoma, olwo ne baggweera mu kiwuubaalo.

Terefayina nga tezinnajja, abaana baasobolanga okukulaakulanya eky'okwemalirira ne bava ku kutunuulira abazadde mu buli kintu (mu kiseera we babeerera abato), olwo ne bettanira ebibeetoolodde n'okuba abajjumbize. Okusobola okuwangaalira mu kitundu ky'abantu



olina okumanyiira embeera yaawo. Ku myaka esatu egy'obukulu abaana batandika okwesigamira ku balala n'okutabagana n'ebyo ebibeetoolodde. Wabula TV ebiseera bingi ekozesebwa nga omulezi w'abaana ku mutendera guno ogw'obulamu bw'omwana. Bwe baba mu kulaba TV, abaana abato baba mirembe, nga tebalina mutawaana era nga batwala butwazi buli kimu, nga abali mu ngalo za bannyabwe. Tebalina kubaako na kye bawaayo, nga bwe kyalibadde kiteekwa okuba singa babadde bazannya n'omwana omulala. Ku baana, okulaba TV tekulina kya bulabe kye kuyinza kubaleetera nga bwe guba mu kuzannya okwabulijjo: baba tebajja kwerumya oba okugwa mu mitawaana, era baba tebajja kunyiiza bazadde baabwe. Baba bafubutuka bwe bati mu mbeera y'obuto mwe batasobolera kweyambira, terefayina n'ebazza mu mbeera y'okukwatagana ennyo n'okwesigamira ku balala.

Nga terefayina tennajja, abaana baagaziyanga bye baagala era nga bagezaako ebintu ebipya; beemalangako ekiwuubaalo nga beeyiiyizaayo obuzannyo, nga bazannya omuzannyo gw'okukkirizisa abalala, nga basoma, ne baddamu okusoma, ne bawandiika amabaluwa, era ne bakola ebibanyumira. Terefayina nga zizze, abaana beemulugunya nti tebalina bya kukola, era ebirala byonna tebiwa maanyi kukola. Tebabangako mu kunyumirwa nga bwekiri ate tebawuubaalangako nga bwekiri! Okulaba TV ye yafuuka embeera ewa obukuumi eri abaana, eterina maanyi gateekebwamu, esanyusa mu ngeri y'okumalamu ebiseera n'obulamu, sso nga okufuna ebyokukola ebisanyusa byafuuka nga okukola! Ebitabo bya filimu za TV biggyako omwana okufumiitiriza ne bibawa embeera eteriimu kulowooza mu kifo ky'okukozesa obwongo. Tebatambulira wamu na bazannyi abali mu mboozi, oba okugenda ewala okutegeera bye balowooza munda, okulafuubana kwabwe ne bye batwala nga ebikulu.

Mu kifo ky'ennaku omuntu ze yandimaze nga asoma olugero okulumalako, olugero lwonna luggweera mu ddakiika kyenda. Abaana bavaawo ku TV nga banyumiddwa naye nga tebafunyeemu kimala. Waakiri mu kusoma ekitabo, baba bajja kuyitako mu mbeera nga eyo nga basoma, bafuuke baamukwano eri abazannyi, era basse mu nkola okufumiitiriza kwabwe. Okukwata, okuwunyiriza n'okuwulira enjuyi ezimu ez'ekitabo kuwa abaana omukisa okukwatagana n'olugero, n'okuba nga basobola okusoma ebitundu by'olugero emirundi egiwera. TV ereeta okuwulira engeri, okuggwaamu amaanyi nga filimu eweddeko amangu olwo ababadde bagiraba ne bavaawo nga emmeeme zibebbise. Waliwo engeri y'enkwatagana eggyawo wakati waffe n'ebitabo etesobola kusomebwa, kupimwa muwendo oba okunnyonnyolwa. Okukwatagana kw'endowooza okwo okukulu tekubaawo mu kulaba TV.


Terefayina eyongera amaanyi mu butaba na kyakukola n'okwesigamira ku bakulu. Mu

biseera ebyayita, obudde obw'eddembe bwawanga abaana emikisa egyetaagisa okukendeeza okwesigamira ku bakulu. Olwaleero, ku baana bangi, obudde obw'eddembe kikolimo. Ekintu kyokka kye basanga nga kisanyusa okukolera mu biseera byabwe eby'eddembe kwe kulaba TV. Abaana abamu batuusa n'okuliira, okubeera ne mikwano gyabwe, n'okukolera eby'essomero mu maaso ga TV.

Okulaba terefayina kwonoonye nnyo obulamu bwomumaka. Ebikolebwa awaka ebya buli lunaku ebiseera bingi byetooloolera TV, era ebirina okukolebwa awaka nga emikolo byonna bifudde. Okwetaba mu mirimu gy'eddiini n'egya bulungibwansi kukendedde era nga entabwe esinga kuva ku terefayina. Abazadde bangi beemulugunya nti kati amaka gaabwe gaafuuka nga wooteri na birabo bya mmere: kifo bufo kya kuliiramu mmere na kwebaka. Kye batamanyi kwe kuba nti TV bw'ewamba awaka kino kye kivaamu ekitayinza kwewalika. Amaka okuba amalungi, waba wateekeddwa okubaawo ebintu ebiwerera ddala aboomumaka bye bayitamu ebiba birina okugabanibwa.

Ebikolebwa bingi ebizuuka buli lunaku ne biddamu okuzuuka ne bikyuka ne bikulaakulana okumala emyaka emingi, bimu ku bintu ebiteekawo enkolagana y'amaka. Ekitali ekyo, abazadde bafuuka bakalabaalaba, abakola ogw'okuliisa, okwambaza, n'okusuza, sso si kirala kyonna; abazadde bakkakkanyizibwa ne babeera mabega eyo mu bulamu bw'abaana. Eky'okukozesa ekisingira ddala mu by'enjigiriza abazadde kye bayinza okuwa abaana baabwe kwe kubasobozesa okusoma. Olwa TV, abaana bafuuka basomi abalagajjavu. Ebitabo babitwala okuba ebitawa maanyi, ebizibu era ebitanyuma. Abaana bagenda beeyongera obutono abakyayagala okussaamu amaanyi okutegeera ekitabo n'okufuba okulaba nti bakimalako. Abaalwala obulwadde bwa TV, okusoma emboozi okuva mu kitabo kibatwalira ekiseera kiwanvu era kirabika nga ekibakaluubiriza. Waakiri bakirabe nga kinnyonnyoddwa ku TV. Abaana tebakimanyi nti kizibu nnyo okuwangula mu bulamu okuggyako nga omuntu afuuse omusomi omulungi.

Terefayina enafuya amaka nga eyita mu kubba obudde okubujja ku bantu abaddala abawangaala. Amaka g'Abamerika agasinga obungi galaba terefayina nga eno bwe balya, ate nga si buli kiseera nti bagirabira ku kyuma kimu! Ne bwe bandibadde nga bonna balaba pulogulaamu ennungi ennyo ezikwata ku butonde n'empisa n'ebigenda mu maaso mu ggwanga, era bandibadde beggyeeko ekintu ekisinga obukulu. Abaffe bagabanye bonna bye bayiseemu mu lunaku olwo? Bakoze enteekateeka, bawaanyisiganyizza ebirowoozo, basaazeemu, era ne boogera ku buwanguzi n'obuzibu bye bayiseemu? Wadde nga terefayina ku bwayo teyonoona bu-




mu bwa maka, awatali kubuusabuusa tenyweza bulamu bwa maka. Wabula, etwala ekiseera nga ekiggya ku kuteekawo enkolagana ey'okwesiga n'obukuumi mu boomumaka, era yeekiika mu kkubo ly'abazadde okuyigiriza n'okweyagalira mu baana.

**Ekifaananyi Ekikyamu Ekikolebwa Terefayina**

Lumu abafumbo babiri abaalina abaana ababiri bampita okubaako n'amagezi ge mbawa ku bizibu by'amaka. Abazadde bombi baali bakola gwa busawo bw'abantu. Ekyanneewuunyisa ye mukyala okugamba nti, "Nga sinnafumbirwa, nnalowoozanga nti obufumbo bujja kuba nga bujjudde ssanyu temuli buvunaanyizibwa, nga kino abazannyi be Holywood bwe bakiraga ku TV." Oba abakugu basobola okulimbibwa engeri terefayina gy'eragamu obulamu, abaana baffe balina mukisa ki okuwona?

Bwe twali tukyasoma mu kibiina ekyokubiri, omusomesa waffe yatusomera olugero olwedda olwali lukwata ku bafumbo bannamukadde ababiri abaali bawangaala obulungi nga baalina kkapa n'embawa. Kkapa yabalyamu olukwe ate yo embwa n'eba nneesigwa. Embwa yagoba kkapa eyadduka n'erinnya omuti okwetaasa. Olugero lwaggwa n'ebigambo bino, "okuva ku lunaku olwo embwa buli lw'eraba kkapa egigoba egirume." Okumala emyaka mingi nnalina enzikiriza nti ensonga erwanaganya embwa ne kkapa kye kibi ekisikire ekya kkapa eri eyalya mu bannamukadde abalungi olukwe. Kale omusomesa yali alina okutunnyonnyola nti engero zino zaali njiiye buyiiye ebintu tebyaliwo kubanga abaana bakkiriza ebyo bye baba balabye ne bye baba bawulidde. Mu ngeri y'emu n'abazadde balina okunnyonnyola abaana baabwe nti bye balaba ku TV si byamazima.



**Ebisimbulize Ebikulu Ku Terefayina**

*Terefayina ekyusizza omwana okumuggya ku maanyi agateŋŋangika okumufuula ekintu ekitava mu kifo.*

(Omuwandiisi tamanyiddwa)

*Singa ozze n'osanga omusajja atamanyiddwa … nga asomesa abaana bo buli omu okuwuttula munne agakonde, oba nga agezaako okumuguza buli kyamaguzi kyonna, waalimufulumizza wabweru awatali kusibamu; naye laba wuuyo oyingira awaka n'osanga TV nga kw'eri, n'otalowooza na ku kyakugiggyako.*

Jerome Singer

*Tewandyagadde ku terefayina okwo ne kubeerako akapeesa akassaako eby'obwongo? Waliwo akamu akalina okussaako ekitangaala naye tekakola. Yo Terefayina eyitibwa Gallagher ekoze kinene nnyo ku bulwadde bw'obwongo nga ekola okusaasaanya amawulire agabukwatako, awamu n'okuba ne ky'ekola ku bwetaavu bwabwo.*

Alfred Hitchcock TV.

*Abaana bwe basanyusibwa n'ennukuta ebbiri, fumiitiriza essanyu lye bandifunye singa zibadde abirimumukaaga. Bikkula ebirowoozo by'omwana. Bikkula ekitabo.*

Omuwandiisi tamanyiddwa

(Bisimbuliziddwa mu mutimbagano: www.quotegarden.com)

## Ebyangungu Ebikwata Ku TV

- Okulaba TV ky'ekikulembera mu by'okwesanyusa by'Abamerika, nga Omwamerika owaabulijjo alaba TV essaawa bbiri n'ekitundu okutuuka ku ttaano olunaku, nga kino kisinziira ku kiseera ky'omwaka okusinziira ku kunoonyereza (Grolier Encyclopedia).
- Okunonyereza okwakolebwa Cambridge University kwakizuula nga abaana abali wakati w'emyaka 14 ne 15 egy'obukulu abalaba TV obutereevu oba ku mutimbagano bafuna obubonero butonoko mu bigezo bya (The Guardian 2015).
- Ku myaka 18, abaana Abamerika baba balabye ebikolwa by'obukambwe 200,000, nga mulimu okutemula emirundi 16,000 ku TV (American Academy of Child & Adolescent Psychiatry).
- Omugejjo mu baana Abamerika n'Abangereza gweyongedde mu myaka 30 egiyise, nga ekimu ku bireeta kino kwe kulaba TV n'okulya ebyokulya ebitali bituufu.

## Omugenyi

"Emyezi mitono nga sinnazaalibwa, kitange yasanga omugenyi eyali tamanyiddwa mu kabuga kaffe. Okuviira ddala mu ntandikwa, taata yasanyusibwa nnyo omugenyi ono era mu kaseera katono yamuyita atandike okubeera mu maka gaffe. Omugenyi yakkirizibwa mangu era nange n'annyaniriza mu nsi nga wayise emyezi mitono. Bwe nnagenda nkula ssaabuuza kifo kye mu maka gaffe. Mmange yansomesa okwagala ekigambo kya Katonda. Kitange yansomesa

okugondera Katonda. Ye omugenyi yali nga munyumya wa mboozi. Yasobolanga okuluka obulungi emboozi ezinyuma ennyo. Ebyewuunyisa, ebitategeerwa mangu, ne katemba byali bingi ddala. Yasobolanga okubeesabeesa amaka gaffe essaawa eziwerako buli kawungeezi. Yali nga mukwano gwa buli muntu awaka. Yatutwala nze ne kitange mu muzannyo gwa baseball omulundi ogwasookera ddala. Yatusikirizanga okulaba filimu era n'atuuka n'okukola enteekateeka okutusisinkanya abazannyi ba filimu abawera. Omugenyi ono yali mwogezi atasirika.

Kitange teyalabikanga kufaayo, naye Mmange ebiseera ebimu yasitukanga – abalala ffenna we twasigalanga nga tuwuliriza emu ku mboozi z'omugenyi ez'ebifo ebyebunaayira – n'agenda mu kisenge kye, n'asoma Bayibuli n'okusaba. Nneebuuza kati oba yasabirako omugenyi ono atuviire. Olaba, kitange amaka gaffe yagajjuzanga empisa. Naye omugenyi ono teyafaayo n'akatono nga kimukwatako okuzissaamu ekitiibwa.

Okugeza, ebintu ebitali bya ddiini byali tebikkirizibwa mu nnyumba yaffe – okuva mu ffe, oba mikwano gyaffe, oba abantu abakulu. Kyokka ye omugenyi waffe ono ow'olulango yakozesanga ebigambo ebibi ebyawaawazanga amatu gange ne bireetera Taata okwesisiwala. Omugenyi teyagambwangako. Kitange teyakkirizanga bitamiiza waka – n'okubifumbisa obufumbisa. Naye omugenyi bulijjo yatuleeteranga bbiya n'ebitamiiza ebirala. Yafuulanga ssigala okulabika nga awooma, bissigala ebinene n'abirabisa nga ebisikiriza, n'emmindi n'erabika nga ewa ekitiibwa.

Ebyokwegadanga yabyogeranga nga bw'ayagala nga teri amukuba ku mukono. Ebigambo ebimu bye yayogeranga oluusi byalinga bya bukambwe, oluusi nga bisendasenda ate olulala nga biswaza. Nkitegeera bulungi kati nti nze okutandika okumanya ebikwata ku nkolagana ey'omukwano wakati w'omusajja n'omukazi kwava ku mugenyi ono. Bwe ntunula emabega, nzikiriza nti kwali kusaasira kwa Katonda kwe kwalemesa omugenyi ono okutusendasenda okusinga awo. Buli ssaawa yawakanyanga enneeyisa ennungi bazadde bange gye baatwalanga nga nkulu. Tebaateranga kumuvunaana ate nga tebamugambako kuvaawo. Kati emyaka gisukka mu makumiasatu bukya mugenyi ono ajja okubeera naffe. Naye singa mbadde waakuddayo mu nju ya bazadde bange olwaleero, waalimulabye nga atudde awo mu kasonda, alindirira omuntu yenna ayingira ajje amuwulirize era amulabe nga aggyayo ebifaananyi bye. Erinnya lye?

Twamuyitanga TV. (Omuwandiisi tamanyiddwa)



## TEEKAWO EKKOMO KU MUWENDO N'EBIRI MU BINTU ABAANA BBO BYE BALABA KU TEREFAYINA

Pam yasalawo okwetaba mu Ssabbiiti Y'okuggyako TV Okw'eggwanga. Abaana be ab'emyaka ekkumineesatu, ekkuminoogumu n'ena ku ntandikwa abaasooka kwemulugunya mpolampola, naye oluvannyuma baalekera awo okwemulugunya nga bafunyeeyo ebintu ebirala ebyokukola mu ssabbiiti eyo.

Abalenzi abakulu beeyongera okusoma era ne bazannya bombi, ne basomesa ne kannyinaabwe okusamba akapiira. Abaana baategeka bingi eby'okukolebwa awamu era nga buli muntu yali waakisa eri munne.

Obutaba na TV kyaleetawo enjawulo nnene ddala. Aboomumaka baafuna ku budde obumala.



TOLABANGA FILIMU MU MAASO G'ABAANA BO ERAGA EBINTU BY'OTOYAGALA BAKOLE

*Abazadde bangi bazze baggyako TV era ne bakkiriziganya nti amaanyi gaabwe tegaafira bwereere. Amaka ga Kane kino gaakitandikira mu luwummula: Tewaali TV bwe twali mu luwummula, olwo ne kiba nga enkyukakyuka yonna yeekola yokka. Mu kusooka muwala waffe yakibuuzaako, naye buli lwe yagezangako okubuuza twamubuzaabuzanga.*

Abazadde balowooza nti abaana bateekeddwa okuba nga basanyusibwa buli kaseera. Abazadde bawulira nga bawalirizibwa okuyamba abaana baabwe: "Kale nja kukufunira eky'okukola." Wabula nga wayise ekiseera, baba bamativu okuleka abaana baabwe okwefunira ebyokukola.

Abaana abato naddala baganyulwa mu kuyamba bazadde baabwe okukola emirimu gy'awaka. Abaana bayite bakuyambeko mu kufumba. Abazadde baalibadde kyakulabirako eri abaana? Abaana bwe balaba bazadde baabwe nga bawummudde oba nga balina bye bakola awatali terefayina, olwo omwana aba ajja kuyiga naye okukola bw'atyo.

## Okunoonyereza Okw'abakugu Mu Bya Terefayina Ey'abaana

Spock (1998) ne American Academy of Pediatrics (1999) bagamba nti abaana abatandika okutambula n'abaana abato tebalina kulaba TV kubanga "okulaba TV okw'abaana kulina ebintu bye kuleeta omuli okukeerewa okukaza olulimi, okukendeera kw'ekiseera omwana by'ateekayo omwoyo, n'okulwawo okukula mu magezi agategeera ebintu." "Emigaso egikakasibwa ssayansi tegiriiko bujulizi era nga obujulizi obuliwo bulaga bulabe."
Spock agamba nti enkola eno "eri wala nnyo" eri abazadde abasinga obungi.

Rosemond (1993) awagira kya kugaana TV okutuusa omwana nga asobola okusoma era nga anyumirwa ebitabo. Naye ne mu mbeera eyo, okulaba kulina kukugirwa kukoma ku mugatte gwa ssaawa ttaano zokka mu ssabbiiti.

Rankin (2006) agamba nti okulaba TV okumala essaawa essatu oba okussingawo olunaku kikosa ensoma y'abaana, naye singa pulogulaamu z'ebyenjigiriza ziba zirondobeddwamu bulungi ziyinza okuyamba. Ebiragibwa ebyenjigiriza birowoozebwa okuba nga byongera ku buyiiya.

**Gabana n'omwana wo emboozi n'ebitontome ebizzaamu amaanyi era ebiyigiriza.**
**(BENNETT 1996)**



## Olukalala Olw'ebiyinza Okukolebwa Mu Maka Mu Kifo Ky'okulaba TV

Abazadde abasinga obungi bakkiriza abaana baabwe okulaba TV, nga kino kiva ku butaba na kyakukola okutwaliriza obudde bw'abaana. Abazadde bakoowa nnyo nga TV y'ebawa akaseera okuwummula, bw'ebaggyirawo abaana abaalibatawaanyizza. Ekizibu kino kiyinza okugonjoolwa n'okutandika okwenyigira mu bintu ebyomugaso. Twogedde ku bibi ebingi ebiva mu kulaba terefayina eri abaana n'abazadde. Oboolyawo nga obulabe obusinga obunene TV bw'etuusa ku maka kwe kugafuula agatalina mugaso, naye nga obulabe buno tebumanyiddwa abantu abangi. Abaawaka tebaba na budde bwa kutabagana bonna; TV ebalemesa okubeera awamu. Laba ebimu ku biyinza okukolebwa mu kifo ky'okulaba TV.


Oyinza otya okuyisa omubbi akubbyeko ssente zo? Ate omubbi akubbyeko ebiseera byo, n'obulamu bw'omu maka go? TV ekuleetera ebizibu bingi n'okusinga okukubbira ssente. Ekutwalira essanyu. Wadde nga oyinza okuzzaawo ssente, naye tosobola kukomyawo biseera byo n'essanyu lyo.

## Ebyokukola Ebiyinza Okudda Mu Kifo Kya TV

Ebyokukola ebisaanidde biyinza okulondebwa okusinziira ku myaka gy'omwana. Waliwo ebitabo nkumi na nkumi ebiraga ebintu ebiyinza okukolebwa amaka mwe gasobola okulonda.

1. Zimba ekisenge (ekikomera).
2. Tegeka okulongoosa okwa bulungibwansi.
3. Genda mu tterekero ly'ebitabo, weeyazike ekitabo, kola emirimu egiri mu tterekero.
4. Wuliriza laadiyo.
5. Kyalira ekkuumiro ly'ebisolo oba ery'ebintu ebyedda.
6. Siiga ekifaananyi.
7. Kyalako ku kitaawulizi (ekitebe ky'ekitundu) oba mu kifo ekiwummulirwamu.
8. Genda owuge.
9. Someramu mutoowo akatabo.
10. Tegeka ekijjulo ky'ebweru.
11. Tambulako, dduka oba vuga akagaali.
12. Yimbayo akayimba oba okwate akitontome.
13. Genda otunuulire ku binyonyi.
14. Buuka omuguwa.
15. Kolayo obwa nnakyewa mu kitundu oba okugaba obuyambi.
16. Teekawo olusiisira (ne bwe waba bweru wa nnyumba yo).
17. Wandiikira mukwano gwo, owooluganda oba jjajjaawo ebbaluwa.
18. Simba ebimuli, ebibala oba eddagala.
19. Soma amawulire.
20. Zannya omweso (Chess).
21. Lukayo ebikomo ebiraga omukwano; ekimu kyambaze omukono gw'omuntu n'ekirala okyambaze omulala.
22. Twala ebintu by'otakyakozesa obitonere abeetaavu.
23. Tandikawo ekitabo mw'owandiika ebintu byo.
24. Kyalira ettundiro ly'ebitabo ery'omukitundu.
25. Noonyereza ku byafaayo by'amaka gammwe.
26. Yiga okubajja era weebajjireyo amasa g'ebitabo.
27. Lukayo eby'emikono by'onotona nga ebirabo.
28. Yiiyaayo olugero era oluwandiike.
29. Tambulako eyo mu bibira. Kuŋŋaanya ensigo n'ebikoola. Lukamu eby'emikono obitimbe ku firiigi.
30. Tunuulira eggulu ekiro nga okozesa ebitangaaza: Zuula enjawulo wakati w'ebibinja by'emmunyeenye. Tunuulira omwezi. Soma ku bikwata ku mmunyeenye n'obwengula.
31. Fumbirayo baliraanwa obumpwakimpwaki.
32. Saba omuntu omukulu owaawaka akubuulire ebikwata ku buto bwe era obiwandiikeko.
33. Kolayo jjaamu (asiigibwa ku mugaati).
34. Kola bbongo.
35. Kola dduyiro.
36. Tambula nga ogenda ku mulimu oba ku ssomero.
37. Zannya omuzannyo gw'okuseereza enkulungo.
38. Samba omupiira.
39. Genda mu kusinza.
40. Ddukira mu kkutiya.
41. Zannya omupiira gw'ebigere, omupiira ogwa vvole n'omupiira gw'ensero.
42. Yiga okukuba ttayipu.
43. Yiga okukozesa kompyuta.
44. Yiga okuvuga mmotoka.
45. Zannya ttena wokummeeza.
46. Tegeka akazannyo ka janguonkwekule ne baliraanwa.
47. Yoza engoye n'engalo.
48. Yera mu nnyumba.
49. Longoosa amadirisa.
50. Fumba eky'eggulo ne mikwano gyo oba n'abomunju.
51. Tereeza akawunti za bbanka.
52. Wandiika ku bifa ku kitabo ekimu.
53. Mukubaganye ebirowoozo ku nsaasaanya y'amaka eya buli mwezi.
54. Teekateeka akabaga.
55. Waanyisiganya obutabo bw'amawulire ne mikwano gyo.
56. Longoosa ekisenge kyo.
57. Zannya ku buzannyo bw'okukasuka mu bbanga oba hoke.
58. Wandiikirayo omuwandiisi wo gw'osinga okwagala ebbaluwa, ky'ekimu mulamu oba mufu.
59. Zannya n'ekisolo ky'awaka oba ekya muliraanwa.
60. Kola mu bulimiro bw'awaka.
61. Buusa ekinyonyi ky'empapula.
62. Mukyaleeko awantu nga abaawaka.
63. Wanika ku muti obuuma bw'ebbugumu n'empewo.
64. Wandiikayo omuzannyo.
65. Genda ozannyireko mu muzira okoleyo omusajja ow'omumuzira.
66. Kola ebifaananyi mu mpapula okuva mu butabo bw'amawulire obukadde.
67. Kyalako gye bajjanjabira abakadde.
68. Lererako abazadde abapya obwana.
69. Tambulako olugendo oluwanvu.
70. Ddamu obukunizo.
71. Funayo emikwano emipya.
72. Tandikawo ekibinja ky'okusoma ebitabo.
73. Zannya emizannyo gy'okummeeza n'abaawaka oba ne mikwano gyo.
74. Kolayo eddundiro ly'obuwuka.
75. Kolawo akabaga ka caayi mu bimuli byomuluggya.
76. Kolayo akaato kaseeyeeyere ku mazzi.
77. Siigayo ebifaananyi by'abantu baawaka.
78. Yiga bwe bakozesa kampasi ne maapu.
79. Yiga enkozesa y'ebipimo ebyenjawulo.
80. Nyumyamuuko n'omuntu omukulu.
81. Zannya dulafuti.
82. Yiga okutunga.
83. Kyalako mu kyalo.
84. Kama ente.

85. Linnya omuti.
86. Kuŋŋaanya ebigambo ebisaaga, biwandiike mu katabo, era obibuulire mikwano gyo n'aboomumaka.
87. Yiga ebikokko.
88. Tunuulira enjuba nga egwa ne bw'eba evaayo.
89. Teekateeka olukalala lw'ebintu by'okugula mu katale.
90. Yiga okwogera ebigambo ebimpimpi mu nnimi ez'enjawulo. (Thank you, good morning/evening, yes, no, bala 1 to 10, ennaku za wiiki ….)



## Ebirala Ebiyinza Okukolebwa Ebisinga Obukulu

Bino nabyo bikulu nnyo abaana bye bayinza okukola (biggyiddwa mu kitabo kya Beshir n'abalala 1998).

### EBIKOLEBWA MU KITUNDU

- Yigayo olulimi olulala nga olugatta ku ezo ebbiri enkulu: oluzaaliranwa olw'eggwanga lyo n'Oluwalabu olwa Kulaane.
- Genda mu nsiisira z'abavubuka: fuba okulaba nti waliyo ebitegekeddwa ebyomugaso eri abaana, naddala mu mpummula empanvu. Nga oggyeeko ebyamagezi n'ebyomwoyo ebirimu, pulogulaamu z'olusiisira zirina okubaamu okuzannya, emizannyo gy'ebweru, emizannyo gy'okummeeza, n'okuwakanya.
- Weegate ku kiraabu z'abalenzi oba abawala.
- Weegatte ku bibinja bya nashiidi (ennyimba). Abaana balondere ennyimba eziteesittaza ate nga nnyangu ze baba bayiga, era obaleke boolese mu bikujjuko byomu kitundu.
- Weetabe mu bubaga bw'ekiro: obubaga bw'okusulayo obw'abaana obulabirirwa abazadde buwa abaana essanyu era ne bubayamba okwongera okukwatagana.
- Zannyira mu nkuba, muzira oba mu musana (naye nga okozesa ebikukuuma ebisaanidde).
- Yiga obukodyo bw'okwekuuma.
- Weegatte ku misomo gya tajiwiidi (okusoma Kulaane n'enjatula ennungi) n'amasomo g'ebitontome.
- Yiga engeri y'okwetaasaamu singa omuliro guba gukutte.
- Yiga okwogera mu bantu.
- Yiga okukubaganya ebirowoozo.
- Yiga okuwandiika Oluzungu n'Oluwalabu n'omukono.
- Genda ovube.
- Yiga CPR (okukomyawo okukuba kw'omutima ku muntu asirise omutima, aziyidde, agudde mu kidiba, n'ebirala).
- Yiga ku bikwatagan'okuwa omuntu aziyidde obujjanjabi obusookerwako.

**Umaru ibn al-Khattwabu yagamba bw'ati:**


**"Somesa abaana bo okuwuga, okukasuka obusaale n'okuvuga embalaasi."**

## EBYOKUKOLA EBY'OBUTONDE

- **Vumbula Obutonde Okusinziira ku Supiidi Yo**. Aboomumaka basobola okutindigga eŋŋendo ku bigere mu byalo okulaba ebyewuunyo by'obutonde bw'ensi: ebinyonyi, ebiwuka, emisota, ebimuli n'emiti. Abaana bayinza okumala essaawa eziwerako nga bakuŋŋaanya amayinja mu mugga. Bayinza n'okugenda okuvuga obugaali.
- **Weekalirize emmunyeenye**. Okwekaliriza emmunyeenye kikolwa kyamaanyi. Kozesa maapu y'obubinja bw'emmunyeenye. Sikayo bulangiti n'ebibala ogende ewali ekitangaala ekitono. Wayinza okuba emmanju wammwe oba ku ntikko y'olusozi. Enzikiza bw'ekwatira ddala gezaako okwekenneenya ebibinja ebyenjawulo bino kimu ku kimu nga bw'ozuula ebika byazo. Yawulamu Dipper Entono, omale onoonye Leo, Lion. Oluvannyuma abaana bajja kutandika okwezuulira ebikula ebyabwe mu mmunyeenye, nga bwe bakola ku bire.

## EMIZANNYO

- Muzannye omuzannyo gw'engalo n'obugere, nga bwe mugeraageranya obuwanvu bw'engalo za buli omu. Buli muntu asitula omukono gwe mu bbanga nga engalo ziri busimbalaala. Ojja kukizuula nti olunwe lumpi ku namagalo. Ate ye ntevuunya (kyawakati) y'asinga obuwanvu, kyokka ebiseera byazo bya njawulo ku buli muntu. Olwo mukebere obugere: muggyemu sitookisi mugalamire kya bugazi mutunuulire ebigere byammwe n'obugere. Obugere nabwo bwanjawulo.
- Okubala embiriizi z'abaana bo kinyuma nnyo naddala singa kiba kikolebwa bajjajja.
- Muzannye omuzannyo gwa walifu. Buli muntu ali mu mmotoka akuŋŋaanya buli nnukuta esangibwa mu bupande bwokunguudo. Zitegeke nga bwe zeddiriŋŋana. Tewali akkirizibwa kutambuza maaso kutunula ku ludda olutali lulwe kulabayo bupande. Omuntu asooka okulaba 'Z' y'aba awangudde.
- Nga muli ku lugendo "mukuŋŋaanye" nnamba za mmotoka ez'obwannanyini okuva mu bitundu byonna bye musobola.
- Muzannye akazannyo ka "B.B. Bumblebee, nnyina kyendaba ky'otalaba". Osobola okukuumira muwala wo ow'emyaka ebiri nga alina ky'akola ekimutwalira obudde okumala eddakiika eziwera. Ggwe otandika n'ogamba, nti, "B.B. Bumblebee, nnina kye ndaba ky'otalaba, ate kimyufu." Oluvannyuma owa muwala wo omukisa okumagamaga ateebe ekintu ekimyufu ky'oyinza okuba nga ky'outnuulidde. Bw'akyogera olwo nga ye y'aba addako. Oba "Nnina kye nkesse n'obuuso bwange ekintu ekitandisa A" olwo omwana n'atandika okuteeba ekintu ky'olabye ekitandisa ennukuta gy'ogambye, wano ennukuta A.
- Muzannye kyesi (chess). Engeri gy'oyinza okutendeka omwana wo okulowooza n'okuba omuyiiya kwe kuzannya omweso gwa kyesi. Gusomesa obugumiikiriza ate ne gugunjula omwoyo. Era osobola okubaako ne ky'oyiga ku bubumbwa bw'omuntu gw'ozannya naye nga oyita mu kwetegereza obukodyo bw'akozesa mu muzannyo. Bwa kulumba oba bwa kuzibira? Asobola okwaŋŋanga omulabe oba akugira bukugizi? Basobola okukola ekiyinza okubateeka mu bizibu oba nedda?





**Amaloboozi G'obutonde**

Tuuza abaana wansi, bazibirize, basirike be cce, era basirike nga bwe kisoboka, nga bwe babala amaloboozi gonna ge bawulira. Muwulirize amaloboozi g'ebinyonyi, ebiwuka n'ebikere.

**Bamanyiize Obutonde**

Abaana baffe bagenda bava ku nsi y'emiti, emigga, n'ensozi, ne beeyunira ensi ya TV, zi kompyuta n'emizannyo gya vidiyo. Bazzeeyo ku butonde.



### OKULYA N'ABAANA BO

Okusinziira ku kunoonyereza okwakolebwa National Center on Addiction and Substance Abuse ku Colombia University:



- Abaana bulijjo abalya emmere n'aboomumaka gaabwe (emirundi 5 – 7 buli wiiki) balabika okulaga enkolagana ey'ekika ekyawaggulu ne bazadde baabwe. Emmere eriibwa awamu mu maka egendako wala okusinga ku kuliira awamu obuli emmere. Emboozi enyumizibwa wano eyamba abazadde okuzuula ebikwata ku bulamu bw'abaana baabwe, okusoomoozebwa kwe basanga, n'ebyo abaana bye banyumirwa okukola (CASA 2012).
- Abaana okulya ennyo emmere ne bazadde baabwe kirina akakwate n'ekizibu ky'okufuuweeta ssigala, okunywa omwenge oba okukozesa ebiragalalagala okukendeera.
- Obutafaanana na batiini abalya ennyo emmere n'aboomumaka, abo abatatera kulya mmere n'aboomumaka (emirundi egikka wansi w'esatu buli wiiki) baba balabika okugamba emirundi egikubisaamu okusukka ku ebiri nti basuubira okugezaako okukozesa ebiragalagala mu biseera by'omumaaso (CASA 2010).
- Abaana abatera ennyo okuliira awamu emmere n'aboomumaka bakola bulungiko ku ssomero, okunyigirizibwa kwabwe mu birowoozo awaka kuba kujja kuba wansiko, era basingako okwesiga bazadde baabwe ku bannaabwe (CASA 2003).

## Ebizibu Ebiva Mu Kukozesa Ennyo Omutimbagano Gwa Kompyuta (Yintaneti)

Ebikyamu byonna ebyogeddwako ku TV bisobola bulungi n'okuva ku mutimbagano ne ku mizannyo gyokukompyuta. Abazadde batera okuwagira abaana okukozesa ennyo kompyuta. Abazadde abamu balowooza nti kompyuta nkola ereeta emigaso gyokka mu bulamu bwaffe. Si bwe kiri! Bbo abazadde basuubira abaana baabwe okukozesa kompyuta mu ngeri esaanidde era ey'obuvunaanyizibwa. Wabula eky'amazima kiri nti, abaana abamu kompyuta bazikozesa kuyisa budde mu bifo ebyogererwako, okulaba ebibanja ebitalina mugaso, n'okutunula ku bifaananyi ebyobuseegu.

Okufaananako ne terefayina, okukozesa ennyo Omutimbagano gwa kompyuta kuleetawo embeera y'obutafa ku balala, kiyingirira emirimu mingi egyandikoleddwa, kyongera omugejjo, era ne kiremesa n'okutabagana kw'abaana. Abaana era bafuna ebirowoozo ebikyamu n'obulango bw'ebyamaguzi obuyitiridde. Kompyuta kikozesebwa kyamaanyi era zisobola okuleeta emiganyulo emingi n'amawulire ag'omgaso. Wabula, abazadde balina okulondoola enkozesa ya zo nga bateekamu ennamba ez'ekyama eziziggula, bazibikira emikutu egimu, bakozesa amakubo agataliimu mitawaana, era beemanyiize okukozesa omukutu guno. Temukkiriza baana kumalira nnyo budde buyitiridde ku mutimbagano era kompyuta muziggye mu bisenge omusulwa zibeere aboowaka bonna we basobolera okuziraba.

## Emizannyo Gya Kompyuta

Emizannyo gya kompyuta nagyo gitwala nnyo obudde bw'abaana naddala abalenzi. Ogulabika nga ogutalina bulabe bwonna, guyinza okukoseza ddala abaana.

Emizannyo gya kompyuta girimu ebikolwa ebyobukambwe era nagyo giyinza okufuukira ddala obulwadde. Obulwadde bw'emizannyo gya kompyuta obugenda ewala bwatuusa abantu ku kufiirwa obulamu (okufa okungi okwali mu South Korea okwava ku bulwadde bw'emizannyo gino). [Mawulire ga BBC 2005].

Emizannyo gino gimalamu nnyo ebintu ebiriwo ekinyusi, olwo ensi eyaddala n'efuuka nga ekisaawe ky'okufuna okusanyusibwa. Emizannyo egiwagira okulwana okulimu ebissi wakati w'enjuyi ebbiri n'okutta okw'engeri y'ekikomando kukkakkanya nnyo omuwendo gw'obulamu bw'abantu. Amaggye gatendeka abajaasi baago okutta nga beeyambisa emizannyo gya kompyuta nga egyo abaana gye bazannya. Emiramwa emirala mulimu eddogo, emizimu n'ensi y'amaanyi agatali ga bulijjo.

Obufuusa n'ebisiraani bifuuka ebintu ebyabulijjo mu mizannyo gya kompyuta. Ebyembi, tekinologiya gy'agenda yeeyongera okukula, emizannyo gino gifuuka nga ebintu ebituufu era ebirabika nga ebyobulamu obwaddala. Kino kyabulabe nnyo, okufuulafuula ensi eyaddala okufuuka ekintu eky'okufumiitiriza obufumiitiriza. Abaana tebalina kuwagirwa kudduka mazima wabula beŋŋange obulamu buno n'okusoomooza kwonna kwe buleeta. Abazadde beetaaga okukendeeza obudde abaana bwe bamala ku mizannyo gya kompyuta era babalonderemu emizannyo gye balina okuzannya.

Okulaba ennyo terefayina kuvaamu enneeyisa ey'ebikolwa eby'obukambwe, okusoma obubi, okwegadanga okukeere, omugejjo n'okukozesa ebiragalalagala n'ebitamiiza. Emizannyo gya kompyuta egirimu ebikolwa eby'obukambwe givaamu obulabe n'abaana okulwanalwana.

Okuzannya emizannyo egy'obukambwe kuvaamu:

1. Okuba nga omuntu asikirizibwa mangu,
2. Okwongera ku birowoozo by'okukola obulabe,
3. Okwongera omuntu okuwulira okwagala okukola obulumbaganyi,
4. Okwongera ku nneeyisa y'ebikolwa eby'obukambwe,
5. N'okukendeera kw'enneeyisa y'okwagala okuyamba abantu.

### ENGERI ENJAWULO MU BIKULA BY'ABANTU GYE BIRAGIBWAMU KU TEREFAYINA:

1. Mu nkolagana y'omusajja n'omukazi ku terefayina, abasajja be basinga okubuutikira.
2. Abasajja ku TV be babeera abategeera, abamanyi kye baagala, abategeera ebigenda mu maaso, abavuganya, ab'amaanyi, abatebenkevu, era abagumiikiriza, sso bbo abakyala balowooleza mu bya mukwano, bekkiriranya, era batiitiizi okuggyako nga balagiddwa nga abalina kye banoonya ab'omutawaana ennyo.




3. Ku basajja essira liri ku maanyi, okubaako ne kye bakola; ku bakazi essira liri ku bubalagavu n'okwegombebwa.
4. Obufumbo n'amaka si bikulu eri abasajja abalagibwa ku ndaga za terefayina. Kumpi ekitundu ky'abasajja kyali tekisoboka kumanyibwa oba baali bafumbo, ekintu ekyali ekituufu ku bakazi ebitundu 11 byokka.

Abakyala abasinga ku terefayina ekiro babeera bato, basikiriza, batono, era bali nga byakwewunda. Abakazi awatali kuwunjawunja bateekebwa mu mbeera nga endabika y'esinga okutwalibwa okusinga amagezi ge bakozesa, era nga enneeyisa erimu okulemererwa n'obutasobola eba esuubirwa. Abasajja bbo bakubisaamu abakazi emirundi ebiri mu kulagibwa nga abalina obusobozi era abasobola okugonjoola ebizibu. Abakazi batwalibwa nga ebintu ebiri awo ebyokwegadanga okusinga abasajja, ate bbo abasajja ne balagibwa nga abatalina kye bamanyi bwe kituuka ku kulabirira abaana. (Seidman 1999; Davis, 1990; Beal 1994)

Ku terefayina ya Amerika ey'ennyimba, abakazi bulijjo balagibwa nga ebintu ebiri awo ebyokwegadanga, nga bagezaako okusika ebirowoozo by'abasajja. Mu ntambi za vidiyo ez'ennyimba ezanguyiriza, abakazi balagibwa nga ebintu ebirina obwagazi obungi. Mu kwambala obukete, abakazi baba balabika okukubisaamu abasajja emirundi ena, sso nga abasajja kumpi bulijjo bambala bulungi.

EBIBUZAABUZA AMAKA: Emizannyo gya vidiyo essira gisinga kulissa ku kikolwa kya muntu omu okusinga okukolera awamu. Embeera etera okubaawo ye y'omuzannyi atamanyiddwa nga ayolesa ekikolwa eky'obulabe ku muntu atamanyiddwa. Ensi y'emizannyo gya vidiyo tetera kutwala bintu bya bantu abangi nga ekikulu n'abazannyi abawera. Emizannyo gya vidiyo egisinga obungi tegikkiriza kuzannyibwa bazannyi basukka ku omu mu kiseera ekimu. Ekibiina ky'eggwanga ekifuga emikutu n'amaka (The National Institute on Media and the Family) kizze kinoonyereza era nga kiwa alipoota ku ngeri emizannyo gya vidiyo gye gikozeemu okumala emyaka egiwera. Tukizudde nti emizannyo mingi gikuliriza enkola ey'ebivve ebikolebwa mu bibinja, gigyaganya olw'obukambwe obukolebwa, gitumbula obutasaasira, era ne giwagira ebikolwa eby'obukambwe ebikolebwa ku bakazi!



## Mu Bufunze

- Abaana abatazannya nnyo mizannyo gya vidiyo bakola bulungi ku ssomero era tebatera kulwana.
- Wagira emizannyo egiyigiriza era omalemu amaanyi emizannyo egy'obukambwe.
- TV n'emizannyo gya vidiyo tebirina byamaanyi kye bikola ku baana abalina empisa.
- Abazadde balina okussa ekkomo ku budde abaana bwe balina okumala nga bazannya emizannyo gya vidiyo.

Okutwalira awamu, bwe tugeraageranya emigaso n'ebizibu ebiri mu tekinologiya ow'omulembe by'aleese okugeza Yintaneti, TV, obusimu bw'omungalo (buliwendinkufuna), n'ebibifaanana, tukisanga nti obulamu bw'emirembe emito buba butukuvuko, obulungiko era obuvaamu ebibala ebisinga obulungi singa tebibaddeewo. Bifuuse ekibi ekitayinza kwewalika. Wadde nga ebivumbuddwa bino bifunzizza nnyo ebbanga eriri wakati w'abooluganda mu by'empuliziganya ne biteeka ekuŋŋaanyizo ly'okumanya mu ngalo z'abavubuka, bangi ku bbo bibafuukidde bulwadde ne byonoona n'amaka ne galemererwa okutuukiriza emirimu gyago okwo nga kw'ogatta okusaasaana kw'ebirowoozo eby'ensi omutali ddiini ebikoma ewala. Okukozesa ebintu ebyo okutaliiko kkomo kufudde abavubuka abaddu b'entimbe. Obuvunaanyizibwa bw'abazadde kwe kuluŋŋamya emirembe emipya ku ngeri y'okukozesa ebintu bino mu ngeri ey'amagezi. Twetaaga okubifuga okusinga byo okuba nga bye bitufuga.

**Ggyako TV Oteekeko Obulamu**

Nyumirwa Nnyo Abaana era obeere nabo. Okukuza abaana gwe mulimu ogusinga okusoomooza naye era mulimu ogusinga okusasula; gwetaaga ssayansi, obukodyo obuzaale, n'okukkiriza. Nyumirwa abaana bo buli lunaku (mu kifo kya TV).

## Ebyokukola



**EBIRALA EBIYINZA OKUKOLA MU KIFO KYA TEREFAYINA N'EMIZANNYO GYA VIDIYO**

**EKYOKUKOLA 72: OKULAMBULA OKW'OKUYIGA**

Abaana batwale mu bitongole ebyenjawulo. "Mbuulira mba nja kwerabira. Ndaga mba nja kujjukira. Ndeka nneetabemu mba nja kutegeera."

- Abaana bo batwaleko mu kkooti z'amateeka, okulaba abalamuzi ne bannamateeka.
- Twalako abaana bo ku poliisi ne mu makomera.
- Kyalako mu masinzizo ag'enzikiriza endala n'abaana bo.
- Mukyaleko mu materekero g'ebintu ebyedda, amaterekero g'ebitabo, n'amalundiro.

**EKYOKUKOLA 73: BAFUULE ABAFAAYO KU MMERE GYE BALYA**

Buuza abaana ku birungo ebifumba emmere n'engeri emmere gy'efumbibwa: ssupu, pizza, omugaati, bbongo, omuzigo, kabalagala, obunzaali, keeki, omubisi gw'enjuki, ebiberenge, siyaagi, ennyaanya, amajaani ne kaawa.

Abaana balage ebirungo n'engeri gye bakolamu: ssabbuuni, ssabbuuni w'omunviiri, empapula, bwino, engoye, pulasitiika, ppati, engatto, ebibajje, n'ebiwempe.

Buli mwana alondeko ekika ky'emmere kimu n'olukalala lw'ebirungo agezeeko okufumba nga bw'omuyambako.

**EKYOKUKOLA 74. KIKI KY'OSINGA OKUTWALA NGA EKIKULU?**

Mu lukiiko lw'awaka buuza buli omu bw'oti: "Singa obadde n'olunaku lumu lwokka olw'okuwangaala ku nsi wandikoze ki? Lwaki?" Oluvannyuma leka buli omu abeeko ky'ayogera ku biddibwamu.

**EKYOKUKOLA 75: AMAGEZI AG'OMUWENDO ERI ABAANA**

Tuuza aboomumaka ogambe buli mwana asome emboozi zino mu ddoboozi eriwulirwa. Nnyonnyola amakulu era mugabane ebyokulabirako okuva mu by'oyiseemu. Abaana bakubirize okugabana engeri gye bawuliramu.

**Mwana Wange: Weetegereze bino …**

Omusajja oweekitiibwa bw'omuvuma,
Omusajja omugezi bw'omuswaza,
Omusajja atalina nsa bw'omusaasira,
Omusajja omusirusiru bw'osaaga naye,
Omusajja omuluvu bw'okolagana naye.

**Omwana wange omwagalwa:**

Nnawoomerwa ebintu byonna ebisanyusa naye ssaafunayo kiwoomerera nga obulamu mu mubiri.
Nnakomba ku bukaawu obwabuli kika naye ssaafunayo bukaawu businga kuba nga olina obwetaavu eri abalala.
Nneetikka ebizito by'ebyuma n'amayinja naye ssaasangayo kizitowa nga bbanja.
Tegeera nti obuwangaazi bwo bwonna mulimu ennaku za bika bibiri byokka… olukulamira n'olukufiiririra, Bwe lukulamira, teweewulira oba obutasiima, Bwe lukufiiririra, beera bubeezi mugumiikiriza

( Ali ibn Abu Twalib)

**EKYOKUKOLA 76: AMAKA GO OGAKULEMBERA NA MAGEZI?**

Olukalala lw'okweyaza: Nkola Ntya Nga Omuzadde?
Okukuza abaana mulimu ogusoomooza ate ogusasula. Abazadde beenyigira mu kukuza, okugunjula, okulabirira, okukulembera n'okubuulirira. Abazadde beenyigira mu kusomesa, okutendeka, n'okuwa amagezi.
Balinga omusawo alumirirwa nga ekiruubirirwa kye bulijjo kwe kutereeza embeera sso si kulumya. Abazadde bawa amaanyi, bawagira, bongerako, era ne bayamba abaana.
Weetegereze engeri gy'okolamu obuzadde bwo kimu ku kimu. (Kiyinza okutwala akadde akawerako byonna okubimalayo).

**Nga omuzadde:**

- Nnalonda bulungi omubeezi? Ekiseera n'amaanyi bye mmala nga nnoonya omubeezi tebiriimu bw'ogeraageranya n'obudde bwe nnaamala nga nkwataganya n'omubeezi omukyamu. Noonyeza ddala bulungi, musobole okutambula obulungi.
- Abaana bange nnabasomesa bulungi ebintu amaka bye gatwala nga ebikulu? Ekifuula amaka ag'ekyewuunyo si bisenge na busolya, wabula nneeyisa na mpisa.
- Nabasomesa ebigendererwa ebituufu? Ekikola amaka amasuffu si bisenge na ngalama wabula omuwendo n'enneeyisa.
- Nnatumbula bulungi obusobozi obusembayo obulungi mu buli mwana wange? Buli mwana aba ne by'ayagala ne by'anyumirwa ebimweyawulidde; twetaaga okwongera okunyweza ebitone byabwe.
- Nnakozesa bulungi ebyobugagga bw'amaka gaffe: obudde, ssente, n'ebikozesebwa?
- Nnatwala obuvunaanyizibwa okutegeera engeri abaana bange gye bawuliramu ne bwe bategeera ebintu? Engeri gye bawuliramu nkulu. Nnyina okwessaako mu kifo kyabwe.
- Abaana bange nnabatendeka? Abaana tebeetaaga kulagajjalira, ne bwe baba bakola ebikyamu. Beetaaga okukola nabo, okubateeka mu bintu, okulabwawo n'okusiimibwa.
- Abaana bange nnabalaga enkola entuufu? Abazadde beetaaga okugunjula abaana, okumanya kye balowooza, n'amateeka.
- Nnateekawo eky'okulabirako ekirungi? Engeri gy'oyogeramu n'omulala, engeri gy'omwogerako, engeri gye musaagamu naye, endagaano ze mukuuma, emikwano gy'olina, n'ebirungi bye mufaananya byonna bikulu.

- Nnatuukiriza obuvunaayibwa bwange bwonna nga omuzadde ku lwa Omutonzi waffe, Katonda waffe, eyampa ekirabo ky'amaka gano n'ampa obwesige?
- Nnakola enteeketeeka okutuukiriza ebigendererwa by'amaka gaffe? Enteeketeeka y'amaka go erina okuba nga eddamu ebibuuzo bino:
  - Byetaago ki ebyetaaga okutuukirizibwa?
  - Lwaki kirina okuba nga kituukirizibwa? Kyongeza ki ku kigendererwa kyaffe eky'awamu?
  - Kirina kutuukirizibwa ddi?
  - Kati tutuuse wa ku kigendererwa kino?
  - Ani ajja okuvunaanyizibwa ku kutuukiriza enteekateeka?
  - Enaatuukirizibwa etya? Biki ebirina okukolebwa era biki ebyetaagisa?

**Abaana bo ne munno bayimiridde ku ggwe, nga naawe bw'oyimiridde ku bbo? Tobamalaamu maanyi.**



# Okuwumbawumba

## Okuwumbawumba

TUKKIRIZA NTI amaka galina obusobozi era galina okukuza abatuuze abalungi era abalongoofu. Omulimu guno gusobola kutuukirira mu maka agalimu essanyu n'obuwagizi. Abazadde be basomesa abasooka era abasing eri abaana baabwe. Abazadde balina kweyisa nga eky'okulabirako, nga basumba, abayigiriza, abatendesi, abagunjuzi, era abawabuzi ababuulirize.

Olwaleero, ensi za Bulaaya n'amawanga g'Abasiraamu tekuli basobola kuwa kyakulabirako ekituukiridde eky'obuzadde obulungi. Twetaaga buli omu okuyiga ku munne. Ab'e Bulaaya baalondawo empangaala essa essira ku ky'omuntu okukola ky'ayagala. Empisa n'emisingi gy'enneeyisa ennungi byanafuyizibwa. Enkola eno etaliimu misingi gya nneeyisa ennungi ezze efuna ebizibu eby'okukozesa ebiragalalagala, okunywa ebitamiiza, obwamalaaya, n'amaka okunafuwa.

Ku ludda olulala, go Amawanga g'Abasiraamu gabuutikiddwa okunyigiriza, okubonyaabonya, okutya, enguzi, n'okutiisatiisa. Abasiraamu abamu balina endowooza y'ekiddu, eyo ekotoggera obuvumu, obuyiiya n'okwerowooleza. Ebitundu ebimu mu mawanga g'Abasiraamu bikuzizza omulembe gw'abaana abatamala kwetegereza nsonga, abalowooleza mu byawongo n'eddogo, abeesigamira ku balala, abo abakula nga tebafaayo ku binaayamba bantu.

Abatali Basiraamu beetaaga okukomyawo okukkiririza mu Katonda mu bulamu bwabwe olwo bajjuulirize ebyo bye batuuseeko mu bya ssayansi, ne tekinologiya n'eddiini ekkiriza nti Allaahu Akbar (Katonda y'asinga obunene) ne Allaahu A'lam (Katonda y'asinga okumanya). Bbo Abasiraamu beetaaga okuddamu okuvumbula Katonda (mu birowoozo byabwe) era batumbule ebitundu ebirimu emirembe n'eddembe, nga bikozesa okugumiikiriziganya ne demokulasiya (shuura).

Ku ddaala ettono, obuzadde obulungi y'ensigo bino byonna mwe biyinza okumeruka. Obuzadde mulimu gwa ssaawa 24 olunaku ennaku musanvu mu ssabbiiti, ennaku 365 omwaka. Kulafuubana okutaliiko luwummula, tebusigirwa muntu mulala, bukolebwa wansi w'okuyingirirwa okutabalika n'okunyigirizibwa mu birowoozo okungi. Bwetaaga ttiimu ya taata ne maama abalina okusalawo okulimu amagezi n'okumanya okujjuulirizibwa ebirowoozo byabwe n'engeri gye bawuliramu. Okusoma ebirowoozo by'abantu, empangaala y'abantu, ssayansi w'ebyobulamu, empuliziganya, n'obukkiriza byonna bintu ebyetaagisa mu buzadde. Tetusobola kuwangula lutalo na baana baffe; tulina okuwangula okufuna obuwagizi bwabwe n'okukkiriziganya nabo nga tukozesa omukwano, obugumiikiriza, n'empuliziganya eva ku buli ludda. Teweerabiranga nti buli mwana awoggana nti: "Bambi nfuula awulira nga ndi waamugaso."

Abazadde bangi balowooza nti bamanyi bulungi abaana baabwe, n'abaana bwe batyo nabo balowooza nti bamanyi bulungi bazadde baabwe, naye kino tekitera kubeera bwe kityo. Abaana bayinza okuvvuunula obuyambi bwa bazadde baabwe nga okubayingirira, amagezi ne bagavvuunula nga okwagala okubakajjalako, n'omukwano nga okubayisa nga abaana abato. Waliwo endowooza enkyamu mu baana bangi nti bazadde baabwe tebabaagala!

> Singa nnalina omwana omulala ow'okukuza, nnaalisoose kuzimba kwekkiririzaamu kwe okusooka, olwo n'enzimba ennyumba oluvannyuma. Naalikozesezza nnyo engalo okusiiga langi, n'enkendeeza okutiisatiisa n'engalo. Nnaalikoze kitono okutereeza ne nkola kinene okuzimba enkolagana. Amaaso gange nnaaligaggye ku kalondoozi w'ebiseera, ne nnondoola n'amaaso gange. Nnaalyeyongedde okutambula ne mbuusa n'ebinyonyi by'empapula ebiwera. Nnaaliyimirizza okwefuula alina eby'amaanyi bye nkola, n'enzannya n'amaanyi mangi. Nnalidduse nga mpita mu nnimiro ne ntunuulira emmunyeenye eziwera. Nnaligudde nnyo mu kifuba ne nkendeeza okusika ennyo. (Loomans 2000)

Kendeeza ebitendo ebibi ate oyongere amaanyi mu bitendo ebirungi mu buntu bw'omwana. Abazadde beetaaga okulondawo nkola ki ey'obuzadde gye balaga: ey'obwannaakyemalira, ey'okwekkiranya, ey'okugendera ku ky'abasinga obungi, oba ekozesa obuyinza. Abazadde balina okwebuuza nti: "Ddala kye tukola kye kituufu?" Eky'okuddamu kiyinza okunoonyezebwa mu bintu bingi nga bwe kisoboka.

Yiga emitendera gy'abaana egy'okukula mu birowoozo ne mu mubiri. Buli mwana mufunemu ekyo ekisinga amaanyi mu budde obutuufu. Eky'okulabirako, abaana bayinza okuba nga bakwata bulungi ku mwoyo, era nga bayiga mangu ennimi n'okuyimba, nga tebannaweza myaka kkumi.



Abaana abali mu myaka egimu balina kinene nnyo kye bakola ku b'emyaka gyabwe. Emikwano girina kinene nnyo kye gikola ku baana. Abazadde balina okussa mu maka gaabwe embeera eyaniriza obulungi mikwano gy'abaana baabwe. Abazadde nabo beetaaga okukwana mikwano gy'abaana baabwe ne bazadde baabwe basobole okusikiriza emikwano emituufu.

Abazadde beetaaga okufuna obukodyo, obuyivu, n'ebikozesebwa ebyetaagisa okukuza abaana baabwe obulungi. Okuzimba obubumbwa bw'omuntu kuliko obudde kwe kukoma. Okuyonsa kuziyiza endwadde nnyingi era ne kuyamba amabujje okuzimba omwoyo n'ebirowoozo. Somesa abaana omukwano, obuvumu, obuyiiya, obwesimbu, eddembe, okwekkiririzaamu, obugabi, n'obwesigwa.

Abazadde beetaaga okusomesa buli mwana engeri y'okuddukanyaamu ebiseera, enkozesa ya ssente, empisa z'obutakkiriziganya, okusalawo, enkola y'okusaba, okugonjoola ebizibu, empisa ennungi (obwetoowaze, okussa mu bantu ekitiibwa, obukkakkamu), obukodyo bw'okuwuliriza n'okukozesa ekigero.

Abaana abalina bakitaabwe ne bannyaabwe abatalina budde bwabwe baba nga ba mulekwa (abato). Abazadde abasinga tebawa baana baabwe budde bumala olwo ne bafuna amakubo amalala ekyo okukisasulira (okugeza terefayina, abakozi awaka n'ebirabo). Okulaba ennyo terefayina kulimu ebizibu. Okugonjoola ekizibu kino kuli mu kumala budde obungi era obw'omuwendo n'aboomumaka. Ab'eŋŋanda abalala (bajjajja, bassenga, bataata abato, bakkojja, bamaama abato, ne bakizibwe) be baalibadde abakozi b'awaka, abawabuzi b'abaana era eby'okulabirako byabwe abasinga obulungi.

Zimba ebitendo by'enneeyisa ennungi omuli omukwano, obuvumu, obuyiiya, obuvunaanyizibwa, n'okwetengerera. Bino byonna birina kukolebwa mu maka agabugaanye essanyu, agakola nga ejjaluzo okusobola okuzaala abantu abakulu abalongoofu. Amaka amasanyufu gazimbibwa ku musingi ogw'empuliziganya etekutuka wakati w'abazadde n'abaana. Okutendereza okwesimbu kye kirungo ekisinga obukulu mu kusiima abaana bo mu bintu bye baba bakoze obulungi. Okutegekawo enkiiko z'amaka eza buli mwezi nkola nsuffu nnyo era ereetereza okuteekawo enkolagana ennungi mu maka. Okukwatako, okunywegera, okugwa mu kifuba, n'okumwenya bizimba omukwano wakati w'abazadde n'abaana. Abazadde beetaaga okumanya ennyo

okukozesa obukodyo bw'okuwuliriza abaana baabwe.

Abaana abo batunuulizi balungi, naye bataputa banafu. Batunula ne balaba engeri kitaabwe ne nnyaabwe buli omu bw'ayisa munne, n'engeri gye bayisa bajjajjaabwe, eŋŋanda zaabwe, baganda baabwe, abagenyi, abantu abagagga n'abaavu, n'abakozi b'awaka ne baliraanwa. Balaba engeri gye bayisaamu ebisolo by'awaka, ensolo endala, ebirime, ebimuli n'obutonde bw'ensi. Bageraageranya ebigambo bya bazadde baabwe n'ebikolwa byabwe olwo ne bamanya amazima wegali n'obunanfuusi. "Kola nga bwe ŋŋamba sso si nga bwe nkola" tekikkirizibwa.

Abazadde balina okuteeka mu nkola ebyo bye bakubiriza abaana baabwe. Wabula, abazadde bwe bakola ensobi, ekitono ennyo kye bayinza okukola kwe kukkiriza ensobi zaabwe mu maaso g'abaana baabwe.

Abaana beetaaga ab'okulabirako. Bwe balaba nga abazadde si byakulabirako birungi, olwo abaana baba bayinza okulondawo ab'okulabirako abakyamu. Ab'okulabirako abasinga be ba Nnabbi ba Katonda, ne kuddako abakulembeze mu nsi yonna abatumbula empisa n'emisingi gy'enneeyisa ennungi mu maka.

Bamaama bazannya ekitundu ekisinga obukulu mu kukuza abaana. Tekyamala gagwawo okuba nga Bannabbi ba Katonda okuli Musa, Yesu ne Muhammadi (Okusaasira n'emirembe bibeere ku bonna) nga bonna baakuzibwa bannyaabwe. Okuwa abakyala ekitiibwa mu bulamu bwaffe, abasajja balina okwolesa ekitiibwa kye babawa mu bigambo ne mu bikolwa.

Omuzadde omu yasiriikiriza n'ayogera bw'ati: "Sirina kye ndi okukolawo enjawulo!" Kino si kituufu. Obuzadde mulimu mukulu nnyo ogutasobola kukolebwa muntu yekka. Okutondawo ebibinja ebiyambako kyamugaso nnyo. Tosobola kukyusa bajjajjaabo naye awatali kubuusabuusa oyinza okutereeza abazzukulu. Nga omuzadde, osobola okuleetawo enjawulo mu nsi muno, kale toggwaamu ssuubi. Obudde tebuyinza kubeera kikeerezi!

Obutonde, enkuza, era, n'ekisinga byonna, okusalawo kwa Katonda birina kinene kye bikola ku mbeera z'abaana ez'obuntu! Obuzadde ssayansi ate mu kiseera ky'ekimu kitone. Ekitabo kino kye kisoose mu ebyo ebingi era, nga Katonda akkirizza, n'ebitabo ebirala bijja. Tukubira omulanga abayivu n'abakugu bagaggawaze ekisaawe kino eky'obuzadde n'ebyo ebyetaagisa bye bayinza okwongerako.
Ku nkomerero y'obulamu bwo weebuuze ebibuuzo bino: "Mbadde muzadde mulungi eyagezaako okutereeza ensi?"

**Kola ekyo ekisinga. Beera n'Okukkiririza mu Katonda Owummule!**
**Ekinaaba ekikulu ku nkomerero si kye kika ky'emmotoka, amayumba, oba akawunta za bbanka ze walina, wabula wali muzadde mulungi kyenkana wa!**

**Tolina budde kukuyitako!**

# Ebyeyongerako 1

## Aaya Za Kulaane Ezirondeddwamu

Aaya za Kulaane ne Hadiisi za Nnabbi ﷺ Muhammadi Ebimu Ebyogera Ku Buzadde

# Aaya Za Kulaane Ezirondeddwamu

*Era abo abagamba nti: "Katonda waffe! Abakyala baffe (oba abaami) n'ezzadde lyaffe batufuulire essanyu eri amaaso gaffe, era otufuule abakulembera abo abatya (ebibonerezo byo).*

(Kulaane 25:74)

*Abo Abakkiriza, nga n'ezzadde lyabwe lyabagoberera mu Bukkiriza, tujja kubagobereza ezzadde lyabwe (babeere nalyo) era tetulibakendeezaako kintu kyonna mu mirimu gyabwe (emirungi). Buli muntu y'aliba omusingo gw'ebyo bye yakola.*

(Kulaane 52:21)

*Ebyobugagga byammwe n'abaana si bye bibasembeza gyetuli ku mwanjo, wabula oyo akkiriza n'akola n'emirimu emituufu. Abo baakufuna empeera ezikubisiddwaamu olw'ebyo bye baakola, era bagenda kubeera mu bifo ebyawaggulu (mu Jjana) nga bali mirembe.*

(Kulaane 34:37)

*Katonda ye Oyo eyabatonda nga muva mu bintu ebinafu oluvannyuma lw'obunafu n'abawa amaanyi (nga muvubuse), oluvannyuma lw'okubeera n'amaanyi n'abawa obunafu n'envi (nga mukaddiye). Atonda ky'aba ayagadde era Ye y'amanyi buli kimu alina obusobozi ku buli kintu.*

(Kulaane 30:54)

*Katonda era yabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temulina kye mumanyi. Yabawa amatu n'amaaso n'emitima oboolyawo ne mwebaza.*

(Kulaane 16:78)

*Abange mmwe Abakkiriza! Ddala mu bakyala bammwe ne mu baana bammwe mulimu abalabe bammwe. Mubeekengere (temubagondera)! Naye bwe mutanonooza nsobi ne mubasonyiwa, ddala Katonda Musonyiyi nnyo, Omusaasizi olubeerera.*

(Kulaane 64:14)

*Abange mmwe Abakkiriza! Ebyobugagga byammwe wadde abaana bammwe tebibatawaanyanga ne bibalemesa okujjukira Katonda. Era abo abakola bwe batyo be bookufiirwa (tebaliganyulwa).*

(Kulaane 63:9)

*Gamba nti: "Ddala abataliganyulwa beebo abookufiirwa bbo bennyini, (era baleme kusigaza) n'abantu baabwe ku Lunaku lw'okuzuukira. Wulira bino! Okwo kwe kufiirwa okweyolefu!"*

(Kulaane 39:15)

*Awo Lukumaani we yagambira mutabani we nga amubuulirira nti: "Mutabani! Togattanga ekirala kyonna ku Katonda. Ddala okugatta ekirala ku Katonda bulyazaamaa-*

*nyi bwakika kyawaggulu." Twalagira omuntu (okuyisa obulungi) bazadde be ababiri. Nnyina yamuwanirira (mu lubuto) mu bunafu (obugenda bweyongera) ku bunnaabwo, n'okumuggya ku mabeere (nga awezezza) emyaka ebiri. (Omuntu ne mmugamba nti:) "Weebaze Nze weebaze ne bazadde bo ababiri, gyendi y'eri obuddo. "Naye (abazadde) bwe baba bakufubyeko ongatteko ekyo ky'otalinaako kumanya, tobagonderanga. Wabula wangaala nabo bulungi ku nsi. Era goberera ekkubo ly'oyo eyeenenya (n'adda) gyendi. Oluvannyuma gyendi gye mujja okudda, olwo mbabuulire ebyo bye mwakolanga.*

*"Mutabani! Akantu (akakoleddwa) ne bwe kabeera nga kazitowa nga empeke y'akalo ne kabeera mu lwazi oba mu ggulu zonna oba mu nsi, Katonda ajja kukaleeta. Ddala Katonda akwata mpola abaddu be, Mukenkufu (ku bye bakola). "Mutabani! Saala esswala nga bwe kyetaagisa, olagire okukola obulungi, oziyize okukola obubi, era ogumiikirize ku ekyo kyonna ekiba kikutuuseeko. Ddala ebyo biri mu biragiro ebisinga obukulu. "Tokyusizanga bantu ttama (nga toyagala kubatunuulira olw'okwekuza), era totambulanga ku nsi nga weeyagala. Ddala Katonda tayagala muntu yenna eyeemanyi, eyeewulira. "Era tambula mu ngeri eyeekigero (nga toyanguwa oba okusooba), okkakkanye n'eddoboozi lyo. Ddala eddoboozi erisinga obubi lye eddoboozi ly'endogoyi."*

(Kulaane 31:13 - 19)

*Abaana n'ebyobugagga byakwewunda bya ku nsi kuno. Naye emirimu emituufu egisigalawo gye egisinga obulungi mu mpeera eri Katonda wo era gye egisinga okuwa essuubi.*

(Kulaane 18:46)

*"Katonda wange! Nfuula asaala esswala nga bwe kyetaagisa, ne mu bazzukulu bange (teekamu abasaala)! Katonda wange! Kkiriza okusinza kwange."*

(Kulaane 14:40)

*"Katonda waffe! Nsonyiwa ne bakadde bange n'Abakkiriza bonna ku Lunaku abantu lwe bagenda okuzuukira babalibwe."*

(Kulaane 14:41)

*Ate ekisenge, kyo kyabadde kya bamulekwa (abato) babiri mu kibuga ekyo; ate nga wansi waakyo waliyo ebyobugagga byabwe; ate nga kitaabwe yali musajja mulongoofu. Katonda wo n'ayagala bamale okukula, olwo basimeyo ebyobugagga byabwe, nga okwo kusaasira okuva eri Katonda wo.*

(Kulaane 18:82)

# Hadiisi Za Nnabbi Muhammadi ﷺ

Abantu balinga amayinja agoomuwendo [oba ebyuma, ebirina ebintu ebibyawula]; abasinga abantu mu biseera eby'obutamanya (ebya Jahiliyya) era be babasinga mu (biseera byo) Busiraamu, bwe bategeera (eddiini).

(AL-BUKHAARI NE MUSLIMU)

Omulimu ogusinga obulungi oluvannyuma lw'emirimu egyalaalikibwa kwe kufuula Omusiraamu omusanyufu.

(AL-BUKHAARI)

Okugunjula omwana kye kirungi eri omuntu okusinga okusaddaaka buli lunaku.

(AL-TIRMIDHI)

Omuntu bw'afa, emirimu gye gyonna gikoma, okuggyako ebintu bisatu: saddaaka etekoma, oba okumanya (abantu) kwe baganyulwamu, oba omwana omulongoofu asabira omufu.

(MUSLIMU)

Katonda wo akulinako by'abanja; n'omubiri gwo gukulinako bye gubanja; n'aboomu maka go bakulinako bye babanja; n'olwekyo buli (omu ku abo) akulinako ky'akubanja muwe ekyo ky'abanja.

(AL-BUKHAARI)

Zzambi ddene omusajja okulagajjalira obuvunaanyizibwa bwe n'atawa b'alabirira ebyo ebibayimirizaawo.

(ABU DAWUDA)

"Buli omu ku mmwe alina ky'alabirira era avunaanyizibwa ku ky'alabirira. Imaamu (omukulembeze) y'alabirira abantu be era avunaanyizibwa ku bbo. Omusajja y'alabirira aboowaka era avunaanyizibwa ku bbo. Omukyala awaka y'alabirira amaka ga bba era avunnanyizibwa ku go. Omukozi y'alabirira ebintu bya mukama we era avunaanyizibwa ku byo. Mwenna mulina bye mulabirira era buli omu avunaanyizibwa ku ebyo by'alabirira."

(AL-BUKHAARI)

**Amagezi Nnabbi Mnuhammadi ﷺ Ge Yawa Omwana**

Ibn Abaasi nga akyali muto Nnabbi Muhammadi yamugamba bw'ati:

"Muvubuka: Ŋŋenda kukusomesaayo ebintu. Beera kumpi ne Katonda, Jjukira Katonda; Katonda ajja kukukuuma.

Jjukira Katonda; Katonda ajja kukulabirira. Bw'oba olina ekizibu, dda eri Katonda akikuwe. Bw'oba weetaaga obuyambi busabe kuva eri Katonda.

Manya nti abantu bonna mu nsi ne bwe beekobaana okukutuusaako akabi, tebasobola kukutuusaako kabi konna okuggyako nga Katonda akyagadde. Abantu bonna mu nsi ne bwe beegatta babeeko ne kye bakugasa, tebalina kye bayinza kukugasa okuggyako nga Katonda ayagadde.

(AL-TIRMIDHI NE AHMADA IBN HANBALI)

# Ebyeyongerako 2

**Olukalala Lw'ebyokukola 494**

# Olukalala Lw'ebyokukola


| | NAMBA Y'EKYOKUKOLA | ESSUULA | OMUKO |
|---|---|---|---|
| 1. | Wali Weewuunyizza Lwaki? | 1 | 24 |
| 2. | Enkola Ya Muzadde Wo | 1 | 24 |
| 3. | Olukalala Olulaga Emize Abaana Bye Batera Okuba Nagyo | 1 | 24 |
| 4. | Okufumiitiriza Ku Kitontome | 1 | 26 |
| 5. | Omuzadde Wa Leero Okumugeraageranya N'omuzadde W'eggulo | 1 | 27 |
| 6. | Nga Omuzadde, Oyinza Okubaako Enjawulo Gy'okola!!! | 1 | 27 |
| 7. | Abaana: Kiki Kye Musuubira Mu Bazadde Bammwe? | 1 | 27 |
| 8. | Ebitiisa Ebikulu Ebisatu Eby'ekyasa Eky'amakumi Abirimuekimu | 2 | 75 |
| 9. | Okuteeka Ebitendo Ku Baana (Mu Nnukuta Nga Bwe Zigenda Zigoberegana) | 2 | 75 |
| 10. | Okwogera Ku Kiki Ekireetera Ddala Okukola Ebikolwa Ebyekikambwe Mu Baana | 2 | 76 |
| 11. | Engeri Y'okukwatamu Ebizibu By'empangaala Y'abantu | 2 | 76 |
| 12. | Ekyokulabirako Eky'obuzadde Mu America Ekya Dr. Spock (1903–1998) | 2 | 76 |
| 13. | Okukubaganya Ebirowoozo Ku Kyekango Ky'ebyobuwangwa | 2 | 77 |
| 14. | Endowooza Y'abakulembeze Abatuufu | 2 | 77 |
| 15. | Okugabana Ebyafaayo By'amaka | 2 | 77 |
| 16. | Okukubaganya Ebirowoozo Ku Mbeera Y'awaka | 3 | 88 |
| 17. | Abazadde: Musomese Abaana Bammwe | 3 | 88 |
| 18. | Enjogera Ezimu Ezikozesebwa Mu Bukyamu Mu Byobuwangwa | 3 | 89 |
| 19. | Endaba Y'ensi Eyeesigamiziddwa Ku Mukwano Ogwannamaddala | 3 | 89 |
| 20. | Aboomu Maka Okukubaganya Ebirowoozo Mu Bukkakkamu: Bulijjo! | 3 | 89 |
| 21. | Okugenda Mu Maaso Okw'abajapani N'abagyamani | 4 | 109 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| 22. | Okuteekawo Olutindo Oluyunga Abaana Ne Omutonzi Waabwe – Nga Bukyali! | 4 | 109 |
| 23. | Okusiima Ebyengera N'okusaasira Kwa Katonda | 4 | 111 |
| 24. | Okuteeka Ebizibu Mu Kifo Kyabyo | 4 | 111 |
| 25. | Ebintu Musanvu Eby'okusomesa Abaana | 4 | 111 |
| 26. | Okulaga Ebirowoozo Ebikulu | 5 | 122 |
| 27. | Ebizibu Omuntu By'ayitamu | 6 | 132 |
| 28. | Okukubaganya Ebirowoozo Ku Buzadde | 6 | 132 |
| 29. | Ebibuuzo Eri Abazadde N'abatiini N'ebyokuddamu | 7 | 143 |
| 30. | Ekyokukola Eky'okugonjoola Ekizibu | 7 | 143 |
| 31. | Amagezi Eri Abazadde. | 8 | 172 |
| 32. | Enteekateeka Y'okwekebeza Endwadde | 9 | 208 |
| 33. | Enteekateeka Y'okukola Dduyiro | 9 | 208 |
| 34. | Weetabe Bulungi Nabo N'okubalamusa N'ekiramuso Ekyamakulu | 9 | 208 |
| 35. | Empisa Z'okwebaka | 9 | 208 |
| 36. | Okuteekawo Embeera Ennungi Awaka | 9 | 209 |
| 37. | Okuteekawo Okukubaganya Ebirowoozo Ku Bubonero Obulaga Nti Omuntu Akozesa Ebiragalalagala | 9 | 209 |
| 38. | Okuzannya Ekifo Kya Ofiisa Wa Poliisi! | 9 | 209 |
| 39. | Kintawaanya … | 10 | 227 |
| 40. | Tandikawo Enkola Y'ekitabo Ky'omwezi | 11 | 246 |
| 41. | Okunyumyamu Kw'abazadde | 12 | 277 |
| 42. | Weebaze Katonda Olw'ekyo Kyendi! | 12 | 277 |
| 43. | Barack Obama: Eky'okulabirako Eky'omuzadde Akuza Omwana Obwomu! | 12 | 277 |
| 44. | Obwongo Bw'abaana Bo Bufuule Bugagga! | 13 | 331 |
| 45. | Ekipande Ekiraga Ebikolwa Ebirungi Eri Abaana | 13 | 331 |
| 46. | Okukwata Edduwa Ku Mwoyo | 14 | 341 |
| 47. | Okugabana Ebiyitiddwamu Ku Kutya | 15 | 354 |
| 48. | Engeri Mwenda Z'oyinza Okukuzaamu Omwana Omutiitiizi | 15 | 354 |
| 49. | Obuvumu N'obukkiriza | 15 | 354 |
| 50. | Obuvumu: Eky'okugezesa Abatiini | 15 | 355 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| 51. | Kendeeza Okutya Kw'abaana Mu Biseera By'entalo N'obusambattuko. | 15 | 355 |
| 52. | Ogamba Otya "Nedda" Ne Musigala Nga Muli Baamukwano? | 15 | 356 |
| 53. | Obuvumu Kwe ……….. | 15 | 356 |
| 54. | Ebyokukola Buli Lunaku Ebiraga Omukwano | 16 | 372 |
| 55. | Okugabana Ebyafaayo Byammwe | 17 | 384 |
| 56. | Emize Emibi Ennyo Abaana Gye Bandyewaze | 17 | 384 |
| 57. | Katonda Atulaba | 18 | 398 |
| 58. | Kye Tuyiga Mu Bubenje N'obuvunaanyizibwa | 18 | 398 |
| 59. | Okupima Engeri Emirundi Abazadde Gye Babuutikiramu Abaana | 19 | 422 |
| 60. | Nnyonnyola Abantu Enkola Yomumaka Gammwe Essibwako Omulaka | 19 | 422 |
| 61. | Oli Muzadde Awagira Oba Oyo Ayingirira Abaana? | 19 | 422 |
| 62. | Ebikolebwa Awaka Bye Bitumbula Obuyiiya | 20 | 440 |
| 63. | Embeera Enkulu! | 20 | 441 |
| 64. | Okunnyonnyola Ebibuuzo Ebirimu Eggumba | 20 | 442 |
| 65. | Engeri Omubbi Gy'akitwalamu Ye Nkulu. Okugonjoola Okulimu Obuyiiya | 20 | 442 |
| 66. | Okugezesa Okwesigika | 21 | 449 |
| 67. | Okumatira | 21 | 449 |
| 68. | Okwenyigiramu Obutereevu | 21 | 450 |
| 69. | Eby'okulabirako By'omwana Wo | 22 | 460 |
| 70. | Omwana Ayonoona | 22 | 460 |
| 71. | Singa Nnasobola Okumanya Okusingawo, Nnaalikoze Bulala! | 22 | 460 |
| 72. | Okulambula Okw'okuyiga | 23 | 482 |
| 73. | Bafuule Abafaayo Ku Mmere Gye Balya | 23 | 482 |
| 74. | Kiki Ky'osinga Okutwala Nga Ekikulu? | 23 | 482 |
| 75. | Amagezi Ag'omuwendo Eri Abaana | 23 | 482 |
| 76. | Amaka Go Ogakulembera Na Magezi? | 23 | 483 |

# Ebitabo Ebyeyambisiddwa

# Ebitabo Ebyeyambisiddwa

## EBY'OLUZUNGU


Abd al-Ati, Hammudah. The Family Structure in Islam. Indianapolis, IN: American Trust Publications, 1997.

———. Islam in Focus, 3rd rev. edn. Beltsville, MD: Amana Publications, 1998.

Abdul Hye, Hamid. "Islam on the Rearing of Children." The Muslim World Journal, vol. 18 (ebitabo 11 & 12) India, May/June 1991.

Abdullah, Nina. "Qur'an Memorization and Memory." Tebinnafulumizibwa. Reston, Virginia, 1994.

Abel, Gene and Nora Harlow. *The Stop Child Molestation Book*. La Vergne, Tennessee: Ingram Content Group, 2001.

AbuSulayman, AbdulHamid. "Islam and the Family." Tebinnafulumizibwa naye nga byasomebwa mu Lukuŋŋaana olwali lukwata ku "Bavubuka". Brunei, April 4, 1984.

———. *Islamization of Knowledge: General Principles and Work Plan*. Herndon, VA: IIIT, 1995.

———. "Islamic Educational Reform: Top Priority in Intellectual Islamic Work." Editorial. *The American Journal of Islamic Social Sciences (AJISS)*, vol. 15, issue 1, USA, Spring 1998.

Abu-Talib, Ali. *Nahjul Balagha* (Peak of Eloquence). Elmhurst, New York: Tahrike Tarsile Qur'an, 1996.

Adler, Jerry and Pat Wingert. "Building a Better Dad." *Newsweek*, June 17, 1996.

Adolphus, Katie, Clare L. Lawton and Louise Dye. "The Effects of Breakfast on Behaviour and Academic Performance in Children and Adolescents." *Frontiers in Human Neuroscience*, vol. 7, August 8, 2013.

http://www.frontiersin.org/Journal/Abstract.aspx?s=537&name=human_neuroscience&ART_DOI=10.3389/fnhum.2013.00425

Agnivesh, Swami, Rama Mani and Angelika Köster-Lossack. "Missing: 50 Million Indian Girls". *International Herald Tribune*, November 25, 2005.

AHDB Dairy. "UK Dairy Consumption." September 9, 2015. http://dairy.ahdb.org.uk/market-information/dairy-sales-consumption/uk-dairy-consumption/#.Vi34SNbA6qA

Ahmad, Imad-ad-Dean. *Islam and the Discovery of Freedom*. Beltsville, MD: Amana Publications; 1st edn., 1997.

Aids Education Global Information System (AEGIS), (website article dated August 31, 2001): http://www.aegis.com/news/afp/ 2001/af010886.html

Akhtar, et al. "Views on Breastfeeding in Medical Science and Islam." *Journal of*

*Islamic Medical Association (JIMA)*, vol. 30, 1998.

Alcohol Concern. Factsheet: Young People and Alcohol. September 2009. http://www.alcoholconcern.org.uk/publications/factsheets-and-booklets/factsheet-young-people

'Ali, 'Abdullah Yusuf. *Translation of The Meaning of the Holy Qur'an*. Beltsville, MD: Amana Publications, 2004.

Allain, Annelies. *Protecting Infant Health*. Penang, Malaysia: International Baby Food Action Network, 1993.

Altalib, Ilham. The Muslim Family in North America. Ten Unpublished Articles. Reston, Virginia: 1984.

———. The Human Heart in the Qur'an, Seminar at ADAMS Center, Herndon, Virginia, September 2008.

Amabile, T.M. and B.A. Hennessey. "The Motivation For Creativity in Children" in T. Pittman & A. Boggiano (Eds.) *Achievement And Motivation: A Social Developmental Perspective*. New York: Cambridge University Press, 1992.

American College of Pediatricians. "Cohabitation: Effects of Parental Cohabitation and other Non-Marital Sexual Activity on Children – Part 2 of 2." July 2014.

http://www.acpeds.org/the-college-speaks/position-statements/societal-issues/cohabitation-part-2-of-2

American Sexual Health Association. "Statistics." http://www.ashasexualhealth.org/stdsstis/statistics/

Anderson, Judith P. and John Blosnich. "Disparities in Adverse Childhood Experiences among Sexual Minority and Heterosexual Adults: Results from a Multi-State Probability-Based Sample." *PLoS One*, vol. 8 (1), 2013. http://journals.plos.org/plosone/article?id=10.1371/journal.pone.0054691

Athar, Shahid. "Sex Education for Muslim Youth and Their Parents." *Journal of Islamic Medical Association (JIMA)*, vol. 22, USA, 1990.

———. *Reflections of an American Muslim*. Chicago, IL: Kazi Publications, 1994.

———. (ed.) *Sex Education: An Islamic Perspective*. http://www.teachislam.com/dmdocuments/33/BOOK/

Atkins, Andrea. "The Gender Divide." *Parenting Magazine*, August 1998.

Badaraco, Joseph. *Leading Quietly*. Harvard Business Review Press, 2002.

Badi, Jamal and Mustapha Tajudin. *Creative Thinking: An Islamic Perspective*. 2nd edn. International Islamic University Malaysia: Kuala Lumpur, Malaysia, 2005.

Bailey, Joseph. *The Serenity Principle*. San Francisco, CA: Harper & Row, 1990.

Ballard, Olivia and Ardythe L. Morrow. "Human Milk Composition: Nutrients and Bioactive Factors." *Pediatric Clinics of North America*, vol. 60 (1), February 2013. http://www.ncbi.nlm.nih.gov/pmc/articles/PMC3586783/

al-Bar, Mohammad Ali and Osama Kandil. "Breastfeeding and Islamic Teaching."

*Islamic World Medical Journal*, July/August 1986.

Barazangi, Nimat Hafez. "The Education of North American Muslim Parents and Children: Conceptual Change as a Contribution to the Islamization of Education." *AJISS*. 7(3), 1990.

Baron-Cohen, Simon. "The Extreme Male Brain Theory of Autism." *Trends in Cognitive Sciences*, vol. 6, issue 6, June 2002.

Barzinji, Jamal. “The Prophet as a Father.” Lecture at ADAMS Center, Herndon, VA, April, 11, 1993.

Bashir, Askia H. *How to Manage Your Parents (Without Manipulation)*. Atlanta, GA: KYD Publishers, 1995.

BBC News. “Breast Milk ‘Boosts Babies’ Brainpower.” 8 May 2002. http://news.bbc.co.uk/1/hi/health/1974976.stm

BBC News. “South Korean Dies after Games Session.” 10 August 2005. http://news.bbc.co.uk/1/hi/technology/4137782.stm

Beal, C. *Boys And Girls: The Development of Gender Roles*. New York: McGraw-Hill, Inc., 1994.

Begley, Sharon. “Your Child’s Brain.” *Newsweek*, vol. 127, no. 8, p.54, February 19, 1996.

———. “Your Child’s Brain: Use It or Lose It.” *Newsweek*, June 17, 1996.

———. and Pat Wingert. “Teach Your Parents Well.” *Newsweek*, April 28, 1997.

———. “The Parent Trap.” *Newsweek,* September 7, 1997.

———. “A Mother’s Cocaine Use: They Call Them Snowbabies.” *Newsweek*, September 29, 1998.

———. “Tuning Up the Brain.” *Newsweek*, Fall/Winter 2000.

Bennett, William. *The Book of Virtues.* New York: Simon & Schuster, 1996.

Beresin, Eugene V. “The Impact of Media Violence on Children and Adolescents: Opportunities for Clinical Interventions.” https://www.aacap.org/aacap/Medical_Students_and_Residents/Mentorship_Matters/DevelopMentor/The_Impact_of_Media_Violence_on_Children_and_Adolescents_Opportunities_for_Clinical_Interventions.aspx

Beshir, Ekram and Mohamed Rida. *Meeting the Challenge of Parenting in the West: An Islamic Perspective*. Beltsville, MD: Amana Publications, 1998.

Biller, Henry. *Fathers and Families: Paternal Factors in Child Development*. Westport, Connecticut: Auburn House, 1993.

———. "The Father Factor in Building a Better Dad." *Newsweek,* June 17, 1996.

Blum, Deborah. *Sex on the Brain: The Biological Differences Between Men and Women.* New York: Penguin Books, 1998.

Bohmer, Carol and Andrea Parrot. *Sexual Assault on Campus: The Problem and the Solution*. New York: Lexington Books, 1993.

Boorstein, Sylvia. *It's Easier Than You Think*. San Francisco, CA: HarperCollins, 1996.

Booth, Caroline and Mindy Henderson. *I Love My Grandmother Because….* Nashville, TN: Rutledge Hill Press, 1998.

Boydston, Jo Ann, ed. *The Collected Works of John Dewey*. Carbondale and Edwards-ville: Southern Illinois University Press, 1969-1991.

Bradley, Raymond Trevor, Mike Atkinson, Dana Tomasino and Robert A. Rees. *Facilitating Emotional Self-Regulation in Preschool Children*. Boulder Creek, California: Institute of HeartMath, 2009.

Brady, David and Rebekah Burroway. "Targeting, Universalism, and Single-Mother Poverty: A Multilevel Analysis Across 18 Affluent Democracies." *Demography*, vol. 49, issue 2, 2012, pp.719-746.

Branden, Nathaniel. *The Psychology of Self-Esteem: A Revolutionary Approach to Self-Understanding that Launched a New Era in Modern Psychology*. San Francisco, CA: Jossey-Bass, 2001.

Brawer, Barney. "Raising Sons in a World of Changing Gender Roles." *Women in Higher Education*, November 1998.

Brazelton, Leach and Michael Lemonick. "War of the Diapers." *Time*, January 25, 1999, vol. 153, no. 3.

Brizendine, Louann. *The Female Brain*. New York: Morgan Road Books, 2006.

Brooks, Arthur. *Gross National Happiness*. New York: Basic Books, 2008.

Brown, H. Jackson, Jr. *Life's Little Treasure Book On Success*. Nashville, TN: Rutledge Hill Press, 1994.

———. *Life's Little Treasure Book On Marriage and the Family*. Nashville, TN: Rutledge Hill Press, 1994.

———. *Life's Little Treasure Book On Parenting*. Nashville, TN: Rutledge Hill Press, 1995.

———. *Life's Little Treasure Book On Friendship*. Nashville, TN: Rutledge Hill Press, 1996.

Burgess. *Fathers and Parenting Interventions*. London: Fatherhood Institute, 2009.

Burt, Sandra and Linda Perlis. *Parents as Mentors: A New Perspective on Parenting that Can Change Your Child's Life*. Rocklin, CA: Prima Publishing, 1999.

Campo, Juan. *Encyclopedia of Islam*. New York: Infobase Publishing, 2009.

Canadian Child Care Federation. "Children and Creativity." Resource Sheet no. 15, http://www.cccffcsge.ca/docs/cccf/rs015_en.htm

Cancer Research UK. "Cervical Cancer Research Factors." http://info.cancerresearchuk.org/cancerstats/types/cervix/riskfactors/

Canfield, Jack and Mark Victor Hansen. *Another Sip of Chicken Soup for the Soul.* Kansas City, MO: Andrews McMeel Publishing, 1997.

———. *Chicken Soup for the Father's Soul*. Deerfield Beach, Florida: Health Communications, 2001

Carlson, Richard. *Don't Sweat the Small Stuff – and It's All Small Stuff: Simple Ways to Keep the Little Things from Taking over Your Life*. New York: Hyperion, 1997.

Carmichael, Mary. "Stronger, Faster, Smarter." *Newsweek*, March 26, 2007.

———. "A Shot of Hope." *Newsweek,* October 1, 2007.

Cassidy, Anne. "Take Charge of Your Time." *Working Mother*, May 1998.

Cassidy, Jude and Phillip Shaver. *Handbook of Attachment: Theory, Research and Clinical Applications.* New York: Guilford Press, 1999.

Centers for Disease Control and Prevention [CDC]. "Sexual Violence: Facts at a Glance." 2012. http://www.cdc.gov/violenceprevention/pdf/sv-datasheet-a.pdf

CDC. "Trends in the Prevalence of Suicide–Related Behavior National YRBS: 1991—2013." http://www.cdc.gov/healthyyouth/data/yrbs/pdf/trends/us_suicide_trend_yrbs.pdf

CDC. "10 Leading Causes of Death by Age Group, United States – 2013." http://www.cdc.gov/injury/wisqars/pdf/leading_causes_of_death_by_age_group_2013-a.pdf

CDC. "Breastfeeding Report Card: United States/2013." July 2013. http://www.cdc.gov/breastfeeding/pdf/2013breastfeedingreportcard.pdf

CDC. "Breastfeeding Report Card: United States/2014." July 2014. http://www.cdc.gov/breastfeeding/pdf/2014breastfeedingreportcard.pdf

CDC. "Reported STDS in the United States: 2013 National Data for Chlamydia, Gonorrhea, and Syphilis." December 2014. http://www.cdc.gov/std/stats13/std-trends-508.pdf

CDC. "About Teen Pregnancy: Pregnancy in the United States." Last updated May 19, 2015. http://www.cdc.gov/teenpregnancy/about/index.htm

CDC. "Breastfeeding among U.S. Children Born 2002-2012 CDC National Immunization Surveys." Division of Nutrition, Physical Activity and Nutrition. Last updated July 31, 2015. http://www.cdc.gov/breastfeeding/data/NIS_data/

CDC. "Childhood Obesity Facts." Last updated August 27, 2015. http://www.cdc.gov/healthyschools/obesity/facts.htm

CDC. "Nutrition and the Health of Young People." Last updated August 28, 2015. http://www.cdc.gov/healthyschools/nutrition/facts.htm

CDC. "Adult Obesity Facts." Last updated September 21, 2015. http://www.cdc.gov/obesity/data/adult.html

CDC. "National Survey of Family Growth." October 2015. http://www.cdc.gov/nchs/data/factsheets/factsheet_nsfg.htm

Cesarone, Bernard. "*Video Games and Children*." Urbana, Illinois: ERIC Clearinghouse on Elementary and Early Childhood Education, University of Illinois, 1994.

Chandler, Michael Alison and Maria Glod. "More Schools Trying Separation of the Sexes." *The Washington Post*, June 15, 2008.

Cherry, Kendra. "Parenting Styles: The Four Styles of Parenting." Updated October 12, 2014. http://psychology.about.com/od/developmentalpsychology/a/parenting-style.htm

———. “What is Uninvolved Parenting?” Updated May 26, 2015. http://psychology.about.com/od/childcare/f/uninvolved-parenting.htm

Clark, C.S. “TV Violence.” *CQ Researcher*, (3), March 26, 1993.

Clark, Reginald. *Family Life and School Achievement*. Chicago, IL: University of Chicago Press. 1983.

Clinton, Hillary R. *It Takes a Village To Raise a Child*. New York: Simon & Schuster, 1996.

Cohn, D’vera, Jeffrey S. Passel, Wendy Wang and Gretchen Livingston. “Barely Half of U.S. Adults Are Married – A Record Low.” December 14, 2011. http://www.pewsocialtrends.org/2011/12/14/barely-half-of-u-s-adults-are-married-a-record-low/

Coleman, James Samuel. *Adolescent Society: The Social Life of the Teenager and Its Impact on Education*. New York: The Free Press, 1961; Macmillan, 1963.

Coloroso, Barbara. *Kids are Worth it! Giving Your Child the Gift of Inner Discipline*. New York: Harper Collins, 2002.

Copen, Casey E., Kimberley Daniels, Jonathan Vespa and William D. Mosher. “First Marriages in the United States: Data From the 2006-2010 National Survey of Family Growth.” National Health Statistics Reports, no. 49, National Center for Health Statistics, March 22, 2012.

http://www.cdc.gov/nchs/data/nhsr/nhsr049.pdf#x2013;2010%20National%20Survey%20of%20Family%20Growth%20[PDF%20-%20419%20KB</a>

Covey, Stephen R. “Secrets of Much, Much Better Family Relationships.” *Bottom Line*, July 30, 1992.

Davidson, Maurice and Minnesota Fathering Alliance. *Working with Fathers: Methods and Perspectives*. Stillwater, Minnesota: Nu Ink, 1992.

Davis, D. “Portrayals of Women in Prime Time Network Television: Some Demographic Characteristics.” *Sex Roles*, vol. 23, 1990, pp.325–332.

Davis, William B., Kate E. Gfeller and Michael H. Thaut. *An Introduction to Music Therapy*. Silver Spring, Maryland: American Music Therapy Association, 2008.

Dawson, Geraldine. “Imitation and Social Responsiveness in Autistic Children.”

*Journal of Abnormal Child Psychology*, vol. 12, 1984, pp.209–225.

Dodd, Virginia. "Implications of Kangaroo Care for Growth and Development in Preterm Infants." *Journal of Obstetric, Gynecologic, and Neonatal Nursing,* vol. 34, no. 2, March 2005, pp.218–232.

D'Oyen, Fatima M. *The Miracle of Life*. Leicester, UK: Islamic Foundation, 1996.

*The Economist*. "Arab Learning: Know Thyself." October 25, 2003.

eHow Website. How to Teach Kids to Say No to Peer Pressure. http://www.ehow.com/how_ 6108016_teach-kids-say-peer-pressure.html

Eidelman, Arthur I. and Richard J. Schanler. "Breastfeeding and the Use of Human Milk." *Pediatrics*, vol. 129 (3), March 1, 2012. http://pediatrics.aappublications.org/content/129/3/e827.full

Elbert, Thomas, Christo Pantev, Christian Wienruch, Brigitte Rockstroh and Edward Taub. "Increased Cortical Representation of the Fingers of the Left Hand in String Players." *Science Journal*, vol. 270, no. 5234, October 13, 1995, pp.305–307.

Elias, Maurice, Steven Tobias and Brian Friedlander. *Emotionally Intelligent*

*Parenting, How to Raise A Self-Disciplined, Responsible, Socially Skilled Child.* London: Hodder and Stoughton, 2000.

Eliot, Lise. *Pink Brain, Blue Brain*. New York: Houghton Mifflin Harcourt, 2009.

Elkadi, Iman. "Construction of Muslim Communities: Raising Children." *Al-Ittihad*. Gary, Indiana: The MSA of the US and Canada, spring 1972.

Elkind, David. "The Family in the Postmodern World." *Phi Kappa Phi Journal*. 1995.

Elmore, Tim. *Nurturing the Leader within Your Child: What Every Parent Needs to Know*. Nashville, TN: Thomas Nelson Publishers, 2001.

Epinions. "Teaching our Children to Love." January 2001. http://www.epinions.com/kifm-review-3E0B-2F84CB47-3A52CFB3-prod2

Exley, Helen. *Words of Wisdom*. New York: Exley, 1997.

———. *Words of Calm*. New York: Exley, 1998.

Eyre, Linda and Richard. *3 Steps to a Strong Family*. New York: Simon & Schuster. 1994.

———. *Teaching Your Children Values*. Sound recording: 2 cassettes. New

York: Simon & Schuster Audio, 1994.

Faber, Adele and Elaine Mazlish. *How to Talk so Kids Will Listen and Listen so Kids Will Talk*. New York: Avon Books. 1982.

———. *Siblings Without Rivalry*. New York: Avon Books. 1998.

Fannoun, Kathy. *Our Loving Grandparents*. Chicago, Illinois: Iqra, 1994.

Ferguson, Andrew. "Character Goes Back to School." *Time*, May, 24, 1999, vol. 153, no. 20, p.68.1

Field, T., Healy B., Goldstein S., Perry S., Bendell D., Schanberg S., Zimmernan E. A. and Kuhn C. "Infants of Depressed Mothers Show Depressed Behavior Even with Non-depressed Adults." *Child Development*, vol. 59, issue 6, December 1988, pp.1569–1579.

Fisher, Terri D, Zachary T Moore and Mary-Jo Pitteger. "Sex on the Brain." *Journal of Sex Research*, vol. 49, issue 1, 2012, pp.69–77.

Fisher, Max. "Chart: The U.S. Has Far More Gun-Related Killings than Any Other Developed Country." *The Washington Post*, December 14, 2012. https://www.washingtonpost.com/news/worldviews/wp/2012/12/14/chart-the-u-s-has-far-more-gun-related-killings-than-any-other-developed-country/

Food Research and Action Center [FRAC]. "Overweight and Obesity in the U.S." http://frac.org/initiatives/hunger-and-obesity/obesity-in-the-us/

Fowler, Lynda. "Encouraging Creativity in Children." Department of Family &

Consumer Sciences, Ohio State University. http://www.ohioline.osu.edu/flm97/nr04.html

Franklin, Benjamin. *The Autobiography of Benjamin Franklin*. New York: P. F. Collier and Son, 1909.

Freedman, Joshua. "Creativity for Emotional Intelligence: Ideas and Activities." http://www.kidsource.com/kidsource/content4/creativity.eq.html

Friedman, Jenny. "Avoiding Gender Stereotypes: Learn How to Overcome the Typical Stereotypes in Raising Your Son or Daughter." 1998. http://www.americanbaby.com/ab/story.jhtml?storyid=/templatedata/hk/story/data/1172.xml

Funk, J.B. "Reevaluating the Impact of Video Games." *Clinical Pediatrics*, vol. 32, February 2, 1993, pp.86–90.

Geoparent. http://geoparent.com/family/growth/independence.htm.

Gibbs, Nancy. "In Sorrow and Disbelief – Special Report: The Littleton Massacre." *Time*, May 3, 1999.

Gilbert, Michael. "Single-Sex Schools Help Children Thrive: Bleaching Out Gender Differences Hampers the Education of Both Girls and Boys." September 20, 2007. http://www. csmonitor.com/ 2007/0920/p09s01-coop. html.

Gilmartin, Patricia and Jeffrey Patton. "Comparing the Sexes on Spatial Abilities." *Annals of the Association of American Geographers*, vol. 74, issue 4, 1984.

Ginott, G. Haim. *Between Parent and Teenager*. New York: Avon Books, 1971.

Glod, Marie. "Schools Try Elementary Approach to Teaching Foreign Languages." *The Washington Post*, August 8, 2006.

Godfrey, Neale and Carolina Edwards. *Money Doesn't Grow on Trees: A Parent's Guide to Raising Financially Responsible Children*. A Fireside Book. New York: Simon & Schuster, 1994.

Goldscheider, Frances K. and Linda J. Waite. *New Families, No Families? The Transformation of the American Home*. Berkeley, CA: University of California Press, 1991.

Goleman, Daniel. *Emotional Intelligence*. New York: Bantam Doubleday Dell Publishing Group, 1996.

Gookin, Dan and Sandy. *Parenting for Dummies*, 2nd edn. New York: HarperCollins, 2002.

Gordon, Thomas. *Parent Effectiveness Training: The No-Lose Program for Raising Responsible Children*. New York: Three Rivers Press, 2000.

Gray, John. *Truly Mars and Venus: Men are from Mars, Women are from Venus: A Practical Guide for Improving Communication and Getting What You Want in Your Relationships*. New York: HarperCollins, 2003.

Gur, Ruben C., Bruce I. Turetsky, Mie Matsui, Michelle Yan, Warren Bilker, Paul Hughett and Raquel E. Gur. "Sex Differences in Brain Gray and White Matter in Healthy Young Adults." *The Journal of Neuroscience*, vol. 19, no. 10, May 15, 1999, pp.4065–4072.

Gurian, Anita and Alice Pope. "Do Kids Need Friends?" March 21, 2001. http://www.aboutourkids.org/articles/do_kids_need_friends

Gurian, Michael. *Boys and Girls Learn Differently: A Guide for Teachers and Parents*. San Fransisco, CA: Jossey-Bass, 2001.

Han, Euna and Lisa M. Powell. "Consumption Patterns of Sugar-Sweetened Beverages in the United States." *Journal of the Academy of Nutrition and Academics*, vol. 113, no. 1, January 2013, pp. 43-53.http://www.ncbi.nlm.nih.gov/pmc/articles/PMC3662243/

Ibn Sa'd. *Ibn Sa'd's Kitab Al-Tabaqat Al-Kabir* [The Book of Classes]. Translated by S. Moinul Haq. India: Islamic Book Service, 1967.

Harper, Cynthia C. and Sara S. McLanahan. "Father Absence and Youth Incarceration." *Journal of Research on Adolescence*, vol. 14, no. 3, September 2004, pp. 369–397.

Harris Interactive. "Are Americans Still Serving Up Family Dinners?" November 13, 2013. http://www.theharrispoll.com/health-and-life/Are_Americans_Still_Serving_Up_Family_Dinners_.html

Harris, Judith. *The Nurture Assumption*. New York: Free Press, 1998.

Harris, Robert. "Introduction to Creative Thinking." *Virtual Salt*, July 1, 1998 http://www.virtualsalt.com/crebook1.htm

Harrison, Harry H., Jr. *Father to Son: Life Lessons on Raising a Boy*. New York: Workman Publishing, 2000.

Hart, Michael H. *The 100: A Ranking of the Most Influential Persons in History*. New York: Hart Publishing, 1978.

Harvard T. H. Chan School of Public Health. "Sugary Drinks and Obesity Fact Sheet." http://www.hsph.harvard.edu/nutritionsource/sugary-drinks-fact-sheet/

Harvey, Eric, David Cottrell, Alexander D. Lucia, Steve Ventura and Melissa Hazlewood. *The Leadership Secrets of Santa Claus: How to Get Big Things Done in Your "Workshop" – All Year Round*. Dallas, Texas: Walk the Talk Company, 2003.

Al-Hashimi, Muhammad. *The Ideal Muslim*. Translated by Nasiruddin al-Khattab. Saudi Arabia: International Islamic Publishing House, 2005.

Al-Hassani, Salim. *1001 Inventions: Muslim Heritage in Our World*. Manchester, UK: Foundation for Science, Technology and Civilisation, 2011.

Head, Christina. *An Educated Decision: One Approach to the Vaccination Problem Using Homeopathy*. London: Lavender Hill Homeopathic Centre, 1999.

The Health and Social Care Information Centre. "Statistics on Obesity Physical Activity and Diet: England 2013." Version 2, May 2013. https://catalogue.ic.nhs.uk/publications/public-health/obesity/obes-phys-acti-diet-eng-2013/obes-phys-acti-diet-eng-2013-rep.pdf

The Henry J. Kaiser Family Foundation. "Sex on TV 4." Executive Summary 2005. https://kaiserfamilyfoundation.files.wordpress.com/2013/01/sex-on-tv-4-executive-summary.pdf

*Al-Hewar*, vol. 13, no. 4, Spring 2002.

Hicks, Felicity. "The Role of Music Therapy in the Care of the Newborn," *Nursing Times*, vol. 91, issue 38, September 1995, pp. 31–33.

*Holy Bible: New King James Version*. Austin, TX: National Publishing Company, 1982.

Home Office and Ministry of Justice. "An Overview of Sexual Offending England and Wales." January 10, 2013. https://www.gov.uk/government/statistics/an-overview-of-sexual-offending-in-england-and-wales

Hughes, Dominic. "The Size of the Average Family Is Getting Smaller." December 9, 2010. http://www.bbc.co.uk/news/health-11960183

Hughes, Donna M., Laura Joy Sporcic, Nadine Z. Mendelsohn and Vanessa Chirgwin. *The Factbook on Global Sexual Exploitation*. New York: Coalition Against Trafficking in Women, 1999.

Huskinson, Tom, Katya Kostadintcheva, Helen Greevy, Cheryl Salmon, Sarah Dobie and Kathryn Medien. "Childcare and Early Years Survey of Parents 2012-2013." Department

for Education, January 2014. https://www.gov.uk/government/statistics/childcare-and-early-years-survey-of-parents-2012-to-2013

Hwedy, Fahmy. "Islam is Greater than Waging a Battle against an Instrument or Art." (In Arabic). *Al-Mujtama*, vol. 933, January 1, 1998.

Hyde, Barbara and Brian Sansoni. "Women Better at Hand Habits, Hands Down." *American Society for Microbiology*, Washington DC. 2005. http://www.eurekalert.org/pub_releases/2005-09/asfm-wba091905.php.

Ibn Khaldun. *Al-Muqaddimah*, Beirut: Dār al-Qalam, 1992.

Ingalhalikar, Madhura, Alex Smith, Drew Parker, Theodore D. Satterthwaite, Mark A. Elliott, Kosha Ruparel, Hakon Hakonarson, Raquel E. Gur, Ruben C. Gur, and Ragini Verma. "Sex Differences in the Structural Connectome of the Human Brain."

*PNAS*, vol. 111 (2), published ahead of print December 2, 2013, pp. 823-828. http://www.pnas.org/content/111/2/823.full

Institute of Medicine. *The Hidden Epidemic. Confronting Sexually Transmitted Diseases*. Washington, DC: National Academy Press, 1997.

Ip, S., M. Chung, G. Raman, P. Chew, N. Magula, D. DeVine, T. Trikalimos and J. Lau. "Breastfeeding and Maternal and Infant Health Outcomes in Developed Countries." Evidence Report/Technology Assessment No. 153, Rockville, MD: Agency for Healthcare Research and Quality, April 2007. http://archive.ahrq.gov/downloads/pub/evidence/pdf/brfout/brfout.pdf

Irvin, McKinley. http://www.mckinleyirvin.com/Family-Law-Blog/2012/October/32-Shocking-Divorce-Statistics.aspx)

Islamic Schools Department. "Homework: Your Child and You." (Pamphlet). Plainfield, IN: Islamic Society of North America, 1994.

Islamic Society of North America. "Greatest Obstacles Confronting Muslim Children Raised in America." *Islamic Horizons*, vol. 11, no. 11, November 1986.

Ja'fari, Suzanne Fatimah. *Muslim Names*. Beltsville, MD: Amana Publications, 1998.

Jaffe, Charles A. "Your Money." *Chicago Tribune*, April 2, 1998.

Jameelah, Maryam. *The Generation Gap: Its Causes and Consequences*. Lahore, Pakistan: Muhammed Yusuf Khan, 1981.

Johnson, Anne. "Exploring Women's Creativity: The No-Push Method for Developing Creativity." 1999. http://www.womenfolk. com/creativity/kids.htm.

Josephson, Michael S.; Val J. Peter and Tom Dowd. *Parenting to Build Character in Your Teen*. Boys Town, NB: Boys Town Press, 2001.

Kalb, Claudia. "Farewell to Aunt Flo." *Newsweek*, February 3, 2003.

Kane, Frank L. and Leigh Anne Nicholson Bathke. "Parenting and Child Care." *Newsweek*, September 29, 1997.

Kantrowitz, Barbara and Pat Wingert. "How Well do You Know Your Kid?" *Newsweek*, May 10, 1999.

———. and Peg Tyre. "The Fine Art of Letting Go." *Newsweek*, May 22, 2006.

Karp, Miriam. "Make Room for Your Child's Creativity." *Natural Jewish Parenting*, issue 3, 1997. http://www.jewishholiday.com/creativity.html.

Kasule, Omar. "Character-Building." Unpublished paper presented at the Third International Seminar on "Medical Curriculum: The Holistic Approach," Kuala Lumpur, Malaysia, February 1999.

Keller, Nuh. *Becoming Muslim*. Jordan: Wakeel Books. 2001.

Kendall, Francis. *Super Parents, Super Kids*. Johannesburg: Delta Books. 1983.

Kessler, Suzanne J. and Wendy McKenna. "Some Children are Gender Nonconformists." http://www.webehave.com/hottopic.htm

KIDS COUNT Data Center. "Children in Single-Parent Families." http://datacenter.kidscount.org/data/tables/106-children-in-single-parent-families#detailed/1/any/false/36,868,867,133,38/any/429,430

Kilpatrick, William. *Why Johnny Can't Tell Right from Wrong and What We Can Do About It*. New York: Simon & Schuster, 1993.

Kindlon, Daniel J. and Michael Thompson. *Raising Cain: Protecting the Emotional Life of Boys*. New York: Ballantine Books, 1999.

Knox, David and Caroline Schacht. *Parenting Choices in Relationships: An Introduction to Marriage and the Family*, 5th edn. Belmont, CA: Wadsworth Publishing, 1997.

Komurcu, Nuran. "Effect of Music Therapy on Anxiety in Pregnant Women During Labor" (in Turkish). *Hemsirelik Forumu*, vol. 2, 1999, pp. 89–96.

Kotulak, Ron. cited in: "Unlocking the Mind." *Chicago Tribune*, 1993.

Kreider, Rose M. and Renee Ellis. "Living Arrangements of Children: 2009." *Current Population Reports*, pp. 70-126. Washington, DC: U.S. Census Bureau, June 2011. https://www.census.gov/prod/2011pubs/p70-126.pdf

Kuczmarski, Robert J., Katherine M. Flegal, Stephen M. Campbell and Clifford L. Johnson. "Increasing Prevalence of Overweight Among US Adults." *American Medical Association*, vol. 272, no. 3. 1994.

Kulkarni, Chaya and Lynn Oldershaw. *Helping Children Overcome Their Fears. Comfort, Play and Teach: A Positive Approach to Parenting (Get Set for Life program)*. Toronto, Ontario, Canada: 2005.

Lazear, Jonathon and Wendy. *Meditations for Parents Who Do Too Much*. New York: Simon & Schuster, 1993.

Focus Adolescent Services. http://www.focusas.com.

Leland, John. "Tightening the Knot." *Newsweek*, February 19, 1996.

Lemonick, Michael D. "War of the Diapers." *Time*, January 25, 1999, vol. 153, no. 3.

———. "Eat Your Heart Out." *Time*, July 19, 1999.

Leonhardt, Mary. "It is Never Too Soon to Foster a Love of Reading in Young Children or Too Late to Help an Older Child Gain a Love of Books." *Bottom Line*, May 5, 1991.

Livingston, Gretchen. "The Rise of Single Fathers." July 2, 2013. http://www.pewsocialtrends.org/2013/07/02/the-rise-of-single-fathers/#fn-17500-1

Longfield, Anne and Mike Fitzpatrick. "Should Parenting be Taught?" *The Independent*, December 4, 1999.

Maier, Thomas. "Raised by Dr. Spock." *Newsweek*, March 30, 1998.

———. "On the Life of Dr. Spock." *Biography Magazine*, April 1998.

Maqsood, Ruqaiyyah Waris. *Living with Teenagers: A Guide for Muslim Parents.*

London: Ta-Ha Publishers, 1995.

Martin, Daniel. "Schoolgirls Aged Just Ten Falling Pregnant As Underage Pregnancies Continue To Rise." *Daily Mail*, February 8, 2010.

Martin, Joyce A., Brady E. Hamilton, Michelle J.K. Osterman, Sally C. Curtin and T.J. Mathews. "Births: Final Data for 2013." National Vital Statistics Reports (NVSS). vol. 64, no. 1, January 15, 2015. http://www.cdc.gov/nchs/data/nvsr/nvsr64/nvsr64_01.pdf

Martinez, Gladys, Kimberly Daniels and Anjani Chandra. "Fertility of Men and Women Aged 15-44 Years in the United States: National Survey of Family Growth, 2006-2010." National health statistics report no. 51. Hyattsville, MD: National Center for Health Statistics, April 12, 2012. http://www.cdc.gov/nchs/data/nhsr/nhsr051.pdf

Mason, Frances, Kathryn Rawe and Simon Wright. "Superfood for Babies: How Overcoming Barriers to Breastfeeding Will Save Children's Lives." London: Save the Children, 2013.
https://www.savethechildren.org.uk/sites/default/files/images/Superfood_for_Babies_UK_version.pdf

Martino, Steven C., Rebecca L. Collins, Marc N. Elliot, Amy Strachman, David E. Kanouse and Sandra H. Berry. "Exposure to Nondegrading Music Lyrics and Sexual Behavior Among Youth." *Pediatrics*, vol. 118, 2006, pp. 430-441.
http://ojp.gov/newsroom/events/pdfs/apa_exposure.pdf

Maternal and Child Health (MCH) Early Childhood Development and Parent Education Program.
http://www.ok.gov/health/Child_and_Family_Health/Maternal_and_Child_Health_Service/

Matthews, Andrew. *Making Friends*. Singapore: Media Masters, 1990; Princes Risborough, UK: J. Wilson Booksales, 1998.

Mayhew, Mary M. *Your Star Child: Attracting, Birthing and Parenting an Evolved Soul.* Fairfield, IA: Sunstar Publishing, 1995.

Mazrui, Ali. “North American Muslims: Rising to the Challenge of Dual Identity.” *Islamic Horizons*, March–April 1996.

McAndrew, Fiona, Jane Thompson, Lydia Fellows, Alice Large, Mark Speed and Mary J. Renfrew. “Infant Feeding Survey 2010.” Health and Social Care Information Centre, November 20, 2012. http://www.hscic.gov.uk/catalogue/PUB08694/Infant-Feeding-Survey-2010-Consolidated-Report.pdf

McKinley Irvin Family Law. “32 Shocking Divorce Statistics.” October 30, 2012.

http://www.mckinleyirvin.com/Family-Law-Blog/2012/October/32-Shocking-Divorce-Statistics.aspx

Mead, M. Nathaniel. “Contaminants in Human Milk: Weighing the Risks against the Benefits of Breastfeeding.” *Environmental Health Perspectives*, vol. 116 (10), October 2008. http://www.ncbi.nlm.nih.gov/pmc/articles/PMC2569122/

Meiji, Stewart. *Parenting: Part Joy, Part Guerrilla Warfare*. Novata, CA: Portal Publications, 1999.

Michigan State University. “Ewe! Only 5 Percent Wash Their Hands Correctly.” June 10, 2013. http://msutoday.msu.edu/news/2013/eww-only-5-percent-wash-hands-correctly/

al-Minawi, Kawther M *The Child’s Rights in Islam*. Riyadh: Safir Press, 1992.

Mirza, Tanveer Ahmad. “Parenting.” Weekly Parenting Workshops at ADAMS Center, Herndon, VA, 1994–1999.

Moir, Anne and David Jessel. *The Real Difference Between Men and Women*. New York: Delta Books, 1991.

Moran, James D. III. Creativity in Young Children. http://www.kidsource.com/kidsource/content2/Creativity_in_kids.html

Morgan, Michael Hamilton. *Lost History: The Enduring Legacy of Muslim Scientists, Thinkers and Artists*. Washington, DC: National Geographic Books, 2007.

Morris, Sophie. “Sex for Sale: The Truth About Prostitution in Britain.” *The Independent*. November 26, 2008.

Murad, Abdul Hakim. “Ramadan in Istanbul.” *Meeting Point*, August 2009.

Murphy, Sam. "Why Barefoot Is Best For Children." *The Guardian*. August 9, 2010. http://www.guardian.co.uk/lifeandstyle/2010/aug/09/barefoot-best-for-children

Nash, J. Madeleine. "How a Child's Brain Develops." *Time*, February 3, 1997.

———. "Fertile Minds." *Time*, February 3, 1997.

———. "The Personality Genes." *Time*, April 27, 1998.

National Association for the Education of Young Children. www.naeyc.org

National Association of School Psychologists [NASP]. "Youth Gun Violence Fact Sheet." http://www.nasponline.org/resources/crisis_safety/youth_gun_violence_fact_sheet.pdf

The National Center on Addiction and Substance Abuse [CASA]. "The Importance of Family Dinners." September 2003. http://casafamilyday.org/familyday/files/themes/familyday/pdf/Family-Dinners.pdf

CASA. "The Importance of Family Dinners VIII." September 2012. http://www.casacolumbia.org/addiction-research/reports/importance-of-family-dinners-2012

CASA. "2010 Family Dinners Report Finds: Teens Who Have Infrequent Family Dinners Likelier to Expect to Use Drugs In the Future." September 22, 2010. http://www.casacolumbia.org/newsroom/press-releases/2010-family-dinners-report-finds

CASA Family Day. "Family Day – A Day to Eat Dinner with your Children." www.casafamilyday.org

National Conference of State Legislatures [NCSL]. "Postcard: Teen Pregnancy Affects Graduation Rates." http://www.ncsl.org/research/health/teen-pregnancy-affects-graduation-rates-postcard.aspx

NCSL. "Teen Pregnancy Prevention." May 5, 2015. http://www.ncsl.org/research/health/teen-pregnancy-prevention.aspx

National Health Service [NHS]. "Natural Family Planning (Fertility Awareness)." http://www.nhs.uk/Conditions/contraception-guide/Pages/natural-family-planning.aspx

National Institute on Alcohol Abuse and Alcoholism [NIAAA]. "Alcohol Facts and Statistics." March 2015. http://www.niaaa.nih.gov/alcohol-health/overview-alcohol-consumption/alcohol-facts-and-statistics

National PTA Parenting Guide. http://www.lausd.k12.ca.us/Haskell_EL/parent%20information/decision.htm

Natural Resources Defense Council. "Benefits of Breastfeeding", 2010. http://www.nrdc.org/breastmilk/benefits.asp

Newport, Frank. "Americans Greatly Overestimate Percent Gay, Lesbian in U.S." May 21, 2015. http://www.gallup.com/poll/183383/americans-greatly-overestimate-percent-gay-lesbian.aspx

Nielson, Samara Joy; Lauren M. Rossen; Diane M. Harris and Cynthia L. Ogden. "Fruit and Vegetable Consumption of U.S. Youth, 2009-2010." NCHS Data Brief, no. 156, July 2014. http://www.cdc.gov/nchs/data/databriefs/db156.htm

Norris, Jeannette; Nurius, Paula and Graham, Thomas. "When a Date Changes from Fun to Dangerous." *Violence Against Women*, vol. 5, no. 3, March 1999, pp.230–250.

Office for National Statistics [ONS]. "Households and Families." *Social Trends* 40, 2010. http://www.ons.gov.uk/ons/rel/social-trends-rd/social-trends/social-trends-40/index.html

ONS. "Family size in the UK." http://www.ons.gov.uk/ons/infographics/census-2011--population---family-size/index.html

ONS. "13 Facts About Divorce." February 6, 2014. http://www.ons.gov.uk/ons/rel/vsob1/divorces-in-england-and-wales/2012/sty-13-facts.html

ONS. "Marriages in England and Wales (Provisional), 2012." June 11, 2014. http://www.ons.gov.uk/ons/publications/re-reference-tables.html?edition=tcm%3A77-333066

ONS. "Statistical Bulletin: Live Births in England and Wales by Characteristics of Mother 1, 2013." October 16, 2014. http://www.ons.gov.uk/ons/rel/vsob1/characteristics-of-Mother-1--england-and-wales/2013/stb-characteristics-of-mother-1--2013.html?format=print

ONS. "Families and Households, 2014." January 28, 2015. http://www.ons.gov.uk/ons/rel/family-demography/families-and-households/2014/families-and-households-in-the-uk--2014.html

ONS. "Crime in England and Wales, Year Ending March 2015." July 16, 2015. http://www.ons.gov.uk/ons/rel/crime-stats/crime-statistics/year-ending-march-2015/index.html

Office of Adolescent Health [OAH]. "Sexually Transmitted Diseases." Last updated July 8, 2015. http://www.hhs.gov/ash/oah/adolescent-health-topics/reproductive-health/stds.html

OAH. "Trends in Teen Pregnancy and Childbearing." Last updated August 28, 2015. http://www.hhs.gov/ash/oah/adolescent-health-topics/reproductive-health/teen-pregnancy/trends.html

The Ohio State University. "In Dual-Career Couples, Mothers Still Do the Most Child Care." 2013. http://researchnews.osu.edu/archive/parentingtime.htm

Olasky, Marvin. *The Tragedy of American Compassion*. Regnery Publishing: 1994.

Osman, Fathi. *Concepts of the Qur'an*. Los Angeles, CA: Multimedia Vera International, 1997.

Parke, Ross, ed. *Review of Child Development Research*, vol. 7. Chicago, Illinois: University of Chicago Press, 1984.

———. *Fatherhood*. Cambridge, Massachusetts: Harvard University Press, 1996.

Parker, Kim and Wendy Wang. "Modern Parenthood: Roles of Moms and Dads Converge as They Balance Work and Family." March 14, 2014. http://www.pewsocialtrends.org/2013/03/14/modern-parenthood-roles-of-moms-and-dads-converge-as-they-balance-work-and-family/

Parkes, Peter. "Milk Kinship in Islam." *Social Anthropology*, vol. 13, issue 3, 2005.

Paul, Jay P., Joseph Catania, Lance Pollack and Ronald Stall. "Understanding Childhood Sexual Abuse as a Predictor of Sexual Risk-taking Among Men who have Sex with Men." *Child Abuse & Neglect*, vol. 25, issue 4, April 2001, pp.557–584.

Peck, Sally. "British Families Don't Eat Together – and, If They Do, It's Often in Front of the TV." *The Telegraph*, February 20, 2013. http://www.telegraph.co.uk/women/mother-

tongue/9882717/British-familes-dont-eat-together-and-if-they-do-its-often-in-front-of-the-TV.html

Peterson, Andrea. "Smarter Ways to Discipline Children." December 24, 2012. http://www.wsj.com/articles/SB10001424127887323277504578189680452680490

Pilkington, Ed. "Twenty-Eight Killed in 44 US School shootings since Newton, Study Finds." *The Guardian*, February 12, 2014. http://www.theguardian.com/world/2014/feb/12/school-shootings-newtown-study-gun-violence

Piotrowski, Caroline. "Rules of Everyday Family Life." *International Journal of Behavioral Development*, vol. 21, no. 3, October 1997, pp.571–598.

Porter, Dalia and Gabriel Cervantes. *All About Dad: Insights, Thoughts, and Life Lessons on Fatherhood*. Cincinnati, Ohio: Adams Media Corporation, 2007

Positive Parenting. www.webehave.com

Preschool Education. *Encouraging Creativity in Children*, 1997–2006, http://www.preschool education.com/art60.shtml

President's Council on Fitness, Sports & Nutrition.

http://www.fitness.gov/resource-center/facts-and-statistics/

Pryor, Fred. *How to Manage Conflict, Anger, and Emotion*. Fred Pryor Seminars, 1994, 3-volume video set (6 audio cassettes).

Public Health England. "Infection Report." Health Protection Report, vol. 2, no. 22, June 23, 2015. https://www.gov.uk/government/uploads/system/uploads/attachment_data/file/437433/hpr2215_STI_NCSP_v6.pdf

Public Health England. "PHE Urges Parents to Cut Sugary Drinks from Children's Diets." July 17, 2015. https://www.gov.uk/government/news/phe-urges-parents-to-cut-sugary-drinks-from-childrens-diets

Rogers, Simon. "Gun Homicides and Gun Ownership Listed by Country." *The Guardian*, July 22, 2012. http://www.theguardian.com/news/datablog/2012/jul/22/gun-homicides-ownership-world-list

Ruggeri, Kai and Chloe E. Bird. "Single Parents and Employment in Europe." Short statistical report no. 3, European Commission, April 2014. http://ec.europa.eu/justice/gender-equality/files/documents/140502_gender_equality_workforce_ssr3_en.pdf

al-Qaradawi, Yusuf. *The Lawful and the Prohibited in Islam*. Translated by Kamal el-Helbawy and M. Moinuddin Siddiqui. New Revised Edition by Zaynab Alawiye. London: Al-Birr Foundation, 2003.

Qutb, Sayyid. *In the Shade of the Qur'an*. Translated and edited by Adil Salahi and Ashur Shamis. Leicester, UK: The Islamic Foundation and Islamonline.net, 2011.

Ramey, C.T. The Abecedarian Project. *Encyclopedia of Human Intelligence*. Edited by R.J. Sternberg. New York: Macmillan, 1994.

Rankin, Jane. *Parenting Experts: Their Advice, the Research and Getting it Right*. Westport, CT: Praeger, 2006.

Ricks, Shirley. "Father-Infant Interactions: A Review of Empirical Research." *Family Relations*, vol. 34, no. 4, October 1985, pp.505–511.

Riera, Michael. "Uncommon Sense with Parents of Teenagers." *Target The Family*, August 1996.

Robins, Joyce. *Naming Your Baby*. London, UK: Chancellor Press, 1996.

Robinson, Holly. "The Working Mother's Guide to Breastfeeding." *Working Mother*, May 1998.

Rosemond, John. "Tender Loving Discipline." *Hemisphere* (United Air Lines), June 1993, p.67.

———. "Is Your Family a Healthy One? Family Counselor." *Hemisphere* (United Air Lines), December 1994.

Rycus, Judith and Ronald Hughes. *Child Development and Child Welfare*. Washington, DC: Child Welfare League of America, 1998.

Samalin, Nancy. “Personal Responsibility: How to Teach Children Responsibility.” *Bottom Line*, February 15, 1994.

Samon, Katherine Ann. “55 Ways to Make Your Kid Feel Loved.” *Parents’ Magazine*, January 1999.

Sample, Steven. *The Contrarian’s Guide to Leadership*. San Francisco, CA: Jossey-Bass, 2001.

Save the Children. “Breastfeeding Could Save 830,000 Lives A Year.” February 17, 2013. http://www.savethechildren.org.uk/news-and-comment/news/2013-02/breastfeeding-could-save-830000-lives-year

Save the Children. “The Power of the First Hour: Breastfeeding Saves Lives.” Company Briefings: Nestlé and Danone. https://www.savethechildren.org.uk/sites/default/files/documents/nestle_danone_company_briefing.pdf

Sax, Leonard. *Why Gender Matters: What Parents and Teachers Need to Know about the Emerging Science of Sex Differences*. New York: Broadway, 2006.

Schachter, Robert and Carole Spearin McCauley. *When Your Child Is Afraid*. New York: Simon & Schuster, 1988.

Schirra, Walter. *Chicken Soup For the Father’s Soul*. Deerfield Beach, Florida: Health Communications, 2001.

Scott, Buddy. *Relief for Hurting Parents: What to Do and How to Think*. Nashville, TN: Oliver Nelson Books, 1989.

Sears, William. *Keys to Calming the Fussy Baby*. New York: Barron’s, 1991.

Seidman, S. A. “Revisiting Sex Role Stereotyping in MTV videos.” *International Journal of Instructional Media*, vol. 26, 1999, pp.11–22.

Shamma, Freda. Literature for Muslim American Students in K-12 Islamic Schools and Homeschoolers. Presented at the Islamic Education Conference, Georgetown University, Washington, DC, April 2006.

Shapiro, Laura. “The Myth of Quality Time.” *Newsweek*, May 12, 1997.

Shaw, Eva. *For the Love of Children*. Deerfield Beach, Florida: Health Communications, 1998.

Sherman, Paul and Jennifer Billing. "Antimicrobial Functions of Spices." *Quarterly Review of Biology*, vol. 73, issue 3, 1998.

Siddiqui, Dilnawaz. *The Muslim Observer*. April 30, 1999.

Silverstein, Shel. *The Giving Tree*. New York: HarperCollins Publishers, 1986.

Sinclair, Ian. *Health: The Only Immunity: The Alternative to Vaccination*. The Informed Parent Publications, 2009.

Smalley, Gary. "Hidden Keys to Loving Relationships." 16 video cassettes, 1995.

Smith, Charles. *Mighty Hearts: 8 Steps to Raising Kids with Courage*. Paper presented at a Workshop held by the Parenting Education Institute, State College, Pennsylvania, June 2004.

Smith, David and Gary Gates. *Gay and Lesbian Families in the United States.* Washington, DC: Human Rights Campaign, 2001.

Spegelhalter, David. "Is 10% of the Population Really Gay?" *The Guardian*, April 5, 2015. http://www.theguardian.com/society/2015/apr/05/10-per-cent-population-gay-alfred-kinsey-statistics

Spock, Benjamin. *Raising Children in a Difficult Time: A Philosophy of Parental Leadership and High Ideals*. New York: Norton, 1974.

Stanley, Gary. *What My Dog has Taught Me about Life: Meditations for Dog Lovers.* Tulsa, OK: Honor Books, 1999.

Staso, William. "Toddler Brain Development." *Washington Families*, July 1998.

Stein, Rob. "Scientists Finding Out What Losing Sleep Does to a Body." *The Washington Post*, October 9, 2005.

Steube, Alison. "The Risks of Not Breastfeeding for Mothers d Infants." *Reviews in Obstetrics and Gynecology*, vol. 2 (4), Fall 2009, pp. 22-231.

Stevens, Mitchell. "History of Television." Grolier Encyclopedia. https://www.nyu.edu/classes/stephens/History%20of%20Television%20page.htm

Stewart, Hayden, Diansheng Dong and Andrea Carlson. "Why Are Americans Drinking Less Fluid Milk? A Look at Generational Differences in Intake Frequency." Economic Research Report no. 149, U.S. Department of Agriculture, May 2013. http://www.ers.usda.gov/media/1118789/err149.pdf

Streight, David, ed. *Parenting for Character: Five Experts, Five Cases.* Portland, Oregon: Center for Spiritual and Ethical Education, 2008.

Suicide Awareness Voices of Education. "Suicide Facts." http://www.save.org/index.cfm?fuseaction=home.viewPage&page_id=705D5DF4-055B-F1EC-3F66462866FCB4E6

Sutherland, John and Jane Stoever. "Important Facts about Children and Nutrition." Special Advertising Section, *Newsweek*, September 29, 1997.

———. "Parenting: Child Care." Special Advertising Section, *Newsweek*, September 29, 1997.

Taffel, Ron. *Why Parents Disagree: How Women and Men Parent Differently and How We Can Work Together*. New York: William Morrow, 1994.

———. *Getting Through to Difficult Kids and Parents*. New York: Guilford Press, 2001.

Takim, Liyakatali. Overcoming Dualities: Muslim Youth in North America. Unpublished paper presented at the ISNA Conference, Indianapolis, IN, July 5, 1997.

Taylor, Anna, Alan D Dangour and K Srinath Reddy. "Only Collective Action Will End Undernutrition." The Lancet, vol. 382 (9891), August 10, 2013, pp. 490-491. http://www.thelancet.com/journals/lancet/article/PIIS0140-6736(13)61084-3/fulltext

*Time*, June 29, 1998. "Giving Birth Online." http://www.time.com/time/community/transcripts/chattr061798.html

Tremblay, George, Allen Israel. "Children's Adjustment to Parental Death." *Clinical Psychology: Science and Practices*, vol. 5, issue 4, 1998.

Tsaliki, Lisa, Despina Chronaki and Kjartan Òlafsson. "Experiences with Sexual Content: What We Know from the Research so Far." EU Kids Online, October 2014. http://www.lse.ac.uk/media@lse/research/EUKidsOnline/EU%20Kids%20III/Reports/SexualContent.pdf

Turecki, Stanley and Sarah Wernick. "How to Put Your Foot Down without Squashing Your Child." *Family Circle*, March 16, 1994.

UBIC Consulting. "Ingredients for the World Infant Formula Market." Update 2014. http://www.ubic-consulting.com/food/ingredient/chemical-industries/ingredients-worl-infant-formula-market.html

Underwood, Anne and Anna Kuchment. "Fussy Kids, Flustered Mom." *Newsweek*, August 18, 2008, vol. 152, no. 7, pp.60–62.

UNICEF. *The State of the World's Children 2007*. New York: United Nations International Children's Emergency Fund, 2006.

UNICEF. *Hidden in Plain Sight: A Statistical Analysis of Violence against Children*. New York: Unicef, 2014. http://www.unicef.org/publications/index_74865.html

UNICEF. "Breastfeeding." Updated July 29, 2015. http://www.unicef.org/nutrition/index_24824.html

United Nations. *Arab Human Development Report*. New York: United Nations

Development Program, 2009.

United Nations. *World Population Prospects*. New York: UN Department of Economic and Social Affairs, 2010.

Unus, Iqbal. "A–Z Guide for Muslim Fathers," pamphlet. Herndon, VA: IIIT, 1994.

U.S. Census Bureau. Current Population Survey, Washington DC: March 2002.

U.S. Census Bureau. "Marital Events of Americans: 2009." American Community Survey Reports, August 2011. https://www.census.gov/prod/2011pubs/acs-13.pdf

U.S. Census Bureau. "About Poverty: 2014 Highlights." https://www.census.gov/hhes/www/poverty/about/overview/

U.S. Department of Labor. "Fact Sheet 73: Break Time for Nursing Mothers under the FLSA." Revised August 2013. http://www.dol.gov/whd/regs/compliance/whdfs73.htm

Vedantam, Shankar. "Plagued with Relationship Troubles? Blame Your Parents." *The Washington Post*, February 12, 2007. http://www.washingtonpost.com/wp-dyn/content/article/2007/02/11/AR2007021100931.html

Versi, Ahmed. "Wonder Boy in UK." *The Muslim News*, February 1998.

Vespa, Jonathan, Jamie M. Lewis and Rose M. Kreider, "America's Families and Living Arrangements: 2012." United States Census Bureau, August 2013. https://www.census.gov/prod/2013pubs/p20-570.pdf

Villani, Susan. "Violence in the Media." *Journal of the American Academy of Child and Adolescent Psychiatry*, vol. 38, issue 10, p.1208, 1999.

Walton, Stephen. "Types of Parenting Styles." 2012. http://www.the-positive-parenting-centre.com/types_of_parenting_styles.html

Wang, Wendy and Kim Parker. "Record Share of Americans Have Never Married." September 24, 2014. http://www.pewsocialtrends.org/2014/09/24/record-share-of-americans-have-never-married/

Weale, Sally. "Teenagers Who Watch Screens in Free Time 'Do Worse in GCSEs.'" *The Guardian*, September 4, 2015. http://www.theguardian.com/education/2015/sep/04/teenagers-who-watch-screens-in-free-time-do-worse-in-gcses

Weiss, Rick. "Study Debunks Theory on Teen Sex, Delinquency." *The Washington Post*. November 11, 2007. p.A.3

Wellcome Trust. "One in Ten Women in Britain Report Having Experienced Sex Against Their Will." November 26, 2013. http://www.wellcome.ac.uk/News/Media-office/Press-releases/2013/Press-releases/WTP054813.htm

Willatts, P., J.S. Forsyth, M.K. DiModugno, S. Varma and M. Colvin. "Effect of Long-Chain Polyunsaturated Fatty Acids in Infant Formula on Problem Solving at 10 Months of Age." *The Lancet*, vol. 352, no. 9129, August 29, 1998, pp.688–691.

Williams, Rowan. "Archbishop Damns Disney." *Daily Mail*, July 23, 2002, http://www.dailymail.co.uk/news/article-129452/Archbishop-damns-Disney.html#ixzz0rfbjTvIV

Wimberly, Ed. *A Parent's Guide to Raising Great Kids.* http://www.raisinggreatkids.com/

Winn, Marie. *The Plug-in Drug*. New York: Penguin, 2002.

Winnicott, D. W. *Babies and Their Mothers*. MA: De Capo Press, 1992.

Winterman, Denise. "Handwashing: Why are the British so bad at washing their hands?" October 15, 2012. http://www.bbc.co.uk/news/magazine-19834975

Wolgemuth, Robert D. *She Calls Me Daddy: Seven Things Every Man Needs to Know about Building a Complete Daughter*. Colorado Springs, CO: Focus on the Family Publishing, 1996.

The Women's Committee of the Muslim Students Association of the United States and Canada. *Parents' Manual: A Guide for Muslim Parents*. Baltimore, MD: American Trust Publications, 1976.

Wood, Joyce. "Quality Time." *Family Circle*, March 16, 1994.

Woolf, Marie. "Children to Learn Pitfalls of Being a Parent." *Daily Telegraph*, December 30, 1999.

World Food Programme. "Hunger Statistics." http://www.wfp.org/hunger/stats

World Health Organization. "Breastfeeding Key to Saving Children's Lives." July 30, 2010. http://www.who.int/mediacentre/news/notes/2010/breastfeeding_20100730/en/

World Health Organization. "Global Status Report on Alcohol and Health 2014." 2014. http://apps.who.int/iris/bitstream/10665/112736/1/9789240692763_eng.pdf?ua=1

Wright, Robert. "The Power of Their Peers." *Time*, vol. 152, no. 8, August 24, 1998.

Wulf, Steve. "What Makes a Good School." *Time*, October 27, 1997.

Yang, Sarah. "Helping Parents Navigate the 'New Puberty' for Today's Girls." November 6, 2014. http://news.berkeley.edu/2014/11/06/julianna-deardorff-new-puberty/

Yogman, Michael. "Games Fathers and Mothers Play with Their Infants." *Infant Mental Health Journal*, vol. 2, 1981, pp.241–248.

*Zogby International*. December 15, 2006.

Zorn, Eric. "Only Way to Teach Values: Help Kids Discover Them." *Chicago Tribune*, April 7, 1998.

# Ebinnyonnyola Eby'oluwalabu

*Adhān*: okwaziina

*Adl*: obwenkanya

*Aql*: amagezi

*Fuad*: omutima

*Halāl*: kikkirizibwa mu Busiraamu

*Harām*: tekikkirizibwa mu Busiraamu

*Khalifah*: omusigire

*Ihsān*: obulungi; okulongoosa

*Imrān*: obugunjufu

*Iqāmah*: okukima

*Itqān*: eddaala erituukiridde

*Mawaddah*: omukwano

*Nafs*: omwoyo

*Nashīd*: oluyimba olw'eddiini

*Rahmah*: okusaasira

*Tarbiyah*: okugunjula; okutendeka

*Ummah*: ekibiina ky'Obusiraamu